

Okuvvuunula
e kimu ekyekkumi
ekisembayo mu Kur'ani
eyekitiibwa nga biva mu
kitabo ekiyitibwa
Zubdatu tafsiir

Awamu
N'ensonga enkulu mu ddiini
omusiraamu zateekwa okumanya

Amatendo amajjuvu gonna g'a Katonda, okusaasira n'emirembe bibe ku mukama waffe era nga ye Nabbi waffe era ow'omukwano gyetuli omuweereza w'a Katonda, n'oluvannyuma lwebyo!

Muganda wange omusiraamu oba mwannyinaze Katonda akusaasire, manya nti mazima tuteekwa okumanya ebintu ebikulu bina:-

1 Ekisooka: okuyiga, nakyo kwekumanya Katonda ow'ekitiibwa, n'okumanya Nabbi gweyatuma (s.a.w.) n'okumanya eddiini y'obusiraamu, anti toyinza kusinza Katonda nga tomanyi, era akola ekyo amaliriza mu kubula, era mwekyo aba afaananye aba krisitayo.

2 Ekyokubiri: okussa mu nkola, anti omuntu amala okumanya natakozesa byategedde olwonno oyo aba afaananye Abayudaaya, anti bbo baamanya naye nebatassa mu nkola ebyo byebamanyi, era mu bukodyo bwa Sitane bwekozesa kwekutanya omuntu okumanya nga emulwoozesa nti taliba na musango ewa Katonda olwobutamanya, omuntu naatamanya nti oyo amusobozesa okuyiga naye ate ye natakozesa ebyo byayize guba gumusinze, era eyo yembeera abantu b'omulembe gwa Saidina Nouh (A.S.W.) gyebesambamu okumanya, baleme kuba namusango ((Bateeka emitwe gye nnwe zengalo zaabwe mu matu gaabwe nebeebikka engoye zaabwe, olwonno mbu baleme kuvunaanibwa)).

3 Ekyokusatu: okukowoola abantu okujja eri okukkiriza omulamwa ogukulembedde, anti abamanyi saako abakowoola abantu okukkiriza Katonda abo bebasika ba ba Nabbi, Katonda yakolimira abaana ba Israel olwensonga nti (baali tebebulirira nakugaana mize mibi gyebaabanga bakoze mazima ddala kibi ekyo kyebaali bakola), okukowoola abantu okujja eri obukkiriza n'okubayigiriza kyalalikwa nga abamu bamalira abalala anti bwekuba kukoledwa mu ngeri ematiza abasigadde abatakoze tebaba na musango, naye ate bonna bwebatakikola olwo bonna bafuna omusango.

4 Ekyokuna: obugumikiriza ku buzibu obuva mu kuyiga, nokukozesa ebyo ebiba biyigiddwa nokuyita abantu okujja okubikola.

Naffe mukwagala okujjawo obutamanya nokwanguyiza abantu okunonya okumanya okwalalikibwa, tukunganyizza mu kitabo kino mu bufunze, ebimu kwebyo ebifunyisa ekyokumaliragana mu bimanyibwa bya mateeka geddiini y'obisiraamu, ssaako ejjuzu essatu ezisembayo mu Kur'ani ey'ekitiibwa nenzivuunula yaazo olwokuba zzo zisomebwa nnyo nga ziddinganwa, (**Anti ekitasoboka kukolebwa kyonna ate tekilekebwa kyonna**).

Tugezzaako wamu nebyo byonna okufunza era nga tukozesa ebyava ku Nabbi Muhammad (s.a.w.) era tetugamba nti tumazeeyo byonna anti ekyo bujjuvu nabutuukirivu byeyawulidde Katonda yekka, naye awamu nekyo kutakabana kutonotono, kale bwebiba ebituufu, Katonda yanaaba atusobozesezza ate bwewabaawo ebityidde ekyo kyaffe nga abantu nokulabankanya kwa Sitane, Katonda nomubakawe batukuvu mu byo, Katonda asaasire omuntu yenna atulaga obumogo obuli mu mulimu guno mu ngeri yobwenkanya, olwokulongoosa nokuzimba omulimu guno.

Tusaba Katonda asasule empeera ennungi buli alina kyayambye mu kuteekateeka ekitabo kino nokikuba mukyapa, okukigaba, okukisoma, okukiyigiriza abantu era tusaba Katonda akkirize obulungi bwonna obukoledwa, era ababalizeemu emirundi mingi mu kubasasula.

Ekitabo kino kyakakasibwa ekibiina kya bayivu mu nsi z'obusiraamu.

Bwoba olina kyoyagala okumanya oba okuwaayo oba okwetaba mu nteekanteeka, oba nga oyagala kukifuna eno yendagiriro yaffe, www.tafseer.info, email: log@tafseer.info

EBIRUNGI BYA KUR'ANI	2
OKUVVUUNULA KUR'ANI ENTUKUVU	4
EZIMU KU NSONGA ENKULU MU BULAMU BW'OMUSIRAMU	72
Buli yenna anoonyereza mu aya za Kur'ani ne Hadith za Nabbi <i>(Sal-lal-laahu alaihii wa sal-lam)</i> asobola okugakungaanya, nago geegano;	74
EMIRIMU EGIKOLEBWA OMUTIMA	93
EMBOOZI EYEKIMPOWOOZE	106
OKUKAKASA NTI TEWALI KISINZIBWA OKUGYAKO KATONDA (LAA ILAAHA ILAA LLAHU)	121
OKUKAKASA NTI MAZIMA DDALA MUHAMMAD <i>(Sal-lal-laahu alaihii wa sal-lam)</i> MUBAKA WA KATONDA	123
OKWETUKUZA	125
EBIKWATA KU MUKYALA	130
OMUKYALA MU BUSIRAAMU	132
ENSONGA EZENJAWULO KU BAKYALA MU BUSIRAMU	133
ESSWALA	136
ZZAKA	144
OKUSIIBA	147
HIJJA NE UMRAH	150
EBY'OKUYIGA EBY'ENJAWULO	156
OBUJJANJABI OBW'OKUSOMERERA OBULI MU MATEEKA G'OBUSIRAMU	162
EDDUWA/OKUSABA	170
EDDUWA ENKULU OMUNTU ZEYALIBADDE YEKWATA ERA NAZISABISA NAZO	173
OBUSUUBUZI OBUKOLA AMAGOBA	181
EDDUWA EZISOMWA BULI LUNAKU ENKYA N'OLWEGGULO	183
EBIGAMBO NEBIKOLWA EBYAKAKASIBWA NTI BIRIMU EMPEERA E NSUKULUMU	187
Katonda agamba nti: Abange mmwe abakkiriza mutye Katonda omuntu	201
ENGERI OMUNTU GYATAWAZAAMU	205
ENGERI GYETUSAALAMU	206
OKUMANYA KWEYOLEKERA MU KUKOLA	208

EBIRUNGI BYA KUR'ANI

Ebimu ku birungi byokuyiga Kur'ani, okugiyigiriza n'okugisoma.

Kur'ani bigambo bya Allah obusukkulumu bwabyo bulinga obusukkulumu bwa Allah ku bitonde bye. Okugisoma kyekisinga ebigambo byonna ebiyita ku lulimi.

EMPEERA EZIRI MU KUYIGA KUR'ANI. Omubaka (^{*Sal-lal-laahu*}_{*alaihii wa sal-lam*}) yagamba nti asinga obulungi mumwe yeyeegiriza Kur'ani nayigiriza nabalala.

EMPEERA EZIRI MU KUSOMA KUR'ANI.

Nabbi Muhammad (^{*Sal-lal-laahu*}_{*alaihii wa sal-lam*}) yagamba nti; omuntu asoma enyukuta emu mu kitabo kya Allah afunamu ekirungi, nga kino kikubisibwamu emirundi kkumi.

Ibn Rajab okusaasira kwa Allah kubeere ku ye, yagamba nti, okukubisa mu kirungi emirundi ekkumi kikola ku buli birungi byonna. Okwongera okukakasa kino Allah agamba nti, "Omuntu bwakola ekirungi kimu ayongezebwamu ebirungi kkumi".

Wabula ekyokwongeza okusukka ku kkumi ekyo Allah akikolera gwaba ayagadde ng'enyongeza eyinza okutuuka ku bitundu 700 n'okusingawo, nga kino kiva ku ngeri omuntu gyagondamu ngakola Ibaadah, gyakwatamu ensonga eyo gyaliko era nengeri gyagitegeramu.

OBULUNGI OBULI MU KWEYIGIRIZA KUR'ANI, OKUGIKWATA N'OKUKENKUKA MU KUGISOMA.

Omubaka wa Allah (^{*Sal-lal-laahu*}_{*alaihii wa sal-lam*}) yagamba nti; *omuntu asoma Kur'ani ku mwoyo agenda kubeera ne ba Malayika abebitiibwa, ate omuntu asoma Kur'ani nga afuna obuzibu/ nga talina bukugu afuna empeera bbiri*", yayogerwa Bukhari ne Muslim.

Era Nabbi (^{*Sal-lal-laahu*}_{*alaihii wa sal-lam*}) yagamba nti; *ku lunaku lwe nkomerero oyo eyasomanga Kur'ani agenda kugambibwa nti, "Soma Kur'ani nga bwewagisomanga ku nsi agenda kuwebwa ekifo okusinzira wakoma mu kusoma Kur'ani*, Tirmidhi yeyagyogera.

Al-Khatwabi okusaasira kwa Allah kubeere kuye yagamba nti; Obungi bwa Ayat za Kur'ani omuntu zaaliba alina bwe bunene oba lye ddaala ly'e jjana gyalifuna.

Omusomi wa Kur'ani agenda kugambibwa nti linnya amadaala mu jjana okusinzira ku ngeri gyewali osomangamu Kur'ani, oyo eyasomanga Kur'ani yonna alibeera mu madaala aga waggulu mu jjana, oyo eyasomanga ekitundu kyayo era agenda kubeera ng'a lina ekyenkana ekyo.

EMPEERA Y'OMUNTU ASOMESA OMWANAWA KUR'ANI. Nabbi Muhammad (^{*Sal-lal-laahu*}_{*alaihii wa sal-lam*}) yagamba nti; Omuntu asoma Kur'ani era nagisomesa era ngagikolerako Allah agenda kwambaza bakaddebe ku lunaku lwe nkomerero engule nga yakolebwa mu Noor nga etemagana nga ekitangaala kyenjuba.

OKUWOLEREZA KWA KUR'ANI ERI ABO ABAAGISOMA.

Nabbi Muhammad (^{*Sal-lal-laahu*}_{*alaihii wa sal-lam*}) yagamba nti; *Musome Kur'ani kubanga ku lunaku lwe nkomerero egenda kujja nga ewolereza abo abaagisomanga*", Muslim yeyagyogera.

Era Nabbi Muhammad (^{*Sal-lal-laahu*}_{*alaihii wa sal-lam*}) yagamba nti; *Okusiiba ne Kur'ani bigenda kuwolereza abaddu ba Allah ku lunaku lwe nkomerero*", Ahmad ne Hakimu bebagyogera.

EMPEERA EZIRI MU KUKUNGANIRA AWAMU NGA MWEYIGIRIZA KUR'ANI

Omubaka wa Allah (^{*Sal-lal-laahu*}_{*alaihii wa sal-lam*}) yagamba nti; *Singa abantu bakunganira mu nyumba emu ku nyumba za Allah nga basoma Kur'ani era nokwongera okugyeyigiriza wakati waabwe Allah abassako obukakkamu nokusaasira, Malayika nezibabikkirira era Allah nabogerako nti abo bebaddu bange*", Abu Dauda yeyagyogera.

AGAMU KU MATEEKA G'OKUSOMA KUR'ANI Empisa zokusoma Kur'ani.

Ibin Kathiir yanokolayo ezimu omusomi wa Kur'ani zaalina okugoberera.

✳ Obutakwata oba okusoma Kur'ani okujjako nga mutukuvu. ✳ Okusonya nga tonnatandika kusoma Kur'ani. ✳ Okwambala engoye ze ezisinga obulungi. ✳ Okusoma nga ayolekedde ekibula. ✳ Okuyimiriza mu kusoma singa abadde abejjagala. ✳ Obutayimiriza kusoma Kur'ani nadda mu kunyumya okugyako nga waliwo obwetaavu. ✳ Okubeera nga ebirowoozo abitadde kwekyo kyasoma. ✳ Buli lwatuuka ku Ayat eyogera ku birungi okubeera nga ayimirira nasaba Allah, ate Ayat eyebibonerezo ayimiriramu neyekingiriza. ✳ Obutaleka Kur'ani nga mbikkule. ✳ Obutateeka kintu kyonna waggulu wa Kur'ani. ✳ Singa basomera mu kibinja nga basoma bitundu byanjawulo obutalekana wabula basome mu kyama. ✳ Obutasomera Kur'ani mu butale nebifo ebirimu oluyogaano.

ENGERI YOKUSOMA KUR'ANI

✳ Tobalibwa nti osomye Kur'ani ob anti osomye Adhikari nga osala oba mu ngeri endala ynna okujjako nga obadde oyatula ebyo byosoma nga owuliza omwoyo gwo ate nga totaataganya abo abakuliraanye.

✳ Kirungi asoma Kur'ani nagenda mpolampola. Anas okusiima kwa Katonda kubeere ku ye yabuuzibwa ku ngeri omubaka wa Katonda ebyengera nemirembe bibeere ku ye gyezasomangamu Kur'ani, ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nagamba nti; *“Bweyasomanga Bismillah Rahman Rahiim nga awangaaza Bismillah, era nga awangaaza Rahman nga awangaaza ne Rahiim”* Bukhar yeyagyogera.

OMUNTU ASOMA KUR'ANI ATEEKEDWA KUSOMA KIGEROKI?

Ba Swahaba ba Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) beteerangawo ekigero kyebitundu byebaalina okusoma mu Kur'ani buli lunaku.

Naye tewaliwo omu yenna kubo yeteerawo nkola yakugisoma kugimalako mu nnaku ezikka wansi wo musanvu (7).

Era waliwo obujulizi obugaana okusoma Kur'ani nogimalako mu nnaku ezikka wansi wessatu.

OKUSOMA KUR'ANI KU MWOYO.

Omuntu asoma Kur'ani nga yagikwata ku mutima kimusobozesa okugyetegereza nokunnyonyoka obulungi ebyo byasoma. Nolwekyo ekisinga kwekusoma nga tatunulako, wabula singa abeera nga nokusoma nga labako naky akisobola bulungi ekisingako kwekusoma nga alabako.

OKULAAMIRA/OKUKUUTIRA. Muganda wange lulunkanira nnyo okubeera nga ebiseera byo obimala osoma Kur'ani. Era weeterewo enkola nga buli lunaku olina ekitundu kyosoma kibe kinene oba kitono naye nga tokirese, kubanga “Alima addingana akira omulima nabbimbi”.

Singa obadde ogayadde oba newebaka nga totuukirizza luwalo lwo, kirungi enkeera nosasula ebbanja eryo.

Omubaka wa Allah ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *“Singa omuntu yeebaka nga tasomye kitundu kye kyeyesalira okusomanga buli lunaku, oba natakimalaako bumazi, kyokka nakisoma enkeera, wakati we Sswala ya Subuhi ne ya Dhuhuri, afuna empeera nga ez'oyo eyagisomye ekiro”* Muslim yeyagyogera.

Tobeera mu kiti kyabo abasenguka Kur'ani ne batuuka nokugyerabira mu ngeri yonna, nga munsoma yaayo, okugoberera amateeka gensoma yaayo, okussa omwoyo n'okwetegereza Kur'ani ngogisoma, okugikolerako oba okugyejjanjabisa.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①
 الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ②
 الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ③ مَلِكِ يَوْمِ الدِّينِ ④
 إِيَّاكَ نَعْبُدُ وَإِيَّاكَ نَسْتَعِينُ ⑤
 اهْدِنَا الصِّرَاطَ الْمُسْتَقِيمَ ⑥ صِرَاطَ الَّذِينَ
 أَنْعَمْتَ عَلَيْهِمْ غَيْرِ الْمَغْضُوبِ عَلَيْهِمْ
 وَلَا الضَّالِّينَ ⑦

Surat Al-Faatihah (1),

yakkira Makkah, erina Aya (7).

Ku lw'erinnya lya Katonda omusaasizi oweekisa ekingi, omusaasizi oweekisa ekyenjawulo.

① Ku lw'erinnya lya Katonda omusaasizi oweekisa ekingi, omusaasizi oweekisa ekyenjawulo.

② Amatendo gonna ga Katonda Omulezi w'ebitonde byonna.

③ Omusaasizi oweekisa ekingi, omusaasizi oweekisa ekyenjawulo.

④ Nannyini buyinza yekka ku lunaku lw'okusasula (olunaku lw'enkomerero).

⑤ Gwe wekka gwe tusinza era ggwe wekka gwetusaba okutubeera.

⑥ Tulungamy'e mu kkubo eggolokofu.

⑦ Ekkubo ly'abo bewagabira ebyengera, abatali abo bewasunguwalira era abatali abo abaabula.

SURAT AL-MUJADALA

YAKKIRA MADINAH ERINA AYA (22).

ENYANJULA: Essura eno eyogera mu bufunze ku gamu ku mateeka g'obusiramu, nga omusajja okugamba mukyalawe nti omugongo gwo kunze gulinga omugongo gwa nnyabo, era eyogera ku mutango ogukakata ku musajja aba ayogedde ekigambo ekyo. Era eyogera ku tteeka erikwata ku ngeri abantu gyebateekwa okweyisaamu nga banyumya embooji ezeekyama. Era essura eyogera ku mateeka agafuga ebifo ebyolukale, ne tteeka lyokusooka okuwa Sadaka singa omuntu yabanga ayagadde okwogera ne Nabbi. N'etteeka erikubiriza abasiramu obutatiibibya balabe b'akatonda abawalagganya Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam).

Mu ngeri y'emu eyogera ku bananfusi n'abayudaaya.

Ensonga y'okukka kwa aya 1-4 omukyala Khaula binti Thaalaba muka Ausi bin Swamiti bba yamuzira namugamba nti omugongo gwo ku nze gulinga ogwa nnyabo, atenga mu kiseera ekyo ekigambo ekyo kyabanga ttalaka. Omukyala kwekugenda ewa Nabbi nga yemulugunya olwekikolwa kya bba. Omukyala yategeeza Nabbi nga yye ne bba bwebaali bakaddiye ate nga balina abaana abato. Bweyanyonyola Nabbi ensonga ye Nabbi naddamu nti eyo ttalaka, wabula omukyala n'akalambira okutuusa Katonda oweekitiibwa lweyassa aya zino ennya, era nga mwemwava n'elinnya lyessura eno.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjwulo.

1 Ddala Katonda awulidde ebigambo byomukyala ey'emulugunyizza gyoli ku bba era n'awaaba eri Katonda era Katonda abadde awulira ebigambo byemubadde muwanyisiganya anti Katonda bulijjo awulira era alaba.

2 Abo bonna mu mmwe abagamba bakyala baabwe nti emigongo ggyabwe giringa egya ba nnyabwe (abo be bakigamba) tebabangako ba maama baabwe. Ba maama baabwe beebo ababazaala. (mu kwogera batyo) mazima bbo bogera ekigambo ekibi. Mu kiseera kyekimu nga kigunje. Wabula mazima ddala Katonda alekera era asonyiwa.

3 Abo bonna abazira bakazi baabwe olwokulayira nti kubo balinga bannyaabwe ate oluvanyuma nebaddayo eri ekyo kyebaali balayiridde (oyo akikola) atekwa

سُورَةُ الْمُجَادَلَةِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

قَدْ سَمِعَ اللَّهُ قَوْلَ الَّتِي تُجَادِلُكَ فِي زَوْجِهَا وَتَشْتَكِي إِلَى اللَّهِ وَاللَّهُ يَسْمَعُ تَحَاوُرَكُمَا إِنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ بَصِيرٌ ۝١ الَّذِينَ يَظْهَرُونَ مِنْكُمْ مَنْ نَسَىٰ بَعْضَهُمَا مَا هُيَآءَ أُمَّهَاتُهُمْ إِنْ أُمَّهَاتُهُمْ إِلَّا النَّبِيُّ وَلَدْنَهُمْ وَإِنَّهُمْ لَيَقُولُونَ مُنْكَرًا مِنَ الْقَوْلِ وَزُورًا وَإِنَّ اللَّهَ لَعَفُوٌّ غَفُورٌ ۝٢ وَالَّذِينَ يَظْهَرُونَ مِنْ نَسَائِهِمْ ثُمَّ يَعُودُونَ لِمَا قَالُوا فَحَرِّيرٌ رَقَبَةٌ مِنْ قَبْلِ أَنْ يَتَمَاسَا ذَلِكَ تُوعِظُونَ بِهِ ۗ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ۝٣ فَمَنْ لَمْ يَجِدْ فَصِيَامَ شَهْرَيْنِ مُتَتَابِعَيْنِ مِنْ قَبْلِ أَنْ يَتَمَاسَا فَمَنْ لَمْ يَسْتَطِعْ فإِطْعَامَ سِتِّينَ مِسْكِينًا ذَلِكَ لِتُؤْمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ ۗ وَتِلْكَ حُدُودُ اللَّهِ وَلِلْكَافِرِينَ عَذَابٌ أَلِيمٌ ۝٤ إِنَّ الَّذِينَ يُحَادِّثُونَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ لَعَنُوا كَمَا كَبِتَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَقَدْ أَنْزَلْنَا آيَاتٍ يَبِّنَاتٍ وَلِلْكَافِرِينَ عَذَابٌ مُهِينٌ ۝٥ يَوْمَ يَبْعَثُهُمُ اللَّهُ جَمِيعًا فَيُنَبِّئُهُمْ بِمَا عَمِلُوا أَحْصَاهُ اللَّهُ وَنُسُوهُ وَاللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدٌ ۝٦

okuta omuddu nga tannaba kuddayo kulabagana namukyalaawe. Ekyo nno kyemuteekwa okukola, anti Katonda amanyi nnyo byonna byemukola.

4 Oyo aba tasobodde kuta muddu nga tannalabagana namukyalaawe atekwa okusiiba emyezi ebiri nga gigoberegana, wabula oyo aba tasobodde atekwa okuliisa ba masikiini nkaaga. Ekyo kibafuule abakkiriza Katonda nomubakawe, ago mateeka ga katonda era bulijjo abawakanya amateeka g'a Katonda bagenda kutuukibwako ebibonerezo ebiruma.

5 Mazima abo abawakanya katonda n'omubakawe baswavu nga abaabasooka bwebaswazibwa, ate nga twassa amateeka aganyonyola (Haraamu ne Halaal) naye abo abagawakanya bajja kutuukibwako ebibonerezo ebigenda okubanyomesa.

6 Olunaku Katonda lwalibazuukiza bonna n'ababuulira ebyo byebaakola, Katonda yabikunganya n'abikomekkereza. So nga ate bbo baabyerabira. Bulijjo Katonda alaba buli kintu kyonna.

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ مَا يَكُونُ
 مِنْ نَجْوَى ثَلَاثَةٍ إِلَّا هُوَ رَابِعُهُمْ وَلَا حُمْسَةٍ إِلَّا هُوَ سَادِسُهُمْ
 وَلَا آدَنَى مِنْ ذَلِكَ وَلَا أَكْثَرَ إِلَّا هُوَ مَعَهُمْ أَيْنَ مَا كَانُوا ثُمَّ يُنَبِّئُهُمُ
 بِمَا عَمِلُوا يَوْمَ الْقِيَامَةِ إِنَّ اللَّهَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٧﴾ أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ
 هُوُوا عَنِ النَّجْوَى ثُمَّ يَعُودُونَ لِمَا هُوُوا عِنْدَهُ وَيَنْجُونَ بِالْإِنْمِ
 وَالْعُدْوَانِ وَمَعْصِيَةِ الرَّسُولِ وَإِذْ جَاءُوكَ حَيَّوْكَ بِمَا لَمْ يُحَيِّكَ
 بِهِ اللَّهُ وَيَقُولُونَ فِي أَنْفُسِهِمْ لَوْلَا يُعَذِّبُنَا اللَّهُ بِمَا نَقُولُ حَسْبُهُمْ
 جَهَنَّمُ يَصَلُّونَهَا فَيَنْسُ الْمَصِيرُ ﴿٨﴾ يَتَّيِبُهَا لِلَّذِينَ ءَامَنُوا إِذَا
 تَنَجَّيْتُمْ فَلَا تَنَجُّوْا بِالْإِنْمِ وَالْعُدْوَانِ وَمَعْصِيَةِ الرَّسُولِ وَتَنَجُّوْا
 بِالْبِرِّ وَالنَّفْوَى وَأَتَقُوا اللَّهَ الَّذِي إِلَيْهِ تُحْشَرُونَ ﴿٩﴾ إِنَّمَا النَّجْوَى
 مِنَ الشَّيْطَانِ لِيَحْزَنَ الَّذِينَ ءَامَنُوا وَلَيْسَ بِضَارِّهِمْ شَيْئًا
 إِلَّا لِأَيِّدِنَ اللَّهُ وَعَلَى اللَّهِ فَيَلْتَوِكُلُ الْمُؤْمِنُونَ ﴿١٠﴾ يَتَّيِبُهَا لِلَّذِينَ
 ءَامَنُوا إِذَا قِيلَ لَكُمْ تَفَسَّحُوا فِي الْمَجَالِسِ فَافْسَحُوا يَفْسَحِ
 اللَّهُ لَكُمْ وَإِذَا قِيلَ أَنْشُرُوا فَأَنْشُرُوا يَرْفَعِ اللَّهُ الَّذِينَ ءَامَنُوا
 مِنْكُمْ وَالَّذِينَ أُوتُوا الْعِلْمَ دَرَجَاتٍ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿١١﴾

7 Abaffe tomanyi nti mazima Katonda amanyi ebyo ebiri mu ggulu omusanvu n'ebyo ebiri mu nsi, nga tewali kafubo konna kakabe k'abasatu okugyako nga yye waakuna wadde ak'abataano okugyako nga ye w'amukaaga wadde abatano abatenkana basatu oba abali waggulu w'omukaaga okugyako Katonda aba nabo awo wonna webali, oluvanyuma Katonda ku lunaku lwenkomerero agenda kubategeeza ebyo byonna byebaali bakola. Anti Katonda amanyi buli kintu kyonna.

8 Abaffe tolaba abo abagaanibwa okukola obufubo (obwenkwe) oluvanyuma nebaddamu ekyo kyenyini ekyabagaanibwa, nga bogeraganya wakati waabwe mu nkukutu olwokukola ebikyamu n'obulabe n'okujeemera

omubaka. Era nga bwebaba bazze gyoli bakulamusa n'ekiramuso ekitali ekyo Katonda kyeyakutekerawo, nga bwebagamba mu mitima gyaabwe nti lwaki Katonda tatubonereza olwebyo byetwogera. Omuliro Jahannama gwebagenda okuyingira gubamala. Nayo nno nkomerero mbi.

9 Abange mmwe abakkiriza bwemubanga mutesa mu kyama temutesanga okukola ekibi kyonna oba obulabe oba okujeemera omubaka. Mutesenga byakukola bulungi nakutya Katonda. Era mutye Katonda anti gyaligymugenda okukunganyirizibwa.

10 Mazima okuteeseganya mu kyama mu ngeri embi n'okukola obulabe kikulwa kya Sitaane (nga nekigendererwa kye) kunyiiza bakkiriza. Ekyo tekiyiza kubaleetera kabi konna, okugyako nga Katonda akkirizza era abakkiriza bateekwa kwesiga Katonda yekka.

11 Abange mmwe abakkiriza bwemuba mugambiddwa nti mwefunze mu ntuula (ne banammwe bafune ebifo) mukikole. Katonda ajja ku basobozesa okugaziwa, ate bwemuba mugambiddwa okusituka (okuva mu kifo olwensonga yonna) musituke, anti Katonda asitula amadaala mu mmwe abakkiriza n'abo abaweebwa okumanya. Bulijjo Katonda mumanyi nnyo webyo byonna byemukola.

12 Abange mmwe abakkiriza bwemwagalanga okwogera n'omubaka musookenga ku saddaka, nga temunayogera naye. Ekyo kye kirungi gye muli era kyekisinga era kibatukuliza ddala. Naye bwemuba temulina kyemusadaka mazima Katonda musonyiyi waakisa.

13 Abaffe muzitowereddwa okuwaayo saddaka nga temunnaba kwogera ne Nabbi. Kale bwekibanga kibalemye oba nga ne Katonda abasonyiye, kale nno muyimirizeewo esswala mutoole e zakka mugondere Katonda n'omubakawe. Mazima Katonda amanyidde ddala nnyo ebyo byemukola.

14 Abaffe tewamanya abo abakwanagana n'abantu Katonda beyasunguwalira, abantu abo mu butuufu si ba mu mmwe wadde si ba mu bali (Bebakwanagana nabo) nebatuuka n'okulayira ku bulimba nga ate ddala bamanyi (ekituufu).

15 Katonda yabategekera ebibonerezo ebikambwe, anti mazima byonna byebaakolanga bibi.

16 (Okulayira kwabwe nti basiramu) bakifuula ekyokuwona, olwo nno nebaziyiza abantu okukola emirimu gya Katonda, bagenda kutuukibwako ebibonerezo ebinyomesa.

17 Emaali yaabwe n'abaana baabwe tebigenda kubagasa naakamu mumaaso g'a Katonda. Abo be bantu bo mumuliro ab'okugubeeramu obugenderevu.

18 Olunaku Katonda lwalibazuukiza bonna nebamulayirira nga bwebaabalayirira mmwe ku nsi nga balowooza nti kyebakoze kyakubagasa. Abange, abo nno beebalimba bennyini.

يَأْتِيهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا نَجَّيْتُمُ الرُّسُولَ فَقَدِمُوا بَيْنَ يَدَيْ جَعُونَكُمْ
صَدَقَةٌ ذَلِكَ خَيْرٌ لَكُمْ وَأَطْهَرٌ فَإِن لَّمْ تَجِدُوا فَإِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَّحِيمٌ
12 أَشَقَقْتُم أَن تَقْدِمُوا بَيْنَ يَدَيْ جَعُونَكُمْ صَدَقْتُمْ فَإِذ لَمْ تَفْعَلُوا
وَتَابَ اللَّهُ عَلَيْكُمْ فَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ وَأَطِيعُوا اللَّهَ
وَرَسُولَهُ وَاللَّهُ خَيْرٌ يَمْتَعَمَلُونَ **13** أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ تَوَلَّوْا قَوْمًا
غَضِبَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ مَّا هُمْ مِنْكُمْ وَلَا مِنْهُمْ وَيَحْلِفُونَ عَلَى الْكُذِبِ
وَهُمْ يَعْلَمُونَ **14** أَعَدَّ اللَّهُ لَهُمْ عَذَابًا شَدِيدًا إِنَّهُمْ سَاءَ مَا كَانُوا
يَعْمَلُونَ **15** اتَّخَذُوا أَيْمَانَهُمْ جُنَّةً فَصَدُّوا عَن سَبِيلِ اللَّهِ فَ لَهُمْ
عَذَابٌ مُّهِينٌ **16** لَن نُّعْطِيَهُمْ أَجْرَهُم بِمِثْلِ مِمَّا كَانُوا يَكْفُرُونَ
شَيْئًا أُولَئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ **17** يَوْمَ يَبْعَثُهُمُ
اللَّهُ جَمِيعًا فَيَحْلِفُونَ لَهُ كَمَا يَحْلِفُونَ لَكَ وَيَحْسَبُونَ أَنَّهُمْ عَلَى شَيْءٍ أَلَّا
يَأْتِيَهُمْ هُمُ الْكَافِرُونَ **18** أَسْتَحْوَذَ عَلَيْهِمُ الشَّيْطَانُ فَأَنسَاهُمْ ذِكْرَ
اللَّهِ أُولَئِكَ حِزْبُ الشَّيْطَانِ أَلَا إِنَّ حِزْبَ الشَّيْطَانِ هُمُ الْخَاسِرُونَ
19 إِنَّ الَّذِينَ يُحَادِّثُونَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ أُولَئِكَ فِي الْأَذَلِّينَ **20**
كَتَبَ اللَّهُ لَأَعْلَبُ رَبِّ أَنَا وَرَسُولِي رَبِّ اللَّهُ قَوِيٌّ عَزِيزٌ **21**

19 Sitaane yabeefunza okutuusa lweyabeerabiza okwogera ku Katonda. Abo nno be bagoberezi ba Sitaane. Mukimanye nti mazima ab'ekibiina kya Sitaane be b'okufafaganirwa.

20 Mazima abo abawakanya Katonda n'omubakawe ba mu bantu abanyoomebwa.

21 (Katonda) yakakasa dda nti nze Katonda n'ababaka bange tuli baakuwangula anti Katonda wamaanyi. Nnantakubwa ku mukono.

SURAT AL-HASHIR

YAKKIRA MADINAH ERINA AYA (24).

ENYANJULA: Essura Al Hashir yakkira Madinah eyogera ku gamu ku mateeka nga essura endala ezakkira e Madinah bwezigooogerako. Nga omulamwa omukulu kwetambulira kwe:-

- Kwogera ku lutalo lwa bayudaaya abayitibwa Banu Nadhiri, nabo bebamu ku bibinja bya bayudaaya ebisatu ebyali biwangalira e Madinah, abaamenya endagaano gyebali bakoze ne Nabbi (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam).

- Era essura eyogera ku bananfunsi abatta omukago n'abayudaaya. Era mu bfunze ennyo eyogera ku ntalo zeddiini nga bweyogera ku minyago egifunibwa mu ntalo ezo.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Ebiri mu ggulu ne mu nsi byonna bitendereza Katonda nantakubwa ku mukono, assa buli kintu mu ssa lyakyo.

2 Y'eyafulumya abo abakafuwala mu bayudaaya (Ab'ekiika kya ba Banu Nadhiri) mu ngeri y'okubawangangusa okuva mu mayumba gaabwe olufuluma olwasooka. Temulowoozangako mmwe abakkiriza nti (ba Banu Nadhiri) bayinza okugobwa ate bo (ba Banu Nadhiri) baaloozwa nti ebigo byabwe bijja kulemesa Katonda okubatuusaako ekyo kyayagala. Katonda nakibatuusaako mu kiseera webaali batakisuubirira. Era Katonda nateeka mu mitima gyabwe okutya okwensusso nga bo bennyini be bemenyera amayumba gaabwe n'emikono gyabwe, n'emikono gya bakkiriza negikola ekyo. Kale nno abategeera mumwe mugyemu ekyokuyiga.

لَا يَجِدُ قَوْمًا يُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ يُوَادُّونَ مَنْ
حَادَّ اللَّهَ وَرَسُولَهُ. وَلَوْ كَانُوا آبَاءَهُمْ أَوْ أَبْنَاءَهُمْ
أَوْ إِخْوَانَهُمْ أَوْ عَشِيرَتَهُمْ أُولَئِكَ كَتَبَ فِي قُلُوبِهِمُ
الْإِيمَانَ وَأَيَّدَهُم بِرُوحٍ مِّنْهُ وَيُدْخِلُهُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي
مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمْ وَرَضُوا
عَنْهُ أُولَئِكَ حِزْبُ اللَّهِ أَلَا إِنَّ حِزْبَ اللَّهِ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿٢٤﴾

سُورَةُ الْحَاشِيَةِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

سَبَّحَ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَاوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿١﴾
هُوَ الَّذِي أَخْرَجَ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِنْدِ مِنْ دِيَارِهِمْ
لِأَوَّلِ الْحَشْرِ مَا ظَنَنْتُمْ أَنْ يَخْرُجُوا وَظَنُّوا أَنَّهُمْ مَانِعَتُهُمْ
حُصُونُهُمْ مِنَ اللَّهِ فَأَنَّهُمْ مِنَ اللَّهِ حَيْثُ لَمْ يَحْتَسِبُوا وَقَدَفَ
فِي قُلُوبِهِمُ الرُّعْبَ يُجْرِبُونَ يَبُوءُ بِأَيْدِيهِمْ وَأَيْدِي الْمُؤْمِنِينَ
فَاعْتَبِرُوا يَا أُولِيَ الْأَبْصَارِ ﴿٢﴾ وَلَوْلَا أَنْ كَتَبَ اللَّهُ عَلَيْهِمُ
الْجَلَاءَ لَعَذَّبَهُمْ فِي الدُّنْيَا وَلَهُمْ فِي الْآخِرَةِ عَذَابُ النَّارِ ﴿٣﴾

22 Tewali bantu bonna abakkiriza Katonda n'olunaku lwenkomerero baalibadde batiitiibya abo abawakanya Katonda n'omubakawe, kababe ba kitaabwe, oba baana baabwe, oba baganda baabwe, oba nga baaluganda lwabwe olwokumpi. Abo nno (abatakola ekyo) Katonda yatebenkeza obukkiriza mu mitima gyabwe, naabawagira naamanyi agava gyalii era nga agenda kubayingiza ejjana egikulukutira wansi waazo emigga, nga bakubeera mu zo olubeerera. Katonda yabasiima nga nabo bwebaamusiiima. Kisaana kimanyike nti mazima abo b'ebantu ba Katonda abokwesiimira ddala.

3 Singa tekyali nti Katonda yabasalirawo ku bawangangusa yaalibadde ababonereza kuno ku nsi, ate nga ne ku nkomerero abategekede ebibonerezo byomuliro.

4 Ekyo nno lwansonga yaakuba nti baawakanya Katonda n'omubakawe. Ate nga oyo yenna awakanya Katonda, amanye nti mazima Katonda muyitirivu waakubonereza.

5 Emiti gye ntende gyonna gyemwatema oba jemwaleka nga giyimiridde nga bwegwali, ebyo byonna byakolebwa lwakiragiro kya katonda, era alyoke aswaze abo abonoonyi.

6 Eyo emmaali Katonda gyeyasobozesa omubakawe okusuuzababale. (ba Banu Nadhiri) temwebagala nfaransi wadde engamiya okugenda gyebali. Wabula Katonda asobozesa ababakabe okuwangula oyo yenna gwaba ayagadde okuwangulwa, mazima Katonda asobola buli kintu kyonna.

7 Emmaali eyo yonna Katonda gyeyasobozesa omubakawe okusuuzababale okuva mu byalo (bya ba Banu Nadhiri ng'olutalo luggweredde mu kutegeeragana) eba y'a Katonda, n'omubakawe, n'aboluganda lwa Nabbi olwokumpi, ne ba mulekwa, ne ba masikiini, n'abatambuze naabo abafunye ebizibu mu ngendo zaabwe. Emmaali eyo ereme kuba nga abeegasa nayo bagagga bokka mummwe. Ebyo byonna omubaka byaba abaletedde mubitwale. Ate ebyo byonna byaba abaziyizza mubireke mutye Katonda anti Katonda muyitirivu w'akubonereza.

8 Nabwekityo abaavu abasenguka okuva e (Makkah) ne bagobebwa mu mayumba gaabwe ne balesebwa ne

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ شَاقُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ. وَمَنْ يُشَاقِ اللَّهَ فَإِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿٤﴾ مَا قَطَعْتُمْ مِنْ لَيْسَةٍ أَوْ تَرَكْتُمْ هَا فَامَامَةً عَلَىٰ أَسْوَلِهَا فَيَاذَنَ اللَّهُ وَيُخْرِىَ الْفَاسِقِينَ ﴿٥﴾ وَمَا آفَاءَ اللَّهِ عَلَىٰ رَسُولِهِ مِنْهُمْ فَمَا أَوْحَفْتُمْ عَلَيْهِ مِنْ خَيْلٍ وَلَا رِكَابٍ وَلَكِنَّ اللَّهَ يُسَيِّطُ رُسُلَهُ عَلَىٰ مَنْ يَشَاءُ وَاللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٦﴾ مَا آفَاءَ اللَّهِ عَلَىٰ رَسُولِهِ مِنْ أَهْلِ الْقُرَىٰ فَلِلَّهِ وَاللرَّسُولِ وَلِذِي الْقُرْبَىٰ وَالْيَتَامَىٰ وَالْمَسْكِينِ وَابْنِ السَّبِيلِ كَيْ لَا يَكُونَ دُولَةً بَيْنَ الْأَغْنِيَاءِ مِنْكُمْ وَمَا آفَاءَ الرَّسُولِ فَخْذُوهُ وَمَا نَهَيْكُمْ عَنْهُ فَأْتُوهُ وَأَتَقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿٧﴾ لِلْفُقَرَاءِ الْمُهَاجِرِينَ الَّذِينَ أُخْرِجُوا مِنْ دِيَارِهِمْ وَأَمْوَالِهِمْ يَبْتَغُونَ فَضْلًا مِنَ اللَّهِ وَرِضْوَانًا وَيَنْصُرُونَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ أُولَئِكَ هُمُ الصَّادِقُونَ ﴿٨﴾ وَالَّذِينَ تَبَوَّءُوا الدَّارَ وَالْإِيمَانَ مِنْ قَبْلِهِمْ يُحِبُّونَ مَنْ هَاجَرَ إِلَيْهِمْ وَلَا يَجِدُونَ فِي صُدُورِهِمْ حَاجَةً مِمَّا أُوتُوا وَيُؤْثِرُونَ عَلَىٰ أَنْفُسِهِمْ وَلَوْ كَانَ بِهِمْ خَصَاصَةٌ وَمَنْ يُوقِ شَحْمَ نَفْسِهِ فَاُولَئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿٩﴾

mmaali yaabwe nga banoonya obulungi n'okusiiimwa kwa Katonda era nga baali bataasa ddiini y'a Katonda n'omubakawe balinako omugabo. Abo nno b'ebakkiriza abamazima.

9 Abatuuze b'e Madinah abasooka okukkiriza obusiraamu (ba Answar) baagala abo abaasengukira gyebali (ba Muhajiruuna), era tebalina nsaalwa yonna kwebyo ebyaweebwa bannabwe (ba Muhajiruna) era nga beeresa newakubadde nga balina obwetaavu bo bennyini. Omuntu awona omulugube, abo nno b'ebokwesiimira ddala.

وَالَّذِينَ جَاءُوا مِنْ بَعْدِهِمْ يَقُولُونَ رَبَّنَا اغْفِرْ لَنَا
وَلِإِخْوَانِنَا الَّذِينَ سَبَقُونَا بِالْإِيمَانِ وَلَا تَجْعَلْ فِي قُلُوبِنَا
غِلًّا لِلَّذِينَ ءَامَنُوا رَبَّنَا إِنَّكَ رَءُوفٌ رَحِيمٌ ﴿١٠﴾ أَلَمْ تَرَى إِلَى
الَّذِينَ نَافَقُوا يَقُولُونَ لِإِخْوَانِهِمُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ
الْكِتَابِ لَئِنْ أُخْرِجْتُمْ لَنَخْرُجَنَّ مَعَكُمْ وَلَا نُطِيعُ فِيكُمْ
أَحَدًا أَبَدًا وَإِنْ قُوتِلْتُمْ لَنَنصُرَنَّكُمْ وَاللَّهُ يَشْهَدُ إِنَّهُمْ لَكَاذِبُونَ ﴿١١﴾
لَئِنْ أُخْرِجُوا لَا يَخْرُجُونَ مَعَهُمْ وَلَئِنْ قُوتِلُوا لَا يَنْصُرُوهُمْ
وَلَئِنْ نَصَرُوهُمْ لَيُوَلُّنَّ الْأَدْبَارَ ثُمَّ لَا يَنْصُرُونَ ﴿١٢﴾
لَأَنْتُمْ أَشَدُّ رَهَبَةً فِي صُدُورِهِمْ مِنَ اللَّهِ ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ قَوْمٌ
لَا يَفْقَهُونَ ﴿١٣﴾ لَا يَقُولُونَ كَمَا جُمِعَ عَلَى الْآفِ فِي قُرَى
مُحَصَّنَاتٍ أَوْ مِنْ وَرَاءِ حُدُوبِ بَأْسِهِمْ بَيْنَهُمْ سَدِيدٌ مَحْسَبُهُمْ
جَمِيعًا وَقُلُوبُهُمْ شَتَّىٰ ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ قَوْمٌ لَا يَعْقِلُونَ ﴿١٤﴾
كَشَلِ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ قَرِيبًا ذَاتُ أَوْبَالٍ أَمْرَهُمْ وَلَهُمْ عَذَابٌ
أَلِيمٌ ﴿١٥﴾ كَشَلِ الشَّيْطَانِ إِذْ قَالَ لِلْإِنْسَانِ اكْفُرْ فَلَمَّا كَفَرَ
قَالَ إِنِّي بَرِيءٌ مِّنكَ إِنِّي أَخَافُ اللَّهَ رَبَّ الْعَالَمِينَ ﴿١٦﴾

So nga nebwebaba bagezezzaako okubataasa babaddukako, n'oluvanyuma tebafuna kutaasibwa kwonna.

13 Abakkiriza, mwe musinga okutiibwa mu mitima gyabwe okusinga bwebatya Katonda. Ekyo nno lwakuba nti bbo kibiina kyabantu abatategeera.

14 (Abayudaaya n'abananfunsi) tebayinza kubalwanyisa nga bali wamu okujjako nga bali mu byalo ebiriko ebigo, oba nga bali mabega w'abisenge. Obulabe wakati waabwe bokka buyitirivu obalwooza okuba nti bali wamu, so nga emitima gyaabwe myawukamu. Ekyo nno lwakuba nti bo kibiina kyabantu abatategeera.

15 (Ba Banu Nadhiri) bafanana naabo abaabakulemba emabegako katono (Abakafiiri be Makkah abaawangulwa obubi ennyo ku lutalo lwe Badri) abaalozza ku bukaawu bwebikolwa byabwe (ku nsi) ate nga balinayo ebibonerezo ebiruma ennyo (kunkomerero).

16 (Abananfunsi mu kusendasenda abayudaaya) balinga Sitaane bwegamba omuntu nti kaafuwala. Wabula bwakaafuwala Sitaane emugamba nti nze siri naawe, mazima nze ntya Katonda omulezi w'ebitonde.

10 Naabo abajja oluvanyuma lwabwe babasabira nga bagamba nti ayi Katonda tusonyiwe ne baganda baffe abaatukulemba mu bukkiriza, era tossa mu mitima gyaffe nsaalwa yonna eri abo abakkiriza. Ayi Katonda waffe gwe musaasizi oweekisa ekingi.

11 Abaffe tolaba (ggwe Nabbi Muhammad) abananfunsi abagamba bannabwe abakaafuwala mu bayudaaya nti singa munaaba mugobeddwa naffe tujja kugenda nammwe. Era tetulikkiriza kigambo kyamuntu yenna ku bikwata ku mmwe. Era bwemulirwanyisibwa tugenda kubataasa. Ne Katonda akakasa nti mazima ddala baali balimba.

12 Wabula singa abayudaaya bagobwa, abananfunsi tebagenda nabo. Ate nebwebaba balwanyisiddwa tebataasa.

17 Enkomerero y'a bombi neba nga ddala baakubeera mu muliro olubeerera, eyo nno yempeera y'a balyazamaanyi.

18 Abange mmwe abakkiriza mutye katonda, era omuntu atunule mu byategekede olunaku lwenkya. Bulijjo muteekwa okutya Katonda, anti mazima Katonda amanyidde ddala buli kyemukola.

19 Temubeera nga abo abaava ku Katonda ekyavaako okuba nga Katonda aberabiza byebaali bateekwa okwekolera, abo nno bebonoonyi.

20 Abantu bo mu muliro tebenkana na bantu b'a mujjana, abo abaliyingira ejjana beebokwesiima.

21 Singa Kur'ani eno yali ekidde nsozi wandizirabye nga zigonze era nga zimerenguse olwokutya Katonda. Ebifaananyi nga ebyo tubikubira abantu bibasoboseze okufumitiriza (bategeere Katonda).

22 Yye Katonda, yooyo tewali kisinzi bwa kyonna okugyako ye yekka, amanyi ebitalabwa n'ebirabwa. Yye yemusaasizi, oweekisa akibuna kuno ku nsi, aliba n'ekisa ekyenjawulo ku lunaku lwenkomerero.

23 Yye Katonda, yooyo tewali kisinzi bwa kyonna okugyako yye, omufuzi wa buli kintu, atuukiridde mu buli kimu, kiwa mirembe, akakasa obukkiriza bwa baddube, kalondoozi waabuli kintu, nantakubwa ku mukono, kkirimaanyi, kabwejungira. Katonda wanjawulo nnyo kwebyo bye bamugattako.

24 Yye Katonda, yooyo omutonzi, eyatandikawo ebitonde mu kubitonda nga talina kyalabirako, eyafaananyi buli

فَكَانَ عَاقِبَتُهُمَا أَنَّهُمَا فِي النَّارِ خَالِدِينَ فِيهَا وَذَلِكَ جَزَاءُ
الظَّالِمِينَ ﴿١٧﴾ يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَتَسْتَظِرُّ
نَفْسٌ مَا قَدَّمَتْ لِغَدٍ وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ خَبِيرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ
﴿١٨﴾ وَلَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ نَسُوا اللَّهَ فَأَنْسَاهُمْ أَنفُسَهُمْ أُولَئِكَ
هُمْ الْفَاسِقُونَ ﴿١٩﴾ لَا يَسْتَوِي أَصْحَابُ النَّارِ وَأَصْحَابُ
الْجَنَّةِ أَصْحَابُ الْجَنَّةِ هُمُ الْفَائِزُونَ ﴿٢٠﴾ لَوْ أَنزَلْنَا هَذَا
الْقُرْآنَ عَلَى جَبَلٍ لَّرَأَيْنَاهُ خَشَعًا مُّتَصِدِّعًا مِّنْ خَشْيَةِ
اللَّهِ وَتِلْكَ الْأَمْثَلُ نَضْرِبُهَا لِلنَّاسِ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُونَ
﴿٢١﴾ هُوَ اللَّهُ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ عِلْمُهُ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ
هُوَ الرَّحْمَنُ الرَّحِيمُ ﴿٢٢﴾ هُوَ اللَّهُ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ
الْمَلِكُ الْقُدُّوسُ السَّلَامُ الْمُؤْمِنُ الْمُهَيْمِنُ الْعَزِيزُ
الْجَبَّارُ الْمُتَكَبِّرُ سُبْحَانَ اللَّهِ عَمَّا يُشْرِكُونَ
﴿٢٣﴾ هُوَ اللَّهُ الْخَلِيقُ الْبَارِئُ الْمُصَوِّرُ لَهُ الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَى
يَسْبِغُ لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٢٤﴾

سُورَةُ الْمُمْتَحِنَةِ
بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

kintu nga bwakyagala, alina amannya amalungi, buli ekiri mu ggulu ne nsi kimutendereza. Era yye Katonda, ye nantakubwa ku mukono, assa buli kintu mu ssa lyakyo.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا عَدُوِّي وَعَدُوَّكُمْ أَوْلِيَاءَ تَلْقَوْنَ
 فِيهِم بِالْمُودَّةِ وَقَدْ كَفَرُوا بِمَا جَاءَكُمْ مِنَ الْحَقِّ يُخْرِجُونَ الرَّسُولَ
 وَإِيَّاكُمْ أَنْ تُؤْمِنُوا بِاللَّهِ رَبِّكُمْ إِنْ كُنْتُمْ حَرَجْتُمْ جِهَادًا فِي سَبِيلِ
 وَابْنِخَاةٍ مَرْضَاتِي تُسِرُّونَ إِلَيْهِم بِالْمُودَّةِ وَأَنَا أَعْلَمُ بِمَا أَخْفَيْتُمْ
 وَمَا أَعْلَنْتُمْ وَمَنْ يَفْعَلْهُ مِنْكُمْ فَقَدْ ضَلَّ سَوَاءَ السَّبِيلِ ﴿١﴾ إِنْ
 يَشْفِقُوكُمْ يَكُونُوا لَكُمْ أَعْدَاءً وَيَسْطُوا إِلَيْكُمْ أَيْدِيَهُمْ وَأَلْسِنَتُهُمْ
 بِالسُّوءِ وَوَدُّوا لَوْ تَكْفُرُونَ ﴿٢﴾ لَنْ تَنْفَعَكُمْ أَرْحَامُكُمْ وَلَا أَوْلَادُكُمْ
 يَوْمَ الْقِيَامَةِ يَفْصَلُ بَيْنَكُمْ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٣﴾ قَدْ
 كَانَتْ لَكُمْ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ فِي إِبْرَاهِيمَ وَالَّذِينَ مَعَهُ إِذْ قَالُوا الْقَوْمِ
 إِنَّا بَرَاءٌ وَأَنْتُمْ كُفْرَانًا كَفَرْنَا بِكُمْ وَبَدَا بَيْنَنَا
 وَبَيْنَكُمْ الْعَدَاوَةُ وَالْبَغْضَاءُ أَبَدًا حَتَّى تُؤْمِنُوا بِاللَّهِ وَحَدُّهُ
 قَوْلُ إِبْرَاهِيمَ لِأَبِيهِ لَأَسْتَغْفِرَنَّ لَكَ وَمَا أَمْلِكُ لَكَ مِنَ اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ
 رَبَّنَا عَلَيْنَا نُوَلِّئْهُ وَإِلَيْكَ آتَيْنَا وَإِلَيْكَ الْمَصِيرُ ﴿٤﴾ رَبَّنَا لَا جُنَّةَ
 عَلَيْنَا وَلَا لِلَّذِينَ كَفَرُوا وَاعْفِرْ لَنَا رَبَّنَا إِنَّكَ أَنْتَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٥﴾

SURAT AL-MUMTAHINA

YAKKIRA MADINAH ERINA AYA (13).

ENYANJULA: Essura eyogera agamu ku mateeka, naye nga omulamwa omukulu gwetoololera ku kuba nti okwagalana oba obulabe biteekwa kuzimbirwa ku kukkiriza Katonda. Entandikwa y'essura eno yakka lwakunyenya Swahaba Haatwibu mutabani wa Balitaa eyawandiika ebaluwa n'agiwerezza abantu be Makkah ng'abalabula nti Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) ategese okubalumba. Mungeri endala Katonda ayogera ku kulamulwa kwokutiitiibya abalabe. Era kwekyo yakuba ekifananyi kya Nabbi Ibrahim n'abakkiriza engeri gyebesammulamu abo abagatta Katonda n'ebintu ebirala. Era Katonda ayogera ku nsonga ezikwata ku bakafiiri abataalwanyisa basiramu wadde okubawalana. Nga bweyogera ku bakafiiri abaawalagganya abasiramu nebabalwanyisa. Eyogera ne ku bakyala abakkiriza ababa

basenguse okuva mu nsi y'abakafiiri nti bateekeddwa okusooka okugezesebwa okukakasiza ddala nti bakkiriza. Era essura egoberezaako okuziyiza Abasiramu okuwasa abakyala abo, nga basinziira ku mpasa z'a bakafiiri abaali babawasizza. Era essura egoberezaako okwogera ku buvunanyizibwa bwa bakyala abasiramu okukuba ekirayiro eri Nabbi n'okuwa obweyamu nti bajja kuba bawulize gyalu n'obukwakkulizo obuli ku kirayiro n'obweyamu ebyo.

Essura emaliriza n'okulabula abakkiriza obutatiitiibya bakafiiri abalabe b'akatonda.

Ku lw'erinnya Iya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Abange mmwe abakkiriza temufuulanga abalabe bange era abalabe bammwe mikwano gyammwe egyomunda, so nga baawakanya amazima agaabajjira okuva ewa Katonda nebagobaganya omubaka awamu nammwe (okuva mu Makkah), olwokuba nti mukkiriza Katonda omulezi wammwe, ne mufuluma olwokulwana mu kkubo lyange era nga munoonya okusiima kwange, (temukukutanga nemubabuulira ebyama byammwe) nga mukolagana nabo mu ngeri y'ekyama ate nga nange manyi ebyo byemukisa ne byemwolesa. Oyo yenna akikola mumwe aba avudde ku kkubo ettuuifu.

2 Bwebabagwikiriza awantu wonna boolesa obulabe gyemuli nebagalulira emikono gyabwe (mu kubalwanyisa), era nebaboolekeza enimi zaabwe (mu kubavuma) mu ngeri embi. Era nga beegomba nti singa mukaafuwadde.

3 Enganda zammwe wadde abaana bammwe tebagenda kubagasa ku lunaku lwenkomerero. Katonda agenda kulamula wakati wammwe, anti Katonda alabira ddala ebyo byemukola.

4 Mazima mulina ekyokulabirako ekirungi eky'a Nabbi Ibrahim n'abakkiriza abaali naye mukiseera webaagambira bannaabwe nti mazima ffe tubaawukanyeeke n'ebyo byemusinja ebitali Katonda. (ali omu) tubawakanyizza era waliwo wakati waffe nammwe obulabe n'obukyayi obwolubeerera, mpozzi nga mukkirizza

Katonda ali omu, okugyako ekigambo kya Ibrahim kyeyagamba kitaawe oluberyeberyenti nja kwegayirira ddala katonda akusonyiwe. Sirina kintu kyonna kiyinza ku kugasa ewa Katonda. Ayi Katonda waffe ggwe wekka gwetwesiga. Era tukwenenyerezza. Era gyoli gyetujja okudda.

5 Ayi mukama Katonda waffe totufuula kimemo eri abo abaagaana okukkiriza, era tusonyiwe ayi mukama waffe. Anti mazima, ggwe nantakubwa ku mukono, assa buli kintu mussa lyakyo.

6 Mazima mulina ekyokulabirako ekirungi ku bo (Nabbi Ibrahim n'abakkiriza abaali naye) eri buli asubira okufuna empeera okuva ewa Katonda ku lunaku lwenkomerero. Naye oyo yenna anaaba akyuse (naava ku kukkiriza Katonda n'olunaku lwenkomerero), mazima ddala Katonda y'atalina kyeyetaaga okuva eri ebitonde bye byonna, atenderezebwa bulijjo.

7 Wabula Katonda asobola okussa wakati wammwe ne be muwalaggana nabo enkolagana ennungi. Anti Katonda muyinza. Era Katonda musonyiyi oweekisa ekingi.

8 Katonda tabagaana ku kolagana naabo ababa tebalwanyisizza olweddiini, era abatabagobaganya mu nsi yammwe mutuuke okuba nga temubayisa bulungi n'okubakolera obwenkanya, anti mazima Katonda ayagala abenkanya.

9 Mazima ddala Katonda abagaana okukolagana naabo ababalwanyisa olweddiini, nebabagobaganya okuva mu nsi yammwe, nebakola kinene nnyo mu kubagobaganya. Oyo yenna akolagana nabo, abo nno beebalyazamanyi.

10 Abange mmwe abakkiriza singa abakyala abakkiriza babajjira nga basenguse mubagezesenga. Yye Katonda obukkiriza bwabwe aba abumanyi, bwemukakasa nti bakkiriza temubaddizanga abakafiiri, abakyala bano tebali Halali ku bakafiiri abo nga n'abakafiiri abo bwebatali halali ku bakyala abo, wabula bo abasajja (Abakafiiri) mubaddize byebaawaayo mu kubawasa, olwo nno tekiba kibi bwemubawasa nga mubawadde amahare gaabwe. Temwesiba ku kuwoowa okwekikafiiri kwe mwakola

لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِيهِمْ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِّمَن كَانَ يَرْجُوا اللَّهَ وَالْيَوْمَ الْآخِرَ
وَمَن نَّبَّوْاْ فَإِنَّ اللَّهَ هُوَ الْعَزِيزُ الْحَمِيدُ ﴿٦﴾ عَسَىٰ اللَّهُ أَن يَجْعَلَ
بَيْنَكُمْ وَبَيْنَ الَّذِينَ عَادَيْتُمْ مِنْهُمْ مَّوَدَّةً وَاللَّهُ قَدِيرٌ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَّحِيمٌ
﴿٧﴾ لَا يَنْهَىٰكُمْ اللَّهُ عَنِ الَّذِينَ لَمْ يُقَاتِلُوكُمْ فِي الدِّينِ وَلَمْ يُخْرِجُوكُمْ
مِّن دِيَارِكُمْ أَن تَبَرُّوهُمْ وَتُقْسِطُوا إِلَيْهِمْ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُقْسِطِينَ
﴿٨﴾ إِنَّمَا يَنْهَىٰكُمْ اللَّهُ عَنِ الَّذِينَ قَاتَلُوكُمْ فِي الدِّينِ وَأَخْرَجُوكُم
مِّن دِيَارِكُمْ وَظَهَرُوا عَلَيْكُمْ أَوْ أُخْرِجُوا مِنْ دِيَارِهِمْ فَأُولَٰئِكَ
هُمُ الظَّالِمُونَ ﴿٩﴾ يَأْتِيهِمُ الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا جَاءَكُمْ الْمُؤْمِنَاتُ
مُهَجَّرَاتٍ فَاتَّخِذُوهُنَّ اللَّهُ أَعْلَمَ بِإِيمَانِهِنَّ فَإِن عَلِمْتُمُوهُنَّ مُؤْمِنَاتٍ
فَلَا تَرْجِعُوهُنَّ إِلَى الْكُفَّارِ لَأَهِنَّ جُلُومٌ وَلَا هُمْ يُجَلُونَ لَهُنَّ وَأَنَّهُمْ
مَا أَنفَقُوا وَلَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ أَن تَنكِحُوهُنَّ إِذَا آتَيْنَهُنَّ أَجْرَهُنَّ
وَلَا تُنْسِكُوا بِعَصَمِ الْكُفَّارِ وَسَأَلُوا مَا أَنفَقْتُمْ وَلَسْتُمْ لَهُمْ أَنفَقُوا
ذَلِكُمْ حُكْمُ اللَّهِ يَحْكُمُ بَيْنَكُمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿١٠﴾ وَإِن فَاتَكُمْ
سُقُومٌ مِّنْ أَرْوَاحِكُمْ إِلَى الْكُفَّارِ فَعَلَيْكُمْ فَتَأْتُوا الَّذِينَ ذَهَبَتْ
أَرْوَاحُهُمْ مِّثْلَ مَا أَنفَقُوا وَاتَّقُوا اللَّهَ الَّذِي أَنْتُمْ بِهِ مُؤْمِنُونَ ﴿١١﴾

nabo. Mubasabe babaddize byemwawaayo nga nabo bwebasobola okusaba byebawaayo. Ebyo nno kwekulamula kwa Katonda kwabalamuza. Anti Katonda mumanyi nnyo ateeke buli kintu mussa lyakyo.

11 Singa omukyala w'omu ku mmwe ava mu busiraamu nadda mu bukafiiri kemulwanagana nabo nemumala mufunayo eminyago muteekwa okusasula abo abaddukwako bakyala baabwe ekigero kyekyo kyebawaayo nga babawasa. Bulijjo muteekwa okuba nga mutya Katonda oyo gwemukkiriza.

يَتَأْتِيهَا النَّبِيُّ إِذَا جَاءَكَ الْمُؤْمِنَاتُ مِبَاطِنًا عَلَيْكَ أَنْ لَا يَشْرِكَنَّ
 بِاللَّهِ شَيْئًا وَلَا يَسِرْفَنَ وَلَا يَزِينَنَّ وَلَا يَقْتُلَنَّ أَوْلَادَهُنَّ وَلَا يَأْتِيَنَّ
 بِبُهْتَانٍ يَفْتَرِينَهُ بَيْنَ أَيْدِيهِنَّ وَأَرْجُلِهِنَّ وَلَا يَعْصِيَنَّكَ
 فِي مَعْرُوفٍ وَلَا فِئَاءٍ عَنَّهُنَّ وَأَسْتَغْفِرَنَّ لهنَّ إِنَّ اللَّهَ عَفُورٌ رَحِيمٌ
 ﴿١٢﴾ يَتَأْتِيهَا الَّذِينَ ءَامَنُوا لَانْتَوَلَوْا قَوْمًا عَضِبَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ
 قَدِيسُوا مِنَ الْآخِرَةِ كَمَا يَبِيسُ الْكُفَّارُ مِنَ أَحْصَابِ الْقُبُورِ ﴿١٣﴾

سُورَةُ الصَّفَرِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
 سَبَّحَ لِلَّهِ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْاَرْضِ وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ
 ﴿١﴾ يَتَأْتِيهَا الَّذِينَ ءَامَنُوا لِمَ تَقُولُونَ مَا لَا تَفْعَلُونَ ﴿٢﴾
 كَبُرَ مَقْتًا عِنْدَ اللَّهِ أَنْ تَقُولُوا مَا لَا تَفْعَلُونَ ﴿٣﴾ إِنَّ
 اللَّهَ يُحِبُّ الَّذِينَ يُقْتَلُونَ فِي سَبِيلِهِ صَفًّا كَانَهُمْ
 بُنِينَ مَرْصُوصٍ ﴿٤﴾ وَإِذْ قَالَ مُوسَى لِقَوْمِهِ يَا قَوْمِ لِمَ
 تَقُولُونَ وَقَدْ تَعْلَمُونَ أَنَّ رَسُولَ اللَّهِ إِلَيْكُمْ فَلَمَّا
 رَأَوْا آرَاعَ اللَّهِ قُلُوبَهُمْ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْفٰسِقِينَ ﴿٥﴾

etambulira ku kuba nti abasiramu bateekwa okwewaayo mu kutaasa eddiini y'a Katonda nebwekiba kyetaagisa okutabaala.

okufuna ekyo, essura ekalaatira abakkiriza okuwaayo nga bagya mu mmaali yaabwe. Era abo ababa beewaddeyo nebagya mu mmaali yaabwe, olwokusaasanya n'okukuuma obusiramu, Katonda atulaga ekifaananyi kyabwe, nga ky'ebakola kuba kusuubulagana ne Katonda era ng'obusuubuzi obwo tebuyinza kubaamu kufiirwa.

Essura oluvannyuma lw'okutuyigiriza okutenda Katonda n'okumussaamu ekitiibwa yazaako okulabula abakkiriza obutagezangako kwawukana ku ndagaano wadde okulema okutuukiriza ebyo bye baba balagaanyisizza.

Oluvanyuma essura eragira okulwanyisa abalabe b'obusiraamu mu ngeri y'obuvumu n'okwewaayo okwannamaddala. Kubanga okulwana okwo kulina ekigendererwa eky'ekitiibwa. Nakyo kwe kusitula ekigambo kya Katonda kibe nga kyekiri waggulu.

Era essura eyogera ku nneyisa y'abayudaaya ku bubaka bwa Nabbi Musa ne Isa bwebajja nabwo, n'ebizibu bye baasanga nga batuusa obubaka obwo eri abayudaaya, nga ekigendererwa mwekyo kugumya Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) olwebizibu naye byeyasanga mu bakafiiri ng'atuusa obubaka bwa Katonda eri abantu.

Okwo essura ezzaako okutegeeza enkola y'a Katonda mu kutaasa e ddiiniye, ne ba Nabbi be, n'abagoberezi baabwe.

Mu kutuukiriza ekyo essura yakuba ekifaananyi ky'abakafiiri mu kumalirira kwabwe okulwanyisa eddiini y'a Katonda nti bafaanana ng'omuntu ayagala okuzikiza ekitangaala ky'enjuba nga agifuuwa namumwa, gyobeera nti azikiza ka tadooba.

Essura ezzaako okukowoola abakkiriza okulabula obusuubuzi obutasala, era ebakalaatira okussa amaanyi mu kuweereza mu kkubo lya Katonda n'okwewaayo bo bennyini nabuli kye balina, olwo nno lwebasaanira okufuna essanyu eryolubeerera, wamu n'okutaasibwa okwa mangu nga bakyali mu bulamu obwensi.

Mu kumaliriza, essura eddamu okulalaatira abakkiriza okutaasa eddiini y'a Katonda mu ngeri efaanana nga abagoberezi ba Nabbi Isa abenjawulo bwebaakola, bwe yabakoowoola babe nga bataasa eddiini y'a Katonda anti tebaasikattira wadde okukekera ne bataasa eddiini y'a Katonda.

12) Owange ggwe Nabbi abakkiriza abakyala bwebajja gyoli nga bakuba ekirayiro mu maasogo, nti tebagenda kugatta ku Katonda kintu kyonna, era nga tebagenda kubba, wadde okwenda oba okutta baana baabwe, era nti tebagenda kuwaayiriza nga bajingirira wakati w'emikono gyabwe n'amagulu gaabwe, nga era bwebatagenda kukujeemera mu kukola ekirungi kyonna, naawe nno bawe obukakafu era wegayirire Katonda abasonyiwe, anti mazima ddala Katonda musonyiyi nnyo, oweekisa ekingi.

13) Abange mmwe abakkiriza temukwanagana n'abantu Katonda beyasunguwalira. Anti bo tebalina ssuubi ku lunaku lwenkomerero, nga abakafiiri bwebatalina ssuubi ku bikwata ku Bantu abali emagombe.

SURAT ASSWAF

YAKKIRA MADINAH, ERINA AYA (14). ENYANJULA: Ssurat Asswaf y'emu ku ssura ezakkira e Madinah. Era nga emirundi egisinga obungi zoogera ku mateeka g'obusiramu. Mu kutuukiriza ekyo essura

Ku lw'erinnya Iya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Ebiri mu ggulu ne mu nsi byonna bitenda Katonda. Yye Katonda yemuwanguzi, assa buli kintu mu ssa lyakyo.

2 Abange mmwe abakkiriza lwaki mwogera ebyo bye mutakola.

3 Kisunguwalirwa nnyo ewa katonda okwogera bye mutakola.

4 Mazima Katonda ayagala abo abalwana mu kkubo lye, nga basimbye ennyiriri, nebaba nga ekizimbe, nga ebitundu byakyo bikwatagana bulungi.

5 Mu ngeri y'emu bajjukize ekyafaayo kya Musa bwe yagamba abantube nti, lwaki munnyiiza nga ate mumanyidde ddala nti mazima nze ndi mubaka wa Katonda gweyabatumira. Bwebaabula, Katonda kwekubuzza emitima gyabwe, anti Katonda talungamya bantu bajeemu.

6 Era bajjukize ekyafaayo kya Isa mutabani wa Mariam bweyagamba abaana ba Israel nti mazima nze ndi mubaka wa Katonda gyemuli nga nkakasa Taurati eyankulembera era nga mpa amawulire ag'essanyu ag'omubaka alijja oluvanyuma lwange, nga erinya lye ye Ahmad. Wabula omubaka (Muhammad) oyo bwe yabajjira n'obubonero obunyonyofu, ate bo ne bagamba nti lino ddogo eryeyolefu.

7 Ani eyeeyisa obubi okusinga oyo atemerera Katonda ebyobulimba, so nga bulijjo ayitibwa okujja eri obusiramu. Katonda talungamya bantu abalyazamaanyi.

8 Mu kukola ekyo baagala kuzikiza ekitangaala kya Katonda n'emimwa gyabwe. Sso nga Katonda waakujjuza ekitangaala kye newakubadde nga abakafiiri tebakyagala.

9 Katonda yooyo eyatuma omubakawe ng'amuwadde obulungamu neddiini entuufu. Bulyoke bukya enkya nga yeddiini ewangudde newakubadde nga abagatta ku Katonda ebintu ebirala tebakyagala.

10 Abange mmwe abakkiriza mwandyagadde mbalagirire ebyettunzi ehiribawonya ebibonerezo ebiruma.

11 (Nabyo) muteekwa okukkiriza Katonda n'omubakawe, ne mulafuubana mu kuweereza mu kkubo Iya Katonda, nga muwaayo emmaali yammwe, nga nammwe mwennyini mwenyigiramu. Ekyo nno kye kirungi gyemuli singa mubadde mumanyi.

وَإِذْ قَالَ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ بَنِي إِسْرَائِيلَ يَا رُسُولُ اللَّهِ إِلَيْكُمْ مُصَدِّقًا
لِمَا بَيْنَ يَدَيَّ مِنَ التَّوْرَةِ وَمُبَشِّرًا بِرُسُولِي يَأْتِي مِنْ بَعْدِي أَسْمُهُ أَحْمَدٌ فَلَمَّا
جَاءَهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ قَالُوا هَذَا سِحْرٌ مُبِينٌ ﴿٦﴾ وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنْ افْتَرَى
عَلَى اللَّهِ الْكُذِبَ وَهُوَ يُدْعَى إِلَى الْإِسْلَامِ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿٧﴾
يُرِيدُونَ لِيُطْفِئُوا نُورَ اللَّهِ بِأَفْوَاهِهِمْ وَاللَّهُ مُتِمُّ نُورِهِ وَلَوْ كَرِهَ
الْكَافِرُونَ ﴿٨﴾ هُوَ الَّذِي أَرْسَلَ رَسُولَهُ بِالْهُدَىٰ وَدِينِ الْحَقِّ لِيُظَاهِرَهُ
عَلَى الدِّينِ كُلِّهِ وَلَوْ كَرِهَ الْمُشْرِكُونَ ﴿٩﴾ يَأْتِيهَا الَّذِينَ ءَامَنُوا هَلْ أَذْكَرٌ
عَلَى تَعْرِفَةِ نُجُجِكُمْ مِنْ عَذَابِ أَلِيمٍ ﴿١٠﴾ تَوَمَّنُونَ بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ وَسَوْجِدُونَ
فِي سَبِيلِ اللَّهِ بِأَمْوَالِكُمْ وَأَنْفُسِكُمْ ذَلِكَ خَيْرٌ لِّكُمْ إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿١١﴾
يَعْرِفُ لَكُمْ ذُنُوبَكُمْ وَيُدْخِلُكُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ وَمَسْكِنٌ
طَيِّبَةٌ فِي جَنَّاتٍ عَدْنٍ ذَلِكَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿١٢﴾ وَأَخْرَجْنَا مَثَرًا
مِّنَ اللَّهِ وَفَتَحَ قُرَيْبٌ وَبَشِّرِ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٣﴾ يَأْتِيهَا الَّذِينَ ءَامَنُوا كُونُوا
أَنْصَارَ اللَّهِ كَمَا قَالَ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ لِلْحَوَارِيِّينَ مَنْ أَنْصَارِي إِلَى اللَّهِ
قَالَ الْحَوَارِيُّونَ نَحْنُ أَنْصَارُ اللَّهِ فَانمَّتْ طَائِفَةٌ مِّنْ بَنِي إِسْرَائِيلَ
وَكَفَرَتْ طَائِفَةٌ فَأَيَّدْنَا الَّذِينَ ءَامَنُوا عَلَىٰ عَدُوِّهِمْ فَأَصْبَحُوا ظَاهِرِينَ ﴿١٤﴾

12 (Anti bwemukola ebyo) Katonda ajja kubasonyiwa ebyonoono byammwe, abayingize ejjana ezikulukutiramumu emigga era mugenda kufuna obutuulo obulungi mu jjana ez'olubeerera, okwonno kwe kwesiima okusuffu.

13 Era mufune n'ekirala nga nakyo mukyagala, nakyo kwekutaasibwa kwa Katonda n'obuwanguzi obwamangu. Era sanyusa abakkiriza (nti byonna bagenda kubifuna).

14 Abange mmwe abakkiriza musituke mutaase eddiini y'a katonda. Kibe nga Issa mutabani wa Mariam bweyagamba abagoberezibe abenjawulo nti, baani abanannyamba ku mulimu gwa Katonda. Abagoberezibe abenjawulo kwe kuddamu nti ffe twewaddeyo okutaasa eddiini ya Katonda. Ekyavaako ogutundu ku baana ba Israel okukkiriza, n'ekitundu ekirala okukaafuwala. Naffe netutaasa abo abakkiriza ku mulabe waabwe, nebukya enkya nga bejali waggulu.

سُورَةُ الْجُمُعَاتِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يُسَبِّحُ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ الْمَلِكِ الْقُدُّوسِ الْعَزِيزِ الْحَكِيمِ ﴿١﴾ هُوَ الَّذِي بَعَثَ فِي الْأُمَمِينَ رَسُولًا مِّنْهُمْ يَتْلُو عَلَيْهِمْ آيَاتِهِ وَيُزَكِّيهِمْ وَيُعَلِّمُهُمُ الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ وَإِنْ كَانُوا مِن قَبْلُ لَفِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٢﴾ وَآخِرِينَ مِنْهُمْ لَمَّا يَلْحَقُوا بِهِمْ وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٣﴾ ذَلِكَ فَضْلُ اللَّهِ يُؤْتِيهِ مَن يَشَاءُ وَاللَّهُ ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ ﴿٤﴾ مَثَلُ الَّذِينَ حُمِّلُوا التَّوْبَةَ ثُمَّ لَمْ يُحْمِلُوهَا كَمَثَلِ الْحِمَارِ يَحْمِلُ أَسْفَارًا بِئْسَ مَثَلُ الْقَوْمِ الَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِ اللَّهِ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿٥﴾ قُلْ يَا أَيُّهَا الَّذِينَ هَادُوا إِن زَعَمْتُمْ أَنَّكُمْ أَوْلِيَاءُ لِلَّهِ مِن دُونِ النَّاسِ فَتَمَنَّوْا الْمَوْتَ إِن كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٦﴾ وَلَا تَسْتَمْتِنُوا أَبَدًا بِمَا قَدَّمْت أَيْدِيهِمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِالظَّالِمِينَ ﴿٧﴾ قُلْ إِنَّمَا أَمْرُهُ الَّذِي نَقُرُّونَ مِنَ اللَّيْلِ وَمَنْعُهُ فَإِنَّهُ غَلَبَتْكُمْ نَفْسُهُ لَمْ تَرَوْا إِلَىٰ عِلْمِ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ فَيُنزِّلْ عَلَيْكُمْ مِمَّا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٨﴾

SURAT AL-JUMUA'H

YAKKIRA MADINAH, ERINA AYA (11).

ENYANJULA: Essura eno eyogera ku mateeka agamu. Omulamwa umukulu g'emateeka agakwata ku sswala ye jjuma, mu ngeri endala essura eyogera ku kutumwa kwa Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu salaihi wa sal-lam) ow'enkomerero mu ba Nabbi, ng'emwogerako nga ekyokusaasira era omulungamyanya owensi yonna. Era nga y'ataasa abantu n'abalungamyanya eri okusinza Katonda omu yekka.

Oluvanyuma essura eyogera ku bayudaaya n'okwawukana kwabwe okuva ku mateeka g'a Katonda geyabalaalikako mu Taurati. Ekifaananyi kyabwe nga kiringa endogoyi ey'etikka ebitabo ebinene ebyomugaso naye nga yo terina kyebiganyulwamu.

Oluvanyuma essura eyogera ku mateeka agakwata ku sswala ye jjuma, nga bwekalaatira abakkiriza okwanguwanga okugenda eri esswala ye jjuma, nga bwetegeeza nti okugula n'okutunda na byonna ebyamasanyu biri haraamu kasita omwaziinyi

atandika okwaziina, ekitegeeza nti emirimu gyonna giba haraamu oluvanyuma lwokwaziina okutuusa e jjuma lweggwa.

Essura emaliriza nga evumirira abatagoberera tteeka eryogeddwako, ng'abamu bayinza n'obutasaalira ddala olwemirimu, nga abandi bajja mu jjuma naye nga lwabuwaze, essura kyeyise ekikolwa ekyobunanfusi.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Ebiri mu ggulu ne mu nsi byonna bitenda Katonda omufuzi waabuli kintu, omutukuvu mu buli kimu, nantakubwa ku mukono, assa buli kintu mussa lyakyo.

2 Yye yooyo eyatuma eri abo abataamanyana kusoma nakuwandiika omubanyana (Muhammad) nga ava mubo ng'abasomera ebigambo bya Katonda era nga abatukuza (okubajja mu bukafiiri) era nga abayigiriza ekitabo (Kur'ani) n'ebiva mu Hadith so nga oluberyeberye (nga Nabbi tannatumwa) baali mu bubuze obw'olwatu.

3 Era yamutuma n'eri abalala nga ba mu bo, naye nga balijja luvanyuma lwabwe (nabo be basiramu abalala bonna abakkiriza Nabbi Muhammad abataamulabako okutuusiza ddala ku lunaku lwenkomerero) era yye Katonda, ye nantakubwa ku mukono, assa buli kintu mussa lyakyo.

4 Ebyo byebirungi bya Katonda ebyenkizo byawa oyo gwaba ayagadde. Mazima Katonda ye nannyni birungi ebisukkulumu.

5 Ekifaananyi kya bayudaaya abaaweebwa Taurati nebatagikozesa, balinga endogoyi ey'etikka ebitabo nga tesobola kwegasa nabiri mu bitabo ebyo. Kibi nnyo ekifaananyi ekyo, ekyabo abalimbisa ebigambo bya Katonda. Bulijjo Katonda talungamyanya Kibiina kya balyazamanyi (abawakanya obubaka bwa Katonda).

6 Bagambe (ggwe Nabbi Muhammad) nti abange mmwe abayudaaya bwe muba nga mweyita abaagalwa ba katonda so ssi abantu abalala, kale nno mwegombe okufa bwemuba nga muli baamazima.

7 Tebagenda kwegombera ddala kufa, olwebyo byebaakola. Bulijjo Katonda amanyi nnyo abalyazamanyi.

8 Bagambe (ggwe Nabbi Muhammad) nti mazima okwo okufa kwemudduka kwakubatuukako, oluvanyuma muzzibwe eri omumanyi w'ebitalabikako n'ebirabika. Ate

nno olwo alyoke abategeeze ebyo byonna bye mwali mukola.

9 Abange mmwe abakkiriza, bwe baaziina nga olw'e sswala ku lunaku lwe jjuma, mwanguwenga okugenda eri okwogera ku Katonda, ate muyimirize emirimu. Ekyo ky'ekirungi gyemuli singa mubadde mumanyi.

10 Esswala bweggwa, olwonno mugende mu nsi munoonye ebigabwa bya Katonda, mwogere nga nnyo ku Katonda mulyoke mwesiime.

11 Bwe balaba ebyobusuubuzi, oba ebyamasanyu, banguwa okugenda gyebiri nebakuleka nga oyimiridde. Bagambe nti ebya Katonda by'ebirungi okusinga ebyamasanyu n'obusuubuzi, ate nga Katonda yasinga abagabi bonna.

SURAT - AL-MUNAAFIKUUNA

YAKKIRA MADINAH, ERINA AYA (11).

ENYANJULA: Okufaananako nga essura endala ezakkira e Madinah, eyogera ku mateeka n'ebiragirowo. Nga bweyogera ku busiramu mu ngeri y'okussa mu nkola amateeka g'obusiramu, essura essira esinga kulisimba ku kwogera mu bugazi ku bannanfusi n'obunanfusi, era ku bo essura kwejja erinnya lyayo, olwokubanga eyogera mu bujjuvu ebyama by'obunanfusi.

Essura etandika nakwogera enneeyisa y'abananfusi n'ebitendo byabwe ebibi, nga ekibikulembede bwe bulimba, n'okuba nga kungulu boolesa kirala so nga munda bakwese kirala. Boogera ne nnimi zaabwe ebyo byebatakkiriza mu mitima gyabwe, ssaako enkwe zebaakoleranga Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) n'abasiramu.

Essura yabawemuukiriza n'eyogera obwonoonyi n'obuswavu bwabwe, kubanga okwolesa kwabwe obusiramu ate mwebaziyiriza abantu okuyingira obusiramu, era bakosa kinene obusiramu okusinga abakafiiri abamanyiddwa olwatu nti bakafiiri. Olwensonga ezo kyebava babeera aboomutawaana ennyo. Babulabe nnyo okusinga abalala bonna.

يٰۤاَيُّهَا الَّذِيْنَ ءَامَنُوْا اِذَا تُوْدِيْ لِلصَّلٰوةِ مِنْ يَوْمِ الْجُمُعَةِ فَاسْعَوْا اِلَىٰ ذِكْرِ اللّٰهِ وَذَرُوْا الْبَيْعَ ذٰلِكُمْ خَيْرٌ لَّكُمْ اِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُوْنَ ﴿١﴾ فَاِذَا قُضِيَتِ الصَّلٰوةُ فَانْتَشِرُوْا فِى الْاَرْضِ وَابْتَغُوْا مِنْ فَضْلِ اللّٰهِ وَاذْكُرُوْا اللّٰهَ كَثِيْرًا لَّعَلَّكُمْ تُفْلِحُوْنَ ﴿٢﴾ وَاِذَا رَاوُا تِجْرَةً اَوْ هُوَآ اَنْفُسُوْا اِلَيْهَا وَتَرَكُوْكَ فَاَيْمًا قُلْ مَا عِنْدَ اللّٰهِ خَيْرٌ مِنَ اللّٰهِوِ مِنَ التِّجْرَةِ وَاللّٰهُ خَيْرُ الرَّزِقِيْنَ ﴿٣﴾

سُوْرَةُ الْمُنٰفِقِيْنَ

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ
اِذَا جَاكَ الْمُنٰفِقُوْنَ قَالُوْا نَشْهَدُ اَنَّكَ لِرَسُوْلِ اللّٰهِ وَاللّٰهُ يَعْلَمُ
اَنَّكَ لِرَسُوْلِهِۦٓ وَاللّٰهُ يَشْهَدُ اِنَّ الْمُنٰفِقِيْنَ لَكٰذِبُوْنَ ﴿١﴾
اَتَّخَذُوْا اٰيْمَنَهُمْ جَنَّةً فَصَدُّوْا عَنْ سَبِيْلِ اللّٰهِ اِنَّهُمْ سَآءَ مَا كَانُوْا
يَعْمَلُوْنَ ﴿٢﴾ ذٰلِكَ بِاَنَّهُمْ ءَامَنُوْا ثُمَّ كَفَرُوْا فَطَمَعَ عَلَىٰ قُلُوْبِهِمْ
فَهُمْ لَا يَفْقَهُوْنَ ﴿٣﴾ وَاِذَا رَايْتَهُمْ تَعَجَّبَكِمْ اَجْسَامُهُمْ
وَإِنْ يَقُوْلُوْا تَسْمَعُ لِقَوْلِهِمْ كَأَنَّهُمْ خُشْبٌ مُّسَدَّدٌ يَّحْسَبُوْنَ كُلَّ
صَيْحَةٍ عَلَيْهِمْ هُمُ الْعَدُوْ فَاحْذَرهُمْ فَاِنَّهُمْ لَأَنْ يُّوْفَوْا كُوْنَ ﴿٤﴾

Era essura eyogera ku gagambo amabi gebatemerera Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam), n'okuba nti baali bamativu nti eddiini y'obusiramu egenda kuggawo, era nga bwe baali abamativu nti oluvanyuma lwokudda kwabwe okuva mu lutalo lwa ba Bani Al-musitwalik, nti baali baakugoba Nabbi n'abakkiriza okubajja mu kibuga Madinah. Essura efundikira nakulabula abakkiriza obuteemalira ku bya kwewunda byansi n'amasanyu gaayo, nebibajja ku mulamwa gwokusinza Katonda. Sikulwa nga bafaanana nga abananfusi, kubanga eryo lye kkubo lyokufaafaaganirwa.

Era essura mulimu ebiragirowo ebikubiriza abakkiriza okuwaayo mu kkubo lya Katonda, nga ekinoonyezebwamu kufuna kusiima kwa Katonda nga ekiseera tekinnayita, kubanga entuuko z'omuntu zijja ekiseera kyonna. Sikulwa nga omuntu

وَإِذْ قِيلَ لَهُم تَعَالَوْا يَسْتَغْفِرْ لَكُمْ رَسُولُ اللَّهِ لَوَّارُهُمْ وَسَاءَ
 وَرَأَيْتَهُمْ يَصُدُّونَ وَهُمْ مُسْتَكْبِرُونَ ﴿٥﴾ سَوَاءٌ عَلَيْهِمْ
 أَسْتَغْفَرْتَ لَهُمْ أَمْ لَمْ تَسْتَغْفِرْ لَهُمْ لَنْ يَغْفِرَ اللَّهُ لَهُمْ إِنَّ
 اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْفَاسِقِينَ ﴿٦﴾ هُمُ الَّذِينَ يَقُولُونَ
 لَا تُنْفِقُوا عَلَىٰ مَنْ عِنْدَ رَسُولِ اللَّهِ حَتَّىٰ يَنْفَضُوا وَيَلَّهَ
 خَزَائِنَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَلَكِنَّ الْمُنْفِقِينَ لَا يَفْقَهُونَ
 ﴿٧﴾ يَقُولُونَ لِنَنْ رَجَعْنَا إِلَى الْمَدِينَةِ لِيُخْرِجَنَا الْأَعْرُ
 مِنْهَا الْأَذَلَّ وَلِلَّهِ الْعِزَّةُ وَلِرَسُولِهِ وَلِلْمُؤْمِنِينَ وَلَكِنَّ
 الْمُنْفِقِينَ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٨﴾ يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تُلْهِكُمْ
 أَمْوَالُكُمْ وَلَا أَوْلَادُكُمْ عَنْ ذِكْرِ اللَّهِ وَمَنْ يَفْعَلْ
 ذَلِكَ فَأُولَئِكَ هُمُ الْخَاسِرُونَ ﴿٩﴾ وَأَنْفِقُوا مِنْ مَّا رَزَقْتُمْ
 مِنْ قَبْلِ أَنْ يَأْفِكَ أَحَدُكُمْ الْمَوْتَ فَيَقُولَ رَبِّ لَوْلَا أَخَّرْتَنِي
 إِلَىٰ أَجَلٍ قَرِيبٍ فَأَصَّدَّقَ وَأَكُنْ مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿١٠﴾ وَلَنْ
 يُؤَخِّرَ اللَّهُ نَفْسًا إِذَا جَاءَ أَجَلُهَا وَاللَّهُ خَبِيرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿١١﴾

سُورَةُ النَّجْمِ

yejjusa nasaalirwa mu kiseera okwejjusa
 n'okusaalirwa webitaligasiza.

**Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa
 ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.**

1 Abannanfusi bwebajja gyoli (Ggwe Nabbi Muhammad (Sal-lal-lahu alaihi wa sal-lam)) bagamba nti tukkiriza nti mazima ddala ggwe oli mubaka wa Katonda. Ne Katonda akimanyidde ddala nti mazima gwe oli mubakawe, ate era Katonda akakasa nti mazima abannanfusi balimba nnyo.

2 Ekyokulayira kwabwe nti basiramu bakifuula ekyokulwanyisa ekibawonya, olwonno nebyalyoka baziya abantu okuyingira mu ddiini y'a Katonda. Mazima bibi nnyo ebyo byebaali bakola.

3 Ekyo kiri bwebityo lwakuba balangirira obukkiriza nennimi zaabwe so nga ate emitima gyabwe tegikkiriza. Emitima

gyabwe negiteekebwako envumbo nebaabeera nga tebategeera.

4 Bwobatunulako emibiri gyabwe gikusanyusa, bweboogera toyinza butatwala kigambo kyabwe, balinga ebityo ebyesigamiziddwa ku kisenge nga tebiyinda kwetengerera, buli lwonna lwebawulira akakuba bagamba nti bubakeeredde, abo be balabe, n'olwekyo beegendereze Katonda yabakolimira, ggwe ate bandividde batya ku mazima.

5 Singa baba bagambiddwa nti mujje eri omubaka wa Katonda abasabire ekisonyiwo, banyeenya emitwe n'obalabira ddala nga bajeemye era nga beekuluntazza.

6 Okubasabira ekisonyiwo n'obutabasabira byonna bifaanana, katonda tagenda kubasonyiwa, anti Katonda talungamyu bantu boononyi.

7 Beebamu bebo abagamba nti temuwaayo kintu kyonna eri abo abali awamu n'omubaka wa katonda okutuusa lwebanamwawulira. So nga amawanika gomuggulu ne nsi gonna ga katonda. Naye mazima abannanfusi tebategeera.

8 Baatuuka n'okugamba nti bwetunadda e Madinah (okuva mu lutalo lwa ba Bani Al Mustwalik) abasinga okuba ab'ekitiibwa bajja kugoba mu (Madinah) abanyoomebwa. So nga ekitiibwa n'obuwanguzi bya Katonda n'omubakawe n'abakiriza naye mazima abannanfusi tebamanyi.

9 Abange mmwe abakiriza, ebyobugagga byamwe n'abaana bamwe tebibawugulanga nebibajja ku kwogera ku Katonda, oyo yenna akikola, abo nno beebokufaafaaganirwa.

10 Era mugabe kwebyo byetwabawa nga bukyali, walumbe nga tannatuuka ku omu ku mmwe, naatuuka okulaajana nga agamba nti, ayi mukama omulezi wange singa ondeseewo akabanga ne nsadaakako era nembeera mu balongoofu.

11 Sso nga Katonda tagenda kulindiriza mwoyo gwonna entuuko yaagwo bweriba nga etuuse, Katonda bulijjo muyitirivu w'akumanya ebyo byonna byemukola.

SURAT ATTAGHAABUN

YAKKIRA MADINAH, ERINA AYA (18).

ENYANJULA: Essura Taghaabun yeemu ku ssura z'e Madinah ezoogera ku mateeka, naye nga ensengeka y'ebigambo byayo efaanana essura z'e Makkah, ezoogera ku misingi nenzikiriza y'eddiini y'obusiramu.

Essura eyogera ku kitiibwa kya Katonda, era n'eyogera ku bubonero obulaga obuyinzabwe, okwo ezzaako okwogera ku muntu ategeera Katonda, n'eyogera ne ku muntu omukafiiri awakanya ebyengera bya Katonda.

Essura yakuba ebifaananyi ku mirembe egyayita egyalimu abaalimbisa ababaka ba Katonda, era n'eyogera n'ebibonerezo, n'okufaafaganirwa ebyabatuukako olwokukaafuwala kwabwe n'okuwalaaza empaka n'obubuze.

Era mu ssura eno Katonda ayongera okukakasa nti mazima okuzuukira kwa kubaawo, abakafiiri bakkiriza oba tebakkiriza. Era essura eragira okugondera Katonda n'okugondera omubakawe n'erabula abantu obuteetantala bukaafiiri.

Mu ngeri yeemu essura erabula ku bulabe obuyinza okuva ku bakyala n'abaana, kubanga ebiseera ebisinga baziyiza omuntu okulafuubana, okusenguka, n'okuwaayo mu kkubo lya Katonda.

Essura emaliriza nakulagira kuwaayo mu kkubo lya Katonda olwokutaasa obusiramu. Neyeekeza abasiramu omulugube n'obukodo, Kubanga mazima ebimu ku bitendo omukkiriza byatendebwa nabyo, kwe kuwaayo mu kkubo lya Katonda nga anoonya okusiima kwa katonda, era nga kitundu kinene ku kulafuubana mu kkubo lya Katonda.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Ebiri mu ggulu ne mu nsi byonna bitenda Katonda, obufuzi bwonna n'amatondo gona bibye, anti ye muyinza waabuli kintu.

2 Yye yooyo eyabatonda nga mumwe mulimu abakafiiri naabandi bakkiriza. Lubeerera Katonda alaba byemukola.

3 Yatonda eggulu ne nsi lwansonga. Ekifaananyi kyeyabatonderako ky'ekisingira ddala okuba ekirungi. Era gyaligemugenda okudda.

4 Amanyi ebiri mu ggulu ne mu nsi, era nga bwamanyi byemukweka ne byemwolesa. Anti Katonda amanyi ebiri mu bifuba.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يُسَبِّحُ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ لَهُ الْمُلْكُ وَلَهُ الْحَمْدُ
وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١﴾ هُوَ الَّذِي خَلَقَكُمْ فَمِنْكُمْ كَافِرٌ
وَمِنْكُمْ مُؤْمِنٌ وَاللَّهُ يَمَّا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٢﴾ خَلَقَ السَّمَوَاتِ
وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ وَصَوَّرَكُمْ فَأَحْسَنَ صُوَرَكُمْ وَإِلَيْهِ الْمَصِيرُ ﴿٣﴾
يَعْلَمُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَيَعْلَمُ مَا تُسْرُونَ وَمَا تُعْلِنُونَ وَاللَّهُ
عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ﴿٤﴾ أَلَمْ يَأْتِكُمْ نَبَأُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ قَبْلُ
فَذَاقُوا وَبَالَ أَمْرِهِمْ وَهُمْ عَذَابِ الْيَوْمِ ﴿٥﴾ ذَلِكَ بِأَنَّهُ كَانَتْ تَأْتِيهِمْ
رُسُلُهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ فَقَالُوا أَبَشْرٌ مِثْلُ نَبَاتٍ كَفَرُوا فَكْفَرُوا تَوَلَّوْا وَأَسْتَعْنَى
اللَّهُ وَاللَّهُ غَنِيٌّ حَمِيدٌ ﴿٦﴾ زَعَمَ الَّذِينَ كَفَرُوا أَنْ لَنْ يُعَذِّبَهُمُ اللَّهُ بِوَدْعِ
لَبَنٍ نَمٌّ لَنْ يُؤْتِنُوا يَمَّا عَمِلْتُمْ وَذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرٌ ﴿٧﴾ فَتَأْمُرُوا بِاللَّهِ
وَرَسُولِهِ وَالنُّورَ الَّذِي أَنْزَلْنَا وَاللَّهُ يَمَّا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿٨﴾ يَوْمَ
يَجْمَعُهُمْ لِلْيَوْمِ الْجَمْعِ ذَلِكَ يَوْمُ النَّعَابِ وَمَنْ يُؤْمِنْ بِاللَّهِ وَيَعْمَلْ
صَالِحًا لِيَكْفُرْ عَنْهُ سَيِّئَاتِهِ وَيُدْخِلْهُ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا
الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا ذَلِكَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿٩﴾

5 Abaffe amawulire gaabo abaakafuwala oluberyeberye lwammwe tegaabatuukako, ekyabaviirako okuba nga bakomba ku bukaawu bwo bukafiri bwabwe. Era bagenda kutuukwakwo ebibonerezo ebiruma.

6 Olwensonga nti ba Nabbi babwe baabaletera nga obubaka obujjudde obunnyonyofu, bo nebagamba nti omuntu yajja atulunganye! ekyo nekibakaafuwaza, nebaba nga tebakuyagala kwulirira kikwata ku bubaka, ne Katonda naaba nga takyabeetaaga. Anti Katonda bulijjo talina kyeyataaga, era nga bulijjo atenderezebwa.

7 Abatakkiriza Katonda beerimba nga bagamba nti tebagenda kuzuukizibwa. Bagambe ggwe (Nabbi Muhammad ﷺ) nti sibwekiri. Ndayira Katonda omulezi wange ddala mujja kuzuukizibwa, oluvannyuma mujja kutegeezebwa ddala ebyo byemwakola, nekyo nno kyangu nnyo ku Katonda.

8 Kale nno mukkirize Katonda n'omubakawe n'ekitangaala (Kur'ani) kyetwassa, ne Katonda bulijjo mumanyi nnyo wa mirimu gyammwe.

وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ
النَّارِ خَالِدِينَ فِيهَا وَبئسَ ألمصيرٌ ﴿١٠﴾ مَا أَصَابَ مِنْ
مُصِيبَةٍ إِلَّا بِإِذْنِ اللَّهِ وَمَنْ يُؤْمِنْ بِاللَّهِ يَهْدِ اللَّهُ قَلْبَهُ، وَاللَّهُ بِكُلِّ
شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿١١﴾ وَأَطِيعُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا الرَّسُولَ فَإِن
تَوَلَّيْتُمْ فَإِنَّمَا عَلَىٰ رَسُولِنَا الْبَلَاغُ الْمُبِينُ ﴿١٢﴾ اللَّهُ لَا إِلَهَ
إِلَّا هُوَ وَعَلَىٰ اللَّهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُؤْمِنُونَ ﴿١٣﴾ يَا أَيُّهَا
الَّذِينَ ءَامَنُوا إِنِّي مِنْ أَرْزَاقِكُمْ وَأَوْلَادِكُمْ عَدُوٌّ
لَكُمْ فَاحْذَرُوهُمْ وَإِن تَعَفَوْا وَتَصَفَّحُوا وَتَغَفَرُوا
فَإِنَّ اللَّهَ عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٤﴾ إِنَّمَا أَمْوَالُكُمْ وَأَوْلَادُكُمْ
فِتْنَةٌ وَاللَّهُ عِنْدَهُ أَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿١٥﴾ فَأَنفِقُوا لِلَّهِ مَا اسْتَطَعْتُمْ
وَأَسْمِعُوا وَأَطِيعُوا وَأَنفِقُوا خَيْرًا لِّأَنفُسِكُمْ وَمَنْ
يُوقِ شُحَّ نَفْسِهِ فَأُولَٰئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿١٦﴾ إِن تَرْضَوْا
اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا يَضْعِفْهُ لَكُمْ وَيَغْفِرْ لَكُمْ وَاللَّهُ شَكُورٌ
حَلِيمٌ ﴿١٧﴾ عَلِيمُ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿١٨﴾

سُورَةُ الطَّلَاقِ

١٢

١٢

9 Mujjukire olunaku Katonda lwalibakunganya ku lunaku lwekiyaama, olwo lwe lunaku oluliraga okufaafaganirwa (eri abakafiiri), oyo yenna akkiriza Katonda naakola n'emirimu emirungi, Katonda amusangulako ebibibye, era agenda kumuyingiza ejjana ezikulukutiramu emigga, nga baakuzibeeramu lubeerera. Okwo nno kwe kwesiima okuyitirivu.

10 Naye ate abo abakafuwala ne balimbisa n'ebigambo byaffe, abo nno b'ebantu bo mu muliro, baakubeera mu gwo olubeerera, eyo nkomerero mbi.

11 Tewali buzibu bwonna butuuka ku muntu okugyako nga Katonda akkirizza, oyo yenna akkiriza Katonda, Katonda alungamya omutima gwe. Mazima bulijjo Katonda mumanyi nnyo wa buli kintu.

12 Mugondere Katonda era mugondere omubakawe. Naye bwemunaayawukana kwekyo, ye omubaka waffe (tanenyezebwa)

obuvunaanyizibwabwe, kwe kutuusa obubaka mu bujjuvu.

13 Katonda ye yekka asinzibwa, abakkiriza bateekwa kwesigamira ku Katonda oyo yekka omu.

14 Abange mmwe abakkiriza mazima abamu ku bakyala bammwe n'abaana bammwe balabe bammwe, nolwekyo mubeegendereze. Naye bwemubaddiramu nemubalekera, nemubasonyiwa, mazima Katonda muyitirivu wakusonyiwa asaasira ennyo.

15 Mazima ebyobugagga byammwe n'abaana bammwe kikemo, ng'ate ewa Katonda wewali empeera ensukulumu.

16 Kale nno mutye Katonda nga bwemuba musobodde, muwulire era mugonde, mu ngeri yeemu mugabe ku lwa Katonda, ekyo nno kyekirungi gyemuli. Oyo yenna awonyezebwa omulugube gwomwoyo gwe, abo nno b'ebokuganyulwa.

17 Singa muwola Katonda oluwola olulungi, alubabalizaamu era n'abasonyiwa ebyonoono byammwe, bulijjo Katonda asiima era waakisa.

18 (Katonda oyo) amanyi ebitalabwako n'ebirabwa, nantalemwa, akola buli kintu nga asinziira ku nsonga.

SURAT ATTWALAAK

YAKKIRA MADINAH, ERINA AYA (12).

ENYANJULA: Essura eno yeemu ku ssura ezakkira e Madinah, eyogera ku gamu ku mateeka agakwata ku bufumbo, ekyokulabirako: eraga enjawulo wakati w'okuta omukyala okugoberera amateeka g'obusiramu n'okutali. Era neeyogera ne ku bbanga omukyala ateerreddwa lyateekwa okulinda nga tanaddamu kufumbirwa, era etutegeeza nti omukyala nga ali mu bbanga eryo (Idda) omwami atekwa okumuwa aw'okubeera n'okusasulira byonna ebiteekwa okusasulirwa. Era omwami yaateekwa okusasulira okuyonsa omwana waabwe bwaba nga waakusasulira.

Essura etandika nakulagira abakkiriza okukozesa amakubo agasinga obulungi singa eryato lyo bufumbo litandika okuyuuga. Era eragira abakkiriza singa wabaddewo okuta

omukyala kubeerewo mu kiseera ekituufu, era nga amateeka agagobererwa: kwekuta omukyala nga mutukuvu nga tali mu Haidh, era nga tebagenzeeko mu nsonga zabufumbo mu mwezi ogwo, olwo nno bwamuta nebalindirira okutuuka ebbanga lya Idda lweliggwako.

Mu mateeka ga Katonda gano mulimu okutegeeza abasajja abafumbo nti bateekwa babeere beegendereza obutayanguyiriza kukutulawo olujegere lwobufumbo, kubanga mazima talaka kye kya Halaali ekisinga okusunguwalirwa ewa Katonda. Singa tebuba bwa nnaakolantya obuteebereka, talaka teyandibadde nga ekkirizibwa kubanga kisemberera okusanyaawo amaka.

Essura ekubiriza okubala ebbanga lya Idda weritandikira newelliggerako, kibeere nti abaana abazaalibwa bamanyibwa gyebazaalibwa awatuufu, era omukyala atereddwa aleme kulinda banga erisukka mweryo eryalaalikibwa.

Essura era eragira okwekuuma obutasukka nsalo z'amateeka ga Katonda mu talaka n'obutajeemera biragiroye.

Essura era eyogera ku mateeka g'omukyala ali mu Idda, era nenyonyola Idda yomukyala atakyagenda mu nsonga za bakyala olwobukulu, oba obulwadde. Era nga bweyogera ku Idda yomukyala atagandangako mu nsonga zabakyala era eyogera ku banga lya Idda eryomukyala ow'olubuto, nga bwelunganya kwebyo ebiteekwa okugobererwa. Essura ng'eyogera ku mateeka agakwata ku ttalaka eddingana okukalaatira okutya Katonda, oluusi eragaanyisa ebirungi ebiri ewa Katonda, ate olundi n'etiisa okubonereza kwa katonda, olwo nno waleme kubaawo bulyazamanyi bwonna bukolebwa omu ku bafumbo ababiri.

Essura era enyonyola ebyensula yomukyala atereddwa ne ndabirira gyalabirirwamu.

Essura efundikira n'okulabula abakkiriza obutasukka nsalo z'amateeka ga Katonda, neekuba ebifananyi by'emirembe egyayita, abantu bo mu mirembe egyo baajeemera ebiragiroye bya Katonda, essura kwe kutulaga ebyabatuukako mu kubonerezebwa n'okuzikirizibwa.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ إِذَا طَلَقْتُمُ النِّسَاءَ فَطَلِّقُوهُنَّ لِعَدَّتِهِنَّ وَأَحْصُوا
 الْعِدَّةَ وَاتَّقُوا اللَّهَ رَبَّكُمْ لَا تَخْرُجُوهُنَّ مِنْ بُيُوتِهِنَّ
 وَلَا يَخْرُجْنَ إِلَّا أَنْ يَأْتِيَنَّ بِفَحِشَةٍ مُبَيَّنَةٍ وَإِلَّا فَحُدُودُ
 اللَّهِ وَمَنْ يَعِدَّ حُدُودَ اللَّهِ فَقَدْ ظَلَمَ نَفْسَهُ لَا تَدْرِي لَعَلَّ
 اللَّهُ يُحْدِثُ بَعْدَ ذَلِكَ أَمْرًا ﴿١﴾ فَإِذَا بَلَغَ الْأَجَلُوهَا فَأَمْسِكُوهُنَّ
 بِمَعْرُوفٍ أَوْ فَارِقُوهُنَّ بِمَعْرُوفٍ وَأَشْهِدُوا ذَوَى عَدْلٍ مِنْكُمْ
 وَأَقِيمُوا الشَّهَادَةَ لِلَّهِ ذَلِكَ يُوَعِّظُ بِهِ مَنْ كَانَ يُؤْمِنُ
 بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَمَنْ يَتَّقِ اللَّهَ يَجْعَلْ لَهُ مَخْرَجًا ﴿٢﴾ وَيَرْزُقْهُ
 مِنْ حَيْثُ لَا يَحْتَسِبُ وَمَنْ يَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ فَهُوَ حَسْبُهُ وَإِنَّ اللَّهَ
 لَبَلِغٌ أَمْرِهِ قَدْ جَعَلَ اللَّهُ لِكُلِّ شَيْءٍ قَدْرًا ﴿٣﴾ وَالَّتِي يُبَيِّنُ
 مِنَ الْمَجْزِيِّ مَنْ نَسِيَ مِنْهَا آيَةً فَاعِدَّتُهَا مِنْ ثَلَاثَةِ أَشْهُرٍ
 وَالَّتِي لَمْ يَحْضَنْ وَأَوْلَتْ الْأَحْمَالَ أَجَلُوهَا أَنْ يَضَعَنَّ حَمْلَهَا
 وَمَنْ يَنْقِ اللَّهُ يَجْعَلْ لَهُ مِنْ أَمْرِهِ يُسْرًا ﴿٤﴾ ذَلِكَ أَمْرُ اللَّهِ أَنْزَلَهُ
 إِلَيْكُمْ وَمَنْ يَنْقِ اللَّهَ يَكْفُرْ عَنْهُ سَيِّئَاتِهِ وَيُعْظَمُ لَهُ الْجُرْمُ ﴿٥﴾

Oluvannyuma eraga obuyinza bwa Katonda mu kukola eggulu omusanvu nga myaliiro, era nga bweyakola ensi. Ebyo byonna bubonero obulaga obumu bwa Katonda omulezi w'ebitonde.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

🔱 Owange ggwe Nabbi, bwemuba nga muta abakyala mubatenga bali ku mbeera eyobutukuvu (Nga tebali mu Haidh), mubalenga n'obwegendereza ebbanga lya Idda (Idda kye kiseera omukyala atereddwa kyamala nga tannaba ku kkirizibwa kuddamu kufumbirwa). Era mutye Katonda omulezi wammwe, temwetantalanga okubaggya mu mayumba gaabwe (mwebabadde bawangaalira nga bali mu bufumbo bwabwe), so nga nabo tebavanga mu mayumba ago okugyako nga bakoze ebikolobero ebyolwatu. Ezo zensalo z'amateeka ga katonda. Oyo yenna abuuka ensalo z'amateeka ga Katonda, aba y'eryazaamanyizza, tomany oba olyawo

1. أَسْكُونَهُنَّ مِنْ حَيْثُ سَكَنْتُمْ مِنْ وَجْدِكُمْ وَلَا تُضَارُّوهُنَّ لِضَيْقِهِنَّ
 عَلَيْهِنَّ وَإِنْ كُنَّ أُولَاتٍ حَمَلٍ فَلْيَقِمْوهُنَّ عَلَىٰ هُنَّ حَتَّىٰ يَضَعْنَ حَمْلَهُنَّ
 فَإِنْ أَرْضَعْنَ لَكُمْ فَآتُوهُنَّ أُجُورَهُنَّ وَأَتَمُّوا بِهِنَّ كَمَا بِمَعْرُوفٍ وَإِنْ
 تَعَارَفْتُمْ فَسَرِّضْ لَهُنَّ أُخْرَىٰ ۗ ﴿٦﴾ لِيُنْفِقَ ذُو سَعَةٍ مِّن سَعَتِهِ
 وَمَنْ قُدِرَ عَلَيْهِ رِزْقُهُ فَلْيُنْفِقْ مِمَّا آتَاهُ اللَّهُ لَا يُكَلِّفُ اللَّهُ نَفْسًا
 إِلَّا مَا آتَاهَا سَيَجْعَلُ اللَّهُ بَعْدَ عُسْرٍ يُسْرًا ۗ ﴿٧﴾ وَكَانَ مِنْ قَرِينِهِ
 عَدَّتْ عَنْ أَمْرِ رَبِّهَا وَرَسُولِهِ فَوَاسِبَتْهَا حَسَابًا شَدِيدًا وَعَدَّتْهَا
 عَذَابًا نَّكَرًا ۗ ﴿٨﴾ فَذَاقَتْ وَبَالَ أَمْرِهَا وَكَانَ عَاقِبَةُ أَمْرِهَا خُسْرًا ۗ ﴿٩﴾
 أَعَدَّ اللَّهُ لَهُمْ عَذَابًا شَدِيدًا فَاتَّقُوا اللَّهَ يَا أُولِيَ الْأَلْبَابِ الَّذِينَ ءَامَنُوا
 قَدْ أَنْزَلَ اللَّهُ إِلَيْكُمْ ذِكْرًا ۗ ﴿١٠﴾ سَمُّوا لِلَّذِينَ هَمَزُوا فِي عَهْدِهِمْ
 لِيُخْرِجَ الَّذِينَ ءَامَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ مِنَ الظَّالِمَاتِ إِلَى النُّورِ
 وَمَنْ يُؤْمِن بِاللَّهِ وَيَعْمَلْ صَالِحًا يُدْخِلْهُ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا
 الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا قَدْ أَحْسَنَ اللَّهُ لِرِزْقِهِ ۗ ﴿١١﴾ اللَّهُ الَّذِي خَلَقَ
 سَمَّوَاتٍ وَمِنَ الْأَرْضِ مِثْلَهُنَّ يَنْزِلُ الْأَمْرُ بَيْنَهُنَّ لِتَعْلَمُوا أَنَّ
 اللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ وَأَنَّ اللَّهَ قَدْ أَحَاطَ بِكُلِّ شَيْءٍ عِلْمًا ۗ ﴿١٢﴾

Katonda naaleetawo embeera endala oluvannyuma lwekyo.

2. Kale nno bwebaba nga basemberedde okumalako ebbanga lya Idda yaabwe mubaddirengamu, mu ngeri ennungi, oba mwawukane nabo mu ngeri ennungi (ebbanga lya Idda bweriba liweddeko). Mubeerewo n'abajulizi babiri abeesimbu mu bantu bammwe, muwenga obujulizi mu bwesimbu kulwa Katonda, ebyo nno bye bibuulirira oyo yenna akkiriza Katonda n'olunaku lwenkomerero. Bulijjo oyo yenna atya Katonda amuteerawo obwangu.

3. Era naamugabirira mu ngeri gyatasuubira, era oyo yenna eyesiga Katonda, Katonda amumala, anti Katonda ekigambokye kye kyenkomeredde, mazima Katonda yategeka ekigero ky'abuli kintu.

4. Abo bonna mu bakyala bammwe abatakuyagenda mu nsonga za Heidh, bwemutankananga ebbanga lya Idda lyabwe, balindenga emyezi esatu. Wabula abo abatanayingira mu nsonga za Haidh Idda yaabwe emyezi esatu. Naye abo abali embuto ebbanga lyabwe kumala kuzaala.

Oyo yenna atya Katonda amuteerawo obwangu mu buli kintu.

5. Ekyyo kiragiyo kya Katonda kye yassa gye muli, oyo yenna atya Katonda amusangulako ebibibye ate naamwongeza empeera.

6. (Abakyala abaweereddwa ttalaka) mubasuzenga mu mayumba mwemusula okusenziira ku busobozi bwammwe, temubatulugunyanga, nga ekigendererwa kubanyigiriza (balemererwe), naye bwebabanga bali mbuto mubalabirirenga okutuusa lwebazaala. Ate (bwebabanga bazadde) nebabayonseza abaana, nebasasulenga. Era mukkiriziganye mu ngeri ennungi, naye bwemubanga mulemaganye olwo nno munoonye omulala anaayonsa.

7. Omusajja alina okulabirira omukyala okusenziira ku busobozibwe, nooyo Katonga gweyawa ebyenfuna ebinafu naye alabirira omukyala okusenziira nga Katonda bweyamuwa, Katonda tawaliriza muntu yenna okusukka kwebyo byeyamuwa. Katonda ajja kuteekawo obwangu oluvannyuma lwobuzito.

8. Ebitundu bimeka nga abantu bayo bajeemera Katonda omulezi waabwe n'ababaka beyabatumiranga netubibala olubala oluyitirivu era netubibonereza olubonereza olukambwe.

9. (Ebitundu ebyo) n'ebikomba ku bukaawu bw'obujeemu bw'abyo, n'eba nga enkomerero y'obujeemu bwabwe kufaafaganirwa.

10. Katonda yabategekera ebibonerezo ebisuffu, kale nno mutye Katonda abange mmwe abalina amagezi agategeera, abange mmwe abakkiriza. Anti Katonda yassa gye muli obubaka obujjukiza (Kur'ani).

11. Omubaka ng'abasomera ebigambo bya Katonda ebinyonyola, nga ekigendererwa kwe kujja mu bizikiza abakkiriza nebakola n'emirimu emirungi n'abazza mu kitangaala. Oyo yenna akkiriza Katonda naakola n'emirimu emirungi, Katonda agenda kumuyingiza mu jjana, nga emigga gikulukutira muzo, baakubeera muzo olubeerera. (Omuntu owengeri eyo) Katonda yamutebenkereza enfuna (mu bulamu obwoluvannyuma).

12. Katonda yooyo eyatonda eggulu omusanvu nensi naazitonda omuwendo gwegumu, obubaka bwa Katonda bukka wakati we ggulu nensi mulyoke mumanyenti, mazima Katonda musobozi ku buli kintu, era mazima Katonda mumanyi waabuli kintu.

SURAT TAHRIM

YAKKIRA MADINAH, ERINA AYA (12).

ENYANJULA: Ssurat Tahrim yeemu ku ssura ezakkira e Madinah ezoogera ku mateeka. Essura eyogera ku mateeka agakwata ku bantu benju ya Nabbi (Muhammad (Sal-lal-lahu alaihi wa sal-tam)) naddala ku ba maama b'a bakkiriza bakyala be, nga ekigendererwa kwe kuteekateeka amaka g'omusiramu gabeere nga go kyekyokulabirako eri buli omu ayetaaga okuba namaka amatebenkevu.

Essura ku ntandikwa eyogera ku Nabbi okuzira mukyalawe Mariyati Alkibtwiyya nga agenderera okusiimisa abamu ku bakyalabe, oluvanyuma naafuna obubaka okuva eri katonda nga bumunanya ku nsonga eyo kulwokufunza ekyo Katonda keyyamugaziiriza.

Oluvanyuma essura eyogera ku nsonga eyaakabi ennyo, nayo kwe kubikkula ekyama ekibeera wakati waabafumbo ababiri ekiyinda okuvaako n'okusattulula obufumbo. Ku nsonga eyo essura ekuba ekifananyi nga kiri ku Nabbi yenyyini, mu kiseera Nabbi bweyabaako ekyama kyabuulira omu ku bakyalabe Hafuswa, ate ne Hafuswa naakibuulira mujja we Aisha okutuusa lwekyasaasaana nekibuna. Ekintu ekyanyiiiza ennyo Nabbi okutuusa lweyayagala nookuta bakyalabe.

Essura enenya bakyala ba Nabbi olwebyo ebyagwawo wakati waabwe mu ngeri eyokuvuganya, ne abamu okukwatirwa banaabwe obugya olwobusongasonga obutaliimu, nebatuuka nookulabulwa nti Katonda ayinda okuwanyisizaamu Nabbi abakyala abalala abasinga ku bo olwokumuweulira ku bizibu byebaali bamutuusizzaako.

Essura efundikira nookukuba ebifananyi bibiri, ekifananyi ekimu nga kya mukyala omukafiiri, nga muka musajja omukkiriza omulongoofu. Ekifananyi ekyokubiri kya mukyala omukkiriza nga muka musajja omukafiiri, nga ekigendererwa kwekutegeeza nookulabula abantu nti teri muntu agenda

سُورَةُ التَّحْرِيمِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يٰٓأَيُّهَا النَّبِيُّ لِمَ تُحَرِّمُ مَا أَحَلَّ اللَّهُ لَكَ تَبْلَغِي مَرَضَاتِ أَزْوَاجِكَ وَاللَّهُ عَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١﴾ قَدْ فَرَضَ اللَّهُ لَكُمْ تَحِلَّةَ أَيْمَانِكُمْ وَاللَّهُ مَوْلَاكُمْ وَهُوَ الْعَلِيمُ الْحَكِيمُ ﴿٢﴾ وَإِذْ أَسْرَأَ النَّبِيُّ إِلَىٰ بَعْضِ أَزْوَاجِهِ حَدِيثًا فَلَمَّا نَبَأَ بِهَا بِهٖ وَأَظْهَرَهُ اللَّهُ عَلَيْهِ عَرَفَ بَعْضَهُ وَأَعْرَضَ عَنْ بَعْضٍ فَلَمَّا نَبَأَهَا بِهٖ قَالَتْ مَنْ أُنْبَأُ هَذَا قَالَ نَبَأَنِي الْعَلِيمُ الْخَبِيرُ ﴿٣﴾ إِنْ نُبُوًّا إِلَىٰ اللَّهِ فَقَدْ صَعَتْ قُلُوبُكُمْ وَإِنْ تَطَّهَّرَا عَلَيْهِ فَإِنَّ اللَّهَ هُوَ مَوْلَاهُ وَجِبْرِيْلُ وَصَلِحُ الْمُؤْمِنِينَ وَالْمَلَائِكَةَ بَعْدَ ذَلِكَ ظَهِيرٌ ﴿٤﴾ عَسَىٰ رَبُّهُ إِنْ طَلَّقَنَّ أَنْ يَبْدِلَهُ أَرْوَاجًا خَيْرًا مِّنْكُمْ مُّسْلِمًا مَّوَدَّةً تَقِينَةً تَبَيَّنَتْ عِدَدَاتُ سَيِّحَاتٍ تَبَيَّنَتْ وَابْتَكَارًا ﴿٥﴾ يٰٓأَيُّهَا الَّذِينَ ءَامَنُوا قُوا أَنْفُسَكُمْ وَأَهْلِيكُمْ نَارًا وَقُودُهَا النَّاسُ وَالْحِجَارَةُ عَلَيْهَا مَلَائِكَةٌ غِلَاظٌ شِدَادٌ لَا يَعْصُونَ اللَّهَ مَا أَمَرَهُمْ وَيَفْعَلُونَ مَا يُؤْمَرُونَ ﴿٦﴾ يٰٓأَيُّهَا الَّذِينَ كَفَرُوا لَا تَعْلَمُوا أَيَّامَ النَّجْوَىٰ إِنَّمَا تُجْرُونَ مَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٧﴾

kugasa muntu yenna ku lunaku lwenkomerero. Anti ekitiibwa n'olulyo tebigenda kugasa muntu atakola mirimu mirongoofu.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

❶ Owange ggwe Nabbi lwaki oziza ebyo Katonda byeyakukkiriza nga onoonya okusiimisa bakyalabo. Bulijjo Katonda muyitirivu waakusonyiwa era muyitirivu waakusaasira.

❷ Katonda yabateerawo engeri gye muva mu birayiro byemuba mukoze, anti bulijjo aba nammwe, ate nga yye muyitirivu waakumanya, buli kyakola akikola lwa nsonga.

❸ Era jjukira Nabbi bweyabuulira omu ku bakyalabe (Hafuswa) ekyama, omukyala oyo bweyamala okwogera ekyama ekyo, ate Katonda naakitegeeza Nabbi. Nabbi naamubuulirako ebimu ebirala naabireka. Nabbi olwakibuulira omukyala oyo (omukyala naamubuuza) ani yakikugambye (Nabbi

يَتَأْتِيهَا الَّذِينَ ءَامَنُوا تَوْبًا إِلَى اللَّهِ تَوْبَةً نَّصُوحًا عَسَىٰ رَبُّكُمْ
 أَنْ يَكْفِرَ عَنْكُمْ سَيِّئَاتِكُمْ وَيُدْخِلَكُمُ جَنَّاتٍ تَجْرِي
 مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ يَوْمَ لَا يُخْزِي اللَّهُ النَّبِيَّ وَالَّذِينَ ءَامَنُوا
 مَعَهُ نُورُهُمْ يَسْعَىٰ بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَبِأَيْمَانِهِمْ يَقُولُونَ رَبَّنَا
 أَنْتُمْ لَنَا نُورٌ نَا وَأَغْفِرْ لَنَا إِنَّكَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٨﴾
 يَتَأْتِيهَا النَّبِيُّ جِهْدَ الْكُفَّارِ وَالْمُنَافِقِينَ وَأَغَظَ عَلَيْهِمْ
 وَمَأْوَاهُمْ جَهَنَّمُ وَيَسَّ الْمَصِيدُ ﴿٩﴾ ضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا
 لِلَّذِينَ كَفَرُوا أُمَّرَاتٍ نُوحٍ وَأُمَّرَاتٍ لُوطٍ كَأَنَّا تَحْتِ
 عِبْدَيْنِ مِنْ عِبَادٍ نَاصِلِحِينَ فَخَانَتَاهُمَا فَامْرَأَتُهُمَا يَغْنِيَا عَنْهُمَا
 مِنْ اللَّهِ شَيْئًا وَقِيلَ ادْخُلَا النَّارَ مَعَ الدَّٰخِلِينَ ﴿١٠﴾
 وَضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا لِلَّذِينَ ءَامَنُوا أُمَّرَاتٍ فِرْعَوْنَ إِذْ
 قَالَتْ رَبِّ ابْنِ لِي عِنْدَكَ بَيْتًا فِي الْجَنَّةِ وَبِخِيٍّ مِنْ فِرْعَوْنَ
 وَعَمَلِهِ وَبِخِيٍّ مِنَ الْقَوْرِ الظَّالِمِينَ ﴿١١﴾ وَمَرْمِ أُمَّتِ
 عِمْرَانَ النَّبِيِّ أَحْصَنَتْ فَرْجَهَا فَنَفَخْنَا فِيهِ مِنْ رُوحِنَا
 وَصَدَقَتْ بِكَلِمَاتِ رَبِّهَا وَكُتِبَ عَلَيْهَا مِنَ الْقَنِينِ ﴿١٢﴾

naamuddamu nti) eyakintegeezenza ye muyitirivu wookumanya omukenkufu (Katonda).

4 Singa munaaba mwenenyezza mwembiriri (Hafuswa ne Aisha) ewa katonda (kyekirungi gyemuli), anti emitima gyammwe gyawaganyadde. Naye bwemunamwekalakaasizaako, (mumanye nti) mazima katonda ali ku luddalwe, ne Jiburilu, n'abakkiriza abalongoofu, ne ba malayika bonna baakumuyambako.

5 Singa anaba abatadde, Katonda omuleziwe, ajja kumuwaanyisizaamu abakyala abalala abasinga ku mmwe, nga basiramu nnyo, bakkirizza, nga bagonvu nnyo, nga beenenya era nga basinza nnyo Katonda, abatambulira mu kumutya, kababe nga baafumbirwako oba nga tebafumbirwangako.

6 Abange mmwe abakkiriza mwewonye n'abantu bammwe omuliro, nga gukumirwa ku bantu na mayinja, gukuumibwa ba

Malayika abakambwe abaamanyi ennyo, tebajeemera Katonda mwekyo kyonna kyaba abalagidde, ate nga bakola ekyo kyonna kyebaba balagiddwa.

7 (Ku lunaku lwenkomerero abakafiiri baligambibwa nti) Abange mmwe abakafiiri temwetonda olwaleero, mazima mugenda kusalulwa ebyo byemwakola.

8 Abange mmwe abakkiriza mwenenyeze Katonda olwenenya olwa namaddala. Omulezi wammwe Katonda kikakafu ajja ku basangulako ebyonoono byammwe era abayingize ejjana ezikulukutirwamu emigga. Olunaku Katonda lwataliweebula Nabbi nabakkiriza abali naye. Ekitangaala kyabwe nga kibeetoolodde mumaaso ne ku ddyo na ku buli ludda, nga bagamba nti ayi omulezi waffe tulekerewo ekitangaala kyaffe era otusonyiwe (ebyonoono byaffe) anti mazima ggwe oli musobozi ku buli kintu kyonna.

9 Owange ggwe Nabbi funvubira mu kulwanyisa abakafiiri n'abannanfusi era obazitoowereze. Obuddo bwabwe muliro Jahannama, ate obuddo obwo bubu nnyo.

10 Katonda yakubira abakafiiri ekifananyi kya muka Nuhu ne muka Luutu. Baali bakyala b'a baddu ababiri mu baddu baffe abalongoofu, naye nno nebabakumpanya (n'obutakkiriza Katonda). Nabbi Nuhu ne Luutu tebaalina kyebaagasa bakyala baabwe ewa Katonda. Nebagambwa (Abakyala bombi) nti musingire omuliro awamu naabo abaguyingira.

11 Era Katonda yakubira abakkiriza ekifananyi kya muka Firawuna mu kiseera weyasabira (Katonda) nti: Ayi omulezi wange nzimbirayo ennyumba gyoli mu jjana era omponye Firawuna n'ebikolwabye, omponye n'abantu abalyazamanyi.

12 Era Katonda yakuba ekifananyi kya Mariyamu muwala wa Imran oyo eyeekuuma kale netufuuwa muye omwoyo ogwava gyetuli era Mariam nakkiriza ebighambo bya Katondawe n'ebitabo bye, n'abeera nga ali mu basinza Katonda abagonvu.

SURAT AL-MULKU

YAKKIRA MAKKAH ERINA AYA (30).
ENYANJULA: Surat Al Mulku okufanana n'essura endala ezakkira e Makka essira esinga kulissa kunsonga Ssatu.

1. Ensonga esooka, okulaga ekitiibwa kya Katonda n'okuba nti obuyinza bwokuwa obulamu n'okufa bibye yekka.

2. Ensonga ey'okubiri, essura ewa obujulizi obukakasa nti ddala Katonda ali omu.

3. Ensonga ey'okusatu, okututegeeza enkomerero embi eribera ku bantu abawakanya okuzuukira n'olunaku lwenkomerero.

Essura etandika nakulaga nti obuyinza bwonna bwa Katonda omuyinza w'abuli kintu, era nga yaawa obulamu era yatta.

Ezzako okwogera ku ngeri eyekeyewunyo Katonda geyatondamu eggulu n'alissamu emyaliro egyenjawulo, ate naaliwunda nemunyene ezenjawulo. Nga ebyo byonna bujulizi obwenkukunala ku kubaawo kwoyo eyabitonda, era ngali omu yekka.

Oluvanyuma lwekyo, essura eyogera mu buwanvu ensonga ekwata ku bajeemu mu kisesera webalirabira mu lwatu omuliro nga gubumbujja era nga guswakiira nga gubalindiridde.

Mu ngeri y'emu ewa ekifananyi ky'a bakozi b'obulungi engeri gyebaliberamu kulunaku olwo.

Oluvanyuma lwokuwa ebifananyi ku kitibwa kya Katonda n'obuyinza bwe, etiisa abantu ebibonerezobye n'obusungu bwe ebirituka kwabo abaliba bamugyemedde.

Essura eno eyekitiibwa emaliriza nakulabula awamu n'okutiisa abo abalimbisa obubaka bwa nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nti baja kutukibwako ebibonerezo, songa bo mubugwagwa bwabwe besunga okufa kwa Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) n'abakkiriza.

Era essura eno eyitibwa ekingiriza, era etaasa olwokuba egenda kukingiriza era etaase omuntu agisoma ebibonerezo byomu kabuli. Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba ngayogera ku ssura eno, ((yo yessura ekingiriza era etaasa, egenda kuwonya abantu ebibonerezo byomukabuli)) Hadith eno eri mu Tirmidhi.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Mukama Katonda nanyini buyinza bwonna, ebirungi bye bisuffu, era nga muyinza

سُورَةُ الْمُلْكِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
 تَبْرَكَ الَّذِي يَدِيَهِ الْمُلْكُ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ۝۱ الَّذِي خَلَقَ الْمَوْتَ وَالْحَيَاةَ لِيَبْلُوَكُمْ أَيُّكُمْ أَحْسَنُ عَمَلًا ۚ وَهُوَ الْعَزِيزُ الْعَفُورُ ۝۲ الَّذِي خَلَقَ سَبْعَ سَمَاوَاتٍ طِبَاقًا ۚ مَا تَرَىٰ فِي خَلْقِ الرَّحْمَنِ مِن تَفَوُّتٍ ۚ فَارْجِعِ الْبَصَرَ هَلْ تَرَىٰ مِن فُطُورٍ ۝۳ ثُمَّ ارْجِعِ الْبَصَرَ كَرَّتَيْنِ يَنقَلِبْ إِلَيْكَ الْبَصَرُ خَائِسًا ۚ وَهُوَ حَسِيرٌ ۝۴ وَلَقَدْ زَيَّنَّا السَّمَاءَ الدُّنْيَا بِمَصَابِيحَ وَجَعَلْنَاهَا رُجُومًا لِلشَّيَاطِينِ ۚ وَأَعْتَدْنَا لَهُمْ عَذَابَ السَّعِيرِ ۝۵ وَالَّذِينَ كَفَرُوا بِرَبِّهِمْ ۖ عَذَابُ جَهَنَّمَ يُنْسِ الْأَمْصِرُ ۝۶ إِذَا الْقُوفُوسُ سَمِعُوا مَا شَهِقُوا وَهِيَ تَفُورٌ ۝۷ تَكَادُ تَمَيَّرُ مِنَ الْغَيْظِ ۚ كُلَّمَا أَلْقَىٰ فِيهَا فُجُجًا سَأَلْتُم مَّخْرَجًا ۚ لَهَا أَبْوَابُ تَدْخُلُونَ بِهَا ۚ قَالَ أُولَٰئِكَ نَادُوا نَادِرًا فَكَذَّبْنَا ۚ وَقُلْنَا مَا نَزَّلَ اللَّهُ مِن شَيْءٍ إِن تَسْمَعُوا إِلَّا فِي ضَلَالٍ كَبِيرٍ ۝۸ وَقَالُوا لَوْ كُنَّا نَسْمَعُ أَوْ نَعْقِلُ مَا كُنَّا فِي أَصْحَابِ السَّعِيرِ ۝۹ فَأَعْرَفُوا بِذَنبِهِمْ فَسُحْقًا لِأَصْحَابِ السَّعِيرِ ۝۱۰ إِنَّ الَّذِينَ يَحْشُونَ رَبَّهُمْ بِالْغَيْبِ لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ كَبِيرٌ ۝۱۲

w'abuli kintu.

2 Oyo eyatonda okufa n'obulamu, olwokubageza alabe ani asinga okukola obulungi. Naye ye Nnantakubwa ku mukono omusonyi.

3 Oyo eyatonda eggulu omusanvu nga myaliro, toyinza kulaba mu kutonda kwa katonda kamogo konna w'etegerere abaffe olabamu obukyamu bwonna.

4 Era zzaayo amaaso emirundi nemirundi eriiso lijja ku kudira nga likooye era nga tolina kyofunyeeyo.

5 Mazima eggulu eriri okumpi nensi twalinyiriza nemunyeeye ezaaka, era nga bitawuliro ebigoba Sitani era Sitani ezo twazitegerera ebibonerezo byomuliro Ssair.

6 Ate bbo abaawakanya Katonda waabwe twabategerera ebibonerezo byamuliro Jahannama era eyo eriba nkomerero mbi.

7 Bwebaligusulwamu bagenda kuguwulira nga gutokota era nga gufuwa.

8 Nga gubula kuyulikamu buli lwegunasulwangamu ekibinja abakuumi bagwo banababuuzanga nti temwajjirwa muntu yenna abatiisa muliro guno?

وَأَسِرُّوا قَوْلَكُمْ أَوِ اجْهَرُوا بِهِ إِنَّهُ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ﴿١٣﴾ أَلَا
 يَعْلَمُ مَنْ خَلَقَ وَهُوَ اللَّطِيفُ الْخَبِيرُ ﴿١٤﴾ هُوَ الَّذِي جَعَلَ لَكُمْ
 الْأَرْضَ ذَلُولًا فَامْشُوا فِي مَنَاكِبِهَا وَكُلُوا مِنْ رِزْقِهِ وَإِلَيْهِ النُّشُورُ
 ﴿١٥﴾ أَمْ أَمِنْتُمْ مَنْ فِي السَّمَاءِ أَنْ يَخِفَّ بِكُمْ الْأَرْضَ فَإِذَا هِيَ
 تَمُورُ ﴿١٦﴾ أَمْ أَمِنْتُمْ مَنْ فِي السَّمَاءِ أَنْ يُرْسِلَ عَلَيْكُمْ حَاصِبًا
 فَسَتَعْمُونَ كَيْفَ نَذِيرٍ ﴿١٧﴾ وَلَقَدْ كَذَّبَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَكَيْفَ
 كَانَ نَكِيرِ ﴿١٨﴾ أَوَلَمْ يَرَوْا إِلَى الطَّيْرِ فَوْقَهُمْ صَفَيْتَ وَقَبَضْتَ مَا
 يُمْسِكُهُنَّ إِلَّا الرَّحْمَنُ إِنَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ بَصِيرٌ ﴿١٩﴾ أَمْ هَذَا الَّذِي
 هُوَ جُنْدٌ لَكُمْ يَصْرُكُ مِنْ دُونِ الرَّحْمَنِ إِنِ الْكَافِرُونَ إِلَّا فِي غُرُورٍ
 ﴿٢٠﴾ أَمْ هَذَا الَّذِي يَرْفُقُونَ إِنْ أَمْسَكَ رِزْقَهُ، بَلْ لَجُّوا فِي عُتُوٍّ
 وَنُفُورٍ ﴿٢١﴾ أَمْ يَمْشِي مَكْبَأً عَلَى وَجْهِهِ أَهْدَى أَمْ يَمْشِي سَوِيًّا
 عَلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿٢٢﴾ قُلْ هُوَ الَّذِي أَنْشَأَكُمْ وَجَعَلَ لَكُمْ السَّمْعَ
 وَالْأَبْصَرَ وَالْأَفْئِدَةَ قَلِيلًا مَا تَشْكُرُونَ ﴿٢٣﴾ قُلْ هُوَ الَّذِي ذَرَأَكُمْ
 فِي الْأَرْضِ وَإِلَيْهِ تُحْشَرُونَ ﴿٢٤﴾ وَيَقُولُونَ مَتَى هَذَا الْوَعْدُ إِنْ كُنْتُمْ
 صَادِقِينَ ﴿٢٥﴾ قُلْ إِنَّمَا الْعِلْمُ عِنْدَ اللَّهِ وَإِنَّمَا أَنَا نَذِيرٌ مُبِينٌ ﴿٢٦﴾

17 Oba musuubidde okuwona oyo ali waggulu n'atabasindikira muyaga, wabula mugenda kumanya okulabula kwange nga bwekwali okukulu.

18 Abo abaaliwo oluberyeberye lwabwe balimbisa, naye tewamanya kyennabatusaako.

19 Abaffe tebalaba ebinyonyi ebibuukira waggulu wabwe nga byanjuluza ebiwawaatiro ate nga n'oluusi biwumbako, tewali kibikumira mu bbanga okujjako Katonda omusaasizi, mazima ye alaba buli kintu.

20 Oba ani oyo asobola okubalwanirira n'abataasa atali Katonda, abawakanyi tebalina kyebaliko okujjako mawaggali.

21 Ye abaffe ani oyo ayinza okubagabirira singa Katonda abajjako okugabirirakwe. Wabula baagwa mu kateebe k'okuwalaaza empaka n'okwewaggula.

22 Ye abaffe oyo atambula abwamiridde ku kyenikye y'abeera kubulungamu oba oyo atambula nga yeegolodde ngali kukubo eggolokofu.

23 Bagambe nti Katonda y'eyabatandikawo n'abassako amatu n'amaaso n'abawa n'emitima wabula mwebaza kitono.

24 Bagambe nti Katonda yoyo eyabassa mu nsi era nga mugenda kuzuukizibwa mudde gyal.

25 Bagamba mu kubalaata nti ebyo byemutulaganyisa biribaawo ddi bwemubanga byemwogera bituufu.

26 Bagambe nti okumanya okujjuvu okukwata ku nsonga eyo kuli wa Katonda, naye nze ndi mutiisa owolwatu.

27 Bwebaliraba ebibonerezo nga bisembedde, ebyenyi byabo abakafuwala bigenda kwekaba, awo balyoke bategezebwe nti ekyo nno kyemwagambanga nti kirituukaddi.

28 Bagambe nti, mulaba mutya singa Katonda anzikiriza n'abo abali nange oba n'atusaasira anti obuyinza bwonna buli gyal, naye ani alitaasa abakafiiri ku bibonerezo ebiruma.

29 Bagambe nti yye Katonda omusaasizi gwetukkiriza era yekka gwetwesiga wabula lumu mulimanya ani ali mu bubuze obweyolefu.

30 Bagambe nti mulaba mutya singa amazzi gammwe bukya nga gakalidde ani ayinza okubawa amazzi agakulukuta amayonjo.

9 Baliddamu nti weewawo omutiisa yatujjira naye netumulimbisa era netumugamba nti Katonda tassanga bubaka bwonna, ebyo byemulimu bubuze obuyitirivu.

10 Baligamba nti singa twali tuwulira oba nga tutegeera ebyatugambwanga tetwandibadde bamu kwabo abayingira omuliro.

11 Nebeekakasaako ekyonoono kyabwe okufaafaganirwa kuli ku Bantu bo mu muliro.

12 Mazima abo abatya Katonda wabwe awamu n'okuba nga talabika, bagenda okufuna ekisonyiwo nempeera ensuffu.

13 Kyekimu mukwese ebigambo byamwe oba mubyatudde mazima yye amanyi ebiri mu bifuba.

14 Abaffe eyatonda ayinza obutamanya nga ate ye muyitirivu w'okumanya era nga mukugu nnyo!.

15 Yye yoyo eyabafuulira ensi enyangu, kale mutambule mu bitundu byayo mulye mubigabwabye era gyal gyemugenda okudda.

16 Musuubidde okuwona oyo ali waggulu ensi n'etabamira singa eba etabanguse.

SURAT AL-KALAM

YAKKIRA MAKKAH ERINA AYA (52).

ENYANJULA: Essura eno nga zinnayo ezakkira e Makkah ekkatiriza emisingi gyobukiriza.

Mukwogera kwayo ekoona kunsonga Ssatu enkulu.

1. Ensonga esooka y'eyobubaka bwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nebyo abatakkiriza byebakola nebatagoberera bubaka bwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam).

2. Ensonga ey'okubiri, essura etunyumiza ekyafayo ekyabantu abaalina ennimiro nebagamba nti tebajja kugabirako banaku.

Kyeyava ekitunyumiza olwokutulaga enkomerero embi ey'abo abateebaza Katonda byaba abagabidde.

3. Ey'okusatu essura eyogera ku lunaku lw'enkomerero n'entisa eribaawo, era nga bweyogera kwebyo Katonda byagenda okusasula abakkiriza n'abatakkiriza ku lunaku olwo.

Ekgendererwa mubyona kukakasa bwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam).

Essura ku ntandikwa yaayo Katonda alayira olwokulaga Ekitiibwa kya Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam), era nalaga nti ebyo byonna Abakafiiri byebaali bamwogerako nga okumuyita omulalu byali bijweteke, era netutegeeza nti Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) tekikoma

kukuba nti byebamutemerera sibuufu wabula muntu omujjuvu owempisa enungi ezawaggulu. Okwo essura ezzako okwogera engeri Abakafiiri gye beyisamu ku bikwatagana n'obubaka bwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam), era Katonda namuwa kyatekwa okukola kunsonga eyo.

Okwo essura ezzako okututegeeza nti: obutakkiriza bubaka bwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) kitegeeza butebaza byengera Katonda byagabira abaddube, ggwe ate bandiganye batya okukiriza obubaka bwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) owenkomerero nga ate ava mubo. Katonda kwekukuba ekifananyi n'alaga nti balinga abantu abaalina ennimiro eyali ebaze obulungi, naye nebewera nga bwebatagenda kugabirako banaku, bbo bebaayita ngalo bunani. Katonda kwekuzikiriza ennimiro bagenda okutuukayo nga muyonga.

Essura era eraga enjawulo wakati w'abakkiriza n'abatakkiriza, nenneyisa yabwe nabuli omu kubo kyalindiridde okufuna ku lunaku lwenkomerero.

Era essura eyogera ku lunaku lwenkomerero nentiisa erbaawo n'empera abatakkiriza gyebaliberamu ku lunaku olwo, batuuke

فَلَمَّا رَأَوْهُ زُلْفَةً سَيِّتَتْ وُجُوهُ الَّذِينَ كَفَرُوا وَقِيلَ هَذَا الَّذِي كُنْتُمْ بِهِ تَدْعُونَ ﴿٢٧﴾ قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَهْلَكْنِي اللَّهُ وَمَنْ مَعِيَ أَوْ رَحِمْنَا فَمَنْ يُجِيرُ الْكَافِرِينَ مِنْ عَذَابِ أَلِيمٍ ﴿٢٨﴾ قُلْ هُوَ الرَّحْمَنُ أَمَّنَّا بِهِ وَعَلَيْهِ تَوَكَّلْنَا فَسَتَعْلَمُونَ مَنْ هُوَ فِي ضَلَالٍ مُبِينٍ ﴿٢٩﴾ قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَصْحَبَ مَاؤُكُورًا فَمَنْ يَأْتِيكُمْ بِمَاءٍ مَعِينٍ ﴿٣٠﴾

سُورَةُ الْكَافِرِينَ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

رَبِّ وَالْقَلَمِ وَمَا يَسْطُرُونَ ﴿١﴾ مَا أَنْتَ بِنِعْمَةِ رَبِّكَ بِمَجْنُونٍ ﴿٢﴾

وَإِنَّ لَكَ لَأَجْرًا غَيْرَ مَمْنُونٍ ﴿٣﴾ وَإِنَّكَ لَعَلَى خُلُقٍ عَظِيمٍ ﴿٤﴾

فَسَتُبْصِرُ وَيُبْصِرُونَ ﴿٥﴾ يَا أَيَّتُكُمُ الْفَقِطُونَ ﴿٦﴾ إِنْ رَبَّكَ هُوَ

أَعْلَمُ بِمَنْ ضَلَّ عَنْ سَبِيلِهِ وَهُوَ أَعْلَمُ بِالْمُهْتَدِينَ ﴿٧﴾ فَلَا تَطَّعِ

الْمُكْذِبِينَ ﴿٨﴾ وَدُّوا لَوْ تَدُهُنَّ فَيْدِهِنَّ وَرَبِّهِنَّ ﴿٩﴾ وَلَا تَطَّعِ كُلَّ

حَلَّافٍ مَّهِينٍ ﴿١٠﴾ هَمَّازٍ مَشَّاءٍ بِنَمِيمٍ ﴿١١﴾ مَنَاعٍ لِّلْخَيْرِ مُعْتَدٍ

أَتِيمٍ ﴿١٢﴾ عَتِلٌ بَعْدَ ذَلِكَ رَنِيمٍ ﴿١٣﴾ أَنْ كَانَ ذَا مَالٍ وَبَنِينَ

﴿١٤﴾ إِذَا تَلَّى عَلَيْهِ آيَاتُنَا فَالْكَاسُطِيرُ الْأُولِينَ ﴿١٥﴾

okulagirwa okuvunnamira Katonda nga tebasobola.

Essura bweba emaliriza, Katonda alagira Nabbi Muhammad (ﷺ) okugumikiriza ku nneyisa y'abakafiiri embi. Era nemulagira obutaggwamu ssuubi ngakola omulimu ogwo, kuba okugwamu essuubi kiba kitegeeza kusuulawo mulimu, ekiyinda okumutuusa kukukangavvulwa nga okwatuuka ku Nabbi Yunus (عليه السلام) ekyenyanja bwekyamumira.

Ku lw'erinnya Iya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Nuni, yemu kunyukuta ezikola walifu empalabu. Ndayidde e kalamu nebyebagiwandiisa.

2 Mazima Gwe Muhammad ekyengera kyobwa Nabbi Katonda wo kyeyakuwa tekiyinda ku kufuula mulalu.

3 Era ddala oteekwa okufuna empeera etakutukawo.

4 Era mazima ddala Ggwe oli wampisa nungi nnyo.

5 Ojja kulaba nga nabo bwebagenda okulaba.

6 Ani kumwenna eyatukwako ekizibu kyeddalu.

7 Mazima Katondawo amanyidde ddala ani

سَنَسِمُهُ عَلَى الْخُرْطُورِ ﴿١٦﴾ إِنَّا بَلَوْنَاهُمْ كَمَا بَلَوْنَا أَصْحَابَ الْجَنَّةِ إِذْ أَقْسَمُوا
 لَيَصْرِمُنَّهَا مُصْبِحِينَ ﴿١٧﴾ وَلَا يَسْتَنْوُونَ ﴿١٨﴾ فَطَافَ عَلَيْهَا طَائِفٌ مِّن رَّبِّكَ
 وَهُمْ نَائِبُونَ ﴿١٩﴾ فَأَصْبَحَت كَالصَّرِيمِ ﴿٢٠﴾ فَنَادُوا وَاصْبِحِينَ ﴿٢١﴾ أِن
 آعَدُوا عَلَىٰ حَرْثِكُمْ إِن كُنْتُمْ صَرِمِينَ ﴿٢٢﴾ فَأَنطَلَقُوا وَهُمْ يَتَخَفَتُونَ ﴿٢٣﴾
 أَن لَّا يَدْخُلْنَهَا أَلْيَوْمَ عَلَيْكُمْ مَسْكِينٌ ﴿٢٤﴾ وَغَدَوَا عَلَىٰ حَرْدٍ قَدِيرِينَ ﴿٢٥﴾ فَلَمَّا
 رَأَوْهَا قَالُوا إِنَّا لَأَصْلُوعُونَ ﴿٢٦﴾ لَيْلٌ نَّحْنُ مَحْرُومُونَ ﴿٢٧﴾ قَالَ أَوْسَطُهُمْ أَلْرَأْفَل
 لَكُلُّوْا لَاتَسْبِحُونَا ﴿٢٨﴾ قَالُوا سُبْحَانَ رَبِّنَا إِنَّا كُنَّا ظَالِمِينَ ﴿٢٩﴾ فَأَقْبَلَ
 بَعْضُهُمْ عَلَىٰ بَعْضٍ يَتَلَمَّزُونَ ﴿٣٠﴾ قَالُوا لَوْ لَبِئْنَا إِنَّا كُنَّا ظَالِمِينَ ﴿٣١﴾ عَسَىٰ
 رَبِّنَا أَن يَبَدِّلَ لَنَا خَيْرًا مِّنْهَا إِنَّا إِلَىٰ رَبِّنَا رَاغِبُونَ ﴿٣٢﴾ كَذَلِكَ الْعَذَابُ وَالْعَذَابُ
 الْآخِرَةُ أَكْبَرُ لَوْ كَانُوا يَعْلَمُونَ ﴿٣٣﴾ إِنَّا لِلْمُؤْمِنِينَ عِنْدَ رَبِّهِمْ جَنَّاتُ النَّعِيمِ
 ﴿٣٤﴾ أَفَنَجْعَلُ الْمُسْلِمِينَ كَالْجَرِيمِ ﴿٣٥﴾ مَا لَكُمْ كَيْفَ تَحْكُمُونَ ﴿٣٦﴾ أَمْ
 لَكُمْ كِتَابٌ فِيهِ تَدْرُسُونَ ﴿٣٧﴾ إِن لَّكُمْ فِيهِ لَمَّا تَخْتَارُونَ ﴿٣٨﴾ أَمْ لَكُمْ آيَاتُنَا
 عَلَيْنَا بَلِغَةٌ إِلَىٰ يَوْمِ الْقِيَامَةِ إِن لَّكُمْ أَلْمَاءُ تَحْكُمُونَ ﴿٣٩﴾ سَاهِمٌ أَيْهِمْ
 بِذَلِكَ زَعِيمٌ ﴿٤٠﴾ أَمْ لَهُمْ شُرَكَاءُ فَلْيَأْتُوا بِشُرَكَائِهِمْ إِن كَانُوا أَصْدِيقِينَ ﴿٤١﴾
 يَوْمَ يُكْشَفُ عَن سَاقٍ وَيُدْعَوْنَ إِلَى السُّجُودِ فَلَا يَسْتَطِيعُونَ ﴿٤٢﴾

ogwa gizikiriza ekiro nga beebase.

- 30 Okugenda okukya ngankalu nga enkungule.
 21 Ku lunaku olulaganye baakeera nnyo era nga buli omu agenda atemya kumunne.
 22 Ngabagamba nti muzukuke mugende mu nimiro yammwe bwemuba ddala nga munakungula nga bwemwagambye.
 23 Baatambula nga bogera bwama.
 24 Nga bwebagamba nti tebagenda kukkiriza Masikiini yenna kuyingira mu ssamba yaabwe.
 25 Baatambula kumakya okwo nga bakakasa nti bagenda kutuukiriza kyebaali basazeewo eggulo limu.
 26 Bwebaalaga ennimiro yaabwe b'agamba nti tubuze.
 27 Sinakindi Katonda yagizikiriza olwe kigendererwa kyaffe ekibi ekyobutakkiriza kugabirako ba Masikiini.
 28 Eyali abasingako eddiini n'obuntu bulamu nabagamba nti ssabagambye nti obutawaako banaku buba bulyazamanyi bwennyini, era kati kyetuteekwa okukola kwekutendereza Katonda kuba tetunamanya yatusonyiye oba nedda.
 29 Olwo nno nabagamba nti yayawukana Katonda waffe mazima twabadde tweyisizza bubu.
 30 Awamu nekyo baatandika okuwaanyisiganya ebighambo nga abamu banenya bannabwe.
 31 Nebagamba nti mazima ffe tubadde bajeemu.
 32 Tusaba Katonda waffe emmali yaffe etokomose atuwanyisizeemu ebirungi, mazima ddala ew'a Katonda waffe yokka gyetusaba obuyambi.
 33 Bwebityo nno ebibonerezo bwebiba naye wabula ebibonerezo by'olunaku lwenkomerero byebisinga obukakali singa baba ddala nga bamanyi.
 34 Mazima abatya Katonda baategekerwa ejjuna ez'ebiyengera ewa Katonda waabwe.
 35 Gwe ate abakkiriza twalibayisizza nga abonoonyi.
 36 Mwabaaki, ensonga muzisalawo mutya!
 37 Simanyi mulinayo ekitabo mwemubisoma.
 38 Era nga mukitaba ekyo mulimu nti mwe mulyesalirawo kyemwagala kulunaku lwenkomerero.
 39 Oba mulina endagano gyetwabawa nga etuukira ddala kulunaku lwenkomerero ngebawa ebbeetu okwesalirawo nga bwemulaba.
 40 Babuuzi ani eyesowolayo abe nga akulemba endowooza eyo.

eyabula okuva ku kkubolye era nga bwamanyidde ddala abalungamu.

- 8 Kale nno togondera abo abalimbisa.
 9 Bandyagadde nti singa obagondera nabo nebakugondera.
 10 Era togeza n'ogondera buli alayiralayira ataliimu nsa.
 11 Omugeyi atambuza olugambo.
 12 Omukodo, omulumbaganyi omwononefu.
 13 Mubi nnyo ate awamu n'ekyo mwana w'abwenzi.
 14 Tomugondera olwokuba alina emmali n'abaana.
 15 Omuntu oyo kwasomerwa ebighambo byaffe agamba nti nfumo z'abantu abedda.
 16 Kulunaku lwenkomerero tugenda kussa kunyindo ye akabonero akumulamba nga tanayingizibwa muliro.
 17 Mazima ffe twagezesa abantu be Makka bwetwabaletera enjala nga bwetwagezesa abantu abaalina ennimiro yaabwe abalayira nti baali bagenda kukungula kumakya nnyo, olwo nno baleme kugabirako Bantu balala.
 18 Wabula beerabira okugamba nti Insh'allah.
 19 Katonda n'agisindikira nabbambula w'omuliro

41 Simanyi balinayo bebesigula nga babayita babeezi ba Katonda, kale nno bajjanga nabo bwebaba nga bogera mazima.

42 Ku lunaku olulibeera olwokubikkula kuntumbwe. Balikowolwa okuvunnamira Katonda naye nga tebasobola.

43 Nga amaaso gaabwe makakkamu olwobuswavu, nga bajjudde okunyomebwa songa ate baakowolwa okuvunnamira Katonda nga bakyali balamu nebatakikola.

44 Kale ndeka noyo alimbisa ebighambo bino tujja kubatwaliriza mpola mpola nga tebamanyi.

45 Era mbalindiriza, anti entegeka zange nnyevu.

46 Abaffe wali obasabye empeera nebakaluubirirwa kusasula.

47 Oba bamanyi ebyewala nga baabiwandiika nga bebyelamuza, era nga biraga nti bagenda kubeera bulungi.

48 Kale nno beera mugumikiriza ku kusalawo kwa Katondawo, tobeera nga Nabbi Yunus eyamirwa ekyenyanja atagumikiriza, eyatuuka n'okukowoola katondawe okumutaasa nga ajjudde obunyiikaavu.

49 Singa teyafuna kyengera kya katondawe ekyokukiriza okwenenyakwe ekyenyanja kyandimukasuse muni nga nkalu etariiko bulamu nga naye anenyezebwa.

50 Wabula Katonda yamulekera obwa Nabbi era namuteeka mu bantu abalongofu.

51 Abakafiiri basemberera ddala okukuzikiriza namaaso gaabwe amabi olw'ekkonda eriri ku myoyo gyabwe bwebawulira Kur'ani era nebagamba nti mazima Nabbi mulalu.

52 So nga ate Kur'ani teri okujjako kyakujjika eri ebitonde.

SURAT AL-HAAKAT

YAKKIRA MAKKAH ERINA AYA (52).

ENYANJULA: Essura eno olwokuba yakkira Makkah efaanana nessura endala ezakkira e Makkah mu kunyweza emisingi gyenzikiriza. Mu kutuukiriza kino eyogera ku bintu bingi: nga olunaku lwenkomerero n'entiisa eribaawo, era eyogera ku bakafiiri, nebyo ebyabatuukako nga ebyagwa ku bantu ba Adi, Thamudu, Lut, Firauna, n'abantu ba Nuhu n'abalala bangi abagwa muttuluba eryo. Mungeri endala eyogera nga eraga enjawulo wakati w'abakozi bobulungi nabononyi. Naye nga ekigendererwa ekikulu kulaga nti Kur'ani kitabo kya Katonda.

Era essura ekakasa nti Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam)

خَشِيعَةً أَصْرَهُمْ تَرْهَقُهُمْ ذُلٌّ وَقَدْ كَانُوا يَدْعُونَ إِلَى السُّجُودِ وَهُمْ سَلِمُونَ
43 ذُرِّي وَمَنْ يَكْذِبْ بِهَذَا الْحَدِيثِ سَنَسْتَدْرِجُهُمْ مِنْ حَيْثُ لَا يَعْلَمُونَ
44 وَأَمَلِي لَهُمْ إِنْ كِيدِي مَتِينٌ 45 أَمْ تَسْأَلُهُمْ أَجْرًا فَهُمْ مِنْ مَعْرَمٍ مُمْتَلُونَ 46 أَمْ عِنْدَهُمُ الْغَيْبُ فَهُمْ يَكْتُمُونَ 47 فَأَصْبِرْ لِحُكْمِ رَبِّكَ وَلَا تَكُنْ كَصَاحِبِ الْحُوتِ إِذْ نَادَى وَهُوَ مَكْظُومٌ 48 تَوَلَّى أَنْ تَدْرِكَهُ نِعْمَةٌ مِنْ رَبِّهِ لِنَيْدِ الْبَعْرَاءِ وَهُوَ مَدْمُومٌ 49 فَأَجْنِبْهُ رَبِّهِ فَجَعَلَهُ مِنَ الصَّالِحِينَ 50 وَإِنْ يَكَادُ الَّذِينَ كَفَرُوا لَيُزْلِقُونَكَ بِأَبْصَرِهِمْ لَمَّا سَمِعُوا الذِّكْرَ وَيَقُولُونَ إِنَّهُ لَمَنْجُونٌ 51 وَمَاهُو إِلَّا ذِكْرٌ لِلْعَالَمِينَ 52

سُورَةُ الْحَاقَّةِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
1 الْحَاقَّةُ 2 وَمَا أَدْرَاكَ مَا الْحَاقَّةُ 3 كَذَّبَتْ ثَمُودُ وَعَادٌ بِالْقَارِعَةِ 4 فَأَمَّا ثَمُودُ فَأَهْلِكُوا بِالطَّاغِيَةِ 5 وَأَمَّا عَادٌ فَأَهْلِكُوا بِرِيحٍ صَرْصَرٍ عَاتِيَةٍ 6 سَخَّرَهَا عَلَيْهِمْ سَمْعَ لَيَالٍ وَتَمَنِيَةً أَيَّامٍ حُسُومًا فَتَرَى الْقَوْمَ فِيهَا صَرْعَى كَأَنَّهُمْ أُعْجَازٌ نَخْلٍ خَاوِيَةٍ 7 فَهَلْ تَرَى لَهُمْ مِنْ بَاقِيَةٍ 8

mubaka w'a Katonda so ssi nga abatakkiriza bwe babijweteka nebamutemerera ebintu ebirala. Essura etandika nakwogera ku ntiisa eriberawo ku lunaku lwenkomerero era nga bweyogera ku bantu abatakkiriza nti walibayo okuzuukira.

Mungeri yemu etutegeeza ebibonerezo Katonda byeyatuusa ku batakkiriza nti walibayo okuzuukira nga ab'omulembe gwa Houd.

Era essura eyogera ku lunaku nentiisa ennene eribaawo Malayika Israfil bwalifuwa engombe erirangirira okukoma kwobulamu buno obwensi.

Okwo essura ezzako okututegeeza embeera abalongoofu gyebalibaako ku lunaku olwo, era nga bwetutegeeza embeera y'abajeemu ekimu ku biriraga obulongoofu bwomuntu, kwekuba nti alikwasibwa fayilo y'emirimu gye mu mukono gwe ogwa ddyo, so nga abatakkiriza bagenda kukwatira fayilo zaabwe mu mikono gyabwe egyakkono nga bazikwatira emikono gyegitawemera ntungo. Katonda bwamala okuwa ebifaananyi ebyo byonna agoberezaako okutegeeza n'okukasa

وَجَاءَ فِرْعَوْنُ وَمَنْ قَبْلَهُ وَالْمُؤْتَفِكَاتُ بِالْحَاطِطَةِ ﴿١﴾ نَعَصُوا رَسُولَ رَبِّهِمْ فَاخَذَهُمْ آخِذَةٌ رَابِيَةٌ ﴿١٠﴾ إِنَّا لَمَطَّاعَاتُ الْمَاءِ حَمَلْنَاكُمْ فِي الْجَارِيَةِ ﴿١١﴾ لِنَجْعَلَهَا لَكُمْ تَذْكِرَةً وَتَعِبْنَا أُنْوَاعَهُمْ ﴿١٢﴾ فَإِذَا نَفَخْنَا فِي الصُّورِ نَفْحَةً وَجِدَةً ﴿١٣﴾ وَجَمَلْنَا الْأَرْضَ وَالْجِبَالَ فَذَكَرْنَا ذِكْرًا وَاحِدَةً ﴿١٤﴾ فَيَوْمَئِذٍ وَقَعَتِ الْوَاقِعَةُ ﴿١٥﴾ وَانشَقَّتِ السَّمَاءُ فَهِيَ يَوْمَئِذٍ وَاهِبَةٌ ﴿١٦﴾ وَالْمَلَائِكَةُ عَلَى أَرْجَائِهَا وَيَحْمِلُ عَرْشَ رَبِّكَ فَوْقَهُمْ يَوْمَئِذٍ ثَمَنِيَةٌ ﴿١٧﴾ يَوْمَئِذٍ تُعْرَضُونَ لَا تَخْفَى مِنْكُمْ خَافِيَةٌ ﴿١٨﴾ فَأَمَّا مَنْ أُوْتِيَ كِتَابَهُ بِرِيبَةٍ ﴿١٩﴾ فَيَقُولُ هَؤُلَاءِ مِمَّا أَقْرَأُ وَكَانَ بَيْنِي وَبَيْنَ أُولَئِكَ حِجَابٌ مِثْلِي ﴿٢٠﴾ فَهُوَ فِي عِيشَةٍ رَاضِيَةٍ ﴿٢١﴾ فِي جَنَّةٍ عَالِيَةٍ قَطُوفُهَا دَانِيَةٌ ﴿٢٢﴾ كُلُوا وَاشْرَبُوا هَنِيئًا بِمَا أَسْلَفْتُمْ فِي الْأَيَّامِ الْخَالِيَةِ ﴿٢٤﴾ وَأَمَّا مَنْ أُوْتِيَ كِتَابَهُ بِشِمَالَةٍ ﴿٢٥﴾ فَيَقُولُ بَلَيْتَنِي لَأُوْتِيَ كِتَابَهُ ﴿٢٦﴾ وَلَمْ أَدْر مَا حِسَابِيَةَ ﴿٢٧﴾ بَلَيْتَهَا كَانَتِ الْقَاضِيَةَ ﴿٢٨﴾ مَا أَغْنَى عَنِّي مَالِيَةَ ﴿٢٩﴾ هَلَكَ عَنِّي سُلْطَانِيَّتِي ﴿٣٠﴾ خَذُوهُ فَعَلُوهُ ﴿٣١﴾ نَرَاهُ جَحِيمٌ صَلُوهُ ﴿٣٢﴾ ثُمَّ فِي سِلْسِلَةٍ ذَرْعُهَا سَبْعُونَ ذِرَاعًا فَاسْلُكُوهُ ﴿٣٣﴾ إِنَّهُ كَانَ لَا يُؤْمِنُ بِاللَّهِ الْعَظِيمِ ﴿٣٤﴾ وَلَا يَحْضُ عَلَى طَعَامِ الْمَسْكِينِ ﴿٣٥﴾

nti Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) Nabbi we era mubaka we. Era olwobukulu bwe nsonga eno Katonda mukukyogerako atandika nakulayira. Nga emu ku nsonga enkulu kwe kumulungula ebighambo bya bakafiri ababijweteka nti Muhammad tatumwanga wabula byayogera aliko eddogo oba byabalaguzi. Mukama Katonda atutegeeza nti singa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagezaako okuyiia oba okukyusa mu bubaka Katonda yali tayinza kumulekawo. Essura era ekomekkereza n'okulaga ekitiibwa kya Kur'ani era nti Katonda yagissa ku Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nga kyakusaasira eri abakkiriza.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Olunaku olwokwolesa amazima (olunaku lwenkomerero).
- 2 Olunaku lwokwolesa amazima kyeki.
- 3 Naye omanyi olunaku olwokwolesa amazima kyeki.
- 4 Abantu ba Thamud n'aba A'adi baalimbisa olunaku olwentiisa.

5 Abantu ba Thamud bazikirizibwa nakubwatuka okwamanyi.

6 Ate ba A'adi nebazikirizibwa nakibuyaga owamanyi ennyo eyalimu obunyogovu.

7 Gweyabamazaamu ebiro musanvu nenaku munaana awatali kuyimiramu, walaba abantu nga bagudde eri nga balinga enduli zemitende ezikutuddwako amasanso.

8 Gwe mu kulaba waliwo eyawona.

9 Farawo, n'abamukulemba, naabo abali kubyalo bya Luutu bayonoona.

10 Ekyatuusa buli bamu okujeemera omubaka katonda gweyabatumira. Katonda kweyava abakwata olukwata oluyitirivu.

11 Aba Nuhu amazzi bwegaabooga okubawonya twabasaabaliza mulyato.

12 Olwo nno tulyoke tukibafuulire mmwe ekyokwebuulirira era gakitegeere amatu agategeera.

13 Naye engombe bwerifuyibwa olufuuwa olusooka.

14 Ensi nensozi birisitulwa nebibementulwa omulundi gumu.

15 Olwo nno olunaku lwenkomerero luliba lutuuse.

16 Eggulu ligenda kweyasaamu, nga ku lunaku olwo ligenda kuba lyabirivu.

17 Nga ba Malayika bali kumabbali galyo, nga waggulu waabwe kulunaku olwo ba Malayika munaana beebalisitula Arishi y'amukama Katonda wo.

18 Ku lunaku olwo mugenda kuleetebwa mubalibwe tewali kintu kyonna kyemukola kigenda kwekweka.

19 Naye oyo alikwasibwa ekitabo kye mu mukono gwe ogwaddyo agenda kugamba nti abange mujje musome ekitabo kyange.

20 Mazima nali nkakasa nti ngenda kubalibwa.

21 Oyo nno agenda kubeera mu bulamu obwesiimisa.

22 Mu jjana ey'a waggulu.

23 Ebibala byayo nga birengejjera kumpi.

24 Kale mulye era munywe muyogeyoge olwebyo byemwakulembeza mu nnaku ezaayita.

25 Naye oyo alikwasibwa ekitabo kye mu mukono gwe ogwa kkono aligamba nti zinsanze singa siwereddwa kitabo kyange.

26 Era nessimanya kubalibwa kwange.

27 Waakiri singa bwennafa kyekyamala nessizuukira.

28 Ebyobugagga byange tebingasizza.

29 Sikyalina byakuwoza.

30 Mukiseera ekyo Katonda agenda kulagira nti mumukwate mumulijje.

31 Bwemumala mumukasuke mu muliro.

32 Bwemumala mumuyiseemu olujegera oluwanvu bwalwo obwenkana emikono nsanvu.

33 Anti yali takkiriza Katonda owekitiibwa.

34 Era nga takubiriza kuliisa banaku.

35 Nolwekyo olwalero wano talinawo muntu amulumirwa.

36 Nga bwatalina kyakulya okujjako masirasira.

37 Ebintu ebitayinza kulibwa okujjako abonoonyi.

38 Tewali kingana kulayira ebyo byemulaba.

39 Nebyo byemutalaba.

40 Mazima Kur'ani bigambo bya Katonda byeyassa ku mubaka Nabbi Muhammad owekitiibwa.

41 Ssi bigambo bya mutontomi naye Iman yammwe yentono.

42 Era sibigambo bya mulaguzi naye mufumitiriza kitono nemutasobola kubyawula.

43 Byassibwa ku ye okuva eri omulezi wabitonde.

44 Singa yetantala natwogeza ebigambo byetutaamutuma.

45 Twalimukutteko namanyi.

46 Olwonno netumukutula omusuwa gwobulamu.

47 Era tewali mumwe ayinza kutulemesa kutuukiriza ekyo kuye.

48 Mazima yyo Kur'ani kyakwebuulirira eri abatya Katonda.

49 Era mazima ddala tumanyi nti mumwe mulimu abalimbisa Kur'ani.

50 Mazima okulimbisa Kur'ani kugenda kubaera kwejjusa kunene eri abakafiiri.

51 Mazima yo Kur'ani ge mazima aga namaddala.

52 Kale nno tendereza erinnya lya mukama Katonda wo owekitiibwa.

SURAT - AL-MA'ARIJ

YAKKIRA MAKKAH, ERINA AYA (44).

ENYANJULA: Essura eno nayo yakkira Makkah, eyogera ku misingi gy'obukkiriza era nayo eyogera ku lunaku lwakiyama nentiisa eribeera ku lwo, nenkomerero n'ebiribamu ebirungi oba ebibi. Naye nga essira erisimba kukwogera ku bakafiiri be Makkah nengeri gyebaawakanyamu okuzuukira, n'okujeeja kwabwe obubaka bwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam).

Ku ntandikwa essura eyogera ku bubuze bwabantu be Makkah abaliwo ku melembe gwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) n'okuba nti tebaasobola kuwuliriza Nabbi Muhammad (

فَلَيْسَ لَهُ أَيُّومٌ هُنَا حَمِيمٌ ۝ ٣٥ وَلَا طَعَامٌ إِلَّا مِن غَسِيلِ ۝ ٣٦ لَأَيَّا كَلِمَةٍ
إِلَّا لَخَطِطُونَ ۝ ٣٧ فَلَا أَقْسِمُ بِمَا تُبْصِرُونَ ۝ ٣٨ وَمَا لَا تُبْصِرُونَ ۝ ٣٩

إِنَّهُ، لَقَوْلُ رَسُولٍ كَرِيمٍ ۝ ٤٠ وَمَا هُوَ بِقَوْلِ شَاعِرٍ قَلِيلًا مَّا نُوْمِنُونَ ۝ ٤١
وَلَا يَقُولُ كَاهِنٌ قَلِيلًا مَّا نَذْكُرُونَ ۝ ٤٢ نَزِيلٌ مِن رَّبِّ الْعَالَمِينَ ۝ ٤٣ وَلَوْ

نَقُولُ عَلَيْنَا بَعْضُ الْأَقَابِلِ ۝ ٤٤ لَأَخَذْنَا مِيثَاقَ الْيَمِينِ ۝ ٤٥ ثُمَّ لَقَطَعْنَا
مِثْمُوهَ الْوَتِينَ ۝ ٤٦ فَمَا مِنْكُمْ مِنْ أَحَدٍ عِثَّةَ حُجْرِينَ ۝ ٤٧ وَإِنَّهُ، لَنذِكْرُهُ

لِلْمُتَّقِينَ ۝ ٤٨ وَإِنَّا لَنَعْلَمُ أَنَّ مِنْكُمْ مُكَذِّبِينَ ۝ ٤٩ وَإِنَّهُ، لَحَسْرَةٌ عَلَى
الْكَافِرِينَ ۝ ٥٠ وَإِنَّهُ، لَحَقُّ الْيَقِينِ ۝ ٥١ فَسَبِّحْ بِاسْمِ رَبِّكَ الْعَظِيمِ ۝ ٥٢

سُوْرَةُ الْمَاعْرِجِ
بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

سَأَلَ سَائِلٌ بِعَذَابٍ وَاقِعٍ ۝ ١ لِلْكَافِرِينَ لَيْسَ لَهُ دَافِعٌ ۝ ٢ مِمَّنْ
أَنَّهُ ذَى الْمَعَارِجِ ۝ ٣ تَعْرُجُ الْمَلَائِكَةُ وَالرُّوحُ إِلَيْهِ فِي

يَوْمٍ كَانَ مَقْدَرُهُ خَمْسِينَ أَلْفَ سَنَةٍ ۝ ٤ فَاصْبِرْ صَبْرًا جَمِيلًا ۝ ٥
إِنَّهُمْ يَرَوْنَهُ، بَعِيدًا ۝ ٦ وَنَرُوهُ قَرِيبًا ۝ ٧ يَوْمَ تَكُونُ السَّمَاءُ كَالْهَلِّ

۝ ٨ وَتَكُونُ الْجِبَالُ كَالْعِهْنِ ۝ ٩ وَلَا يَسْتَلُّ حِمِيمٌ حَمِيمًا ۝ ١٠

Sal-lal-laahu

alaihi wa sal-lam)

byeyali abagamba nebatuuka okujeeja n'okusekerera ebibonerezo byeyabatiisa okubatuukako olwobutasiramuka bwabwe, essura etukubira ekifananyi ku nsonga eno bwetunyumiza ekyafayo kyomu ku babiwagi eyayitibwanga Anadwar bin Al-Harith, eyatuuka okugamba nti oyo Muhammad byayogera bwabuba bubaka kale agambe Katonda we atusseeko ekibonerezo nga tuli wano ku nsi tatulindiriza byagamba ebyolunaku lwenkomerero, nga nekyamutuusa kwekyo lwakuba yali atuuse wala nnyo mu kwemanya n'okuwalaaza empaka.

Okwo essura egoberezaako okututegeeza ebizibu n'okutya ebiribeera ku bonoonyi ku lunaku lwenkomerero, olunaku embeera lwegenda okutabuka ebintu byonna nebiva ku nkola yabyo eyabulijjo. Ensozi zigenda kufumuuka nga pamba. Olwo nno essura ezzaako okwogera kunneyisa y'omuntu, nga bwaba mu buzibu aba mutitiizi, nga buli kyonna ekimulagirwa akikola songa ete bwaba mu mirembe yetwala okuba nga yemalirira natuuka obutayagala kugaba kwebyo Katonda byaba amuwadde.

11 يَصْرُوهُمْ يُدُّ الْمَجْرُمَ لَوْ يَفْعَدِي مِنْ عَذَابٍ يَوْمَ يَذِيهِ بِيَدِهِ
 وَصَحْبَتِهِ وَأَخِيهِ 12 وَفَصِيلَتِهِ الَّتِي تُتَوَبُّونَ 13 وَمَنْ فِي الْأَرْضِ
 جَمِيعًا ثُمَّ يُنْجِيهِ 14 كَلَّا إِنَّمَا لَطَىٰ 15 نَزَاعَةَ لِلشَّوَىٰ 16 تَدْعُوا
 مِنْ أَدْبُرٍ مَوْتَىٰ 17 وَجَمَعَ فَأَوْعَىٰ 18 إِنَّا لَإِنسَنَ خُلُقٍ هَلُوعًا
 19 إِذَا مَسَّهُ الشَّرُّ جَزُوعًا 20 وَإِذَا مَسَّهُ الْخَيْرُ مَنُوعًا 21 إِلَّا
 الْمُصَلِّينَ 22 الَّذِينَ هُمْ عَلَىٰ صَلَاتِهِمْ دَائِمُونَ 23 وَالَّذِينَ فِي
 أَمْوَالِهِمْ حَقٌّ مَعْلُومٌ 24 لِلسَّائِلِ وَالْمَحْرُومِ 25 وَالَّذِينَ يُصَدِّقُونَ
 بَيِّمَاتِ اللَّهِ 26 وَالَّذِينَ هُمْ مِنْ عَذَابِ رَبِّهِمْ مُشْفِقُونَ 27 إِنَّا عَذَابَ
 رَبِّهِمْ غَيْرُ مَأْمُونٍ 28 وَالَّذِينَ هُمْ لِفُرُوجِهِمْ حَافِظُونَ 29 إِلَّا عَلَىٰ
 أَرْوَاحِهِمْ أَوْ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُهُمْ فَإِنَّهُمْ غَيْرُ مَلُومِينَ 30 فَمَنْ ابْتغَىٰ وَرَاءَهُ
 ذَلِكَ فَأُولَئِكَ هُمُ الْعَادُونَ 31 وَالَّذِينَ هُمْ لِأَمْتِنَتِهِمْ وَعَهْدِهِمْ رِعُونَ
 32 وَالَّذِينَ هُمْ بِشَهَادَاتِهِمْ قَائِمُونَ 33 وَالَّذِينَ هُمْ عَلَىٰ صَلَاتِهِمْ يُحَافِظُونَ
 34 أُولَئِكَ فِي جَنَّاتٍ مُكْرَمُونَ 35 فَالَّذِينَ كَفَرُوا قُلُوبُهُمْ مُهْطِعِينَ
 36 عَنِ الَّيْمِينِ وَعَنِ الشِّمَالِ عَرِيْنَ 37 أَيَطْمَعُ كُلُّ امْرِئٍ مِنْهُمْ
 أَنْ يَدْخُلَ جَنَّةَ نَعِيمٍ 38 كَلَّا إِنَّا خَلَقْنَاهُمْ مِمَّا يَعْلَمُونَ 39

Era essura etutegeeza ebitendo ebiraga abakkiriza aba namaddala era etutegeeza ebintu ebirungi Katonda byeyabategekera mu jjana, eyo nno yeribera empeera yaabwe olwebirungi byebakola.

Mu ngeri endala essura eyogera ku bakafiiri awamu nokuba nti bajeeja Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nabagoberezibe beegwanyiza okuyingira ejjana, so nga Katonda yagitegekera bakkiriza abakozi b'obulungi.

Essura emaliriza nga Katonda alayira ngakakasa nti mazima ddala okuzuukira abantu nebabalibwa era nebasasulwa buli omu okusenziira ku mirimu gye, kintu ekikakafu ekitalimu kubusubusa.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjwulo.

1 "Mu ngeri y'okunyomerera omu ku bakafiiri" yasaba oba ebibonerezo bijja bijje, so nga ate ddala byakujja.

2 Byakutuuka ku bakafiiri tewali agenda kubigaana kubatuukako.

3 Nga biva eri Katonda nnyini madaala agalina muggulu.

4 Ba Malayika nga ne Jibril mwomotwalidde mwebayita nga bolekeri eri Katonda, ekibatwalira olunaku lumu lwokka naye nga ate lwenkanankana emyaka emitwalo etaano egyokunsi.

5 Kale nno gumikiriza olugumikiriza olulungi.

6 Mazima bbo balaba ebibonerezo nga biri wala.

7 Ate nga ffe tulaba nga biri kumpi.

8 Ku lunaku eggulu lwelirikulukuta nga omuzigo omusanuuse.

9 Ate ensozi neziba nga pamba asunsuddwa.

10 Era tewali wamukwano agenda kubuuzza bikwata ku ffa nfe we.

11 Bagenda kuba nga beeraba naye nga tebayinza kuyambagana. Omwonoonyi olwokwagala okuwona ebibonerezo byolunaku olwo, aliyagala okwenunula nga awaayo abaanabe.

12 Mukyalawe ne mugandawe.

13 N'ekika kye ekimukuuma.

14 Nabantu bonna abali munsu, nga ekyo akikola awone ebibonerezo bya katonda.

15 Tekigenda kuba nga bwayagala, mazima ayolekedde muliro ogubumbujja.

16 Ogusiriiriza ddala eddiba.

17 Gugenda kukowoola buli eyakubayo amabega nakyuka okuva ku mazima.

18 Era nga yakungaanyanga emmali nagitereka "natagyamu mugabo gugitukuza".

19 Mazima omuntu yatondebwa nga wamulugube.

20 Nga bwatuukibwako akabi ayitirira okutya.

21 Ate bwaba afunye akalungi ayitirira obukodo.

22 Okujjako abo abayimirizaawo esswala.

23 Abo nga okusaala kwabwe kwalubeerera.

24 Era abo mu by'obugagga byabwe mulimu omugabo ogumanyiddwa.

25 Guweebwa abasabi n'abafuna mpola.

26 Era bebo abakakasa okubeerawo kwolunaku lwenkomerero.

27 Era abo abatya ebibonerezo bya Mukama Katonda wabwe.

28 Kubanga mazima ebibonerezo byamukama Katonda sibyakuwonwa.

29 Era abo abakuuma obwerere bwabwe.

30 Okujjako ku bakyalala babwe oba abazaana abali mu mikonu gyabwe, anti bo tebanenzezebwa kwabo.

31 Omuntu asukka ku abo, abo nno be babuusi bensalo.

32 Era abantu abalungi abogeddwakwo waggulu, bebatuukiriza obwesigwa bwabwe nendagaano zaabwe.

33 Era abo abeesimbu mu bujulizi bwabwe.

34 Era abo abasaala esswala zaabwe mu bujjuvu.

35 Abo nno balibeera mu jjana nga bawebwa ebitiibwa.

36 Lwaki abakafiiri bajja gyoli nga banguwa "so nga ate bakulimbisa".

37 Nga bali ku mukono gwo ogwa ddyo ne ku mukono ogwa kkono mu bibinja.

38 Buli omu kubo asubira okuyingira ejjana eyebyengera.

39 Nedda sibwekiri, mazima ffe twabakola nga tubajja mwebyo byebamanyi.

40 Ndayira Katonda nannyini buvanjuba n'obugwanjuba, mazima ffe tusobolera ddala.

41 Okubawanyisaamu abalungi era tetuli ffe baakulemesebwa.

42 Gwe baveeko babeere mu bukafiiri bwabwe nga bwebazannya okutuusa lwebalasisinkana olunaku lwabwe, olwo lwebalaganyisibwa.

43 Olunaku lwebalifuluma mu ntaana zaabwe nga baduma nga balinga abagenda eri ebendera ebatereddwawo.

44 Amaaso gabwe makakkamu, obuswavu nga bubabuutikidde, olwo lwe lunaku lwe balaganyisibwa.

SURAT NUUH

YAKKIRA MAKKAH, ERINA AYA (28).

ENYANJULA: Essura eno nga zinnayo endala ezakkira e Makkah eyogera ku misingi gyobukkiriza n'okuginyweza.

Ewa mu bujjuvu ekyafayo kya Saidina Nuuh (عليه السلام) okuva ku ntandikwa y'okutumwa kwe eri abantu okutuusa lwegwako nga etutegeeza okuzikirizibwa kwabo abaamujeemera.

Era mu ssura eno mulimu okututegeeza engeri Katonda gyeyakwatangamu abaamujemeranga ku mirembe egyakulembera.

Era essura etutegeeza okulafuubana, obugumikiriza, okwewaayo n'obunyiikivu Nuuh byeyayitamu ngatuusa obubaka bwa katonda eri abantu beyamutumamu, wabula gyeyakoma okubayita gyebaakoma okumujeemera.

Essura egenda mu maaso ng'etutegeeza nti Nuuh yababuuliriranga era naabajjukiza, wabula awamu n'okubulirira okwo kwonna baalemera ku bukafiiri n'obubuze, nebanyoma obubaka Nabbi Nuuh bweyabaleetera okuva eri Katonda, enkomerero yaabwe Katonda yabazikiriza namataba.

Essura eno ekomekkerezebwa na Nuuh kukulimira bantu be era nasaba Katonda abazikirize, ekintu ekyatukirira. Okutuuka kukino Nabbi Nuuh yali yaakamala emyaka

فَلَا أَقْسِمُ رَبِّيَ لِشَرِّقٍ وَالْمَغْرِبِ إِنَّا لَقَادِرُونَ ﴿٤٠﴾ عَلَيَّ أَنْ تُبَدِّلَ خَيْرًا مَعَهُمْ
وَمَا نَحْنُ بِمَسْبُوقِينَ ﴿٤١﴾ فَذَرَهُمْ يَخُوضُوا وَيَلْعَبُوا حَتَّى يَأْتُوا يَوْمَهُمُ الَّذِي
يُوعَدُونَ ﴿٤٢﴾ يَوْمَ يَخْرُجُونَ مِنَ الْأَجْدَاثِ سِرَاعًا كَأَنَّهُمْ إِلَىٰ نُصَبٍ يُوْفِقُونَ
﴿٤٣﴾ خَيْشَعَةً ابْصُرَهُمْ تَرَهْقَهُمْ ذٰلِكَ الَّذِي كَانُوا يُوعَدُونَ ﴿٤٤﴾

سُورَةُ نُوحٍ
٧١ آيَاتٍ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
إِنَّا أَرْسَلْنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوْمِهِ أَنْ أَنْذِرْ قَوْمَكَ مِنْ قَبْلِ أَنْ يَأْتِيَهُمْ
عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١﴾ قَالَ يَتَقَوَّمُوا وَإِنِّي لَكُمْ نَذِيرٌ مُبِينٌ ﴿٢﴾ أَنْ أَعْبُدُوا
اللَّهَ وَأَتَّقُوهُ وَأَطِيعُوا ﴿٣﴾ يَغْفِرْ لَكُمْ مَن ذُنُوبِكُمْ وَيُخَذِّرْكُمْ
إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى إِن أَجَلَ اللَّهِ إِذَا جَاءَ لَا يُؤَخَّرُ لَوْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ
﴿٤﴾ قَالَ رَبِّ إِنِّي دَعَوْتُ قَوْمِي لَيْلًا وَنَهَارًا ﴿٥﴾ فَلَمْ يَزِدْهُمْ دُعَائِي إِلَّا
فِرَارًا ﴿٦﴾ وَإِنِّي كُلَّمَا دَعَوْتُهُمْ لِتَغْفِرَ لَهُمْ جَعَلُوا أُصْغُرَهُمْ
فِي آذَانِهِمْ وَأَسْتَغْشَوْا ثِيَابَهُمْ وَأَصْرُوا وَاسْتَكْبَرُوا وَاسْتَكْبَرُوا
﴿٧﴾ ثُمَّ إِنِّي دَعَوْتُهُمْ جِهَارًا ﴿٨﴾ ثُمَّ إِنِّي أَعْلَنْتُ لَهُمْ وَأَسْرَرْتُ
لَهُمْ إِسْرَارًا ﴿٩﴾ فَقُلْتُ اسْتَغْفِرُوا رَبَّكُمْ إِنَّهُ كَانَ غَفَّارًا ﴿١٠﴾

"950" lwenda mu ataano nga akowoola abantu bano okudda eri Katonda, wabula byonna byeyakola tebyavaamu mugaso.

Ku lw'erinnnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Mazima ffe twatuma Nuhu eri abantu be. Nti tiisa abantubo nga ebibonerezo abiruma ennyo tebinabajjira.

2 Naabagamba nti mazima nze ndimutiisa omunyonnyozi.

3 Nti musinze Katonda era mumutye nange mungondere.

4 Olwo nno ajja kubasonyiwa ebyonoono byammwe (byemwakola nga temunnaba kukkiriza mubaka era alyoke abawonye okuzikirira n'ebibonerezo ebibamalawo olumu). Abatuuse ku ntuuko zeyabagerera. Mazima entuuko z'akatonda bweziba zituuse tezirindirizibwa singa muba mumanyi.

5 "Awamu nekyo tebakkiriza", Nuhu naagamba nti ayi Katonda wange nkowodde abantu bange ekiro n'emisana.

6 Wabula okukowoola kwange tekubongedde okujjako okunnesamba.

يُرْسِلُ السَّمَاءَ عَلَيْكُمْ مِدْرَارًا ۝۱۱ وَنُمِدُّكُمْ بِأَمْوَالٍ وَمِنَ النَّبِيِّينَ وَجَعَلْ
 لَكُمْ جَنَّاتٍ وَجَعَلْ لَكُمْ فِيهَا أَنْهَارًا ۝۱۲ مَا لَكُمْ لَا تَرْجُونَ لِلَّهِ وَقَارًا ۝۱۳
 وَقَدْ خَلَقَكُمْ أَطْوَارًا ۝۱۴ أَلَمْ تَرَوْا كَيْفَ خَلَقَ اللَّهُ سَبْعَ سَمَوَاتٍ
 طِبَاقًا ۝۱۵ وَجَعَلَ الْقَمَرَ فِيهِنَّ نُورًا وَجَعَلَ الشَّمْسَ سِرَاجًا ۝۱۶
 وَاللَّهُ أَنْبَتَكُمْ مِنَ الْأَرْضِ نَبَاتًا ۝۱۷ ثُمَّ يُعِيدُكُمْ فِيهَا وَيُخْرِجُكُمْ
 إِخْرَاجًا ۝۱۸ وَاللَّهُ جَعَلَ لَكُمْ الْأَرْضَ بِسَاطًا ۝۱۹ لَتَسْكُنُوا مِنْهَا
 سُبُلًا مَجَاجِبًا ۝۲۰ قَالَ نُوحٌ رَبِّ إِنِّهْمْ عَصَوْنِي وَاتَّبَعُوا مَن لَّمْ يَزِدْهُ
 مَالَهُ وَوَلَدَهُ إِلَّا خَسَارًا ۝۲۱ وَمَكَرُوا مَكْرًا كَبِيرًا ۝۲۲ وَقَالُوا
 لَا تَنْذِرُنَا ۝۲۳ وَاللَّهُ تَعَالَى لَا يَهْتَكِرُ وَلَا تَنْذِرُنَا وَلَا سَوَاعًا وَلَا يَغُوثَ وَيَعُوقَ
 وَنَسْرًا ۝۲۴ وَقَدْ أَضَلُّوا كَثِيرًا وَلَا تَزِدِ الظَّالِمِينَ إِلَّا ضَلَالًا ۝۲۵
 وَمَا خَطِيبَتِهِمْ أُغْرِقُوا فَأَذْنَلُوا نَارًا فَلَمْ يَجِدُوا مِنْ دُونِ
 اللَّهِ أَنْصَارًا ۝۲۶ وَقَالَ نُوحٌ رَبِّ لَا تَنْذِرْ عَلَى الْأَرْضِ مِنَ الْكَافِرِينَ
 دِيَارًا ۝۲۷ إِنَّكَ إِذْ نَذَرْتَهُمْ يُضِلُّوا عِبَادَكَ وَلَا يَلِدُوا إِلَّا أَفْجَارًا
 كَفَارًا ۝۲۸ رَبِّ اغْفِرْ لِي وَلِوَالِدَيَّ وَلِمَن دَخَلَ بَيْتِيَ
 مُؤْمِنًا وَلِلْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ وَلَا تَزِدِ الظَّالِمِينَ إِلَّا نَبَارًا ۝۲۹

7 Mazima buli lwembadde mbakowoola badde eri okusonyiwa kwo bassa ennwe zaabwe mumatu gaabwe, nebeebikka engoye zaabwe, nebakalambira era nebeekuluntaza olwekuluntaza.

8 Ate era mazima mbakowodde mulwatu.

9 Era njogedde nabo mu lujjudde nga bwenjogedde nabo kinnomu.

10 Nembagamba nti mwegayirire Katonda wammwe anti mazima yye bulijjo musonyiyi.

11 Olwonno ajja kubatonnyeseza enkuba ey'omuddiringanwa.

12 Era abawe mu bungi emmaali n'abaana abawe n'amasamba abateeremu n'emigga.

13 Naye lwaki Katonda temumuwa kitiibwa.

14 Sso nga yabatonda ngabayisa mumitendera egyenjawulo.

15 Abaffe temulaba engeri Katondab gveyakolamu eggulo omusanvu ngamyaliiri.

16 Nassaamu omwezi nga kitangaala nga bweyassamu enjuba nga eyaka.

17 Katonda yabatandika ng'abajja muttaka nemujja nga mukula nga ebimera bwebikula.

18 Oluvannyuma abazza mu ttaka nga era bwagenda okubazuukiza alibagyemu bulambalamba (nga temuyise mu mitendera nga ebimera).

19 Era Katonda yabateerawo ensi nga esoboka okuwangalirwako.

20 Mube nga musobola okutambulira muyo nga mukwata amakubo gemuba mwagadde.

21 Nuhu kwekugamba nti, ayi mukama wange mazima ddala abantu abo banjemedde nebasalawo okugoberera oyo yenna emmaali ye n'abaana be bebitayongera okugyako okufafaganirwa.

22 Nebakola olukwe sinziggu (bwebagezaako okutta Nuhu).

23 Era nebagamba nti temugeza nemuva ku ba Katonda bammwe naddala Wadda ne Suwa'a ne Yagutha ne Yauqa ne Nasira.

24 Olwekyo baabuzi abantu bangi (Nange kyenya nkusaba nti) mukama Katonda abantu abeyisa obubi tobongera okujjako kubula.

25 Olwobwonoonyi bwabwe baazikiziribwa nebayingizibwa omuliro baali tebayinza kufuna abataasa yenna.

26 Ye Nuhu kwekugamba nti, ayi Katonda wange toleka kuni mukafiiri yenna.

27 Anti singa obalekawo bajja kubuza abaddu bo era buli gwebanazaala ajja kuba mwononefu omukafiiri.

28 Ayi mukama Katonda wange nsonyiwa nebakadde bange nabuli yenna anaayingira mu nju yange kavuna anaaba nga mukkiriza, era nkusaba osonyiwe abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi, wabula bo abeeyisa obubi tobongera okujjako okuzikirira.

SURAT - AL-JINNI

YAKKIRA MAKKAH, ERINA AYA (28).

ENYANJULA: Essura eno eyogera ku misingi gyenzikiriza y'obusiramu nga nagyo: obumu bwa katonda, obubaka bwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) okuzuukira n'okusasulwa.

Nga mu kunnyonyola ebyo, essura etambulira ku kyafayo kya Majinni agaawulira Nabbi (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nga asoma Kur'ani ekyagaviirako okukkiriza.

Mukyafayo kino, essura etutegeza ebintu ebimu ebyewuunyisa ebikwata ku Majinni nga okuba nti mukusooka g'asobola nga okwebbirira negawuliriza ebyafanga mu ggulu n'okuba nga oluvannyuma lwokutumwa kwa Nabbi Muhammad gaali tegakyasobola kuwuliriza bya mu ggulu olwensonga nti buli lwegagezaako

okukikola nga gakasukirirwa ebitawuliro. Essura etandika nokutegeeza nti waliwo amajinni agaawulira Nabbi nga asoma Kur'ani negagyewunya nyo olw'ensengeka y'ebigambo nenyinyonnyola yaayo, era tegabandala negasalawo okugikkiriza mu ngeri yemu gaddayo negannyonnyola gannaago ku nsonga eyo negagakowoola nago gakkirize.

Era essura etutegeeza nti amajinni ago gagulumiza nnyo Katonda era negalaga ekifo kye ekimusaanira, era negalaga nti yekka yateekwa okusinzibwa era negavumirira nnyo oyo yenna agamba nti Katonda alina omwana. Era essura etutegeeza nti edda amajinni gaasobolanga okwebbirira negawulira ebifa mu ggulu era nga essura bwetutegeeza nti ekyo kyakoma okuva kukutumwa kwa Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam), anti olwo eggulu lyajjuzibwa ba Malayika abalikuuma, era singa wabaawo ejinni lyonna erigezaako okwebbirira ligendeyo likasukirwa ebitawuliro. Era essura etutegeeza nti amajinni galimu emiteeko ebiri, amakkiriza namakafiiri era netutegeeza nti buli Jinni ku lunaku lwenkomerero ligenda kusalulwa okusinziira ku muteko mwerigwa.

Kwebyo essura ezzako okututegeeza ebimu ku bikwata ku ngeri Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) gyeyakoolangamu abantu okujja eri obusiramu, nga namajinni gaatuuka okumwetooolola kegaawulira ng'asoma Kur'ani. Era essura etutegeeza nti Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yalagirwa okuba nti alangirira nga bweyewaayo edda eri Katonda era gwagondera, era mu ngeri yemu buli kyonna kyakola akikola ku lwa Katonda yekka kuba yye talina busobozi oba manyi okujjako nga Katonda amukwatiddeko. Essura emaliriza nga etutegeeza nti Katonda yekka yamanyi ebyekusifu era nga bwali nti ye yekka y'amanyi mu bujjuvu ebikwata ku bitonde byonna.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Bagambe ggwe Nabbi Muhammad nti nafuna obubaka nga waliwo amajinni agamu agaawuliriza nga nsoma Kur'ani negagamba nti mazima Kur'ani tugiwulidde nga yewuunyisa.

2 Ekowoola oyo agiwuliriza okudda eri obulungamu era naffe tugikkirizza, era tetugenda kuddayo kugatta ku Katonda kintu kirala.

3 Era mazima ekitiibwa kya Mukama Katonda waffe kisukkulumu, tayinza kuba

سُورَةُ الرَّحْمٰنِ

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ

قُلْ اُوْحٰی اِلٰی اِنَّهُ اَسْتَمِعُ نَفْرٌ مِّنَ الْجِنِّ فَقَالُوْا اِنَّا سَمِعْنَا قُرْءَا نًا عَجَبًا ۙ (۱) یَهْدٰی اِلٰی الرُّشْدِ فَتَا مَنَابِهٖ ۚ وَلَنْ نُشْرِكَ بِرَبِّنَا اَحَدًا ۙ (۲) وَاِنَّهٗ تَعَلٰی جَدْرًا مَّا اَتَّخَذَ صَاحِبَةً وَّلَا وِلَدًا ۙ (۳) وَاِنَّهٗ كَانَ یَقُوْلُ سَفِیْهًا عَلٰی اللّٰهِ شَطَطًا ۙ (۴) وَاَنَا ظَنَّنَا اَنْ لَّنْ نَقُوْلَ الْاِنْسُ وَاَلْجِنُّ عَلٰی اللّٰهِ كِذْبًا ۙ (۵) وَاِنَّهٗ كَانَ رِجَالٌ مِّنَ الْاِنْسِ یُؤَدُّوْنَ رِجَالِیْ مِّنَ الْجِنِّ فَرَادُوْهُمْ رَهَقًا ۙ (۶) وَاَنْتُمْ طَنُوْا كَمَا ظَنَنْتُمْ اَنْ لَّنْ یَبْعَثَ اللّٰهُ اَحَدًا ۙ (۷) وَاَنَا لَمَسَا السَّمَآءَ فَوَجَدْتُّهَا مُلْتَمِتًا حَرَسًا شَدِیْدًا وَّشُهْبًا ۙ (۸) وَاَنَا كَا نَفَعْتُ مِنْهَا مَقْعَدًا لِلْسَّمْعِ فَمَنْ یَسْتَمِعُ الْاَنَّ یَحْدِثْهُ شَهَابًا رَّصَدًا ۙ (۹) وَاَنَا لَنْدَرِّیْ اَشْرًا رِیْدَیْمَنْ فِی الْاَرْضِ اَمَّا رَادِیْمَنْ رُحْمًا رَشَدًا ۙ (۱۰) وَاَنَا مَنَا الصَّلٰحُوْنَ وِمَنَادُوْنَ ذٰلِكَ كُنَّا طَرِیْقٌ قَدَدًا ۙ (۱۱) وَاَنَا ظَنَّنَا اَنْ لَّنْ نُعْجِزَ اللّٰهَ فِی الْاَرْضِ وَلَنْ نُعْجِزَهٗ هَرَبًا ۙ (۱۲) وَاَنَا لَمَّا سَمِعْنَا الْهُدٰی اٰمَنَّا بِهٖ ۙ فَمَنْ یُّؤْمِنُ بِرَبِّهٖ فَلَا یُخَافُ بَحْسًا وَّلَا رَهَقًا ۙ (۱۳)

nti yeteerawo mukyala wadde omwana.

4 Era mazima ddala ababuyabuya mufte baayogera nga ku Katonda ebigambo ebitemerere.

5 Era mazima ddala ffe twalwoozanga nti abantu na majjini baali tebayinza kwogera ku Katonda byabulimba.

6 Waliwo abantu abamu abaasabanga obuyambi okuva eri amajinni ekyagongera okuwaganyala.

7 Era mazima ddala amajinni gaalwoozanga nga bwemwalwoozanga nti Katonda yali tagenda kutuma mubaka yenna.

8 Era mazima ffe tubadde tugezaako okugenda ku ggulu netulisanga nga lijjudde abakuumi abakambwe nebitawuliro.

9 Era mazima ffe waliwo enfo zetwatulangamu netuwuliriza ebifaayo, naye kati agezaako okuwuliriza asanga ebitawuliro nga bimuteeze.

10 Wabula tetumanyi mu kukola ekyo kwali kulumya bitonde ebiri ku nsi oba Mukama Katonda wabyo yabyagaliza bulungamu.

11 Mazima nemufte mulimu abalongoofu n'abatali era tuli ebibiina ebyenjawulo.

وَأَنَا مَنَا الْمُسْلِمُونَ وَمَنَا الْقَلَسِطُونَ فَمَنْ أَسْلَمَ فَأُولَئِكَ
 تَحَرَّوْا رَشْدًا ۝١٤ وَأَمَا الْقَلَسِطُونَ فَكَانُوا لِجَهَنَّمَ حَطَبًا ۝١٥
 وَالْوَالُوا اسْتَقَمُوا عَلَى الطَّرِيقَةِ لَأَسْقِينَهُمْ مَاءً غَدَقًا ۝١٦ لِنُقَبِّنَهُمْ
 فِيهِ وَمَنْ يُعْرِضْ عَنْ ذِكْرِ رَبِّهِ يَسْلُكْهُ عَذَابًا صَعَدًا ۝١٧ وَأَنَّ
 الْمَسْجِدَ لِلَّهِ فَلَا تَدْعُوا مَعَ اللَّهِ أَحَدًا ۝١٨ وَأَنَّهُ لَمَّا قَامَ عَبْدَ اللَّهِ
 يَدْعُوهُ كَادُوا يَكُونُونَ عَلَيْهِ لِبَدًا ۝١٩ قُلْ إِنَّمَا أَدْعُوا رَبِّي وَلَا أُشْرِكُ
 بِهِ أَحَدًا ۝٢٠ قُلْ إِنِّي لَا أَمْلِكُ لَكُمْ ضَرًّا وَلَا رَشْدًا ۝٢١ قُلْ إِنِّي
 لَنْ يُجِيرَنِي مِنَ اللَّهِ أَحَدٌ وَلَنْ أَجِدَ مِنْ دُونِهِ مُلْتَحَدًا ۝٢٢ إِلَّا الْبَلَاغَا
 مِنَ اللَّهِ وَرِسَالَاتِهِ وَمَنْ يَعْصِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ فَإِنَّ لَهُ نَارَ جَهَنَّمَ
 خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا ۝٢٣ حَتَّىٰ إِذَا رَأَوْا مَا يُوعَدُونَ فَيَسْئَلُونَ
 مَنْ أَضَعَفَ نَاصِرًا وَأَقَلَّ عَدَدًا ۝٢٤ قُلْ إِنْ أَدْرَيْتُمْ أَقْرَبُ
 مَا تُوعَدُونَ أَمْ يَجْعَلُ لَهُ رَبِّي أَمَدًا ۝٢٥ عَلِيمُ الْغَيْبِ فَلَا
 يُظْهِرُ عَلَىٰ غَيْبِهِ أَحَدًا ۝٢٦ إِلَّا مَنِ ارْتَضَىٰ مِنْ رَسُولٍ فَإِنَّهُ
 يَسْلُكُ مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِ وَمِنْ خَلْفِهِ رَصَدًا ۝٢٧ يَتْلَمَّزُ أَنْ قَدْ أَبْغَضُوا
 رِسَالَاتِ رَبِّهِمْ وَأَحَاطَ بِمَا لَدَيْهِمْ وَأَحْصَىٰ كُلَّ شَيْءٍ عَدَدًا ۝٢٨

12 Era ffe tuli bakakafu nti tetuyinza kulemesa Katonda ku nsi era nga bwetutayinza kumulemesa netuddukako.

13 Era mazima ddala bwetwawulira obulungamu twabukkiriza, nga ate oyo yenna akkirizza Mukama Katonda we tayinza kutya butasasulwa oba okunyigirizibwa.

14 Mazima ddala mufte mulimu abasiramu nga bwemulimu abaabula. Oyo yenna asiramuka, abo nno bebaba banoonya amazima mu bwengenderiza.

15 Wabula bo abaabula be bagenda okubeera enku z'omuliro Jahannama.

16 Naye singa abantu banywerera ku kkubo ettuufu twalibawadde enkuba mu bungi.

17 Tulyoke tubageseze ngeriki gyebebazaamu ebyengera, oyo yenna eyesamba ebighambo bya Katondawe agenda kumubonereza n'ebibonerezo ebikambwe.

18 Mazima ddala emizigiti gya kusinzizamu Katonda yekka, kale nno temugatta ku Katonda ekintu kyonna.

19 Era mazima ddala omuddu w'a Katonda (Nabbi Muhammad) bweyayimirira nga asaala amajinni gaasembera negamwetoolola

kumpi kumwetuumako nga gali mu bibinja.

20 Bagambe (Gwe Nabbi Muhammad) gamba abakafiiri nti mazima nze nsinza Katonda wange ate simugattako kintu kirala kyonna.

21 (Gwe Nabbi Muhammad) bagambe nti tekiri mu mikono gyange okubaggirawo obuzibu obuba bubatuuseeko nga bwekitali mu busobozi bwange okubafunira obulungamu.

22 Era bagambe nti mazima nze tewali yenna ayinza kumponya bibonerezo bya Katonda singa mba mujeemedde. Era sisobola kufuna buddukiro nga si bwa Katonda.

23 Nekiba nga ekisigadde kubatuusako bubaka obuva eri Katonda, naye abo bonna abajeemera Katonda n'omubakawe baakuyingira omuliro Jahannama, era nga b'akugubeeramu olubeerera.

24 Okutuusizza ddala bwebalibanga balabye ebyo ebyabalaganyisibwa olwo nno lwebajja okukakasa nti ani alina omutaasa omunafu neggye ettono.

25 Bagambe gwe Nabbi Muhammad nti mazima nze simanyi oba ebibonerezo byemulaganyisibwa biri kumpi oba byakujja oluvanyuma lwebbanga eggwanvu.

26 Ye yekka Katonda yamanyi ebitamanyiddwa ngate talina yenna gwabikkulira ebyamabye.

27 Okugyako oyo gwaba alonze okubeera omubaka (kale nno oyo amubikkulira ebimu ku byamabye) era amuteerawo obukuumi bwa Malayika ngabamwetolodde, Sitani obutasobola kumutuukako.

28 Nabbi alyoke amanye nti mazima ba Nabbi baatuukiriza obubaka bwa Katonda waabwe (nga naye bwabutuukiriza) era bamanye nti Katonda amanyi ebyo byonna byebakola nga era bwamanyi buli kintu kyonna.

SURAT AL-MUZZAMIL

YAKKIRA MAKKAH, ERINA AYA (20).

ENYANJULA: Essura eno eyogera ku bulamu bwa Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) mu ngeri gye yasinzangamu Katondawe, n'okuba nga emirundi mingi ekitundu ekinene mukiro yakimalanga asaala, era nga asoma Kur'ani ey'ekitiibwa.

Essura eno etandika nga Katonda akowoola Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) mungeri ejjudde ekisa, okululumirwa n'okusaasira, Katonda byeyalina ku Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) anti Nabbi yali atadde amaanyi mangi agasukiridde mu kunoonya okusiima kwa Katonda, Katonda kwekumulaga era namuyigiriza engeri gyasaanidde okukikolamu.

Okwo essura ezzaako okutegeeza Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nga n'abakiriza bateekwa okukimanya mungeri yeemu nti obuvunanyizibwa bwo bubaka bweyali amutisse tegwali mulimu mwangu, era kyeyava amuwa amagezi okuba nga agwetegekera mu ngeri eyenjawulo nga okusaala ekiro. Era essura eno Katonda alagira Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) okwekwata ku bugumikiriza, awo wonna abakafiiri webamweyisizaako mu ngeri embi, era n'amukalaatira obutayiguka ttama olwenneyisa yaabwe embi, abalekere Katonda alituusa ekiseera ekituufu n'ababonereze.

Essura egoberezaako okulungirira nti abakafiiri Katonda agenda kubatuusako ebibonerezo ku lunaku lwenkomerero, olunaku olugenda okujjula entiisa nokutya ebiyinda nokumeza omwana omuto envi.

Mu kumaliriza, essura eno, Katonda ategeeza Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) n'abagoberezibe nti newakubadde kimusanyusa okuba nga basaala ekiro, tebasanye kumala kitundu kisinga bunene ku kiro nga basaala, kubanga baba balina okwebakako olwo nno basobole okufuna amaanyi aganaakola emirimu egiyimirizaawo obulamu bwabwe mu budde bwabwe obwemisana.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Owange ggwe eyeebikikirira (olwokutya okwakutuukako bwewafuna obubaka okuva ku Malayika Jibril omulundi ogwasoka).
- 2 Golokoka osale ekiro mpozzi lekayo akaseera katono.
- 3 Oyinza okusaala ekitundu kyekiro oba okukendezaako katono.
- 4 Oba oyinza okwongerako era bwoba osoma Kur'ani giwoomese.
- 5 Mazima ffe tujja kutikka ekigambo ekizito.
- 6 Anti esswala enzuukukire y'esinga okubuulirira omuntu (olwokwerekereza otulo) era nga nebisomerwamu byebisinga okusomwa munsoma ennambulukufu.
- 7 Anti obudde obwemisana oleebukana nnyo mu bintu ebirala.
- 8 Kale nno tendereza erinnya lya Mukama Katondawo, ekiseera kyonna okimuwe.
- 9 Mukama Katonda omufuzi wo buvanjuba n'obugwanjuba tewali kirala kyonna kisaanye kusinzibwa okugyako yye, kale nno gwoba wesigamako.
- 10 Era ogumikirize kwebyo byebogera era obaveeko mu ngeri ennungi.
- 11 Naye ndekera abalimbisa, abagagga fugge, era balindirize akaseera katono.

سُورَةُ الْمُنَافِقِينَ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
 يَا أَيُّهَا الْمَرْءُ الَّذِي كَفَرَ بِاللَّيْلِ لَاقِيلًا ۚ فَاصْفِهْ ۚ أَوْ اتَّقِضْ مِنْهُ قَلِيلًا ۚ
 ۳ أَوْزِدْ عَلَيْهِ وَرَتِّلِ الْقُرْآنَ تَرْتِيلًا ۚ ۴ إِنَّا سَأَلْنَا عَلَيْكَ قَوْلًا
 قَلِيلًا ۚ ۵ إِنَّا نَشِئَةَ اللَّيْلِ هِيَ أَشَدُّ وَطْأً وَأَقْوَمُ قِيلًا ۚ ۶ إِنَّا لَكَ فِي
 ۷ أَنْتَهَارٍ سَبْحًا طَوِيلًا ۚ ۸ وَأَذْكَرَ أَسْمَ رَبِّكَ وَنَبْتَ لِيهِ تَبْتِيلًا ۚ ۹
 رَبُّ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ فَاتَّخِذْهُ وَكِيلًا ۚ ۱۰ وَأَصْبِرْ
 عَلَى مَا يَقُولُونَ وَأَهْرُجْهُمْ هَجْرًا جَمِيلًا ۚ ۱۱ وَذَرْنِي وَالْمُكَذِّبِينَ
 أُولِي النَّعْمَةِ وَمَهَظْهُمْ قَلِيلًا ۚ ۱۲ إِنَّا لَنَدِينَا دَنًّا لَا وَجْهًا ۚ ۱۳
 وَطَعَامًا ذَا عَصَصَةٍ وَعَدَّ أَبَا أَيْمَانَ ۚ ۱۴ يَوْمَ تَرْجُفُ الْأَرْضُ وَالْجِبَالُ
 وَكَانَتْ الْجِبَالُ كَيْبًا مَهِيلًا ۚ ۱۵ إِنَّا أَرْسَلْنَا إِلَيْكَ رَسُولًا شَهِدًا
 عَلَيْكَ ۚ كَمَا أَرْسَلْنَا إِلَى فِرْعَوْنَ رَسُولًا ۚ ۱۶ فَصَصَى فِرْعَوْنُ الرَّسُولَ
 فَأَخَذْنَاهُ أَخْذًا وَبِيلًا ۚ ۱۷ فَكَيْفَ تَتَّقُونَ إِنَّا كَفَرْنَا يَوْمًا لَيَجْعَلُ
 ۱۸ أَوْلَادَنَا شِيبًا ۚ ۱۹ السَّمَاءُ مُنْفِطِرَةٌ بِهِ ۚ كَانَ وَعْدُهُ مَفْعُولًا ۚ
 ۲۰ إِنَّ هَذِهِ تَذَكُّرَةٌ ۚ فَمَنْ شَاءَ اتَّخِذْ إِلَىٰ رَبِّهِ سَبِيلًا ۚ

- 12 Mazima tulina empingu n'omuliro Jahiim.
- 13 Nebyokulya ebitamirika n'ebibonerezo eburuma.
- 14 Ebiribaawo ku lunaku ensi nensozi lwebirikankana ensozi nezifuuka entuumo z'omusenyu ogufuumuka.
- 15 (Okuwona ebyo mukozese omukisa gwokuba nti) mazima ffe twabatumira omubaka nga yajja okubawaako obujulizi okufaanako nga bwetwatumira Firawo omubaka.
- 16 Wabula Firawo yajeemera omubaka, kyetwava tumukwata olukwata olwamanyi.
- 17 Kakati bwemujeema muliwona mutya olunaku olulifuula abaana abato abakadde.
- 18 Ate nga eggulu ligenda kuyulikamu olwebiribaawo kulunaku olwo, nga ate Katonda kyalagaanyisa kiteekwa okutuukirira.
- 19 (Bwekiba nga bwekityo bwekiri), mazima ddala muteekwa mutwale Kur'ani nga kyakwebuulirira. Nolwekyo ayagala okuwona atekeddwa okukwata ekkubo erimuzza eri Katonda we.
- 20 Mazima Katonda wo akimanyi nti oyimirira ekiro ng'osaala emirundi egimu

SURAT AL-MUDDATHIR

YAKKIRA MAKKAH, ERINA AYA (56).

ENYANJULA: Essura Mudathir yakkira Makkah nga ginaayo egikulembdedde. Surat Muzamil. Eyogera ebimu ku bikwata ku Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam).

Essura yatandika nakulaalika Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) okuyimukiramu yetikke obuvunanyizibwa bwo kukowoola abantu okujja eri eddini ya Allah, era mu ngeri y'emu alabule abatakkiriza era agumikirize ku binyiizo byabonoonyi.

Oluvanyuma essura ezzaako okututegeeza ekyafaayo ky'omusajja omwonoonyi ayitibwa Al-Walid Ibn Mugiira, eyawulira Kur'ani nga esomwa era naakakasiza ddala nti yo Kur'ani bigambo bya Katonda, naye olwokwagala obukulu n'ekitiibwa yagamba nti ebyo ebisomebwa ddogo abantu lyebamanyi eryabulijjo.

Essura ezzaako okwogera ku muliro Katonda gweyategeka okubonereza nagwo abakafiiri, era eyogera ku ba Malayika abagukuuma abakambwe nomuwendo gwabwe nekyagugendererwamu okubeera bwegutyu. Essura era eyogera ku kulayira kwa Katonda ng'alayira omwezi nekitangaala kyagwo, n'obudde obwokumakya bwebuba busasana, nga ekimulayiza ebitonde ebyo kukakasa nti mazima omuliro Jahannama kyekimu ku bikemo ebyamaanyi.

Oluvannyuma ezzaako okwogera ku kusoomooza abakkiriza nga bali mu jjana kwebalisoomooza abakafiiri abalibera mu muliro.

Essura emaliriza na kunnyonnyola ensonga eremesa abagatta Katonda n'ebintu ebirara okukkiriza, nga nayo kwekuwakanya olunaku lwe nkomerero. Era essura etegeza nti Kur'ani kyakwebulirira era Katonda yennyini kutiibwa n'okusonyiwa.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Owange ggwe eyebikiridde (olwokutya Malayika Jibril lweyakuleetera obubaka okuva eri Katonda).

2 Golokoka otiise abantu ebibonerezo bya Katonda.

3 Ne Mukama Katondawo yekka gwoba ogulumiza.

4 N'engoye zo zitukuze.

5 Amasanamu geewalire ddala.

6 Tokoleranga abantu obulungi ng'ogenderera kufunamu bulungi kuno ku nsi.

إِن رَّبِّكَ يَعْلَمُ أَنَّكَ تَقُومُ أَدْنَىٰ مِن ثُلُثِي اللَّيْلِ وَيَضَعُكَ وَمُتَّعُكَ وَطَائِفَةٌ مِّنَ الَّذِينَ مَعَكَ وَاللَّهُ يُقَدِّرُ اللَّيْلَ وَالنَّهَارَ عَلِمَ أَن لَّنْ نَّخْصُوهُ فَنَابَ عَلَيْكَ فَاقْرَأْهُ مَا تَيَسَّرَ مِنَ الْقُرْآنِ عَلِمَ أَن سَيَكُونُ مِنكُمْ مَّرْضَىٰ وَآخَرُونَ يَضْرِبُونَ فِي الْأَرْضِ يَبْتَغُونَ مِن فَضْلِ اللَّهِ وَآخَرُونَ يُقْتَلُونَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ فَاقْرَأْهُ مَا تَيَسَّرَ مِنْهُ وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ وَقَرِّضُوا اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا وَمَا تُقْرِضُوا لِأَنفُسِكُمْ مِنْ خَيْرٍ يَجِدُوهُ عِنْدَ اللَّهِ هُوَ خَيْرٌ وَأَعْظَمُ أَجْرًا وَأَسْتَعْفِرُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿٣٠﴾

سُورَةُ الْمُذْثَرِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

يَتَأْتِيَ الْمَذْذَرُ ١ قُرْآنًا ذَرًّا ٢ وَرَبِّكَ فَكَذِبٌ ٣ وَثِيَابَكَ فَطَغْرٌ ٤ وَالرَّجْزَ فَهَجْرٌ ٥ وَلَا تَمَنَّكَ تَسْتَكْبِرُ ٦ وَلِرَبِّكَ فَاصْبِرُ ٧ فَإِذَا يُنْفِرُ فِي النَّاقُورِ ٨ فَذَلِكَ يَوْمَئِذٍ يَوْمَ عَسِيرٍ ٩ عَلَى الْكَافِرِينَ غَيْرِ يَسِيرٍ ١٠ ذَرْنِي وَمَنْ خَلَقْتُ وَحِيدًا ١١ وَجَعَلْتُ لَهُ مَالًا مَمْدُودًا ١٢ وَبَنِينَ شُهُودًا ١٣ وَمَهَّدْتُ لَهُ تَمْهِيدًا ١٤ ثُمَّ يَطْمَعُ أَنْ أَزِيدَ ١٥ كَلَّا إِنَّهُ كَانَ لِآيَاتِنَا عَنِيدًا ١٦ سَأَرْهَقُهُ سُجُودًا ١٧

kumpi bibiri byakusatu byekiro, oluusi kimu kyakubiri nga n'olundi kimu kyakusatu era nga naabamu ku bakkiriza abali naawe bwebatyo bwebakola nga ate Katonda yaawa ebiragiro ebikola ekiro nemisana, era nga amanyi nti temuyinza kumalayo kiro kyonna nga mukola Ibaada kyeyava abawa ekisonyiwo, kale nno musome kyemuba musobodde mu Kur'ani nga musaala ekiro anti amanyi nti mu mmwe mulimu abalwadde nga n'abalala bagenda kubeera mu safari nga batambudde mu nsi olwokunoonya ebigabwa bya Katonda nga nabandi bagenda kubeera mu ntabaalo z'okuweereza mu kkubo lya Katonda n'olwekyo musome ekyo kyemuba musobodde mu Kur'ani nga musaala esswala ya tahajjudi era muyimirizeewo esswala eza faradha mutoole ne zakka mungeri y'emu muwole Katonda oluwola olulungi nga muwaayo saddaaka. Akalungi konna kemweterekeramugenda ku kasanga mumaaso ga Katonda. Okukola ekyo kirungi era kyekirimu empeera ennene era musabe Katonda ekisonyiwo mazima Katonda musonyiwi oweekisa.

7 Beeranga mugumikiriza osobole okufuna okusiima kwa Mukama Katondawo.

8 Engombe bwerifuuyibwa (kulwokuuzukira).

9 Olunaku olwo lugenda kuba lunaku luzito.

10 Terugenda kuba lwangu eri abakafiiri.

11 Owange ggwe Nabbi Muhammad ndeka nooyo gwennetondera.

12 Nemuwa ebyobugagga ebiiyitirivu.

13 Nemuwa nabaana abatutumufu.

14 Nemugaziiriza ebyenfuna obukulembeze nekitiibwa.

15 Oluvanyuma alulunkanira okumwongera okusingako awo.

16 Nedda sijja kumwongera kuba yawakanya ebigambo byaffe (Kur'ani).

17 Njakumussaako ebibonerezo ebizito.

18 Anti mazima yye (Al Walid bin Mugiira) yalwoowa era naasalawo okuvvoola Kur'ani.

19 Nakolimirwa okusenziira ku ngeri gyeyasalawo.

20 Era ddala yakolimirwa ku ngeri gyeyasalawo.

21 Oluvanyuma yakirowozaako.

22 Olwo nno neyeekaba najja emitaafu.

23 Nkyaddirira ebituufu yabivaako neyekuluntaza.

24 Olwo nno nalangirira nti ebigambo bya Muhammad temuli wabula ddogo erijjibwa ku balogo abasooka.

25 Era byayogera tebisukka ku kuba bigambo byamuntu!

26 (Katonda naagamba nti:) nja kumuyingiza omuliro Sakara.

27 Naye omanyi Sakara kyeki.

28 Gwo muliro ogutagenda kulekawo kintu wadde okukitaliza.

29 Gwokera ddala negusiriiza eddiba lyomuntu.

30 Gukuumibwa ba Malayika kumi namwenda.

31 Ate omulimu gwokukuuma omuliro tetwaguwa okujjako ba Malayika, era omuwendo gwabwe tetwaguteekawo okujjako nga kikemo eri abatakkiriza Katonda, so nga abo abaweebwa ekitabo ekyo kibongera kukakasa (ebyo byebaalina), ate bo abakkiriza (abagoberezi ba Nabbi Muhammad) kyongera kunyweza bukkiriza bwabwe, era abaweebwa ekitabo n'abakkiriza babe nga tebasigalamu kakunkuna, wabula nga (abanafunsi) abalina obulwadde mu mitima gyabwe n'abatakkiriza bagamba nti Katonda kiki kyagenderera mu kifananyi kino, bwatyo nno Katonda abuza nalunganya oyo gwaba ayagadde, ate tewali amanyi jje lya Mukama Katonda wo okujjako yye, ebyo byonna ebyogeddwa tewali kibigendererwamu okujjako okubuulirira omuntu.

32 Nedda tekiri nga abantu abamu

إِنَّهُ فَعَرَكَ وَفَدَّرَ ١٨ فَقِيلَ كَيْفَ قَدَّرَ ١٩ ثُمَّ قِيلَ كَيْفَ قَدَّرَ ٢٠ ثُمَّ نَظَرَ ٢١ ثُمَّ عَبَسَ وَبَسَرَ ٢٢ ثُمَّ أَدْبَرَ وَاسْتَكْبَرَ ٢٣ فَقَالَ إِن هَذَا إِلَّا بَشِيرٌ يُؤْتَرُ ٢٤ إِنَّ هَذَا إِلَّا قَوْلُ الْبَشَرِ ٢٥ سَأَصْلِيهِ سَقَرٌ ٢٦ وَمَا أَدْرَاكَ مَا سَقَرٌ ٢٧ لَا تُبْقِي وَلَا تَذَرُ ٢٨ لَوْحَةٌ لِلْبَشَرِ ٢٩ عَلَيْهَا تِسْعَةَ عَشَرَ ٣٠ وَمَا جَعَلْنَا أَحْسَبَ النَّارِ إِلَّا مَلَائِكَةً وَمَا جَعَلْنَا عِدَّتَهُمْ إِلَّا فِتْنَةً لِلَّذِينَ كَفَرُوا لِيَسْتَيَقِنَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ وَرَدَّادِ الَّذِينَ آمَنُوا إِيْمَانًا وَلَا يَرْتَابَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ وَالْمُؤْمِنُونَ وَيَقُولُ الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ وَالْكَافِرُونَ مَاذَا أَرَادَ اللَّهُ بِهَذَا مَثَلًا كَذَلِكَ يُضِلُّ اللَّهُ مَن يَشَاءُ وَيَهْدِي مَن يَشَاءُ وَمَا يَعْلَمُ جُودَ رَبِّكَ إِلَّا هُوَ وَمَا هِيَ إِلَّا ذِكْرٌ لِلْبَشَرِ ٣١ كَلَّا وَالْقَمَرِ ٣٢ وَاللَّيْلِ إِذَا أَدْبَرَ ٣٣ وَالصُّبْحِ إِذَا أَسْفَرَ ٣٤ إِنَّهَا إِلَّا حُدَى الْكَبِيرِ ٣٥ نَذِيرًا لِلْبَشَرِ ٣٦ لِمَن شَاءَ مَنكَرًا نَبْدُقَدِّمُ أَوْ نَبْأَخَّرُ ٣٧ كُلُّ نَفْسٍ بِمَا كَسَبَتْ رَهينَةٌ ٣٨ إِلَّا أَحْسَبَ الْيَمِينِ ٣٩ فِي جَنَّتِ نِسَاءُ لُؤُنَ ٤٠ عَنِ الْمُجْرِمِينَ ٤١ مَا سَلَكَكُمْ فِي سَقَرٍ ٤٢ قَالُوا لَوْ نَكُن مِن الْمُصَلِّينَ ٤٣ وَلَوْ نَكُن نَطْعَمُ الْمُسْكِينِ ٤٤ وَكُنَّا نَحْوُ مَعِ الْحَاطِئِينَ ٤٥ وَكُنَّا نَكْذِبُ بِيَوْمِ الدِّينِ ٤٦ حَتَّى أَتَانَا الْيَقِينُ ٤٧

bwebalowoowa, mazima ndayidde omwezi.

33 Nendayira nekiro mu kiseera wekiggwerako.

34 Nendayira namakya ngabusasaana.

35 Omuliro Sakara kyekimu kubinene.

36 Ebyandibadde bibuulirira omuntu.

37 Eri oyo aba ayagadde mu mmwe okudda eri Katonda we oba okumwesamba.

38 Buli muntu agenda kubeera musingo gwamirimugye.

39 Okujjako abo abalibeera ku mukono ogwaddyo.

40 Bagenda kubeera mu jjana nga babuuzza ebifa.

41 Ku bonoonyi.

42 Nga babagamba nti ki ekibayingizza omuliro.

43 Baligamba nti tetubangako mubasaaze.

44 Era tetwaliisanga banaku.

45 Twabeeranga nabakubi bambekuulo.

46 Era twali tulimbisa olunaku lwenkomerero.

47 Okutuusa okufa lwekwatutuukako.

48 Kale tebagenda kuganyulwa mu kuwolerezebwa kwonna.

49 Kakano kiki ekibaddusa okuva ku

فَمَا نَنْفَعُهُمْ شَفَعَةُ الشَّافِعِينَ ﴿٤٨﴾ فَمَا لَهُمْ عَنِ التَّذْكَرَةِ مُعْرِضِينَ ﴿٤٩﴾ كَانَتْهُمْ حُمْرٌ مُسْتَنْفِرَةٌ ﴿٥٠﴾ فَزَرَّتْ مِنْ قَسْوَرَةٍ ﴿٥١﴾ بَلْ يَرِيدُ كُلُّ امْرِئٍ مِنْهُمْ أَنْ يُؤْتَى صُحُفًا مُنْتَشِرَةً ﴿٥٢﴾ كَلَّا بَلْ لَا يَخَافُونَ الْآخِرَةَ ﴿٥٣﴾ كَلَّا إِنَّهُ تَذَكَّرٌ ﴿٥٤﴾ فَمَنْ شَاءَ ذَكَرْهُ ﴿٥٥﴾ وَمَا يَذْكُرُونَ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ هُوَ أَهْلُ الْقُوَى وَأَهْلُ الْغَفَرَةِ ﴿٥٦﴾

سُورَةُ الْقِيَامَةِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
لَا أُقِيمُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ ﴿١﴾ وَلَا أُقِيمُ بِالنَّفْسِ الْوَالِمَةِ ﴿٢﴾ أَيَحْسَبُ الْإِنْسَانُ أَنْ نَجْمَعُ عِظَامَهُ ﴿٣﴾ بَلَى قَدَرِينَ عَلَيْنَ سُبْحَىٰ بَنَانَهُ ﴿٤﴾ بَلْ يُرِيدُ الْإِنْسَانُ لِيَفْجُرَ أَمَامَهُ ﴿٥﴾ يَسْتَلْ أَيَّانَ يَوْمَ الْقِيَامَةِ ﴿٦﴾ فَاذْبُرْ أَبْصُرُ ﴿٧﴾ وَخَسَفَ الْقَمَرُ ﴿٨﴾ وَجُمِعَ الشَّمْسُ وَالْقَمَرُ ﴿٩﴾ يَقُولُ الْإِنْسَانُ يَوْمَئِذٍ أَيْنَ الْمَفْرُجُ ﴿١٠﴾ كَلَّا لَا وَزَرَ ﴿١١﴾ إِلَىٰ رَبِّكَ يَوْمَئِذٍ الْمُسْتَقَرُّ ﴿١٢﴾ يَبْنُو الْإِنْسَانُ يَوْمَئِذٍ بِمَا قَدَّمَ وَأَخَّرَ ﴿١٣﴾ بَلِ الْإِنْسَانُ عَلَىٰ نَفْسِهِ بَصِيرَةٌ ﴿١٤﴾ وَلَوْ أَلْقَىٰ مَعَاذِرَهُ ﴿١٥﴾ لَأَسْحَرَكَ بِهٖ لِسَانَكَ لَتَعَجَّلَ بِهٖ ﴿١٦﴾ إِنْ عَلَيْنَا جَمْعُهُ وَقُرْءَانُهُ ﴿١٧﴾ فَاذْأَقْرَأْنَهُ فَانْفِعْ قُرْءَانَهُ ﴿١٨﴾ ثُمَّ إِنْ عَلَيْنَا بَيَانُهُ ﴿١٩﴾

kubuulirira kwa (Kur'ani) kuno.
 50 Nga balinga entulege ezigobeddwa.
 51 Ezidduka empologoma.
 52 Wabula buli omu mubo ayagala awebwe ebiwandiiko ebibikuddwa.
 53 Nedda ekituufu kiri nti bbo tebakkiriza nkomerero.
 54 Mazima ddala yo Kur'ani kyakubuulirira.
 55 Oyo aba ayagadde yebulirira nayo.
 56 Wabula tebayinza kwebuulirira okujjako nga katonda ayagadde, yye ye nanyini kutiibwa era ye nanyini kusonyiwa.

SURAT AL-KIYAMAH

YAKKIRA MAKKAH, ERINA AYA (40).
ENYANJULA: Essura eno eyogera kunsonga yokuzuukira nokusasulwa ku lunaku lwenkomerero, era nga ebintu ebyo byombiriri bikola emu ku mpagi z'obukkiriza omukaaga. Mungeri eyenjawulo essura eno ekattiriza ensonga yolunaku lwenkomerero nentiisa eribawo. Era mungeri endala eyogera kumbeera omuntu gyaberamu bwaba nga asemberedde okufa. Era etutegeeza ebizibu ebigenda okutuuka ku bakafiiri ku lunaku lwenkomerero,

okusinziira kwebyo kyeyava eyitibwa Kiyamah olwokuba eyogera ku nkomerero y'obulamu bwomuntu n'olunaku lwenkomerero. Oluvanyuma lwebyo, essura eyogera ku bubonero obuliraga nti olunaku olwo lunatera okutuuka, nga okuba nga omwezi tegukyayaka, ebintu byonna bigenda kukyukakyuka ng'omuntu takyabitegeera. Oluvanyuma lwekyo abantu n'ebitonde ebirala byonna birikunganyizibwa mu bbaliro. Era essura ezzako okutulaga engeri Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) jeyassayo amanyi mukunyweza ensoma ya Kur'ani, anti Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yewalirizanga nnyo okugoberera akawonvu n'akagga mu nsoma y'a Malayika Jibril kyeyasubira nti kimuyamba okusobola okukwata Jibril byeyabanga asomye.

Katonda kwekumugamba nti Jibril bwaba nga asoma gwe osookanga n'omuwuliriza. Essura eddamu omulundi ogwokubiri okwogera ku lunaku lwenkomerero, nga etutegeeza nti abantu bagenda kuberamu ebibinja bibiri, abalongofu abaliba nebyenyi ebitemagana era abalifuna nomukisa oguliraba ku Katonda owekitiibwa. So nga ate ekibinja ekyokubiri kyekyabononyi abataliba nakatangaala konna mu byenyi byabwe, era baliba bajjudde obuswavu n'obukakkamu.

Essura bweba emaliriza eddamu nekkatiriza ensonga y'okuzuukira n'okubalibwa kwebitonde, wabula wano yeeyongedde okukitangaaza nga ekozesa obujulizi obwamagezi n'obulabwako.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Tewali kingaana kulayira lunaku lwakuzuukira.
- 2 Era nga bwewatali kingaana kulayira omwoyo ogwejjusa.
- 3 Abaffe omuntu alowooza nti tetugenda kusobola kuzzaawo magumbage.
- 4 Nedda tukisobolera ddala nga bwetulisobola okuzzaawo ennwe zaabwe.
- 5 Wabula omuntu emirundi egisinga ayagala nnyo okuwangaalira mu kwonoona.
- 6 Ngabuza (mu ngeri ey'okujerega n'okuwakanya) nti olunaku lwokuzuukira lulibaawo ddi.
- 7 Ddala lugenga kubaawo nga n'amaaso gabantu galiralambala olwokutya.
- 8 Ekitangala kyomwezi kigenda kuggawo.
- 9 Enjuba n'omwezi birigattibwa (nga tewakyasobola kubaawo kiro namisana).
- 10 Ku lunaku olwo omuntu agenda kwebuuza nti nzirikirewa!.

11 Kyekyo ddala, tewagenda kubaawo muntu weyekweka.

12 Obuddo ku lunaku olwo bujja kuba eri Mukama Katondawo.

13 Ku lunaku olwo omuntu agenda kutegeezebwa ebyo byonna byeyakola nebyataakola.

14 Wabula ate ddala omuntu ye yennyini amanyi byeyakola nebyataakola newakubadde nga aligezaako okwogera kino nakiri ngayeetonda.

15 Newakubadde nga aligezaako okwogera kino nakiri ngayetonda.

16 Bwoba osoma Kur'ani toyanguyiriza nga olwoowa nti kyekinakuyamba okuginyweeza.

17 Anti okugikunganya kuli kuffe nga era bwekiri kuffe okunywereza ku lulimi lwo ensoma ennungi.

18 Kale nno bwetumala okugikusomera (nga tugiyisa ku Jibril) goberera ensoma yaayo.

19 Era mazima okuginnyonyola kuli kuffe.

20 (Ebyo ebyogeddwa waggulu bimala omuntu okwebuulirira nabyo) wabula ebyembi mmwe mwagala ebyokufuna byensi ebyamangu.

21 Nemuleka ebyolunaku lwenkomerero.

22 Ebyenyi bya bantu abamu ku lunaku olwo bigenda kuba nga bitemagana.

23 Bigenda kutunula ku Mukama Katonda waabyo.

24 Ate nga ebyenyi byabantu abalala bigenda kuba binyikaavu.

25 Nga bimanyidde ddala nti bigenda kutuukibwako akabi akanene akamenya nenkizi.

26 Naye omwoyo bwegutuuka mu ddokooli.

27 Abantu webagambira nti ani alina eddagala eriyinza okumuwonya.

28 Wabula yye ngamaze okukakasa nti agenda kufa.

29 Entumbwe ze nezeegatta.

30 Olwo nno obuddo buba busigadde eri Katonda wo.

31 Naye nga omufu teyasaddaaka wadde okusaala.

32 Wabula yalimbisa ebigambo bya Katonda nabyesamba.

33 Olwo nno naatambula nadda eri abantu be nga yeeraga.

34 Aligambibwa nti ekyo ekikutuuseeko kikugwanidde (owange ggwe omwonoonyi).

35 Era kikugwanidde emirundi egisukka mu gumu.

36 Omuntu alwoowa nti ayinza okulekwa neveeyisa nga bwayagala.

37 Tajjukira nti yasooka kuba tondo lyamazzi agazaala agatekebwa mu nabaana.

38 Oluvanyuma naafuuka ekisayisayi, olwo katonda naamutonda namussaako byonna

كَلَّا لَئِنْ لَمْ يَنْجِبْهُ الرَّاحِلَةُ ۚ وَتَذَرُونَ الْآخِرَةَ ۚ وَجُوهٌ يَوْمَئِذٍ نَّاصِرَةٌ ۚ

إِلَىٰ رَبِّهَا نَاظِرَةٌ ۚ وَجُوهٌ يَوْمَئِذٍ بِآسِرَةٍ ۚ تَطَّرْنَ أَنْ يَصْعَقَهُنَّ فَاقْرَأْهُ ۚ

كَلَّا إِذَا بَلَغَتِ الرَّاقِيَةَ ۚ وَقِيلَ مِنْ رَأْيِ ۚ وَظَنَّ أَنَّهُ الْفِرَاقُ ۚ وَالنَّفْعَتِ

السَّاقِ بِالسَّاقِ ۚ إِلَىٰ رَبِّكَ يَوْمَئِذٍ الْمَسَاقُ ۚ فَلَا صَدَقَ وَلَا صَلَّىٰ

ۚ وَلَكِنْ كَذَّبَ وَتَوَلَّىٰ ۚ ثُمَّ ذَهَبَ إِلَىٰ أَهْلِهِ يَمْتَطِعُ ۚ أُولَٰئِكَ

فَأُولَٰئِكَ ۚ ثُمَّ أُولَٰئِكَ فَأُولَٰئِكَ ۚ أَيْحَسِبُ الْإِنْسَانُ أَنْ يَتْرَكَ سُدَىٰ ۚ

أَلَمْ يَكُنْ نُطْفَةً مِنْ مَنِيٍّ مَعْنَىٰ ۚ ثُمَّ كَانَ عَلَقَةً فَخَلَقَ فَسَوَّىٰ ۚ جَعَلَ مِنْهُ

الرَّجُلَ وَالذَّكَرَ وَالْأُنثَىٰ ۚ أَلَيْسَ ذَلِكَ بِقَدِرٍ عَلَيَّ أَنْ يَخْتِجِيَ الْمَوْتَىٰ ۚ

سُورَةُ الْإِنشَانِ ۚ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ۚ

هَلْ أَتَىٰ عَلَى الْإِنسَانِ حِينٌ مِنَ الدَّهْرِ لَمْ يَكُنْ شَيْئًا مَذْكُورًا ۚ

إِنَّا خَلَقْنَا الْإِنسَانَ مِنْ نُطْفَةٍ أَمْشَاجٍ نَبْتَلِيهِ فَجَعَلْنَاهُ سَمِيعًا

بَصِيرًا ۚ إِنَّا هَدَيْنَاهُ السَّبِيلَ إِمَّا شَاكِرًا وَإِمَّا كَفُورًا ۚ

إِنَّا أَعْتَدْنَا لِلْكَافِرِينَ سَلَاسِلًا وَأَغْلَالًا وَسَعِيرًا ۚ إِنَّ

الْأَبْرَارَ يَشْرَبُونَ مِنْ كَأْسٍ كَانَ مِزَاجُهَا كَافُورًا ۚ

ebimufuula omuntu.

39 Nga bwatyo bwakola emitendera ebiri, omusajja n'omukazi.

40 Oyo eyakola omuntu mu ngeri eyo tasobola kulamusa bafu!.

SURAT AL-INSAN

YAKKIRA MADINA, ERINA AYA (31).

ENYANJULA: Essura eno eyogera ku nsonga ezikwata ku lunaku lwenkomerero. Mu ngeri eyenjawulo, eyogera ku byengera abaddu b'a Katonda abalongoofu byebalifuna nga bayingidde ejjana, wabula munjogera ne munsengeka y'ebigambo eringa eyakkira e Makkah.

Essura etandika nakulaga obuyinza bwa katonda mu ngeri gyeyatondamu omuntu nga amuyisa mu mitendera egyenjawulo, n'engeri gyeyamuteekatekamu okuba nga yetikka obuvunanyizibwa obwamuwebwa nga nabwo kwekusinza Katonda. Yensonga lwaki yamuwa okulaba nokwogera bimuyambeko okukkiriza obuvunanyizibwa obwo.

Mu ngeri eyenjawulo essura eyogera ebimu ku bintu ebifuula omuntu okuba omulongofu

عَيْنًا يَشْرَبُ بِهَا عِبَادُ اللَّهِ يُفَجِّرُونَهَا تَفْجِيرًا ﴿٦﴾ وَيُفُونَ بِالذِّرِّ وَيَخَافُونَ
يَوْمًا كَانَتْ شَرُّهُ مُسْتَطِيرًا ﴿٧﴾ وَيَطْعَمُونَ الْأَطْعَامَ عَلَىٰ حَيْبِهِ وَسَكِينًا
وَيَسِيمًا وَأَسِيرًا ﴿٨﴾ إِنَّمَا نَطْعَمُكُمْ لِيُوجِبَ اللَّهُ لِآلِئِمَّا نَفِيدًا كَجَزَاءٍ وَلَا شُكُورًا
﴿٩﴾ إِنَّا نَخَافُ مِنْ رَبِّنَا يَوْمًا عَبُوسًا قَطَطِيرًا ﴿١٠﴾ فَوَقَّعَهُمُ اللَّهُ شَرَّ ذِكِّ
الْيَوْمِ وَلَقَّهْمُ نَصْرَةً وَسُرُورًا ﴿١١﴾ وَخَرَّجْنَهُمْ بِمَا صَبَرُوا جَنَّةَ وَحَرِيرًا
﴿١٢﴾ مُتَّكِئِينَ فِيهَا عَلَى الْأَرَائِكِ لَا يَرُونَ فِيهَا شَمْسًا وَلَا زَمْهَرِيرًا ﴿١٣﴾
وَدَائِبَةً عَلَيْهِمْ ظِلَالُهَا وَذُلَّتْ أَقْطُوفُهَا نَذْلِيلًا ﴿١٤﴾ وَيُطَافُ عَلَيْهِمْ بِبَارِيَةٍ
مِّنْ فِضَّةٍ وَأَلْوَابٍ كَانَتْ قَوَارِيرًا ﴿١٥﴾ قَوَارِيرًا مِّنْ فِضَّةٍ قَدَّرُهَا وَقَدَّرَ
وَيُسْقَوْنَ فِيهَا كَأْسًا كَانَ مِزَاجُهَا زَنْجَبِيلًا ﴿١٧﴾ عَيْنَا فِيهَا تُسَمَّى سَلْسَبِيلًا
﴿١٨﴾ وَيَطُوفُ عَلَيْهِمْ وِلْدَانٌ مُّخَلَّدُونَ إِذَا دَارَئْتَهُمْ حَسِبْتَهُمْ لُؤْلُؤًا مَّنثورًا
﴿١٩﴾ وَإِذَا دَارَئْتَهُمْ تَمَّ رَأَيْتَ نَعِيمًا وَمَلَكًا كَبِيرًا ﴿٢٠﴾ عَلَيْهِمْ ثِيَابٌ مِّنْ سُندُسٍ
خُضْرٍ وَإِسْتَبْرَقٍ وَحُلُوعًا وَأَسَاوِرَ مِّنْ فِضَّةٍ وَسَقَمَهُمْ رُبُّهُمْ شَرَابًا
طَهُورًا ﴿٢١﴾ إِنَّ هَذَا كَانَ لَكُمْ جَزَاءً وَكَانَ سَعْيَكُمْ مَشْكُورًا ﴿٢٢﴾ إِنَّا
نَحْنُ نَزَّلْنَا عَلَيْكَ الْقُرْآنَ تَنْزِيلًا ﴿٢٣﴾ فَاصْبِرْ لِحُكْمِ رَبِّكَ وَلَا تَطِعْ
مَنْهُمْ ؕ إِنَّمَا أَوْفُرُوا ﴿٢٤﴾ وَأَذْكُرْ اسْمَ رَبِّكَ بُكْرَةً وَأَصِيلًا ﴿٢٥﴾

nga okuliisa abanaku nga n'ekigendererwa kusiimibwa Katonda. Okwo gattako okutya ebibonerezo bya Katonda, nga ekyo y'eriba ensonga Katonda okuwonya abantu obuzibu bwolunaku olwo, oluliba olukalubo ennyo. Era nga agenda ku basasula bulungi bwerere nga ekikulu kubayingiza mu jjana. Eyo nno "mujjana" jebalisanga ebyengera ebitalabikangako nga mwemuli ebyokulya, ebyokunywa, amajowoowo nabawereza abalibeeranga ku mulimu ogo ekiseera kyonna. Essura eggwako nga etegeeza nti omulimu gwa Kur'ani omukulu kubuulirira nakujjukiza. Abantu babe nga badda ku nkola ennungi Katonda gyayagala. Wabula nga okukifuna, omuntu ateeddwa okuba nga akozesa bulungi ebiyungo Katonda byeyamuwa, era n'aba nga alina emmeme efumba ekigambo.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Omuntu tajuukira nti waayitawo ekiseera kinene nga tayogerwako (nga tannatondebwa).
2 Mazima ffe twatonda omuntu nga ava mu kwetabula kwamazzi (ag'omusajja n'omukazi) naye nga waakugezesebwa mu bulamu bwe.

Kyetwava tumuwa okuwulira n'okulaba.

3 Mazima ddala twamulaga ekkubo, kiri gyali yeebaza naasinza Katonda omu oba ajeema n'awakanya.

4 Mazima ddala abakafiiri twabategekera enjegere n'amakoligo n'omuliro ogutuntumuka.

5 Mazima abakozi bobulungi bagenda kunywa ekyokunywa nga kitabuddwa mu kafuura.

6 Olwo nno luliba luzzi abaddu b'a Katonda abeeyisa obulungi kwebagendanga okunywa, lugenda kukulukuta nga buli muntu lumutuukako waali.

7 (Bagenda kutuuka kwebyo kubanga) kuno kungi baatuukiriza nnaziri zaabwe, era nga batya olunaku olwo obuzibu bwalwo obugenda okubuutikira ensi neggulu.

8 Era bagabira abanaku ne bamulekwa nabasibe emmere awamu n'okuba nti bo bennyini bagyetaaga.

9 Nga bagamba nti mazima tubaliisa lwa Katonda tetubaagalumu mpeera wadde okwebaza.

10 Ekitukozeza bino lwakuba nti tutya engeri gyetulisisinkanamu Katonda waffe ku lunaku ebyenyi bya bantu lwebirijjula emitaafu nga byekabye.

11 N'olwekyo nno Katonda wakubawonya obuzibu bw'olunaku olwo era abawe okutangalijja kwebyenyi awamu nessanyu.

12 Era wakubasasula olwobugumikiriza, nga abayingiza ejjana omuli ebyambalo bya Siliki (awamu nokuba nti kungi abasajja baaziizibwa okumwambala).

13 Balituula mu ntebe ez'omuwendu nga besigamyee, tebagenda kutukwako kwokya kwanjuba wadde obutiti.

14 Era nga mulimu emiti egiribakolera ebisiikirize, era nga nebibala byamu bigenda kuba byangu byakunoga.

15 Baligabulirwa ku sowane eza feeza era bakunywera ku girasi ezitemagana.

16 Ziritemegana anti ziriba zaakolebwa mu feeza, ziriba zimala bumazi okubeeramu ekyokunywa ekimalawo obwetaavu bwoyu anywa.

17 Era bagenda kuweebwa eby'okunywa ebiri mu girasi nga bitabulwamu entangawuzi.

18 Eyo nno egenda kuba nsulo mujjana eyitibwa "Salsabiila".

19 Bagenda kuweerezebanga abaweereza abolubeerera, nga bwobatunulako bwoti olaba lu'ulu asanyiziddwa.

20 Buli wonotunulanga mu jjana ng'olaba ebyengera ebisuffu n'obwanannyini obutaliiko kkomo.

21 Baliba bambadde engoye eza Siliki

omuweweewu owakiragala ne Siliki omuzito, era bagenda kuba bawundiddwa ne bikomo ebya feeza, era Mukama Katonda waabwe agenda kubawa ebyokunywa ebitukuvu.

22 (Baligambwa nti) Mazima ebyo byonna yempeera yammwe, mazima okutegana kwammwe kusiimiddwa.

23 Mazima ffe twakussaako Kur'ani gwe Nabbi Muhammad olussa.

24 Kale nno beera mugumikiriza ku kugera kwa Katondawo, togezaako okugondera omwonoonyi oba omuwakanyi yenna.

25 Era yogeranga kulinyya lya Mukama Katondawo enkyana neggulo.

26 Ne mukiro muvunamire ng'osaala era omutendereze mu ttumbi ebbanga ggwanvu.

27 Mazima abatakkiriza basinga kwagala birungi byansi ebyamangu, nebasuulayo gwanaggamba ku bikwata ku lunaku lw'enkomerero oluzito.

28 Ffe twabatonda netugumya ebiyungo byabwe, naye nga bwetuba twagadde (tuyinza okubazikiriza) netuleeta abantu abalala.

29 Mazima obubaka bwa Kur'ani buno kya kwebulirira era nga kyakujjukiza, n'olwekyo aba ayagadde asanye y'eteerewo ekkubo erimutuusa eri Katondawe.

30 Naye ate temusobola kwagala okujjako nga Katonda ayagadde, mazima Katonda lubeerera amanyi, assa buli kintu mussa lyako.

31 Ayingiza oyo gwaba ayagadde mu kusaasirakwe, ate bbo abalyazamanyi yabategekera ebibonerezo ebiruma.

SURAT AL-MURU-SALAAT

YAKKIRA MAKKAH, ERINA AYA (50).

ENYANJULA: Essura eno efanagana ne Ssura endala zonna ezakkira e Makkah mukwogera kunsonga zobukkiriza, era nga bwetangaza kumbeera z'olunaku lwenkomerero, era nga bwereta obubonero obulaga obuyinza bwa Katonda nobumu bwe. Essura etandika nga Katonda alayira ba Malayika abakola emirimu egyenjawulo abaweewu obuvunanyizibwa obwokulabirira embera y'ensi, nga n'ekimulayiza kwe kukakasa nti olunaku lwenkomerero lwamazima era lwakubawo era nti mazima ebibonerezo byolunaku olwo nokuzikirira byakutuuka ku bakafiiri.

Oluvanyuma essura eyogera ku kiseera ebibonerezo Katonda byeyalaganyisa abononyi lwebiribatuukako.

Era essura eyogera ku bubonero obwenkukunala obulaga obuyinza bwa

وَمِنَ اللَّيْلِ فَاسْجُدْ لَهُ وَسَبِّحْهُ لَيْلًا طَوِيلًا ﴿٢٦﴾ إِنَّ
هَؤُلَاءِ لَمُجِبُونَ الْعَاجِلَةَ وَيَذُرُونَ وَرَاءَهُمْ يَوْمًا نَقِيلًا ﴿٢٧﴾ نَحْنُ
خَلَقْنَاهُمْ وَشَدَدْنَا أَسْرَهُمْ وَإِذَا شِئْنَا بَدَلْنَا أَمْثَلَهُمْ تَبْدِيلًا
﴿٢٨﴾ إِنَّ هَذِهِ تَذْكَرَةٌ فَمَنْ شَاءَ اتَّخَذْ إِلَىٰ رَبِّهِ سَبِيلًا ﴿٢٩﴾
وَمَا نَشَاءُ وَنُؤَلِّقُهَا أَن نَّشَاءَ اللَّهُ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿٣٠﴾
يَدْخُلُ مَنْ نِشَاءُ فِي رَحْمَتِهِ وَالظَّالِمِينَ أَعَدَّ لَهُمْ عَذَابًا أَلِيمًا ﴿٣١﴾

سُورَةُ الْمُرْسَلَاتِ
بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
أَبُو بَكْرٍ
٧٧

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
وَالْمُرْسَلَاتِ عُرْفًا ﴿١﴾ فَأَلْصَقْتَ عَصْفًا ﴿٢﴾ وَالنَّشْرِ بَشْرًا ﴿٣﴾
فَأَلْزَقْتِ فَرْقًا ﴿٤﴾ فَأَلْمَلَقَيْتِ ذِكْرًا ﴿٥﴾ عُدْرًا أَوْ نَدْرًا ﴿٦﴾ إِنَّمَا
تُوعَدُونَ لَوْعًا ﴿٧﴾ فَإِذَا النُّجُومُ طُمِسَتْ ﴿٨﴾ وَإِذَا السَّمَاءُ فُرِجَتْ
﴿٩﴾ وَإِذَا الْجِبَالُ سُفِفَتْ ﴿١٠﴾ وَإِذَا الرُّسُلُ أُقِنَتْ ﴿١١﴾ لِأَيِّ يَوْمٍ أُحِلَّتِ
﴿١٢﴾ لِيَوْمِ الْفَصْلِ ﴿١٣﴾ وَمَا أَدْرَاكَ مَا يَوْمُ الْفَصْلِ ﴿١٤﴾ وَيَلَّ يَوْمَئِذٍ
لِّلْمُكَذِّبِينَ ﴿١٥﴾ أَلَمْ تَهْلِكِ الْأَوَّلِينَ ﴿١٦﴾ ثُمَّ نَبَعَهُمُ الْآخِرِينَ
﴿١٧﴾ كَذَلِكَ نَفْعَلُ بِالْمُجْرِمِينَ ﴿١٨﴾ وَيَلَّ يَوْمَئِذٍ لِّلْمُكَذِّبِينَ ﴿١٩﴾

Katonda obwamanyi mukuzuukiza omuntu oluvanyuma lwokufa.

Era essura eno oluvanyuma lwokwogera kumbeera embi erituuka ku bajeemu ku lunaku lwenkomerero, ate assura eyogera ku bakkiriza abatya Katonda nga eraga Katonda byeyabategekera mungeri yokubassamu ekitiibwa nokubawa enkizo.

Essura esembyayo okwogera ensonga ezigaana abakafiiri okusinza Katonda omu, nayo kw'ekwefuula kiwagi n'okubbinkira mubwonoonyi.

Ku lw'erinyanya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Ndayidde empewo ekunta mu ngeri y'okugoberegana.

2 Era ndayidde kibuyaga akunta mu ngeri ey'amaanyi eyakabi.

3 Era ndayidde Malayika ezitambuza ebire olutambuza (olwokutonyesa enkuba).

4 Era ndayidde Malayika ezikka okuva ewa katonda nga zireeta ebyawula wakati w'amazima n'obulimba.

5 Era ndayidde Malayika ezireeta ebitabo

أَلَمْ تَخْلُقْهُمْ مِنْ مَاءٍ مَهِينٍ ﴿٢٠﴾ فَجَعَلْنَاهُ فِي قَرَارٍ مَكِينٍ ﴿٢١﴾ إِلَى قَدَرٍ
 مَعْلُومٍ ﴿٢٢﴾ فَقَدَرْنَا فَنِعْمَ الْقَادِرُونَ ﴿٢٣﴾ وَيَلِّ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٢٤﴾
 أَلَمْ تَجْعَلِ الْأَرْضَ كِهَاتَا ﴿٢٥﴾ أَحْيَاءً وَأَمْوَاتًا ﴿٢٦﴾ وَجَعَلْنَا فِيهَا رُوسِي
 شِمَخَاتٍ وَأَسْقَيْنَاكُمْ مَاءً فَرَاتًا ﴿٢٧﴾ وَيَلِّ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٢٨﴾
 أَنْطَلِقُوا إِلَى مَا كُنْتُمْ بِهِ تَكْذِبُونَ ﴿٢٩﴾ أَنْطَلِقُوا إِلَى ظِلِّ ذِي ثُلَاثِ
 شُعَبٍ ﴿٣٠﴾ لَا ظَلِيلٍ وَلَا يُغْنِي مِنَ اللَّهِيبِ ﴿٣١﴾ إِنِّي أَنَا تَرَى بِشِكْرِ
 كَالْقَصْرِ ﴿٣٢﴾ كَأَنَّهُ بَحْمَلَتِ صُفْرًا ﴿٣٣﴾ وَيَلِّ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٣٤﴾
 هَذَا يَوْمٌ لَا يَنْطِقُونَ ﴿٣٥﴾ وَلَا يُؤَدُّ لَهُمْ فِعْلَهُدُونَ ﴿٣٦﴾ وَيَلِّ يَوْمَئِذٍ
 لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٣٧﴾ هَذَا يَوْمُ الْفَصْلِ جَمَعْنَاكُمْ وَالْأُولَىٰ ﴿٣٨﴾ فَإِنْ كَانَ
 لَكُمْ كَيْدٌ فَكِيدُوا ﴿٣٩﴾ وَيَلِّ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٤٠﴾ إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي
 ظِلِّلٍ وَعُيُونٍ ﴿٤١﴾ وَفُورِكَةٍ مِمَّا يَشْتَبُونَ ﴿٤٢﴾ كَلُوا وَأَشْرَبُوا هَيْسًا
 بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٤٣﴾ إِنَّا كَذَلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ﴿٤٤﴾ وَيَلِّ يَوْمَئِذٍ
 لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٤٥﴾ كَلُوا وَتَمَنَعُوا فَلَيْلًا إِنَّكُمْ جَحْرَمُونَ ﴿٤٦﴾ وَيَلِّ يَوْمَئِذٍ
 لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٤٧﴾ وَإِذَا قِيلَ لَهُمْ آزَكُوا لَا يَرْكَبُونَ ﴿٤٨﴾ وَيَلِّ
 يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٤٩﴾ فَيَأْتِي حَدِيثٌ بَعْدَهُ يُؤْمِنُونَ ﴿٥٠﴾

n'obubaka eri ba Nabbi ba Katonda nga byakujjukiza.

6 Mungeri yokuba nti bijjawa ebyokwekwaasa oba nga byakutiisa.

7 Mazima byemulaganyisibwa ebikwata ku lunaku lw'enkomerero n'okusasulwa byakubaawo.

8 Emunyeenye lweziriggibwawo (newataba kitangaala kyaazo).

9 Era eggulu bweririwumulwa (nerirabika nga emiryango).

10 Era ensozi bwezirimerengulwa.

11 Era ababaka b'a Katonda bwebaliweebwa akade k'okuwa obujulizi kwabo bebaatumwamu.

12 (Ebintu ebyo ebyentiisa) biribaawo ddi!.

13 Bigenda kubaawo ku lunaku olwokusalawo n'okulamula wakati w'ebitonde.

14 Abaffe omanyi olunaku lw'okusalawo kyekki!.

15 Ku lunaku olwo okubonaabona kugenda kubeera kwabo abalulimbisa.

16 Abaffe tetwazikiriza ababasokawo.

17 Netubagoberezaako abalala.

18 Bwetutyo nno bwetukola mu kubonereza abonoonyi.

19 Ku lunaku olwo okubonaabona kugenda

kubeera kwabo abalulimbisa.

20 Abaffe tetwabakola nga tubajja mu mazzi aganyomebwa.

21 Netugateeka mukifo ekigakuuma.

22 Okutuusa ebbanga eggere erimanyiddwa.

23 Bwetutyo nno bwetwateekateeka okutondebwa kwabwe tuli bateesiteesi abasinga obulungi.

24 Ku lunaku olwo okubonaabona kugenda kubeera kwabo abalulimbisa.

25 Abaffe ensi tetwagikola nga ekungaanya.

26 Abalamu n'abafu (bonna ngabali muyo).

27 Netugiteekamu ensozi eziginyeza netubawa amazzi amalungi.

28 Ku lunaku olwo okubonaabona kugenda kubeera kwabo abalulimbisa.

29 Ku lunaku lw'enkomerero abakafiiri baliragirwa nti mugende eri ebyo byemwali mulimbisa nga muli ku nsi.

30 Mugende eri ekisiikirize ekyomuliro ngakirimo ebitundu bisatu.

31 Wabula tebaliba na kibasiikiriza wade ekibataasa okubutatuukwako nnimi z'amuliro.

32 Mazima omuliro ogwo gukasuka ebitawuliro nga biringa ebizimbe ebigulumivu.

33 Ebitawuliro ebyo nga biringa engamiya ez'akyenvu.

34 Ku lunaku olwo okubonaabona kugenda kubeera kwabo abalulimbisa.

35 Olwo lunaku lwebatagenda kwogera.

36 Wade okukkizibwa okwetonda.

37 Ku lunaku olwo okubonaabona kugenda kubeera kwabo abalulimbisa.

38 Luno lwe lunaku lw'okulamula tubakunganyizza mwenna n'aba bakulemba.

39 Bwemuba mulina engeri gyemuyinza okwebulankanyamu kale munnebulankanyeko.

40 Ku lunaku olwo okubonaabona kugenda kubeera kwabo abalulimbisa.

41 Naye mazima abatya Katonda bagenda kubeera mu bisiikirize n'emigga egikulukuta.

42 N'ebibala byebaliba bagala.

43 Nga bagambibwa nti mulye era munye nga mweyagala.

44 Mazima ffe bwetutyo bwetusasula abakozi b'obulungi.

45 Ku lunaku olwo okubonaabona kugenda kubeera kwabo abalulimbisa.

46 (Kuno ku nsi abakafiiri bagambwa nti) mulye, era mweyagale kitono, wabula mumanye nti muli bonoonyi (naye mukimanye nti waliyo enkomerero).

47 Ku lunaku olwo okubonaabona kugenda kubeera kwabo abalulimbisa.

48 Bwebalagirwa okusaala tebaasala.

49 Ku lunaku olwo okubonaabona kugenda kubera kwabo abalulimbisa.

50 Olwo bigamboki ebitali Kur'ani byebagenda okukkiriza.

SURAT AN - NABA'A

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye An-naba'a. Ssura ya nsanvu mumunaana (78). Yakkira Makkah, era erina aya amakumi ana (40).

Katonda tewali ky'amanyi, era teyeetaaga kwebuuzza ku muntu yenna. Yatandika essura eno na kubuuzza. Kino kireetere omuntu awulira okuteekayo ennyo omwoyo okuwulira ekiddirira.

Katonda kyeyava atandika essura eno n'ekigambo ekinene ekisamaaliriza, nga lwe lunaku Lw'enkomerero.

Essura An-naba'a eyogera ebifa ku lunaku Lw'enkomerero n'ebiribaawo. Etunyumiza ku Jjana n'ebiyengera ebirimu, omuliro n'embeera embi ey'okubonereza abaliguyingira.

Ekigambo Katonda ky'agamba kye beewunaganyaako bwe bubaka bwe yatuma Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) obwoyera ku lunaku Lw'enkomerero.

Abantu b'e Makkah baakubaganyanga ebirwoozo ku bubaka buno. Baatuuka n'okugamba nti Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) by'ayogera bya bulimba, abalala ne baliyita eddoga abandi nti bulaguzi.

Mu Ssura eno, Katonda ky'ava ayagala okubalaga nti okwebuuzaganya kwabwe si kutuufu, wabula bye bakubaganyako ebirwoozo bubaka okuva eri Katonda, era ku lunaku lw'enkomerero bajja kukitegeera. Katonda ky'ava akkaatiriza nti olunaku lw'enkomerero lujja kubaawo.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Beebuuzaganya ku ki?
- 2 Ku kigambo ekinene.
- 3 Ekigambo kye baawukaniramu ddala.
- 4 Ekyo si bwekiri, baja kumanya.
- 5 Ekituufu baja kumanyira ddala.
- 6 Abaffe tetwabafuulira ensi ekyaliiro.
- 7 N'ensozi ne tuzifuula enkondo (eziginyweza obutayuuga).
- 8 Ne tubatonda mu ngeri bbiri (omukazi n'omusajja).
- 9 Ne tufuula okwebaka kwammwe nga kiwummulo.
- 10 Ne tufuula ekiro ekyambalo ekibabikka (olw'enzikiza yaakyo)
- 11 Ne tufuula emisana omunoonyezebwa eky'okubabeezaawo.
- 12 Ne tuzimba waggulu wammwe emyaliiro

سُورَةُ النَّبَاِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

عَمَّ يَتَسَاءَلُونَ (1) عَنِ النَّبَاِ الْعَظِيمِ (2) الَّذِي هُمْ فِيهِ مُخْتَلِفُونَ (3)
 كَلَّا سِعْلَمُونَ (4) ثُمَّ كَلَّا سِعْلَمُونَ (5) أَلَمْ نَجْعَلِ الْأَرْضَ مِهْدًا (6)
 وَالْجِبَالَ أَوْدَادًا (7) وَخَلَقْنَاكُمْ أَزْوَاجًا (8) وَجَعَلْنَا نَوْمَكُمْ سُبَاتًا (9)
 وَجَعَلْنَا اللَّيْلَ لِبَاسًا (10) وَجَعَلْنَا النَّهَارَ مَعَاشًا (11) وَبَدَّلْنَا
 فَوْقَكُمْ سَبْعًا شِدَادًا (12) وَجَعَلْنَا سِرَاجًا وَهَاجًا (13) وَأَنْزَلْنَا
 مِنَ الْمُعْصِرَاتِ مَاءً ثَجَّاجًا (14) لِنُخْرِجَ بِهِ حَبًّا وَنَبَاتًا (15) وَجَنَّاتٍ
 أَلْفَافًا (16) إِنَّ يَوْمَ الْفَصْلِ كَانَ مِيقَاتًا (17) يَوْمَ يُفْعَفُ فِي الصُّورِ
 فَتَأْتُونَ أَفْوَاجًا (18) وَفُيْحَتِ السَّمَاءُ فَكَانَتْ أَبْوَابًا (19) وَسُيِّرَتِ
 الْجِبَالُ فَكَانَتْ سَرَابًا (20) إِنَّ جَهَنَّمَ كَانَتْ مِرْصَادًا (21) لِلطَّاغِيْنَ
 مَثَابًا (22) لَيْسَ فِيهَا أَحْقَابًا (23) لَا يَذُقُونَ فِيهَا بَرْدًا وَلَا شَرَابًا (24)
 إِلَّا لَاحِمِيمًا وَغَسَّاقًا (25) جِرَاءَ وَفَاقًا (26) إِيَّاهُمْ كَانُوا
 لَا يَرْجُونَ حِسَابًا (27) وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا كِذَابًا (28) وَكُلُّ شَيْءٍ
 أَحْصَيْنَاهُ كِتَابًا (29) فَذُقُوا فَلَنْ نَزِيدَكُمْ إِلَّا عَذَابًا (30)

emigumu musanvu.

- 13 Ne tuteekawo ettaala (enjuba) eyaka.
- 14 Ne tussa okuva mu bire by'enkuba amazzi agafukumuka.
- 15 Tulyoke tumeze nago empeke n'ebimera (ebirala).
- 16 N'amalimiro amasaakaativu.
- 17 Mazima olunaku lw'okulamulwa lwalaganyisibwa.
- 18 Lwe lunaku engombe lw'erifuuyibwa ne mujja mu bibinja.
- 19 N'eggulu ne liggulwawo ne liberako emiryango.
- 20 N'ensozi nezikungunsibwa ne ziba nga ezitabangawo.
- 21 Mazima omuliro Jahannama weeguli gulinze.
- 22 Nga bwe buddo bw'abo abamawaggali eri Katonda.
- 23 Baakugubeeramu byeya na byeya.
- 24 Nga bali mu gwo tebagenda kufuna buweerero wadde ak'okunywa akaweweeza.
- 25 Okuggyako olweje n'amasira Ag'olusaayisaayi.
- 26 Nga y'empeera ebaanira.

إِنَّ الْمُتَّقِينَ مَفَازًا ﴿٣١﴾ حُدَّيْقٍ وَأَعْنَابًا ﴿٣٢﴾ وَكَوَاعِبَ أَزْرَابًا ﴿٣٣﴾ وَكَأْسًا
 دِهَاقًا ﴿٣٤﴾ لَا يَسْمَعُونَ فِيهَا لَغْوًا وَلَا كِدَابًا ﴿٣٥﴾ جَزَاءً مِّن رَّبِّكَ عَطَاءً
 حِسَابًا ﴿٣٦﴾ رَبِّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا الرَّحْمَنُ لَا يَمْلِكُونَ
 مِنْهُ خِطَابًا ﴿٣٧﴾ يَوْمَ يَقُومُ الرُّوحُ وَالْمَلَائِكَةُ صَفًّا لَا يَتَكَلَّمُونَ
 إِلَّا مَن أِذْنُ لَهُ الرَّحْمَنُ وَقَالَ صَوَابًا ﴿٣٨﴾ ذَلِكَ الْيَوْمَ الْمُلْحَقُ فَمَنْ
 سَاءَ أَتَّخَذَ إِلَىٰ رَبِّهِ مَتَابًا ﴿٣٩﴾ إِنَّا أَنْذَرْتَكُمْ عَذَابًا قَرِيبًا يَوْمَ
 يَنْظُرُ الْمَرْءُ مَا قَدَّمَتْ يَدَاهُ وَيَقُولُ الْكَافِرُ يَا لَيْتَنِي كُنتُ تُرَابًا ﴿٤٠﴾

سُورَةُ النَّازِعَاتِ ﴿٧٧ آيَاتُهَا ٤٦﴾

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
 وَالنَّازِعَاتِ غَرْاقًا ﴿١﴾ وَالنَّشِيطَاتِ تَسَّطُّرًا ﴿٢﴾ وَالسَّيِّحَاتِ سَبَّحًا
 ﴿٣﴾ فَالْتَفِيفَاتِ سَبْقًا ﴿٤﴾ فَالْمُدْبِرَاتِ أَمْرًا ﴿٥﴾ يَوْمَ تُرْجَفُ الرَّاحِفَةُ
 ﴿٦﴾ تَتَّبِعُنَّ الرَّادِفَةَ ﴿٧﴾ قُلُوبٌ يَوْمَئِذٍ وَاجِفَةٌ ﴿٨﴾ أَبْصَرُهَا
 خَشِيعَةٌ ﴿٩﴾ يَقُولُونَ أَيْنَا لِمَرْدُودُونَ فِي الْحَافِرَةِ ﴿١٠﴾ أَيْنَا ذَا كُنَّا
 عِظْمًا تَخِرَّةً ﴿١١﴾ قَالُوا لَئِن لَّا إِذًا كَرَّةٌ خَاسِرَةٌ ﴿١٢﴾ فَلَمَّا هِيَ زَجْرَةٌ
 وَجِدَةٌ ﴿١٣﴾ فَإِذَا هُمْ بِالسَّاهِرَةِ ﴿١٤﴾ هَلْ أَتَاكَ حَدِيثُ مُوسَىٰ ﴿١٥﴾

39 Olwo lwe lunaku olw'amazima. Omuntu ayagala emirembe alwetegekere afune obuddo eri Katonda we.

40 Mazima tubatiisizza ebibonerezo ebiri okumpi ennyo. Olunaku omuntu lw'aliraba ebyo emikono gye bye gyakola. Ku lunaku olwo omukaafiiri aligamba: ye nga zinsanze, singa nfuuse ettaka.

SURAT AN - NAZIAAT

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye An-naziaat. Ssura ya nsanvu mumwenda (79). Yakkira Makkah, era erina aya amakuni ana mumukaaga (46).

Katonda yatandika essura eno na kulayira, ekiraga obukulu bw'ensonga ezigenda okwogerwako. Era nga mukulayira kuno alayira Malayika ezikola emirimu egyenjawulo. Era mu ssura eno Katonda ayogera ku mbeera abatakkiriza n'abajeemu gye balibeeramu ku lunaku olwo (Olw'enkomerero). Nga n'ekirisinga okubatiisa kwe kwesanga nga bali ku lunaku lwe baali batakkiriza nti lugenda kubaawo. Essura eno etunyumiza okutumwa kwa Nabbi Musa (ﷺ), n'ebyaliwo wakati we ne Firaawo eyawakanya obubaka bwe n'atuuka n'okwerangirira nti ye yennyini ye Katonda. Essura eraga okuzikirira kwa Firaawo, kibeere eky'okulabirako eri abo abawakanya obubaka bwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam).

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Ndayira Malayika ezisikambula emyoyo gy'abajeemu mu bukambwe.
- 2 Era ndayira Malayika ezisowola emyoyo gy'abakkiriza obusowoji.
- 3 Era ndayira Malayika ezivugira mu bbanga oluwuga.
- 4 Era ndayira Malayika ezivuganya oluvuganya nga zitwala emyoyo gy'abakkiriza mu Jjana.
- 5 Ne ndayira ne Malayika ezissa mu nkola ebiragi (Byange).
- 6 (Mukimanye nti ebitonde byonna bigenda kuzikirira ku lunaku buli kintu kyonna lwe kirikankana nga engombe efuuyiddwa.
- 7 Lugobererwa olufuwa olwokubiri olwokuzuukira.
- 8 Emitima gy'abatakkiriza ku lunaku olwo giribeera mu kutya.
- 9 Amaaso gaabwe nga makkakkamu.
- 10 Bagamba (nga bajerega), nti "Mazima ddala tulizibwawo mu bulamu nga bwetulimu kati?"
- 11 Bwetuliba tumaze okufuuka amagumba

- 27 Kubanga baali tebasubira nti walibayo okubalibwa.
- 28 Ne balimbisa nnyo ebigambo byaffe.
- 29 So ng'ate buli kintu twakikuuma mu bujjuvu, mu buwandiike.
- 30 Kale mukombe ku kibabu ky'ebikolwa byammwe kubanga tetujja kubongera okuggyako ebibonerezo.
- 31 Mazima abatya Katonda bajja kufuna okwesiima (okulimu buli kyonna kye baagala).
- 32 Amalimiro n'emizabbibu.
- 33 N'abawala ab'amabeere amatutu.
- 34 N'amagiraasi agajjudde eby'okunywa.
- 35 Nga bali mu Jjana eyo tebaawulirenga bigambo byabutaliimu wadde eby'obulimba.
- 36 Nga y'empeera okuva eri omulezi wo, nga kuweebwa okumatiza.
- 37 Oyo nanyini Ggulu omusanvu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi, oweekisa ekingi; tebayinza kwetantala kwogeraganya naye.
- 38 Jibriil ne bamalayika abalala ku lunaku lwe baliyimirira nga bali mu nnyiriri nga bonna tewali ayogera okuggyako oyo yekka Katonda omusaasizi, gw'aliba akkiriza okwogera ate n'ayogera bituufu.

amamerengufu?

12 Bongerako nebagamba nti (Bwe kiriba bwe kityo) kuliba kudda kwa kufaafaaganirwa.

13 Mazima okuzuukira lugenda kubeera olukanga lumu lwokka.

14 Baligenda okulaba nga bali ku ngulu ku nsi.

15 Abaffe wamanya ku kyafaayo kya Nabbi Musa?

16 Awo Katonda we yakoowoolera Musa nga (Musa) ali mu lusenyi olutukuvu 'Tuwa'?

17 Namugamba nti genda eri Firaawo kubanga ye asusse mu bujeemu ne mu buwakanyi.

18 Omugambe nti, Abaffe waalyetaaze okwetukuza (n'okkiriza mukama Katonda wo)?

19 Ndyoke mbe nga nkulungamya eri Katonda wo obeere nga omutya?

20 (Nabbi Musa) n'alaga Firaawo obujulizi obwenkukunala.

21 (Firaawo) n'alimbisa era n'ajeema.

22 Bwe yamala n'abikuba amabega era n'akola kaweeefube w'okubirwanyisa.

23 N'akunganya (amagye ge, abakungu be, n'abalogo) n'alangirira.

24 Ng'agamba nti nze katonda wammwe owa waggulu.

25 Katonda n'amubonereza n'okumuzikiriza olw'ekisobyo ekyasembayo n'ekyasooka.

26 Mazima mu ekyo (eky'okuzikiriza Firaawo) mulimu eky'okulabirako eri oyo atya Katonda.

27 Abaffe, mmwe be mweraba mwe musinga obuzibu okutonda okusinga eggulu? Yalitonda nno!

28 Awamu nobugevu bwalyo yaliwanika nalitereeza.

29 Aleeta enzikiza yaalyo n'aggyayo ekitangaala kyalyo.

30 N'ensi oluvannyuma lwebyo yagyaliira.

31 Muyo mwennyini mweyajja amazzi gaayo namalundiro gaayo.

32 N'ensozi yazisimba n'azinyweeza.

33 (Ebyo yabikola) lwakugasa mmwe nensolo zammwe.

34 Akabenje akanene bwekaliija (olwo lwe luliba olunaku lw'enkomerero)

35 Olunaku lw'alijjukira omuntu ebyo byonna bye yakola.

36 Omuliro Jahiimu negulagibwa eri yenna alaba.

37 Oyo yenna eyasukka mu kujeema

38 N'asukkulumya obulamu bw'ensi (ku bw'enkomerero)

39 Mazima omuliro Jahiimu bwe buddo bwe.

40 Oyo aliba nga yatya okuyimirira mu maaso ga Mukama we (Katonda). N'aziya

إِذْ نَادَاهُ رَبُّهُ بِالْوَالِدِ الْكَافِرِ طَوًى ۖ أَذْهَبَ إِلَىٰ فِرْعَوْنَ إِنَّهُ طَغَىٰ ۗ ۱۷
فَقُلْ هَلْ لَكَ إِلَٰهٌ إِلَّا نَزَرْنَا ۚ وَأَهْدِيكَ إِلَىٰ رَيْكِ فَفَحْشَىٰ ۚ ۱۸ قَارِبَةٌ
الْآيَةِ الْكُبْرَىٰ ۚ ۲۰ فَكَذَّبَ وَعَصَىٰ ۚ ۲۱ ثُمَّ أَذْبَرَ سَعًى ۚ ۲۲ فَحَسَرَ
فَتَادَىٰ ۚ ۲۳ فَقَالَ أَنَا رَبُّكُمُ الْأَعْلَىٰ ۚ ۲۴ فَخَذَهُ اللَّهُ نَكَالَ الْآخِرَةِ وَالْأُولَىٰ
ۚ ۲۵ إِنَّ فِي ذَٰلِكَ لَعِبْرَةً لِّمَن يَخْشَىٰ ۚ ۲۶ ءَأَنتُمْ أَشْدُّ حَقْلًا أَمِ السَّمَاءُ بَنُنَّهَا
ۚ ۲۷ رَفَعَ سَعْمَكُمَا فَسَوَّنَهَا ۚ ۲۸ وَأَعْطَشَ لَيْلَهَا وَأَخْرَجَ ضَعْفَهَا ۚ ۲۹
وَالْأَرْضُ بَعْدَ ذَٰلِكَ دَحْنُهَا ۚ ۳۰ أَخْرَجَ مِنْهَا مَاءَهَا وَمَرْعَهَا ۚ ۳۱
وَالْجِبَالُ أَرْسَسَهَا ۚ ۳۲ مَنَعَا لَكُمُ اللَّحْمَ وَلَا تَعْمَلُكُمْ ۚ ۳۳ فَإِذَا جَاءَتِ الطَّامَةُ
الْكُبْرَىٰ ۚ ۳۴ يَوْمَ يَتَذَكَّرُ الْإِنْسَانُ مَا سَعَىٰ ۚ ۳۵ وَبُرْزَتِ الْجَحِيمُ
لِمَن يَرَىٰ ۚ ۳۶ فَأَمَّا مَن طَغَىٰ ۚ ۳۷ وَءَاثَرَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا ۚ ۳۸ فَإِنَّ الْجَحِيمَ
هِيَ الْمَأْوَىٰ ۚ ۳۹ وَأَمَّا مَن خَافَ مَقَامَ رَبِّهِ وَنَهَىٰ النَّفْسَ عَنِ الْهَوَىٰ
ۚ ۴۰ فَإِنَّ الْجَنَّةَ هِيَ الْمَأْوَىٰ ۚ ۴۱ يَسْتَلُونَكَ عَنِ السَّاعَةِ أَيَّانَ مُرْسِعُهَا
ۚ ۴۲ فِيمَ أَنْتَ مِن ذِكْرِنَهَا ۚ ۴۳ إِلَىٰ رَبِّكَ مِنْهَا ۚ ۴۴ إِنَّمَا أَنْتَ مُنذِرٌ
مَّن يَخْشَاهَا ۚ ۴۵ كَأَنَّهُمْ يَوْمَ رَوَّعْتَهُمْ لَوْ لَبِثُوا إِلَّا عَشِيَّةً أَوْ ضَعْفَهَا ۚ ۴۶

سُورَةُ عَبَسَ ۙ
بَابِهَا ٤٠
آيَاتُهَا ٤٦

omwoyo gwe ku by'obwagazi.

41 Mazima Ejjana, bwe buddo bwe.

42 Bakubuuza gwe (Nabbi Muhammad) ebikwata ku lunaku lw'enkomerero, nti lulibaawo ddi.

43 Wa gy'onoggya okulwogerako?

44 Omulezi wo Katonda yekka yamanyi ebirukwatako.

45 Mazima ggwe oli mutiisa eri oyo alutya.

46 Mazima bwe baliraba olunaku olwo balibanga abataatuula ku nsi okuggyako ekiseera ky'olweggulo oba ekyenkya.

SURAT - ABASA

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Abasa. Ssura ya kinaana (80). Yakkira Makkah, era erina aya amakumi ana mubbiri (42). Essura eno yakka ng'eyogera ku nsonga eziwerako. Esooka, mu suula eno Katonda anenya Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) okwettanira okusiramula abeebitiibwa mu Makka abaali tebakkiriza, n'atafa ku muzibe eyali azze okuyiga eddiini ye, so ng'ate ye yali yasiramuka dda. Kino kiraga nti, Kur'ani bubaka bwa Katonda obwakka ku Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam), so si bigambo bya Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam). Era kino

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

عَسَىٰ وَوَلَّيْ ١ أَنْ جَاءَهُ الْأَعْمَىٰ ٢ وَمَا يُدْرِيكَ لَعَلَّهُ يَزَنِّي ٣ أَوْ
يَذْكُرُ فَتَنْفَعَهُ الذِّكْرَىٰ ٤ أَمَّا مَنْ اسْتَعْيَىٰ ٥ فَانْتَ لَهُ تَصَدَّىٰ ٦
وَمَا عَلَيْكَ الْأَزْيَىٰ ٧ وَأَمَّا مَنْ جَاءَكَ يَسْعَىٰ ٨ وَهُوَ يُخْشَىٰ ٩ فَانْتَ
عَنْهُ نَلْهَىٰ ١٠ كَلَّا إِنَّمَا تَدْعُرُهُ ١١ فَمَنْ شَاءَ ذَكَرَهُ ١٢ فِي صُحُفٍ مُّكَرَّمَةٍ
١٣ مَرْفُوعَةٍ مُّطَهَّرَةٍ ١٤ بِأَيْدِي سَفَرَةٍ ١٥ كِرَامٍ بَرَرَةٍ ١٦ قَبْلَ الْإِنْسَانِ
مَا كَفَرَهُ ١٧ مِنْ أَيِّ شَيْءٍ خَلَقَهُ ١٨ مِنْ نُطْفَةٍ خَلَقَهُ فَقَدَرَهُ ١٩ ثُمَّ
الْسَّبِيلَ يَسَّرَهُ ٢٠ ثُمَّ أَمَانَهُ وَأَقْبَرَهُ ٢١ ثُمَّ إِذْ أَسَاءَ أَنْشَرَهُ ٢٢ كَلَّا لَمَّا
يَقْبُضْ مَا أَمْرُهُ ٢٣ فَلْيَنْظُرِ الْإِنْسَانُ إِلَىٰ طَعَامِهِ ٢٤ أَنَا صَبَّبْنَا الْمَاءَ صَبًّا
٢٥ ثُمَّ شَقَقْنَا الْأَرْضَ شَقًّا ٢٦ فَأَنْبَتْنَا فِيهَا حَبًّا ٢٧ وَعَبَا وَضَبًّا ٢٨
وَزَيْتُونًا وَنَخْلًا ٢٩ وَحَدَائِقَ غَلْبًا ٣٠ وَفِكَهَةً وَأَبًّا ٣١ مَتَّعْنَاكُمْ
وَلَا نَعْمِكُمْ ٣٢ فَاذْأَبَاءَ تِ الْأَصَاخَةِ ٣٣ يَوْمَ يَصِفُّ الْمَرْءُ مِنْ أَخِيهِ ٣٤
وَأُمِّهِ وَأَبِيهِ ٣٥ وَصَحْبِيهِ وَوَيْبِهِ ٣٦ لِكُلِّ أَمْرٍ مِنْهُمْ يَوْمَئِذٍ شَأْنٌ
يُعْنِيهِ ٣٧ وَجْهٌ يَوْمَئِذٍ مُّسْفِرَةٌ ٣٨ ضَاحِكَةٌ مُّسْتَبْشِرَةٌ ٣٩ وَوَجْهٌ
يَوْمَئِذٍ عَلِيًّا عَبْرَةٌ ٤٠ تَرَهَّقَهَا قَهْرَةٌ ٤١ أَوَّلِيكَ هُمُ الْكُفْرَةُ الْفَجْرَةُ ٤٢

yaabyo, eky'okulabirako enzabbibu eziriibwa abantu n'ebimera ebirala ebiriibwa ebisolo.

Ekyokutana, essura etulaga embeera y'abantu gye balibeeramu ku lunaku Lwenkomerero oluvannyuma lw'okufuuyibwa kw'engombe omulundi ogwokubiri.

Abantu abamu nga bali mu ntiisa eribeerabiza n'abantu baabwe aboomunda. Abalala baliba basanyufu ng'ebyenyi byabwe biriko akamwenyumwenyu olw'Ejjana gye baliba bagenda okuyingira.

Ku lw'erinyina Iya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 (Nabbi Muhammad) azze emitaaflu, n'akubayo amabega.

2 Muzibe bw'amujjidde.

3 Kiki ekikumanyisa oboolyawo (muzibe oyo) aneetukuza.

4 Oba anaabuulirirwa okubuulira nekumugasa.

5 Oyo eyeegaggawaza nga yeematira.

6 Gweeweemaliddeko?

7 Bw'ateetukuza kiki ekinakubaako?

8 So ng'oyo akujjidde ng'ayanguwa.

9 Era ng'atya Katonda.

10 Ate ggwe gw'otofaako.

11 Nedda si bwekyandibadde, (Kur'ani) bubaka bwakwebuulirira.

12 Aba ayagadde yeebuulirira nabwo.

13 Buli mu biwandiiko eby'ekitiibwa ennyo.

14 Ebigulumizibwa, ebitukuvu.

15 Ebiri mu mikonu gya Bamaaluyika abawandiisi.

16 Abeebitiibwa, abatukuvu.

17 Omuntu yakolimirwa, kiki ddala ekimuwakanyisa Katonda?

18 (Omuntu talaba) kintu ki Katonda mwe yamutonda?

19 Mu mazzi (enkwaso) mwe yamutonda n'amwenkanyankanya.

20 Oluvannyuma n'amwanguyiza ekkubo ly'okuzaalibwa;

21 Bw'amala n'amutta era n'aziikibwa mu kabbuli.

22 Oluvannyuma w'aliyagalira agenda kumuzuukiza.

23 Wabula omuntu tatuukiriza ebyo Katonda by'amulagira okukola.

24 Omuntu ateekwa atunuulire by'alya (emitendera gye biyitamu).

25 Tufukirira amazzi olufukirira (olusaanidde.)

26 Ne tulyoka twasa ettaka olwasa (olusaanira ebimera).

27 Netumeza mulyo empeke.

28 Emizabbibu n'ebimera ebirala ebizimba omubiri.

29 N'emizayituni n'emitende.

kitulaga ebwesigwa bwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-lahu alaihi wa sal-lam), amazimage n'obwesimbu. Era yatuusa obubaka bwonna eri abantu, ne bwebwabanga bukwa ku ye.

Ekyokubiri, era Katonda atunnyonyola nti omuntu mujeemu, tasiima, so ng'ate ku nteekateeka ya Katonda kwayimiridde, mu kumutonda, okuzaalibwa, n'okuyimirizibwawo ku nsi, mu kufa ne mu kumuzuukiza.

Ekyokusatu, Katonda alaga nti omuntu mu butonde bwe muzibu, newankubadde Katonda yatuma ba Nabbi era abasinga obungi basigala bajeemu nga tebakkiriza.

Ekyokuna, olwokwagala okunyweza ensonga y'okuzikirira Katonda ky'ava alaga emitendera gyayisaamu omuntu okuva lw'azaalibwa okutuusa lw'afa, ng'akuba ebifaananyi by'ebimera n'emitendera gy'ebiyitamu ate nebizikirira. Era oluvannyuma nebiddamu nebimera nebiba ebipyaa. Omuntu yandirabidde ku bintu ebyo n'akakasa era n'abiyigirako nti wajja kubaayo okuzuukira ku lunaku Lwenkomerero.

Era Katonda atulaga nti ameza ebimera ebyenjawulo okuva mu ttaka. Era afulumyamu ebimera ebyenjawulo mundabika ne munkula

- 30 N'ennimiro ezisakaatidemu (emiti emiwanvu)
 31 N'ebibala n'omuddo oguliibwako ebisolo.
 32 Bibagase n'ebisolo byammwe.
 33 Naye okuboggola bwekuliba kuzze.
 34 Olunaku olwo omuntu agenda kudduka muganda we,
 35 Ne maama we, ne kitaawe.
 36 Ne mukyala we, n'abaanabe.
 37 Buli muntu yenna ku lunaku olwo ajja kuba ku nsonga emukwatako yekka.
 38 Ebyenyi ebimu ku lunaku olwo bigenda kuba byakaayakana.
 39 Nga biriko akamwenyumwenyu, nga bisanyufu.
 40 Ate ebyenyi ebirala bigenda kuba nga bigubye.
 41 Nga ekizikiza kibibisse.
 42 Abo nno be baawakanya Katonda, aboononyi.

SURAT - AT-TAKWIIR

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye At-takwiir. Ssura ya kinaana mwemu (81). Yakkira Makkah, era erina aya abiri mu mwenda (29). Era erina emiramwa ebiri:

Omulamwa ogusooka; Okuggumiza obukakafu bw'okuzuukira okulijja n'enkyukakyuka ezamaanyi mu mbeera y'ensi, nga zikwata ku njuba, emunyeenye, ensozi, ennyanja, eggulu, ebisolo, abantu n'esi yonna okutwalira awamu.

Omulamwa ogwokubiri; Essura ennyonnyola aleeta obubaka, nga ye malayika Jibriil ne gwe babuleetera nga ye Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam)), ne nannyini buyinza aweereza obubaka obwo, nga yye Katonda Oweekitiibwa.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Enjuba bw'erinzingwako.
 2 Nga n'emmunyeenye zisensebuse.
 3 Era ensozi bwe zirikungunsibwa ne zigibbwawo).
 4 Nga n'ebisolo eburundibwa mu maka birekeddwa ttayo newankubadde biri mawako.
 5 N'ebisolo by'omu nsiko nabyo nga bikungaanyiziddwa.
 6 Nga n'ennyanja zikumiddwako omuliro (ne zibumbujja).
 7 Nga n'emyooye nagyo gigatiddwa buli egifaanagana giri wamu (Emirungi nga giri n'emirungi, emibi nga giri n'emibi).
 8 Era omwana omuwala eyaziikibwa nga mulamu bw'aliba abuuziddwa.
 9 Kibi ki ekyamussa.
 10 Bwe biribeera nga ebiwandiiiko bisasaanyiziddwa (nga buli kiwandiiiko kituuka ku nnannyini kyo; omuli ebyo bye yakola ku nsi).

سُورَةُ التَّكْوِيْرِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
 إِذَا الشَّمْسُ كُوِّرَتْ ۝ ۱ وَإِذَا النُّجُومُ انْكَدَرَتْ ۝ ۲ وَإِذَا الْجِبَالُ
 سُيِّرَتْ ۝ ۳ وَإِذَا الْعِشَارُ عُطِّلَتْ ۝ ۴ وَإِذَا الْوُحُوشُ حُشِرَتْ
 ۝ ۵ وَإِذَا الْبِحَارُ سُجِّرَتْ ۝ ۶ وَإِذَا النُّفُوسُ زُوِّجَتْ ۝ ۷ وَإِذَا
 الْمَوْتُودَةُ سُيِّلَتْ ۝ ۸ بِأَيِّ ذَنْبٍ قِيلَتْ ۝ ۹ وَإِذَا الصُّحُفُ نُشِرَتْ
 ۝ ۱۰ وَإِذَا السَّمَاءُ كُشِطَتْ ۝ ۱۱ وَإِذَا الْجَبَاهِمُ سُعِّرَتْ ۝ ۱۲ وَإِذَا الْجَنَّةُ
 أُرْلِفَتْ ۝ ۱۳ عَلِمَتْ نَفْسٌ مَّا أَحْضَرَتْ ۝ ۱۴ فَلَا أَقِيمُ بِالْخَنِينِ ۝ ۱۵
 الْجَوَارِ الْكُنِينِ ۝ ۱۶ وَاللَّيْلُ إِذَا عَسَّسَ ۝ ۱۷ وَالصُّبْحُ إِذَا نَفَسَ ۝ ۱۸
 إِنَّهُ لَقَوْلُ رَسُولٍ كَرِيمٍ ۝ ۱۹ ذِي قُوَّةٍ عِنْدَ ذِي الْعَرْشِ مَكِينٍ ۝ ۲۰
 تُطَاعُ ۝ ۲۱ وَمَا صَاحِبُكُمْ بِمَجْنُونٍ ۝ ۲۲ وَقَدْ رَآهُ بِالْأَفْقِ الْمُبِينِ
 ۝ ۲۳ وَمَا هُوَ عَلَى الْغَيْبِ بِضَنِينٍ ۝ ۲۴ وَمَا هُوَ بِقَوْلِ شَيْطَانٍ رَجِيمٍ ۝ ۲۵
 فَإِن تَدَّهَبُونَ ۝ ۲۶ إِنَّ هُوَ إِلَّا ذِكْرٌ لِلْعَالَمِينَ ۝ ۲۷ لِمَن شَاءَ مِنْكُمْ أَن
 يَسْتَفِيمَ ۝ ۲۸ وَمَا تَشَاءُونَ إِلَّا أَن يَشَاءَ اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ ۝ ۲۹

سُورَةُ الْاِنْفِطَارِ

- 11 Eggulu bwe liriba ligiddwawo;
 12 Nga n'omuliro gukoleezeddwa;
 13 Nga n'ejjana esembezeddwa;
 14 Olwo omuntu alimanya ekyo kye yakola (kibe kirungi oba kibi).
 15 Ndayira emmunyeenye ezibulawo.
 16 Ezibula emisana ne zirabika ekiro.
 17 Era ndayira ekiro bwekiba nga kyolekedde okuggwaawo.
 18 Era ndayira n'amakya g'obudde nga busaasaana.
 19 Mazima ddala ekyo kigambo (Kur'ani) kya mubaka (Jibriil) oweekitiibwa (ky'aggya eri Katonda n'akireetera Nabbi Muhammad).
 20 Oyo (Jibriil) owaamaanyi era oweekitiibwa eri nnannyini Arishi.
 21 Agonderwa (ba Malayika banne) ng'ate mwesigwa.
 22 Era munnamwwe (Nabbi Muhammad) si mulalu.
 23 Mazima ddala ye (Muhammad) yamulaba (Jibriil) ku mpuuyi zawaggulu enneeyolefu ng'ali mu kifaananyi kye kyennyini.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

إِذَا السَّمَاءُ انْفَطَرَتْ ① وَإِذَا الْكَوَاكِبُ انْتَرَتْ ② وَإِذَا الْيَحَاذُ
 فُجِرَتْ ③ وَإِذَا الْقُبُورُ بُعِثَتْ ④ عَلِمْتَ نَفْسٌ مَّا قَدَّمْتَ
 وَأَخَّرْتَ ⑤ يَا أَيُّهَا الْإِنْسَانُ مَا غَرَّكَ رَبِّكَ أَنْ يَكْرِمَ ⑥ الَّذِي
 خَلَقَكَ فَسَوَّاكَ فَعَدَلَكَ ⑦ فِي أَيِّ صُورَةٍ مَّا شَاءَ رَكَّبَكَ ⑧
 كَلَّا بَلْ تُكَذِّبُونَ بِالذِّينِ ⑨ وَإِنَّ عَلَيْكُمْ لَحَافِظِينَ ⑩ كِرَامًا
 كُنِينِ ⑪ يَعْلَمُونَ مَا تَعْلَمُونَ ⑫ إِنَّ الْأَبْرَارَ لَفِي نَعِيمٍ ⑬ وَإِنَّ
 الْفَجَّارَ لَفِي حَجِيمٍ ⑭ يَصَلُّونَهَا يَوْمَ الذِّينِ ⑮ وَمَاهُمْ عَنْهَا بِعَائِينَ ⑯
 وَمَا أَدْرَاكَ مَا يَوْمَ الذِّينِ ⑰ ثُمَّ مَا أَدْرَاكَ مَا يَوْمَ الذِّينِ ⑱
 يَوْمَ لَا تَمْلِكُ نَفْسٌ لِنَفْسٍ سَبِيًّا وَلَا أَمْرٌ يُؤْمِرُ مِمْدَ اللَّهِ ⑲

سُورَةُ الْمُطَفِّيفِينَ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

وَبَلِّغْ لِلْمُطَفِّيفِينَ ① الَّذِينَ إِذَا أَكَلُوا عَلَى النَّاسِ يَسْتَوْفُونَ ②
 وَإِذَا كَالُوهُمْ أَوْ وَزَنُوهُمْ يُخْسِرُونَ ③ أَلَا يَظُنُّ أُولَئِكَ أَنَّهُمْ
 مَبْعُوثُونَ ④ لِيَوْمٍ عَظِيمٍ ⑤ يَوْمَ يَقُومُ النَّاسُ لِرَبِّ الْعَالَمِينَ ⑥

kusooka ne bye yasembayo.

Katonda atutegeeza nti yekka ye yatonda omuntu n'amwenkanyankanya ate n'amuteeka mu kifaananyi ekyo Katonda kye yayagala. Naye omuntu yeewunyisa kuba awamu n'ebyengera ebyo Katonda bye yamuwa by'alabako ate natasinza Katonda oyo eyabimuwa.

Era Katonda atutegeeza nti abantu babeera mu mbeera eyo, ey'okugayaalirira ebyengera bye ne batamusinza lwakuba balimbisa olunaku lw'enkomerero.

Katonda ategeza abantu nti bateekwa okumanya nti baliko obukuumi bwa bamalayika abebitiibwa abawandiika buli kyonna omuntu ky'akola ate nga bamanyidde ddala abantu byebakola.

N'olwekyo abo bonna abalikola emirimu emirungi baakubeera mu byengera. Ate abajeemu, aboononyi baakubeera mu muliro, ekyo kyakubaawo ku lunaku lw'enkomerero.

Ku nkomerero y'essura, Katonda atutegeeza nti tewali alibeera na buyinza ku lunaku olwo okuggyako yye Katonda yekka. Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) atutegeeza nti omuntu yenna ayagala okusika ekifaananyi ky'olunaku Lw'enkomerero abeere nga alulabirako ddala n'amaasoge alina okusoma essura ssatu; At-takwiir, Al-Infitwaari ne Al-Inshiqaaq (Hadith esangibwa mu Ahamed ne Tirimidhi).

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Eggulu bweririba nga lyeyasizaamu.
- 2 Emmunyenyeye bwe ziriba nga zivudde waggulu ne zisaasaana.
- 3 Ennyanja bwe ziriba nga ziwaguludde.
- 4 Kabbuli bwe ziriba nga zifuukuddwa (abafu bonna ne bavaayo).
- 5 Omuntu alimanya ebyo bye akulembeza okukola ne bye yasembyayo.
- 6 Owange ggwe omuntu kale kiki ekyakugayaaza okukuggya ku muleziwo (Katonda) Omugabi.
- 7 Oyo eyakutonda n'akutereeza era n'akwenkanyankanya.
- 8 Mu kifaananyi kyonna kye yayagala mwe yakutondera.
- 9 Nedda, wabula mulimbisa olunaku olw'okusasulwa (olwenkomerero).
- 10 Mazima muliko abakuumi (Bamalayika).
- 11 Abeekitiibwa abawandiisi (abawandiika ebyo byonna ebikolebwa)
- 12 Bamanyi ebyo byonna byemukola.
- 13 Mazima abakozi b'obulungi balibeera mu byengera.

24 Era tali (Nabbi Muhammad) ku bigambo ebyekwese (ebikwatagana n'obubaka obuva eri Katonda n'ebigambo by'omu ggulu) ayinza obutatuukiriza.

25 (Ebigambo ebya Kur'ani Muhammad by'ayogera) si bigambo bya sitaani omukolimir.

26 Naye ddala mulaga wa?

27 Wabula Yo (Kur'ani) kyakubuulirira eri ebitonde byonna.

28 Eri oyo mu mmwe aba ayagadde okulungama.

29 Naye ate temujja kwagala okuggyako nga ne Katonda Omulezi w'ebitonde, ayagadde.

SURAT - AL-INFITWAAR

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Al-infitwaar. Ssura ya kinaana mu bbiri (82). Yakkira Makkah, era erina aya kumi namwenda (19). Essura eno etandika nga Katonda atutegeeza ku nkyukakyuka y'embeera erigwawo ku bimu ku bitonde bye nga tebikyali mu mbeera eyo abantu gye baamanyiira. Enkyukakyuka y'ebitonde eyogerekawo eriba nzibu nnyo, erituusa buli muntu okujjukira n'okumanya ebyo byonna bye yakola mu

14 Era mazima abakozi b'ebibi bagenda kũbeera mu muliro oguyitibwa Jahiimu.

15 Bagenda kuguyingira ku lunaku olw'okusasulibwa (olwenkomerero).

16 Tebagenda kugwebulankanyako.

17 Onoomanyira ku ki olunaku olwokusasulwa (olwenkomerero).

18 Naye ddala onoomanyira ku ki olunaku olwokusasulwa (Katonda yakiddamu olwokuggumiza obukulu bw'olunaku olwo).

19 Olunaku omwoyo lwe gutiliba na buyinza bugasa mwoyo mulala na kintu kyonna. N'ebiragiro ku lunaku olwo biriba bya Katonda yekka.

SURAT-AL-MUTWAFFIFIIN

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Al-Mutwaffifiin. Ssura ya kinaana musatu (83). Yakkira Makkah, era erina aya asatu mumukaaga (36). Essura eno weyakkira, ng'abantu baalimu obukuusa mu kupima ne mu kulenga. Abasuubuzi nga baagala bagule ebintu nga bijjuvu so nga mu kubitunda bakendeeza ebipimo n'emirengo.

Mu ssura eno, Katonda ky'ava alabula abantu abalina omuze ogwo era n'abajjukiza nti eriyo olunaku abantu lwe baliyimirira mu maaso ge ng'ebiwandiiko ebiraga ebibi byabwe byonna weebiri.

Entandikwa y'essura eno evumirira obulyazamaanyi obuli mu bipimo n'emirengo. Kino kiraga nti obusiraamu Ddiini eyajja okuleeta obwenkanya mu kuzinza n'enkolagana y'abantu naddala mu kusuubulagana. Ensonga eno Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) yagiggumiza ng'agamba nti, "Eddiini y'omuntu erabikira ku nkolagana ye n'abantu abalala". ...

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Okuzikirira kuli ku abo abakendeeza ebipimo.

2 Abo bwe baba nga beebapimirwa, basaba ebipimo byabwe bijjuzibwe.

3 So nga bwe baba nga be balengera abalala, oba be bapima, bakendeeza (ebipimo).

4 Abaffe tebakakasa nti mazima ddala baakuzuukizibwa.

5 Ku lunaku oluzito (olwenkomerero).

6 Olunaku abantu lwe baliyimirira mu maaso g'omulezi w'ebitonde.

7 Mazima ddala ebiwandiiko by'emirimu gy'aboononyi biri mu Sijjiin.

8 Naye omanyi Sijjiin kye ki?

9 Ky'ekitabo ekiwandiikibwamu ebibi by'omuntu.

10 Okuzikirira ku lunaku olwo, kulibeera ku abo abalimbisa.

11 Abo abalimbisa olunaku lw'okusasulwa

كَلَّا إِنَّ كِتَابَ الْفَجَارِ لَفِي سَجِينٍ ﴿٧﴾ وَمَا أَدْرَاكَ مَا سَجِينٌ ﴿٨﴾ كِتَابٌ

مَرْفُومٌ ﴿٩﴾ وَيَلُومِذِ اللَّكْذِبِينَ ﴿١٠﴾ الَّذِينَ يَكْذِبُونَ يَوْمَ الدِّينِ ﴿١١﴾

وَمَا يَكْذِبُ بِهِ إِلَّا كُلُّ مُعْتَدٍ أَثِيمٍ ﴿١٢﴾ إِذَا نُنَادَىٰ عَلَيْهِمْ ابْنَ آدَمَ قَالَ أَسْطُرُ

الْأَوَّلِينَ ﴿١٣﴾ كَلَّا بَلْ رَانَ عَلَىٰ قُلُوبِهِمْ مَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿١٤﴾ كَلَّا إِنَّهُمْ

عَن رَّبِّهِمْ يَوْمَئِذٍ لَّحَجْرُونَ ﴿١٥﴾ ثُمَّ إِنَّهُمْ لَصَالُوا الْجَحِيمِ ﴿١٦﴾ ثُمَّ يُعَال

هَذَا الَّذِي كُتِبَ بِهِ تَعْذِرُونَ ﴿١٧﴾ كَلَّا إِنَّ كِتَابَ الْأَنْبَرِ لَفِي عِلِّيَّاتٍ

﴿١٨﴾ وَمَا أَدْرَاكَ مَا عِلِّيَّاتٌ ﴿١٩﴾ كِتَابٌ مَّرْفُومٌ ﴿٢٠﴾ يَشْهَدُهُ الْمُفْرِقُونَ

﴿٢١﴾ إِنَّ الْأَنْبَرِ لَفِي نَعِيمٍ ﴿٢٢﴾ عَلَى الْأَرَائِكِ يَنْظُرُونَ ﴿٢٣﴾ تَعْرِفُ فِي

وُجُوهِهِمْ نَضْرَةَ النَّعِيمِ ﴿٢٤﴾ يُسْقَوْنَ مِنْ رَحِيقٍ مَّخْتُومٍ ﴿٢٥﴾

خِتَمُهُ مِسْكٌَ وَفِي ذَلِكَ فَلْيَتَنَفَّسْ الْمُتَنَفِّسُونَ ﴿٢٦﴾ وَصَرَاجُهُ

مِنْ نَسِيمٍ ﴿٢٧﴾ عَيْنًا يَشْرَبُ بِهَا الْمُفْرِقُونَ ﴿٢٨﴾ إِنَّ الَّذِينَ

أَجْرَمُوا كَانُوا مِنَ الَّذِينَ ءَامَنُوا يَضْحَكُونَ ﴿٢٩﴾ وَإِذَا مَرُّوا بِهِمْ

يَتَفَامَرُونَ ﴿٣٠﴾ وَإِذَا أَقْبَلُوا إِلَىٰ آهْلِهِمْ انْقَلَبُوا فَكِهِينَ ﴿٣١﴾

وَإِذَا رَأَوْهُمْ قَالُوا إِنَّ هَٰؤُلَاءِ لَضَالُونَ ﴿٣٢﴾ وَمَا أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ

حَافِظِينَ ﴿٣٣﴾ فَالْيَوْمَ الَّذِينَ ءَامَنُوا مِنَ الْكُفَّارِ يَضْحَكُونَ ﴿٣٤﴾

(olwenkomerero).

12 Tewali alimbisa lunaku olwo okuggyako oyo asukka ensalo z'amateeka ga Katonda era omwonoonyi.

13 Bw'aba asomeddwa ebigambo byaffe (Kur'ani) agamba nti ebyo nfumo z'abaasooka.

14 Nedda, si bwekiri; wabula bye baali bakola byetuuma ku mitima gyabwe.

15 Mazima ddala abatakkiriza ku lunaku olwo baakuziyizibwa okulaba Omulezi waabwe (Katonda).

16 Mazima ddala baakuyingira omuliro Jahiimu.

17 Oluvannyuma bagenda kugambibwa nti ekyo kye mwalimbisanga.

18 Mazima ddala ebiwandiiko by'abakozi b'obulungi biri mu Illiyyiina.

19 Naye omanyi Illiyyiina kye ki?

20 Ky'ekitabo ekiwandiikibwamu ebirungi by'omuntu.

21 Bakisemberera Bamalayika abali okumpi ne Katonda.

22 Mazima abakozi b'obulungi bagenda kũbeera mu byengera.

23 Nga bali ku bitanda ebiwunde nga batunuulira ebintu ebibeetoolode.

عَلَى الْأَرَائِكِ يَنْظُرُونَ ﴿٣٥﴾ هَلْ تُؤْتِي السَّمْعُ أَلْفَاظًا مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٣٦﴾

سُورَةُ الْأَنْشِقَاءِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

إِذَا السَّمَاءُ انشَقَّتْ ﴿١﴾ وَأَذِنَتْ لِرَبِّهَا وَحُقَّتْ ﴿٢﴾ وَإِذَا الْأَرْضُ مُدَّتْ ﴿٣﴾ وَأَلْقَتْ مَا فِيهَا وَتَخَلَّتْ ﴿٤﴾ وَأَذِنَتْ لِرَبِّهَا وَحُقَّتْ ﴿٥﴾ تَبَّأُيُّهَا الْإِنْسَانُ إِنَّكَ كَادِحٌ إِلَى رَبِّكَ كَدْحًا فَمُلَاقِيهِ ﴿٦﴾ فَأَمَّا مَنْ أُوْتِيَ كِتَابَهُ بِيَمِينِهِ ﴿٧﴾ فَسَوْفَ يُحَاسَبُ حِسَابًا سَيِّئًا ﴿٨﴾ وَيُنْقَلَبُ إِلَىٰ أَهْلِهِ مَسْرُورًا ﴿٩﴾ وَأَمَّا مَنْ أُوْتِيَ كِتَابَهُ وَرَاءَ ظَهْرِهِ ﴿١٠﴾ فَسَوْفَ يَدْعُوا ثُبُورًا ﴿١١﴾ وَيَصْلِي سَعِيرًا ﴿١٢﴾ إِنَّهُ كَانَ فِي أَهْلِهِ مَسْرُورًا ﴿١٣﴾ إِنَّهُ ظَنَّ أَن لَّنْ نُّحِورَ ﴿١٤﴾ بَلَىٰ إِنْ رَبُّهُ كَانَ بِيَدٍ بَصِيرًا ﴿١٥﴾ فَلَا أَقْسِمُ بِالشَّفَقِ ﴿١٦﴾ وَاللَّيْلِ وَمَا وَسَقَ ﴿١٧﴾ وَالْقَمَرِ إِذَا اتَّسَقَ ﴿١٨﴾ لَتَرْكَبُنَّ طَبَقًا عَن طَبَقٍ ﴿١٩﴾ فَمَا لَهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٢٠﴾ وَإِذَا قُرِئَ عَلَيْهِمُ الْقُرْآنُ لَا يَسْجُدُونَ ﴿٢١﴾ بَلِ الَّذِينَ كَفَرُوا يَكْذِبُونَ ﴿٢٢﴾ وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا يُوعُونَ ﴿٢٣﴾ فَبَشِّرْهُمْ بِعَذَابٍ أَلِيمٍ ﴿٢٤﴾ إِلَّا الَّذِينَ ءَامَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَهُمْ أَجْرٌ غَيْرُ مَمْنُونٍ ﴿٢٥﴾

36 (Nga bwe bagamba nti) abaffe abatakiriza basasuddwa bye baalinga bakola.

SURAT AL-INSHIQAAQ

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Al-inshiqaaq. Ssura ya kinaana munnya (84). Yakkira Makkah, era erina aya abiri mutaano (25). Essura eno etandika n'akwogera ku mbeera erituuka ku bitonde ku lunaku lw'enkomerero, nga bwekiri mu ssura An-naba'a, At-twaariq ne Al-Infitwaari. Mu Ssura Al-Inshiqaaq, Katonda ayogera ku lunaku lw'enkomerero mu bufunze, wabula mu ngeri yanjawulo. Ku olwo, ebitonde bigenda kukkiriza era byeweeyo eri Katonda nti ekituuseewo y'akikoze era y'akyagadde kibeewo. Mu kino mulimu ekyokuyiga nti bulijjo omuntu atekwa ekuteekateeka omwoyo gwe okuba omugonvu eri Katonda we, era yeetegekere okudda eri Katonda we ng'asiimiddwa.

Omuntu alina kwetegeka ng'akola ebyo Katonda by'amulagira n'okweziyiza ebyo bye yamugaana, ebisangibwa mu Kur'ani n'enjigiriza ya Nabbi Muhaammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam). Era mu ssura eno, Katonda alayira ebimu ku bitonde bye abantu bye balaba bulijjo. Katonda ky'agenderera kujjukiza bantu nti ebitonde ebyo buli kimu kye kikola kiri ku nteekateeka ya Katonda. Era singa kiba kigivuddeko ensi tesigala mu butebenkevu bwayo. Nabwekityo, omuntu mu bulamu bwe, Katonda amuggya ku mutendera ogumu n'amuzza ku mulala. Era n'amukyusiza embeera n'amuggya mu gy'aba alimu n'amuzza mundala okutuusa lw'alimutuusa ku mutendera ogusembayo. Olwo omuntu n'aba nga ky'asigazza kuisinkana Mukama Katonda we. N'olwekyo omuntu ky'alina okukola kwe kukkiriza Katonda omu, era n'okukola ebyo Katonda by'amulagira. Wabula abantu abamu basalawo butakkiriza era ne bajeema. Katonda Owekitibwa ky'ava abuuza ekibagaana okukkiriza n'okugoberera obubaka obwabatumirwa.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Eggulu bwe liryeyasaamu.
- 2 Ne ligondera ekiragiyo kya Mukama waalyo, era nga bwe kyandibadde.
- 3 Ensi bw'eriseetezebwa.
- 4 N'ewardula ebagirimu n'esigala nga njereere.
- 5 Neegondera ekiragiyo kya mukama waayo era nga bwe kyandibadde.
- 6 Owange ggwe omuntu! Otakabana olutakabana (okukola emirumu) ng'odda eri Katonda wo. Era oli wakumusiinkana.

24 Essanyu eriribeera ku maaso gaabwe ligenda kukulaga okwesiima kwebalimu.

25 Baligabulwaga omubisi (ogw'omu Jjana) omusaanikire obulungi.

26 (Olunaagunywangako) ng'owulira akawoowo ka misk. Ne mu kyo, abaagala okuvuganya mu kukola emirimu emirungi bavuganye.

27 Omubisi ogwo gugenda kutwabulwa mu Tasnim.

28 Tasnim nsulo erinywebwangako abalibeera okumpi ne Katonda.

29 Mazima abantu abo abaali abajeemu baalinga ku nsi nga basekerera abakkiriza.

30 Bwe baabayitangako nga babageyesa amaaso.

31 Ate nga bwe baddanga mu bantu baabwe nga beewaana.

32 Bwe baabalabangako nga bagamba nti mazima abo baabulira ddala.

33 Naye tebatumwanga kubeera nga bebalondoola emirimu gya bali.

34 Wabula olwaleero (olunaku lw'enkomerero) abo abakkiriza bajja kubeera nga basekerera abatakiriza.

35 (Abakkiriza) nga bali ku bitanda ebiwunde nga babakeneka.

7 Kale nno omuntu aliweebwa ekitabo kye mu mukono gwe ogwa ddyo.

8 Agenda kubalwa olubala olwangu.

9 Era adde eri banne nga musanyufu.

10 Naye oyo aliweebwa ekitabo kye emabega w'omugongo gwe.

11 Agenda kukuba ebiwoobe.

12 Yeesogge omuliro Sa-iira.

13 Kubanga yabeeranga (ku nsi) mu Bantu be nga musanyufu (mu kujeeamera amateeka ga Mukama Katonda).

14 Bambi! yalooza nti tagenda kuzuukira.

15 So nno, mazima Katonda we yalinga amulaba.

16 Ndayira ekire ekimyufu ekibaawo ng'enjuba yakagwa.

17 Ne ndayira n'ekiro n'ebyo bye kikungaanya.

18 Era ndayira omwezi bwe guba gujjudde.

19 Mujja kukyusibwakyusibwa mu mbeera zammwe.

20 Naye lwaki tebakkiriza!

21 Ne Kur'ani bw'ebasomerwa tebauunnama.

22 Ensonga egaana abatakkiriza (okuvuunnama) kubanga balimbisa Kur'ani.

23 So nga Katonda amannyidde ddala bye bakweka (mu mitima gyabwe).

24 Bawe amawulire nti bagenda kubeera mu bibonerezo ebiruma.

25 Okuggyako abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu. Abo bebagenda okufuna empeera etakutukawo.

SURAT AL-BURUUJ

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Al-buruuj. Ssura ya kinaana mutaano (85). Yakkira Makkah, era erina aya abiri mubbiri (22). Katonda yatandika nakulayira eggulu eririmu ebifo emmunyenye mwezitambulira. Katonda agoberezaako okulayira olunaku lw'enkomerero. Era n'alayira n'aliwa obujulizi, n'oyo gwe balibuwaako. Katonda ky'agenderera mu kulayira kuno Katonda akkatiriza okuba nti yakolimira abo abaasima agannya ne bakumamu omuliro ne batuula ku mabbali nga balindiridde okusuulamu abaali banyweredde ku kukkiriza Katonda omu. Byonna bye baakola ku bakkiriza, baabikolanga mu bugenderevu. So ng'ate tebalina kye babavunaana wabula okukkiriza Katonda omu. Olwokuba Katonda ye nnannyini bufuzi bw'eggulu n'ensi byonna bye baali bakola yali abiraba.

Mu Hadith ya Muslim ne Tirimith, Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) atunyumiza nti waaliwo Kabaka eyawalagganya ennyo abakkiriza n'asima agannya mwe yakuma omuliro n'atuula ku bbali waago n'asuulamu buli

أياتها
٢٢

سُورَةُ الْبُرُوجِ

آياتها
٨٥

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

وَالسَّمَاءِ ذَاتِ الْبُرُوجِ ١ وَالْيَوْمِ الْوَعْدِ ٢ وَشَاهِدٍ وَمَشْهُودٍ ٣ قِيلَ اصْحَبِ الْأَحْدُودِ ٤ النَّارِ ذَاتِ الْوَقُودِ ٥ إِذْ هُرِّعَتْهَا فُجُودٌ ٦ وَهُمْ عَلَىٰ مَا يَفْعَلُونَ بِالْمُؤْمِنِينَ شُهُودٌ ٧ وَمَا نَقَمُوا مِنْهُمْ إِلَّا أَن يُؤْمِنُوا بِاللَّهِ الْعَزِيزِ الْحَمِيدِ ٨ الَّذِي لَهُ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ وَاللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدٌ ٩ إِنَّ الَّذِينَ فَتَنُوا الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ ثُمَّ لَمْ يَتُوبُوا فَلَهُمْ عَذَابٌ جَهَنَّمَ وَهُمْ فِيهَا فِي الْعَذَابِ أَكْرَبُونَ ١٠ إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَهُمْ جَنَّاتٌ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ ذَلِكَ الْفَوْزُ الْكَبِيرُ ١١ إِنَّ بَطْشَ رَبِّكَ لَشَدِيدٌ ١٢ إِنَّهُ هُوَ بَدِئُ الْوَعْدِ ١٣ وَهُوَ الْعَوْدُ الْوَعْدِ ١٤ ذُو الْعَرْشِ الْحَمِيدُ ١٥ فَعَالَ لِمَا يُرِيدُ ١٦ هَلْ أُنْكِدُ حَدِيثَ الْجَنُودِ ١٧ فَرَعُونَ وَتَمُودَ ١٨ بِلِ الَّذِينَ كَفَرُوا فِي تَكْذِيبِ ١٩ وَاللَّهُ مِنْ وَرَائِهِمْ مُحِيطٌ ٢٠ بَلْ هُوَ فَرَقَ أَنْ يُحْمَدَ ٢١ فِي لَوْجٍ مَحْفُوظٍ ٢٢

أياتها
٢٢

سُورَةُ الطَّارِقِ

آياتها
٨٥

eyamwawukanako nakkiriza Katonda omu. Abo abaabonyabonya abakkiriza, Katonda atutegeeza nti agenda kubatuusaako ebibonerezo eby'omuliro Jahannama. Ate abakkiriza ne bakola emirimu emirungi Katonda yabalagaanyisa Ejjana nga emigga gikulukutira mu yo. Kino nga kwekwesiima okwannamaddala.

Katonda era atutegeeza mu ssura eno nti okubonereza kwe kwa maanyi nnyo ku oyo gw'aba asazeewo okubonereza. Katonda ye yatandikawo ebitonde byonna era ye w'okubizzaawo ate nga musonnyiyi nnyo. Era ayagala nnyo abaddu be abakola emirimu emirungi era nga nabo bamwagala. Katonda ye nnannyini buyinza obusembayo, ky'aba asazeewo ky'ekiba.

Katonda atuleetera ebyokulabirako bya Firaawo ne Thamuud abaali abaamaanyi. Firaawo ayogerwako nga yalina obufuzi obwamaanyi obutanyenzezebwa. N'abantu ba Thamuud abazimbanga enju mu njazi. Bonna Katonda yabazikiriza.

Awamu n'ebyo byonna eby'ogeddwa waggulu abatakkiriza bagenda mu maaso n'okulimbisa

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

وَالسَّمَاءِ وَالطَّارِقِ (١) وَمَا أَدْرَاكَ مَا الطَّارِقُ (٢) النَّجْمُ الثَّاقِبُ (٣) إِنَّ كُلَّ
 نَفْسٍ لَّمَّا عَلَيهَا حَافِظٌ (٤) فَلْيَنْظُرْ إِلَى آدَمِ مَنْ مِمَّ خُلِقَ (٥) خُلِقَ مِنْ مَّاءٍ
 دَافِي (٦) يَخْرُجُ مِنْ بَيْنِ الصُّلْبِ وَالتَّرَائِبِ (٧) إِنَّهُ عَلَى رَجْعِهِ لَقَادِرٌ (٨)
 يَوْمَ تَبَى السَّرَائِرُ (٩) فَمَا لَهُ مِنْ قُوَّةٍ وَلَا نَاصِرٍ (١٠) وَالسَّمَاءَ ذَاتِ الرَّجْعِ (١١)
 وَالْأَرْضَ ذَاتِ الصَّدْعِ (١٢) إِنَّهُ لَقَوْلُ فَصْلٍ (١٣) وَمَا هُوَ بِأَهْزَلٍ (١٤) وَهُمْ
 يَكِيدُونَ كَيْدًا (١٥) وَأَكِيدُ كَيْدًا (١٦) فَمَهْلُ الْكَافِرِينَ أَمَهُلُهُمْ رُوبًا (١٧)

سُورَةُ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيمِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

سَبَّحَ اسْمُ رَبِّكَ الْأَعْلَى (١) الَّذِي خَلَقَ سُبُوٓهُ (٢) وَالَّذِي قَدَرَفَهْدَى
 (٣) وَالَّذِي أَخْرَجَ الْمَرْعَى (٤) فَجَعَلَهُ غَنَاءً أَحْوَى (٥) سُبْحٰنَكَ
 فَلَا تَسْبُحُ (٦) إِلَّا مَا شَاءَ اللَّهُ إِنَّهُ يَعْلَمُ الْجَهْمَ وَمَا يَخْفَى (٧) وَيَسْرُكَ
 لِلْيَسْرَى (٨) فَذَكِّرْ إِنْ نَفَعَتِ الذِّكْرَى (٩) سَيِّدُكَرٍ مِنْ يَحْشَى (١٠)
 وَبِنَجْنَبِهَا الْأَسْفَى (١١) الَّذِي يَصِلُ النَّارَ الْكَبْرَى (١٢) ثُمَّ لَا يَمُوتُ
 فِيهَا وَلَا يَحْيَى (١٣) قَدْ أَفْلَحَ مَنْ تَزَكَّى (١٤) وَذَكَرَ اسْمَ رَبِّهِ فَصَلَّى (١٥)

bateenya, bakutuukibwako ebibonerezo by'omuliro Jahannama era balina ebibonerezo by'omuliro ogwokya ennyo.

- 11 Mazima abo abakkiriza ne bakola n'emirimu emirungi bajja kufuna Ejjana nga mukulukutira mu yo emigga. Okwo nno kwe kwesiima okwannamaddala.
- 12 Mazima okukwata kwa Mukamaawo kwamaanyi nnyo.
- 13 Kubanga yye ye mutandisi wa buli kintu era yewookubizzaawo.
- 14 Era musonyiyi nnyo, era abaagala nnyo.
- 15 Yye ye nanyini Arishi, Oweekitiibwa.
- 16 Akola buli ky'aba ayagadde.
- 17 Wali owulidde ku byafaayo by'amaggye.
- 18 Aga Firawo n'abantu ba Thamuud?
- 19 Wabula abo abatakkiriza bali mu kulimbisa.
- 20 So nga Katonda abeetoolodde.
- 21 Wabula yo Kur'ani (eyassibwa ku Nabbi Muhammad) ya kitiibwa.
- 22 Eri mu ggwandiikiro erikumwa obutiribiri.

SURAT AT-TWAARIQ

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye At-twaariq. Ssura ya kinaana mumukaaga (86). Yakkira Makka, era erina aya kumi namusanvu (17). Essura etandika nga Katonda alayira ebimu ku bitonde bye ebikulu nga eggulu n'emmunyenye ezimulisa ne zireeta ekitangaala ku nsi. Buno bumo ku bubonero obwenkukunala obulaga okubeerawo kwe n'obuyinza bwe.

Ekya mulayiza ebitonde ebyo, kwe kulaga nti omuntu aliko bamalayika abakuumi. Era omuntu agenda kubuuzibwa ku lunaku lw'enkomerero ku ebyo bye yakola ku nsi. Essura erimu okulabula omuntu obutajeemera Katonda. Era etulaga engeri Katonda gy'atondamu omuntu, n'olwekyo omuntu alina okugondera ebragirowo bye. Era amanye nti okuzuukira gyekuli.

Era Katonda atutegeeza nti Kur'ani ya mazima. Newankubadde abatakkiriza bakola enkwe ez'okugiwakanya naye ne Katonda akola enteekateeka ze ezookugikuuma. Ky'ava akubiriza Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) okubalindiriza akaseera. Katonda yaddamu naalayira mu ssura y'emu, Eggulu ewava enkuba eddingana okutonnya n'emeza emmere, ebibala n'omuuddo okuva mu ttaka ne biyimirizaawo omuntu n'ebiramu ebirala.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Ndayira eggulu n'emmunyenye ezirabika ekiro.

obubaka bwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) so ng'ate Katonda abeetoolodde.

Katonda amaliriza essura eno n'okwogera ku Kur'ani nga bw'eri eyeeekitiibwa, ekuumirwa mu ggwandiikiro erikumibwa obutiribiri.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Ndayira eggulu eririmu ebifo omutambulira emmunyenye (nga mwe muli enjuba n'omwezi).
- 2 Era ndayira olunaku olwalagaanyisibwa (olunaku lw'enkomerero)
- 3 Era ndayira oyo alina obujulizi n'oyo gwabalibuwaako (ku lunaku lw'enkomerero).
- 4 Katonda yagoba mu kusaasira kwe abo abaasima agannya.
- 5 Gebaakumamu omuliro ogubumbujja.
- 6 Bwebaatuula awo ku mabbali waagwo.
- 7 Nga bo (bennyini) balaba buli kyonna kyebakola ku bakkiriza.
- 8 Tebaalina kye baali babavunaana okuggyako okukkiriza Katonda oweekitiibwa atenderezebwa.
- 9 Oyo omufuzi w'eggulu n'ensi era Katonda oyo alaba buli kintu kyonna.
- 10 Mazima abo abawalagganya abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi ate ne

2 Naye omanyi emmunyenye ezirabika ekiro kye ki?

3 Z'emmunyenye ezaaka ennyo ekitangaala kyazo ne kiyita mu nzikiza nekituuka ku nsi.

4 Buli muntu yenna aliko abakuumi (Bamalayika).

5 Kale nno omuntu yalibadde atunuulira kyeyatondebwamu.

6 Yatondebwa ng'aggyibwa mu mazzi agasambattuka.

7 Nga gava wakati w'omugongo gw'omusajja n'amasaabiro g'omukazi.

8 Mazima ddala oyo (Katonda) asobolera ddala okumuzzaawo.

9 Ku lunaku ebyama byonna lwebiribikkulwa.

10 Omuntu tagenda kuba na maanyi gonna yadde omutaasa.

11 Era ndayira Eggulu ewava enkuba etonnya nga eddingana.

12 Ne ndayira n'ettaka eryeyasa olw'okumeza ebimera.

13 Mazima ddala yo (Kur'ani) kigambo ekyawula wakati w'amazima n'obulimba.

14 Kur'ani si ya lusaago.

15 Mazima abatakkiriza basala enkwe.

16 Nange nenkola enteekateeka zange.

17 Abatakkiriza balindirize, nange mbawadde akaseera katono.

SURAT AL-A'ALA

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Al-A'ala. Ssura ya kinaana mumusanvu (87). Yakkira Makka, era erina aya kumi namwenda (19).

Katonda oweekitiibwa yatandika essura eno nakulagira Nabbi Muhammad (ﷺ) n'abagoberezi be okutendereza erinnya lya mukama Katonda, oyo owawaggulu asinga okuba oweekitiibwa.

Okutendereza kuno kweyawulidde Katonda yekka. Kubanga alina byeyakola ne by'akola nga tewali asobola kubigeegeenyako. Era Katonda atutegeeza ku bimu bye yatonda mu ngeri ennungi era nga yeesinga okuba entuufu. Ate nga era teyakoma kukubikola bukozi wabula yabiteerawo amakubo n'enteekateeka mwe birina okuyita okusobola okubaawo.

Katonda ky'ava agamba Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nga amugumya nti: yye eyakola ebyo eby'ogeddwako waggulu ajja kumwanguyiza omulimu ogumuweereddwa. Newankubadde Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yali tamanyi kusoma nakuwandiika tasaanye kweraliikirira nti ajja kukalubirira omulimu ogumutumiddwa; Katonda eyamutuma ye nnanyini buyinza era omusobozi wa buli kintu. Mu ssura eno,

Katonda ayongera okugumya Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nti tamulagaanyisizza kukuuma bubaka kyokka wabula era amukakasa nti ajja kumusobozesa okuteeka eddiini eno munkola. Katonda era alagira Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) n'abagoberezi be okukola omulimu gw'okusaasaanya obusiraamu kubanga obusiraamu ddiini nnambulukufu, era buli muntu alinamu akatoola ajja kugigoberera. Wabula ye omwonoonefu wakufaafaaganirwa. Era wakuyingizibwa mu muliro ogujjudde okubonaabona.

Katonda ayongera n'atutegeeza nti omuntu ayanukula okukoowoola okujja eri obusiraamu n'agattako okukola emirimu emirungi oyo agenda kwesiima ku lunaku lw'enkomerero.

Okusiniziira ku by'ogeddwako waggulu omuntu asuubirwa okukolerera ennyo enkomerero. Kubanga obulamu bw'enkomerero bwa lubeerera. So nga ate obulamu bw'ensi bwakuggawo.

Katonda oweekitiibwa akomekkereza essura eno nga atutegeeza nti bino byonna si bipya kubanga biri ne mu biwandiiko ebyakulembera ebya Ibrahim (عليه السلام) ne Musa (عليه السلام).

Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yayagalanga nnyo okusoma essura eno nga asaala esswala ye Jjuma ne Iddi (Muslim ne Ahmad bin Hambal).

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Tendereza erinnya ly'omulezi wo Katonda owa waggulu.

2 Oyo Katonda eyatonda n'atereeza.

3 Era Katonda eyateekateeka buli kintu n'akyenkanyankanya.

4 Era oyo ameza omuddo oguliibwa ebisolo.

5 Oluvannyuma agufuula omukalu.

6 Tujja kukusomesa Kur'ani obeere nga teweerabira by'osomye.

7 Okuggyako ebyo Katonda by'anaaba ayagadde okukwerabiza. Katonda y'amanyi ehyogerwa mu lwatu ne mu kyama.

8 Tujja kwanguyiza amateeka gabeere mangu.

9 Kale builirira bwe kuba nga okubuulirira kunaagasa.

10 Anaaganyulwa oyo atya Katonda.

11 Omwonoonyi ajja kwesamba okubuulirira okwo.

12 Oyo alyesogga omuliro ogwamaanyi.

13 Ng'amaze okusonsekebwa mu muliro ogwo, tagenda kufa ate tagenda kufuna bulamu (obwesiimisa).

14 Mazima yeesiimye omuntu eyeetukuza.

15 N'ayogera ku linnya ly'omulezi we

بَلْ تُؤْثِرُونَ الْحَيَوَةَ الدُّنْيَا ﴿١٦﴾ وَالْآخِرَةَ خَيْرٌ وَأَبْقَى ﴿١٧﴾ إِنَّ
هَذَا لَفِي الصُّحُفِ الْأُولَى ﴿١٨﴾ صُحُفِ إِبْرَاهِيمَ وَمُوسَى ﴿١٩﴾

سُورَةُ الْغَاشِيَةِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

هَلْ أَتَاكَ حَدِيثُ الْغَاشِيَةِ ﴿١﴾ وَجُوهٌُ يَوْمَئِذٍ خَلْشَعَةٌ ﴿٢﴾
عَامِلَةٌ نَّاصِبَةٌ ﴿٣﴾ تَصَلَّى نَارًا حَامِيَةً ﴿٤﴾ تَسْقَى مِنْ عَيْنٍ عَابِيَةٍ ﴿٥﴾
لَيْسَ لَهُمْ طَعَامٌ إِلَّا مِنْ ضَرِيحٍ ﴿٦﴾ لَا يُسْمِنُ وَلَا يُغْنِي مِنْ جُوعٍ ﴿٧﴾
وَجُوهٌُ يَوْمَئِذٍ نَاعِمَةٌ ﴿٨﴾ لَسَعِمَها رَاضِيَةٌ ﴿٩﴾ فِي جَنَّةٍ عَالِيَةٍ ﴿١٠﴾
لَا تَسْمَعُ فِيهَا لَغِيَةً ﴿١١﴾ فِيهَا عَيْنٌ جَارِيَةٌ ﴿١٢﴾ فِيهَا سُرٌّ مَرْفُوعَةٌ ﴿١٣﴾
وَأَكْرَابٌ مَوْضُوعَةٌ ﴿١٤﴾ وَمَنَارِقٌ مَصْفُوفَةٌ ﴿١٥﴾ وَزَكَرَاتُ مَبْنُوتَةٌ ﴿١٦﴾
أَفَلَا يَنْظُرُونَ إِلَى الْإِبِلِ كَيْفَ خُلِقَتْ ﴿١٧﴾ وَإِلَى السَّمَاءِ كَيْفَ
رُفِعَتْ ﴿١٨﴾ وَإِلَى الْجِبَالِ كَيْفَ نُصِبَتْ ﴿١٩﴾ وَإِلَى الْأَرْضِ كَيْفَ
سُطِحَتْ ﴿٢٠﴾ فَذَكَرْ إِنَّمَا أَنْتَ مُذَكَّرٌ ﴿٢١﴾ لَسْتَ عَلَيْهِمْ
بِمُصَيِّرٍ ﴿٢٢﴾ إِلَّا مَنْ تَوَلَّى وَكَفَرَ ﴿٢٣﴾ فَيُعَذِّبُهُ اللَّهُ الْعَذَابَ
الْأَكْبَرَ ﴿٢٤﴾ إِنَّ إِلَيْنَا إِيَابَهُمْ ﴿٢٥﴾ ثُمَّ إِنَّ عَلَيْنَا حِسَابَهُمْ ﴿٢٦﴾

(Katonda) n'asaala.

16 Wabula mmwe musukkulumya obulamu buno obw'ensi.

17 So nga obulamu obw'enkomerero bwebusinga obulungi era bwe bwokusigalawo.

18 Mazima bino biri mu biwandiiko ebyasooka.

19 Ebiwandiiko bya Ibrahim ne Musa.

SURAT AL-GHAASHIYAH

ENNYANJULA:

Erinnya ly'essura ye Al-Ghaashiyah. Ssura ya kinaana mumunaana (88). Yakkira Makka, era erina aya abiri mumukaaga (26).

Al-Ghaashiyah kitegeeza **ekibuutikira**. Eyitibwa erinnya lino kubanga olunaku lw'enkomerero lugenda kubuutikira abantu n'ebikangabwa byalwo. Ng'abantu beeyawuddemu ebibinja bibiri. Ekibinja ekisooka nga kigenda mu muliro. Era essura ennyonnyola ebitendo byabwe n'ebyo ebigenda okubatuukako. Mu ngeri y'emu ennyonnyola ebitendo by'ekibinja eky'okubiri eky'abantu abaliyingira ejjana. Mu ssura eno, Katonda atutegeeza nti abantu batekwa batunuulire ebimu ku bitonde bye,

byebalaba mu bulamu bwabwe obwabulijjo, okugeza nga engamiya, ensozi, ensi n'eggulu bakunemu eky'okuyiga nti Katonda nga bwe yatonda ebitonde eby'omugaso ebrabikako mu bulamu bwabwe obwabulijjo, alina obuyinza n'obusobozi bw'okubizuukiza.

Katonda teyatuleka kutunuulira bitonde bye byokka, awamu n'okuba nti byandibadde bimala wabula yatuma n'ababaka batuuse obubaka eri abantu. Mu ssura eno, Katonda ky'ava agamba nti, babuulire ebifa ku lunaku lw'enkomerero. Omulimu gwo gwakubuulirira. Okulunganya kwa Katonda. Wabula abanaawakanya baakutuukibwako ebibonerezo ebikakali.

Omuntu ateekwa akole ebituufu ebimutuusa mu bulungamu ave ku ebyo eby'okuwakanya amateeka ga Katonda kuba eri Katonda y'eri okubalibwa kw'abantu n'obuddo bwabwe.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Abaffe wali ofunye okunyumizibwa ku kibuutikira (eky'olunaku lwenkomerero)?

2 Olunaku olwo ebyenyi bigenda kuba nga biswavu.

3 Nga bitawaana, nga bikoowu.

4 Nga byesonseka omuliro ogwengeredde.

5 Bigenda kunywesebwa ku luzzi olweseze.

6 Abantu abo tebagenda kubeera na kyakulya kyonna okuggyako emiti egy'amaggwa.

7 Egitaliimu kiriisa wadde okuwonya enjala.

8 Ebyenyi ebirala bigenda kubeera mu byengera.

9 Bigenda kusiima olw'okutakabana kwabyo.

10 Nga biri mu Jjana eyawaggulu.

11 Togenda kuwulira mu yyo bigambo by'abutaliimu.

12 Mu Jjana mulimu ensulo ezikulukuta.

13 Era nga mulimu ebitanda ebitufu (Ebiwunde).

14 N'ebikopo ebinyerwamu ebitegekeddwa.

15 N'emitto egisimbiddwa ennyiriri.

16 N'ebyaliiro nga byanjuluziddwa.

17 Abaffe tebatunuulira (olutunuulira olw'okuyiga) engamiya ngeri ki bweyatondebwa?

18 N'eggulu nga bwe lyasitulwa!

19 N'ensozi engeri gye zaasimbwamu?

20 N'ensi engeri gye yaseetezewamu.

21 Kale nno buulirira gwe (Nabbi Muhammad) kubanga oli mubuulirizi.

22 Toliwo kubakaka.

23 Naye abo abanaava ku bigambo byo ne bajeema.

24 Katonda agenda okubabonereza ebibonerezo ebisinga okuba ebikakali.

25 Mazima ddala gyetuli y'eri obuddo bwabwe.

26 Oluvannyuma ffe tugenda okubabala.

SURAT AL-FAJR

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Al-fajr. Ya kinaana mumwenda (89). Yakkira Makka era erina aya amakumi asatu (30). Essura eno, Katonda yagitandika na kulayira Mmambya. Emmambya y'eyawula wakati w'ekiro n'emisana. Okwo yazaako okulayira ebibiri bibiri n'ebyensusuuba era n'alayira n'ekiro bwekiba nga kijja oba nga kigenda. Olw'obukulu bw'ebintu ebyo Katonda bye yalayira, ky'ava agamba nti okulayira ebintu ebyo Omuntu alina amagezi agafumiitiriza ategeera obukulu bwabyo.

Oluvannyuma lw'okulayira, Katonda atutegeeza ebyafaayo ebikulu ennyo bisatu. Ebyo abantu bye balina okutwala ng'ebyokulabirako mu kumanya n'okutegeera obuyinza bwa Katonda.

Ekisooka, kye ky'abantu ba A'adi: bano baali bantu Katonda beyatonda nga bawagguufu abatatondebwangako babafaanana mu nsi. Ne Nabbi waabwe eyabatumwamu ye Huud (الهدى). Ekyokubiri ky'ekika kya **Thamud** eky'abantu abaali abamaanyi ennyo. Baalinga bawuukuula enjazi ne bazizimbisa amayumba. Ekyokusatu ye **Firaawo** omujeemu eyalina eggye ery'amaanyi.

Ebika by'abantu ebyo byonna Katonda atutegeeza nti byajeema ne biyitiriza obwonoonefu. Katonda kye yava abituusaako ebibonerezo ebikambwe. Era Katonda atutegeeza nti abo bonna abajeema ne boonoona tebayinza kumulemesa wabula akyabalindirizzaako bulindiriza.

Mu aya eye 15 ne 16 Katonda ayogera ku mbeera y'abantu abemalira ennyo ku by'enfuna by'ensi byokka. Era Katonda atutegeeza nti abantu abamu bw'abageza n'abagaziyiriza eby'enfuna ne biba birungi bagamba nti "Katonda atugabidde era atwagala". Wabula ate bw'abakendereza bagamba nti; "Katonda atukkakanyiza era tatwagala".

Minzaane eyo gyebapimisa okwagalwa kwa Katonda oba obutabaagala nkyamu. Kubanga bannabbi ba Katonda n'abo abalongoofu bebandibadde basinga okuba n'ebyenfuna ebingi era tebandibadde na buzibu bwonna.

Abantu abalina endowooza egamba nti okwagalibwa Katonda Oteekwa kuba na byanfuna bingi, oba obutakwagala kwe kukendeeza emmaali, Katonda ayongerera okutegeeza egimu ku mize gy'abwe;

سُورَةُ الْفَجْرِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
 وَالْفَجْرِ ١ وَلَيَالٍ عَشْرٍ ٢ وَالشَّفْعِ وَالْوَتْرِ ٣ وَاللَّيْلِ إِذَا يَسِرُ ٤
 هَلْ فِي ذَلِكَ قَسَمٌ لِّذِي حِجْرِ ٥ أَلَمْ تَرَ كَيْفَ فَعَلَ رَبُّكَ بِعَادٍ ٦
 إِرْمَ ذَاتِ الْعِمَادِ ٧ الَّتِي لَمْ يُخْلَقْ مِثْلُهَا فِي الْبِلَادِ ٨
 وَثَمُودَ الَّذِينَ جَابُوا الصَّخْرَ بِالْوَادِ ٩ وَفِرْعَوْنَ ذِي الْأَوْتَادِ ١٠
 الَّذِينَ طَعَنُوا فِي الْبِلَادِ ١١ فَكَثُرُوا فِيهَا الْفَسَادَ ١٢ فَصَبَّ
 عَلَيْهِمْ رَبُّكَ سَوْطَ عَذَابٍ ١٣ إِنَّ رَبَّكَ لَيَا لَمْرَصَادٍ ١٤ فَأَمَّا
 الْإِنْسَانَ إِذَا مَا ابْنَلَهُ رَبُّهُ فَأَكْرَمَهُ وَنَعَّمَهُ فَيَقُولُ رَبِّي أَكْرَمَنِ ١٥
 وَأَمَّا إِذَا مَا ابْنَلَهُ فَقَدَّرَ عَلَيْهِ رِزْقَهُ فَيَقُولُ رَبِّي أَهْنَنِ ١٦
 كَلَّا بَلْ لَّا تَكْرُمُونَ الْيَتِيمَ ١٧ وَلَا تَحْضُونَ عَلَى طَعَامِهِ
 الْمَسْكِينِ ١٨ وَتَأْكُلُونَ الثَّرَاثَ أَكْلًا لَمًّا ١٩
 وَتَحْبَسُونَ الْمَالَ حَبًّا جَمًّا ٢٠ كَلَّا إِذَا دُكَّتِ الْأَرْضُ دَكًّا
 دَكًّا ٢١ وَجَاءَ رَبُّكَ وَالْمَلَكُ صَفًّا صَفًّا ٢٢ وَجَاءَ يَوْمَئِذٍ
 بِجَهَنَّمَ يَوْمَئِذٍ يَنْذِكُرُ الْإِنْسَانَ وَاتَى لَهُ الذِّكْرَى ٢٣

N'agamba nti tebatera kuyisa bulungi bamulekwa wadde okukubiriza banaabwe okuliisa abanaku.

Era abantu abo balulunkanira ebyenfuna ekissuse ate nebagattako n'okulya emmaali ya bamulekwa.

Ku nkomerero y'essura, Katonda atutegeeza nti abakozi b'emirimu emirungi bagenda kudda gy'ali nga basiimye era nga basiimiddwa bayingire ejjana.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Ndayira emmambya.

2 N'ebiro ekkumi.

3 N'ebibiri bibiri n'ebyensusuuba;

4 N'ekiro bwekiba nga kitambula (nga kijja oba nga kivaawo).

5 Abaffe mu kulayira kuno temuliimu kwebuulirira eri oyo alina amagezi.

6 Tewamanya ebyo Omuleziwo (Katonda) bye yatuusa ku bantu b'ekika kya A'adi.

7 Aba-Irama abawagguufu.

8 Tawatondebwangayo babafaanana mu nsi.

9 N'ebyo byeyatuusa ku ba Thamud abaawukuulanga enjazi mu lusenyi.

يَقُولُ يَلِيَّتِي قَدَمْتُ لِحِيَابِي ﴿٢٤﴾ فَيَوْمَئِذٍ لَا يُعَذِّبُ عَذَابُهُ أَحَدًا ﴿٢٥﴾
 وَلَا يُؤْتِيهِمْ نَاقَةَ أَحَدٍ ﴿٢٦﴾ يَتَأَيَّنُّهَا النَّفْسُ الْمُطْمَئِنَّةُ ﴿٢٧﴾ أَرْجَى
 إِلَيْكَ رَاضِيَةً مَرْضِيَّةً ﴿٢٨﴾ فَادْخُلِي فِي عِبَادِي ﴿٢٩﴾ وَادْخُلِي جَنَّتِي ﴿٣٠﴾

سُورَةُ الْبَلَدِ ﴿٩٠﴾

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

لَا أَقِيمُ هَذَا الْبَلَدِ ﴿١﴾ وَأَنْتَ حِلُّ هَذَا الْبَلَدِ ﴿٢﴾ وَاللَّهُ وَمَا وُلِدَ
 ﴿٣﴾ لَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنْسَانَ فِي كَبَدٍ ﴿٤﴾ أَيْحَسِبُ أَنْ لَنْ يَقْدِرَ عَلَيْنَا
 أَحَدٌ ﴿٥﴾ يَقُولُ أَهْلَكْتُ مَا لَا بَدَأَ ﴿٦﴾ أَيْحَسِبُ أَنْ لَمْ يَرَهُ أَحَدٌ
 ﴿٧﴾ أَلَمْ نَجْعَلْ لَهُ عَيْنَيْنِ ﴿٨﴾ وَلِسَانًا وَشَفَتَيْنِ ﴿٩﴾ وَهَدَيْنَاهُ
 النَّجْدَيْنِ ﴿١٠﴾ فَلَا أَقْنَمُ الْعَقَبَةَ ﴿١١﴾ وَمَا أَدْرَاكَ مَا الْعَقَبَةُ ﴿١٢﴾
 فَكَّ رِقَبَةٍ ﴿١٣﴾ أَوْ إِطْعَمَهُ فِي يَوْمٍ ذِي مَسْعَبَةٍ ﴿١٤﴾ يَتِيمًا ذَا مَقْرَبَةٍ
 ﴿١٥﴾ أَوْ مَسْكِينًا ذَا مَتْرَبَةٍ ﴿١٦﴾ ثُمَّ كَانَ مِنَ الَّذِينَ ءَامَنُوا وَتَوَاصَوْا
 بِالصَّبْرِ وَتَوَاصَوْا بِالْمَرْحَمَةِ ﴿١٧﴾ أُولَئِكَ أَصْحَابُ الْمَيْمَنَةِ ﴿١٨﴾ وَالَّذِينَ
 كَفَرُوا إِنَّا بِلَيْسَانِنَا لَهُمْ أَصْحَابُ الْمَشْأَمَةِ ﴿١٩﴾ عَلَيْهِمْ نَارُ مُؤَصَّدَةٌ ﴿٢٠﴾

سُورَةُ الْبَلَدِ ﴿٩٠﴾

23 N'omuliro bwegulireetabwa ku olwo, omuntu alijjukira bye yakola kuno ku nsi naye okujjukira kuno kugenda ku mugasaaki.

24 Agenda kugamba; zinsanze nze. Singa nategekera obulamu bwange buno.

25 Olunaku olwo Katonda ebibonerezo by'agenda okubonereza nabyo tabibonerezangako muntu yenna.

26 Era agenda okubasiba olusiba olutabangawo.

27 Owange ggwe omwoyo omutebenkevu (omuntu).

28 Dda eri Omulezi wo ng'oli musanyufu era asiimiddwa Katonda.

29 Olyoke oyingire mu baddu bange (abalongoofu).

30 Era oyingire mu jjana yange.

SURAT AL-BALAD

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Al-balad. Ssura ya kyenda (90). Yakkira Makkah, era erina aya amakumi abiri (20).

Surat Al-balad y'emu ku ezo Katonda zeyatandika n'okulayira. Katonda alayira kyonna ky'aba ayagadde. Mu ssura eno yatandika nakulayira kibuga Makkah olw'obukulu bwakyo. Makkah kimanyiddwa nti kibuga kya mizizo nga bwekiri mu Bukhari mu Hadith eva ku Ibin Abbas ng'agamba nti "Olunaku Makkah lwe yanunulwa okuva mu mikonu gy'abatakkiriza. Nabbi Muhammad (

Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti Katonda yafuula Makkah ekibuga eky'emizizo. Emiti gyamu tegitemwa, ebisolo tebiyiggibwa ...". Era mu Makkah, mwokka mwe mukolerwa emikolo gya Hijja, empagi y'obusiraamu eyokutaano. Newankubadde nga empagi endala ennya omuntu azikolera w'abeera wonna.

Era mu ssura eno, Katonda ategeeza Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) nti; Ekibuga Makkah kyali kyakumuddira, newankubadde mu kiseera essura eno weyakkira kyali mu mikonu gy'abatakkiriza bubaka bwa Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*).

Ate era mu ssura eno, Katonda alayira omuzadde (Adam ءاډام) ne kyeyazaala (Bazzukulu be) olw'okuba omuntu kye kimu ku bitonde bya Katonda ebyewuunyisa. Katonda yatonda omuntu nga bulijjo alina kubeera mu kutakabana. Wabula abantu abasinga obungi, okutakabana kuno bakuzozesa mu kukolerera bulamu bwa nsi bwokka. Ekitaalibadde kibi singa batakabana mu ngeri egoberera amateeka ga Katonda.

Era Katonda atulaga ngeri ki omuntu gye yandikozesesa ebyengera bye yamuwa. Mu bintu omuntu byeyandikoze mwe muli okununula abaddu oba abawambe, okuliisa

10 N'ebyo byeyatuusa ku Firaawo nannyini nkondo.

11 Abo bonna aboogeddwakwo beewaggula kuno ku nsi.

12 Ne bayitiriza nnyo obwonoonefu.

13 Omulezi wo (Katonda) kye yava abafukirira ebibonerezo eby'enjawulo.

14 Mazima ddala Omulezi wo (Katonda) abalindiridde.

15 Wabula omuntu, Omulezi we (Katonda) bw'amugezesa n'amugabira ebirungi, omuntu oyo agamba nti Katonda wange ampadde.

16 Ku ludda olulala bw'aba amugezesezza n'amufundiza ebyenfunaye agamba nti omulezi wange (Katonda) anzikakanyiza.

17 Nedda, wabula temuyisa bulungi bamulekwa.

18 Era temwekubiriza kuliisa banaku.

19 Ate nga mulya emmaali ya bamulekwa, olulya olugimalawo.

20 Era nga mwagala eby'enfuna okwagala okuyitiridde.

21 Nedda eyo si y'endaba entuufu ey'ebintu, ensi bweribeera nga ebetenteddwa.

22 Omulezi wo n'ajja nga ne Balamayika basimbye ennyiriri.

bamulekwa n'abanaku, awamu n'okuba nga akkiriza Katonda n'okweyisa obulungi. Bino nga byebirimuteeka mu bantu abagenda okwesiima ku lunaku lw'enkomerero. Buli yenna akola ekyennyume ky'ebyo akimanye nti enkomerero ye gugenda kuba muliro.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Ndayira ekibuga kino (Makkah).
- 2 Nga naawe (Muhammad) oli nzaalwa ya mu kibuga kino.
- 3 Era ndayira omuzadde ne baazaala.
- 4 Mazima twakola omuntu nga lubeerera abeera mu kutawaana.
- 5 Alowooza nti tewali n'omu ayinza kumusobola.
- 6 Ng'agamba nti nsaasanyiza emmaali nyingi nnyo.
- 7 Alowooza nti tewali n'omu amulaba.
- 8 Tetwamuwa amaaso abiri.
- 9 N'olulimi n'emimwa ebiri.
- 10 Era ne tumulunganya okumanya amakubo abiri (ery'ekirungi n'ery'ekibi).
- 11 Kale singa yabikozesa mu kuvvuunuka obuzibu.
- 12 Abaffe obuzibu obumanyi?
- 13 Kuta muddu;
- 14 Oba okuliisa mu kiseera eky'enjala;
- 15 Mulekwa, owooluganda olw'okumpi;
- 16 Oba omwavu lunkupe.
- 17 Ate era n'abeera mu abo abakkiriza. Ng'era balaamiragana obugumiikiriza nga bwe balaamiragana okusaasiragana.
- 18 Abo nno beebo abokubeera ku mukono ogwa ddyo.
- 19 Naye abo abawakanya ebigambo byaffe baakubeera ku mukono ogwa kkono.
- 20 Bagenda kubeera mu muliro omusaanikire.

SURAT ASH-SHAMSU

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Ash-shamsu. Ssura ya kyenda mu emu (91). Yakkira Makkah, era erina aya kumi nataano (15). Katonda yatandika essura eno na kulayira. Nga bulijjo, buli lw'alayira kyetaagisa okuwaayo ebirowoozo byaffe okutegeera ekimulayiza. Mu aya 1-6, alayira enjuba n'okwakaayakana kwayo, omwezi nga gugoberedde enjuba, ekiro nga kigibisse, eggulu n'engeri gye yalitondamu, era n'ensi n'engeri gye yajanjuluzaamu. Bino byonna by'alayidde, obulamu bwabuli kintu kwebutambulira. Mu aya 7-8, n'agoberezaako okulayira omuntu n'engeri gye yamutondamu n'amulagirira okumanya ekirungi n'ekibi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

وَالشَّمْسِ وَضُحَاهَا ١ وَالْقَمَرِ إِذَا تَلَّهَا ٢ وَالنَّهَارِ إِذَا جَلَّهَا ٣
وَاللَّيْلِ إِذَا يَغْشَاهَا ٤ وَالسَّمَاءِ وَمَا بَنَاهَا ٥ وَالْأَرْضِ وَمَا صَوَّرَهَا ٦
وَنَفْسٍ وَمَا سَوَّاهَا ٧ فَأَلْهَمَهَا فُجُورَهَا وَتَقْوَاهَا ٨ قَدْ
أَفْلَحَ مَنْ رَزَّهَا ٩ وَقَدْ خَابَ مَنْ دَسَّهَا ١٠ كَذَّبَتْ ثَمُودُ
بِطَعُونِهَا ١١ إِذْ أَنْبَعَتْ أَشْقَاهَا ١٢ فَقَالَ لَهُمْ رَسُولُ اللَّهِ
نَاقَةَ اللَّهِ وَسُقْيَاهَا ١٣ فَكَذَّبُوهُ فَعَقَرُوهَا فَدَمْدَمَ
عَلَيْهِمْ رَبُّهُمْ يَدْبُؤُهُمُ فُسُوقَهُنَّ ١٤ وَلَا يَخَافُ عُقْبَاهَا ١٥

سُورَةُ الشَّمْسِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

وَاللَّيْلِ إِذَا يَغْشَى ١ وَالنَّهَارِ إِذَا تَجَلَّى ٢ وَمَا خَلَقَ الذَّكَرَ وَالْأُنثَى ٣
إِنْ سَعَيْكُمْ لَسِئَتِي ٤ فَأَمَّا مَنْ آعطَى وَأَنْفَى ٥ وَصَدَقَ بِالْحَسَنِ ٦
فَسَيْئِرُهُ لِيُسرِي ٧ وَأَمَّا مَنْ يَخْلُ وَاسْتَعْتَى ٨ وَكَذَّبَ بِالْحَسَنِ ٩
فَسَيْئِرُهُ لِيُعسرِي ١٠ وَمَا يَعْنِي عَنْهُ مَا لَهُ إِذَا تَرَدَّى ١١ إِنْ عَلَيْنَا
لِللَّهُدَى ١٢ وَإِنَّا لِلْآخِرَةِ وَالْأُولَى ١٣ فَأَنْذَرْتُمْ كُرْهًا فَارْتَلَطَى ١٤

Ebintu byonna Katonda by'alayidde mu aya 1-6 bye bisobozesa omuntu okuwangaalira ku nsi atuukirize ekyamutonga, nga kwe kusinza Katonda. Mu kulayira kwa Katonda kwonna (aya 1-7) kugendererwamu kukakasa nti omuntu bw'anywerera ku ky'amutonga afuna okwesiima nga Katonda bw'akyogera mu aya eyo mwenda (9). So ng'ate bw'ava ku kyamutonga n'awakanya, n'ayoonoona, afaafaaganirwa. Nga Katonda bwatunyumiza mu aya eye kkumi (10) okufaananako ng'abantu b'omulembe gwa **Swaleh** aboogerwako mu aya 11-15. abaajeemera Nabbi Swaleh (ﷺ) ne batta engamiya eyali eky'amagero gye bali. Nabbi Swaleh (ﷺ) yali amaze okubalagira nti bakime amazzi olunaku, ate bagireke olunaku oludako enywe kubanga ku kyalo kwaliko oluzzi lumu.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Ndayira enjuba n'okwaka kwayo.
- 2 Era ndayira omwezi bweguba nga gugoberedde enjuba (ng'egudde)
- 3 Era ndayira obudde obw'emisana nga bwerudde enjuba.

- 4 Era ndayira ekiro bwekiba nga kigibisse.
- 5 Era ndayira eggulu n'eyalitonda.
- 6 Era ndayira ensi n'oyo eyajaaliira.
- 7 Era ndayira omuntu n'eyamutonda.
- 8 N'amuwa okwawula wakati w'ekibi n'ekirungi.
- 9 Yeesiimye alongoosa omwoyo gwe okuguggya mu bibi.
- 10 Aviiriddemu awo oyo agunnyaika mu bibi.
- 11 Abantu ba Thamuud, olw'obwonoonefu balimbisa omubaka waabwe.
- 12 Absinga obwonoonefu mu bo bwe yeesowolayo (n'afumita engamiya).
- 13 Omubaka wa Katonda n'abagamba "muleke engamiya ya Katonda n'okunywa kwayo".
- 14 Kyokka ne bamulimbisa (ne bamuwakanya) ne bagifumita. Katonda kwe kubabuutikira n'ebibonerezo ku lw'obwonoonefu bwabwe, ne baggweeramu awatali n'omu kuwona
- 15 Era taty nkomerero y'ekyo (eky'okubazikiriza).

SURAT AL-LAILI

ENNYAJULA: Erinnya ly'essura ye Al-laili. Ssura ya kyenda mubbiri (92). Yakkira Makkah, era erina aya abiri mwemu (21). Essura eno Katonda agitandika nakulayira tulyoke tuweeyo ebirowoozo byaffe eri ekyo ky'agamba. Katonda alayira enkyukakyuka y'obudde ekiro n'emisana kubanga bwe bumu ku bubonero obulaga okubaawo kwe, n'obuyinza bwe obuli mu nsi muno bwetulabako. Era n'alayira ekisajja n'ekikazi nga ensibuko ya byombi y'emu. Olwo omuntu alina amagezi asinziire ku bintu ebyo ebirayiddwa ategeere okubaawo kwa Katonda, n'obusobozi bwe. Era omuntu amanye nti Katonda yekka y'asaanidde okusinziirwa. Wabula ekyennaku, ku nsi abantu beeyisa mu ngeri zanjawulo. Mulimu abeeyisa obulungi, ne batuuka n'okuyamba abalala okusinziira ku kutya kwabwe Katonda n'okukkiriza obubaka obwava gy'ali. Abo ab'engeri eyo Katonda yabalaganyisa enkomerero ennungi. Waliwo omuteeko gw'abantu abalala abateeyisa bulungi. Bano bo tebaagala kuwuliza ky'abantu bali mu bwetaavu. Ekintu ekikulu abantu abo kyebatunuulira kuba nti bagaggawala era bali bulungi, ekibalowoozesa nti beemalirira mu byonna. Kino kibatuusa ku butakkiriza obubaka obwaweebwa Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam*) okubutuusa eri abantu bonna. Abantu ab'engeri eyo Katonda yabalagaanyisa enkomerero embi. Era mu ssura eno Katonda ategeeza abantu nti newankubadde ebyenfuna birina omugaso kyokka gukoma ku nsi. Ebyenfuna tebigenda kugasa muntu bw'aliba ajjuluddwa okuva mu bulamu bw'ensi okudda mu bulamu

obw'oluvannyuma. Kino kitegeeza nti entandikwa n'enkomerero byonna bya Katonda, era n'okulungama kuli mu buyinza bwa Katonda. Katonda akomekkereza essura eno ng'ategeeza abantu nti abakozi b'emirimu emibi bagenda kusasulwa mu ngeri ebasaanira, nga yakusuulibwa mu muliro. N'abantu abeeyisa obulungi ne batya Katonda baakusasulwa birungi byereere. N'olwekyo omuntu yenna buli ky'akola alina kukikola ku lwa Katonda lw'anaasasulwa empeera ennungi.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Ndayira ekiro bwekiba kibisse ensi.
- 2 Ndayira n'obudde bwemisana bwebuba nga bwetadde.
- 3 Era ndayira oyo eyatonda ekisajja n'ekikazi.
- 4 Mazima ddala okulafuubana kwammwe si kwekumu.
- 5 N'olwekyo, omuntu awaayo ekintu kyonna ng'atya Katonda.
- 6 Nakkiriza ebirungi ebiva mu kukkiriza Katonda.
- 7 Tujja kumwanguyiza ekkubo erimutuusa eri obwangu.
- 8 Ate oyo akodowala ne yeegaggasa (ng'alowooza nti ebiri ewa Katonda tabyetaaga).
- 9 N'alimbisa obubaka obwakkira ku Nabbi Muhammad
- 10 Tujja kumwanguyiza okutuuka eri obuzibu.
- 11 N'obugagga bwe tebugenda kumugasa ng'ayingidde okuzikirira (olw'ebikolwa bye ebibi)
- 12 Mazima kuli ku ffe okulungamya.
- 13 Era mazima ebikwata ku nkomerero ne ku nsi biri mu buyinza bwaffe.
- 14 Mbeekesa omuliro ogubumbujja.
- 15 Taliguyingira okuggyako oyo omwonoonefu ennyo.
- 16 Oyo alimbisa ebigambo bya Katonda n'ayawukana ku kugondera n'okukkiriza Katonda.
- 17 So nga oyo asinga okutya Katonda, ajja kugwesambisibwa.
- 18 Oyo awaayo ku by'alina ng'anoonya okwetukuza eri Katonda (so si bandabe oba okwatiikirira)
- 19 Nga tawaayo lwa kusasulwa.
- 20 Wabula okunoonya okusiimwa ewa mukamaawe owa waggulu ennyo.
- 21 Mazima ddala ajja kusiima ky'anaasasulwa.

SURAT AD-DHUHA

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Ad-dhuha. Ssura ya kyenda musatu (93). Yakkira Makkah, era erina aya kumi neemu (11).

Essura eno Katonda yagitandika na kulayira, ng'alayira ekiseera ky'akasana k'oku makya, era n'alayira n'ekiro nga kikutte enzikiza.

Okulayira kuno kugendererwamu kukakasa Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) nti Katonda tamulekereranga era tamwabuliranga. Kino kyalivo olwa Abaquraishi okumujejea nti Katonda yamwerabira olw'okuyitawo ekiseera ekiwanvu nga obubaka okuva eri Katonda tebuja eri Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam). Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) n'abeera nga yeeraliikirira nti Katonda yanyiiga oboolyawo yamwabulira. Essura eno egumya Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam), emunyweza, emukakasa era emwesiimisa nti enkomerero ye Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) y'egenda okuba ennungi okusinga entandikwa.

Mu aya 6-8, Katonda amuwa eky'okulabirako mu bulamu bwe [ye Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam)] okumukakasiza ddala nti by'amutegekedde ku nkomerero bisingira ddala eby'ensi. Essura eno erimu okutuyigiriza nti bwetutuuka mu birungi Katonda by'atuwadde, tujjukiranga okuyisa obulungi abeetaavu n'abali mu buzibu era n'okutendereza Katonda ku ebyo by'atuwadde. Essura Ad-Dhuha erimu ebyokuyiga bingi nga n'ebimu ku byo bye bino wammanga: Ekisooka, obulamu bw'ensi bulimu ebizibu n'olwekyo omuntu alina kubuyitamu na kugumiikiriza. Ekyokubiri, bulijjo omuntu atekwa okujjukira ebirungi ebimukoleddwa alyoke yebaze ebyengera ebyo. Ekirala, okwebaza ebyengera omuntu by'afuna tekimala kugamba nti Katonda wange webale, naye omuntu atekwa n'okuwaayo ku bimu ku byengera ebyo mu makubo Katonda g'ayagala era g'asiima.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Ndayira ekiseera ky'enkyakya ekyakasa akasooka.

2 Era ndayira ekiro bwekiba nga kikutte.

3 Omulezi wo Katonda takwabuliranga gwe (Nabbi Muhammad) era takukyawanga.

4 Era ddala enkomerero y'ennungi gy'oli okusinga entandikwa.

5 Era ddala Omulezi wo ajja kukuwa naawe osiime.

6 Teyakusanga ng'oli mulekwa n'akulabirira?

7 Era teyakusanga nga tomanyi n'akulungamya?

8 Era teyakusanga nga oli mwavu n'akugaggawaza?

9 Kale nno mulekwa tomukaayuukiranga.

10 N'omuntu asaba tomuboggoleranga.

11 Ate era ekyengera kyonna Omulezi wo

لَا يَصْلَحُهَا إِلَّا الْأَشْقَى ۝ الَّذِي كَذَّبَ وَتَوَلَّى ۝ وَسَيَجْزِيهَا
الْأَنْفَى ۝ الَّذِي يُؤْتِي مَالَهُ يَتَزَكَّى ۝ وَمَا لِأَحَدٍ عِنْدَهُ مِنْ
نِعْمَةٍ تُجْزَى ۝ إِلَّا ابْتِغَاءَ وَجْهِ رَبِّهِ الْأَعْلَى ۝ ۞ ۝ وَسَوْفَ يُرْضَى ۝ ۞

سُورَةُ الضُّحَى
أبوابها ١١
آياتها ١١

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
وَالضُّحَى ۝ ١ ۝ وَاللَّيْلِ إِذَا سَجَى ۝ ٢ ۝ مَا وَدَّعَكَ رَبُّكَ وَمَاقَلَى ۝ ٣ ۝
وَلَلْآخِرَةُ خَيْرٌ لَّكَ مِنَ الْأُولَى ۝ ٤ ۝ وَسَوْفَ يُعْطِيكَ رَبُّكَ
فَتَرْضَى ۝ ٥ ۝ أَلَمْ يَجِدْكَ يَتِيمًا فَآوَى ۝ ٦ ۝ وَوَجَدَكَ ضَالًّا
فَهَدَى ۝ ٧ ۝ وَوَجَدَكَ عَائِلًا فَأَغْنَى ۝ ٨ ۝ فَأَمَّا الْيَتِيمَ فَلَا تَهْجُرْ
٩ ۝ وَأَمَّا السَّائِلَ فَلَا تَنْهَرْ ۝ ١٠ ۝ وَأَمَّا بِنِعْمَةِ رَبِّكَ فَحَدِّثْ ۝ ١١ ۝

سُورَةُ الشَّرْحِ
أبوابها ٨
آياتها ٨

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
الْمُتَشَرِّحِ لَكَ صَدْرَكَ ۝ ١ ۝ وَوَضَعْنَا عَنكَ وَرِزْقَكَ ۝ ٢ ۝ الَّذِي
أَقْنَصَ ظَهْرَكَ ۝ ٣ ۝ وَرَفَعْنَا لَكَ ذِكْرَكَ ۝ ٤ ۝ فَإِنَّ مَعَ الْعُسْرِ يُسْرًا ۝ ٥ ۝ إِنَّ
مَعَ الْعُسْرِ يُسْرًا ۝ ٦ ۝ فَإِذَا فَرَغْتَ فَانصَبْ ۝ ٧ ۝ وَإِلَىٰ رَبِّكَ فَارْغَبْ ۝ ٨ ۝

Katonda ky'abanga akuwadde kinyumyengako.

SURAT ASH-SHARH

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Ash-sharh. Essura eno erina n'erinnya eddala, Alamu-Nashirah. Ssura ya kyenda munnya (94). Yakkira Makkah, era erina aya munaana (8).

Essura eyitibwa Ash-Sharh ekitegeeza okwanjuluzi. Okwanjuluzi kuno okwogerwako kwe kwawa Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) obusobozi bw'okukola omulimu Katonda gwe yamutuma. Essura eno eyogera ku Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam), obwannabi bwe n'emirimo gye. Era mu ssura eno Katonda atutegeeza nti omuntu ne bwanyiikira atya tasobola kutuuka ku kigendererwa kye okuggyako ng'ayambiddwako Katonda n'amuteerawo empenda ennungi n'amuggirawo obuzibu mu kkubo lyokutuukiriza emirimo gye.

Mu ssura eno mulimu ekyokuyiga nti omuntu bw'akola ekirungi asaanidde okwogerwako n'okusiiimwa olw'ekirungi ekyo. Katonda kye yava awa Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) ekitiibwa ky'okwogerwako buli kiseera era n'omuntu amwogerako n'okumusabira afuna empeera okuva ewa Katonda.

سُورَةُ التِّينِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

وَالَّذِينَ وَالزَّيْتُونَ ١ وَطُورِ سِينِينَ ٢ وَهَذَا الْبَلَدِ الْأَمِينِ ٣
 لَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنْسَانَ فِي أَحْسَنِ تَقْوِيمٍ ٤ ثُمَّ رَدَدْنَاهُ أَسْفَلَ سَفَلِينَ ٥
 إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ فَلَهُمْ أَجْرٌ غَيْرُ مَمْنُونٍ ٦
 فَمَا يُكَذِّبُكَ بَعْدُ بِالذِّكْرِ ٧ أَلَيْسَ اللَّهُ بِأَحْكَمَ الْحَاكِمِينَ ٨

سُورَةُ الْجَاثِقِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

أَقْرَأَ بِسْمِ رَبِّكَ الَّذِي خَلَقَ ١ خَلَقَ الْإِنْسَانَ مِنْ عَلَقٍ ٢ أقرأ وورثك
 الْأَكْرَمُ ٣ الَّذِي عَلَّمَ بِالْقَلَمِ ٤ عَلَّمَ الْإِنْسَانَ مَا لَمْ يَعْلَمُ ٥ كَلَّا إِنَّ
 الْإِنْسَانَ لِرَبِّهِ لَكَنَافٍ ٦ أَنْ رَأَاهُ اسْتَعْجَلَنِي ٧ إِنَّ إِلَىٰ رَبِّكَ أَلْحَبُّ ٨ أَرَأَيْتَ
 الَّذِي يَنْهَىٰ ٩ عَبْدًا إِذَا صَلَّىٰ ١٠ أَرَأَيْتَ إِنْ كَانَ عَلَىٰ الْهَدْيِ ١١ أَوْ أَمَرَ
 بِالْتَّقْوَىٰ ١٢ أَرَأَيْتَ إِنْ كَذَّبَ وَتَوَلَّىٰ ١٣ أَلَمْ يَعْلَم بِأَنَّ اللَّهَ يَرَىٰ ١٤ كَلَّا لَئِنْ
 لَمْ يَنْتَه لِنَسْفَعًا بِالنَّاصِيَةِ ١٥ نَاصِيَةٍ كَذِبَةٍ خَاطِئَةٍ ١٦ فَلْيَدْعُ نَادِيَهُ ١٧
 سَنَدْعُ الزَّبَانِيَةَ ١٨ كَلَّا لَا نَطِعُهُ وَأَاسْجُدُ وَأَقْرَبُ ١٩

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Tetwakwanjululiza ekifuba kyo eri ebwannabbi (n'okumanya ebigambo eby'amagezi).
- 2 Ne tukuwewulira obuzito obwakuliko.
- 3 Obuzito obwo obwalibadde bukubendula omugongo.
- 4 Era ne tukuwa okwogerwako ennyo.
- 5 (Kisaana kitegerekeke nti) mazima ddala buli awabeera obuzibu, wabaawo obwangu
- 6 Mazima ddala buli awabeera obuzibu wabaawo obwangu.
- 7 Bw'obanga omaze okukola emirimu (egikuyimirizaawo ku nsi) ate nnyikira mu kuzinza Katonda wo.
- 8 Era eri Omulezi wo Katonda, gy'oba oteeka essuubi lyo lyonna.

SURAT AT-TIIN

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye At-tiin. Ssura ya kyenda mutaano (95). Yakkira Makkah, era erina aya munaana (8). Essura eno etandika nga Katonda alayira ebibala ebibiri eby'omugaso ennyo. Ebibala bino birina ensibuko yaabyo mu bitundu ebyatumwamu

Nabbi Isa (عليه السلام) [Syria, Jordan, Palestine]. Era Katonda n'alayira olusozi Sinai kwe yatongoleza Obwannabbi bwa Musa (عليه السلام), era n'alayira n'ekibuga Makkah Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu salaihi wa sal-tam) mwe yazaalibwa era mwe yafunira obubaka obwasooka, ewali n'ennyumba Kaaba ey'emizizo. Ekyagendererwa mu kulayira kuno, kukakasa nti okutondebwa kw'omuntu kwanjawulo kubanga mwenkamukaamu bulungi, ng'alina obusobozi, amagezi, atetenkanya, alaba era awulira. Nga n'ekikulu mu byonna alina amagezi agamwawula ku bitonde ebirala byonna. Wabula Katonda atulaga mu ssura eno nti, awamu n'obulungi mu butonde bwe, omuntu waakukkakanyizibwa afuuke owa wansi asembayo mu bitonde byonna okuggyako oyo akkiriza Katonda n'akola n'emirimu emirungi.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Ndayira ekibala ekiyitibwa Tiin n'ekibala ekiyitibwa Zaitun.
- 2 Era ndayira olusozi lw'e Sinai.
- 3 Nakino ekibuga (Makkah) eky'emirembe
- 4 Mazima twakola omuntu mu kifaananyi ekisinga okuba ekirungi.
- 5 Ate oluvannyuma tumuzzaayo wansi mu ddaala erisembayo.
- 6 Okuggyako abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi, bagenda kufuna empeera etalina kkomu.
- 7 Bwe kiba bw'ekityo (ate gwe omuntu) olimbisa otya olunaku lw'enkomerero.
- 8 Tolaba nti Katonda ye Mulamuzi asinga okuba omwenkanya era owamazima!?

SURAT AL-ALAQ

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Al-Alaq. Ssura ya kyenda mumukaaga (96). Yakkira Makkah, erina aya kkumi namwenda (19). Ekitundu ky'essura eno ekisooka bwe bubaka obwasookera ddala okukka ku Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu salaihi wa sal-tam). Era buno bwe bubaka obwamutongoza okubeera Nabbi. Aya esookera ddala eragira Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu salaihi wa sal-tam) okusoma ng'atandika na kwogera ku linnya lya Katonda. Kino kitulaga obukulu bwa "BISMILLAH" ku buli mulimu gwonna omusiraamu gw'aba agenda okukola n'okwogera. Era Bismillah ky'eva eba kubuli ntandikwa ya Ssura okuggyako suula At-tauba. Mu ssura Al-Alaq Katonda ayogera ku kutondebwa kw'omuntu. N'emitendera omuntu gy'ayitamu okufuuka omuntu.

Olw'okuba nti obubaka obwasooka okukka ku Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) bwali bumulagira kusoma. Kino kiraga enkizo y'okusoma mu Busiraamu. Mu ssura Al-Alaq Katonda era atutegeeza nti okuwandiika ly'ekkubo erituusa omuntu ku kuyiga.

Buli Nabbi yatumwanga n'ekyamagero ekigya mu mbeera y'abantu b'omulembe ogwo gweyabanga atumiddwamu. Eky'okulabirako Nabbi Musa ^(عليه السلام) yajja n'omuggo eri abantu b'omulembe gwe. Ye Nabbi Issa ^(عليه السلام) yazuukizanga abafu. Ebyamagero ebyo ffe abasiraamu tubikkiriza kubanga Kur'ani ye yabinyumya, wabula by'akoma okulabwako bannabi abajja nabyo bwe baavaawo.

Olw'okuba omulembe gwa Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) gwa kusoma, okuvumbula n'obuyivu, kye yava aweebwa Kur'ani nga kye kyamagero ekiraga obwannabi bwe. Era ekyamagero kya Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) ekya Kur'ani kikyaliwo, kigenda kubeerawo abanaabeerangawo mu kiseera kyonna baakulaba ebyamagero ebiri mu Kur'ani entukuvu.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1 Soma ng'otandika ne linnya lya mukamawo oyo eyatonda (buli kintu).

2 Yatonda omuntu nga amuggya mu kisaayisaayi.

3 Soma, kuba Omulezi wo (Katonda) ye mugabi asinga.

4 Oyo eyayigiriza omuntu okuwandiika n'ekkalaamu.

5 Yayigiriza omuntu ebyo (omuntu) bye yali tamanyi.

6 Nedda, mazima omuntu agenda neyewaggula.

7 Olw'okweraba nti yeemalirira (olw' ebyo by'aba alina).

8 Ng'ate Mazima ddala eri Omulezi wo (Katonda) y'eri obuddo.

9 Olabye omuntu agaana.

10 (Agaana) omuddu wa Katonda bw'aba ng'asaala.

11 Tolaba nti gwebagaana ky'akola kya bulungamu!

12 Oba bwaba alagidde abantu okutya Katonda.

13 Olaba oyo (agaana asaala) bw'alimbisa n'akyuka okuva ku mazima.

14 Abaffe tamanyi (oyo alimbisa) nti Mazima Katonda alaba ebyo (by'akola).

15 Nedda bw'anaaba teyeekomyeko (ku bikolwa ebyo) tujja kumuwalula nga tumukutte ku kawompo.

16 Akawompo ako akajjudde obulimba n'obusobya.

17 Kale ayitanga abali mu kinywi kye

(eky'obujeemu bamutaase).

18 Naffe tujja kukoowoola bamalayika abakambwe abakuumi b'omuliro (abatuusa ebibonerezo ku bajeemu).

19 Nedda (Owange Nabbi Muhammad) togonderanga omuntu ng'oyo. Vuunama (ng'osinza) Katonda era weeyongere okusembera gy'ali.

SURAT AL-QADRI

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye Al-qadri. Ssura ya kyenda mumusanvu (97). Yakkira Makkah, era erina aya ttaano (5). Mu ssura eno, Katonda oweekitiibwa atutegeeza ku kiro ekyekitiibwa Lailatul-qadri

Ekiro abakkiriza mu nsi yonna kye balindirira mu ngeri eyenjawulo, olw'ensonga nti mu kiro ekyo empuliziganya obutereevu wakati w'eggulu n'ensi eyali ekutuseewo okumala ebbanga okuva Nabbi Isa ^(عليه السلام) lwe yavaawo, empuliziganya eyo yaddamu mu kiro kya Lailatul-qadri obubaka lwe bwatandika okukka ku Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam).

Okukka kwa Kur'ani kwaleeta enkyukakyuka n'endaba empya mu bulamu bw'omuntu. Kino kifuula ekiro kino okuba eky'ekitiibwa okusinga ebirona ebirala.

Ekiro kino kyennyini Kur'ani eky'ogerako mu Ssura Ddukhan aya (3-4): "Mazima ffe twassa Kur'ani mu kiro eky'omukisa, ddala ffe bulijjo tutiisa (abantu) ebibonerezo byaffe. Mu (kiro) ekyo mwe mugerekerwa buli kigambo ekikakafu".

Era ne mu Ssura Al-baqarat aya (185): "Omwezi gwa Ramadhan ogwo Kur'ani mwe yakkira nga kyakulungama eri abantu n'okunyonnyola obulungamu era nga y'enjawuzi (wakati w'amazima n'obulimba)".

Aya ezoogeddwako waggulu zitegeeza nti Kur'ani eyeekitiibwa yatandika okukka ku Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) mu kiro kya Lailatu-qadri mu mwezi gwa Ramadhan, Nabbi Muhammadi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) bwe yali agenze mu mpuku eyitibwa Hira'a gye yateranga okugenda okulowooza ku Katonda n'ebikwata ku bitonde byonna.

Okusinziira ku mikisa n'okusaasira ebiri mu kiro kino, kikifuula okuba eky'enkizo ku biro ebirala byonna. Katonda ky'ava agamba nti ekiro kino kirungi okusinga emyezi lukumi (1000). N'olwekyo omuntu yenna aba awangadde n'atuuka mu mwezi gwa Ramadhan atekwa okwewaayo n'okwenyweza okukola emirimu emirungi (Ibaada) mu ngeri eyenjawulo mu biro ekkumi ebisembayo mu mwezi gwa Ramadhan.

سُورَةُ الْقَدَرِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

إِنَّا أَنْزَلْنَاهُ فِي لَيْلَةِ الْقَدْرِ ۝ وَمَا أَدْرَاكَ مَا لَيْلَةُ الْقَدْرِ ۝ لَيْلَةُ الْقَدْرِ خَيْرٌ مِّنْ أَلْفِ شَهْرٍ ۝ نَزَّلَ الْمَلَكُ وَالرُّوحُ فِيهَا بِإِذْنِ رَبِّهِمْ مِّنْ كُلِّ أَمْرٍ ۝ سَلَّمَ هِيَ حَتَّىٰ مَطْلَعِ الْفَجْرِ ۝

سُورَةُ الْبَيِّنَاتِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

لَمْ يَكُنِ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ وَالْمُشْرِكِينَ مُنْفَكِينَ حَتَّىٰ تَأْتِيَهُمُ الْبَيِّنَةُ ۝ رَسُولٌ مِّنَ اللَّهِ يَتْلُو صُحُفًا مُّطَهَّرَةً ۝ فِيهَا كُتِبَ قِيمَةٌ ۝ وَمَا تَفَرَّقَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ إِلَّا مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَتْهُمْ الْبَيِّنَةُ ۝ وَمَا أُمِرُوا إِلَّا لِيَعْبُدُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ حُنَفَاءَ وَيُقِيمُوا الصَّلَاةَ وَيُؤْتُوا الزَّكَاةَ وَذَلِكَ دِينُ الْقِيمَةِ ۝ إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ وَالْمُشْرِكِينَ فِي نَارِ جَهَنَّمَ خَالِدِينَ فِيهَا أُولَئِكَ هُمْ شَرُّ الْبَرِيَّةِ ۝ إِنَّ الَّذِينَ ءَامَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ أُولَئِكَ هُمْ خَيْرُ الْبَرِيَّةِ ۝

buteekwa, Katonda okutuma Omubaka omulala aije alongoose ebyo ebyasoba.

Abaaweebwa ekitabo, Abayudaaya n'abakulistaayo baakyusa ebintu bingi nnyo mu nzikiriza zaabwe n'ebyawukana n'enjigiriza ya Nabbi Musa (عليه السلام) ne Nabbi Issa (عليه السلام). Kino ky'aleeta enjawukana mu nzikiriza zaabwe ne batuuka okuba nga tebakyazirinamu ssubi olwo nebaba nga balindirira Nabbi eyali owokutumwa, era eyali yalangirirwa edda mu bitabo byabwe nga ye Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam).

Essura Al-bayyina etulaga nti enzikiriza yonna eva ewa Katonda eba ku mulamwa gumu kwawula Katonda omu n'okumusinja yekka. Naye kyewunyisa okulaba nga Abayudaaya n'abakulistaayo baakalubirirwa nnyo okukkiriza enjigiriza ya Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) eyali terina njawulo yonna na njigiriza za bannabi abamusooka. Era essura eno etulaga nti mu nkola entuufu omuntu atekwa kukkiriza Katonda omu yekka n'omubaka Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam). Era akole n'emirimu emirungi egyo Katonda gy'asiima, ebirimuyamba okuyingira Ejjana Katonda bw'aliba ayagadde. Era omuntu kirungi yesambe era yewale ebyo byonna Katonda byeyaziyyiza.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Abajeemu mu bantu abaweebwa ekitabo, n'abo abagatta ebintu ebirala ku Katonda, tebaali baakuba ku nzikiriza yaabwe enkyamu okutuusa nga obunnyonnyofu bubajjidde.
- 2 Nga, ye mubaka (Nabbi Muhammad) eyatumwa okuva ewa Katonda, nga asoma ekitabo ekitukuvu (Kur'ani).
- 3 Ekirimu amateeka amalambulukufu.
- 4 Era abantu abo abaweebwa ekitabo tebayawukanayawukana okutuusa nga obunnyonnyofu bumaze okubajjira.
- 5 So nga ate tebaalagirwa okuggyako okusinja Katonda yekka nga buli kyebakola bakikola ku lululwe yekka, awatali kumugattirizaako kantu konna. Era nga bateekwa okuyimirizaawo eswalah n'okutoola Zakah. Era nga eyo nno yeddiini ennambulukufu.
- 6 Mazima abo abajeema mu Bantu abaweebwa ekitabo n'abo abagatta ku Katonda ebintu ebirala bakuyingira omuliro Jahannama mwe bagenda okubeera olubeerera. Abo nno be babi okusinga ebitonde byonna.
- 7 Mazima abo abakkiriza ne bakola emirimu emirungi be balungi okusinga ebitonde byonna.

Okusinzira ku njigiriza ya Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) ekiro ekyo kiri mu nnaku ekkumi ezisembayo mu mwezi gwa Ramadhan.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

- 1 Mazima ffe twassa Kur'ani mu kiro ekiyitibwa Layila-tul-qadri (ekiro ekyokugera era ekyekitiibwa).
- 2 Ye nno omanyi Layila-tul-qadri kye ki?
- 3 Layila-tul-qadri kiro kirungi okusinga emyezi olukumi (1000).
- 4 Mu kiro ekyo, bamalayika bakka nga ne Jibriil mwali ku lw'ekiragiro kya mukama waabwe (Katonda). Nga bajja na buli kiragiro.
- 5 Ekiro ekyo kya mirembe myereere, okutuusa obudde okukya.

SURAT AL-BAYYINAH

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-bayyinah. Ssura ya kyenda mu munaana (98). Essura eno yakkira Madiina era erina aya Munaana (8). Enzikiriza ezaaliwo nga Nabbi Muhammadi (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) tannatumwa, zaali ziwabye nnyo nga zivudde ku njigiriza entuufu nga zitabuddwamu ebitali ddiini ne kiba nga ky'ali kiteekwa

8 Empeera yaabwe ewa Katonda waabwe kubayingiza Jjana eyitibwa Aden, nga emigga gikulukutira mu yo. Baakugibeeramu olubeerera. Katonda yabasiima nabo ne bamusiima. Ebyo nno bigenda kufunwa oyo eyatya omulezi we Katonda.

SURAT AZ-ZALZALAH

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Az-zalalah. Ya kyenda mu mwenda (99). Yakkira Madiina, era erina aya munaana 8.

Essula eno eyogera ku ntandikwa ne nkomerero y'olunaku lw'enkomerero. Olunaku olwo lugenda kutandika na Nsi kuyugumizibwa okwamaanyi. Ensi efulumye era ewandule byonna ebigirimu nga abafu ne birala byonna ebyazikibwamu. Ensi, omuntu gyamanyidde mubutebenkevu bwayo, olunaku olwo agenda kwewunya kuba eriba eyuuguuma. Abaawakanya amateeka ga Katonda bagenda kwakanga nnyo bebuuze nti ensi ebaddeki. Wabula bo abakkiriza bagenda kugamba nti kyekyo Katonda kyeyalagaanyisa.

Ku lunaku luno Katonda agenda kwogeza ensi, ewe obujulizi ku byonna ebya gyikolerwako. Yo yennyini ebittottole.

Essura emaliriza nga Katonda atutegeeza nti omuntu agenda kulagibwa buli kyonna kyeyakola (ku nsi) kabe katono, oba kinene. Era ku mirimu egyo Katonda kwalisinziira okusasula abantu ku lunaku lwenkomerero.

1 Ensi bweriba eyuguumizziddwa oluyuguuma lwayo.

2 Ensi n'efulumya (nga ewandula) ebyo byonna ebigirimu.

3 Omuntu aligamba nga yeebuuza, 'ensi ebaddeki'?

4 Ku lunaku olwo egenda kuttottola ebigambo byonna ebikwata ku ebyo ehyakolerwanga ku yo.

5 Nti mazima Katonda y'aliba agiragidde okwogera ebyo.

6 Abantu ku lunaku olwo baliva mu kabbuli zaabwe nga bali mu bibinja babe nga balagibwa emirimu gyabwe.

7 Omuntu eyakola omulimu omulungi gwonna kagube mutono gutya agenda kugulaba.

8 N'omuntu eyakola omulimu omubi gwonna kagube mutono gutya agenda kugulaba.

SURAT AL-AADIYAAT

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-Aadiyaat. Ssura ya kikumi (100). Yakkira Makkah, era erina aya kumi neemu (11).

جَزَاؤُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ جَنَّاتٌ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمْ وَرَضُوا عَنْهُ ذَلِكَ لِمَنْ حَشِيَ رَبَّهُ. (8)

سُورَةُ الزَّلْزَلَةِ
بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
أَيَّاهَا ٨
آيَاتُهَا ٩

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
إِذَا زُلْزِلَتِ الْأَرْضُ زِلْزَالَهَا (١) وَأَخْرَجَتِ الْأَرْضُ أَثْقَالَهَا (٢) وَقَالَ الْإِنْسَانُ مَا لَهَا (٣) يَوْمَئِذٍ تُحَدِّثُ أَخْبَارَهَا (٤) بِأَنَّ رَبَّكَ أَوْحَى لَهَا (٥) يَوْمَئِذٍ يَصْدُرُ النَّاسُ أَشْتَاتًا لِيُرَوْا أَعْمَلَهُمْ (٦) فَمَنْ يَعْمَلْ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ خَيْرًا يَرَهُ (٧) وَمَنْ يَعْمَلْ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ شَرًّا يَرَهُ (٨)

سُورَةُ الْجَعْرِ
بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
أَيَّاهَا ١١
آيَاتُهَا ٣٠

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
وَالْعَادِيَاتِ ضَبْحًا (١) فَالْمُورِيَاتِ قَدْحًا (٢) فَالْمُعِيرَاتِ ضُبْحًا (٣) فَاتَّزُنَّ بِهِ نَفْعًا (٤) فَوْسَطْنِ بِهِ جَمْعًا (٥) إِنَّ الْإِنْسَانَ لِرَبِّهِ لَكَنُودٌ (٦) وَإِنَّهُ عَلَىٰ ذَٰلِكَ لَشَهِيدٌ (٧) وَإِنَّهُ لِحُبِّ الْخَيْرِ لَشَدِيدٌ (٨) أَفَلَا يَعْلَمُ إِذَا بُعْثِرَ مَا فِي الْقُبُورِ (٩)

Katonda essura eno agitandika nakulayira. Katonda alayira ebimu ku bitonde bye olw'enkizo yaabyo ku birala. Yalayira embalaasi olw'enkizo gy'erina ku nsolo endala naddala mu kulwana entalo. Era mu ssura eno Katonda ayogera ku bulungi bw'abantu abalafuubana mu kutaasa eddiini ye.

Mu ssura y'emu, Katonda atutegeeza ng'akkaatiriza ku butomi bw'omuntu. Omuntu bulijjo mu butonde bwe tayagala kuwaayo kintu kyonna ne bwekiba kimukakatako okukiwaayo, okuggyako oyo Katonda gw'aba alungamizza.

Omuntu ye kennyini yeekakasaako obukodo n'obutomi. Obulwadde obwo buva ku kubeera nti omuntu ayagala ebyenfuna okubikunganya n'okubifuga ekimuvirako obutamaira n'obutasiima.

So nga mu mbeera entuufu omuntu atekwa okwebaza ku ekyo ky'aba afunye, era akikozese mu ngeri esanyusa Katonda we, olwo alyoke amwongere ebirala.

Olw'okuba omuntu mutomi, era mukodo, Katonda ky'ava amujjukiza nti eriyu olunaku lw'okuzuukira. Ebyama n'ebyo byonna

وَحُصِّلَ مَا فِي الصُّدُورِ ﴿١٠﴾ إِنَّ رَبَّهُمْ بِهِمْ يَوْمَئِذٍ لَّخَبِيرٌ ﴿١١﴾

سُورَةُ الْقَارِعَةِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

الْقَارِعَةُ ﴿١﴾ مَا الْقَارِعَةُ ﴿٢﴾ وَمَا أَزْدَرُكَ مَا الْقَارِعَةُ ﴿٣﴾
 يَوْمَ يَكُونُ النَّاسُ كَالْفَرَاشِ الْمَبْثُوثِ ﴿٤﴾
 وَتَكُونُ الْجِبَالُ كَالْعِهْنِ الْمَنْفُوشِ ﴿٥﴾ فَأَمَّا
 مَنْ ثَقُلَتْ مَوَازِينُهُ ﴿٦﴾ فَهُوَ فِي عِيشَةٍ رَاضِيَةٍ ﴿٧﴾
 وَأَمَّا مَنْ خَفَّتْ مَوَازِينُهُ ﴿٨﴾ فَأُمَّهُ هَادِيَةٌ ﴿٩﴾
 وَمَا أَزْدَرُكَ مَا هِيَ ﴿١٠﴾ نَارُ حَامِيَةٍ ﴿١١﴾

سُورَةُ الْبَقَارَةِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

أَلْهَمَكُمُ التَّكْوِيْنَ ﴿١﴾ حَتَّىٰ زُرْتُمُ الْمَقَابِرَ ﴿٢﴾ كَلَّا سَوْفَ
 تَعْلَمُونَ ﴿٣﴾ ثُمَّ كَلَّا سَوْفَ تَعْلَمُونَ ﴿٤﴾ كَلَّا لَوْ تَعْلَمُونَ
 عِلْمَ الْيَقِينِ ﴿٥﴾ لَتَرَوُنَّ الْجَحِيمَ ﴿٦﴾ ثُمَّ لَتَرَوُنَّهَا
 عَيْنَ الْيَقِينِ ﴿٧﴾ ثُمَّ لَتَسْتَلُنَّ يَوْمَئِذٍ عَنِ النَّعِيمِ ﴿٨﴾

ebyekwese lwe biryolesebwa. Katonda alyoke
 asasule buli omu okusenziira ku kukola kwe.
 1 Ndayira embalaasi ezizinda (ezidduka)
 nga ziweevuuma.
 2 Nezimansula ensasi z'omuliro
 olw'okukoona enjazi.
 3 Ezizinda ku maliiri.
 4 Nezisiikuula enfuufu, mu kutyekuula
 emisinde okwo.
 5 Neziyingira mu balabe wakati.
 6 Mazima ddala omuntu mutomi eri omuleziwe.
 7 Era mazima ye (omuntu) ku ky'obutomi
 mujulizi.
 8 Era mazima muyitirivu nnyo mu
 kwagala ebyenfuna.
 9 Abaffe (omuntu) tamanyi nti ebiri mu
 kabbuli bwe biriba bizukiziddwa.
 10 N'ebiri mu bifuba ne byolesebwa.
 11 Mazima Katonda omulezi waabwe (nga
 bulijjo ne) ku lunaku olwo agenda kuba
 ng'amanyi byonna ebibakwatako.

SURAT AL-QAARI'A

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-Qaari'a. Ssura ya kikumi mwemu (101).

Yakkira Makkah, era erina aya kumi neemu (11). Al-Qaari'a kitegeeza "Ekikoona". Lino lyerimu ku mannya Katonda ge yawa olunaku Lw'enkomerero. Mu mannya amalala mulimu Al-qiyaama (olunaku lw'okuyimirira), As-swaakha (Ekiduduma), Al-haaqqa (olunaku olukakafa lw'okubaawo) ne Al-ghaashiya (Ekibuutikira). Olunaku lw'enkomerero luyitibwa amannya mangi okusenziira ku mbeera n'ebintu ebyenjawulo ebigenda okubaawo ku lunaku olwo.

Mu ssura eno Katonda olunaku lw'enkomerero yaluyita Al-qaari'a-Ekikoona. Ekikoona kino kigenda kuba kyamaanyi, ensozi zigenda kuseetezebwa, n'abantu bagenda kuba mu ntiisa eyamaanyi era bagenda kuba ng'ebiwajjolo by'omuttuntu. Omuntu aliwona entiisa y'olunaku olwo y'oyo alisangibwa n'emirimu emirungi nga mizito. Naye oyo alisangibwa n'emirimu emirungi emiwufu agenda kubeera mu ntiisa, era wakuwambatirwa omuliro "Haawiya"

- 1 Ekikoona (ekyentiisa).
- 2 Ekikoona kye ki?
- 3 Naye omanyi ekikoona kye ki?
- 4 Lwe lunaku abantu lwebalibeera nga ebiwojjolo ebisaasaanye.
- 5 N'ensozi lwe zirifuuka nga pamba omusuunsule afuumuuka.
- 6 Naye, omuntu alibeera n'emirimu emirungi nga gizitowa (okusinga ebibi bye).
- 7 Oyo agenda kubeera mu bulamu obw'okwesiima.
- 8 Ate oyo aliwewukirwa emirimu gye emirungi (ebibi bye n'ebisinga obuzito).
- 9 Oyo nno, obuddo n'obutuulo bwe muliro oguyitibwa "Haawiya".
- 10 Naye omanyi 'Haawiya' kye ki?
- 11 Gwe muliro ogwengeredde (ogwokya ennyo).

SURAT AT-TAKAATHUR

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye At-takaathur. Ssura ya kikumi mubbiri (102). Yakkira Makkah, era erina aya munaana (8). Mu Ssura eno Katonda atutegeeza mu ngeri y'okunenyanya lwaki abaddu be bettanira nnyo okukungaanya ebingi eby'ensi ne batuusa n'okufa nga tebeekoledde bye baligabana mu bulamu obwoluvannyuma lw'okuzuukira.

Mu Ssura eno era Kayonda alabula abaddu be nti kyaddaaki bajja kumanyira ddala omuliro, era bagenda kugulaba mu butuufu bw'okugulaba, ate era babuuzibwe ku lunaku olwo ebyengera bye bafuna mu nsi babikozesa ki.

Essura etukubiriza okwegendereza byetufuna, tubifune mu makubo amatuufu Katonda g'ayagala era tubisaasaanye mu makubo amatuufu Katonda gaasiima, nga mu by'etufuna tube nga tetunoonnyaamu kufuna byansi byokka wabula nga tunonyeezaamu n'okufuna ebirituyamba mu bulamu obwoluvanyuma.. Hadith nga eva ku Ibin Masuudi (Sal-lal-laahu (alaihi wa sal-lam): Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu (alaihi wa sal-lam) yagamba nti, ku lunaku lw'enkomerero, omuntu tagenda kusimbula kigere kuva mu maaso ga Mukama Katonda we, okuggyako ng'abuuziddwa ku bintu bina (4).

1. Obuwangaazi bwe yabumala akola ki?
2. Obuvubuka bwe yabuyitamu atya?
3. Bye yafuna yabiggya mu makubo ki, era yabisaasaanya atya?

4. Okumanya n'okuyiga kwe yabikozesa atya?
 1 Okunoonya okufuna ebingi, kubalabankanyizza (ne kubaggya ku kugondera amateeka ga Katonda).

2 Okutuusa lwe muyingira kabbuli.
 3 Nedda, kyaddaki mujja kumanya (mu kiseera ky'okufa)

4 Ate era oluvannyuma, kyaddaki mujja kumanya (nga muyingidde kabbuli)

5 Nedda, singa nga mubadde mumanyi mu bukakafu bw'okumanya (temwandirabankanyiziddwa na kukungaanya bingi)

6 Mujja kulabira ddala omuliro "Jahiim".

7 Ate oluvannyuma omuliro ogwo mujja kugulaba mugutegeerere ddala.

8 Ate ddala oluvannyuma mugenda kubuuzibwa ebyengera bye mwafuna ku nsi (mwabifuna mu makubo ki, era mwabisaasaanya mu makubo ki).

SURAT AL-ASWIR

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-aswir. Ssura ya kikumi musatu (103). Yakkira Makkah, era erina aya satu (3).

Essura eno ennyimpi mu aya esatu etulaga enteekateeka y'obulamu bw'omuntu, ng'obusiraamu bwe bwetaaga butambule.

Essura eno eraga ensalosalo n'empaanyi z'obukkiriza. Era eyogera ku Basiraamu n'ebyo bye bateekeddwa okukola. Nga eno y'ensonga enkulu essura eno gy'ekkaatiriza. Buli mulembe gwonna ogwali gubaddewo n'egiribaawo eno y'enteekateeka yokka esaanira okugobererwa, era nga yefumbekeddemu okwesiima. Enteekateeka yonna endala etali eno kuba kufaafaaganirwa. Enteekateeka ennungamu eyogerwako, kwe kukkiriza Katonda omu, okukola emirimu emirungi nga Katonda bw'ayagala, okukoowoola

آياتها ٣
سورة العنصر ١٣٣

سورة العنصر

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

وَالْعَصْرِ ١ إِنَّ الْإِنْسَانَ لِرَبِّهِ لَكَنُفٍ ٢ إِلَّا الَّذِينَ ءَامَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَتَوَّصُوا بِالحَقِّ وَتَوَّصُوا بِالصَّبْرِ ٣

آياتها ٥
سورة الهنزة ١٣٤

سورة الهنزة

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

وَيْلٌ لِّكُلِّ هُمَزَةٍ لُّمَزَةٍ ١ الَّذِي جَمَعَ مَالًا وَعَدَّدَهُ ٢ يَحْسَبُ أَنَّ مَالَهُ أَخْلَدَهُ ٣ كَلَّا لَيُنْبَذَنَّ فِي الحُطَمَةِ ٤ وَمَا أَدْرَاكَ مَا الحُطَمَةُ ٥ نَارُ اللَّهِ الموقدةُ ٦ الَّتِي تَطَّلِعُ عَلَى الآفَاقَةِ ٧ إِنَّهَا عَلَيْهِمْ مُّوصَدَةٌ ٨ فِي عَمَدٍ مُّمدَدَةٍ ٩

آياتها ٥
سورة القنقريّة ١٣٥

سورة القنقريّة

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

أَلَمْ تَرَ كَيْفَ فَعَلَ رَبُّكَ بِأَصْحَابِ الفِيلِ ١ أَلَمْ يَجْعَلْ كَيْدَهُمْ فِي تَضَلُّلٍ ٢ وَأَرْسَلَ عَلَيْهِمْ طَيْرًا أَبَابِيلَ ٣ تَرْمِيهِمْ بِحِجَارَةٍ مِّن سِجِّيلٍ ٤ فَجَعَلَهُمْ كَعَصْفٍ مَّأْكُولٍ ٥

n'okuyigiriza abantu enkola ennungi eyogeddwako waggulu.

N'ekisembayo, omuntu atekwa okuba omugumiikiriza ng'atuukiriza okukola omulimu gw'okusaasaanya n'okutuusa enkola ennungi eri abantu. Era omuntu atekwa okubeera omugumiikiriza mu kuleka ebyo Katonda bye yagaana ne bwekiba nga mukulaba kwe byandibadde birungi, era nga bwateekwa okubeera omugumiikiriza mu kutuukiriza ebyo Katonda by'alagira ne bwebiba nga mu kulaba kwe bikalubo.

1 Ndayira omulembe (buli mulembe)

2 Mazima ddala omuntu yenna gy'afa yenkana ali mu kufaafaaganirwa.

3 Okuggyako abo abakkiriza Katonda (mu nzikiriza entuufu) ate ne bakola emirimu emirungi, era nebalaamirigana okukoleranga ku mazima (mu bulamu bwabwe bwonna) era nebalaamirigana okubeera abagumikiriza (mu bulamu bwabwe bwonna).

SURAT AL-HUMAZA

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-humaza. Ssura ya kikumi munnya (104). Yakkira Makkah, era erina aya mwenda (9).

Katonda atubuulira obuzibu obulituuka ku muntu abeera mu nsi muno nga omulimu gwe kusaasaanya lugambo, na kuggya bumogo ku banne n'okugeya. Era obuzibu bwe bumu bulituuka ku muntu ow'enneeeyisa embi mu banne nga otwaliddemu n'oyo ategekawo eby'obugagga nga agendereramu kulwanyisa njigiriza ya Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-taahu ataihi wa sal-tam).

1 Okubonaabona okwamaanyi kugenda kabeera ku buli muntu atambuza engambo, agya banne n'abaggya obumogo.

2 Oyo akungaanya eby'obugagga n'abituuma.

3 Alowooza nti eby'obugagga bye binamukuumira ku nsi obugenderevu.

4 Nedda, ajja kukanyugwa mu muliro oguyitibwa "Hutwama".

5 Ye omanyi "Hutwama" kye ki?

6 (Hutwama) muliro gwa Katonda omukume, ogubumbujja.

7 Ogwo ogwokya negutuukira ddala ku mitima.

8 Mazima ddala omuliro ogwo (Hutwama) ku bantu abo (abogeddwaako) gugenda kubabuutikira.

9 Mu midumu emiwanvu.

SURAT AL-FIIL

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-Fiil. Ssura ya kikumi mutaano (105). Yakkira Makkah, era erina aya ttaano (5). Mu Ssura ekulembede (Al-humaza), Katonda atulaga nti okukungaanya obukungaanya obugagga kyokka tekigasa.

Nga era mu ssura eno bw'atulaga nti okukozesa eryanyi obwanyi nakyo tekigasa. Surat Al-Fiil ekwata ku kyafaayo ekikulu ekyaliwo mu mwaka Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-taahu ataihi wa sal-tam) mweyazaalibwa, ogumanyiddwa nga omwaka gw'enjovu (A.D 570).

Omufuzi ayitibwa Abraha bwe yalumba Makkah n'eggye eryamaanyi omwali n'enjovu, ng'ayagala okumenya Kaaba eyeekitiibwa. Yakola kino nga agezaako kulwanyisa kitiibwa kya Baquraish n'okubaggyako emigaso gyebafungana mu balamazi abajjanga okulamaga eri Kaaba. Abantu b'omu Makkah mu kiseera ekyo tebaasobola kwanganga ggye lino, nebasalawo okwewogoma mu nsozi nga bagamba nti Kaaba eriko nnyinniyo, Katonda ajja okugitaasa.

Era bwegutyo bwegwali. Katonda y'atuma ebinnyonyi nga byetisse amayinja amookye, n'ebigakasukira eggye ne lisesebbuka.

1 Tewamanya Katonda kyeyakola eggye ly'enjovu?

2 Enkwe zaabwe tezaagwa butaka?

3 N'abasindikira ebinnyonyi nga bijjira mu

bibinja.

4 Nga bibakanyugira amayinja amookye.

5 Nebafuuka nga omuddo ogagayiddwa ensolo ne gufuluma nga gufuuse obussa.

SURAT QURAISH

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Quraish. Ssura ya kikumi mu mukaaga (106). Yakkira Makka, era erina aya nnya (4). Essura eno eyitibwa Quraish kubanga eyogera ku baquraish. Ekwatagana n'egikulembede Al-fiil. Zombi zoogera ku kyengera Katonda kye yawa Abaquraish. Ekyengera ekyo ye Kaaba.

Al-fiil eyogera ku mulabe eyajja okusaanyaawo ettutumu, ekitiibwa n'obutebenkevu, Abaquraish bye baalina olw'okubaawo kwa Kaaba. Naye olwokuba Katonda yasalawo okukuuma ennyumba ye Kaaba, olukwe lw'omulabe lwagwa butaka.

So ng'ate ssura Quraish etulaga nti abantu b'omu Makkah baasigala mu mirembe oluvannyuma lw'omulabe okuwangulwa. Kino kya basobozesa okutambulanga engendo mu biseera by'obutiti ne mu kyeya. Olwo ne beetuusaako eby'okulya n'ebiyetaago ebirala nga bali mu ddembe. Katonda ky'ava alagira Abaquraish okumwebaza n'okumusinzza nga tebamugattako kintu kirala kyonna.

1 Ku lw'empangaala y'Abaquraish.

2 Empangaala yaabwe eyalimu okutambula engendo mu butiti ne mu kyeya.

3 Bateekwa basinze Katonda nannyini nnyumba eno (Kaaba).

4 Katonda eyabawa eby'okulya, n'abawonya enjala; n'abawa emirembe, ne bataba mu kutya.

SURAT AL-MAA'UUN

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-Maa'uun. Ssura ya kikumi mu musanvu (107). Yakkira Makkah, era erina aya musaanvu (7). E'ssura eno ekwatagana n'egikulembede Quraish mu ngeri nnyingi, nga zino wammanga:

Esooka, mu ssura Quraish Katonda agamba nti yawonya Abaquraish enjala, ate mu ssura Al-maa'uun n'avumirira omuntu yenna atakubiriza balala kuliisa bali mu bwetaavu.

Eyokubiri, mu ssura Quraish, Katonda yalagira Abaquraish okumusinzza. Ate mu ssura Al-maa'uun, Katonda ayogera ku kikulwa ekyokumusinzza ekisinga obukulu nga kwe kusaala; era avumirira omuntu alagajjalira esswala.

Eyokusatu, mu ssura Quraish Katonda yalagira okumusinza. So ng'ate mu ssura Al-maa'uun Katonda yannyonyola okusinza bwekuteekwa okuba. Abantu bateekwa kusinza Katonda yekka nga tagattiddwako kintu kirala kyonna. Era eno y'emu ku njawulo eyenkukunala wakati w'obusiraamu n'enzikiriza endala.

- 1 Olabye oyo alimbisa olunaku lwenkomerero.
- 2 Oyo nno y'oyo awalagganya bamulekwa.
- 3 Era nga takubiriza kuliisa banaku.
- 4 Okubonaabona kuli ku abo abasaala,
- 5 Nga balagajjalira esswala zaabwe.
- 6 Abo abakola bandabe.
- 7 Era abamma bannaabwe ebintu ebításaana kumma.

SURAT AL-KAUTHARA

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-Kauthara. Ssura ya kikumi mu munaana (108). Yakkira Makkah. Erina aya satu (3). Ensonga lwaki essura eno yakka:

Abaquraish balinaanga empisa yaabwe, nga omuntu bw'afiirwa omwana omulenzi nga bagamba nti afuuse wankuggu, era akomye. Ne Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) bweyafiirwa mutabani we Kasim. Abantu abamu nga: Al-asi bin waliid, Abu jahal ne Abu lahabi baatandika okumujeeja nti akomye afuuse wankuggu, takyeraliikiriza. Katonda kyeyava assa essura eno nga amugumya, okufaanako n'essura Ad-dhuha ne Ash-sharh ezigumya n'okunyweeza Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam). Al-Kauthara egg yawo okujeeja kw'Abaquraish nti Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yali afuuse wankuggu era akomye, talina anaamusikira olw'okufiirwa omwana we Kasim.

Mu Ssura Al-Kauthara Katonda alagaanyisa Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) ebirungi by'ajja okufuna ku nkomerero, nga mwe muli n'oluzzi 'Al-Kauthara' olw'omu Jjana. Katonda kyeyava alagira Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) okusaalanga n'okusala ebisolo nga asaaddaaka ku lwa Katonda. Kyokka kimanyiddwa nti Abaquraish abaajeejanga Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) baasinzanga n'okusala ebisolo ku lwa **masanamu** gaabwe. Mu ssura eno Katonda kyeyava ategeeza Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nti abo abamuwalagganya be benkuggu.

- 1 Mazima twakuwa ebirungi ebingi, (mu ebyo mwe muli n'oluzzi Kauthara olw'omu Jjana).
- 2 N'olwekyo wenywereze ku kusaala ku lwa Katonda wo, era osale n'ebisolo, nga osaddaaka ku lwa Katonda wo.
- 3 Mazima oyo akuwalagganya, (ng'akuvuma

سُورَةُ قُرَيْشٍ
أَيَّهَا ٤
بُرَيْتِهَا ١٢٦

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
لَا يَلْفُ قُرَيْشٍ ①
إِلَّا لَفِهِمْ رِحْلَةَ الشِّتَاءِ وَالصَّيْفِ ②
فَلْيَعْبُدُوا رَبَّ هَذَا الْبَيْتِ ③
الَّذِي أَطْعَمَهُمْ ④
مِن جُوعٍ وَآمَنَهُمْ مِنْ خَوْفٍ ⑤

سُورَةُ الْمَاعُونِ
أَيَّهَا ٧
بُرَيْتِهَا ١٢٧

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
أَرَأَيْتَ الَّذِي يُكَذِّبُ بِالذِّكْرِ ①
الَّذِي يَدْعُ أَتَيْتِهِ ②
وَلَا يَحْضُ عَلَى طَعَامِ الْمَسْكِينِ ③
فَوَيْلٌ لِلْمُصَلِّينَ ④
الَّذِينَ هُمْ عَنْ صَلَاتِهِمْ سَاهُونَ ⑤
الَّذِينَ هُمْ يُرَاءُونَ ⑥
وَيَمْنَعُونَ الْمَاعُونَ ⑦

سُورَةُ الْبَكُورَةِ
أَيَّهَا ٣
بُرَيْتِهَا ١٢٨

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
إِنَّا أَعْطَيْنَاكَ الْكَوْثَرَ ①
فَصَلِّ لِرَبِّكَ وَأَنْحَرْ ②
إِنَّكَ شَأْنُكَ هُوَ الْأَبْتَرُ ③

era n'okukujeeja) yewenkuggu.

SURAT AL-KAAFIRUUN

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-Kaafirun. Ssura ya kikumi mumwenda (109). Yakkira Makkah. Erina aya mukaaga (6). Era eyitibwa essura ey'okwawula Katonda. Ebifa ku Ssura eno mu bufunze: Abaquraish baaleeta ekirowoozo eri Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nga bamugamba nti, "Tukuwe eby'obugagga obeere nagagga asinga mu Makkah, oba tukufuule omufuzi nga ggwe osalawo ku nsonga zonnna mu Makkah, oba tukuwasize abakyala bonna booyagala, olekere awo okuvumirira bakatonda baffe. Ebyo bw'oba obigaanye, kkiriza otwegatteko tusinze bakatonda baffe omwaka gumu, naffe tusinze Katondawo omwaka omulala". Katonda kwekussa essura eno nga akutulawo eggoye nti tewayinza kubaawo nkolagana wakati w'okusinza Katonda omu yekka n'okusinza bakatonda abangi.

- 1 Bagambe nti, 'Abange mmwe abatakkiriza (abawakanyi).
- 2 Ssinza ebyo byemusinza (amasanamu,

سُورَةُ الْكَافِرُونَ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

قُلْ يَا أَيُّهَا الْكَافِرُونَ ١ لَا أَعْبُدُ مَا تَعْبُدُونَ ٢
وَلَا أَنْتُمْ عَابِدُونَ مَا أَعْبُدُ ٣ وَلَا أَنَا عَابِدٌ مَّا عَبَدْتُمْ ٤
وَلَا أَنْتُمْ عَابِدُونَ مَا أَعْبُدُ ٥ لَكُمْ دِينُكُمْ وَلِيَ دِينِ ٦

سُورَةُ النَّازِعَاتِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

إِذَا جَاءَ نَصْرُ اللَّهِ وَالْفَتْحُ ١ وَرَأَيْتَ النَّاسَ
يَدْخُلُونَ فِي دِينِ اللَّهِ أَفْوَاجًا ٢ فَسَبِّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ
وَاسْتَغْفِرْ لَهُ إِنَّهُ كَانَ تَوَّابًا ٣

سُورَةُ الْمَسَدِ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

تَبَّتْ يَدَا أَبِي لَهَبٍ وَتَبَّ ١ مَا أَغْنَىٰ عَنْهُ مَالُهُ وَمَا
كَسَبَ ٢ سَيَصْلَىٰ نَارًا ذَاتَ لَهَبٍ ٣ وَأَمْرَاتُهُ
حَمَالَةَ الْحَطَبِ ٤ فِي جِيدِهَا حَبْلٌ مِّن مَّسَدٍ ٥

lubaale, n'ebirala).

- 3 Wadde namwe temusinza oyo gwe nsinza (ali omu mu bwa Katonda bwe).
- 4 Era siri waakusinza ebyo byemusinza.
- 5 Era nammwe temuli baakusinza oyo gweusinza.
- 6 Mulina enkola yammwe (ey'okusinza bakatonda abangi, nange nnina enkola yange (ey'okusinza Katonda omu yekka).

SURAT AN-NASRU

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura ye An-nasru. Ssura ya kikumi mu kkumi (110). Yakkira Madiina, era erina aya ssatu (3).

Mu ssura eno mulimu okulanga ebintu bisatu:

Ekisooka: Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yali wakuwangula Makkah.

Ekyokubiri: Obusiraamu bujja kubuna ensi yonna, era n'abantu bangi bakubuyingira.

Ekyokusatu: Okufa kwa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) kwali kuli kumpi okutuuka.

1 Okutaasa kwa Katonda n'obuwanguzi bwebijjanga;

2 N'olaba abantu nga bayingira eddiini ya Katonda mu bibinja;

3 Otenderezanga Mukama Katonda wo n'ebitendo bye, era omwetondere, mazima yye akkiriza okwenenya.

SURAT AL-LAHAB

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-lahab. Era eyitibwa Al-Masad. Ssura ya kikumi kumi neemu (111). Yakkira Makkah. Erina aya ttaano (5).

Essura ekulembedde, An-naswir, mulimu okulaga nti omuntu agondera Katonda, amusasula nakutaasibwa, n'amutuusa ku buwanguzi mu bulamu obw'oku nsi, nga era bw'agenda okufuna empeera ennyingi mu bulamu obw'enkomerero. Ate mu ssura eno, Katonda atutegeeza nti enkomerero y'omujeemu kufaafaaganirwa mu bulamu obw'oku nsi, n'okubonerezebwa ku lunaku lw'enkomerero. Essura eno yakka okwanukula Abu-lahab omu ku baquraish abakulu mu Makkah, ate nga ye taata omuto owa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam), olw'ebibi byeyakolanga okulwanyisa Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam).

- 1 Abu-lahabi azikiridde, n'aggweerawo ddala.
- 2 Eby'obugaggabwe tehimugasizza, wadde n'ebirala byeyafuna, (nga ekitiibwa).
- 3 Ajja kusuulibwa mu muliro ogubumbujja.
- 4 Ne mukyalawe omwetissi w'enku.
- 5 Nga mu nsingoye mulimu omuguya omulange.

SURAT AL-IKHLAASWI

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-Ikhlaaswi. Ssura ya kikumi kumi nabbiiri (112). Yakkira Makkah. Erina aya nnya (4). Essura eno yakka nga Katonda ayanukula ab'e Makkah abaawakanyanga Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam), nga bamubuuza, 'Owange Muhammad, tubuulire Katondawo y'ani, tulage olulyo lwe tumumanye'. Bo nga balowooleza mu lulyo, mu kuzaala na kuzaalibwa.

Al-Ikhlaaswi ssura nkulu nnyo. Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagyogerako emirundi egiwera nti yenkana kimu kyakusatu ekya Kur'ani.

Abu-Huraira (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) anyumya nti Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba baswahaba be nti, "Mukungaane mbasomere kimu kyakusatu ekya Kur'ani". Baswahaba nebakungaana, Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) n'afuluma n'ajja gy'ebali n'abasomera essura Al-Ikhlaaswi (yokka) n'alekera awo. Abamu ne bagamba banaabwe nti Nabbi Muhammad (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yatugambye nti agenda kutusomera kimu kyakusatu ekya Kur'ani, n'abaddamu nti 'Nabagambye nti nenda kubasomera kimu kyakusatu ekya Kur'ani era nkisomye.

N'abakakasa ng'agamba nti 'Kituufu, eyo essura yenkanankana kimu kyakusatu ekya Kur'ani'. (Muslim ne Tirimizi)

Ubayy bin Kaab ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) anyumya nti Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti, "omuntu bw'asoma essura Al-Ikhlaaswi, abanga asomye kimu kyakusatu ekya Kur'ani" (Ahmad ne Nassa-i).

Imam Nawawi agamba nti ekyo kitegeeza nti Kur'ani erimu ebitundu bisatu (3), nga bye;

1) Amateeka 2) Ebyafaayo 3) Ebikwata ku nzikiriza.

Era n'agamba nti esuula Al-Ikhlaaswi efumbekeddemu ebitendo bya Katonda eby'ekitiibwa. N'olwekyo essura eno egwa mu kiti ekyokusatu ku ebyo ebimenyedwa waggulu, ekirimu eby'enzikiriza, olwo neba nga ekola kimu kyakusatu ekya Kur'ani.

1) (Gwe Nabbi Muhammad) bagambe nti Katonda ali omu mu bwa Katonda bwe (era nga yye yekka ateeddwa okusinziibwa).

2) Katonda y'akola ku byetaago by'ebitonde byonna.

3) Tazaala, era teyazaalibwa.

4) Era teri kintu kyonna kimwenkana.

SURAT AL-FALAQ

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye Al-Falaq. Ssura ya kikumi mukkumi nasatu (113). Yakkira Makkah. Erina aya taano (5). Katonda yassa essura eno n'essura An-naasi ng'alagira Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) n'abakkiriza bonna okunoonya okutaasibwa okuva gy'ali mu bizibu ebirabikako n'ebitalabikako ng'ebizibu ebyo biyinja okuva mu majinni oba mu bantu, nga: abalogo, ne mu nkyukakyuka y'obudde ng'emisana n'ekiro, kibuyaga, n'ebirala.

Essura zino zituyigiriza engeri omuntu gy'ateekwa okwekumamu okuwona ebizibu ebyogeddwako waggulu n'ebirala ebiringa ebyo.

Ku lw'erinnya lya Katonda Omusaasizi Oweekisa ekingi, Omusaasizi Oweekisa ekyenjawulo.

1) Gamba nti, Nneekingiriza ne Katonda afuga okukya kw'obudde.

2) Mu bubu bw'ebyo bye yatonda.

3) Ne mu bubu bw'ekiro nga kikutte.

4) Ne mu bubu bw'abakazi abalogo abasiba ebifundikwa (ne babifuuwamu nga balaamiriza).

5) Ne mu bubu obuwa mu mukozi wensaalwa ng'akoze ensaalwa.

SURAT AN-NAAS

ENNYANJULA: Erinnya ly'essura eno ye An-naas. Ssura ya kikumi kkumi nannya (114). Yakkira Makkah. Erina aya mukaaaga (6).

سُورَةُ الْاِخْلَاصِ
اياتها ٤
آياتها ٤

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ ١ اللَّهُ الصَّمَدُ ٢ لَمْ يَلِدْ
وَلَمْ يُولَدْ ٣ وَلَمْ يَكُنْ لَهُ كُفُوًا أَحَدٌ ٤

سُورَةُ الْفَلَقِ
اياتها ٦
آياتها ٦

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ الْفَلَقِ ١ مِنْ شَرِّ مَا خَلَقَ ٢ وَمِنْ
شَرِّ غَاسِقٍ إِذَا وَقَبَ ٣ وَمِنْ شَرِّ النَّفَّاثَاتِ فِي
الْعُقَدِ ٤ وَمِنْ شَرِّ حَاسِدٍ إِذَا حَسَدَ ٥

سُورَةُ النَّاسِ
اياتها ٦
آياتها ٦

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ
قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ النَّاسِ ١ مَلِكِ النَّاسِ ٢ إِلَهِ
النَّاسِ ٣ مِنْ شَرِّ الْوَسْوَاسِ الْخَنَّاسِ ٤ الَّذِي
يُوسْوِسُ فِي صُدُورِ النَّاسِ ٥ مِنْ الْجِنَّةِ وَالنَّاسِ ٦

An-naas y'essura eyookubiri eyokwekingiriza eyakka ku Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) oluvannyuma lwa Al-falaq.

Essura An-naas ne Al-falaq zakka kuyigiriza Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) n'abagoberezi be engeri gye bayinza okwekuma, n'okwekingiriza ne Mukama Katonda w'ebitonde, mu bubenje n'ebizibu ebyenjawulo eby'omulabe w'abantu asinga abalabe bonna nga ye sitaani [Ibliisu] omukolimire n'abayambi be abo abalabankanya nga ba mu bantu oba mu majinni.

Sitaani akozesa obukodyo obwabuli ngeri mu kukwenyakwenya n'okulabankanya omuntu. Era sitaani [Ibliisu] agayaaza omuntu n'amujja ku Katonda n'atakola ebyo Katonda by'amulagira nadda ku ebyo Katonda bye yamugaana.

1) Gamba nti, neekingiriza n'omulezi w'abantu

2) Omufuzi w'abantu

3) Asinzibwa abantu.

4) Amponye obubi bw'omulabankanya sitaani omwekwesi

5) Oyo alabankanya abantu.

6) Sitaani ow'omu majiinni ne sitaani ow'omu bantu.

EZIMU KU NSONGA ENKULU MU BULAMU BW'OMUSIRAMU

1. EKIBUZO? Omusiramu wa gyateekeddwa okusimbuliza enzikirizaye?

Ateekwa kugigya mu Kur'ani ne mu Hadith za Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) kuba ye Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) tayogera kusingiira kundabaye (*buli kyayogera buba bubaka*). Era buli byakola bikwatagana nennyinyonnyola ya ba Swahaba naabo abayivu abaatukulemba.

2. SINGA TUBA TWAWUKANYE WA GYETUTEEKWA OKUMALIRA ENSONGA ZAFFE?

Tuteekeddwa kudda eri amateeka geddiini amatukuvu anti bwetukola tutyo tuba tulamuzza ekitaboo kya Katonda ne Hadith za Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) anti Katonda agamba mu Kur'ani; bwemubanga mukayanye ku nsonga yonna mugizze eri Katonda n'omubaka, era Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Mbalekedde ebintu bibiri, temugenda kubula ebbanga lyemulimala nga mubyekutteko nabyo kye kitabo kya Katonda nebigambo bya Nabbi we*) **almutwaa**.

3. KIBINJA KI EKIGENDA OKUWONA KU LUNAKU LWE NKOMERERO?

Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Abantu bekibiina kyange bagenda kwawukanamu ebibinja 73 (Nsanvu mu bisatu) byonna byamu muliro okugyako ekibinja kimu kyokka, nebamuzuba nti kyekiriwa ekyo owange omubaka wa Katonda? nabaddamu nti bebo abanaberanga kwekyo nze neba Swahaba bange kyetuliko*) **Ahmad**.

Ekituufu kyekyo Nabbi kyeyakola neba Swahaba be. Gwe oteekwa kugoberera sso ssi kweyiyiza, bwobanga oyagala okuwona, nemirimu gyo okukkirizibwa.

4. OMULIMU OMULUNGI OGUKKIRIZIBWA GULINA KUKOLEBWA GUTYA?

A. Omulimu guteekwa okukulemberwa okukkiriza Katonda yekka. Omuntu agatta ku Katonda ekintu kyonna omulimu gwe tegukkirizibwa.

B. Guteekwa okuba nga gukolebwa kulwa Katonda yekka sso si lwakintu kirala kyonna.

C. Okugoberera Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) nga gukolebwa, Guteekwa okuba nga guli ku nkola ya Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) omuntu tayinza kusinza Katonda okugyako nga akola ebyo byeyamulagira, ekimu kwebyo byetumenye bwekitabawo Ibaada omuntu gyaba akoze tekkirizibwa. Katonda owekitiibwa yagamba (*Twaddira emirimu gyebakola netugifula olufufugge olufumuddwa*).

5. EDDIINI ERINA EMITENDERA EMEKA?

Emitendera gye ddiini giri esatu; **A.** Obusiramu. **B.** Obukkiriza. **C.** Okuyisa nokweyisa obulungi.

6. OBUSIRAMU KYEKI? ERA BIKI EBIKOLA OBUSIRAMU?

Obusiramu kitegeeza omuntu okwewayo eri Katonda nosinza yye yekka, okumugondera awatali kubuuzza, nokwesambira ddala ebintu bya shirik nabakola shirik. Era empagi zobusiramu ziri ttano Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yazogera mu Hadith bweyagamba nti; (*Obusiramu buzimbirwa ku mpagi ttaano, okukkiriza nti tewali kyonna kisinzibwa mu butufu okugyako Katonda omu, nokukkiriza nti Muhammad mubaka wa Katonda, nokuyimirizaawo eSswala, nokutoola zakka, nokukola Hija nokusiiba omwezi gwa Ramadhan*) **Bukhari ne Muslim**.

7. OBUKKIRIZA KYEKI ERA BIKI EBIKOLA OBUKKIRIZA?

Obukkiriza kwe kukkiriza mu mutima nayatula nolulimi nagoberezaako okussa munkola ebimulagirwa. Omuntu gyakomya okugonda, obukkiriza bwe gyebukoma okweyongera, era bwajeema nebukendeera. Katonda owekitiibwa yagamba; (Babe nga bafuna obukkiriza, era nga obukkiriza obwo bweyongera ku bukkiriza bwabwe) Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba; (*Obukkiriza bulina ebitundu 70 nomusobyoo, nga ekitundu ekisingira ddala obukulu kyekigambo laa ilaha illa*

Ilahu nga nekisembayo obutono yemuntu okujja ekyobulabe mu kkubo, era Nabbi yagamba nti nensonyi kitundu ku bukkiriza) **Muslim.**

Ekyongera okukasa obukulu bwobukkiriza, ye ngeri omusiramu gyeyesanga nga musanyufu mu kugondera Katonda bwabanga akoze emirimu emirungi ate nengeri gyeyewulira nga abadde ajeemedde Katonda. Katonda owekitiibwa agamba nti; (*Mazima emirimu emirungi gisangulawo ebibi*).

Empagi z'obukkiriza ziri mukaaga Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yazitubulira bweyagamba nti; (*Kwekukkiriza Katonda, ne ba Malayika be, nebitabo bye, nababaka beyatuma, nokukkiriza olunaku lwe nkomerero, nokukkiriza okugerakwe, ebirungi nebibi mu kwo*) **Bukhari.**

8. (laa ilaaha illa ilahu) kitegeezaki? Nakyo kwekuganira ddala okusinza ekitali Katonda nokukakasa nti okusinza kwonna kuteekwa kuba kwa Katonda omu.

9. Abaffe Katonda ali wamu naffe? Yye Katonda ali wamu naffe mu kumanyakwe nokuwulirakwe nokulabakwe nobukuumi bwe gyetuli nokuba nga yetoolodde buli kintu kyonna nobuyinzabwe nokwagalakwe. Naye ye Katonda yennyini talina ngeri yonna gyeyegatta nabitonde bye era tewali kintu kyonna mu bitondebye kiyinza kumwetooolola.

10. Abaffe kisoboka okulaba Katonda namaso gaffe? Abayivu bonna bakakasa nti mazima Katonda talabwa kuno ku nsi, nti era mazima abakkiriza bagenda ku mulaba ku lunaku lwe nkomerero mu bbaliro ne mu jjana. Katonda agamba nti; (Ebyenyi ku lunaku lwe nkomerero bigenda kubera nga bisanyufu nga bitunuulira Katonda omulezi waabyo).

11. Mugaso ki oguli mu kumanya amannya ga Katonda nebitendo bye? Katonda kyeyasokera ddala okulaalika ku bitonde bye kwe kumanya, anti bwebaba nga bategedde Katonda wabwe bamusinza mu ngeri entufu. Katonda agamba nti; (Soka omanyee, amazima gali nti, tewali Katonda asinzibwa mu butuufu okugyako Katonda omu, olwo nno olyoke osabe Katonda okukusonyiwa ebibi byo).

Okwogera ku Katonda ngomanyi nti musasizi nnyo kikuteekamu essuubi ate okwogera ku Katonda nti akangavvula ababa bamugyemedde kikuteekamu okumutya. Nga era okwogera ku Katonda nti ye mugabi webyengera yekka kikukakasaako okumwebaza.

Kale nekigendererwa mu kusinza Katonda ngoyita mu kwogera ku manya ge nebitendo bye kukakasa kubimanya nokutegera amakulu gabyo wamu nokugakolerako.

Naye ate mu mannya ga Katonda nebitendo bye mulimu omuntu byatenderezebwa nabyo nga abadde abirina nga okumanya, okusaasira nobwenkanya, nga era bwemulimu ebyogeza ku muntu mu ngeri embi singa aba abirina, nga okweyita Katonda, okwekuluntaza nokwekuza. Ate era omuntu alina ebitendo byalagirwa okubeera nga byebimwogerwako nga okubera nti musinza wa Katonda nokubera nga tayinza butetaaga Katonda nokubeera omwetowaze, nokuberanga asaba Katonda, nebirala ebiringa ebyo, naye kizirira ddala okutenda Katonda nebitendo ebyo byetusembezzaayo.

Omuntu asinga okwagalwa ewa Katonda yooyo alina Katonda byayagala, ate Katonda gwasinga okusunguwalira yooyo ayogerwako nebitendo Katonda byatayagala.

12. Amannya ga Katonda amalungi geegaliwa? Katonda agamba nti; (Katonda alina amannya amalungi mumusabe nga mukozesa amannya ago). Mu Hadith yomubaka (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Mazima Katonda alina amannya kyenda mu mwenda omuntu agamalayo wakuyingira jjana*) Bukhari ne Muslim.

OKUGAMALAYO KITEGEEZA EBINTU BISATU.

- Okumanya enjatula zaago n'omuwendo gwago.
- Okumanya amakulu gaago nekigendererwamu.


AMANNYA GA KATONDA AMALUNGI

Amannya ga Katonda amalungi gegaliwa? Kyakakasibwa okuva ku Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) nti mazima yagamba; (*Mazima Katonda alina amannya kyenda mumwenda, ku kikumi toolako limu buli, yenna agamanya omuwendo aliyingira ejjana*) Bukhari ne Muslim.

OKUGAMANYA KITEGEEZA EBINTU BISATU;

- Okumanya okugaatula awamu nomuwendo gwago.
- Okutegeera amakulu gagwo nokugakkiriza ekyokugeza, oli bwayogera erinnya lya Katonda (Al Hakim) kitegeeza nti; ensonga zonna aziwaddeyo eri Katonda, kuba ebintu byonna bitambulira ku nteekateeka za Katonda.
- Okusaba Katonda naamannya ago, ekyokugeza nga okusaba nti; (Nkusaba ggwe abikikirira ombikikirire, nkusaba gwe oweekitiibwa ompe ekitiibwa. Katonda agamba nti; (*Mpa obufuzi obutateekwa kufunibwa mulala oluwannyuma lwange mazima ggwe gwe mugabi*).

Buli yenna anoonyereza mu aya za Kur'ani ne Hadith za Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) asobola okugakunganya, nago geegano;

 ALLAHU	Ye yekka atekwa okusinziibwa, ebitonde byonna biteekwa kusinza ye yekka, ebitonde byonna bikkakkana bigonda, bikutama bivunnamira ye yekka omusaasizi ennyo ngokusasirakwe kubuna.
Al Rahman (الرَّحْمَن)	Erinnya eryo litegeeza obugazi nookubuna kwo kusaasira kwe eri ebitonde byonna, eryo erinnya lye yawulidde Katonda yekka terituumwa kitonde kyonna.
Al Rahiimu (الرَّحِيم)	Omusaasizi alina okusaasira okwenjawulo, omusaasizi era omusonyiyi eri abakikiriza ku nsi ne kunkomerero, yaabalunganya eri okumusinja era ku lunaku lwe nkomerero agenda kubayingiza ejjana.
Al Afuwu (الْعَفْو)	Omusonyiyi asangulawo ebyonoono. Yaasonyiwa ebyonoono natabirondoola, wadde nga omuddu yandibadde abonerezebwa.
Al ghafur (الْغَفُور)	Omusonyiyi ennyo , abikikirira abaddube, tabaswaza oba okubabonereza olwebyonoono byaabwe.
Al Ghaffar (الْغَفَّار)	Omusonyiyi ennyo . Erinnya eryo liraga nti; Katonda asonyiwa nnyo abaddube abo ababa bamusabye okubasonyiwa.
Al Rauuf (الرَّؤُوف)	Oweekisa ekingi . Erinnya eryo litegeeza nti; Katonda waakisa ekingi ennyo, kwekuba nti musaasizi nnyo eri ebitonde bye byonna kuno ku nsi ate okusasira okwo kulyeyawulira abakikiriza bokka ku lunaku lwe nkomerero.
Al Haliim (الْحَلِيم)	Atayanguyiriza kubonereza . Tayanguyiriza kubonereza bitonde bye wadde nga obusobozi abulina, wabula abaddiramu era abasonyiwa bwebaba bamusabye okubasonyiwa.
Al Taywab (التَّوَّاب)	Akkirizza okwenenya kwabo ababa beenenyezza . Alunganya gwaba ayagadde eri okwenenya era nakkiriza okwenenya okwo.

As Sittir (السَّيِّر)	Abikkirira abaddu be. Abikkirira abaddu be nebatawemuka eri ebitonde era ayagala nnyo omudduwe yeebikkirire aleme kuwemuka era abikkirire nebanne era abikke nobwererebwe.
Al Ganiyyu (الْغَنِيِّ)	Omugagga atalina bwetaavu eri bitonde. Talina bwetaavu bwonna eri bitonde olwokuba yye mutukuvu namatendoge gonna matukuvu, ebitonde byonna byetaavu gyaali era byonna byetaavu eri ebyengera bye nokusaasira kwe.
Al Kariim (الْكَرِيم)	Awa mu bungi ennyo, awa oyo gwaba ayagadde era awa ekyo kyaba ayagadde, asabiddwa oba tasabiddwa, asonyiwa ebitonde era naabikkirira ebyo byebaba basobezza.
Al Akram (الْأَكْرَم)	Omuyitirivu wookugaba. Omuyitirivu ennyo owookugaba tewali amwenkana oba amwefaananyirizaako mu kugaba, ebirungi byonna biva gyali, asasula ebirungi bye eri abakkiriza tayanguyiriza kubonereza abo abamuwakanya era ababala mubwenkanya.
Al Wahhaab (الْوَهَّاب)	Bingi nnyo byaagaba agaba nga tasuubira kuddizibwa, agaba nga tewali nsonga yonna era agaba nga tasabiddwa.
Al Jawaad (الْجَوَاد)	Omuyitirivu wokugaba ebirungi. Muiyitirivu wakugaba ebirungi eri ebitonde bye olwokuba nti mugabi nnyo, ate bo abakkiriza balina omugabo munene nnyo mu bugabi bwe n'ebirungi bye.
Al Waduud (الْوَدُود)	Ayagala nnyo mikwano gye era abeera kumpi nabo nokubasonyiwa, nookubawa ebyengera, musiimu gyebali era akkiriza emirimu gyebakola era abawa okwagalibwa kuno ku nsi.
Al Muutwi (الْمُعْطِي)	Omugabi/Omuwi Awa okuva mu mawanika ge oyo gwaba ayagadde mu bitonde bye, ate gyo emikwano gye girina omugabo munene, era yeeyatonda buli kitonde kyonna mukifananyi kyakyo.
Al Waasiu (الْوَاسِي)	Omugazi eyeetolodde byonna. Amatendo ge magazi nnyo teri ayinza kumalayo oba kukomekkereza matendo ge, mugazi mu bufuzi bwe ne mu buyinza bwe, mugazi mu kusonyiwa nokusaasira, era mugazi mu kugaba nookuyisa obulungi.
Al Muhsin (الْمُحْسِن)	Omuyitirivu wobulungi nokulongoosa. Omuyitirivu wobulungi, mulungi ye yennyini, amannya ge, amatendo ge nebiKolwa bye, buli kitonde kyonna yakitonda mu ngeri esinga okuba ennungi, ye mulungi eri ebitonde bye byonna.
Al Raazik (الرَّازِق)	Omugabirizi weebitonde. Ye mugabirizi weebitonde byonna, yasalawo dda byaligabira ebitonde nga tannatonda nsi na ggulu era yekka yaabigabirira.
Al Razzak (الرَّزَّاق)	Omugabirizi weebitonde era abiyimirizaawo. Erinnya eryo liraga obungi bwokugabirira kwe eri ebitonde. Abigabirira nga tebinbaba nakumusaba, wadde ebitonde bimujeemera era yye abigabirira naabiyimirizaawo.
Al Latwif (اللطيف)	Omukwata mpola. Amanyi byonna ebitono nebinene. Yaamanyi ebintu byonna, tewali kyekweka natakimanya, atuusa obulungi emigaso eri ebitonde bye byonna awo webiba tebisuubirira.
Al Khabiiiru (الْخَبِير)	Amanyi nnyo byonna. Okumanya kwe kumalayo byonna ebyekwese, ebyenkiso, ebyomunda ennyo era nga bwamanyi ebyeyolese nebyolwaatu.
Al Fattah (الْفَاتِح)	Aggulawo amawanika ge. Yaggulawo nga bwaba ayagadde amawanika ge agali mu bufuzi bwe, okusasira kwe, nokugabirira kwe okusenziira ku kumanya kwe nookuteeka kwe buli kintu mussa lyakyo.

Al Aliimu (العليم)	Omumanyi ennyo. Okumanya kwe kwetoolodde ebyokungulu nebyomunda, ebyekyama, ebyolwatu, ebyayita neebiriro nebyomumaaso, tewali kintu kyonna kiyinza kwekweka ku ye.
Al Barru (البر)	Oweekisa ekingi era omutuufu, omugazi ennyo mukuyisa obulungi ebitonde bye, agaba nnyo era tewali ayinza kukomekkereza nakubala byengera bye, wa mazima nnyo mwebyo byalagaanyisa, alekera abaddu b,e abataasa era abakuuma, akkiriza akatono okuva mu baddu be era naakagejjesa.
Al Hakiim (الحكيم)	Omugezi, omutegesi assa buli kintu mussa lyaakyo. Assa buli kintu kyonna mussa lyakyo ettuufu. Munteekateeka ye temuba kisobyo oba ekitatuukiridde.
Al Hakam (الحكم)	Omulamuzi. Yaalamula wakati weebitonde bye mubwenkanya talyazaamanya kitonde kyonna, yassa ekitabo kye ekyekitiibwa kube nga kiramula wakati wabantu.
Al Shaakiru (الشاكِر)	Omwebaza Yeebaza nawaana abo abamugondera era abasuuta, asasula omulimu omulungi oguba gukoledwa nebweguba mutono gutya, awa ennyongeza kuno ku nsi buli yenna eyeebaza ebyengera, ate agenda kumusasula empeera ku lunaku lwe nkomerero.
Al Shakuur (الشكور)	Asiima ennyo, ekirungi ekitono akiyingiwaza nekifuuka ekingi era abaddube abakubisizaamu emirundi mingi mu mpeera, Katonda okwebaza omuddu kwekusasula bwaba yeebazizza ebyengera era nokukkiriza emirimu gye.
Al Jamiil (الجميل)	Ye yennyini mulungi era mulungi nnyo mu mannya ge neebitonde bye nebiKolwa bye, nobulungi bwonna obuli mu bitonde bye buva gyaali.
Al Majiidu (المجيد)	Ye wakitiibwa nnyo mugulumivu, wamaanyi nnyo mu ggulu ne mu nsi.
Al Waliyyu (الولي)	Omulabirizi owomukwano, yooyo alabirira ensonga zonna ezebitonde nokubiteekerateekera ebyo ebibigasa, ye mutaasa era omuwagizi eri mikwanogye.
Al Hamiid (الحميد)	Ye yaatenderezebwa na mannya ge nebitendo bye, era nga atenderezebwa mu ssanyu nemukabi, mu buzibu ne mumirembe, ate nga era agwanira okutenderezebwa nokusuutibwa awatali kkomo kubanga atenedbwa nabuli ekimalayo obujjuvu.
Al Maulaa (المولى)	Ye yemulezi omufuzi, nannyini buli kimu, ataasa era omuyambi.
Al Naswiir (النصير)	Ye yaawagira nga ataasa nokutaasa kwe eri oyo yenna gwaba ayagadde, kale tewali ayinza kuwangula eri oyo yenna gwaba ataasizza ate tewali ayinza kutaasa kwoyo yenna gwaba asazeewo okwabulira.
Al Samiu (السميع)	Ye yaawulira buli kyama kyonna nekiteesebwa kyonna nabuli ekiba mulwatu nga kirangiddwa, wadde amaloboozi gonna amakusike oba agolwatu, ate nga ayanukula buli aba amusabye.
Al Baswir (البصير)	Ye amaaso ge gamalayo okulaba ebyekweese nebirabikako, kabibe nga byekweese bitya oba nga byeyolese, kabibe nga bitono oba nga binene.
Al Shahiid (الشهيد)	Ye yemulondoozi webitonde bye, yewaako obujulizi nti ali omu era nti mwenkanya, akakasa amazima ga bakkiriza bwebaba nga bamwawudde era yakakasa ababakabe ne ba malayika be.
Al Raqiib (الرقيب)	Ye amalayo buli ekikwata ku bitonde bye era byonna abimanyi nemirimu gyonna gyebikola tewali kimuyitako nga takirabye oba nga tategedde kyekirowoza.

Al Rafiiq (الرَفِيقُ)	Ye yemukwatampola mwebyo byakola, anti ye yayawukana nebitonde bye byonna, akwata mpola era yegendereza mu bitonde bye ne mubiragiyo bye, abaddu be abakwatampola, era mu bukkakkamu, anti tabalaalika byebatasobola era nga naye bwayagala omuddu we omukwatampola.
Al Qariib (القَرِيبُ)	Ali kumpi nnyo eri ebitonde bye byonna mu bikolwabye, okwogerakwe, okusaasirakwe nokutaasakwe eri abaddu be abamukkiriza awamu neebyo, ali waggulu ku ntebe yoobufuzi bwe talina ngeri yonna gyeyeegatta nabitonde bye.
Al Mujjib (المُجِيبُ)	Ye ayanukula abo ababa bamusabye okusinziira ku kumanya kwe naamagezi ge.
Al Muqiiit (المُقِيتُ)	Ye yaatonda ebiriibwa nebifunibwa ate nga yaabituusa eri ebitonde, era nga abikuuma awamu nemirimu gyabaddu be awatali kubikendeezaako.
Al Hasiib (الحَسِيبُ)	Amalira abaddu be mu byonna ebikwaata ku ddiini yaabwe ne nsi yaabwe, so nga abakkiriza mu bo balina enkizo ku batali bakkiriza mu kubamalira ebibakwatako, era ye atafaanana bitondebye yaabala abaddu be ku mirimu gyebakola mu nsi.
Al Mu`min (المُؤْمِنُ)	Akakasa ababaka naababagoberera yaakakasa amazima gaabwe, akakasa nga alaga obubonero obulaga amazima gaabwe, nabuli mirembe gyonna egiri mu nsi ne kunkomerero yaagyoye era yaaliwa obukuumi eri abakkiriza awatali kulyazamanyizibwa wadde okubonerezebwa nobutatuukako bikangabwa bya lunaku lwankomerero.
Al Mannan (الْمَنَّانُ)	Omuyitirivu wokugaba agaba ebyamaanyi, omuyitirivu wokuyisa obulungi eri ebitonde bye.
Al Twaib (الطَّيِّبُ)	Ye mutukuvu taliiko kamogo kabukendeevu konna, era ye alina okuyisa obulungi mu bujuvu, era muyitirivu waakuwa ebirungi eri ebitonde bye. So nga takkiriza mirimu ne sadaaka okugyako ebirungi ebya (Halaali) nga bigendereddawamu ye yekka.
Al Shaafi (الشَّافِي)	Awonya emitima nemibiri okugigyako obulwadde, abaddu be byonna byebalina mu ddagala Katonda ye yabibasobozesa okubikola naye kwo okuwona kuli ku mikono gya Katonda yekka.
Al Hafiidh (الْحَفِيفُ)	Ye yaakuuma abaddu abakkiriza nebyebakola nga abawa enkizo, ate era nga yakuuma ebitonde byonna nga bweyagera edda.
Al Wakiil (الْوَكِيلُ)	Ye yeyemalirira mu kufuga nokutonda nokulabirira ensi yonna, anti yemalirira ku bitonde byonna okubiteekawo nokubibeezaawo era nga akuuma abamukkiriza abo abeesigamya ensonga zonna gyaali nga tebannaba kukola mulimu gwonna, basaba Katonda okubayamba era nebamutendereza nga bamwebaza oluvannyuma lwokubasobozesa era nga bwebasiima ebyo byonna byaaba abagabidde oluvannyuma lwokubagezesa.
Al Khallaaq (الْخَالِقُ)	Linnya eriraga obuyitirivu bwokutonda kwa Katonda anti ye yewenjawulo ku buli kimu talekangayo kutonda nabuli kati.
Al Khaaliq (الْخَالِقُ)	Ye yaatandikawo ebitonde byonna nga talina kwalabira alyooke atonde.
Al Baar (الْبَارِئُ)	Ye yeeyateekawo ebyo byeyagera naabikakasa mu bitonde nabiteekawo nga bweyayagala.
Al Muswawwir (المُصَوِّرُ)	Ye yeeyakola ebitonde bye kubifaananyi byeyasalawo bifaanane okusinziira ku magezige, okumanyakwe nokusaasirakwe.

Al Rabb (الرَّبِّ)	Ye yaalabirira ebitonde bye nebirungi byaabiwa, nga abitandika mpolampola, era nga alabirira abamukkiriza nti ye Katonda, mu ngeri erongoosa emitima gyaabwe, era nga ye nannyini kutonda bitonde era nga byonna ye mukama waabyo.
Al Athwim (العَظِيمِ)	Ye yeweekitiibwa ekisukkulumu ye nga Katonda namannya ge nebitendo bye, olweekyo kyaava aba nga ebitonde kibikakatako okumuwa ekitiibwa ekisukkulumu era nokugondera byaba alagidde oba byaba agaanye.
Al Qaahir (القَاهِرِ)	Ye yaakaka abaddu be era alagira ebitonde bye okumusinja era nga yewamaanyi agenkizo agonderwa buli kitonde kyonna era nokussa munkola kyaaba ayagadde.
Al Qahhar (القَهَّارِ)	Kitegeeza obusukkulumu mu kukaka.
Al Muhaimin (المُهَيِّمِ)	Alabirira buli kintu era akikuuma era akiwaako obujulizi era nga ebikifaako byonna abirina.
Al Aziiz (الْعَزِيزِ)	Alina buli ekiraga amaanyi agenjawulo amaanyi ago kuba nti ye luwangula, era alina amaanyi gokuba nti talina gweyetaagako kintu kyonna era alina amaanyi gokuba nti Akaka, awangula, buli kintu anti tewali kintu kyonna kyenyeenya nga takkirizza.
Al Jabbar (الْجَبَّارِ)	Alina okwagala mukugera okwenkomeredde ebitonde byonna bikakibwa kuva gyaali bigondera obusukkulumubwe, bigoberera okusalawo kwe, era agaggawaza omwaavu awa obwangu aba azitoowereddwa embeera, ayamba omulwadde nayenna aba afunye ebizibu.
Al Mutakabbir (الْمُتَكَبِّرِ)	Ye yeweekitiibwa, ekitiibwa kye kimuweesa buli kitendo ekimugyako obukendeavu bwonna, talyazamaanya baddube, kubanga ali waggulu wokukola obulyazaamaanyi, Akaka abaddube abajeemu, atendebwa nobusukkulumu mu buli kintu, agezaako okumwanganga amufeebya namubonereza.
Al Kabiir (الْكَبِيرِ)	Ye waakitiibwa yenna mubitendobye nemubikolwabye, tewali kintu kyonna kimusinga bunene anti buli kintu kyonna ekitali ye kitono.
Al Hayiyyu (الْحَيِّي)	Ye Katonda alina ensonyi mu bwaKatonda bwe awamu nekitiibwa nobuyinza bwe kale nno ensonyi za Katonda nsonyi za bugabi ku kitiibwa nokuyisa obulungi eri ebitonde bye.
Al Hayyu (الْحَيِّ)	Ye yaalina obulamu obwolubeerera abujjuvu, nokubeerawo okutalina ntandikwa wadde enkomerero, nabuli ekirina obulamu mu biriwo byonna obulamu obwo buva gyaali.
Al Qayyum (الْقَيُّومِ)	Ye yetengeredde yeyimirizaawo yekka talina kyeyetaaga eri ebitonde bye ate ye yaayimirizzaawo era alabirira buli ekiri mu ggulu ne muni byo byonna byebyetaavu gyaali.
Al Warith (الْوَارِثِ)	Agenda okubeerawo olubeerera oluvannyuma lwebitonde byonna okuggawo n'ebintu byonna bidda wuwe banyini byo bwe baggwawo. Nabuli kyonna kyetulina kitereso olunaku lumu kiridda ewa nyinikyo mukama Katonda.
Al ddayaan (الدَّيَّانِ)	Ye yoyo ebitendo byonna gwebikkiririzaamu era nga bimugondera alisasula abaddu be ebyo byonna byebaakola, biribeera birungi agenda kubikubisaamu, era alibonereza olw'ekibi omuntu kyeyakola oba okumusonyiwa.
Al Malik (الْمَلِكِ)	Oyo alina obuyinza bwonna n'obusobozi. Ebitonde byonna bikola ebintu okusenziira ku kiragiyo kye so ng'ate tewali kitonde kyonna kimuyambako okuyimirizaawo obufuzi bwe nokubukuuma.

Al Maalik (المالك)	Obuvunanyizibwa bwe tebulina ntandikwa era nga yasaanidde okuba obufuzibwe bwaliwo ng'atandika ebitonde byonna era tewaaliwo kintu kirala kyonna okujjako ye. Era obufuzi bwakusigala nga bubwe ku nkomerero ebitonde bwe biriba bituuse okuggwawo.
Al Maliik (الملييك)	Kitendo ekyongerera ku (Al Malik) omufuzi anti kyo kiwa amakulu mangi okusinga ku kiri.
Assubbuh (السبوح)	Taliiko kamogo konna wadde obukendeevu mu buli ngeri yonna anti ye yekka yalina ebitendo by'obujjuvu ebitaliiko kakwakkulizo. Nolw'ekyo talina kintu kimugeraageranyizibwako.
Al Kudus (القدس)	Omutukuvu ennyo, ye mutukuvu okwawukanira ddala nobukendevu mu ngeri zonna, ye yekka atenderezebwa mu butukuvu mu ngeri zonna.
Assalaam (السلام)	Kiwa mirembe era ataliiko kamogo konna wadde obukendeevu nga yye yennyini oba mubitendo bye, amannya ge n'ebikolwa bye era buli mirembe gyonna, ku nsi ne ku nkomerero biva wa Katonda ow'ekitiibwa.
Al Haqq (الحق)	Mazima ye yoyo atalimu kubuusabusa wadde okutankanibwa. Mu manyage, ebitendo bye wamu nemubwa Katondabwe. Ye yekka yasinzibwa nga asaanidde.
Al Muhiinu (المبين)	Ensonga zonna azikwata ku bumubwe, okuba nga agoba nsonga, era ne mu kisakye. Era yalaga abaddube ekkubo eddambulukufu babe nga lyebakwata, nga bwabalaga amakubo g'obubuze babe nga bagasamba.
Al Kawiyyu (القوي)	Ow'obusobozi obutaliiko kkoma era nannyini kwesalirawo.
Al Matiinu (المتين)	Muyitirivu w'amanyi n'obusobozi. Bwaba akola ebintu tafuna buzibu, teyekaka era takoowa.
Al Qadir (القادر)	Omusobozi wabuli kintu tewali kimulemerera ku nsi ne mu ggulu era yasalawo buli kimu.
Al Qadiir (القدير)	Amakulu galino gegamu n'aga Al Kadiir, wabula Al Kadiir aba ayitiridde mu busobozibwe.
Al Muqtadir (المقتدر)	Lino litegeeza nga Katonda kwasobolera ddala okussa mu nkola ebyo byeyasalawo edda.
Al Aliyyu (العلي)	Wa waggulu mu ngeri ye, nga bwalina enkizo y'okuba nti kyayagala omuddu atekwa okukikola. Era litegeeza nti Katonda abeera waggulu. Buli kintu kyonna kiri wansi wa kusalawo kwe nabufuzi bwe. Tewali kintu kigenda kumubeera waggulu.
Al aala (الاعلى)	
Al Muta-ali (المताल)	Buli kintu kyonna mu maaso ga Katonda kyawansi. Era waggulu we tewagenda kubeerayo kintu kyonna. Wabula buli kintu kiri wansiwe, na wansi w'amanyige n'obufuzibwe.
Al Muqaddimu (المقدم)	Ayanja buli kintu nakissa mu ssa lyakyo nga bweyakisalawo era nga bweyayagala. Nga kiri ku mulamwa gwokumanya kwa Katonda n'ekisakye.
Al Muakhir (المؤخر)	Ye yoyo assa ebintu mu masa gabyo, nga asembayo oba okukulembeza kyaba ayagadde, nga agoba nsonga, nga bwaddiriza ebibonerezo by'a baddube, sinakindi nebenenya nebamwemenyera.
Al Musssa-eru (المسعر)	Agereka emiwendo gy'ebintu nga oluusi ebbeyi erinnya, oluusi abifuula ebyekkekwa olwonno ebbeyi n'erinnya. Emiwendo okukka oba okulinnya kisinziira ku kumanya kwe na ku ngeri gyatunuliramu ensonga.

Al Qabidhu (القَابِضُ)	Yakwata emyoyo gy'abaddu era yayinza okukendeza Raziki yabaddube bwaba asazewo okusinzira ku buyinza bwe ne ku ngeri eyo, olwonno naba nga agagezesa.
Al Baasitu (الْبَاسِطُ)	Okusinzira ku bugabi n'ekisakye agaziyiza abo baba asazeewo Riziki zaabwe mungeri endala abakema n'ekyengera kyoyaziyiza Riziki, ate nabawa omukono gw'ekisonyiwo, eri oyo gwaba alondobyemu.
Al awwalu (الْأَوَّلُ)	Tewali kintu kyamusoaka okubaawo. Ebitonde byonna w'ebiri olwokuba nti yabikola. Ye, Katonda talina ntandikwa.
Al akhuru (الْآخِرُ)	Oluvannyuma lwe tewali kintu kyonna. Buli kintu kyakuggawo. Olwonno abaddu be bonna badde gyalu. So nga talina nkomerero.
Adhahuru (الظَاهِرُ)	Ali waggulu wabuli kintu waggulu tewali kintu kirala kyonna. Era y'alina obuyinza ku buli kintu, era nga ebifa ku buli kintu.
Al batina (الْبَاطِنُ)	Tewali kintu kyonna kiri kumpi kumusinga. Ye yasinga okuba okumpi, amanyi mubujjuvu buli kintu naye nga ebitondebye tebisobola kumulaba kuno ku nsi.
Al Witiri (الْوَتْرُ)	Gw'ensunuuba (ey'emu) ali omu nga tewali kimwegattako ali yekka, tewali kintu kyonna kiringa ye.
Al Said (السَّيِّدُ)	Ye mukama, nannyini wa byonna, obwa nannyini bwe ku bitonde bweyawulidde yye yekka, byonna ebotonde bibye.
Al Sswamad (الصَّمَدُ)	Nannyini buyinza obujjuvu, ebitonde byonna bimweyunira olwobwetavu bwebirina gyalu. Katonda yagabirira teyetaaga kugabirirwa.
Al Wahidu (الْوَاحِدُ)	Ye Katonda yoyo Al ahadu; eyeyawudde era neyetongola n'ebitendo by'obujjuvu byonna. Tewali amwegattako mu kimu kubyo. Era tewali kintu kyonna kimufanana. Ekyonno nekitegeeza nti mukumusinzira alina kusinzibwa yekka nga tewali kimugattibwako.
Al Ahadu (الْأَحَدُ)	
Al elaaH (الْإِلَهُ)	Ye, yasinzibwa mubutuufu. Nga ye yekka yateekwa okusinzibwa. So ssi kintu kirala kyonna.

13. ENJAWULO WAKATI WAMANNYA NEBITENDO BYA KATONDA.

Ekgigatta wakati wamannya ga Katonda nebitendo bye kwekuba nti buli kimu ku byo omusiramu asobola okwekingiriza nakyo oba okulayira. Wabula waliwo enjawulo wakati wamannya ga Katonda nebitendo bye.

Enjawulo wakati wabyombiriri kwekuba nti amannya ga Katonda omuntu ayinza okuyitibwa omuddu wa nannyini rinnya eryo (Katonda) okugeza nga, Abdul Karim, omuddu womugabi, so nga omuntu tayinza kutumibwa Abdul Karam, ekitegeeza omuddu wokugaba awamu nokuba nga Karam (okugaba) kitendo kya Katonda. Mungeri yemu omuntu ayinza okusaba Katonda ngakozesa agamu ku mannya ge okugeza nga yaa karimu (Ayi mukama Katonda omugabi) ekyo kikkirizibwa, so nga ate omuntu takkirizibwa kusaba ngakozesa ekitendo kya Katonda nga okugamba nti (yaa karama llah) nsaba okugaba kwa Katonda.

ENJAWULO EY'OKUBIRI. Kwekuba nti ebitendo bya Katonda biva mu mannya ge, okugeza nga Arrahama, ekitendo kusaasira kiva mu linya lya Katonda ARRAHMAN. So nga ebitendo bya Katonda toyinza kujjumu mannya agataayogerwaako ekyokulabirako ekitendo kyokuba nti Katonda akkalidde ku Arushi tekiyinza kuvaamu linya AKKALIRA.

ENJAWULO EY'OKUSATU. Ebikolwa oba ebitendo bya Katonda tebiva mu mannya agatabangayo, mu bintu Katonda byakola mwemuli nokusunguwala,

naye tekiwulirwangako wonna nti mu mannya ge oyinza okumuyita Alghathibu owobusungu.

Tusobola okussa ekitendo kyobusungu ku Katonda okusinziira kukuba nti okusunguwala kyamubikolwa bye.

14. OKUKKIRIZA BA MALAYIKA.

Okukkiriza ba Malayika kwekukkiririza ddala okubaayo kwaabwe, *era nti Katonda owekitiibwa yabatonda ku musinza, nokussa munkola ebiragirowe, baddu ba Katonda abekitiibwa.*

Tebakola kintu kyonna okugyako Katonda nga yaakibalagidde.

Okukkiriza ba Malayika kitegeeza ebintu ebiwerako;

1. Okukkiriza okubaawo kwabwe.
2. Okukkiriza abo abatubulirwa mu bo, amannya gaabwe, nga Jibrilu.
3. Okukkiriza ebighambo ebyabogerwako nga okuba nti baatondebwa mu ngeri ya njawulo.
4. Okukkiriza emirimu egyabaweebwa abamu mu bo nga Malayika walumbe.

15. KUR'ANI.

Kur'ani bigambo bya Katonda omuntu abisoma aba asinza Katonda.

Bigambo bya Katonda ddala mumpandiika ne muddoboosi, Jiburil yabijjulula okuva eri Katonda nabituusa eri Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nabwekityo ebitabo byonna ebyawebwa ba Nabbi bigambo bya Katonda.

16. HADITH ZA NABBI ZIYAMBA KUNNYONNYOLA KUR'ANI.

Awamu nokuba nti Katonda owekitiibwa yassa Kur'ani ku Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) mu ngeri yemu yalagira abasiramu okukozesa Hadith nga bwekiri mu aya, *(Ekyo kyonna ombaka kyaba abalagidde mu kikole era mu ngeri yeemu muleke ekyo kyaba abagaanye).*

Omulumu omukulu ogwa Hadith kwongera kutangaaza ebigererwa mu Kur'ani. Eddiini teyinza kutegerwa mu bulambululukufu okugyako nga tweyambisizza Hadith, ekyokulabirako eSswala. Ekiraga nti Hadith zirina ekifo kyawaggulu mu busiramu, Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *(Naweebwa Kur'ani nekikifanana (Hadith) ng'agamba nti; muwekwate nnyo ku Kur'ani kyemusangamu nti kiri Halali kiba Halali nekyemusanga nti kiri Haramu kiba Haramu)* **Abu Dauda.**

17. OKUKKIRIZA ABABAKA BA KATONDA.

Okukkiriza ababaka ba Katonda, kwe kukkiriza nokukakasiza ddala nti mazima ddala buli bantu Katonda yabatumamu omubaka nga ava mu bo nga abakowoola okudda eri okusinza Katonda omu, nobutakkiririza mu byonna ebisinzibwa ebitali Katonda, era nti mazima ddala bonna baamazima era ebighambo byaabwe bituufu, obubaka bwabwe bulunganya abantu, bakitiibwa, batukuvu era nga beesigwa. Era baatuusa obubaka obwabatamwa era bebasinga ebitonde ebirala byonna ekitiibwa era nti Katonda yabakuuma nga batukuvu obutakola kintu kyonna ekyo Shiriki okuva lwebazaalibwa okutuusa ku nkomerero yaabwe.

18. OKUWOLEREZA KU LUNAKU LWE NKOMERERO.

Okuwolereza ku lunaku lwe nkomerero kwamitendera mingi naye nga okusinga obukulu mu kwo ye Shafaa Al Uthuma, nakwo kwekuwolereza okuliggulawo emikolo gya Katonda okuyingira mu nsonga zaabaddube ku lunaku lwe nkomerero, ekyo kiribaawo oluvannyuma lw'abantu okulindirira Katonda okuyingira mu nsonga zaabwe emyaka emitwaalo etaano.

Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) agenda kusaba Katonda owekitiibwa ayingire mu nsonga zaabantu. Ekyonno kyeyawulidde Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*). Eyo yenkizo Katonda geyamulagaanyisa ku lunaku lwe nkomerero.

OKUWOLEREZA OKWOKUBIRI; Kwekuwolereza kwa Nabbi ngasaba ejana eggulwewo era yagenda okuba omusale mu kuggulirwawo ejjana era abagoberezi ba Nabbi Muhammda (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) beebagenda okusooka okugyingira.

OKUWOLEREZA OKWOKUSATU; Kwekuwolereza abantu abaliba bakakaseeko okuyingira omuliro baleme kuguyingira.

OKUWOLEREZA OKWOKUNA; Kwekuwolereza kwaliwolereza abajeemu mu bakkiriza abaliba bayingidde omuliro baggibweyo.

OKUWOLEREZA OKWOKUTAANO; Kwekuwolereza Nabbi kwaliwolereza abali mu jjana basitulwe amadaala gaabwe.

OKUWOLEREZA OKWOMUKAAGA; Nabbi alina baagenda okuwolereza bayingire ejjana nga tebabaliddwa.

OKUWOLEREZA OKWOMUSANVU; Kwekuwolereza Nabbi kwaliwolereza taata we omuto Abutwalib akendezebwe ku bibonerezo.

OKUWOLEREZA OKWOMUNAANA; Kwekusaba Katonda olwokusaasira kwe ajje mu muliro abantu abaafera ku nzikiriza entuufu nebaba nga tebalina abawolereza yenna.

19. ABAFFE KIKKIRIZIBWA OKUSABA OBUYAMBI N'OKUWOLEREZEBWA ABANTU ABALAMU?

Yee kikkirizibwa era obusiramu bukubiriza abantu okuyamba abalala.

Katonda agamba nti; (*Muyambagane nga mu kukola emirimu emirungi nokutya Katonda*), Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Katonda ayamba omuddu ebbanga omuddu oyo lyamala nga ayamba munne*). **Muslim.**

Empeera z'okuwolereza omuntu nyingi, nekitegeeza nokuwolereza, kwekuba nti omuntu awolereza munne mu kumuyamba okufuna ekirungi, Katonda agamba; (*Oyo yenna awolereza munne oluwolereza olulungi, afuna omugabo omulungi mu kuwolereza okwo*).

Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) agamba; (*Wolereza oluwolereza olulungi oija kufuna empeera ennungi*) **Bukhari.** Naye kisaana kimanyike nti waliwo obulombolombo obuteekwa okutuukirizibwa okuwolereza okwengeri eno kulyoke kukkirizibwe;

1. Omuntu asabwa okuwolereza atekwa okuba nga mulamu, kubanga okusaba okuwolerezebwa okuva eri omufu kiba nga okusaba okwokusinja ate nga abafu tebayinza kukuwulira, Katonda agamba; (*Naabo bemukoowola nga musaba abatali Katonda, tebalina kyebayinza kyonna kakibe kintu kitono nnyo nga olububi lwe ntende, bwemuba mubakoowodde nga mubasaba tebawulira kusaba kwammwe, so nga nebweaalibadde bawulira tebalina kyebayinza kwanukula*). Nabwekityo omuntu asaba atya omuntu eyafa edda!!! Ate nga naabafu bennyini bali mubwetaavu bwa balamu okubasabira, abo abaafa tebalina mukisa gukola kintu kyonna kibafunisa mpeera okugyako empeera zebasisigala bafuna, zeezo eziva mu kusaba okwa balamu neeziva mwebyo Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) byeyagamba ebisatu; (*Omuntu bwafa emirimu gye gyonna giyimirizibwa okugyako egiva mu bintu ebisatu; Saddaaka ekulukuta, obuyivu obusigala nga bumugasa nomwana omulongoofu amusabira*) **Muslim.**

2. Olulimi olukozesebwa mu kuwolereza luteekwa kuba nga lutegeelekeka.

3. Omuntu asabibwa okuwolereza atekwa okuba nga waali. Omuntu asabibwa okuba nga awolereza wateekwa okuba nga waliwo empuliziganya wakati we nooyo gwawolereza mu kwogereganya oba okuwandiikiragana.
4. Ekisabwa kiteekwa kuba nga kiri mu busobozi bwooyo awolereza.
5. Ekisabwa kiteekwa kuba nga kiri ku bintu bya ku nsi.
6. Ekisabwa kiteekwa okuba nga kiri mu bintu ebyakkirizibwa era nga tekiriimu kabi konna.

20. EMITEEKO GY'AMAKUBO AGAYITWAAMU OKUSEMBERA ERI KATONDA.

Amakubo ago galimu emiteeko ebiri;

1. Omuteeko ogusooka gukkirizibwa nagwo gulimu emitendera esatu:-

- **Omutendera ogusooka;** kwekusaba nga osembera eri Katonda ngokozesa amannya ge nebitendo bye.
- **Omutendera ogwokubiri;** okusaba Katonda nga osinziira ku mirimu emirungi gyewakola nga ekyafaayo kyabasajja abasatu abaayingira mu mpuku neyeggala.
- **Omutendera ogwokusatu;** Okubeera nga agenda okukusabira musiramu omulongoofu, nga mulamu era nga asuubirwa okuba nga okusaba kwe Katonda akukkiriza.

2. **Omuteeke ogwokubiri;** nagwo gwegwaziyizibwa era gulimu emitendera ebiri:-

- **Omutendera ogusooka;** Kwekusaba Katonda akkirize okusaba kwo kulwekitiibwa kya Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) oba kulwekitiibwa kya Walli (Omuntu omulongoofu) okugeza nga okusaba nga ogamba Ayi Katonda nze nkusaba kulwekitiibwa kya Nabbi wo oba kulwekitiibwa kya Hussein nebifaanana nga ebyo. Ba Swahaba ba Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) abaali baluubirira ennyo okukola emirimu emirungi tebaagezaako kusembera eri Katonda nga basaba okuyita mu Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*), kakibe mu biseera webaafunira nga obuzibu bwe kyeeya, wadde nga entaana ya Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yabali kumpi, wabula baasaba nga Katonda nga bayita mu Swahaba Abbas mubiseera weyabeerera nga mulamu. Ekyyo kyogera ku bijibwa mu Bukhari nga bigambo bya Umar (*Radi Allahu anhu*) (Ayi katonda twasabanga nga tuyita mu mubaka mu biseera weyabeerera omulamu era watutonnyesezanga enkuba naye kati tukusaba nga tuyita mu Taata wa Nabbi omuto, nolwekyo tutonnyeseze enkuba.
- **Omutendera ogwokubiri;** Kwekusaba Katonda akumalire ekyetaago nga olayira erinnya lya Nabbi oba eryomuntu yenna omulongoofu okugeza nga okusaba nga ogamba; (Ayi katonda nkusaba olwa Abdul Qadir Jayilaani, Abdul Qadir Jayilaani yali omu ku bayivu nga amanyiddwa olwobulongoofu bwe. oba kulwa Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) Naye awamu nookuba nga ba Swahaba ba Nabbi bebaali basinga okuyaayanira okusaba Katonda, enkuba bweyalwaawo okutonya tebaasaba Katonda nga bakozesa ekitiibwa kya Nabbi awamu nookuba nga kaburi ye ebali kumpi. Naye kyebaakola kwekusaba Katonda nga bayita ku Taata we omuto Abbasi bin Abdul Mutwalib.

• **Omutendera ogwokubiri;**

Omuntu kwekusaba Katonda nga bwalayira Nabbi oba okulayira omuntu omulongoofu, nga okugamba nti; Ayi mukama Katonda nkusaba ommalire ekyetaago kyange nga ndayira omuntu wo omulongoofu gundi, oba nga ndayira Nabbi wo gundi, anti okulayira nga olayira ekitonde kyaziyizibwa.

Anti ekyo kyekisinza okubeera ekyaziyizibwa ewa Katonda, yongerako okuba nga tewali kintu kikakata ku Katonda olwokuba omuddu we amugondede.

21. OKUKKIRIZA OLUNAKU LWE NKOMERERO. Okukkiriza olunaku lwe nkomerero kwe kukkiriza nga okakasa nti lujja kubaawo. Ekyo kitwaariramu n'okukkiriza okufa nebibaawo oluvannyuma lwokufa gamba nga ebibonerezo byo mu kaburi nebyengera byamu, nokukkiriza nti Malayika ejja kufuuwa mu ngombe, nabantu okuzuukira, nokuweebwa ebitabo ebirimu emirimu gyaabwe, ne Katonda okuteekawo Minzane ne Siraatwa noluzzi, nokuwolerezebwa noluvannyuma abantu bayingire ejjana oba omuliro.

22. OBUBONERO OBWENKUKUNALA OBULAGA OKUSEMBERA KWO LUNAKU LWE NKOMERERO. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *(Mazima olunaku lwe nkomerero telugenda kubaawo okutuusa nga mulabye obubonero kkumi nabwo nabwogera; Omukka, Dajjali, Ensolo, Enjuba okuva e bugwanjuba nedda ebwanjuba, okukomawo kwa Nabbi Issa mutabani wa Mariam ku nsi, okujja kwa Yaajuja ne Majuuja, enjuba okukwatibwa emirundi esatu; olukwatibwa lwelikwatibwa ebwanjuba, e bugwanjuba nolukwatibwa olvomukizinga kya buwarabu, akabonero akalisebwayo gwe muliro oguliva mu nsi ye Yamani nga gugoba abantu nga guboolekeza eri ekungaaniro)* **Hadith eno yayogerwa Muslim.**

23. EKIKEMO EKISINGA OBUNENE ERI ABANTU. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; ***(okuwa Adam lweyatondebwa okutuusa ku nkomerero ekikemo ekigenda okusinga obunene kwe kujja kwa Dajjali)*** **Hadith yayogerwa Muslim.**

Dajjali ye musajja alijja nga enkomerero etuuse nga mumakkati gaamasoge wawandiikiddwawo (**K.F.R.**) buli mukkiriza agenda kukisoma era omusajja oyo nga eriisolye erya ddyo lya ttulu, bwaaliba yakajja agenda kuba nga yeeyita mulongoofu, oluvannyuma yeeyite Nabbi, oluvannyuma yeeyite Katonda, agenda kujja eri abantu nga abakowoola okukkiriza ebyo nga bamuyita mulimba, era nga ebigambo bye babigaana. Olwo naye alibalekanga kyokka obugagga bwabwe bwonna bugenda ku mugoberera basigale nga tebalinaawo kya bugagga kyonna. Oluvannyuma agenda kudda eri abantu abakowoole eri okukkiriza byagamba bamukkirize, bamukakase agenda kulagira eggulu litonnyese enkuba era etonnye, agenda kulagira ettaka limeze ebimera era bimere, agenda kujja eri abantu nga alina amazzi nomuliro naye nga omuliro gwe geemazzi agannyogoga ate nga amazzi ge gwemuliro.

Buli musiramu yenna asaana asabe obukuumi eri Katonda okumuwonya ebikemo bya Dajjali ku nkomerero yaabuli Sswala mu Tahiyatu esembayo, era bwaliba asisinkanye Dajjali asome entandikwa ya Surat Al Kahafi era yeewale nnyo okumusisinkana olwokutya ebikemo bye. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba; ***(Omuntu yenna aba nga awulidde Dajjali nti azze atekwa amwewale, ndayira Katonda mazima omuntu ayinza okugenda gyaali nga amulowooza nti mukkiriza namugoberera olwebyo byalireeta ebibuzaabuza)*** **Abu Dauda.**

Dajjali agenda kubeera mu nsi ennaku makuni ana (40), nga olunaku olumu lwenkana omwaka, olunaku olumu olulala nga lwenkana omwezi, olulala nga lwenkana sabbiiti emu.

Ennaku ze endala zigenda kuba nga zenkana nga zino zetubala . Dajjali talina waatagenda kutuuka mu nsi wonna okugyako e Makkah ne Madinah. Oluvannyuma Nabbi Issa agenda kukka okuva mu ggulu gyalu amutte.

24. MAZIMA EJJANA NOMULIRO WEEBIRI DDALA. Katonda yatonda ejjana nomuliro oluberyeberye nga tannatonda bantu, era byombiriri tebigenda kuvaawo olubeerera, Katonda alina abantu beyatondera ejjana kulwokusaasira kwe, nomuliro gulina abantu abagenda okuguyingira okusinziira kubwenkyanya bwa Katonda. Buli muntu ekyamutonderwa kyekimwanguyira.

25. OKUKKIRIZA OKUGERA KWA KATONDA. Kwekukkiriza nga okakasa nti buli kirungi kyonna oba ekibi bibeerawo lwa kusalawo kwa Katonda nokugerakwe era mazima Katonda akola kyonna kyaba ayagadde. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *(Singa Katonda asazeewo okubonereza abali mu ggulu naabali mu nsi aba ababonerezza nga tabalyazaamanyizza. Ate singa aba asazeewo okubasaasira okusaasira kwe kwekuli waggulu wemirimu gyaabwe, nebwoaba nga ogabye okugaba nekwenkana olusozi lwa Uhudi nga ogabye zaabu mu kkubo lya Katonda, Katonda teyandikkirizza kugaba okwo okugyako nga omaze okukkiriza okugerakwe, era nomanya nti kyonna ekiba kikutuuseko tekyandibadde kyakukusubwa, ate neekyo ekitakutuuseko tekirina wekyandikutuukiddeko, singa oba ofudde ngatoli ku kukkiriza okwo oyingira omuliro)* Hadith yayogerwa Ahmad ne Abu Dauda.

Okukkiriza okugera kwa katonda kulimu emitendera ena:

1. kwekukkiriza nti mazima Katonda amanyi buli kintu kyonna mubujjuvu bwaakyo.

2. Okukkiriza nti mazima Katonda ebyo byonna yabiwandiika ku ggwandiikiro lyebintu byonna erikumibwa). Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *(Katonda yawandiika ebyo byeyagera ku bitonde nga tannaba kutonda ggulu omusanvu ne nsi okumala emyaka emitwaalo etaano egyakulembera)* Hadith ya Muslim.

3. Okukkiriza okwaagala kwa Katonda okwenkomeredde, okutalina kiyinza kukulemesa n'obuyinza bwe obutalina kiyinza kubulemesa Katonda kyaaba ayagadde kyekiba ate kyaaba tayagadde tekisobola kubeerawo.

4. Okukkiriza nti mazima Katonda yemutonzi atekawo ebintu byonna, ate buli kyonna ekitali yye yeeyakitonda.

26. EBITONDE BIRINA OBUSOBOZI, OKWAAGALA NOKWESALIRAWO OKWENKOMEREDDE. Omuntu alina okwaagala, okwesalirawo nokwesiimira, naye nga ebyo byonna tebibuuka kwaagala kwa Katonda, Katonda agamba; *(Temusobola kwaagala okugyako okwaagala kwa Katonda kwe kuli waggulu nokwaagala kwammwe).* Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *(Mukole emirimu buli omu ayanguyirwa ekyo ekyamutonderwa)* byayogerwa Bukhari ne Muslim.

Katonda yatuwa amagezi nokuwulira nokulaba nga byebitusobozesa okwawula wakati womulongoofu nomwonoonyi.

Yye waliyo omuntu alina amagezi abba oluvannyuma naagamba nti ekyo Katonda yakimpandiikako! nebwaba nga akyogedde ekyo tekimusonyiyisa, wabula abantu bamubonereza nga bwagambibwa nti Katonda yakuwandiikako nakino ekibonerezo. Okuwa ensonga nokwekwaasa okugera kwa Katonda sikituufu, kubanga kuba kulimbisa oba kuwaayira Katonda agamba nti; *(Abagatta ebintu ku Katonda ebintu ebirala bagamba nti; singa teyayagala tetwandibadde abamugattako ebintu ebirala, wadde bakadde baffe, era tetwandiziyizza kintu kyonna nabwekityo nno, abaabakulembera nabo bwebaalimbanga).*

27. OKUKOLA OBULUNGI (IHSAN). Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yabuuzibwa ku kiyitibwa okukola obulungi, naddamu nti; *(Okukola obulungi kwe kusinza*

Katonda nga olinga amulaba anti newaakubadde ggwe tomulaba kasita yye akulaba)
yayogerwa Muslim. Okukola obulungi (Ihsan) kyekimu ku madaala asatu ageddiini.

28. EMITEEKO GYOKWAWULA KATONDA. Emiteeko gyokwawula Katonda giri esatu;

1. Ogusooka; Okukakasa obulezi bwa Katonda. Nakyo kwe kwawula Katonda nga otongoza ebikolwa bye nga okutonda, nokugabirira ebitonde, okuwa obulamu, okutta nokuzuukiza, nebirala ebifaanana nga ebyo. Abakaafiri baali bakakasa omuteeko ogwo nga Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) tannatumwa.

2. Omuteeko ogwokubiri; Okwawula Katonda mu kumusinja, okwo nno kwekwawula Katonda mu ngeri yokusinja nga okusaala, okwetema nazziri nokusaddaaka nebirala ebifaananako ebyo.

Olwekigendererwa kyokwawula Katonda mu kumusinja, Katonda kyeyava atuma Ababaka, nassa ebitabo.

3. Omuteeko ogwokusatu; OKWAWULA KATONDA MU MANNYA GE N'EBITENDO BYE. Kwekwawula Katonda mu mannya ge nebitendo bye, nakwo nno kwekukakasa ebyo Katonda byeyakakasa nomubakawe Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) mu mannya ga Katonda amalungi nebitendo bye ebyekitiibwa awatali kukyusa oba okukendeeza nga bwebyayogerwa, awatali kuteeka bitendo ebyo mu mbeera oba okubikubako ebifaananyi.

29. OMUNTU ALI KUMPI NE KATONDA (OMULONGOOFU). Ali okumpi ne Katonda ye musiramu omukkiriza omulongoofu, omutya Katonda, Katonda agamba nti (*Abange mazima mikwaano gya Katonda tebalina kutya kwonna era tebagenda kufuna kunakuwazibwa kwonna, beebo abakkiriza nebabeera nga batya Katonda*) Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) agamba nti; (*Mazima Katonda ye mukwano gwange, nabakkiriza abalongoofu*) byayogerwa Bukhari ne Muslim.

30. ENGERI GYETUTEEKWA OKUTUNUULIRA NOKWEYISA ERI BA SWAHABA BA NABBI. Ekitukakatako gyebali, kwekubaagala, okusaba Katonda abasiime, nokubeera nga emyoyo gyaffe ne nnimi zaffe tebibooogerako bubu, nokwogera ebirungi byaabwe, tubuusa amaaso ebyo byebataategeeraganamu, kubanga nabo bayinza okukola ensobi, sibakuume mu butakola nsobi nga ba Nabbi. Naye bo baakolanga okusinziira ku busobozi bwaabwe, aba akoze mu bo nga bwekiteekwa okuba alina empeera zaamirundi ebiri ewa Katonda, ate aba asobezza afuna empeera yaamulundi gumu okusinziira ku kumalirira kwe okukola ekituufu. Ensobi za ba Swahaba zisonyiyibwa, balina ebirungi bingi nnyo ebisangulawo ensobi zebaba baguddemu, nabo balimu amadaala.

31. ENGERI GYETUTEEKWA OKWOGERA KU NABBI (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) OKUSINZIIRA KU BITENDO KATONDA BYEYAMUWA. Tewali kubuusabuusa nti mukama waffe Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yaasinga ebitonde byonna ekitiibwa naye awamu neekyo tetuteekwa kumusukkulumya Katonda weyamukomya, tuleme kufaanana bagoberezi ba Nabbi Issa (A.S.) yatugaana okukola ekyo bweyagamba nti; (*Temunsukkulumya nga abagogerezi ba Issa (A.S.) bwebasukkulumya Issa mutabani wa Mariam. Anti mazima nze ndi muddu wa Katonda era mubaka we*) nekiyitibwa kusukkulumya kwekumwongerako ebitendo ebitali bibye.

32. BONNA ABATAGOBBERA NABBI MUHAMMAD (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) SIBAKKIRIZA.

Bonna abatagoberera Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) sibakkiriza newakubadde nga bagoberezi ba madiini nga entandikwa yaago yali ntuufu. Anti; buli atagoberera Nabbi Muhammad oluvannyuma lwokutumwa kwe (**Eddiini eyo tegenda kukkirizibwa era ku nkomerero agenda kubeera mu bafaafaganiddwa**). Nomusiramu yenna atakakasa nti eddiini zaabwe nkyaaamu naye aba akaafuwadde anti aba ayawukana ku kulamula kwa Katonda ku bo.

BA SWAHABA BA NABBI (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) **ekkumi abali mu ddaala erisooka**; nabo bebo Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) beyalangirira okuyingira ejjana obutereevu; Abubakar, Umar, Uthuman, Ali, Twaliha, Zubairi, Abdul Rahman Ibn Aifu, Saad Ibn Abi Waqqasi, Said Ibn Zaid ne Abu Obeid Amir Ibn Jarraha.

Eddaala eryokubiri; Beebo abaasenguka okuva e Makkah nebagenda e Madinah.

Eddala eryokussatu; Abo bonna abalwana olutalo lwe Badiri mu baasenguka okuva e Makkah ne mu be Madinah Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) geyasengukira.

Eddala eryokuna; Abe Madinah abataasa Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*).

Eddala eryokutaano; Ba Swahaba abasigaddewo abatoogeddewo waggulu.

Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba; (*Temuvumanga ba Swahaba bange, ndayira Katonda alina omwoyo gwange mu mikono gye singa omu kummwe agabye zzaabu eyenkana olusozi lwa Uhudi tayinza kutuuka ku agabye olubatu mu ba Swahaba bange oba ekitundu kyalwo*). **Hadith yayogerwa Bukhari ne Muslim.**

Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) ayongera natutegeeza nti; (*Omuntu avuma ba Swahaba bange akakatibwako ekikolimo kya Katonda neba Malayika nabantu bonna*)

Hadith yayogerwa Twabaraani.

33. OMUKAFIRI TASAANA KULYAZAAMANYIZIBWA. Omukkiriza atekwa okubeera omwenkanya, Katonda oweekitiibwa agamba nti; (**Mazima Katonda alagira okukola obwenkanya nookuyisa obulungi**).

Katonda yaziyiza okulyazamaanya mu kigambo kye ekigamba nti; (*Mazima nze Katonda nziyizza obulyazamaanya ku nze kennyini, era nembuziyiza wakati wammwe kale nno temweryazaamanya*) **Hadith eri mu Muslim.**

Omuntu yenna aba alyazaamanyiziddwa, agenda kusalulwa ku lunaku lwe nkomerero, nga asaluswa oyo eyamulyazaamaanya. Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) agamba nti; (*Mumanyi omuntu omwaavu? ba Swahaba nebaddamu nti omwaavu mu ffe yooyo atalina sente ate nga talina bya bugagga*). Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) nabaddamu nti omwaavu mu kibiina kyange yooyo alijja ku lunaku lwe nkomerero, nga yasaala, nasiiba, nga yawa ne zakka, awamu neekyo nga yavuma gundi, nga yawaayiriza ne gundi, nga yabba gundi, nga yayiwa nomusaayi gwa gundi, naakuba gundi, bwebalijja nga babanja buli omu nasaluswa ku birungi byooyo eyamukola ekibi n'omulala naasaluswa bwatyo, ebirungi bwebiriggawo nga tannaba kumalayo bamubanja, olwo nno ababanja baligyibwako ebibi byaabwe nebissibwa ku ye oluvannyuma bifuuke ensonga emukasusa mu muliro) **Hadith yeyogerwa Muslim.** Ekyo tekigenda kubeera wakati wa bantu bokka nebisolo bigenda kusalulwa bwebityo.

34. EKIIYITIBWA OBUZUZI (BIDIA MU DDIINI). Ibuni Rajab yagamba nti; ekigendererwa mu bidia, kyeekyo kyonna ekiba kizze nga kipya nga tekirina bujulizi bwonna bukiwagira mu mateeka g'eddiini. Naye ekyo kyonna ekiba kirina obujulizi obukiwagira mu ddiini, tekiba kizuule mu mateeka g'eddiini, newakubadde nga mu lulimi oluwarabu kiba kiyitibwa kizuule (Bidia).

35. MU DDIINI MULIMU OKUZUULA OKULUNGI N'OKUZUULA OKUBI.

Aya mu Kur'ani ne Hadith za Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) zivumirira (Bidia) okuzuula ekintu kyonna mu mateeka g'eddiini, nakwo kwekuzuula ebyo byonna ebitalina bujuluzi.

Anti Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) agamba (*Omuntu yenna akola omulimu nga teguliiko ndagirira yaffe gumuddizibwa (Tegukkirizibwa)* Bukhari ne Muslim).

Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) agamba mu hadith endala (*Mazima buli kyonna ekigunjibwawo kiba kizuule nabuli kizuule kyonna bubuze*) yayogerwa Abu dauda.

Ye Imam Malik bweyali annyonyola amakulu gokuzuula mu mateeka g'eddiini yagamba nti; Omuntu bwazuula mu busiramu ekizuule kyonna ye ngaalaba nti kirungi aba nga agamba nti Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yakumpanya obubaka, anti Allah agamba; (*Olwaleero mbajjulizza eddiini yammwe era mbajjulizza ekyengera kyange*). Naye waliwo ezimu ku Hadith za Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nga zitendereza ekizuule mu makulu ag'olulimi oluwarabu, nakyo nga kirina obujuluzi mu mateeka g'eddiini naye nga kyagayaalirirwa).

Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nga yakubiriza okukijjukiza abantu, nga bwekiri mu Hadith ya Nabbi egamba nti (*Omuntu bwateekawo mu busiramu enkola ennungi afuna empeera z'okutandikawo enkola eyo, era naafuna ne ku mpeera zaabo ababa bakikoleddeko oluvannyuma lwe, nga nabo bafunye empeera zaabwe mu bujjuvu*) Muslim yeyagyogera.

Namakulu ga Hadith eyo mwemugwa ekigambo kya Saidina Umar okusiima kwa Katonda kubeere ku ye nti; (*Kirungi nnyo kino ekizuliddwawo*) nga ategeeza e Sswala ya Taraweh.

Anti mazima e Sswala ya Taraweh yaliwo mu mateeka geddiini Nabbi naakubiriza abantu okugisaala, era yagisaaza ennaku ssatu oluvannyuma naagireka olwookutya nti ejja kutulaalikibwako. Umar naagisaala era naakunga abantu okujja okugisaala mu jjama.

36. EMITENDERA GYO BUNANFUSI. Emitendera gyobu nanfusi giri ebiri;

1. Ogusooka; Guli mu nzikiriza ogwo gwe gusinga obubi. Nakwo kwekubeera nga omuntu ayolesa obukkiriza so nga munda Mukafiiri.

Ogwo omutendera gufulumya omuntu mu ddiini y'obusiramu, era omuntu bwafa nga kwafiiridde afa nga Mukafiiri, Katonda agamba (*Mazima abananfusi balibeera mu muko ogukomererayo wansi mu muliro*) Nemubitendo byaabwe bakwenyakwenya Katonda wamu na bakkiriza era bajeeja abakkiriza, bawa obuwigizi abakafiri awamu nokubataasa nga babadde bakontana nabasiramu. Egyalibadde emirimu gyaabwe emirungi baagala kusasulwa duniya (Nsi) so ssi nkomerero.

2. Ogwokubiri bwe bunanfusi obwebikolwa;

Nabwo kalekaleko, abukola tebumugya mu busiramu, wabula aba awangaalira ku kaguwa nga essaawa yonna bumutuusa ku bunanfusi obusinga obubi, bwaaba teyenyenza. Omuntu owengeri eyo alina obubonero obumulaga; Bwaba ayogera alimba, bwalagaanyisa tatuukiriza, bwakaayana avuma, bwakola endagaano agimenya, bwawebwa obuvunanyizibwa tatuukiriza nolwekyo ba Swahaba baatyanga nga nnyo obunanfusi obwebikolwa. Ibuni Abi Mulaika ^(Allah amusasire) yagamba nti; Nalaba ba Swahaba ba Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) makumi asatu buli omu ngaatyanga okuba nga

alimu obunanfusi, ate Ibrahim Tayimu yagamba nti; Buli lwengeraageranya ebigambo byange kubikolwa byange ntya okuba nga ndi munanfusi. Hassan Al Basri ^(Allah amusasire) ye yagamba nti; Bwoliraba omuntu nga yeraliikirira obunanfusi ngoomanya nti oyo mukkiriza ate buli lwolaba omuntu nga tabweraliikirira ngoomanya nti oyo alimu obunanfusi. Omar ^(Radi Allah anhu) yagamba Huzaifah ^(Radi Allah anhu) kulwa Katonda nkusaba ombuulire oba nga omubaka wa Katonda yambalira mu bananfusi namuddamu nti nedda. Naayongerako nti tewali muntu mulala gwengenda kubuulira bwayimiridde ku nsonga yobunanfusi.

37. AMAZAMBI AGASINGA OBUNENE EWA KATONDA. Okugatta ku Katonda ebintu ebirala. Katonda yagamba nti; (*Okugatta ku Katonda ekintu kyonna bulyazaamanyi obusukkiridde*) era Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) bweyabuuzibwa nti zambi ki erisinga obunene? Yagamba nti; *Kwekussa ku Katonda eyakutonda ba Katonda aboobulimba.* **BUkhari ne Muslim.**

38. EMITEEKO GYA SHIRIKI. Emiteeko gya shiriki giri ebiri;

1. Shiriki esinga obubi, era ejja omuntu mu busiramu, era Katonda tasonyiwa muntu agikola olwekigambo kya Katonda ekigamba nti; (Katonda tasonyiwa kumugattako kintu kirala kyonna so nga asonyiwa ebirala ebitali ekyo eri oyo gwaaba ayagadde).

Shiriki eno erimu emiteeko ena;

1. Shiriki mukusaba.
2. Shiriki mu kumalirira, mukwagala ne mukigendererwa, nga omuntu okukola emirimu emirungi kulwekintu ekirala ekitali Allah.
3. Shiriki mu kugonda nga omuntu okugondera abamanyi bwebaba nga baziyya ekyo Katonda kyeyafuula Halali, oba okukkiriza ekyo kyeyafuula Haramu.
4. Shiriki mukwagala nga omuntu okwaagala ekintu kyonna nga bwaayagala Katonda.

OMUTEEKO OGWOKUBIRI. Ye Shiriki eri kalekaleko, omuntu agikola temujja mu busiramu era egwa mu biti bibiri;

1. Shiriki enneeyolefu, keebe nga yaabigambo nga okulayira ekintu kyonna ekitali Allah oba omuntu okugamba nti ekyo Katonda kyayagadde naawe nooyagala, oba okugamba nti singa ssi Katonda ne gundi.

Oluusi eba yaabikolwa bya muntu, nga okwambala akanyere oba obuwuziwuzi olwekigendererwa kyokugyawo obuzibu oba okubwekingiriza, nokwambala yirizi olwokutya ekiiso oba okugamba nti waliwo ebintu ebyekika nga okozesa ebinyonyi, amannya gebintu oba enjatula ezimu, oba ebifo nebirala.

2. Ye Shiriki etali nneeyolefu.

Shiriki ebeera mu mwooyo, ebigendererwa nokwagala nga okukola bandabe nekulwokumanyika.

39. ENJAWULO WAKATI WA SHIRIKI ESINGA OBUBI NE SHIRIKI ERI KALEKALEKO. Ebimu ku byaawula wakati wa Shiriki zombi, kwekuba nti Shiriki embi ennyo ejja omuntu mu busiramu, ate nga ku nkomerero agenda kutuula mu muliro ogwolubeerera.

So nga Shiriki entono teyonoona mirimu gyonna egyakulembera.

Shiriki eri kalekaleko tejja muntu mu busiramu era nga bwatagenda kubeera mu muliro lubeerera era Shiriki eno yo teyonoona miirumu giba gigikulembedde

wabula eyonoona omulimu ogwo gwenyini mweba ekoledwa.

Wabula waliwo ekyebuuzibwa nakywo kwekuba nti; Shiriki eri kalekaleko nayo omuntu okugimusonyiwa alina kumala kwenenya nga Shiriki embi ennyo, oba eringa mazambi amanene amalala nga ebeera wansi wakusasira kwa Katonda.

Kiteekwa kimanyibwe nti Shiriki eno keebe nga egwa eno oba eri esigala nga nsonha yabulabe nnyo.

40. SHIRIKI ERI KALEKALEKO ESOBOLA OKUGEMWA NGA TENNABAAWO NGA BWERINA OMUTANGO SINGA EBA EBADEWU.

Kabandabe agemebwa na muntu kukola buli kintu kulwa Katonda yekka, bwaba kabandabe nga mutonotono amalwaawo nadduwa, Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *(Abange mmwe abantu mwewale nnyo Shiriki eno, anti yekweese nnyo okusinga omusinde gwe nsanafu, ba Swahaba nebagamba nti; Owange omubaka wa Katonda tunamwewala tutya ate nga yekweese nnyo okusinga omusinde gwe nsanafu. Kwekuddamu nti mugambe nga nti; Ayi mukama Katonda tusaba otuyambe obutakugattako kintu kyonna nga tumanyi, nga bwetukusaba otusonyiwe kyetuba tukugasseeke mu butamanya)*

Hadith eno yayogerwa Ahmad.

Omutango gwokulayira ekintu ekitali Allah Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *omuntu bwalayiranga Llatta oba Uzza ateedkedwa agambe nti (Laa Ilaaha Ilaa Llahu)* Bukhari ne Muslim.

Gwo omutango gwokugamba nti ekintu gundi kinkubye ekikwa Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *(Omuntu okugaana okukola ekintu olwokutya ekikwa aba akoze Shiriki, Omutango gwakyo kyeki? Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) kwekuddamu nti; oteekwa okugamba nti; (Ayi mukama Katonda tewali bulungi okugyako obulungi bwo, tewali kibi okugyako nga kiva gyoli.* Hadith yayogerwa Ahmad.

41. EMITEEKO GYA BAKAFIIRI. Emiteeko gya Bakafiiri giri ebiri;

Omuteeko ogusooka; Obukafiiri obubi ennyo obuggya omuntu mu busiramu era bulimu engeri taano;

1. Obukafiiri obwokulimbisa.
2. Obukafiiri obwokwekuza wamu nookuba nti amazima agalaba .
3. Obukafiiri obwokubususabuusa.
4. Obukafiiri bwobutaagala obwa tebinkwatako. 5. Obukafiiri bwobunanfusi.

OMUTEEKO OGWOKUBIRI.

Obukafiiri obuli kalekaleko; Nabwo bwebukafiiri bwokukola ekyonoona era tebuja muntu mu busiramu, nga okutta omusiramu.

42. EKIFO KYA NAZIRI (OKWETEMA) MU BUSIRAMU. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) teyayagala nga nNyo Naziri era yagamba nti; *Naziri terina kalungi konna,* Bukhari. Ekyo nno ngomuntu abadde Naziri agyeyamidde Katonda yekka.

Wabula singa Naziri eyo aba agyetemye lwa kintu kirala ekitali Allah nga okwetema ogikolera omukolo ogwokusinza ku kaburi, oba okugukola kulwa Walliy Naziri eyo eba Haramu, era tasaana kugissa munkola.

43. OKUGENDA KU NDAGU OBA ERI OMUKUBI WEKITABO. Ekikolwa ekyo kiri Haramu. Omuntu bwaba nga agenzeeyo lwakufuna migaso gyaabwe naye nga takakasa nti basobola okumanya ebikusike, esswala ze tezikkirizibwa okumala ennaku makumi ana, kubanga Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *(Omuntu agenda ewomulaguzi oba omukubi wekitabo namusaba amukolere*

ekintu, eSswalaze tezikkirizibwa okumala ennaku makumi ana) Muslim.

Ate bwaaba agenze gyebali naakakasa okulimba kwabwe nti bamanyi ebikusike oyo aba akaafuwadde.

Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti (*Omuntu agenda ewo mukubi wekitabo oba omulaguzi nakkiriza byamugamba mazima aba awakanyizza ebyassibwa ku Nabbi Muhammad* ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) Abu Dauda.

44. OKUSABA EMUNYEENYE OKUTONYESA ENKUBA KISOBOLA OKUBA SHIRIKI EMBI ENNYO OBA SHIRIK ENSAMUSAAMU. Omuntu bwakkiriza

nti emunyenye esobola okutonyesa enkuba nga temuli kugera kwa Katonda, kululwe era nga alabira ddala nti emunyenye yereeta era nga yeetonda enkuba ekyo kigwa mu Shiriki embi ennyo. Naye omuntu bwaba nga akkiriza nti emunyenye erina kyeekola ku kutonnya kwenkuba okusenziira ku kwaagala kwa Katonda era nga Katonda yaakikola nti emunyenye eyo bwerabika enkuba etonya enzikiriza eyo oba endowooza eyo eba Haramu era egwa mu Shiriki ensaamusamu, olwokuba nti emunyenye eyo aba agifudde ensonga yookutonnyesa enkuba nga talina bujulizi bwonna kagabe mateeka gaddiini oba obujulizi obulala. Naye singa aba yeesembesa emunyenye okumanya ebiseera byomwaaka, nebiseera enkuba mwesuubirirwa okutonnya ekyo tekiba Haramu.

45. OMUSIRAMU KYATEEKWA OKUKOLA KU BIKWAATA KU BAKULEMBEZE B'OBUSIRAMU. Kikakata ku buli musiramu okuba

omuwulize era omugonvu eri abakulembeze bo busiramu, kababe nga bakoze byaayagala oba byaatayagala, tebalwaanyisibwa, tebagyeemerwa, nebwebaba beeyisizza hubi era tebasabirwa dduwa mbi, era bulijjo basabirwa okuba abalongoofu nokubasabira obulamu obulungi, obulungamu, nookukola ebituufu. Okubagondera kitundu mu kugondera Katonda ebbanga lyebamala nga tebalagidde bikolwa bya bugyemu.

Naye bwebalagira okukola ebikolwa ebyobugyemu kiba Haramu okubagoberera mukikolwa ekyo, nekisigala nga kikakafu okubagondera mubikolwa ebirala ebirungi. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; (*Oteekeddwa okuba omuwulize oba omugonvu eri omukulembeze, nebwebakukuba emiggo egifaanana gitya, ne maali yo nebagitwaala sigala nga oli muwulize era ogonde*) Muslim.

46. OKWAGALA OKUMANYA EKIGENDERERWA KYA KATONDA MU BYEYALAGIRA NE BYEYAGAANA. Kisoboka singa okukkiriza kwe oba

ebikolwakye tebiyimiridde ku kumanya kwe nokumatira ebigendererwa bya Katonda mu kiragiro kye oba mu kugaanakwe.

Wabula ekigendererwa kye kisaana kibeere nga ye omukkiriza kimwongera kunywerera ku mazima gakkiririzaamu.

Naye omusiramu okussa mu nkola Katonda byagala awatali kwebuuzza kigendererwa kya Katonda, ekyo kiraga obukkiriza obwa namaddala, nokukakasa nti buli kyonna Katonda kyalaagira oba kyagaana aba alina ensonga ,era eyo yeyali embera ya ba Swahaba ^(Radi Allahu anhu).

47. AMAKULU GEKIGAMBO KYA KATONDA EKIGAMBA NTI; (*Buli kirungi kyonna ekiba kikutuuseeko kiva wa Katonda ate era buli kibi kyonna ekiba kikutuuseeko kiva ku kuggwe*).

Ekigambo “kirungi” wano kitegeeza ebyengera byonna ekibi kitegeeza kigezo kyokka nga byonna biva eri Katonda oweekitiibwa. Wabula mu Ayaa eno

ekirungi tukiraba nga kiva wa Katonda era nga yaakikolera omuddu we. Kyo ekibi Katonda yakissaawo olwekigendererwa kyo, kimu ku birungi Katonda kyawa omudduwe, anti buli Katonda kyaakola kiba kirungi Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) mukusaba Katonda yagamba nti; (*Buli kirungi kyonna kiri mu mikono gye so nga ekibi tekiva gyaali*) **Muslim**.

Gyo emirimu gya baddu, Katonda yeeyagissaawo mu kiseera kyekimu kisaana kimanyibwe nti abantu bebagyekolera Katonda kyeyava agamba mu Kur'ani nti; (*Oyo yenna awaayo natya Katonda naaba nga akkiriza okubaayo kw'ejjana, tuja kumwanguyiriza ekkubo eryangu erimutuusa eri obulungi obwo*).

48. OKUGAMBA NTI GUNDI SHAHIIDU. Okugamba omuntu nti Shahiidu, kyenkana nokumugamba nti wa mu jjana, so nga mu nkola ya ba Ahali Sunna tekikirizibwa kugamba muntu yenna nti waamujjana oba waa mu muliro. Okugyako nga Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagambye nti gundi wa mu jjana oba wa mu muliro, obutuufu bwakyo tewali abumanyi, ate nga tetusobola kumanya byonna ebifa ku muntu anti emirimu gisalwaawo okusinziira ku nkomerero yomuntu kwaba afiiridde. Nga ne kiri ku mwooyo gwa buli muntu Katonda yekka yakimanyi. Naye nga abantu tusuubira nti omukozi webirungi Katonda agenda kumusasula empeera, mukiseera kyekimu nga tutya ebibonerezo ku bonoonyi.

49. OKUGAMBA OMUNTU NTI GUNDI OYO MUKAFIIRI. Omusiramu takkirizibwa kugamba musiramu munne nti Mukafiiri, munanfusi oba mushiriki, ebbanga lyamala nga tannamulabamu bubonero bwankukunala.

50. KAABA YOKKA YEKOLWAKO TWAWAAFU (OKWETOLOOLA).

Tewali kifo kyonna mu nsi wali omuzimbo gukkirizibwa okwetoolowa olwokusinza Katonda okugyako Kaaba yokka, era tewali kintu kyonna mu ngeri eyo kiyinza kugerageranyizibwa ku Kaaba nebwekiba nga kyangeriki, omuntu akola twawaafu ku kintu kyonna ekitali Kaaba nga akikola lwakukiwa kitiibwa aba agyemedde Katonda.



Katonda yatonda omutima nagufuula kabaka ebiyungo ebisigadde nga lyegyeyyaagwo, kale nno kabaka bwaba omulongoofu ne gyelye libeera dongoofu, Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) agamba nti; (*Mazima mu mubiri mulimu ekiyungo bwekiba kirongoofu omubiri gwonna gubeera mulongoofu, bwekiba ekyonoonyi omubiri gwonna gubeera mwonoonyi, abange ekiyungo ekyo gwe mutima*). **Bukhari ne Muslim.** Ekiyungo ekyo kyekyetooololerwako obukkiriza nokutya Katonda oba obukafiri nobunanfusi nookugatta ku Katonda ebintu ebirala Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) agamba (*Okutya Katonda kuli wano, nga bwaalaza eri ekifuba kye emirundi esatu*)

Bukhari ne Muslim.

Obukkiriza kitegeeza okukakasa mu mutima, okwogera n'olulimi ebigobereddawako ebikolwa. Obukkiriza kukakasa kw'amutima, n'okwaatula kw'olulimi n'ebikolwa ebyomutima n'ebyebiyungo ebirala.

Omutima gwegwetoololerwako obukkiriza n'okukakasa, ekivaako omuntu okwatula Shahada n'olulimirwe, era omutima gukola emirimu emirungi nga okwagala, okutya n'okubeera nessuubi ewa Katonda. Olulimi nerwogera ku Katonda nokusoma Kur'ani. Byo ebiyungo bivunnama nebikutama nebikola nemirimu emirala egisembeza omuddu ewa Katonda. N'olwekyo omubiri mugoberezi gwa mutima era tewali kitereera mu mutima okugyako nga kyeraga ku mubiri mu buli ngeri yonna.

Ekigendererwa mu mirimu egikolebwa omutima, gyemirimu nga ekifo kyaagyo mutima era nga gyetooololera ku mutima, ekisinga obukulu mu byonna okukkiriza Katonda era nga omulimu ogwo gukolebwa mutima.

Mu mirimu egikolebwa omutima mwemuli okukakasa okutalina nkenyera, okwo gattako omutima gwo muddu okuba nga gubaamu okwaagala Katonda, okumutya, okuba ne ssuubi gyali, okumwenenyeza, okumwesiga n'obugumikiriza.

Mu kussa ebyo mu nkola okukkiriza okwanamaddala okugondera Katonda nebirala ebiringa ebyo.

Buli mulimu gwa mutima ekyennyume kyaagwo bulwadde bwa mutima.

(*Ikhlas*) okukola ku lwa Katonda ekyennyume kyaakyo kukola ku lwabandabe (*Riyaa*). Okukola nga omuntu asinziira ku kukkiriza (Ali yakiini), nekyennyume kyakyo okukola nga omuntu alimu okubususabusa. Okwagala Katonda ekyennyume butamwagala nebirala. Bwetulagajjalira okulongoosa emitima, gijjula amazambi agagituusa ku kuzikirira.

Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti (*Omuddu bwaakola ekyonoono nga bassa akatondo ku mutima gwe, bwakyusaamu neyeenenya nga kajjibwawo. Naye bwaddamu nga bamuteekako akanene okusinga ku kasooka bwakola ekikolwa ekyo omulundi omulala nga bamuwa ekinene ekisingawo ago geemakulu geekigambo "Raana" Katonda bweyagamba mu Kur'ani nti (Nedda wabula emitima gyabwe gyetumako ebibi byebakolanga)*), **Tirimidhi** era Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*E Fitina zanjuluzibwa eri emitima gya baddu nga emikeeka bwegyanjuluzibwa lusansa ku lusansa, omutima gwonna ogukkiriza e Fitina gussibwako ettondo eriddugavu, ate ogwo ogutakkiriza fitina gussibwako ettondo eryeru, olwonno emitima negiba ebiri ogumu nga mweru ttukuttuku nga eFitina tesobola kugukosa ebbanga ensi n'eggulu byebirimala nga weebiri, ate ggwo omuddugavu gulinga ensumbi eyewunzise etesobola kutereeramu kigiteekwamu kyonna, neguba nga tegwawula wakati wa kibi nakirungi, okuggyako ebyo*)

byegwamatira mu byegwagala **Muslim**. Omuddu ateeddwa okumanya Ibaada ezomwooyo okusinga bwateekeddwa okumanya Ibaada ez'ebikolwa anti Ibaada ez'emyooyo byebikolo so nga Ibaada ez'ebikolwa matabi kuziri, zino ziriwo kujjuuliriza ziri Nabbi (^{Sal-lal-laahu} *alaihii wa sal-lam*) yagamba nti; (*Katonda tatunuulira bifaananyi byammwe wadde maali yammwe wabula atunuulira mitima gyammwe n'emirimu gyammwe*). **Muslim**.

A'nti omutima yenfo y'okumanya, okwetegeraza n'okulwooza nolwekyo enjawulo nokusingana wakati wa bantu mu maaso ga Katonda esinziira ku bukkiriza, Yakiin ne Ikhlas ebiba mu mutima gw'omuntu. Hassan Al Basri (^{Allah} *amusasire*) yagamba nti; Wallahi Abubakari (^{Radi} *Allahu anhu*) teyasukkuluma ku banne lwa Sswala wadde kusiiba wabula yabasukkulumako lwa bukkiriza obuzito ennyo bweyalina mu mutima gwe.

Emirimu gyo mu mitima gisinga emirimu egyebikolwa mu ngeri zino wammanga;

- 1.** Ibaada yomumutima bweeba yamatobotobo eyinza okuba ensonga eviirako Ibaada yeebikolwa okufiira ddala. Ekyokulabirako omuntu okukola Ibaada yonna ku lwabandabe.
- 2.** Emirimu gyemitima gwe musingi gwa buli kintu, n'olwekyo ekigambo oba ekikolwa kyonna kyakola nga omutima sigwegumusindise tekimuvunaanwako.
- 3.** Ibaada eyomumutima yensonga erissa abantu mu bifo mu jjana ebyenjawulo nga omuntu obutalulunkanira dduniya.
- 4.** Emirimu gyemyoyo mizito era gyegisinga obuzibu okusinga emirimu gyebikolwa, Ibn Al Munikadiri (^{Allah} *amusasire*) yagamba nti; *Nwanaganye nomwooyo gwange naye okutuuka okugutereza kintwalidde emyaka ana.*
- 5.** Emirimu gy'omutima omukululo gwegireka guba mulungi nyo okusinga ku mirimu gyebikolwa, ekyokulabirako omuntu okwagala munne kulwa Katonda.
- 6.** Empeera yemirimu gyemitima yeestinga obungi okusinga ku mpeera yemirimu gyebikolwa. Abuddaridai (^{Radi} *Allahu anhu*) yagamba nti; omusiramu okuwaayo esswala emu nagimala mu kulwooza ku bikwata ku ddiini kyekirungi ennyo okusinga omuntu okumala ekiro kiramba nga asaala.
- 7.** Emirimu gyemitima ye nsibuko etambuza emirimu gyebikolwa.
- 8.** Emirimu gyemitima kwekwesigamidde obungi, obutono, okwonoonekera ddala kwempeera za Ibaada ezeebikolwa nga okussa obwetowaze nobugonvu mu Sswala.
- 9.** Awamu nokuba nga Ibaada yeemitima yenkulu, naye ate oluusi ejja neyimirira mukifo kya Ibaada eyeebikolwa, nga omuntu okuba mumalirivu okusaddaaka naye ate nga talina kyasaddaaka, empeera zokusaddaka okwo azifuna.
- 10.** Empeera yeemirimu gyemitima teriiko kkomo nga obugumikiriza.
- 11.** Empeera yemirimu gyemitima omuntu asigala agifuna omubiri nebweguba nga gulemeddwa emirimu egyo oba nga tegukyasobola kugikolera ddala.
- 12.** Emirimu gyo mutima gibaawo nga egyebikolwa teginnabaawo oba negikolebwa wamu.

EMITENDERA OMUTIMA MWEGUYITA NGA OMUBIRI TEGUNAKOLA IBAADA.

- 1.** Ekintu okujja mu mutima gwomuntu.
- 2.** Kimufuukira ekirowoozo.
- 3.** Atandika okukikubaganyaako ebirowoozo mu mutima akole obatakola.
- 4.** Bwasalwo nti kisaana kikolebwe.

5. Bwamalirira nti ddala kaakikole.

Ku mitendera esatu egisooka bwekiba kirungi temuli mpeera mu ngeri yemu bwekiba ekibi temuli zambi.

Naye bwatuuka ku mutendera ogwokuna naasalawo nti kisaana kikolebwe nebwaba takikoze bwekiba kirungi awandikwaako ekirungi kimu so nga bwekiba kibi tawandikwako zambi.

Wabula okusalawookwe nti kikolebwe oba tekikolebwa wekufuukira okumalirira, bwaba amaliridde kukola kirungi, afuna empeera mu ngeri yeemu bwaba amaliridde kukola kyabujeemu afuna ezambi.

Anti omuntu okwagala okukola ekintu era nga akisobola, kitegeeza kutuukiriza ekyo kyayagala. Katonga agamba mu Qurani "*Mazima abo abaagala ebikolwa eby'obuwemu okusaasaana mu bakkiriza, balituukibwako ebibonerezo ebiruma ennyo*".

Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Abasiramu ababiri bwebasisinkana nebalwanagana asse negwebasse bamumuliro, Swahaba nabuuzi nti; Ssebo omubaka wa Katonda asse ye tukitegeera, naye ate gwebasse? Nabbi (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam)*) *nagamba nti; naye yabadde mumalirivu okutta munne*) Bukhari.

Omuntu bwaba nga alese okujeemera Katonda oluvannyuma lwo kumalirira okukola obujeemu obwo, agwa mu miteeko ena;

1. Kwekuleka okujeemera Katonda olwo kumutya. Oyo nno afuna empeera ku kyo.
2. Ye muntu ava kukujeemera Katonda nga kyo akikola lwa kutya bantu. Oyo nno afuna omusango kulwokuba okutya okujeemera Katonda kubalibwa mu kusinza Katonda, ate okusinza Katonda kwonna kuteekwa kuba kukwe.
3. Bwebutajeemera Katonda ku lwokulemwa, nga amakubo agamutuusa ku kyonoono gamulemeredde, oyo naye afuna omusango olwokuba nga yabadde amaliridde naakakasa nookukakasa.
4. Kwekuleka okujeemera Katonda nga alemereeddwa so nga amakubo gonna agamutuusa kweekyo yagatukiriza, naye ekigendererwakye nekitatuukirira oyo ye awandiikibwaako ekibonerezo ekyomuntu ajeemedde ddala mu bujjuvu. Kubanga okwagalakwe n'okumalirira okujjuvu namakubo gonna agakola ekyo yagatukkiriza ekyo kimutuusa okuba nga yakoze ekikolwa mu bujjuvu nga bwekyayise mu Hadith esembayo.

Buli wonna ekikolwa wekyegattira nokumalirira kwo muntu, ekyo kimuteekesaako ekibonerezo kakibe nti ekikolwa kizze luvannyuma oba kuntandikwa.

Omuntu akola ekintu ekiri Haramu omulundi gumu, bwaamala naamalirira okukiddamu bwaaliba asobodde aba aledmedde kukujemera Katonda, era abonerezebwa olwo kumaliriraakwe okwo nebwaaba tazzeemu kukola kikolwa ekyo.

EGIMU KU MIRIMU EGIKOLEBWA OMUTIMA

Okumalirira nakyō kitegeeza okumalirira nokukakasa, era omulimu teguyinza kubeera mutuufu ogukkirizibwa okugyako nga guzimbiddwa ku kumalirira. Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) agamba nti; (*Mazima obutuufu bwemirimu buzimbirwa ku kumalirira era buli muntu asasulwa okusinziira ku kumalirirakwe*) **Bukhari ne Muslim.**

Ate Ibuni Mubarak (*Allah amusasire*) yagamba nti; (*Omulimu guyinza okubeera omutono naye enniya neegugezza. So nga ate omulimu guyinza okubera omunene enniya negufuula omutono*) Al Fuzailu (*Allah amusasire*) yagamba nti; (*Mazima Katonda kyaayagalira ddala mu ggwe enniya yo nokumalirirakwo*). Omulimu bwegubeera nga gukoledwa kulwa Katonda guyitibwa ogweyawulidde Katonda nagwo kwekubera nga omulimu gukoledwa kulwa Katonda yekka, atali Katonda nga talinaamu mugabo gwonna. So nga omulimu bwegubeera nga tegukoledwa lwa Katonda guyitibwa kibandabe oba bunanfusi oba ebirala.

Kino kisaana kitegerekeke abantu bonna bayinza okuzikirira okugyako abamanyi, ate naabamanyi bonna baakuzikirira okugyako abakozi bemirimu emirungi naabakozi beemirimu emirungi bonna baakuzikirira okugyako abaakola kulwa Katonda.

Omuntu yenna omulimu gwaateekwa okusooka nagwo nga ayagala okugondera Katonda, kwe kumalirira)

Oluvannyuma okumalirira okwo naakukakasa era nakulongoosa noomulimu gwaamaliridde okukola oluvannyuma lwokutegeera obutuufu bwamazima nokulongoosa okumalirira kwe. Omulimu ogutaliiko kumalirira kuba kutawaanira bwereere nokumalirira okutaliimu kulongoosa kuba kweraga (Riya) nookulongoosa okumalirira nga tekuliiko bukakafu bwakukkiriza eba mpewo ekitegeeza kumala biseera.

Emirimu girimu ebiti bisatu;

1. Obujeemu; enniya ennungi nga ereetebwa lwakyonoono, tefuula kyonoono bugonvu eri Katonda nebwekiba ekigendererwa nga kituufu, naye ate ekigendererwa bwekiba ekibi obubi bwaakyo bweyongera emirundi mingi.

2. Ebyakkirizibwa; teri kintu kyonna ekyakkirizibwa okugyako nga kirimu enniya oba enniya ennyingi, era kisobokera ddala enniya ezo okuvaamu ebikola ebirungi.

3. Emirimu emirungi; nagyō giyimirirawo na nniya mukuba nti giba mituufu nokukubisaamu empeera zaagyo emirundi emingi. (Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Omuntu bwamalirira okukola ekirungi natakikola Katonda amuwandiikako ekirungi ekijjuvu, bwamalirira ate naakikola Katonda amuwandiikako ebirungi kkumi okutuuka kunyongeza lusavvu oba okukubisaamu ebirungi ebingi okusinga awo. Omuntu bwamalirira okukola ekibi natakikola Katonda amuwandiikako ekirungi ekijjuvu, naye bwamalirira okukikola era naakikola, Katonda amuwandiikako ekibi kimu.* **Bukhari ne Muslim,**

era Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti: "Abantu b'ekibiina kino bafaanana Abantu bana:- Asooka Omuntu Katonda gwawa emmaali ne yilimu naakozesa eyilimu ye mu mmaali ye naaba nga agisaasaanya mwebyo byateekeddwa okugisaasaanyamu n'omulala Katonda gwawa eyilimu natamuwa mmaali nabeera nga agamba nti singa nange mbadde nnina nga oli, nange naalikoze bwentyo, Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti: "Abo bombi benkanya empeera, ate

*owokusatu yooyo Katonda gwawa emmaali natamuwa yilimu, abutaabutana mu mmaali ye nga agikozesa mu bitasaana, owokuna yooyo Katonda gwatawa yirimu wadde emmaali, aberaawo nga agamba singa mbadde nnina nga ono, naalibadde nkola nga bwakola, Nabbi (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti naabo bombi benkana mu kibi, **Tirimidhi**. Ekgambo ky'omuntu owokubiri n'owokuna abogerwako mu Hadith, baba baaweebwa ekisoboka nga nayo y'enniya awamu n'okwegomba ekyo nekivaamu ebigambo bibiri Omuntu okugamba nti: singa mbadde nnina ekintu gundi naalikoze bwenti nga gundi bwakola, buli omu ku babiri assibwa mu ttuluba ly'a munne mu kirungi oba ekibi.*

Ibni Rajabu (Allah amusasire) yagamba nti: "Nabbi okugamba mu Hadith eno nti bombi benkana mu mpeera kitegeza nti bombi benkana muntandikwa y'ekigambo kyokufuna empeera, so ssi eri waggulu gyegukoma mu kwongezebwamu anti okwongezebwamu kw'empeera y'omulimu kufunibwa oyo aba agukoledde ddala, so ssi aba yeegomba okugukola, naatasobola kugukola, singa tekyali kityo oyo yenna eyaalyegombye nga okukola ekirungi yandibadde akubisibwamu emirundi kkumi..

Omuntu bwamalirira okukola kabandabe olwo emirimu egyo gifuuka byonoono era Shiriki entono ekiyinza okugituusiza ddala okufuuka Shiriki ennene nayo erimu emiteeko esatu;

1. Kwekuba nti kuntandikwa ekimuwaliriza okusinza lwaabantu eyo eba Shiriki nookusinza kuba kukyaamu.

2. Kwekuba nga okusinza akukola ku lwa Katonda oluvannyuma naatabikamu enniya y'okweraga, ate bwekuba nga okusinza enkomerero yaakwo tezimbirwa ku ntandikwa yaakwo nga okusaddaaka, entandikwa yaakwo eba ntuufu enkomerero neeba nkyamu. Bwekiba nga enkomerero yookusinza ezimbirwa ku ntandikwa yaakwo nga esswala nookusinza okwo kuli kumbeera bbiri;

- Okuba nga kabandabe azze yekka, ekyo tekyonoona mulimu.
- Okutebenkera ku kabandabe olwo okusinza kwonooneka kwonna.

3. Kwekuba nga kabandabe azze oluvannyuma lwokusinza. Oyo wasiwaasi talina kyaakosa mulimu gukoledwa wadde kwooyo agukoze.

Waliwo engeri za kabandabe omwekusifu tulina okuzimanya nokuzeekeka, muzu mulimu;

Kwekubeera nga ekigendererwa kye mu kukola omulimu omulungi kufuna bya nsi, empera ne kibi ku ye bisinziira ku nniya ye, nekyo kirimu engeri ssatu;

1. Kwekuba nga ekimukozesa omulimu omulungi kufuna dduniya yokka, nga okukulemba abantu mu sswala olwokufuna sente, oyo aba mwonoonefu era afuna ekibi. Nabbi (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; (*Omuntu ayeeyigiriza okumanya nga teyeeyigiriza okujjako nga anoonyaamu bya nsi tagenda kuwulira ku lusu lwa jjana*) **Abu Dauda**.

2. Kwekuba nga akola omulimu omulungi ku lwa Katonda ne ku lwe nsi, oyo abeera mukendeewu wa bukkiriza era nga ne nniya ye nkendeewu, nga omuntu okugenda e Makkah lwakusuubula ne Hijja nempera zaafuna zisinziira ku kutukuzakwe enniya.

3. Kwekuba nga akola omulimu kulwa Katonda yekka wabula nawebwaayo ensako nga yakweyambisa okutuukiriza omulimu ogwo, empeera zooyo ziba

nzijuvu tezikenreira lweekyo kyafunye. Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Mazima ekisinga obukakafu kyemufunirako empeera kye kitabo kya Katonda*) Bukhari.

Mumanye nti mazima abakola nga batukuzizza enniya ba madaala asatu;

1. Okusooka nga kwa wansi; nakwo kwekukola omulimu lwakutya Katonda nga asuubira empeera oba okutya ebibonerezo.

2. Okwomukakati; Kwekukola lwakutya Katonda nga akola lwakwebaza Katonda nokwanukula ebiragiro bye.

3. Okusembayo; Okukola omulimu olw'okwagala Katonda n'okumanya nti musukkulumu, n'okumuwa ekitiibwa, era eryo ly'eddaala erituulibwako abakkiriza aba nnamaddala. Ayi Mukama omulabirizi wange, nyanguye okujja gyoli obe nga osiima, Nabbi Musa yalulunkanira okwanguwa okusisinkana Katonda ow'ekitiibwa abe nga amusiima, so ssi lwakugoberera kiragiro kye kyokka. Nekifaananako nga okuyisa obulungi Abakadde ababiri omutendera ogusookera ddala wansi kwekubayisa obulungi olwokwewala ebibonerezo ebiva ku kubayisa obubi, era n'olwokwagala okufuna empeera z'ekikowa ekyo, n'omutendera ogwawakati kitegeeza okubayisa obulungi ku lwokugoberera ekiragiro kya Katonda ne kulwokugezaako okunaddiza ku birungi byebaakukolera bwabwakulera okuva mu buto bwo, era nga bombi yeeyali ensonga y'okubeerawo kwo mu nsi. Ate omutendera ogwawaggulu kwekubayisa obulungi olwokuwa ekitiibwa ekiragiro kya Katonda kyeyakussaako bweyakulagira okubayisa obulungi era n'oba nga okikola lwakwagala Katonda nakumuwa kitiibwa.

OKWENENYA;

Okwenenya kukakata ku muntu olubeerera. Okusobya kya mu butonde bwamuntu Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Buli muntu asobya naabasobya abasinga obulungi beebo abeenenya*) Tirimidhi. Era Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) (*Singa mwaali temusobya yandibagyeewo naatondawo abantu abalala nga basobya oluwannyuma nebeegayirira Katonda okubasonyiwa era nabasonyiwa*) Muslim.

Kikyaamu okulwisaawo okwenenya era nga bwekiri ekikyaamu okulemera ku kyonoono, kuba yo Sitane eyagala okuvumbagira omuntu ng'ali mu gamu ku mazambi omusanvu. Bweremererwa (Sitane) okumukozesa erimu ku mazambi ago nga egezaako ku zambi eddala.

Amazambi ago geegano;

1. Okugatta ku Katonda ebintu ebirala Shiriki, nobukafiiri.

2. Sitane bweremererwa kwekyo nga edda ku Bidia (okuzuula) nobutagoberera Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) ne ba Swahaba be.

3. Ekyo bwekirema nga edda ku mazambi amanene.

4. Ekyo bwekigaana nga edda ku mazambi amatono.

5. Ekyo bwekirema nga edda kwebyo ebitaziyizibwa.

6. Nga edda ku kugondera Katonda nemirimu egya bulijjo nga alekayo egyo egisinza empeera.

7. Ekyo bwekigaana nga edda ku kusindika Sitane za majinni nabantu.

OBUJEEMU BULIMU EMITENDERA;

1. Amazambi amenene; geego agaliko ekibonerezo kyo ku nsi oba okulabula ku lunaku lwe nkomerero, oba obusungu, oba ekikolimo oba okugyawo obukkiriza.

2. Amazambi amatono; Nago gegatali ago amanene. Wabula waliwo ensonga

eziyinda okufula amazambi amatono negafuuka manene. Enkulu muzu; Okulemera ku kukola amazambi amatono oba okugaddingana oba okuganyooma oba okwewaana nga oli agakoze oba okugakola olwaatu mu kugolesa.

❖ Okwenenya kukkirizibwa ku buli zambi lyonna omuntu lyaba akoze okutuusa omwoyo gwomuntu lwegubeera mumbera zookufa. Nempeera zooyo eyeenenya okwenenya okwanamaddala, kwekuba ebyonoono byeyenenyezza bifuulibwa ebirungi nebwebiba nga bituuka mu bungi akasolya keggulu.

OBULOMBOLOMBO BW'OKWENENYA OKUKKIRIZIBWA;

1. Okuviira ddala ku kyonoono.
2. Okwejjusa kubyayita kuyonoono ekyo.
3. Okumalirira nti tajja kudda mu kyonoono ekyo, bwekiba nga ekyonoono kirina akakwate n'amabanja g'abantu; atekwa okuzzaayo ebyo byeyalyazamaanya. Kigambibwa nti Nabbi ^{(Sal-lal-laahu} _(alaiti wa sal-lam) yagamba nti, *ebyonoono mumaaso ga Mukama Katonda biwandikibwa mu miteeko esatu, omuteeko ogusooka Katonda tagufaako, ogw'okubiri Katonda talina kintu kyonna kyataguwunaanako, ate ogw'okusatu Katonda tagusonyiyira ddala. Omuteeko Katonda gwatasonyiyira ddala kwekumugattako ekintu kyonna. Katonda ow'ekitiibwa yagamba mu Quran nti: Mazima ddala oyo agatta ekintu kyonna ku Katonda, Katonda yamuzizaako eJjana era obuddo bwe muliro. Wabula omuteeko Katonda gwatafaako, ye muntu okweryazaamaanya yekka munsonga eziri wakati we ne Mukama omulabirizi we. Mazima Katonda ebintu ebigwa mu kiti ekyo, bwayagala abisonyiwa naalekera, so nga ate omuteeko Katonda gwatalina kyataguwunaanako, b'ebantu okweryazamaanya wakati waabwe. Asse omuntu okumussaako ekibonerezo ky'okufa kyatteeka.* **Hadith eyogerwa Ahmad naye erimu obunafu.**

ABANTU BALINA AMADAALA ANA MU KWENENYA;

1. Eyeenenya naagumira ku kwenenya okwo okutuusa ku nkomerero yobuwangazi bwe, nooyo ali ku nkola eyo abeera nga yakulembera mu birungi, nokwenenya okwo kuyitibwa okwanamaddala, nakwo kubeera ku mwoyo ogutebenkedde.
2. Eyeenenya era nga akola emirimu emikulu mu kusinza Katonda naye nga ate abeera ku byonoono naye sirwakuba nti amalirira okubikola, wabula akemwa nga tamaliridde kubikola buli lwakola ekyonoono kyonna anenya omwoyo gwe, neyjjusa naamalirira okwekuuma ku nsonga ezivaako ekyonoono ekyo nakwo kubeera ku mwoyo ogunenya nokwejjusa.
3. Eyeenenya naamala ekiseera ngagumidde ku kwenenya okwo oluvannyuma obwagazi nebumusinza amaanyi mu kukola ebyonoono ebimu naabikola awamu nekyo nga luberera akola emirimu egyokutya Katonda awamu nokulekayo ebimu ku byonoono nga n'obusobozi obubikola abulina, nokwagala okubikola akulina naye nga obwagazi obwomulundi ogumu oba ebiri bwebumukaka okukola ebyonoono. Buli lwamala okukola ekyonoono yejjusa naye ngamala neyeenenya olwezambi eryo, ogwo gwe mwoyo ogwobuvunanyizibwa nenkomerero yeekyo eba mbi mukubeera nti alwisawo okwenenya nokwetonda, oyo ayinza nookufa nga tannaba kwenenya, ate nga emirimu gibalibwa ku nkomerero yaagyo.
4. Omuntu kwekwenenya naatereera ekiseera, oluvannyuma nadda mu byonoono nabiggweramu, nga nebyokwenenya ye yennyini tabyogererako

ddala, era nga talumwa olwekyo kyeyakola, ogwo nagwo mwoyo ogulagira okukola ebibi, ekitiisa ku gwo ye mmaliriza embi.

AMAZIMA;

Amazima y'ensibuko y'emirimu gyemitima gyonna, Abayivu abedda baagamba nti: olulimi lwelulaga ebiri mu mutima, era omutima ye Kabaka w'ebiyungo byonna, nga ebiyungo ebisigadde lyejje lyagwo Omutima bwegulongooka n'ebigendererwa nebirongookwa, eje lyonna lirongooka, mu ngeri yeemu bwegwonooneka eje lyonna lyonooneka.

Amazima mirimu gyamitima gyonna, n'ekigambo mazima kikozezebwa mu ngeri mukaaga:

1. Okwogera amazima.
2. Amazima mu kumalirira nokugenderera (okutukuza enniya).
3. Amazima mu kumalirira okwa namaddala .
4. Amazima mu kutuukiriza awamu nobuvumu.
5. Amazima mu kukola nga ekiri ku ngulu kyeekyo ekiri mu nda ku mutima.
6. Amazima mu kutuukiriza ebyeddiini byonna eryo lyeddaala erisingira ddala era erisinga okuba eryekitiibwa, nga okuba owaamazima mu kutya nookuba ne ssuubi eri Katonda, nokumugulumiza. Nokweewala okwemalira ku bye nsi, nookusiima nokwesigamira eri Katonda nokwagala nagyonna emirimu gyomutima. Nooyo yenna abeera namazima mwebyo ebyogeddwako waggulu yaayitibwa owamazima, kubanga aba agenze wala mu kubeera owamazima Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Muteekwa okubeera abamazima kuba amazima galungamy omuntu eri obulungi nobulungi bulungamy omuntu eri ejjana omuntu ebbanga lyamala nga ali ku mazima atuusa nawandiikibwaako ewa Katonda nti ddala muntu wamazima*). **Bukhari ne Muslim.** Nooyo abuzaabuzibwa ku butuufu bwekintu kyonna, nabeera wamazima mu kusaba Katonda nga tataddeemu kwaagala kwa mwoyogwe, bulijjo Katonda amutuusa ku kituufu. Bwaaba tatuuse ku kituufu Katonda amwejjeereza.

Ekyennyume kyamazima Bulimba; Obulimba buva ku mutima nebudda ku lulimi nebulwonoona oluvannyuma nebutuuka ku biyungo nebwonona emirimu gyaabyo, era obulimba bwononoona olulimi nerwogera byabulimba, obulimba bubuutikira omuntu nebibeera nga ebigambo, ebikolwa nembeera zonna ezomuntu oyo buba bulimba bwereere, olwo obwonoonefu nebuba nga bwebumufuga.

OKWAGALA;

Okwagala Katonda, omubaka we, nabakkiriza kireeta obumu bwobukkiriza, Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Ebisatu omuntu bwaba nabyo afuna obuwoomu bwobukkiriza, omuntu bwabeera nga Katonda nomubakawe baayagala ennyo okusinga ebirala byonna. Nokubeera nti talina muntu yenna gwayagala okugyako ngamwagala kulwa Katonda. Nokuba nti atamwa okudda mu bukafiiri nga bwatamwa okusulibwa mu muliro*). **Bukhari ne Muslim.**

Omuti gwobukkiriza bwegusimbwa mu mutima negufukirirwa naamazzi gokutukuza enniya nokugoberera Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) guleeta ebibala ebirungi buli kiseera olwobuyinza bwa Katonda nekyo kirimu engeri nnya;

1. Okwagala Katonda, naky'o yensibuko yobukkiriza.

Okwagala kulwa Katonda nokukyawa kulwa Katonda nekyo kyakakasibwa

(Wajibu, Abantu mu mbera zokwagala nokusunguwala balimu engeri ssatu;

- A.** Yemuntu ayagalira ddala olwagala olutukuvu olwe nniya nga temuli kusunguwala, abalina ekyo be bakkiriza abatukuvu be nniya, nga ba Nabbi, nabakkiriza abamazima, nabakulembere ye Nabbi Muhammad *(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam)* abakyalabe, bawalabe, neb a Swahaba.
- B.** Ababasunguwalira olwoluberera be kafiiri, nabagatta ku Katonda nebintu ebirala, na bananfusi.
- C.** Ayagala oludda, ate nasunguwalira oludda nabo be bajemu mu bakkiriza, ayagalibwa olwo bukkiriza bwalina, asunguwalirwa olwebyonoono byakola okwagala Abakafiiri nokukolagana nabo nakyo kyangeri bbiri;
- 1.** Ekyo ekigya omuntu mu busiramu nokuviira ddala mu busiramu, okwo kuba kubagala lwa ddiini yaabwe.
 - 2.** Okubeera nti kwaziyizibwa naye nga tekugya omuntu mu busiramu, nakwo kwekwagala olwensonga ze dduniya yaabwe, oluusi wabawo okutabula byomba wakati wokukolagana nabakafiiri (Abatatulwanyisa) nokubasunguwalira nokubawulira ddala wakati wabwe okwenkanya nokukolagana nabo mu bulungi awatali mukwano gwamunda, nga okusasira abanafu mu bo nokwogera obulungi nabo nokubasasira ekyo kikkirizibwa. Katonda yagamba (*Katonda tabagana nga kubayisa bulungi nokwenkanya gyabali abo abatabalwanyisa mu ddiini era nebatabajja mu nsi yammwe, mazima Katonda ayagala benkanya*).
 - 2.** Naye okubasunguwalira nokubawalana ekyo Katonda yakyogerako bwati; (*Abange mmwe abakkiriza temufulanga abalabe bange era abalabe bammwe abemikwano nga muteka gyebali omukwano*) kisoboka okwenkanyankanya mu kukolagana nabo nokubasunguwalira nobutabagala nga nabbi *(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam)* bweyali akolagana nabayudaya mu Madinah.
 - 3.** Okwagala ebirala nga bigattibwa ku kwagala Katonda. Nakwo kwekugatta ebirala ebitali Katonda ku kwagala Katonda mukwagala okwetteeka okwakakasibwa nga okwagala kwabo abagatta ku Katonda ebintu ebirala kwebaagalumu ba Katonda baabwe neekyo kiba Shiriki okugatta ku Katonda ebintu ebirala.
 - 4.** Okwagala okwobutonde, nga okwagala abazadde ababiri n'abaana ne mmere n'ebirala okwo kukkirizibwa. Katonda okuba nti akwagala wewale ebyo ebiri mu nsi, Nabbi *(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam)* yagamba nti; (*Wewale ebyo ebiri mu nsi Katonda aija kukwagala*). **yayogerwa Ibn Majah.**

OKWESIGAMIRA KU KATONDA; Nakwo kwekwewaayo kwomutima mu kufuna nokumalirwa ebyetaago, ekyo nga kiri wamu nokwesiga Katonda, awamu nokukola ebyo ebikutuusa ku nsonga gyoyagala. Omutima obuteewaayo eri Katonda mu nsonga zonna, biba bituli mu kwawula Katonda omu (Tauhid). Nolwekyo obutakola ebyo ebikutuusa ku nsonga kuba kulemwa nabukendevu bwa magezi. Okwesiga Katonda kubaawo nga ekikolwa tekinakolebwa, nabyo byebibala byokukakasa Katonda, okwesigamira ku Katonda ku gimu ku emiteeko esatu;

- 1. OKWAKAKASIBWA;** Nakwo kwekwesigamira ku Katonda kweebyo byotasobola kukola okugyako bikolebwa Katonda nga okuwonya abalwadde.
- 2. EBYAGANIBWA;**

a. Shiriki embi ennyo; nakwo kwe kwesigamira ddala ku nsonga mwekyo nga okakasizza ddala nti; ensonga zokka zezireeta emigasano era zeeziyawo ebizibu.

Abaffe okukola ebyo ebikutuusa ku kigendererwa kikoonaagana n'okwesigamira Katonda? Ekyo kirimu engeri eziwerako.

1. Okuleeta omugasano ogwetaagibwa, nakyoko kirimu emiteeko esatu:

a. Ensonga nga nkakafu, nga okuyingira mu bufumbo olwokwagala okufuna omwana. Obutakola nsonga etuusa kwekyo liba ddalu lyennyini toyinza kugamba nti sija kukikola neesigamidde ku Katonda.

b. Ensonga ezitali nkakafu naye nga ekisinga kiri nti ensonga tezisobola kufunibwa nga ebyo ebitywamu okutuuka ku nsonga ezo tebiriiwo, ekyokugeza nga atambula mu ddungu nga talina ntanda gyeyesibiridde ekyo tekibeera mu kwesigamira ku Katonda, atekwa butekwa okwesibira entanda. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) bweyali atambula yasiba entanda era napangisa omuntu eyamulagirira ekkubo nga agenda e Madinah.

c. Ensonga nga kilowozebwa nti ziyambako okutuukiriza ebyetaagibwa naye nga takikakasa nnyo oba okukiwakanya ekyokulabirako omuntu eyegendereza ennyo mu kukola enteekateeka ennambulukufu asobole okufuna emmaali, ekyo tekimujjako kuba nti yeesiganidde ku katonda, so nga ate obutapakasa tekifuula muntu kuba nti yeesigamidde ku Katonda, Omar ^(Radi Allahu anhu) yagamba nti; (*Eyesigamira Katonda yoyo atekka empeke ze mu ttaka nalyoka yesigamira Katonda*).

2. Okukuuma ekiriwo; oli bwafuna ekyokulya ekyo Halali, okutereka ekyokulya ekyo tekigya muntu ku kwesigamira ku Katonda naddala bwaba alina abantu balabirira. Mazima Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yatundanga entende zeyajjanga mu ba Banu Nadhir naye nga aterekerako ab'omumakage ekyokulya kya mwaka mulamba (Bukhari ne Muslim).

3. Okusindiikiriza ekizibu ekitanagwawo. Mu bulombolombo bwokwesigamira ku Katonda temuliimu kuleka kukola ebyo ebivaako okusindiikiriza akabi, nga omuntu okwambala ekyambalo ky'olutalo ng'ali ku lutabaalo, n'okusiba ensolo ku nkondo. Mwebyo byonna yeesigamira ku Katonda avezaawo ensonga eyo so ssi ekibeerawo olwensonga eyo. Alina okuba omusiimu ku kugera kwa Katonda kwonna.

4. Okujjawo ekizibu ekimaze okugwawo. Nakwo kulimu ebite bisatu:-

a. Okuba nga tekiriimu kubuusabuusa nga okunywa amazzi olwokuwona ennyonta. Obutaganywa tekitegeeza kwesigamira ku katonda.

b. Okubanga kisuubirwa nti kikulwa nga okulumika n'ebirala ebiringa kyo. Okukikola oba tokontanye nakwesigamira ku Katonda, anti Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yejjanjaba era yalagira abantu okwejjanjaba.

c. Oluusi kiba kyakuteebereza nga okwokya olwokyo nekigenderera ekyokugema obulwadde, okukikola kikontana n'obujjuvu bwokwesigamira ku Katonda.

d. Shiriki entono; Nga okwesigamira ku muntu mu byenfuna naye nga takakasa nti kyokka ekyo kimala.

3. Ekkikirizibwa; Nakwo kwekwesiga omuntu omulala nomwesigamirako kwekyo ye kyasobola okukola nga okutunda, okugula nebirala. Naye nga takkirizibwa okugamba nti nesigamidde ku Katonda oluvannyuma ggwe naye gamba nti nkusigidde.

OKWEBAZA;

Kubaawo nakweyoleka kwa kabonero ke byengera ku muntu mu mutima gwe, mu kukakasa ku lulimi lwe, mu kutendereza Katonda nebiyungo bye. Mu kutendereza Katonda okwebaza kubeera ku mutima, ku lulimi nebiyungo byonna. Amakulu gokwebaza kwekukozesa ekyengera mu kutya Katonda.

OBUGUMIKIRIZA;

Nabwo kwekuleka okusinda obuzibu eri kyona ekitali Katonda olw'obulumi bwe bizibu byonna. Okusinda kuteekwa kwolekezebwa eri Katonda yekka, Katonda agamba nti; (*Mazima abagumikiriza basasulwa empeera zaabwe awatali kubalirira*).

Nabbi (^{Sal-lal-laahu} *alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Oyo yenna akola obugumikiriza ne Katonda amuwa obugumikiriza teri noomu yali awereddwa kyonna kyaba awereddwa kisinga bulungi noobugazi okusinga obugumikiriza*) **Bukhari ne Muslim.**

Umar (^{Radi} *Allahu anhu*) yagamba nti; (Sikemwangako kikemo kyonna okugyako Katonda ampamu ebirungi bina; okubeera nga tekiri mu ddiini yange, okubeera nga sikinene, okubeera nga nsimiddwa okusiima kwekyo, n'okubeera nga nsuubira ku kyo empeera okuva eri Katonda.

OBUGUMIKIRIZA BULIMU EMITENDERA;

Okwa wansi; Nakwo kwekuleka okusinda obuzibu awamu n'okuba nti tokyagala.

Okwo mumakati; Nakwo kwekuleka okusinda awamu n'okusiima.

Okwa waggulu; Kwekutendereza Katonda ku bizizu. Nooyo alyazamanyizibwa naasaba okutaasibwa eri oyo amulyazamanyizza, oyo asaba okutaasibwa ku lulwe yekka aba tagumikirizza.

OBUGUMIKIRIZA BWAMIRUNDI EBIRI;

1. Obwomubiri; Nabwo sibwetuliko wano.

2. Obwo mutima; kwekugumikiriza ku byetaago ebyobutonde nebyetaago ebyobwagazi. Ate kino bwekuba kugumikiriza ku kwagala kwa lubuto n'obwereere ziba nsa, bwekuba mu kulwana buba buzira, bwekiba mu kufuga busungu kuyitibwa kusaasira, bwekiba kukweka kigambo ekyogeddwa kuba kukuuma kyama, bwekiba kwerekereza bya masanyu kuba kukyawa nsi, bwekiba muntu kusiima ekitono ekimuweereddwa kuba kwekkusa.

Ebintu byonna omuntu byasanga ku nsi tebisukka emu ku ngeri ebiri.

A. Ebyo ebikwatagana n'okwagala kwomuntu, ebyo nno kyetaagisa bugumikiriza okutuukiriza ebivunaanwa bya Katonda mu byo nga okumwebaza, n'obutakozesa kintu kyonna ku byo mu kujeemera Katonda.

B. EBYAWUKANA KU BWAGAZI NABYO BYAMITEEKO ESATU;

1. Okugumikiriza mu kugondera Katonda nga nekisinga obukulu mu byo, kukola ebyalalibwa. Nga nekirala abantu kyebakubirizibwa okukola byemirimu egya Sunna.

2. Okugumikiriza obutajeemera Katonda, nekikulu mukyo butakola byaziyizibwa (Haramu) ne kirungi mu kyo kulekayo ebitamwa.

3. Okugumikiriza kwebyo Katonda byagera; nekyakakasibwa mu byo butasinda nokusiba omutima obutawakanya nokwesunguwaza kwebyo Katonda byaba ageze, nebiyungo obutakola ebyo Katonda byatasiima, nga okukuba ebiwoobe, nokuyuza ensawo nokukuba amatama nebiralala ng'ebyo, nekirungi mutima kusiima ebyo Katonda byaba ageze.

ANI ASINGA OBULUNGI, OMUGAGGA EYEEBAZA OBA OMWAAVU AGUMIKIRIZA?

Omugagga kwasasaanya emmaali ye mu kugondera Katonda yaaba asinga ku mwaavu.

Bwaba agisasanya mwebyo ebitakkirizibwa omwaavu yasinga, Nabbi (*Sal-lal-laahu (alaihi wa sal-lam)*) yagamba nti; (*Oyo alya emmere nga yeebaza yenkana omusiibi agumikiriza*) **Ahmad.**

OKUSIIMA;

Nakwo ku kusiima ekyo ekiba kifuniddwa noomatira nakyo, ekyo kibaawo nga ekikolwa kiwedde era okusiima n'ekyo Katonda kyaba ageze kibalibwa mu bifo ebya waggulu ebyabo abasembezibwa okumpi naye, nabyo byebibala ebyo mukwano, nokwesigamira Katonda, okusaba Katonda kubeera kumusaba kuggyawo buzibu ekyo tekikontana nakusiima.

OKUGONDA;

Nakwo kwekugulumiza, okwemenya nokukkakkana. Huzaifah yagamba (Mwewale okutya kwobunanfusi, nebamubuza okutya kwobunanfusi kyeki? Kwekuba nga omubiri gugonze nga ate omutima tegugonze, Huzaifah era yagamba nti; kyemugenda okusooka okubulwako mu ddiini yammwe kwekugonda.

Nakwonna okusinza Katonda, okugonda tteeka mu kwo, empeera ku Ibaada eyo esenziira ku kigero kyo kugonda nga esswala, Nabbi (*Sal-lal-laahu (alaihi wa sal-lam)*) yagamba nti; (*Waliwo esswala nga mu sswala ofuna kitundu oba kimu kya kumi, ate oluusi oyinza obutafuna mu Sswala yo kintu kyonna olwokubulamu okugonda.*)

OKUSUUBIRA;

Nakwo kwekutunuulira obugazi bwokusaasira kwa Katonda, nekyennyume kyekyo okukutuka nokusuubira, nomuntu okukola omulimu nga alina essuubi kye kya waggulu okusinga okutya, kuba ekyo kiwa omuntu essuubi eri Katonda, Katonda agamba nti; (*Nze Mbera wamu nekyo omuddu wange kyandowooleza*) **Muslim.**

Nakyo kirina amadaala abiri;

1. Erisooka; Beebo abakola ebirungi nga basuubira Allah okubasasula, Aisha (*Radi (Allahu anhu)*) yasoma Aya: (*Era beebo abawaayo Saddaaka nga nemitima gyaabwe gitya*), Aisha (*Radi (Allahu anhu)*) yabuuza nti; Abaffe yooyo abba, ayenda, anywa omwenge nga atya Katonda? Nabbi (*Sal-lal-laahu (alaihi wa sal-lam)*) naddamu nti; (*Sibwekiri owange gwe Muwala wa Swiddik, naye beebo abasaala, nebasiiiba, nebasaddaaka wabula nga batya nti biyinja obutakkirizibwa, okuva gyebali. (Beebo abanguwa mu kukola obulungi)*) **Tirimidhi.**

2. Eryokubiri; Yooyo omwonoonyi alemerako nateenya naye nga asuubira Katonda okumusonyiwa.

Nakyo kivumirirwa so nga ate ekisooka kitenderezebwa. Omukkiriza omutuufu agatta okuyisa obulungi nokugonda, omunanfusi agatta okwonoona nokusuubira okukyamu.

OKUTYA;

Nakwo kwekuwankawanka okuleetera omutima okutya ekitamwa, ekitamwa bwekiba nga kimanyiddwa ddala okwo kuba kutya, ekyennyume kyakyo kubeera mu mirembe, nakyo sikyennyume kya kusuubira, wabula kijja lwakutya so nga okusuubira kijja lwakwagala.

Ate nga tekisaana kwawula wakati w'okwagala n'okutya n'okusuubira. Ibn Al Qayyim (*Allah (amusasire)*) yagamba nti; (Omutima mu lugendo lwagwo nga

gudda eri Katonda gulinga ekinyonyi; okwagala gwemutwe gwaakyo, okutya n'okusuubira byebiwawaatiro byaakyo, omutima bweguba nokutya gwokya ebyobwagazi mu gwo negugoba eby'ensi mu gwo.

Nokutya okukakafu; nakwo kwekuwaliriza omuntu okukola ebyakakasibwa, n'okuleka ebyaziyizibwa.

Nokutya okwa Sunnah; Nakwo kwekuwaliriza omuntu okukola ebiri mustahabbu.

Okuleka ebitali birungi kulimu engeri nyingi;

1. Okutya okwomunda era okwokusinza; okwonno kuteekwa kukolebwa Katonda yekka era okujjulula ekintu kyonna mu kwo nokikolera ekintu ekirala ye Shirik esinga obubi, nga omuntu okutya ba katonda ba bakafiiri nti balina kyebayinza okukola kakibe kirungi oba kibi.

2. Okutya okuli Haramu; Nakwo kwekuleka ekiri Wajibu oba okukola ekiri Haramu olwokutya abantu.

3. Okutalina mutawaana; Kwekutya okwobutonde nga omuntu bwanatya omusege oba embwa.

OKWEWALA EBYENSI;

Nakwo kwekuva ku kintu nodda kwekyo ekisingako obulungi n'okuva ku bye nsi kitereeza omutima n'omubiri, ate okwagala ebyensi kyongera okuwankawanka ne nnaku. Okwagala ensi gwemutwe gwa buli kyonoono, nokugikyawa kireeta okugondera Katonda. Era okukyawa ensi kiba nakugiggya mu mutimagwo, so ssi kubigya mu mikono gyo nga ate omutima gwo gukyabiriko. Nabbi ^{(Sal-lal-laahu} *alaihi wa sal-lam)* yagamba nti; *(Kyengera okuba nti omuntu omulongoofu aba alina emmaali ennongoofu)* **Ahmad.**

OMWAAVU NE SSENTE ABA KU EMU KU NGERI TTAANO;

1. Okwewala ssente olw'okuzikyaawa n'okwekuuma obubi bwaazo n'okutawaanya kwazo. Omuntu ali ku mbera eyo ayitibwa eyakyaawa ebyensi.

2. Teyemalira ku kuzisanyukira era tazikyaawa lukyaawa olulaga nti z'ezimwonoona, n'owengeri eyo ayitibwa musiimu.

3. Okubeera nga alina ssente kyasinga okwagala okusinga obutaba nazo okusinziira ku mululu gw'azirinamu naye nga ate omululu ogwo tegumusindika kugenda kuzinoonya wabula bwezimuggira azitwala era nasanyuka naye okuzifuna wekubeereramu obuzibu ekyo takikolako oyo ayitibwa omumativu.

4. Okuba nti obutanoonya ssente kiva kuba nti yalemererwa naye nga ye azaagala, bwafuna ekkubo erimutuusa okutawaana mu kuzinoonya yandizinonyezza, oyo ayitibwa afaayo.

5. Okuba nti ali mu bwetaavu ku mmaali eyo gyayagala okufuna ekyokulabirako omuntu omuyala, natalina kyayambala, omuntu owengeri eyo ayitibwa mwetaavu.

EMBOOZI EYEKIMPOWOOZE

Omusajja nga ayitibwa Abdallah (Muddu wa Katonda) yasanga omusajja omulala nga erinnya lye Abdu Nabbi (Muddu wa Nabbi), Abdallah naatamwa erinnya eryo naagamba nti; Omuntu ayinza atya okusinza ekitali Katonda! Oluvannyuma naayogera ne Abdu Nabbi naamugamba nti; owange ggwe osinza ekitali Katonda.

Abdu Nabbi naddamu nti nedda, nze sisinza kitali Katonda ndi musiramu era nsinza Katonda omu yekka, Abdallah namuddamu nti Linnya ki eryo lyoolina erifaanana amannya ga Bakrisitayo, mumannya gaabwe mulimu Abdu Masihi (Muddu wa Masiah) ekyo tekyewunyisa kuba aba krisitayo basinza Yesu, nayenna awulira erinnya lyo kimulowoozesa nti ggwe osinza Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) ekyo omusiramu takikikiriza mu Nabbi we, wabula ekikakafu ku ye kwekukakasa nti mazima Muhammad muddu wa Katonda era mubakawe.

Abdu Nabbi naddamu nti; Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yaasinga abantu bonna era ye mukulembeze wa ba Nabbi bonna. Ffe erinnya eryo tulituuma lwa kufuna mikisa nakusembera eri Katonda olwekitiibwa kya Nabbi we nolwekifo kye ekyawaggulu gyaali, era olwekyo tusaba okuwolerezebwa okuva gyaali (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) si ekyo kyokka, erinnya lya muganda wange ye Abdul Hussein ate era erinnya lya Taata wange ye Abdu Rasuul nokutuuma amannya bweegatyo kwadda nnyo era kwasasaana mu bantu bangi naffe twasanga nga bakadde baffe bakola bwebatyo, ensonga era togikalubya nyangu ate nga neddiini nyangu.

Abdallah namuddamu nti; Kino kibi nnyo okusinga ekibi ekisoose, nakyo kwekusaba atali Katonda kwekyo kyatasobola nga kisobolwa Katonda yekka. Kakibe nti asabwa ye Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) oba abamadaala agawansi abalongoofu nga Hussein (*Radi Allahu anhu*) oba omulala yenna, ekyo kikontana nokwawula Katonda (Tauhid) okwatulagirwa era kikontana naamakulu gekigambo nti; (Teri asinzibwa mu butuufu okugyako Katonda).

Kankubuuze ebibuuzo ebimu ofune obunnyonnyofu ku nsonga eno enkulu, n'obuzibu obuva mu kutuuma erinnya eryo, n'ago agalifaanana, sirina kigendererwa oba kyenjagala okugyako amazima n'okuba nga gagobererwa, nokunnyonnyola ekikyaamu nokukyewala n'okulagira ebirungi awamu nokugaana ebikyamu. Katonda yekka gwetusaba obuyambi era gwetwesiga, teri alina buyinza oba maanyi okugyako Katonda owa waggulu owekitiibwa, nga sinnaba kukola ekyo kankujjukize ekigambo kya Katonda (*Mazima ekigambo kya bakkiriza nga bakowoddwa okujja eri Katonda nomubaka we alamule wakati waabwe bagamba nti tuwulidde era tugonze*). Nekigambo kya Katonda nti; (*Bwemuba mukaayanye mu kintu kyonna mukizzenga eri Katonda n'omubakawe, bwemuba mukkiriza Katonda n'olunaku lwe nkomerero*).

Abdallah abuuza nti; ogambye nti oyawula Katonda era okakasa nti tewali asinzibwa okugyako Katonda, oyinza okunnyonnyola amakulu gaakyo.

Abdu Nabbi addamu, okwawula Katonda kwekukkiriza nti Katonda waali era yeeyatonda eggulu ne nsi, yaawa obulamu era yatta era yaalabirira ebitonde era mugabi, mumanyi, mukenkufu era muyinza nnyo.

Abdallah addamu nti; singa ebyo byokka byebitegeeza okwawula Katonda, olwo Firawo n'abantube ne Abu Jahali naabalala bandibadde babalibwa nga abaawula Katonda omu, kuba ebyo baali babimanyi nga bonna abagatta ku Katonda nebintu ebirala bwebafaanana, Firawo eyeeyita Katonda yali amanyi era

nga akkiriza mu mutima gwe nti Katonda gyaali era yaalabirira ebitonde nobujulizi kyekigambo kya Katonda; (*Bawakanya obubaka mubulyazaamanyi n'okwekuza, okukakasa okwo kweyoleka bulungi bweyali azikirizibwa* (abbira). Naye nga mu mazima okwawula Katonda okwo ababaka kwebatumwa nakwo era okwassisa ebitabo, okwawaako okulwaanyisa aba Kuraishi nakwo kwe kwaawula Katonda mu kuzinza ye yekka, ekyo kibuna eri kyonna Katonda kyayagala era kyasiima mu bigambo ne mu bikolwa.

Abdallah abuzuza, omanyi lwaaki ababaka baatumwa ku nsi naasokera ddala ye Nouh (AS.)?.

Abdu Nabbi; yatunwa akowoole abagatta Katonda nebintu ebirala basinze Katonda omu yekka nokulekayo okumugattako ebirala.

Abdallah; Kiki ekyavaako abantu ba Nouh okuzinza ebintu ebirala.

Abdu Nabbi; simanyi.

Abdallah; Katonda yatuma Nouh eri abantu bekibiina kye olwokusukka ebikomo ku bantu abalongoofu, nabo be ba Wadda, Suwaa, Yagutha, Yauka ne Nasra.

Abdu Nabbi; Kyotegeeza nti mazima Wadda ne Suwaa nabalala mannya ga bantu balongoofu sso si mannya ga beekuza Abakafiiri.

Abdallah; kituufu ago mannya g'abantu balongoofu, abaali mu kibiina kya Nouh babafuula ba Katonda nabawarabu nebababagoberera mweekyo, n'obujulizi kwekyo, Ibuni Abbas ^{(Radi} ^(Allahu anhu) yagamba nti; (Amasanamu agali mu bantu bekibiina kya Nouh, abawarabu baagasinja, erya Udda lyaali mu kika kya kalibu e Darma Jandali, ate Suwaa lyali lyaba Haizal, yagutha lyali lyaba Murad oluvannyuma neribeera lya Banu Twaifu e Jurufu e Sabaa lyali lya Humairu mu ba Kalaa mannya g'a bantu balongoofu mu kika kya Nouh, bwe baafa Sitane yabuza abantu abo nebalagira bateeke ebibumbe webaali batuula babituume amannya gaabwe ekyo nebakikola naye nebatabisinza wabula bwe baafa era n'okumanya nga kukeddeko, abaddako batandika okubasinza.

Abdu Nabbi; Ebyo nga byewunyisa nnyol!

Abdallah; Nkutegeeze ekisinga ekyo okwewunyisa! okimanyi nti asembayo mu ba Nabbi ye mukama waffe Nabbi Muhammad ^{(Sal-lal-laahu} ^(alaihni wa sal-lam) Katonda yamutuma eri abantu, abaali begayirira Katonda era nga basinza nga betoolola Kaaba era nga badduka wakati wa Swaffa ne Maruwa, nga bakola Hijja era nga basaddaaka wabula nga bateeka ebimu ku bitonde wakati waabwe ne Katonda, bibayambe okusembera gyali, nga bagamba twagala okuwolereza kwaabwe eri Katonda, nga ba Malayika ne Nabbi Issa (A.S.) n'abantu abalala abalongoofu Katonda naatuma Nabbi Muhammad ^{(Sal-lal-laahu} ^(alaihni wa sal-lam) azze obugya eddiini ya jajaabwe Ibrahim (A.S.) olwonno nga bagamba bino bituyambako buyambi okusembera eri Katonda, era tubyagala bituwolereze ewa Katonda, ekyo bakikolanga nga beyambisa Malayika, Nabbi Isa n'abalongoofu abalala. Olwonno Katonda kwekutuma Nabbi Muhammad azze obugya eddiini ya Jajaabwe Ibrahim, era abayigirize nti mazima okusembera kwebaagala nenzikiriza ekwata kwebyo byeyawulidde Katonda yekka tewali kintu kisaana kuwebwa kitonde kyonna anti ye Allah yekka ye mutonzi tewali kimwegattako nga era bwewatali mugabirizi okugyako yye yekka. Eggulu omusanvu nabyonna ebirimu ne nsi omusanvu nabyonna ebirimu byonna baddu mu maaso g;a Katonda era biri wansi wabuyinzaabwe na biragiroye.

Neebyo byebasinza nabyo bikakasa nti biri wansi waabufuzibwe nabuyinzaabwe. **Abdu Nabbi;** Ebigambo ebyo byamutawaana era byewunyisa, abaffe obirinako obujulizi?.

Abdallah; Obujulizi bungi nnyo ku byo mu byo mulimu ekigambo kya Katonda: *bagambe nti ani abagabirira okuva mu ggulu ne mu nsi, ani alina obuyinza ku kuwulira nookulaba ani agya ekiramu mu kifu, najja ekifu mu kiramu, era ani nnyini nteekateeka ku buli kintu? bajja kuddamu nti: Katonda, olwonno ggwe bagambe nti: lwaki temumutya!.*

Okwo yongerako ekigambo kya Katonda nti; *Ensi yaani nebigirimu bwemuba mumanyi, bajja kuddamu nti y'a Katonda, bagambe nti lwaki temujjukira, bagambe nti; ani mulezi we ggulu omusanwu ne era ani mulezi wa Arushi eyekitiibwa? bajja kugamba nti Katonda, bagambe lwaki temumutya? bagambe nti ani mu mikonogye alina obufuzi ku buli kintu yaakuuma teri ayinza kumukolako bukuumi bwemuba mumanyi? bajja kuddamu nti bwa Katonda bagambe nti lwaki mubuzibwabuzibwa).*

Abagatta ku Katonda ebintu ebirala bwebaabanga mu Hijja, baatenderezanga nga bagamba nti: ayi Katonda twanukudde nga tetukugattako kintu kirala kyonna okugyako ekyo ekikugattibwako nga kikyo, gwe okifuga nebyo byekirina. Okukakasa kwa ba Kuraishi nti Katonda yaalabirira ebitonde (*Tauhid Al Rubbubiyaya*) tekyabayingiza mu busiramu. Era okubeera nti baakakasa nti ba Malayika, ba Nabbi ne ba Waliyyu be bajja okubawolereza n'okubasembeza eri Katonda ekyo kyafuula emisaayi gyaabwe ne mmaali yaabwe ebyakkirizibwa okwonoonebwa. N'olwekyo Katonda yekka yaasabwa, okukola obweyamo (Naziri) byonna bikolebwa kulwa Katonda yekka, ebisolo byonna bisalibwa kulwerinnya lya Katonda nakwonna okusinza kukolebwa lwa Katonda.

Abdu Nabbi; Bwekuba okwawula Katonda sikukakasa kubaawo kwa Katonda kyokka nokulabirira ebitonde nga bwogamba nolwekyo kyeki?.

Abdallah; Okwawula Katonda okwatumisa ababaka, bo abagatta ku Katonda ebintu ebirala kwebaagaana okukkiriza, kwekwawula Katonda yekka mu kusinza, nokukakasa nti tewali kirala kisinzibwa okugyako ye yekka. Mu kusaba kwonna kakube kwa kyama, okusala ebisolo, okusaba okutaasibwa, nokubeerebwa wamu nebirala. Neekyo ge makulu g'okwawula Katonda era ge makulu g'ekigambo ekigamba nti tewali asinzibwa okugyako Katonda, Mu Bakuraishi, Katonda yooyo asinzibwa neebyo ebyogeddawo kaabe, Malayika, Nabbi, Wali, muti, ntana, musambwa, tebategeera nti; Katonda ye mutonzi yaagabirira, yaatekerateekera nga bwekyogeddawo, Nabbi naatumwa nga abakowoola eri ekigambo kyo kwawula Katonda nti; teri asinzibwa okugyako Katonda, okwo ssaako okuteeka mu nkola ekigambo ekyo, so sikukyatula kwokka.

Abdu Nabbi; olinga agamba nti abagatta Katonda neebintu ebirala bali bamanyi amakulu ge kigambo teri asinzibwa okugyako Katonda okusinga abasiramu bangi abomulembe gwaffe guno.

Abdallah; Yee ekyo kyannaku naye nga kyekiriwo, mazima abakafiiri bamanyi nti ekigendererwa kya Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) ku kigambo ekyokwawula Katonda mu kusinza, nokuwakanya byonna ebisinzibwa ebitali Katonda, nokwawukanira ddala ku byo, mazima ye bweyagamba nti mugambe nti teri kisinzibwa okugyako Katonda baamuddamu nti; (*Afuula ba Katonda abangi*

Katonda omu ekyo kintu kyakyewunyo nnyo) awamu neekyo bakkiriza nti mazima Katonda yaalabirira ebitonde. Bwekiba nti Abakafiri be Makkah abatalina kyebamanyi baali bamanyi ekyo, ekyewunyisa abo abeeyita abasiramu tebamanyi makulu ga kigambo ekyo, Abakafiri be Makkah kyebaamanya, wabula balowooza nti kimala bumazi okwatula ennyukuta zekigambo ekyo nga omutima tegukakasizza kintu kyonna mu makulu gaakyo, nomugezi mu bo alowooza nti amakulu gaakyo nti teri atonda, teri agabirira teri alabirira bitonde okugyako Katonda tebaliimu kirungi kyonna abo abeeyita nti basiramu nga nabakafiiri be Makkah aba Kuraish abatalina kyebamanyi, beebaabasinga okumanya amakulu ge kigambo Lla Ilaaha Ilaa Llaahu teri kisinzibwa okugyako Katonda.

Abdu Nabbi; Naye nze sigatta ku Katonda kintu kirala kyonna, okwo gattako nti nkakasa teri atonda, teri agasa teri aleeta kabi okugyako Katonda yekka simugattako kintu kyonna ate mazima Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) naye kululwe talina buyinza kwetuusaako migaso oba akabi, kaakati kiba kitya kw'abo abali wansi we mu madaala nga Ali, Hussein, Abdul Kadir naabalala naye nze ndi mwonoonyi, naabalongoofu balina ebiteibwa eri Katonda, nze nsaba bampolereze olwebiteibwa byaabwe ewa Katonda.

Abdallah; Kankwanukule nebyo byennasoose okugamba nti mazima abo Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) beyalwaanyisa baali bakakasa ebyo byoyogedde era nga bakakasa nti amasanamu gaabwe tegalina buyinza bwonna, naye bagasaba okubawolereza eri Katonda kuba galena ebifo ebyenjawulo ewa Katonda. Era twaleese obujulizi mu Kur'ani kweekyo.

Abdu Nabbi; Naye aya ezo zakka kwaabo abasinza amasanamu? ofaananyiriza otya ba Nabbi n'abalongoofu nga amasanamu.

Abdallah; Twakiriziganyizza nti amasanamu gaatumibwa amannya g'abantu abalongoofu nga bwekyali ku mulembe gwa Nouh nti era abakafiiri ekigendererwa kyaabwe kyali kyakubawolereza eri Katonda olwokuba nti gakiteibwa gyali nobujulizi kweekyo kye kigambo kya Katonda (*N'abo abeterawo ba Katonda abalala, nebaleka Katonda omutuufu nga bekwasa nti tetubasinza okugyako akutusembeza eri Katonda*). Naye bwogamba nti muyinza mutya okufuula ba Nabbi ne ba Waliyyu ba Katonda amasanamu?, tubaddamu nti Abakafiiri abo Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) beyatumwamu mwalimu abaasabanga ba Waliyyu ba Katonda era beebo Katonda bayogerako nti; (*Abobebasaba nabo baagala okufuna ekibasembeza eri Katonda. Kati ani ali okumpi era nga asuubirwamu okusaasirakwe era nga batya ebibonerezo bya Mukamawo (Katonda) anti kuva dda bitibwa.*

Mubo mulimu abasaba Nabbi ISA (A.S.) ne maama we nga ate Katonda yagamba nti (*Mujjukire Katonda bwaligamba nti ggwe Issa Mutabani wa Mariam, ddala ggwe wagamba abantu nti munfuule nze ne Maama wange ba Katonda ababiri nga mulese Katonda*) mu bo mulimu abasaba ba Malayika Katonda agamba nti; *olunaku lwalibakugaanya bonna oluvannyuma agambe ba Malayika nti abo mmwe bebaali basinza*)

Fumitiriza nnyo ku Ayaa ezo Katonda yalagirira muzu nti abo abasinza amasanamu bakafiiri era n'abo abasinza abalongoofu, ba Nabbi ba Malayika ne ba Waliyyu ba Katonda nabo bakafiiri nga bali, era Katonda teyalaga njawulo

wakati waabwe nga ne Nabbi (*Sa-lal-laahu* *alaihii wa sa-lam*) yabalwanyisa.

Abdu Nabbi; Abakafiiri babaagalamu migaso, ate nze nkakasa nti mazima Katonda yaleeta emigaso era yaleeta ebizibu era yaalabirira obwetaavu bwange mwebyo mbwolekeza yye, abalongoofu mwebyo tebalinamu kakwate konna naye ekintwala gyebali kusuubira kumpolereza eri Katonda.

Abdallah; Ekyo kyogamba nabakafiiri ekyo kyennyini kyebogerera ddala nobujulizi kye kigambo kya Katonda (*Basinza ebitali Katonda tebibatuusaako buzibu wadde emigaso nga bagamba nti abo beebawolereza baffe eri Katonda*).

Abdu Nabbi; Naye nze sisinza okugyako Katonda, okubeesigamirako oba okubasaba okwo sikusinza.

Abdallah; Nkubuuza ekibuuzo abaffe okakasa nti Katonda yakulaalikako okutukuza omwoyo nga osinza yye yekka neekyo lye bbanja lyolina ku ye. Nga Katonda bwagamba nti (*Tebalagirwanga okugyako okusinza Katonda nga batukuza kululwe eddiini nga baawula Katonda mu bukakafu bwokumwawula nga tebasinza kirala ekitali Katonda*).

Abdu Nabbi; kituufu, ekyo Katonda yakindalikako.

Abdallah; Nange nkusaba onyonyole ekyo Katonda kyeyakulalikako nakyo kyekyo kutukuza okusinza obutagatta ku Katonda kintu kirala kyonna.

Abdu Nabbi; Sitegeera kiki kyotegeeza mu kibuuzo ekyo kinnyonnyole.

Abdallah; Mpuliriza bulungi nkunnyonnyole, Katonda yagamba nti (*Musabe nga bulijjo Katonda wammue nga mukkakanye nga muli mukyama, mazima ye tayagala balumbaganyi*) Abaffe okusaba kusinza Katonda oba nedda.

Abdu Nabbi; Ddala yensibuko yokusinza Katonda nga bwekiri mu Hadith: (*OKusaba kwe kusinza Katonda kwennyini*). **Abu Dauda.**

Abdallah; Bwoba nga ddala okakasizza nti kwo kusinza Katonda, ekiro neemisana obeera mubwetaavu noosaba Katonda ekiro neemisana mu kulya ne mukusuubira ate mu mbeera yobwetaavu obwo nosabiramu Nabbi oba Malayika oba omuntu omulongoofu ku kaburi, ye abaffe oba okoze Shiriki mu kusinza okwo?.

Abdu Nabbi; Ye mba nkoze Shiriki, ekyo kituufu era kyeyoleka.

Abdallah; Waliwo ebifaananyi ebirala singa oba otegedde ekigambo kya Katonda (*Sala kulwa Katonda wo era osale ebisolo nga saddaaka*) bwogondera ekiragiro ekyo okuva eri Katonda noosala ebisolo kululwe, abaffe oba osaze ebisolo ebyo kulwokusinza Katonda oba nedda.

Abdu Nabbi; kituufu kuba kusinza.

Abdallah; Ate singa oba osaze ebisolo olwe kitonde nga okusala olwa Nabbi oba ejjini oba olwebirala nga bigatta ku Katonda. Abaffe mu kusinza okwo oba ogasse ku Katonda ebirala ebitali Katonda.

Abdu Nabbi; Yye tewali kubuusabusa okwo kuba kugatta ku Katonda ebintu ebirala.

Abdallah; Nkubye ebifaananyi ku kusaba nookusala ebisolo, olwokuba nti mazima edduwa kyekimu ku kusinza okwebigambo, nokusala mazima kyekimu ku kusinza okwebikolwa ate era okusinza tekweyawulidde ebyo byokka kugazi okusinga kwebyo, mu kwo muyingiramu e naziri, okulayira, okusaba obukuumi, okusaba obuyambi nebirala, abagatta ku Katonda ebintu ebirala abo Kur'ani yakka nga baaliwo baali basinza ba Malayika, abantu

abalongoofu ne Llata nebirala ebitali ebyo.

Abdu Nabbi; Kituufu ekyo kyebaakolanga.

Abdallah; Abaffe okusinza kwabwe kwali mu kusaba, okusala ebisolo, okusaba obukuumi, okusaba obuyambi, nokutaasibwa naye nga bakakasa nti nabo baddu ba Katonda era bali wansi wa buyinza bwe, nti era Katonda yaatambuza byonna.

Naye okusaba kwaabyo nokwesigamira eri ebyo byebaasaba baakikola lwabitiibwa nokuwolerezewa nakyo kyeyoleka nnyo.

Abdu Nabbi; Owange gwe Abdallah owakanya okuwolereza kwo mubaka wa Katonda era okwesamba.

Abdallah; Nedda nze sikuwakanya era sikwesamba wabula kikakafu yaagenda okuwolereza era nsubira okuwolerezakwe, naye kwonna okuwolereza kwa Katonda agamba nti; (*Bagambe nti okuwolereza kwonna kwa Katonda*) era okuwolereza okwo tekugenda kubaawo okugyako oluvannyuma lwokukkiriza kwa Katonda, nga Katonda bweyagamba (*Tebajja kuwolereza muntu yenna okugyako Katonda gwaaliba asiimye*). Ate Katonda tasiima okugyako okumwawula yekka, nga era Katonda bwagamba (*Oyo yenna eyeeterawo eddiini etali busiramu tegenda kukkirizibwa okuva ku ye ate nga oyo agenda kubeera mubafaafaaganirwa ku lunaku lwe nkomerero*) Bwekuba nga okuwolereza kwonna kwa Katonda ate nga tekugenda kubeerawo okugyako nga amaze kukkiriza, Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) oba omulala yenna tagenda kuwolereza muntu yenna okugyako nga Katonda amaze kukkiriza ate nga Katonda tagenda kukkiriza okugyako abo abaamwawula. Oluvannyuma lwokweyoleka nti okuwolereza kwonna kwa Katonda nange kyenya nkusaba yye nga ngamba bwenti; (Ayi Katonda tonnyima okuwolereza kwo Ayi Katonda nkusaba omukkirize ampolereze).

Abdu Nabbi; Tukkiriziganyizza nti sikituuufu okusaba omuntu ekintu kyaatalina Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yaweebwa okuwolereza, olwokuba yakuweebwa aba akulina nolwekyo kituufu okumusaba ekyo era ekyo tekiba kugatta ku Katonda birala.

Abdallah; Yee ekyo kyogamba kituufu singa Katonda teyakikugaana. Katonda yagamba (*Temusaba nga mulala yenna nga mumugatta ku Katonda*) nookusaba okuwolerezewa kusinza. Katonda yeeyawa Nabbi okuwolereza ate nga yeeyakugaana okusaba omulala atali yye yekka nebwaaba ani, ate era okuwolereza kwaweebwa naabalala abatali Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*), kikakafu nti ba Malayika nabo baakuwolereza, nabaana abato neba waliyyu nabo baakuwolereza. Oyinza okugamba nti Katonda yabawa okuwolereza nolwekyo nkubasabe? Bwoba oyogera bwootyo oba ozzeeyo eri okusinza abantu abalongoofu abo Katonda baayogerako mu Kur'ani bwogamba nti nedda, ekigambo nti Katonda yaawa Nabbi okuwolereza nolwekyo okusaba oyo Katonda gweyakuwa kiba kikyamu.

Abdu Nabbi; Naye nze sigatta ku Katonda kintu kirala, nokwesigamira ku balongoofu tekuba kugatta ku Katonda bintu birala.

Abdallah; Okimanyi era nga okakasa nti Katonda yaziyiza Shiriki okusinga nga bwaziyiza obwenzi, era nga Katonda asonyiwa obwenzi naye nga Shiriki tagisonyiwa omuddu bwafa nga teyenenyezza!.

Abdu Nabbi; Ekyo nkikakasa era kyeeyoleka bulungi mu Kur’ani.

Abdallah; Kati gwe weggyako era weegaana Shiriki eyo Katonda gyeeyaziya nkulayirira Katonda oyinza gwe okumbuulira Shiriki kyeki ekyo kyotannabeeramu era nga okyegaana.

Abdu Nabbi; Shiriki kwe kusinza amasanamu okwolekera gyegali, okugasaba nookugatya.

Abdallah; Okusinza amasanamu kitegeezaki? gwe okakasa nti Aba Kuraishi abakafiiri baali bakkiriza nti ezo embaawo naamayinja bitonde bigabirira era byebirabirira ebitonde?

Baali bakkiriza bwebatyo nga bwenakugambye.

Abdu Nabbi; Nange sibwenzikiriza wabula omuntu agenda eri ekibajje oba ejjinja oba ekizimbe kuntaana oba ekirala kyonna naakisaba nakisalira neekisolo naagamba nti; Bino bitusembeza kumpi eri Katonda, Katonda atutaasa kulwemikisa gyaakyo, okwo kwekusinza amasanamu kyentegeeza.

Abdallah; Oyogedde mazima naye ate ebyo byennyini byemukola ku mayinja, kuntaana nebiralala, ate bwogamba nti Shiriki kitegeeza kusinza masanamu, kyotegeeza nti Shiriki yeeyawulidde abo abakola ebyo bokka. Okwesigamira abalongoofu nokubasaba tebiyingira mu kiyitibwa Shiriki?.

Abdu Nabbi; Yye ekyo kyentegeeza.

Abdallah; Bwekiba bwekityo, kiki kyogamba ku Ayaa ennyingi ezo Katonda mwaziirira okwesigamira ku ba Nabbi abalongoofu, ne Malayika nabalala, era nakafuwaza, neba Malayika naabalala era naakafuwaza abo abakola ekyo, nga bwenakubuulidde era ne nkulaga obujulizi ku kyo.

Abdu Nabbi; Naye abo abasaba ba Malayika neba Nabbi tebakafuwalanga lweekyo, naye ekya bakafuwaza byeebyo byeboogera nti; ba Malayika bawala ba Katonda, nti Issa mutabani wa Katonda, ffe tetugamba nti Abdul kadir mutabani wa Katonda nti oba Zainabu muwala wa Katonda.

Abdallah; Okuteeka omwana ku Katonda obwo bukafiiri bwa lwaatu; Katonda agamba nti; (*Bagambe nti Katonda ali omu, Katonda yeyeesigamirwako, tazaala era teyazaalibwa*) amakulu kitegeeza nti tewali amufaanana.

Ekyesigamirwako kitegeeza nti; Eyesigamirwa okumala ebyetaago buli yenna awakanya ekyo aba akaafuwadde nebwaba tawakanyizza enkomerero ye ssuula Katonda agamba nti; (*Katonda teyeeterangawo mwana, tewabangayo mulala gwe yagatta naye mu bwa Katonda, singa kyali bwekityo buli Katonda yanditutte ebyo byeyatonda abamu bandyesukkulumizza ku balala*) mweekyo Katonda yayawula wakati wobukafiiri obubiri nobujulizi kweekyo, abo abakafuwala olwokusaba Llata nokuba nti yali muntu mulongoofu tebaamuyitanga mwana wa Katonda, kyekimu naabo abakafuwala olwokusinza amajinni nabo tebaagayitanga baana ba Katonda. Mu bitabo ebya mateeka goobusiramumu ebya ba Mazihibu ana bonna bawandiika mu kitundu (Okulamulwa kwa Murutadi) omusiramumu bwamala naagamba nti Katonda alina omwana aba avudde mu busiramumu (afuuse murutadi) ate omuntu bwagatta ku Katonda ekirala kyonna naye aba murutadi baayawula wakati wengeri zombi.

Abdu Nabbi; Naye ate Katonda agamba nti; (*Mazima nti ba waliyyu ba Katonda tebagenda kuba nakutya era tebagenda kunakuwala*).

Abdallah; Naffe tukkiriza nti ago mazima era naffe kyetugamba, wabula

tebasinzibwa naffe tetulina kyetuwakanya okugyako tuwakanya okubasinza nookubagatta ku Katonda. Ekikukakatako kuba kubaagala nookubagoberera nookukakasa ebyamagero Katonda byeyabawa teri awakanya byamagero bya ba waliyyu okugyako abagunjaawo ebintu mu ddiini.

Obusiramu ddiini ya Katonda yeeyo mu makkati ku njuyi zombi eziyitawo ennyo, bwebulungamu wakati woobubuze bwombi era geemazima wakati woobukyamu.

Abdu Nabbi; Abo Kur'ani beyakkamu bo tebakkiriza nti tewali kisinziwa okugyako Katonda era balimbisa omubaka wa Katonda era bawakanya okuzuukira, balimbisa Kur'ani era bagiyita ddogo. Ffe tukkiriza nti tewali kisinziwa mu butuufu okugyako Katonda ne Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) Mubaka wa Katonda, tukkiriza mu Kur'ani era tukkiririza mu lunaku lwe nkomerero nokuzuukira, tusaala era tusiiba, oyinza otya okutugeraageranya naabo.

Abdallah; Naye abamanyi bonna bagamba awatali kweyawulamu nti omuntu bwakkiriza Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) mu kintu kyonna ate naamala naamulimbisa mu kintu ekirala aba Mukafiiri atannayingira mu bisiramu, bwekityo era bwakkiriza ebimu mu bitundu bya Kur'ani naawakanya ebimu mu yo, nga omuntu bwanakkiriza okwawula Katonda nokusala nasaala, naye ate naawakanya okulaalikibwa kwa zakka oba ebyo byonna nabikkiriza naye naawakanya okusiiba oba byonna naabikkiriza nga nokusiiba mwokutwalidde naye naawakanya Hijja, ku mulembe gwa Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) abantu abamu bwebagaana okukkiriza Hijja Katonda yassa Ayaa egamba nti: (*Katonda akakasa ku bantu bonna okukola Hijja nga kino kikakafu eri omuntu asobola ekkubo erituuka eri ennyumba ya Katonda (Kaaba), nomuntu awakanya obukakafu bwa Hijja mazima amanye nti Katonda mugagga si mwetaavu eri bitonde bye*). Omuntu bwawakanya okuzuukira aba akafuwadde, abasiramu bonna beegatta kweekyo awatali kwawukanamu.

Katonda yakitangaaza mu kitabo kye Kur'ani nti omuntu bwakkirizaako ebimu naawakanya ebirala aba Mukafiiri, era yalagira nti obusiramu bulina okutwaliba bwonna mu bujuvu, omuntu bwatwaalako ebimu naaleka ebirala aba akafuwadde, naawe ddala okakasa nti omuntu bwakkirizaako ebimu naawakanya ebirala aba akafuwadde?

Abdu Nabbi; Ekyo nkikakasizza ddala ate era kyeyolefu bulungi mu Kur'ani eyeekitiibwa.

Abdallah; Bwoba nga okakasa nti omuntu bwakkiriza Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) mu kintu kyonna ate naawakanya okulaalikibwa kwe Sswala oba nakkiriza byonna okugyako okuzuukira aba Mazihibu gonna bakakasa nti aba Mukafiiri, ate nga Kur'ani yakyogerako nga bwekyayogeddwaako.

Manya nti okwawula Katonda kyekyalaalikibwa ekisinga obukulu mwebyo byonna Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) byeyatumwa nabyo.

Obukulu bwaakyo businga e Sswala, Zakka ne Hijja, okiraba otya nga omuntu bwawakanya ekimu kweebyo akaafuwala nebwakola byonna Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) byeyatumwa nabyo ate nga mundaba yo bwawakanya okwawula Katonda nga ate nayo ye ddiini ya babaka bonna ye takafuwala! Subuhaana Llaahi (Ayawulwa Katonda)! obutamanya obwekika kino nga bwewunyisa nnyo!

Era nkusaba ofumitirize ku ba Swahaba ba Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) awo webalwanyisiza ba Bani Haniifa e yamama, nga ate baasiramuka ne bakkiriza

ne Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) omubaka wa Katonda nga basaala era nga baziina okukowoola abasiramu okusaala.

Abdu Nabbi; Ekyaleetera okubalwanyisa ku ba bo bakakasa nti Musailimah Nabbi ate ffe tugamba nti oluvannyuma lwa Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) teri Nabbi mulala yenna.

Abdallah; Naye ate mmwe muteeka abamu mu ba Nabbi, ba Malayika, ba Swahaba, n'abalala ku ddaala lya Katonda, kikakafu mmwe musinga obubi, nabwekityo kababe abo Ali (*Radi Allahu anhu*) beyayokya noomuliro, bonna baali beeyita basiramu, nabo nga banne ba Ali, gattako okuba nga basoma ku ba Swahaba, naye nga enzikiriza yaabwe ku Ali eringa mwe bwemukkiriza Abdul Kadir naabalala, tolaba nti ba Swahaba beegatta nebassa kimu ekyokubalwanyisa nokubayita abakafiiri, olowooza ba Swahaba bayinza okukafuwaza abasiramu? oba okukkiririza mu mukulu yenna nga kyo sikibi ate nekiba nga ate okukkiririza mu Ali kyo kikafuwaza?.

Nesonga endala bwekiba nti abaakulemba ekyabakafuwaza kugatta wakati wa Shiriki nokulimbisa Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) ne Kur'ani, okuwakanya okuzuukira n'ebirala ebitali ebyo oyogeraki kweebyo abamanyi byebaayogera mu buli Mazihibu ku kulumulwa muntu aba akyuse okuva mu busiramu (Murutadi) nakyo nga ye muntu eyayingira obusiramu ate naabuvaamu, kweekyo baayogera ebintu bingi buli kimu kubyayogera oli bwakikola kimugya mu busiramu okutuusa ate lwebaayogera ebimu ku bintu ebirabika nga bitono naye nga bwaaba akoze ekimu ku byo kimugya mu busiramu, nga oli okwogera ekigambo n'olulimi naye nga takikakasa mu mutima gwe naye ate nga kinyiiza Katonda, ekigambo ekyo ayinza okukyogera nga asaaga oba nga azannya, okwo gattako Aya eno Katonda mwagambira nti; (*Bagambe nti mmwe mujeeja Katonda, ebyamagero bye nomubaka we, temweetonda mukaafuwadde oluvannyuma lwobukkiriza bwammwe*).

Abo Katonda yaboogerako nti baakafuwala oluvannyuma lwokukkiriza baali wamu n'omubaka we Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) mu lutabaalo lwe Tabuki baayogera ekigambo, bo kyebatwala nti baakyogera mu ngeri yaakusaaga.

Ekirala kyekyo Katonda ky'atutegeeza ekikwata ku baana ba Israil nti awamu nobusiramu bwaabwe nokumanya kwabwe, nobulongoofu bwabwe, baagamba Nabbi Musa nti: (*Ayi Katonda naffe tuteerewo ba katonda nga nabali bwebalina ba katonda*). Nekigambo kyabamu ku ba Swahaba ba Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) nti tuteerewo omuti ogw'omukisa kwetunaawanika ebyokulwanyisa byaffe, nga nabo bwebalina omuti ogw'omukisa. Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) mukuddamu yalayira n'agamba nti ekyo kifaananako nekigambo kya baana ba Israil bwebaagamba nti (*Naffe ayi Katonda tuteerewo ba katonda, nga nabo bwebalina ba katonda*).

Abdu Nabbi; Naye ate abaana ba Israil n'abo abaasaba Nabbi (A.S.) okubateerawo omuti gwebafunako omukisa nga ba waniseeko ebyokulwanyisa byaabwe ekyo tekyabakafuwaza.

Abdallah; Okwanukulwa abaana ba Israil nabo abasaba Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) tebateeka mu nkola singa baakola ekyo nebateeka mu nkola bandikafuwadde, abo Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) beyagaana singa tebaamugondera nga baamala nebagenda mumaaso nebateekawo omuti gwokuwanikako ebyokulwanyisa

byaabwe bandikaafuwadde.

Abdu Nabbi; naye nina ekizibu ekirala kweebyo ebikwata kukyafaayo kya Usaama Mutabani wa Zaid bweyatta omuntu mu lutalo eyagamba nti teri asinzibwa yenna mu butuufu bwo kusinzibwa okugyako Katonda, nookuba nti Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yamunenya olwekikolwa ekyo bweyamugamba nti *owange Usaama omusse oluvannyuma lwokwatula ekigambo nti teri asinzibwa mubutuufu bwokusinza okugyako Katonda.* **Bukhari.**

Awamu nekigambo kya Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nti *(Nalagirwa okulwanyisa abantu okutuusa nga bagambye nti teri asinzibwa mubutuufu okugyako Katonda)* **Muslim.**

Butya bwogatta ebyo byogambye ne Hadith za Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) **ebbiri, ndagirira Katonda akulungamye.**

Abdallah; Kimanyiddwa bulungi nti Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yalwanyisa abayudaya awamu nokuba nga baali bagamba nti; teri asinzibwa mubutuufu okugyako Katonda ate era ba Swahaba ba Nabbi balwanyisa ba Bani Haniifa nga nabo bakakasa nti teri asinzibwa mubutuufu okugyako Katonda ne Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) mubaka we era nga basaala, naabo Ali beyayokya, era naawe okakasa nti omuntu bwawakanya okuzuukira aba akafuwadde era kikkirizibwa okumutta nebwaba agamba nti teri asinzibwa okugyako Katonda, nooyo yenna awakanya ekintu kyonna mu mpagi z'obusiramu aba akafuwadde era kikkirizibwa okumutta. Nebwaba ayogera ekigambo ekyo, oba nga awakanya ekintu kyonna ekibalibwa nti kya mu matabi ga ddiini ekigambo ekyo tekimugasa butya bwawakanya okwawula Katonda nga nakyo kyekikolo kye ddiini era gwemutwe gwayo, oba olyawo tewategedde makulu matuufu ga Hadith ezo.

Ku Hadith ya Usaama, ye Usaama yatta omuntu eyeeyita omusiramu kuba ye Usaama yalooza nti omusajja teyayogera kigambo ekyo okugyako olw'okutya okuttibwa ne mmaali ye okutwalibwa. Omuntu alaga obusiramu atekwa okukuumibwa okugyako nga waliwo ekyeyolese ekyawukana neekyo ky'ayolesezza. Katonda agamba nti; *(Abange mmwe abakkiriza bwemuba nga mutambudde mu nsi nga muli mu kkubo lya Katonda munonyereze mu bujuvu temugambanga oyo abatoolede salaamu (Ekiramuso ekyemirembe) nti toli mukkiriza nga mwagala okufuna ebirungi bye nsi, ewa Katonda we wali ebyokufuna ebingi, nammwe bwemutyo bwemwali okusooka Katonda naabawa ekyengera kyobusiramu, n'olwekyo munoonyereze mazima Katonda amanyi ebyo byonna byemukola).* Amakulu nti mwetegereze, Aya eraga nti omuntu ayolesezza obusiramu oluvannyuma bwekyeyoleka mu ye ekyawukana kwekyo olwo attibwa. Hadith eyokubiri; amakulu gaayo geego getwogedde nti oyo ayolesa okwawula Katonda nobusiramu tteeka okumukuuma, okugyako ng'oluvannyuma weyolesewo ekirala ekikontana nekyo. Nobujulizi kwekyo kye kigambo kya Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) *(Nti wamusse nga amaze okwatula nti teri asinzibwa mubutuufu okugyako Katonda)* **Muslim.** Era ayogera kuba Khawariji *(Wonna wemuba mubanze mubatte)* **Bukhari.**

Ate nga bo ba Khawariji bebaasinga nga abantu abalala okusinza katonda n'okumutukuza, nekibeera nga ne ba Swahaba baali benyooma nga balabye ku kusinza kwaabo, nga ate nabo okumanya bakuyiga ku ba Swahaba.

Tekyabagasa okuba nti boogera Laa Ilaaha Illa Llahu wadde okusinza ennyo, wadde okweyita nti basiramu tekyabaggyako kuttibwa bwekyeyoleka ku bo

nti baawukana ku mateeka g'obusiramu.

Abdu Nabbi; Ki kyogamba kwekyo ekyakakasibwa nti kyayogerwa Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) nti abantu ku lunaku lwe nkomerero balisaba okuyambibwa Adamu oluvannyuma Nuhu oluvannyuma Ibrahim oluvannyuma Musa oluvannyuma Isa bonna abo nga betonda okutuusa lwebalituuka ku Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) ekyo kiraga nti okusaba obuyambi kwatali Katonda teba Shiriki.

Abdallah; Ensonga zino zikutabuseeko, kuba okusaba obuyambi ngobusaba ekitonde ekiramu ekiriwo kwekyo kyekirinako obusobozi ekyo kikkirizibwa. Nga Katonda bwagamba nti; (*Namusaba obuyambi oyo owomubantu be amutaase ku mulabe we*) Nga omuntu bwanasaba obuyambi okuva eri banne mu lutalo nebintu ebirala kwebyo byebalinako obusobozi. Ffe kyetuwakanya be bantu okusaba obuyambi ku ntaana z'aba waliyyu, oba nga tebaliwo nga basaba ebyo byebatalinako busobozi okugyako Katonda. Abantu bagenda okusaba obuyambi ku lunaku lwe nkomerero nga kyebaagala ba Nabbi basabe Katonda alamule abantu. Bo ab'o mu jjana bawone entiisa eriba mu kiseera ekyo, ekyo kikkirizibwa ku nsi ne ku lunaku lwe nkomerero kiringa bwonogenda eri omuntu omulongoofu notuula naye nowulira byagamba oluvannyuma nomugamba nti; Nsabira Katonda nga ba Swahaba ba Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) bwebamusabanga mu bulamu bwe naye oluvannyuma lwokufakwe tebaddayo kumusaba ng'ali mu ntaana ye, wabula abayivu bawakanya abo abasaba Katonda nga basabira ku Kaburi.

Abdu Nabbi; Ki kyogamba ku kyafayo kya Ibrahim bweyasulibwa mu muliro Malayika Jiburilu bweyamutuukirira nga kyali mu bbanga nemugamba nti olina obwetaavu Ibrahim naddamu nti ku gwe sirina kyennetaaga, singa kyaali nti okusaba Jiburilu obuyambi Shiriki, Jiburilu teyandikigambye Ibrahim.

Abdallah; Kino kirimu okubuzaabuza nga okwasoose naye ate nakyo ekyogerwa sikituufu, kale katugambe nti kituufu Jiburilu kyeyagamba Ibrahim yali akirinako obusobozi. Katonda agamba mu Kur'ani ku Jiburilu nti; (*Muhammad yasomesebwa Kur'ani agimusomesa yooyo owamaanyi ennyo (Jiburilu)*). Singa Katonda yakkiriza Jiburilu okugyawo omuliro nebyo ebyotoolddewo ne nsozi abikanyuge ebuwanjuba oba ebugwanjuba, yandikikoze. Ekyo kifanagana nga omuntu omugagga bwagamba okuwola ssente omuntu ali mu bwetaavu akole ku byetaagobye, nagaana nagumikiriza okutuusa Katonda lwamuwa eriziki etaliko muntu yenna agamba nti yamugye mu kizibu. Kino toyinza kukigerageranya n'ebyo byemukola kati ebyo kusaba ebitonde ne Shiriki.

Era njagala omany e nti ddala abo Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) beyatumwamu abaasooka Shiriki gyebakola nga yali ntono singa ogigerageranyizza ne Shiriki ya b'omulembe guno lwa nsonga ssatu;

❖ Abo abaasooka baali tebagatta ku Katonda kintu kirala (Shirik) okugyako nga bali mu mirembe naye bwebabeeranga mu buzibu olwonno nga batukuza eddiini yaabwe ku lwa Katonda. N'obujulizi kwekyo kyekigambo kya Katonda (*Bwebaba balinye eryato basaba Katonda nga batukuza eddiini ku lulwe (Katonda yekka) bwabataasa nebatuuka ku lukalu baddayo mu Shirik waabwe*). Nekigambo kya Katonda ekigamba nti; (*bwebaba mu nyanja*) amayengo negababikka ng'ebire, basaba Katonda nga batukuza eddiini ku lulwe naye bwabataasa nebatuuka ku lukalu mu bo mulimu abatuukiriza nebeebaza Katonda,

teri awakanya bubonero bwaffe okugyako owenkwe atasiima byengera byaffe).

Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) abo beyalwanyisa abaagatta ku Katonda ebintu ebirala baali basaba Katonda nga basaba nebintu ebirala ebitali Katonda nga bali mu mirembe naye bwebaaberanga mu buzibu baasabanga Katonda omu yekka, nga beerabira bakama baabwe, naye abagatta ku Katonda ebirala abomulembe guno bo basaba atali Katonda kyekimu bali mu mirembe oba mu buzibu. Omu mu bo bwafuna ekizibu akowoola ng'asaba nti; owange omubaka wa Katonda, owange Hussein, n'abalala kati bani abayinza okutegeera ekyo.

❖ Mazima bo abedda baali bagatta ku Katonda mu kusaba nga basaba abo abaali okumpi nabo, ayinza okuba Nabbi, waliyyu, malayika oluusi nga asaba e jinja, oba omuti nga nabyo bigondera Katonda tebimujeemera, bo abantu bomulembe gwaffe bagatta ku Katonda mu kusaba nebasaba abo abasinga obubi mu bantu. Oyo akkiririza mu muntu omulongoofu nakkiririza ne mwebyo ebitajeemera Katonda nga amayinja nemiti oyo ye kale kaleko okusinga kwoyo gwebweyolekako obukyamu, n'obwonoonofu.

❖ Abaagattanga ku Katonda ku mulembe gwa Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) abasinga mu bo Shirik yaabwe yaberanga ku kugatta Katonda okuba nti yekka yasinzibwa. So ssi mu buyinza nobufuzi nokuba nti yekka ye mulezi webitonde, naye ate abomulembe guno bakola Shirik mu byombi. Mu buyinza bwe, mu kulabirira ebitonde ne mu kuba nti yekka Katonda yateekwa okusinzibwa ekyokugeza bagamba nti obutonde (Nature) yeekola ku bitonde kakube kuwa bulamu oba kufa nebirala.

Njagala okumaliriza ebigambo byange bino nga njogera ku nsonga enkulu ejjibwa mu byogeddwa waggulu, nayo kwekuba nti tewali njawukana mu kuba nti owawula Katonda kuteekwa kuba nakukakasa kwa mutima, nakwatuka kwa lulimi, nakukozesa biyungo emirimu egyetaagisa mu kutuukiriza okwawula Katonda. Bwewabulawo ekimu kwebyo, omuntu taba musiramu. Singa omuntu amanya okwawula Katonda, naye natakikolerako aba mukafiiri awalaaza empaka, ekyokulabirako Firawo ne Sitane. Abantu bangi basobya mwekyo nga bagamba nti go ago mazima naye tetusobola kugassa mu nkola era enkola eyo tesaanira bantu bam u kitundu kyewaffe n'abantu betuwangaala nabo ate nga tuteekwa okukolagana n'okukkaanya nabo olw'okwewa akabi akayinza okubavaamu. Bambi abogera ebyo nebatamanya nti abasinga obungi mu bakulembeze ba bakafiiri bamanya amazima naye nebagaleka olwokweterawo ebisoniyiisa ebitaliimu makulu, nga Katonda bwagamba nti: (*Ebigambo bya Katonda baabiwanyisaamu omuwendo omutono, nebagaana abantu okujja eri ekkubolye, mazima bbo bibi nnyo ebyo byebaakolanga*).

Ate omuntu akola Tauheed ng'assa mu bikolwa naye nga tamanyi kyekitegeeza era nga ne mu mutimagwe munda takikkiriza, oyo aba munanfusi era yemubi okusinga omukafiiri omweyolefu, anti Katonda agamba: (*Abananfusi balibeera mu muko ogukomererayo ddala wansi mu muliro era togenda kubafunira mutaasa*).

Ensonga eno osobola okukitegeera obulungi singa ogyetegerereza ddala mu njogera z'abantu, olwonno osobola okulaba omuntu amanya amazima nagaana okugakolerako olwokutya okufiirwa ebyo byalina ku nsi nga Kaaruna, oba olwokutya okufiirwa ekitiibwa nga Haamana, oba olwokutya okufiirwa obufuzi nga Firawo. Ate nolaba oyo agikolereako ku ngulu so nga

munda teriimu nga abananfusi, singa omubuuza kiki ddala ekiri mu muyimagwe, oghenda okulaba nga takimanyi.

Wabula kikukakatako okumanya Ayaa bbiri zino mu Kur’ani

Ayaa esooka: yeeyo eyakulembedde, Katonda bwagamba nti: (*Temwetonda mwakafuwala olwannyuma lwobukkiriza bwammwe*) kimanyiddwa nti abamu mwabo abaalumba abaroma nga bali ne Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) baakafuwala olwekigambo kyebaayogera mu ngeri yokuzannya nokusaaga, ate kinnyonyofu gyoli nti oyo ayogera ekigambo ekikaafuwaza oba akikolerako olwokutya sente okumukendeerako oba ekitiibwa, olwonno naakola kusanyusa nakusiimisa bantu, owengeri eno yaasinga obubi okusinga oyo asaaga kuba bulijjo asaaga omutimagwe guba tegukakasa olulimi byelwogera kuba ekigendererwakye kuba kusesa bantu. Naye oyo ayogera ebigambo byobukafiiri oba abikolerako olwokutya, oba okwagala okufuna okuva eri Katonda aba akakasa Sitane byelagaanyisa Katonda agamba: (*Sitane ebalaganyisa bwaavu era ebalagira kukola byabuwemu*) era aba atidde okutiisa kwaayo (*Abange yo Sitane etiisa banne baayo*). Ate aba takakasizza ndagaano y’a Katonda omusaasizi, Katonda agamba nti: (*Katonda abalaganyisa okusonyiwa okuva gyali nebirungi ebingi*) era aba tatidde kutiisa kwa Katonda bweyagamba; (*Temubatya (Sitane ne banne) muntye bwemuba ddala nga muli bakkiriza*). Abaffe omuntu afaanana bwatyo asaanira okuba mu mikwano gya Katonda oba aba mu mikwano gya Sitane!.

Ayaa eyookubiri Katonda agamba nti: (*Oyo awakanya Katonda olwannyuma lwokukirizakwe, okugyako oyo gwebakase naye nga omutimagwe mutebenkevu mu bukkiriza*).

Naye oyo aggulawo ekifubakye eri obukafiiri abo nno balitukwako obusungu okuva eri Katonda era balitukwako ebibonerezo ebikakali). Katonda talina gwaliddiramumu kwabo okugyako oyo akakiddwa awamu nokuba nti omutima gwe gujjudde obukkiriza naye abatali oyo baba bakafiiri, kyekimu bakikoze lwa kutya oba lwamululu gwakufuna oba kusiimya bannabwe, lwakwagala nsi yaabwe nabantu baabwe, oba lwa kwagala mmaali kakibe nti akikoze abadde asaaga oba lwakirala kyonna okugyako oyo gwebakase.

Aya eraga nti omuntu tayinza kukakibwa okugyako okwogera nokukola, ekitasoboka kwekukakibwa ku bukkiriza obuli ku mutima. kyo ekigambo kya Katonda ekigamba nti: (*Ekyo kiri bwekityo lwakuba nti baakulembeza mu kwagala obulamu obwensi okusinga obulamu bwenkomerero era nti mazima Katonda talungamya bantu bakafiiri*). Wano Katonda akiraga lwatu nti ebibonerezo byabwe tebyali lwansonga yanzikiriza nabukyayi nabutaagala ddiini oba kwagala bukafiiri, naye mazima ddala ekyaleeta ebibonerezo lwakuba nti alina ekitundu ku migabo gyensi nagisukkulumya ku ddiini.

Olvannyuma lwebyo byonna abaffe ekiseerakyo ekyokwenenya tekituuse? Oba nga odda eri Mukama omulabiriziwo, era oleke ebyo byoliko? Mazima nawe nga bwowulidde ensonga eno yamutawaana, nkulu ate nga nzito.

Abdu Nabbi: Nsaba Katonda ansonyiwe era mwenenyeza, era nkakasa nti teri kyesinzibwa mu butuufu okugyako Katonda era mpakanyiza ddala ebyo byembadde nsinza ebitali Katonda. Nsaba Katonda anziriremu nga ansonyiwa ebyo ebyayita era ankwate nakisa nga ansaasira era ankoleko nabukwata mpolabwe nokusonyiwakwe, okusasira kwe era anyweereze ku kwawula Katonda

omu nenzikiriza entuufu okutuusa lwendimusisinkana.

Muganda wange Abdallah, nsaba Katonda akusasule empeera ennungi olwokumbulirira obulungi, eddiini kitegeza kubuulirigana nokuba nti owakanya byonna ebitamwa byennabaddeko nokuwakanya erinnya lyange erya Abdu Nabbi, era wano wenkutegeereza nti erinnya kati ndikyusizza kati nze **Abdu Rahman**, era nkwebaza olwokuwakanya ebyo byembadde nzikirizamu ebyo bubuze, singa nasisinkana Katonda nga nkyali kwebyo sandyesiimide ddala obugenderevu, ekisembyayo nkusaba ombulire ebimu ku bintu ebikyamu abantu byebatera okusobya.

Abdallah; kale kati mpuliriza.

★ Wewalirenga ddala okugoberera ebyo byebaayawukanamu nga ekigendererwa kubivuunula ngosinziira ku kwagalakwo nokuleeta fitina nga mu butuufu teri amanyi nzivuunula yaabyo okugyako Katonda. Mu mbeera eyo bulijjo weeyise nga abakugu mu kumanya, bo bagamba mwebyo ebitegerekeka (**Tubikkirizza, byonna biva eri omulezi waffe**).

Ate kwebyo byebayawukanamu beera nga abo abagoberera ebigambo bya Nabbi (^{Sal-lal-laahu} *alaih wa sal-lam*) (*Bulijjo lekayo ebyo byobusabusa odde kwebyo ebitalimu kubusabusa*) **Ahmad ne Tirimidhi.**

(*Mazima oyo atya ebibusibwabusiwa aba atukuzza eddiini ye nekitibwa kye, nooyo akola ebirimu okubusabuusa aba agudde mu Haramu*). **Bukhari ne Muslim.**

Era Nabbi (^{Sal-lal-laahu} *alaih wa sal-lam*) yagamba nti: (*Ekyonoono: kyekyo ekitawaanya omutima era nga toyagala bantu kukiraba*) **Muslim.**

Era Nabbi (^{Sal-lal-laahu} *alaih wa sal-lam*) yagamba nti: (*Buuzza omutima era webuuzze gwe wennyini emirundi esatu, ekirungi kyekyo omutima kyegutebenkerako, nekyonoono kyekyo ekitawaanya omutimagwo ne kiddingana mu kifuba nebwekiba nti abantu bebakusaliddewo*). **Ahmad.**

- Wewalenga okugoberera obwagazi bwomwoyo ekyo Katonda yakyekesa abantu, Katonda agamba (*Olabye oyo afuula obwagazi bwe nga ye Katonda we*).

- Wewalenga okubeera nalukalala nolemera ku bya bantu nebirowoozo kwebyo abazadde byebaaliko kuba obwanalukalala buteeka emisanvu wakati womuntu, amazima geego omukkiriza ganoonya, wonna wagasanga yaba omutuufu okuba nyinigo. Katonda agamba nti; (*Bwebaba bagambiddwa mugoberere ebyo Katonda byeyassa baddamu nti tugoberera ebyo byetwasanga bakadde baffe baliko nebwekiba nti bakadde baabwe tebalina kyebategeera era tebaali kubulungamu*).

- Wewalenga okwefaananyiriza abakafiiri kuba ekyo gwemutwe gwabuli kibi kuba Nabbi (^{Sal-lal-laahu} *alaih wa sal-lam*) agamba nti; (*Buli yenna eyefaananyiriza ekibiina kya bantu abeera wa mubo*). **Abu Dauda.**

- Wewalenga okwesigamira ku birala byonna atali Katonda omu yekka Katonda agamba (*Yenna eyesigamira Katonda amumalira*).

Togonderanga kitonde kyonna n'ogyemera Katonda Nabbi (^{Sal-lal-laahu} *alaih wa sal-lam*) yagamba nti; (*Teri kugondera kitonde mukugyemera Katonda*) **Tirimidhi.**

- Wewalenga okuba nendowooza embi ku Katonda Katonda agamba mu hadith entukuvu (*Nze ndi wamu nomuddu wange kyandowoozeza*). **Bukhari ne Muslim.**

- Wewalenga okwambala ekikomo oba akawuzi nebifaanana ebyo ngekigendererwa butatukibwako mabalayi oba ebizibu nga tebinnaggawo oba biveewo nga

bibadde biguddewo.

• Wewalenga okwambala Yirizi olwokugyawo obuzibu obwa maaso amabi kuba ekyo Shiriki Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) agamba (*Buli eyesiba ekintu kyonna kimulekerwa*).

Tirimidhi.

• Wewale okunonya emikisa okuva mu mayinja, emiti, nebibajje, nebizimbe ekyo nakyö Shiriki.

• Wewale okukkiriza nokukoleranga ku kweraguza nokulowooleza okufuna akabi. Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Okwelaguza Shiriki, yakiddingana emirundi esatu*). **Abu Dauda.**

• Wewale okukasanga abalogo naabo abalagula nga bakolera ku munyenye abo abeeyita nti bamanyi ebikusike ebitalabika, ngabalaga nebyobulaguzi mu mpapula za mawulire, era nga bakkiririza nti obulungi nobubi bisinziira kwebyo, nokubakkiririzamu kibalibwa mu Shiriki kuba teri amanyi bikusike oba ebirabika okugyako Katonda.

• Wewale okwesigamiza okutonnya kw'enkuba ku munyenye oba ebiseera (seasons) nekyo Shiriki Katonda yaatonnyesa enkuba.

• Wewale okulayira ekitali Katonda nakyonna ekiba kirayiddwa ekyo kikyamu kuba nakyö Shiriki, Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) agamba nti; (*Yenna alayira nga talayidde Katonda aba akafuwadde oba aba agasse ku Katonda ekintu ekirala*) **Ahmad** ngalayira Nabbi oba obwesigwa, ekitiibwa, obukuumi oba obulamu.

• Wewale okuvuma omwaka, empewo, enjuba, obunnyogovu oba ebbugumu, okwo kuba kuvuma Katonda eyabitonda.

• Wewale okugamba nti; (Singa) bwoba nga otuuse ku kizibu ekyo kiggulawo emiryango gya Sitane, kuba kuwakanya kugera kwa Katonda wabula gamba nti; ekyo Katonda kyageze kyayagala kyakola.

• Wewale okufuula Kaburi emizigiti kuba omuzigiti oguli mu Kaburi tegusaalirwamu. Hadith eyogerwa Aisha (*Radi Allahu anhu*) agamba nti; Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) bweyali ali kumpi kufa yagamba nti; (*Katonda akolimire abayudaya na banaswara bafuula entaana za ba Nabbi baabwe emizigiti*), **Bukhari.** era Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Mazima abo ababasoka baali bafuula entaana za ba Nabbi baabwe nabalongoofu mu bo emizigiti nze mbagaanira ddala okukola ekyo*).

• Wewale okubuzibwabuzibwa n'ebigambo abalimba byebagunjawo nebabiteeka ku Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) bo nga babiyita Hadith entuufu naddala ebyokusaba ngoyita mu ye oba mu balongoofu mu kibiina kye ezo Hadith bwezityo ngunjewo balimbisa Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) nga (Muyite nga mu kitiibwa kyange nga musaba kuba ekitiibwa kyange kinene). (Bweziba ensonga zibakaluubiridde muyite nga musaba kwabo abali mu ntana) nebirala nti: (Katonda ateeka Malayika ku buli ntaana yomulongoofu olwokumala ebyataago bya bantu) nebirala nti; (Singa omu mummwe alongoosa ebirowoozo bye ku jinja lyandimugasizza) nebibifaanana bwebityo bingi.

• Wewale okukuza ebityibwa nti mikolo gyaddiini okugeza nga amazaalibwa ga Nabbi, okugenda kwa Nabbi e Baitul Makadisi nokulinnyisibwa kwe mu ggulu nebirala, nabyo bigunje tebirina ndagiriro okuva ku Mubaka (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) wadde ba Swahaba be abo abaayagala ennyo Nabbi okutusinga era nga baluubirira okukola ebirungi okusinga ffe, singa mwebyo mwalimu obulungi bebandibadde abasaale okubikola.

OKUKAKASA NTI TEWALI KISINZIBWA OKUGYAKO KATONDA (LAA ILAAHA ILAA LLAHU)

Ekgambo ekyo kirimu empagi bbiri;

1. Esooka: (Teri kisinziwa mu butuufu bwa kusinziwa) nekyo kwekujjira ddala ebyokusinza ebituufu ku atali Katonda.

2. Eyokubiri: Kwekukakasa nti Katonda yekka ye mutuufu okusinziwa, nakyo kwe kukakasa okusinza okutuufu nti kwa Katonda, Katonda agamba ku Ibrahim nti; (**Jukira Ibrahim weyagambira kitaawe nabantu be nze njawukanira ddala kweebyo byemusinza okugyako nsinza oyo eyantonda kuba yye yannungamy**).

Okusinza Katonda yekka tekimala, ekimala kwekuba nti omusinza yekka omu, ekiyitibwa okwawula Katonda tekutuukirira okugyako nga ogasse okwawula Katonda nokuba nti omu yekka, nokwawukanira ddala ku Shiriki nabo abagiriko kyayogerwa abatukulemba nti; (**La Ilaaha Ilaa Laahu**) kyekisumuluzo kye Jjana Abaffe buli yenna akyogera atekwa okugulirwawo ejjana. Wahab bin Murabih yabuzibwa nti abaffe ekgambo Laailaaha Ilaa Llahu si kyekisumuluzo kye jjana? Yaddamu nti kituufu naye tewali kisumuluzo okugyako nga kirina amanyo, bwolijja nekisumuluzo nga kiriko amanyo gaakyo ogenda kuggulirwawo bwakitaba bwekityo togenda kuggulirwawo.

Hadith nyingi zagyibwa ku mukama waffe Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) nga zinnyonnyola mu bujjuvu bwaazo amanyo gekisumuluzo ekyo. Nga ekgambo kya Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) nti; (*Omuntu bwayogera nti "Laa Ilaaha Ilaa Laahu" ng'atukuliza ddala omutima gwe*). (*Ng'akakasiza ddala ekgambo ekyo mu mutima gwe*), (*Ng'ayogera ekgambo ekyo okuviira ddala ku mutima gwe*) neebirala bingi ebyogerwa ku kigambo ekyo. Hadith ezo zonna zitegeeza nti okuyingira ejjana kusinziira ku kumanya amakulu gaakyo, okukinywererako okutuusa okufa, nokugondera byonna ekgambo ekyo byekitegeeza neebirala ebitali ebyo. Okusinziira ku bujulizi okuva mu Kur'ani ne Hadith za Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) Abayivu mu busiramu bagyamu obulombolombo obuteekwa okukolebwa awamu nokuba nti waliwo ebirina okwewalibwa olwo ekgambo Laa Ilaaha Ilaa Llahu kibe ekisumuluzo ekiggulawo ejjana era ekgambo ekyo kibe nga kigasa nnyo akirina, nobulombolombo obwo g'emannyo gekisumuluzo nabwo bwebuno;

1. Okumanya: Buli kigambo kirina amakulu gekitegeeza nolwekyo kikukakataka okumanya amakulu ga "**Laa Ilaaha Ilaa Laahu**", okumanya okwo nga kugirawo ddala obutamanya. Nakwo kwekuba nti; kugyawo okusinza ekitali Katonda nekuba nga kukasa nti asinziwa ye Katonda yekka amakulu nti teri asinziwa mu butuufu okugyako Katonda. Katonda agamba nti; (**Okugyako abo abakakasa amazima nga nabo bamanyi**).

Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; (*Oyo yenna afa ngamanyi nti mazima ddala teri asinziwa mubutuufu okugyako Katonda aliyingira ejjana*) Muslim.

2. Okukakasa: Nakwo kwekukakasa nga tewali kubuusabuusa kuba tekikkirizibwa kubuusabuusa oba okulowoolereza, okuddirira oba okutankana wabula kikakata okubeera omunywevu, Katonda yagamba ku kukakasa kwa bakkiriza (**Mazima ddala abakkiriza bebo abakkiriza Katonda nomubakawe oluvannyuma nebatoba nakubusabusa kwonna nebanyiikira mu kkubo lya Katonda waabwe nga bakozeza emmaali**).

yaabwe nabo bennyini, abo nno be bamazima). Okwatula ekigambo ekyo kyokka tekimala wabula omutima gulina okukakasa, ekyo bwekitabawo obwo buba bunanfusi bwennyini. Nabbi (^{Sal-lal-laahu} alaihi wa sal-lam) yagamba nti; (*Ekigambo nti nkakasa nga teri asinzibwa mu butuufu okugyako Katonda nti era nze ndi mubaka wa Katonda. omuddu tayinza kusionkana Katonda nabyo byombiriri nga talina kubuusabuusa mu byo okugyako aliyingira ejjana*) Muslim.

3. Okukkiriza: Bwomala okumanya nokakasa, okumanya okwo okuliko nokukakasa kuteekwa okuba nti obuufu nobubonero bwakyo bubeera ku muntu olwokuba nti omutima n'olulimi byakkiriza okukakasa nokwawula, ekigambo ekyo oli bwakowoolwa eri okwawula Katonda nagaana okukkiriza aba Mukafiiri kakibe nti okugaana okwo akukoze lwa kwekuza, kuwakana oba nsaalwa. Katonda agamba mu Kur'ani ku bakafiiri abagaana okukkiriza olwokwekuza; (**Mazima bo bwebaba bagambiddwa nti teri alina kusinzibwa mubutuufu okugyako Katonda badda mukwekuza**).

4. Okuteeka mu nkola: Okwawula Katonda kuteekeddwa okuteekebwa mu nkola mu bujjuvu, nakwo kwekugezesebwa okutuufu n'obujulizi obwokungulu obukakasa okukkiriza, ekyo kikakasibwa na kukola ebyo Katonda byeyalagira n'okuleka ebyo Katonda byeyagaana. Katonda yagamba nti; (**Oyo eyewaayo yennyini kulwa Katonda naye nga mukozi wa bulungi aba ddala yeekutte ku muguwa omunywevu eri Katonda yeri enkomerero yeebintu**) obwo bwebujjuvu bwokuteeka mu nkola.

5. Amazima: Ekigambo eky'okwawula Katonda gaba mazima agagyawo obulimba, oyo ayogera ekigambo kya "Laa Ilaaha Ilaa Llahu" nolulimi lwe naye ate nga alimba ku mutima gwe aba munanfusi, nobujulizi kwekyo kyekigambo kya Katonda (**Boogera nennimi zaabwe ebyo ebitali ku mitima gyaabwe**).

6. Okwagala: Omukkiriza aba ayagala ekigambo ekyo era nga ayagala okukikolerako era nga ayagala abo abakikolerako. Nekiraga nti omuddu nti ayagala Katonda we kwekuba nti bulijjo akulembeza okwagala Katonda nebwekuba nga kwawukana kweebyo byayagala, nokwagala abo abaagala Katonda nomubakawe nokuwalana abo abawalana Katonda. okwo gattako okugoberera obuufubwe nokukkiriza okulunganya kwomubaka.

7. Okutukuza enniya: Okuba nti ekigambo ekyo takyogera okugyako lwa Katonda yekka Katonda agamba nti; (**Tebalagirwanga okugyako okusinza Katonda omu yekka nga batukuza eddiini ku lulwe yekka era nga bamwawula yekka mu kusinza era bayimirizaawe esswala, batoole ne Zzaka, eyo ye ddiini engolokofu**).

Nabbi (^{Sal-lal-laahu} alaihi wa sal-lam) yagamba nti: (*Katonda yaziyiza omuliro ku muntu yenna ayogera nti teri kisinziibwa mu butuufu okugyako Katonda. Nga ku lwe kigambo ekyo anoonya kusiima kwa Katonda*) Bukhari.

OKUKAKASA NTI MAZIMA DDALA MUHAMMAD MUBAKA WA KATONDA

Omufu nga ali muntana akemebwa era abuuuzibwa ebibuuzo bisatu, bwayanukula awona, bwalemwa okubyanukula mu butuufu aba azikiridde neebibuuzo ebyo mulimu; Ekibuuzo nti Nabbiwo y'ani? Teri alyanukula kibuuuzo ekyo okugyako oyo Katonda gwaliba alungamizza kuno ku nsi nasobola okutuukiriza obulombolombo bwaakyo, ate era Katonda namunyweza namuwa ebituufu ngali mu ntaana, era nehimugasa ku nkomerero, olunaku emmaali nabaana lwebitaliba namugaso. Nobulombolombo obwo bwebuno;

1. Okugondera Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) kwebyo byeyalagira.

Katonda yatulagira okugondera Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) agamba mu Kur'ani nti: **(Oyo agondera omubaka aba agonedde Katonda)**, era Katonda agamba nti; **(Kale nno mugondere Katonda ajja kubaagala)**.

Okuyingira ejjana kiyimiridde ku kugondera Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam). Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; **(Abantu bonna bakuyingira ejjana okugyako aliba agaanye, nebabuuzo nti owange omubaka wa Katonda ani aligaana? naddamu nti oyo angondera agenda kuyingira ejjana noyo anjemera aba aganye)** Bukhari.

Oyo yenna ayagala Nabbi atekwa kumugondera kuba okugonda kiva mu kwagala nakyo kyekiragira ddala okwagala okutuufu.

2. Okukkiriza ebyo byonna byeyalagira: Oyo yenna alimbisa kyonna ekyakasibwa nti kituufu okuva eri Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) olwokwagala kwe oba okuzanya aba alimbisizza Katonda nomubaka we kuba ye Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) Katonda yamukuuma obutasobywa nobutalimba, Katonda agamba mu Kur'ani **(Tayogera kintu kyonna kuwa ku kwagala kwe)**.

3. Okwewala ebyo byonna byeyagaana nekisookera ddala okwewalibwa ye Shiriki, nabyonna ebinene nebizikiriza nebyonoono ebitono neebyo ebitamwa, obukkiriza bwomuntu bweyongera okusinziira ku kigero kyayagalamu Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) obukkiriza buli lwebweyongera, Katonda amwagazisa okukola ebirungi era naamutamya obukafiiri, obwonoonefu nobujeemu.

4. Obutasinza okugyako nga asinza okusinziira kwebyo Katonda byeyalagira nga biyita ku lulimi lwa mukama waffe Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam).

Tekkirizibwa kusinza okugyako nga osinza okusinziira kwebyo Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) byeyajja nabyo Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; **(Oyo yenna akola omulimu gwonna mu ddiini ogutaliko ndagiriro yaffe gumuddizibwa)** Muslim.

Oteekwa okumanya bino:

Oteekwa okumanya nti: tteeka okwagala Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) n'okwagala ebyo byeyatumwa nabyo. Oyo yenna anyiigira ekintu kyonna mwebyo Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) byeyajja nabyo aba akafuwadde nebwaba nga akikoleddeko. Okumwagala kyokka tekimala oteekwa okumwagala okusinga ebintu byonna wadde ggwe kennyini, omuntu bwayagala Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) n'amukulembeza ku bintu byonna ne ku ye yennyini era n'anyiikira okuba nti buli kiseera akolera kwebyo byalagira.

oyo y'abalibwa nti w'amazima mu kwagala Nabbi, era yooyo amugoberera nagoberera enkolaye nebigambobye, nokugondera byeyalagira nokwewala byeyaziya nokweyisa okusinziira ku mpisaze kaabe mu buzibu oba mu

bwangu, mu bulamu ne mu bilwadde, anti okumugondera nokumugoberera byebibala byokumwagala. Ebyo bwebitabaawo okwagala tekuba kwa mazima. Obubonero obulaga okwagala Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) bungi obumu mu bwo:

Okuyitiriza okumwogerako nokumusaalira oli bwaba alina ky'ayagala ayitiriza okukyogerako, n'akamu ku bubonero obulaga okwagala Nabbi **kwekwagala okumusisinkana**, buli alina omukwano ku muntu aba ayagala nnyo okumusisinkana.

Neekirala ekiraga okwagala Nabbi kwekuba nti **omugulumiza, omuwa ekitiibwa buli wayogerwako**.

Ishak (Okusasira kwa Katonda kubere ku ye), yagamba nti: ba Swahaba ba nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) baali tebayinza kwogera ku Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) oluvannyuma lwokufakwe okugyako nga bagonda n'obwoya ku mubiri gyaabwe ne busituka era nga bakaaba.

Okwagala Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) mulimu okusunguwalira oyo Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) gweyasunguwalira nokuwalana oyo gweyawalana nokwewala oyo ayawukana ku nkolaye nooyo agunjaawo mu ddiini nabanafus, nakyoo mulimu;

Okwagala abo Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) baayagala mu bantu benyumbaye, bakyala be neba ma Swahaba be abaasenguka okuva e Makkah naabamutaasa e Madinah.

Okuwalana abo baawalana nokusunguwalira abo baasunguwalira, mu kwagala Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) mulimu okugoberera empisa ze ezekitiibwa ezobuntubulamu kuba yye Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yaasinga ebitonde byonna obuntu bulamu nempisa.

Aisha (*Radi Allah anhu*) yagamba nti; (Kur'ani zezaali empisa za Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*)) kitegeeza nti yekakasaako obutakola okugyako ekyo Kur'ani kyelagira.

Ebitendo bya Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*).

Ebimu ku bitendo bye;

yeeyali asinga abuzira okusinga abantu bonna, ate nga yabanga muzira nnyo mu biseera ebizibu ebye ntalo.

Yeeyali asinga abantu bonna okugaba naddala mu mwezi gwa Ramadhan mu gwo yayitirizanga nnyo okugaba, yali nga yaasinga **okubuulirira** abantu okuba ne mpisa ennungi era nga yaasinga abantu bonna **ekisa**.

Teyabonerezaako lwakwesasuza, yeeyali asinga abantu bonna okuba **omunyewu** ku mateeka g'a Katonda.

Yeeyali asinga abantu bonna **obwetowaze n'obukkakkamu** era nga y'asinga abantu bonna okuba ne nsonyi, nga ayisa bulungi nnyo abantube, nga era yaasinga okuba **n'obusaasizi eri ebitonde** byonna, ebitendo bingi ebiri ku Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) ebitoogeddwako wano.

OKWETUKUZA

ESswala yempagi y'obusiraamu eyookubiri, era tetuuka nga tewetukuzza, era n'okwetukuza kutuukibwako nga weyambisa amazzi oba ettaka.

Ebika bya mazzi bya ngeri bbiri;

1. Amazzi amatukuvu:- Gano gegabeera nga go gennyini matukuvu era nga gatukuza e kintu ekirala era gegajjawo negamalawo ekizuusi nempita mbi.

2. Amazzi amakyafu; gano gegabeera gaguddemu oba galimu empitambi (kino kitwaliramu byonna ebityibwa Najis mu Sharia) wadde nga ekiguddemu kitono amazzi ago gabeera gafuuse makyafu era tebeetukuza nago.

Kino kikulu nnyo:- Amazzi amangi gano gegaweza litres **210** n'okugenda waggulu gabalibwa nti gonoonese singa gabeera gakyuse empooma yago oba langi yago oba olusu lwago nga kino kivudde ku Najis eyageetabiseemu. Ate go amazzi amatono olugwamu e Najis gabeera gamaze okwonooneka.

EKYOMBO. Kino kitwaliramu buli ekyeyambisibwa nga tukissaamu amazzi g'okwetukuza. Wabula ebyo byonna ebyakolebwa mu Zaabu oba Feeza tuyinza okubikozesa mu kwetukuza naye sibyebyandisinze era tukkirizibwa okukozesa ebbinika/ebidomola byabatakkiriza n'engoye zabwe singa bibeera tebiriimu Najis (nga bitukuvu) wabula bwetukitegeera nti binajisifu tetubikwatirako ddala.

Eddiba lyensolo efudde obukalaga. Libeera Najis awatali kuwannaanya.

Ensolo efudde obukalaga erimu engeri bbiri.

Etalibwa nnyama.

eribwa naye nga teyasaliddwa mu busiramu.

Eribwa eddiba lyayo bwerinyikibwa libeera halal.

OKUSITANJI:

Kuno kulongoosa ebitundu ebyekyama. Kino oyinza okukikola nga weyambisa amazzi oba amayinja oba ebipapula oba ekintu kyonna ekiring'ebyo.

Singa wetukuza namayinja/mafunfugu gasaana okubeera nga matukuvu, ate ekintu ekiriibwa tekikirizibwa kwetukuza nakyu mu bitundu eby'ekyama.

Amayinja/mafunfugu gallna okubeera nga gali asatu (3) oba n'okusingawo.

Kyatteeka nti buli ekiva mu limu ku makubo abiri (ebitundu ebyekyama) olina okukyelongoosaako.

Kizira okulwa mu kifo w'omalidde ekyetaagokyo.

Era kizira okumalira ekyetaago ekinene oba okukojoba mu mazzi, oba mu kkubo oba wnsi w'ekisiikirize abantu kyebeyambisa oba wansi w'omuti oguliko ebibala oba okumala ekyetaago nga oyolekedde ekibula ng'oli mu kyererezi.

Era kitamwa okuyingira mu kifo wogenda okumalira ekyetaago ng'olina ebintu ebiriko amannya nga Allah n'ebiringa ebyo, oba okwogera ng'eno bw'omala ekyetaago.

Era kitamwa okukojoba mu mukwesese n'okukwata obwereere bwo n'omukono ogwa ddyo. Era ssi kirungi kwolekera mu kibula ng'omala ekyetaago wadde ng'oli mu kizimbe. Wabula ssinga wabeerawo obwetaavu oyinza okukola ebyo ebimenyeddw.

Era kirungi singa obeera omaze ekyetaago okwerongoosa/okunaaza ekifo ekyo emirundi egy'ensusuuba (3, 5, etc).

Era kirungi nnyo okukozesa ebintu ebibiri nga werongoosa, amayinja noluvannyuma n'okozesa amazzi mu mulembe guno tulina zi toilet papers

(ebikokooma).

OKUSENYA: Kya Sunna/kirungi okusenyesa akaswaki akagonvugonvu. Ate okusenya kukakata singa, obeera ogenda kusaala, oba ogenda kusoma Kur'ani oba okufuna wudhu, kino okikola nga tonn'anyumunguza mu kamwa. Era okusenya kukakataka ng'ozukuse oba ng'ogenda ku Masjid, oba singa owulira nga akamwa kavaamu olusu olutali lulungi, oba nekirala.

Kya Sunna/kirungi okusenya ng'ova ku ddyo ng'odda ku ludda olwa kkono. Kino olina okukikola mukwetukuza kwonna era kirungi okukozesa omukono ogwa kkono nga wetukuza mu bifo ebyekyama.

WUDHU. Okufuna wudhu kulina empagi mukaaga (6).

1. Okunaaba mu maaso nga muno otwaliddemu okunyumunguza mu kamwa n'okufeesafeesa mu nyindo.
2. Okunaaba emikono gy'ombiriri okutandikira ku nnwe z'engalo okutuuka mu nkokola.
3. Okusiiga omutwe gwonna ng'otwaliddemu n'okunaaba mu matu.
4. Okunaaba amagulu g'ombiriri nga n'obukongovule obutwaliddemu.
5. Okuliraanyisa ebiyungo ebyo.
6. Okubyanguyiriza ie. Obutalinda kirala kumala kukala.

Ebikakata ku muntu agenda okufuna wudhu;

- Okusoma Bismillah nga tonnatandika.
- Okunaaba ebibatu emirundi esatu naddala oyo eyakazuukuka nga tannakwaata mu mazzi.

SUNNA Z'OKUTAWAAZA:- ★ Okusenya. ★ Okusooka okunaaba ebibatu/engalo. ★ Okunyumunguza mu kamwa n'okufeesafeesa nga tonnanaaba mu maaso. ★ Omusiibi tasaana kutuusa mazzi wala ng'afeesafeesa oba ng'anyumunguza mu kamwa. ★ Okusunsula mu kirevu ekisaakatidde. ★ Okusunsula enjala z'ennwe z'engalo. ★ Okutandika n'omukono ogwa ddyo. ★ Okunaaba buli kiyungo emirundi ebiri oba esatu. ★ Okuyingiza amazzi mu nyindo ng'okozesa omukono ogwa ddyo ate n'okugaggyamu ne kkono. ★ Okusoma edduwa oluvannyuma lw'okufuna wudhu.

EBITAMWA MU KUFUNA WUDHU:- ★ Okukozesa amazzi aganyogoga ennyo oba ag'olwegye. ★ Okunaaza ekiyungo emirundi egisukka mw'esatu nga tewali kyetaago. ★ Okunaaza mu maaso munda.

NB:- Kikirizibwa okwesimuulako ng'omaze okufuna wudhu.

ENGERI YOKUFUNAMU WUDHU; ★ Osooka kuleeta niya naye nga togyatudde. ★ Nozzaako okusoma Basmalla (*Bismillah*). ★ N'onaaba ebibatu. ★ Nonyumunguza mu kamwa n'okufeesafeesa mu nyindo. ★ Nonaaba mu kyenye (okuva ku bumerero bw'enviiri okutuuka ku kalevu n'okuva ku namulegeya w'okutu okumu okutuuka ku kulala. ★ Ozzaako okunaaba emikono ng'otandika n'eddyo. ★ Nokusiiga omutwe gwonna, n'oyingiza (Okussa enwe z'engalo mu matu. ★ N'osembayo okunaaba amagulu g'ombiriri.

NB: Singa ekirevu tekibeera kisakaativu kirungi okisiigemu amazzi gatuuke ku mubiri ate bwekibeera ekisakaativu amazzi agayisa ku ngulu kwokka.

OKUSIIGA KU STOCKS.

Okusiiga ku stocks kukkirizibwa singa obadde ofunye ekizuusi ekitono.

OBULOMBOLOMBO OBUTUUSISA OKUSIIGA KU STOCKS.

- Okubeera nga wazambadde olina wudhu.
- Okubeera nga wudhu wagifunyisizza mazzi.
- Okubeera nga stocks zibikka bulungi ebitundu byolina okunaaba.
- Okubeera nga stocks ezo zikkirizibwa mu sharia.
- Okubeera nga ntukuvu – teziriiko Najis.

OKUSIIGA KU KITAMBAALA.

Kikkirizibwa okusiiga ku kitambala singa obulombolombo buno butuukirira.

- Okubeera nga musajja yakyesibye (Ba Ma Sheikh wano mu Uganda bebatara okwesiba ebitambala).
- Okubeera nga kibisse enviiri zonna.
- Okubeera ng'asiiga yetukuza mu kizuusi ekitono. Ow'e kizuusi ekinene asumululako ekitambala ekyo n'anaaba.
- Okubeera nga wetukuza/osiiga namazzi.

OKUSIIGA KU KAKAAYA.

OBULOMBOLOMBO OBUTUUSA OKUSIIGA KU KAKAAYA:- ✨ Asiiga alina kubeera mukazi. ✨ Omutwe gwonna gulina kubeera nga gubikiddwa.

✨ Alina kubeera nga yetukuza mu kizuusi ekitono. ✨ Nga yetukuza namazzi.

OKUSIIGA KUMALA BBANGA KI?

Ataliko safari akkirizibwa okusiiga ku stocks ze okumala essaawa (24) ekiro n'emisana.

Omutambuze akkirizibwa okumala ennaku ssatu n'ebiro byakwo ng'asiiga ku stocks.

Okusiiga kutandika ku ssaawa gy'oyambaliddeko stocks okutuuka mu budde bwebumu enkeera walwo ku muntu atali mu safari.

TUSIIGA KUVAAWA? Tusiiga waggulu/ku ngulu kwebigere nga twambusa okudda ku ntumbwe waggulu.

Singa osiiga ng'obadde mu safar n'otuuka n'odda awaka ng'obudde obw'okusiiga bukyaliko oba singa werabira/oba obusabuusa mu budde bwewasiigiddemu. Olwo ogoberera enkola atali mu safari gyalina okubeerako ie essaawa (24).

2. BULASITA/BANDEGI.

Okkirizibwa okusiiga ku Bandegi nga;

1. Ddala waliwo obwetaavu bw'okusiba Bandegi eyo.
2. Bandegi terina kubeera nga esukka werina okukoma.
3. Okusiiga ku Bandegi n'okunaaba ekifo ekitaliiko Bandegi.

NB: Kirungi bw'obeera nga osiiga ku stocks amagulu gombi ogasiiga lumu.

Sikirungi kusiiga wansi wa stocks wadde emabega wazo.

EBYONOONA WUDHU. ✨ Singa ovaamu ekintu kyonna nga kiyita mu limu

ku makubo abiri, kakibeere nga kitukuvu ng'amazzi agazaala oba nga kinajisifu nga omusulo oba empitambi, wudhu ebeera ekuweddeko. ✨

Okugwebwamu amagezi nga webase oba okuzirika. Wabula singa osumagira ng'otudde bulungi wudhu tekuggwako. ✨ Okuvaamu omusulo oba empitambi. ✨ Okuvaamu ekintu kyonna ekigwa mu kiti kya Najis

ng'omusaayi nga mungi. ✨ Okulya ennyama yengamiya. ✨ Okukwata ku bwerere nga tewali kibissewo. ✨ Okuva mu busiraamu. ✨ Singa obeera

wekakasa nti wafunye wudhu kyokka n'ofunamu okubusabuusa nti oba wudhu yakuweddeko ogendera kwekyo omutima kyegusibiddeko.

OKUNAABA.

EBIKAKASAAWO OKUNAABA: **1.** Okuvaamu amazzi agazaala wadde nga weroterredde bweroterezi. **2.** Okwegatta mu bikolwa eby'obufumbo wadde ng'oyingiddeko katonono nga namazzi agazaala tegavuddeemu. **3.** Singa omuntu asiramuka. **4.** Okuvaamu omusaayi gwa Haidhi (Okugenda mu nsonga z'ekikyala). **5.** Okuvaamu omusaayi oluvannyuma lw'okuzaala. **6.** Singa omusiraamu afa.

EBIKAAKATA MU KUNAABA:

Omubiri gwonna okutuukako amazzi kino kituukirizibwa ng'ebintu mwenda bikoledwa era byebino:

- Okunuyirira.
- Okusoma Bisimillah.
- Okusooka okunaaba engalo nga tonnawata mu mazzi.
- Okunaaba obulungi obwereere.
- Okufuna wudhu.
- Okusimuula mu mutwe emirundi esatu.
- Okuyiwa amazzi ku mubiri.
- Okukuuta omubiri n'emikono.
- Okukulembeza oludda olwa ddyo/omukono ogwa ddyo mu buli ky'okola.

Kizira omuntu alina ekizuusi ekitono okukola bino:

✳ Okusitula Kur'ani. ✳ Okusaala. ✳ Okwetoolola Kaaba.

Era kizira omuntu alina ekizuusi ekinene ebyo byonna ebyogeddwako waggulu wamu nebino; ✳ Okusoma Kur'ani. ✳ Okutuula mu Masjid.

BINO TEBYANDIKOLEDDWA:

- Okwebaka ng'olina Janaba (wakiri ofuna wudhu neweebaka).
- Okudibuuda amazzi ng'onaaba.

OKUTAYAMMAMA.

Obulombolombo obutuusisa okutayammama:-

- Amazzi okubulawo.
- Okutayammamisa ettaka nga ttukuvu ngalirimu enfuufu.

EMPAGI Z'OKUTAYAMMA.

- Okusiiga ekyenyi kyonna.
- Okuzzaako emikono ng'okoma mu bisekeseke.
- Okuliraanyisa ebiyungo.
- Okubyanguyiriza notawawo bbanga wakati wabyo.

EBYONOONA OKUTAYAMMAMA.

- Buli kyonna ekyonoona wudhu kyonoona tayammamu.
- Singa amazzi gafunika nga watayammamye lwakuba tewali mazzi.
- Singa ekibadde kikutayammamisa kiggwawo ekyokulabirako singa otayammamye lwabulwadde, bwebuwona otawaaza.

SUNNA ZA TAYAMMAMU.

- Okuliraanyisa ebiyungo n'okuyita mu bwangu ng'otayammama.
- Okutayammama mu kiseera kyennyini ekisembayo eri oyo alina Janaba.
- Okusoma edduwa esomebwa ng'omaze okufuna wudhu.

EBITAMWA MU KUTAYAMMAMA. Okukubaakuba ku ttaka emirundi emingi.

TUTAYAMMAMA TUTYA? ✳ Onuyirira. ✳ Osoma Bisimillah. ✳ Oluvannyuma okuba ku ttaka/nfuufu n'emikono gy'ombi omulundi gumu. ✳

Noyisa mu maaso (face) omulundi gumu. ✨ Bwomala n'oyisa (n'osimuula) ku ngulu kwekibatu ekya ddyo ng'osimuuza kkono ate ne ku kkono n'okola bwotyoo.

OKWEGGYAKO NAJIS.

Najis eteekululwamu emiteeko ebiri.

1. Ekibeera nga mu butonde bwakyo Najis era nga tekitukuzibwa eky'okulabirako nga embizzi.

2. Ekibeera nga mu butonde bwakyo si Najis kyokka nekigendako e Najis ng'olugoye.

Embwa n'embizzi ko n'ebinyonyi wamu n'ebisolo ebirala ebitaliibwa bibeera Najis muno otwaliramu byonna ebibivaamu ng'amata gabyo n'ebirala byonna. Omuntu n'ebimuvaamu nga amazzi egazaala, entuuyoze, amalusuge, amabeerege, eminyira gye byonna bitukuvu (Si Najis) okujjako; omusulo n'empitambi, n'amazzi agava mu muntu ng'afunye obwagazi (naye ssi gali agazaala) namazzi agava mu muntu ngavudde mu kikolwa eky'obufumbo wamu n'omusaayi ebyo byo bibeera Najis.

Ekintu kyonna ekiriibwa ennyama yakyo ebikivaamu byonna bibeera bitukuvu nga omusulo gwazo, obusa, enkwaso (amazzi agazaala ag'ekintu ekyo, amata, entuuyo, amalusu, ebisesemye n'amazzi agaggya olw'obwagazi). Ebintu nga endogoyi, kappa, emmese n'ebirala entuyo n'amalusu gabyo byebiyokka ebitukuvu ebibiriko.

Buli kyonna ekifudde kibeera kifuuse Najis okuggyako omuntu eby'enyanya, enzige muno mwotwalira ensenene n'ebintu byonna ebitalina musaayi.

Ebintu byonna ebikalulu ng'ettaka, amayinja n'ebibifaanana bibeera bitukuvu.

NB: Omusaayi, ebisesemye n'amasira byonna Najis. Singa ekimu kubyo obadde nakyo mu Sswala naye nga kitono osonyiyibwa.

OMUSAAYI OMUTUKUVU GWANGERI BBIRI:-

- Omusaayi ogusangibwa mukyenyanja.
- Omusaayi ogusigala mu kisolo ekisaliddwa era nga kiriibwa.

Okuggwawo kwe Najis tekyetaagisa kumala kuleeta niyat. Singa enkuba etonnya oba amazzi gayiika mu kifo oba ekintu ekirala kyonna Najis neggwawo kibeera kitukudde.

Singa omuntu akwata mu Najis oba agirinyamu tekimumalaako wudhu wabula kimukakatako okwoza awo webeera egenze.

OBULOMBOLOMBO OBUTUUSA OKUGGYAWO NAJIS:-

- Okunaazisa amazzi amatukuvu.
- Okukamula/Okwoleza ebbali wa mazzi n'obeera nga buli lwoyoza okozesa amazzi malala agatukula.
- Okunaaza ekifo nga weyambisa ettaka oba sabbuni ku mulundi ogw'omusanvu n'ogwomunaana, singa Najis eyo ya mbwa.
- Singa Najis ebadde ku ttaka tuyiwawo amazzi netukuutawo okutuusa lweggwawo yo yennyini, ebbala lyayo n'olusu lwayo. ✨ Singa awagenze Najis wabula tunaaliza ddala wonna okutuusa lwetukakasa nti watukudde.
- Bw'ofuna wudhu olw'okusaala Sunna wudhu eyo ekola ne ku Sswala eya faradha. ✨ Singa webaka oba ovaamu omukka tonaaba mubiri gwonna, wabula bwoyagala okusaala ofuna wudhu yokka.

EBIKWATA KU MUKYALA

EMISAAYI EGIMUVAAMU.

- ✳ Okugenda mu nsonga nogw'e kyalaalo.
- ✳ Omukazi/Omuwala ayanguye okuzza omukono emabega atandika nga wa myaka musanvu. Wabula nga avaamu omusaayi nga tannaweza myaka musanvu ekyo kibeera kyalaalo.
- ✳ Tewali myaka gyankomeredde omukazi kwakoma okulwala.
- ✳ Omukazi ayinza okumala mu nsonga essaawa 24 singa kikendera kwekyo obwo bubeera bulwadde (kyalaalo).
- ✳ Ye aludde mu nsonga amalamu ennaku 15. Singa zisukkamu kibeera kyalaalo.

OMUKAZI AMALA ENNAKU MEKA NGA TANNADDAMU KULWALA?

- ✳ Ekyabulijjo bayisaawo ennaku 23/24.
- ✳ Singa omukyala ow'olubuto avaamu omusaayi teguyitibwa Haidhi ekyo kibeera kyalaalo.
- ✳ Omukazi wategerera nti avudde mu nsonga singa oluzzizzi olweru, oba singa omusaayi gubeera tegukyajjira ddala.
- ✳ Omukyala agenda ava mu nsonga kino akitegeera ku nfanana yebyo ebimuvaamu. Singa lubeera luzzizzi olweru, abeera atukudde ate bwerubeera lusaayisaayi abeera tannatukula, wabula byombi oluzzizzi n'olusaayisaayi byombi bibalibwa nti Najis.
- ✳ Singa omukyala tatuusa nakuze zaamala mu nsonga abeera atukudde.
- ✳ Singa omukyala tatuusa nakuze zalwaliramu kyokka nga wayise ennaku ezisoba mu 13 naleeta omusaayi kibalibwa nti agenze mu nsonga. Naye singa omusaayi gujja tezinnawera naku 13 kasokedde ava mu nsonga ekyo kibeera kyalaalo.
- ✳ Singa ennaku omukyala zaamala mu nsonga zeyongerako oba zikendeera, kibalibwa nti agenze mu nsonga.
- ✳ Singa omukyala avaamu omusaayi okumala ebbanga eggwanvu katugambe omwezi mulamba oba okusingawo, ayimiriza emirimu egitamukkirizibwa kukola nga ali mu nsonga okumala ennaku bulijjo zaamala mu nsonga.
- ✳ Oyo abeera tajjukira naku zaamala mu nsonga atuula okumala ebbanga abakyala abasinga obungi lyebatera okumala.

OMUSAAYI OGW'EKIZADDE (NIFAASI).

- ✳ Singa omukyala azaala natalaba musaayi gumuvaamu, tavunaanyizibwako kunaaba kwa Sharia, era singa abadde asiiba agenda mumaaso nakusiibwakwe.
- ✳ Singa alaba omusaayi nabundula na mazzi nga tannazaala, tabalibwa nga owa Nifaasi wabula abalibwa ng'owe kyalaalo.
- ✳ Omusaayi ogujja ng'omukyala asindika omwana wadde tavuddeyo gubalibwa nti gwa Nifaasi wabula esswala eyita ku mukyala oyo mu kiseera ekyo tagiriwa.
- ✳ Tutandika okubala ennaku z'omusaayi gw'ekizadde okuva omwana lwagwa wansi.
- ✳ Tewali bbanga ggere ery'obutono/bungi bwebbanga Nifaasi lyemala singa omukyala azaala amangu ddala omusaayi neguyimirira okujja, anaaba era natandika okusaala talinda nnaku 40.
- ✳ Omusaayi gw'ekizadde oguluddewo gumala ennaku 40. Singa gusukkawo bubeera bufuuse bulwadde era anaaba neyesabika natandika okusaala.

- ★ Singa omukyala avaamu olubuto nga lwa nnaku 80 oba okukka wansi omusaayi ogumuvaamu gubeera gwa kyalaalo.
- ★ Singa luvaamu nga lwa nnaku 90 omusaayi ogumuvaamu gubalibwa nga gwa kizadde.
- ★ Singa luvaamu nga luli wakati w'ennaku 80 ne 90 tutunuulira ekivuddemu bwekifaanana, singa kibeera kitandise okutonda omusaayi ogujja gubalibwa nga gwa kizadde ate singa kibeera tekinatonda kibalibwa nga gwa kyalaalo.
- ★ Singa mu bbanga ery'ennaku 40 omusaayi gusirika nga tezinnagwako anaaba nasaala. Wabula singa guddamu ng'ennaku 40 tezinnagwako gubalibwa nti gwa kizadde.
- ★ Ow'ekyalaalo akakatibwako esswala wabula buli Sswala alina kumala kufuna wudhu.
- ★ Singa omukazi atukula okuva mu nsonga oba mu musaayi gwe kizadde ng'e njuba tenagwa, akakatibwako Zuhur ne Aswir y'olunaku olwo.
- ★ Ate singa atukula nga Al Fajir tennaba kuvaayo akakatibwako okusaala Isha ne Magrib ez'ekiro ekyo.
- ★ Singa ekiseera ky'eSswala kibeera kiyingiddewo omukazi nagenda mu nsonga bwatukula tagiriwa.
- ★ Kikkirizibwa omukazi okukozesa eddagala erisiba omusaayi gw'ensonga z'ekikyala okumala akaseera akagere kimuzobozese okukola emikolo gya Hijja ne Umrah oba okujjuza omwezi gwa Ramadhan. Wabula kino kikkirizibwa singa eddagala eryo teririna kabi keriyinza kuletera oyo abeera alikozesezza.

OMUKYALA MU BUSIRAAMU

Munjigiriza y’obusiraamu omukyala n’omusajja benkana mu mpeera n’emirimu okusenziira ku bukkiiriza bwa buli omu.

Nabbi Muhammad (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti: “*Mazima abakyala baana banda emu n’abaami*” **Abu Dauda yeyagyogera.**

Omukyala alina eddembe okwesabira kyayagala, okwerwanako.

Amateeka g’obusiraamu g’ogera ku mukazi n’omusajja mu ngeri y’emu okujjako mu bintu ebimu nga bikwata ku nkula n’obutonde bw’omusajja n’omukazi.

Allah yagamba: “Ddala amanyi nnyo ebyo byeyatonda kubanga era mumanyi nnyo era alumirwa ebitonde bye”.

Omukyala ayitibwa Asma bint Yazid yajja eri Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) ngali wamu neba Swahababe, Asma nagamba Nabbi nti nze nkikiridde abakyala balina ebibaluma Allah yakutuma namazima eri abasajja n’abakazi era twakukkiriza era twakkiriza Allah, naye abakyala balina ebintu bingi byebakolera abasajja ate nga bbo abasajja bali mukweyunira mpeera abakyala zebatafuna;

Abakyala z’empagi z’amaka babamalako enyonta y’obwagazi, babakuliza abaana bammwe mu mbuto zabwe. Naye ate abasajja ebirungi nga okusaala ejjuma, esswala za jama, okulambula abalwadde, okuwerekera Janaza okukola Hijja buli mwaka n’okugenda okulwana mu kkubo lya Allah bebabikola bokka. Era abasajja bwebabeera bagenze ku mirimu egyo ffe tusigala tulabirira abaana babwe n’emmali yabwe, nabuuza omubaka wa Allah nti naye lwaki tetwetaba nabasajja mu mirimu egyo naffe twefunire ku mpeera? Nabbi nakyuka natunuulira ba Swahaba be bweyamala nakyuka nagamba omukyala oyo eyali yemulugunya nti; Omukyala yenna akwata obulungi bbaawe nakola ebimusanyusa era nakolagana naye bulungi, yenkana n’omusajja akoze emirimu gyonna ng’omukyala bweyagimenye. Omukyala nakyuka natunuulira Nabbi nga bwakuba takibirah ne Tahalli olwessanyu.

Waliwo abakyala abajja eri Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) nebamugamba nti owange omubaka wa Allah, abasajja batumazeeko empeera n’ebirungi nga balwana mu kkubo lya, naye waliwo ekintu kyonna kyetuyinza okukola okusobola okufuna empeera ewa Allah ngabo abalwana mu kkubo lya Allah? Yaddamu nabagamba nti; “*Omukyala atebenkerwa obulungi mu nyumba ya bba afuna empeera ezenkanira ddala nezo muntu agenze mu Jihad*” **Naihaq.**

Allah yassa empeera nyingi mu kulabirira ow’oluganda omukazi.

Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba; “Singa omuntu alabirira bawalabe babiri oba banyina babiri oba ab’oluganda nga babadde bakyala n’ekigendererwa eky’okubasuumusa bafuuke abetengerera bokka mu maaso, Allah agenda okubafula ennunuzi eyokumukungiriza omuliro.



Kiri Haram omusajja okweyawula n'omukyala atamuzira kuwasa ngo mukyala oyo talinawo muntu we. Nabbi yagamba nti; *“Teyeyawulanga omusajja n'omukyala okujjakong'omukyala oyo abadde n'omuntuwe (Mahram)”* **Bagyegattako Bukhari ne Muslim.**

Kikkirizibwa abakyala okusaalira mu mizikiti. Naye singa kiba kinaleetawo ekikemo gamba nga okumwegomba ng'agenda ku Masjid olwo kibeera sikirungi omukazi okusaalira ku Masjid.

Maama waffe Aisha ^(Radi Allah anhu) yagamba nti singa omubaka ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yalaba ku bakyala byebaali batandise okwekola yandibagaanyi okusaalira mu mizikiti, ng'abakyala mu ba Bani Israel bwebaganibwa.

Ng'eSswala y'omusajja bwerinyisibwa amadaala singa agisaalira mu muzikiti nabwekityo singa omukyala abeera asalidde awaka we afuna empeera nyingi.

Waliwo omukyala eyaggya ewa Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) namugamba nti negomba nnyo okusaalira emabegawo; Nabbi yaddamu nti; “Ntegedde nti ddala wegomba nnyo okusaala nange, naye esswalayo gyosaalira mu kisenge kyo y'esinga eyo gyosaalira mu ddiro lyo ate gy'osaalira mu ddiro lyo esinga gy'osaalira mu muzikiti gw'ekitundu kyo ate eyo gyosaalira mu muzikiti gwe kitundu kyo esinga eyo gyosaalira mu muzikiti gwange.

Era Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *“Emizikiti gy'abakyala egisinga obulungi g'e mayumba gabwe”*.

Omukyala takakatibwako Hijjah oba Umrah okuggyako ng'afunye omuntu amuzira okumuwasa anamuwerekera. Era ssikirungi omukyala okutambula olugendo lwonna nga talina muntu amuzira okumuwasa abeera amuwerekedde.

Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) kunsonga eno yagamba nti; *“Omukazi tatambulanga okumala ennaku ezisoba mu ssatu okuggyako nga alina Mahram we”* **Hadith eno yegattibwako. Bukhari ne Muslim.**

Omukyala takkirizibwa kulambula zi kaburi wadde okuwerekera Janazah.

Ku nsonga eyo Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *“Allah yakolimira abakyala abalambula zi kaburi”*.

Ummuh Atwiyyah yagamba nti; *“Twaganibwa okuwerekera Janazah naye tekyakakata”* **Muslim yeyagyogera.**

Kikkirizibwa omukazi okukyusa langi nasigamu langi endala etali nzirugavu, naye ekiri bwekityo kuvuna tekibuzabuza amwogereza.

Kyatteeka omukazi okuweebwa omugabo gwe mu maali yobusika nga Allah bweyamugerekera era kiri Haramu okumumma omugabo gwe.

Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *“Omuntu bwaggyawo/bwalemesa munne okufuna omugabo gwe okuva mu mmaali yobusika naye Allah amumma omugabo gwe mu Jannah”* **yayogerwa Ibn Majah.**

Kyatteeka omwaami okulabirira mukyalawe, nga muno mwe muli okumuliisa, okumwambaza, okumusuzza nebirala.

Ku nsonga eyo Allah agamba nti; *“Buli omu abeere ng'awaayo okusenziira kubusobozi bwe, ate oyo Allah gwabeera yawa ekitono aweyo okusenziira kwako akatono kaliana”*.

Singa omukazi tabadde mufumbo olwo kikakata ku kitaawe, oba mmwanyina oba mutabaniwe okubeera nga amulabirira.

Singa taba nawaluganda yenna amulabirira obuvunaanyizibwa budda eri abantu bonna okumulabirira kulwa Hadith y'omubaka ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) “*Omuntu alabirira namwandu oba omuntu yenna omwetaavu abeera nga omuntu alwana mu kkubo lya Allah oba ng'omuntu amala ekiro kyonna ng'asaala ate omusana n'agumala mu kusiiba*”. Hadith eno yegattibwako. **Bukhari ne Muslim.**

Omukyala yavunanyizibwa ku kulabirira omwana omuwala okutuusa lwafumbirwa ng'omulimu gwa taata kwekulaba nga buli ekyetaagisa akiwa maama asobole okulabirira obulungi omwana oyo.

Ssikirungi omukyala okutandika salaam naddala singa abadde muvubuka.

Kirungi okwemwa ebitundu eby'ekyama n'okwerongoosa enkwawa n'okusalako enjala buli lwa kutaano.

Ate ssikirungi okumala ennaku ezisoba mu 40 nga tewerongosezza mu ngeri eyo.

OKUKUNGBAGA.

Kizira omukyala okumala ennaku ezisoba mu ssatu ng'akungubaga okuggyako nga abadde akungubagira bba kulwekigambo kya Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) “*Tekikkirizibwa omukyala omukkiriza akkiriza Allah n'olunaku lwe nkomerero okumala ennaku ezisoba mu ssatu ng'akungubaga okujjako ng'akungubagira bba.*

Omukazi kimukakatako okukungubagira bba okumala emyezi ena n'e nnaku kkumi. Era bwabeera mu mbeera eyo yewalira ddala eby'okwewunda n'okwekuba kalifuwa.

Wabula yerongosa ng'okwesala enjala n'okwejjako ebirala.

Era talina kwambala ngoye za langi emu ey'etongodde.

Kizira omukazi okwemwako enviiri okuggyako nga waliwo ensonga.

Naye kikkirizibwa okukendezaako singa omukazi oyo tatuuka kufaanana nga musajja. Kulwa Hadith y'omubaka ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) “*Omubaka* ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) *yakolimira abakyala ab'efaanaanyiriza abasajja*” oba ab'efaanaanyiriza abatakkiriza. Ku nsonga eno ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-tam) yagamba nti; “*Omuntu eyefaanaanyiriza ekibiina abeera wa mu kyo*”.

Omukazi akakatibwako okwebikkirira singa agenda kufuluma wabweru. Jilibab ye erina okubeera ng'etuukiriza obukwakkulizo buno;

1. Eteekwa okubeera ng'ebikka omubiri gwonna.
2. Eteekwa okubeera nga ssi mpunde nnyo.
3. Eteekwa okubeera ng'ezitowa nga ssi mpewufu.
4. Eteekwa okubeera nga ngazi nga ssi nfunda emukwata.
5. Terina kukubwamu kalifuwa.
6. Terina kufanana byambalo bya basajja.
7. Terina kufanana byambalo bya bakafiiri.

Kiri Haram okwambala olugoye olulimu ekifananyi kyomuntu oba ekye kisolo wadde okulutimba mu nju oba okulukozeza ng'olutimbe oba okulutunda.

Obwereere bw'omukazi singa abadde ali n'omuntu omulala bwawulwamu emirundi esatu:

1. Singa abadde ali ne bbaawe waddembe okumulaba yenna, tewali wamuzira kulaba.

2. Singa ali nebakazi banne oba abasajja abatamuwasa bakkirizibwa okulaba ebitundu ebirabwa/ebyeyolefu ng'ekyenyeni, enviiri, emikono, ebigere nebiralu.

3. Ate singa abeera n'abasajja abasigadde amakulu nti nga bamuwasa, tebakkirizibwa kulaba kitundu kyonna ku mubiri gwe okuggyako nga wabaddewo ensonga eky'okulabirako ng'okwogereza, okujjanjaba oba engeri endala. Kubanga ekikemo ekisookera ddala ku bakyala g'emaaso gabwe (face).

Fatumah muwala w'omubaka ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *“Twalinga tubikka ebyenyi byaffe abasajja baleme kutulaba”*.

IDDAT:

Okutuula kw'omukazi ayawukanye ne bba kulimu engeri ezenjawulo;

1. Omukyala ow'olubuto.

Singa omukazi awebwa talaq oba bbaawe afa ekiseera wonna wazaalira Iddah ye ebeera eweddeko.

2. Omukyala afiriddwako bba.

Ono atuula Iddat okumala emyezi ena (4) ne nnaku kkumi.

3. Omukyala awereddwa Talaq akyagenda mu nsonga, ono alina kumala endwala ssatu era Iddat ye ekoma lwatukula omulundi ogw'okusatu.

4. Omukyala atagenda mu nsonga.

Ono Idda ye yamyezi esatu gyamala ngalinda.

Omukyala singa abeera ali mu Iddah ng'omwami we asobola okumuddira kikakata babeere nga buli omu atunula ku mulala. Mu kino kirowoozebwa nti oba oli awo Allah ayisiza omwo ne baddingana.

Okuddingana kuno kubeerawo singa omusajja agamba mukaziwe nti; “Nkuddidde” oba singa yegatta naye.

OMUKYALA TEYEFUMBIZA.

Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *“Singa omukyala yefumbiza yekka nga banyina oba bakitawe tebakkiriza obufumbo bwabwe bubeera bufu”*.

Kiri Haram omukazi okuyunga ku nviirize oba okwekuba tatttu. Bino byombi bigwa mu mazambi amanene, kulwa Hadith ya Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) egamba nt;

“Allah yakolimira omuntu ayunga ku nviiri ne gwebaziyungako wamu nakuba tatttu negwebamukubako” Hadith yegattibwako. **Bukhari ne Muslim.**

Kiri Haram omukazi okwesabira Talaq nga tewali nsonga ku lwa Hadith y'omubaka ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) *“Omukazi eyesabira Talaq nga tewali nsonga yonna nambulukufu taliwunyirwa ku lusu lwa Janah”* **Abu Dauda yeyagyogera.**

Omukyala akakatibwako okugondera bba singa ensonga gyabeera amugambye temenya mateeka ga Allah. Ate kyabuwaze/kimukakatako nnyo okugondera bba singa amuyita mu nsonga z'obufumbo Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *“Singa omusajja ayita mukyalawe mu nsonga z'obufumbo kyokka omukyala nagaana omwami nasula nga munyivu, Malaiyika zisula zikolimira omukyala oyo ekiro kyonna”* Hadith eyo yegattibwako. **Bukhari ne Muslim.**

Kiri Haraamu omukazi okwekuba kalifuwa ng'agenda kutambula. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *“Singa omukazi yekuba kalifuwa nayita ku basajja kalifuwa oyo abasajja nebamuwunyiriza omukazi oyo abeera ayenze”* **yayogerwa**

ESSWALA

Okwaziina n’okukima esswala, faradha yakumaligana ku musajja. Ate Sunna ku muntu ali omu n’omutambuze.

Ate kitamwa ku mukazi okwaziina n’okukima esswala.

Okwaziina n’okukima esswala tekituuka ng’obudde bw’e sswala tebunnatuuka okujjako ku Sswala ya Subuhi erina okwaziina okwemirundi ebiri. Okwaziina okusooka kukkirizibwa oluvannyuma lw’ekitundu ekisooka eky’ekiro.

OBULOMBOLOMBO BW’E SSWALA.

Asaala atekwa okubeera nga; 1. Musiraamu. **2.** Ategeera bulungi.

3. Mukulu ayawula wakati w’ekibi n’ekirungi. **4.** Nga yetukuzza.

5. Obudde bw’esswala nga butuuse. Obudde bwe sswala ya **Zuhur** butandika nakukyuka kwa njuba nebukoma ekisiikirize wekyenkanira nnyini kyo. **Ate obudde bwa Asri** butandikirawo ekisiikirize wekyenkanira nekinnakyo, ate ekiseera ekitali kirungi kyekyo ekisemberedde Magrib. **Ate Magrib** etandika nakugwa kwa njuba okukoma ebire ebimyufu webiggwerayo ku ggulu.

Ate Isha etandikira awo n’ekoma ku kitundu ky’ekiro ekisooka (Kino kye kiseera ekisinga obulungi). Ekiseera ekisembayo ekitali kirungi kikoma kukuvaayo kwa Al Fajir. Ate Sswalat **Al Fajir** etandika nakuvaayo kwa Al Fajir okukoma enjuba weviirayo. **6.** Asaala alina okubikka obwereere bwe.

7. Okwesamba/okwejjako/Najis ku mubiri gwe, ne ku lugoye lwe wamu n’ekifo wagenda okusaalira. **8.** Okwolekera kibulah. **9.** Okubeera ne Niyat.

EMPAGI Z’E SSWALAH. Zino ziri 14:

1. Okuyimirira mu Sswala eya Faradha kw’oyo alina obusobozi. **2.** Okuleeta Takibirah eyemizizo. **3.** Okusoma Al -Fatiha. **4.** Okukutama ku maviivi. **5.** Okusitulaemikono ng’ova mu kukutama. **6.** Okwenkanankana ng’ova mu kukutama. **7.** Okuvunnamira ku biyungo musanvu. **8.** Okutuulamu wakati w’envunnamu ebbiri. **9.** Tahiyat esembayo. **10.** Okutuula ng’osoma tahiyat eyo. **11.** Okusaalira Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) mu tahiyat esembayo. **12.** Okutoola salaam esooka. **13.** Okwenkanankana mu mpagi zonna ez’ebikolwa. **14.** Okuliraanyisa empagi ezo.

NB: Esswala tetuuka singa empagi ezo obeera tozituukirizza. Era eraka yonna efa singa oliko empagi mu yo gy’olese wadde nga werabidde oba okikoze mu bugenderevu.

EBIKAKATA MU SSWALA.

Bino biri munaana; 1. Takibira zonna ez’okujjululukuka ng’ogyeko takibirat Ihram. **2.** Okugamba nti Samiya Llahu Liman Hamidahu. **3.** Okugamba nti Rabbana walaka li hamudu. **4.** Subuhana Rabiya Adhimi ng’okutamye ×1. **5.** Subuhana Rabiya Ala ng’ovunnamye ×1. **6.** Rabbi gifiril wakati w’envunnamu ebbiri. **7.** Tahiyat esooka. **8.** Okutuula mu Tahiyat eyo.

Singa oleka ekimu kw’ebyo ebyalaalikibwa ng’ogenderedde esswala yo efa. Kyokka singa obeera werabidde, ovunnamu oluvunnamu olw’okwerabira.

SUNNA Z’ESSWALA. Esswala erimu ebikolwa n’ebigambo nga bibalibwa nti bya Sunna. Era singa werabira ekikolwa oba ebigambo ebya Sunna mu Sswala ng’okigenderedde oba nedda Sswalayo efa.

EBIGAMBO EBYA SUNNA MU SSWALAH. ★ Duwa eggulawo eSswala. ★ Awudhu billah. ★ Basmalah (*Bismillah*). ★ Amiina wamu nokugyogera mu lwatu. ★ Okusoma essuula endala oluvannyuma lwa Al-Fatiha. ★ Okusoma mulwatu

ku Imaam. Ate yye omugoberezi takkirizibwa kusoma mulwatu.

✳ Okusoma Hamdan Kathiran ... ✳ Ebyeyongera ku Tasbihi z'okukutama n'okuvunna ie (emirundi egyeyongera ku gumu). ✳ Ne Rabbi gafirli.

✳ Edduwa esomwa nga tonnatoola Salaam.

SUNNA EZ'EBIKOLWA MU SSWALAH. ✳ Okuwanika emikono gyombi ng'ogenda mu takibirah ey'emizizo nebwooba ogenda okukutama oba ng'ova mu tahiyat esooka. ✳ Okussa omukono ogwa ddyo ku gwa kkono wansi w'ekifuba. ✳ Okutunula mu kifo w'ogenda okuvunna. ✳ Okwawulamu ebigere byombiriri ng'oyimiridde mu Sswalah. ✳ Okusookawo amaviivi ng'ovunna nozzaako emikono, n'ozzaako ekyenyi n'enyindo. ✳ Obutaliraniganya maviivi ng'okutamye. ✳ Okutuula okwokweyalirira wakati w'envunna ebbiri ne mu tahiyat esooka. ✳ Okutuula okw'okuyisinganya amagulu mu tahiyat esembayo. ✳ Okussa ebibatu ku bisambi ng'otudde mu Sswalah. ✳ Okusonga olugalo ng'oli mu tahiyat. ✳ Okutunula ku ddyo ne ku kkono ng'otoola salaam.

OKUVUNNAMA OKW'OKWERABIRA.

Kya Sunna okuvunna singa okola ekintu ekikirizibwa mu kifo ekitali kyakyo, eky'okulabirako okusoma aya za Quran ng'oli mu kuvunna.

Ate kirungi okuvunna singa ojjukira nti obadde oliko ekintu ekya Sunna kyewerabidde.

Ate kyatteeka okuvunna oluvunna olw'okwerabira singa obeera weerabidde okukutama oba okuvunna oba okuyimirira, oba okutuula, oba singa otoola salaam nga tonnamalayo tahiyat oba singa oba werabira ekintu eky'obuwaze mu Sswala oba singa obuusuusa nti wayongedde mu kikolwa ekya wajib.

Kitta esswala singa mu bugenderevu toleeta luvunna lwa kwerabira nga werabidde ekya wajib kyonna mu Sswala.

ESSWALA ENGERI GY'ESALIBWAMU.

Oyimirira ng'oyolekedde e kibula nogamba nti "**Allahu Akbaru**" Imaam kino akyogera mulwatu era ne takibiira zonna azoogera mulwatu okusobola okuwuliza babeera asaaza wabula asaala yekka takibira azogera mukyama.

Bw'obeera oleeta takibira eggulawo eSswala ositula emikono gyombiriri wakati webibegabega ate nogissa wansi wekifuba ng'ogwa ddyo gweguli kungulu amaaso negatunula mukifo wagenda okuvunnamira.

Olwo nasoma edduwa eggulawo esswala (Edduwa zino nyingi naye osoma eyo gyewakwata) ng'eno "**Subhanaka Allahumma wabihamudika watabaaraka Isimuka wata-ala jadduka wala ilaaha gairuka**".

Oluvannyuma lw'edduwa eyo osoma Audhu billah n'osoma Bismillah, n'osoma Al-Hamudu, kya sunna omugoberezi naye okusoma Al-Hamudu nga Imaam asiriikiriddemu oluvannyuma lw'okusoma Al-Hamudu. Naye kino akikola mukyama. Ate kibeera kyatteeka ku mugoberezi okusoma Al-Hamudu singa eSswala ebadde ya kyama. Oluvannyuma asoma ekyo kyonna kyabeera asobodde mu Quran.

Kya sunna okuwanvuyako mu Sswala ya Subuhi ate ku Magrib n'osoma kitonotono ate mu Sswala endala okusoma eky'ekigero.

Imaam asoma mulwatu ng'asaaza Subuhi ne mu raaka ebbiri ezisooka ku Sswala Isha ne Sswala Magrib.

Bwomala okusoma ekikwanguyidde mu Quran ogamba nti *Allahu Akbar* n'okutama ku maviivi engalo ozanjuluza ngozitadde ku maviivi, era nogolola bulungi omugongo n'ogamba nti; "*Subuhana Rabbiyal Adhiimi* ×3" ekitegeeza yayawukana Allah omulezi wange owekitiibwa.

Oluvannyuma n'ojjulukuka ng'ogamba nti "*Samiya Llahu Liman Hamidahu*" ekitegeeza nti Allah awulira oyo amutendereza.

Bwomala okwesimba ogamba nti; *Rabbana walaka l Hamud, Hamudan kathiira twayiban mubarakata fihimilia samawat wamilia li aridha wamilia mashita mini shaini badau.*

Oluvannyuma ovunnama ng'ogamba nti Allahu Akbaru. Agaziya emikonogyega nga nawolovuwe takoonna ku mubirigwe olubutolwo notalukonyesa ku bisambibyo nagaziya emikono, nosimba obugere nga nabwo bwolekedde kibula ngengalozo nosoma edduwa eno. "*Subuhana Rabbiyal Ala*×3".

Ekitegeeza nti wayawukana omulezi wange Allah owa waggulu. Oyinza okwongerako edduwa endala ezasomesebwa oba okusoma gyobeera oyagadde yonna. Bwomala ovaawo n'otuula nga bw'ogamba nti Allahu Akbar n'otuuulira ku kugulu okwa kkono, okwa ddyo n'okusimba n'osoma "*Rabbi gafiril* ×2" Omulezi wange nsonyiwa, oyinza okwongerako bino;

"*War-hamuni wajiburuni war-faani waru-zukuni, wanisuruni, wahidini w'aaqfin*". **Ekitegeeza nti:** onsasire, onyunge, onsitule, ongabirire, ontaase, onnungameye, era omponye.

Oddamu n'ovunnama omulundi ogw'okubiri era n'okola nga bwewakoze mu kusooka.

Olwo n'onona e Raka ey'okubiri n'okola nga bwewakoze mu Raka esooka. Bwogimala otuula mu tahiyat esooka. Oteeka ebibatu ku bisambi nosongola olugalo lu nvamumba n'osoma bw'oti; *Attahiyat Lillahi, wasswalawaat, watawayyibat, Assalaamu Alaika Ayyuha Nabiiyyu warahmatu Llahi wabarakatuh, Assalaam Alaina w'ala Ibaad Llahi Swalihiina, Ashihad Ani Lailaha Illa llahu washihadu anna Muhammadn Abduh warasuuluhu.* **Amakulu;** Ebiramuso ebirungi n'ebiyengera byonna bya Allah. Emirembe gibeere kuggwe Nabbi wa Katonda wamu nokusaasirakwe n'emikisa gye. Emirembe gibeere kuffe ne ku baddu ba Allah abalongoofu.

Nzikiriza n'omwoyo gwange ne nkakasa n'olulimi nti tewali kisinziibwa mu butuufu okujjako Allah. Era nzikiriza n'omwoyo nenkakasa n'olulimi nti mazima Nabbi Muhammad muddu wa Allah era mubakawe.

Bw'omala n'oyimuka okunona eraaka endala, tosoma mulwatu era osoma Al-Hamudu yokka toyongerako suula ndala.

Bwomala notuula mu tahiyat esembayo mu lutuula luno, otuulira okugulu okwa kkono n'okuyisizaamu ddala mu kwa ddyo olwo n'osoma tahiyatu esooka n'oyongerako.

Allahumma Swalli Alaa Muhammad walaa Ali Muhammad kama swallaita Alaa Ibrahiima w'alaa Ali Ibrahiim Innaka Hamiidun Majid. Ayi Allah ssa ebyengera ku Nabbi Muhammad ne ku bantu be nju ye nga bwe wassa ebyengera ku nabbi Ibrahim ne ku bantu ba Ibrahim mazima gwe otenderezebwa era ow'ekitiibwa.

Allahumma Baarik alaa Muhammad waala Ali Muhammad kamaa barakita Alaa Ibrahim Innaka Hamiidun Majid. Ayi Allah era ssa emikisa ku Nabbi Muhammad ne ku bantu b'enjuye nga bwewassa ebyengera ku Nabbi Ibrahim n'abantu benju ya Ibrahim mazima ddala Otenderezzebwa ow'ekitiibwa.

Era kya Sunna okwongerako bino: *"Audhu bi llahi mini adhaabi nnaari w'adhabi li kaburi wafitinat L-mahiya wali mamaati wafitinat Al-Masihi Dajjali"*

Amakulu; "Nekingiriza ebibonerezo by'omuliro n'ebibonerezo bya kaburi n'ebikemo by'obulamu n'ebikemo by'okufa kwange n'ebikemo bya Masihi Dajjali. oba edduwa endala mwezo omubaka wa Allah zeyasomesa bwomala n'otoola salaamu emirundi ebiri nga bw'otunula ku ddyo n'oluvannyuma ku kkono.

Era kiri Sunna okusoma edduwa ezaava ku Nabbi ^(*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) Agamba nti: *"Astagafuru Llah"* emirundi esatu, ekitegeeza nti: nsaba Katonda ekisonyiwo. *Allahumma anta Ssalaamu, wa Minka Ssalaamu, Tabaarakta Yaadhajjalaal wal ikraam, Laa ilaaha Illah Llaahu wahdahu, laa shariika lahu, lahul mulku walahul hamdu, wahuwa alaa kulli shaein qadiiru, Laa haula walaa kuwwata illa billaahi, laa ilaaha illa llaahu, walaa n'abudu illa iyyaahu, lahun-iema, walahul fadhlu, walahu thanaa-u al hasan, laa ilaaha illah llaahu, mukhliswina lahu ddiina walaw karihal kaafiruuna, Allahumma laa m'ania limaa a-atwaita, walaa mu-utwiya limaa mana-ata, walaa yanfau dhaljaddi, minkal jaddi.*

Amakulu: Ayi Mukama ggwe mirembe, era gyoli yeeva emirembe, wasukkuluma Ggwe nannyini kitiibwa n'okugulumizibwa, tewali kisinziibwa mu butuufu okuggyako Katonda yekka, tewali kimugattibwako, obufuzi bwonna n'okutenderezzebwa bibye yekka. Era yye muyinza ku buli kintu. Tewali kuyiyya oba okusobola okukola ekintu kyonna okuggyako nga kirimu obuyinza bwa Katonda. Tewali kisinziibwa mu butuufu okuggyako Katonda, era tetusinza okuggyako yye yekka, ebyengera byonna n'ebirungi biva wuwe yekka. Ye yekka yateekeddwa okutenderezzebwa. Tewali kisinziibwa mu butuufu okuggyako yye, nga yye yekka yaasinziibwa, newakubadde nga Abakafiiri bakiwakanya, Ayi Mukama tewali ayinza kumma kyogabye, era tewali ayinza kugaba kyomye, era tewali wamaanyi agasa anti amaanyi gasibuka gyoli.

Esswala bweba ya Subuhi oba Magharibi, kwebyo ebyogeddwa waggulu ayongerako nti: *"Laa ilaaha illa llaahu, wahdahu laa shariika lahu, lahul mulku, walahul hamdu, yuhyii wa yumiiitu, wahuwa alaa kulli shai-en qadiiru,* emirundi kkumi.

Ebitegeeza nti: Tewali kisinziibwa okuggyako Katonda yekka, tewali kimwegattako, obufuzi bwonna n'okutenderezzebwa bibye yekka, awa obulamu era natta, era yye muyinza ku buli kintu.

Ebyo nga biwedde agamba nti: **"Subhaana llahu"**, Katonda musukkulumu, emirundu **33**, **Walhamdu lillah**, ebitendo byonna bya Katonda, emirundi **33**. **Wallahu akbar**, era Katonda yaasinga mu buli kintu, emirundi **33**. ajjuza omulundi ogw'ekikumi ng'agamba nti: *"Laa ilaaha illa llaahu, wahdahu laa shariika lahu, wahuwa alaa kulli sha-ien qadiiru"*

ebitegeeza nti: Tewali kisinziibwa okuggyako Katonda, yekka tewali kimugattibwako, obufuzi bwonna n'okutenderezzebwa bibye, awa obulamu era natta, era nga ddala yye muyinza waabuli kintu. Bwamala ebyo, asoma **ayatul kursi**, ne Kul huwa llaahu ahadu, ne kul audhu birabbil falaki, ne kul audhu birabbi Nnaasi, addingana okusoma kul audhu zombiriri ne kul huwa llaahu emirundi esatu buli lwamala esswala ya Subhi ne ya Magrib.

ENGERI OMULWADDE GYASAALAMU.

Singa okuyimirira kuyinza okukwongera obulwadde, oba nga tosobola kuyimirira osaala ng'otudde bw'obeera nga tosobola kutuula, osaala ng'ogalamidde ku luddalwo bw'okalubirirwa osaala nga webase bugazi singa obeera tosobola kukutama nakuvunnama osaala ng'olaza bulaza, era omulwadde akakatibwako okuliwa esswala ezibeera zimuyiseeko.

Singa akalubirirwa okusaala buli Sswala mu kiseera kyayo azigatta. Dhuhuri ne Aswir, Magrib ne Isha, nga asaalira mu kiseera ky'emu kuzombiriri.

ESSWALA Y'OMUTAMBUZE.

Singa olugendo lusoba mu kilometer 85 ng'olugendo olwo ssi lwa Haraamu okkirizibwa esswala ey'e Raka ennya ogisalako nezisigala bbiri. Naye singa olugendo/obugenyi ogenda ku lumalako ennaku ezisoba mu nnya olwo tosala ku sswala.

Singa oli ku Safari ojjuzza esswala n'omutuuzze oba singa waliwo eSswala gyewerabidde nga tonnayingira mu lugendo nogijjukira ng'oli mu lugendo oba ekyenyeume kyekyo olwo gyewerabidde nga tonnayingira mu lugendo ogisaala nga tosazeeko.

Omutambuze ayinza okumalayo eraka zonna wabula ekisinga obulungi kusalako.

ESSWALA Y'E JUMA.

Esswala ye juma esinga eya Dhuhuri ebalibwa nti Sswala eyetongodde ssi Dhuhuri esaliddwako era tesaalibwa raka nnya tegattibwa na Aswir wadde nga wabaddewo ensonga.

SSWALA YA WITRI.

ESswala eno ya Sunna, esaalibwa luvanyuma lwa Isha okukoma AlFajir weviirayo. Witri eva ku raka emu okukoma ku raka 11. Buli luvanyuma lwe Raka bbiri osaza salaamu. Kino kyekisinga obulungi.

Oba osaala eraaka ssatu ne salaamu z'a mirundi ebiri. Ekitegeeza osaala eraaka bbiri ate nosaala eraka emu notoola salaamu.

Kya Sunna okusoma Surat Aalaa mu raaka esooka n'osoma Surat Kafiruuna mu raaka ey'okubiri ate n'osoma kul-huwa Lahu Ahadun mu raaka ey'okusatu.

Era kya sunna okusoma edduwa ya kunuutu oluvanyuma lw'okukutama nositula emikono nosoma mulwatu wadde oli wekka.

ESSWALA Y'OMUFU.

Okunaaza omusiraamu ng'afudde, okumuzinga, okumusaalira, okumusitula n'okumuziika bintu ebyalaalikibwa kyokka nga byakumaligana singa abamu bakola ku munnabwe ngafudde babeera bamalidde abalala.

Wabula omuntu afiiridde mu lutalo nga alwanirira busiraamu tanaazibwa, tazingibwa aziikibwa mu ngoyeze wabula tumusaalira.

Omusajja aziikibwa mu ssuuka ssatu nga njeru, ate omukazi aziikibwa mu ngoye ttaano, essuuka bbiri, ekkanzu enkutu n'akakaaya.

Kya Sunna Imaam okuyimirira mu buufu bwefufuba kya mayiti yomusajja ate singa abadde mukazi Imaam ayimirira mu makkati ga mayiit.

Aleeta takibira nnya buli takibira emikono gisitulwa.

Takibira esooka Al Hamudu yesomwa yokka mu kyama.

Eyokubiri kubeera kusaalira Nabbi (*Sal-lal-laahu
alaih wa sal-lam*).

Takibira ey'okusatu kubeera kusabira mufu.

Takibira eyokuna osiriikiriramu katono n’oluvannyuma notoola salaamu. Kiri Haraamu okusitula entaana ekigero ekisukka oluta. N’okugiwandiikako, okugituulako nokugiyimirako oba okugitambulirako. Era kizira okussa amataala mu kaburi okugyetoolo oba okuzimbako omuzikiti oba okuziika mu muzikiti. Era kikakata okumenya ebibeera bizimbiddwa ku kaburi.

Singa omamya nti bwolifa abantu bo balikukubira ebiwoobe obalaamira obutakikolanga. Singa tokikola Allah agenda kukubonereza olw’ekyo. Shafii yagamba nti; kibi okutuula ng’olindirira bakukubagize. Ekisinga okuziika nga kuwedde buli muntu adde ewuwe.

Kya Sunna okuyamba abafiiriddwa nemubategekera ekyokulya ate kibi mwe abazze okuziika okudda ku mere yabwe nemulya. Oba okutegekera abatudde awo nti bakungubaga.

Kya Sunna okulambula kaburi yomusiraamu naye nga tokwata lugendo nti ngenze kulambula kaburi.

Era kikkirizibwa okulambula kaburi y’omuntu atali musiraamu era natali musiraamu tagaanibwa kulambula kaburi yamusiraamu.

Kya Sunna abayingidde mu limbo okugamba nti; *“Assalaamu Alaiku Daari Kawumili Mu-miniina au Ahali Diyari mina li muminiina wa inna in-sha- Allah bikum lahikuuna yariham Llahu Li mustakidimiina minnah wal-mustakhiriina. Nasialu Llahu lana walakum L-Afiyat. Allahhumma La tuhurimuna Ajirahum wala tafutinna badahumu wagafirirana walahumu”*. **Ebitegeeza nti;**

Emirembe gibeere ku mmwe abali mu mayumba gano abakkiriza mummwe naffe Allah bwalibeera ayagadde tujja musisinkanayo.

Allah asaasire abasookayo abawonye embeera embi yonna.

Ayi Allah totumma empeera zabwe era totuleetera ebigezo oluvannyuma lwabwe era tusaasire nabo obasaasire.

ESSWALA ZA IDD.

Esswala ya Idd faradha yakumaligana abamu bwebasaala abasigadde mu kitundu tebabeera namusango.

Esaalibwa mu budde bwebumu nga obwa Sswalat Dhuha (Ngenjuba evuddeyo). Singa kitegeerekeka nti idd yaleero naye nga enjuba emaze okukyuka, olwo esaalibwa nkeera.

Obulombolombo bwayo buling obwa Sswala ye juma okujjako khutuba ebiri. Sikirungi kusaala Sswala ya Sunna yonna mukifo ekyo Idd nga tennasalibwa oba ng’ewedde.

Idd esaalibwa Raka bbiri. Eraaka esooka aleeta takibiira mukaaga oluvannyuma takibira ey’emizizo. Ate eraaka ey’okubiri nga tannasoma Al-Fatiha oleeta takibiira ttaano nga buli takibiira asitula emikono.

Imaam ng’amaze zi takibiira mu raka esooka asoma Audhu Billah, nasoma Al-Hamud Lillahi mulwatu, nazzaako (Sabbih) mu raka eyokubiri asoma Gashiya. Bwatoola salaam asoma khutuba bbiri ng’eze jjuma naye kya sunna okuyitiriza takibiira mu khutuba zombi. Naye singa abeera nga taleese zi takibiira Idd etuuka kubanga takibira ezo za sunna.

ESSWALA YOKUSIIKIRIZIBWA KWENJUBA.

Esswala eno kya sunna okugisaala ng'enjuba/mwezi ng'ekimu ku byo kisiikiriziddwa okukoma ng'embeera y'okusiikirizibwa eweddewo.

Esswala eno teriyibwa singa ebadde ekuyiseeko ate nga ekibadde kisiikiriziddwa kiteereddwa.

Esaalibwa e Raka bbiri. Mu raaka esooka Imaam asoma mulwatu Surat Al Fatiha (Al-Hamudu n'agattako ne ssurat endala yonna nga mpanvu, bwamala nakutama, naddamu neyisimba tavunnama. Wabula addamu nasoma Al Fatiha n'esurat endala nga mpanvu. Addamu nakutama olukutama oluwanvu, ate nakutaamulukuka, navunnama envunnama bbiri nga mpanvu, addamu nasaala eraka eyokubiri nga kwasadde esooka, bwamala asoma tahiyiyatu natoola salaam.

Singa omugoberezi asanga Imaam avudde mu lukutama olusooka eyo Raka ebeera emusubye.

ESSWALA Y'OKUSABA ENKUBA.

Esswala eno ya Sunna. Esaalibwa singa enkuba ebadde emaze ebbanga nga tetonnya ng'ekyeya kitandise okukosa buli kiramu.

Ensaala yaayo y'emu ne nsaala gyetusaalamu Idd. Okujjako nti yo ebeera ya Khutuba emu.

Era kya Sunna okukyusa ekifundikwa kye ssuuka gyobeera oyambadde n'okizza ku mukono omulala.

ESSWALA EZ'ENYONGEZA.

Omubaka Muhammad ^(*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) buli lunaku yasaalanga e Raka 12 ng'ogyeko ezo ez'eSswala eza faradha.

Eraka ezo 12 ze zino: ★ E Raka bbiri nga tonnasaala Subuhi. ★ E Raka nnya nga tonnasaala Dhuhuri. ★ E Raka bbiri ng'omaze Dhuhuri. ★ E Raka bbiri ng'omaze Magrib. ★ Ne Raka bbiri ng'omaze Isha.

Era waliyo n'e Raka ne Sunna endala ezayogerwa.

EBISEERA EBITAKKIRIZIBWA KUSAALIRAMU.

Kyaziyizibwa okusaalira mu biseera ebyagaanibwa era bye bino: ★ Enjuba w'eviirayo okutuuka ngesituse ekigero ky'effumu. ★ Enjuba webeerera mu makkati okutuusa nga ekyuse. ★ Oluvannyuma lw'eSswala ya Asri okutuusa enjuba lwegwa. Wabula singa obadde nga Sswala yansonga ey'eyawudde okkirizibwa okugisaalira mu budde obwo bwonna obumenyeddwamba gamba singa ebadde emu ku zino; ★ Tahiyiyatul Masjid. ★ Raaka ebbiri ezisaalibwa ng'omaze okwetooloola Kaaba. ★ Sunna za Subuhi. ESswala y'omufu. ★ Raka ebbiri eza Udhu. ★ Okuvunnama okwokusoma Quran oba okwokwebaza.

EBIKWATA KU MIZIKITI N'ENGERI OBUSIRAAMU GYEBUTUSOMESAAMU.

Kikakata okugizimba okusenziira ku bwetaavu. Era omuzikiti kye kifo Allah kyasinga okwagala.

Kiri haram/kyaziyizibwa okuyimbira mu gyo, okufuuyiramu emirere, abakyala okwetabula nabaami awamu, okukoleramu ebikolwa ebyabafumbo, okutundiramumu n'okuguliramumu. Era kya Sunna omuntu abeera atundiramumu okumugamba nti "Allah tassa magoba mu kusuubulakwo". Era kiri haramu okulangira ebibuze mu muzikiti era kya Sunna singa owulira alangiramumu n'omuddamu nti; "Allah musaba oleme kukiraba".



Kirungi okusomesezaamu abaana, okuwooweramu, okusasuliramu amabanja, okwebakamu kw'oyo ali ku Itikaafu oba omulala yenna. Oba omutambuze okusulamamu oba omulwadde okugalamira omwo oba okuwummuliramamu mu biseera ebyettuntu.

Kya Sunna okugukuuma obutayomberamu, obutanyumizaamu nnyo, okusituliramamu amalozoobi ng'oli ku kintu ekitamwa n'okugufuula ekkubo awatali bwetaavu.

Kibi okunyumizaamu embooji ey'ensi, emisaalo gyamu, amasanyalaze gamu oba amataali gamu tegakozesebwa mu mikolo ng'e mbaga oba mu kukungubaga.

ZZAKA

Zzaka ekakata mu bintu byamitendera ena; 1. Mu bisolo ebirundibwa.

2. Ebiva mu ttaka/Ebirime. **3.** Sente enkalu. **4.** Eby'obusuubuzi.

OBULOMBOLOMBO OBUKAKASAAWO ZZAKA.

Zzaka tetuuka okuggyako ng'obulombolombo butaano butuukiridde.

1. Agitoola alina kubeera musiraamu. **2.** Nga mwana wabowo ssi muddu.

3. Nga ekigenda okuggibwamu Zzaka kiweza omuwendo.

4. Ng'atoola ye nannyini. **5.** Nga kiyiseeko omwaka okujjako ebirime.

ZZAKA Y'EBISOLO.

Eno erimu engeri ssatu.

Eggibwa mu; Ngamiya, mu nte, mu mbuzi.

Obulombolombo bubiri obukakasaawo Zzaka mu bisolo;

1. Okubirundira omwaka oba n'okusoba.

2. Okubeera nga birundibwa nga tebikozesebwa gamba nga mu kulima.

Wabula singa bibeera bikozesebwa mu byakusuubula mutoolebwamu Zzaka ng'etoolebwa mu by'obusuubuzi.

ZZAKA EGGIBWA MU NGAMIYA.

OMUWENDO GWE NGAMIYA	1-4	5-9	10-14	15-19	20-24	25-35	36-45	46-60	61-75	76-90	91-120
ZZAKA EGGIBWAMU	Temuli Zzaka	Embuzi Emu	Embuzi Bbiri	Embuzi Ssatu	Embuzi Nnya	Engamiya ey'omwaka ogumu	Engamiya ey'emyaka ebiri	Engamiya ey'emyaka esatu	Engamiya ey'emyaka ena	Engamiya bbiri nga zombie za myaka ebiri ebiri	Engamiya bbiri nga buli emu ya myaka esatu

Singa ziwera enyamiya 120, buli lwekweyongerako 50 tukujjako engamiya ey'emyaka esatu. Ate ku buli 40 tukujjako engamiya eyemyaka ebiri.

ZZAKA EGGIBWA MU NTE.

OMUWENDO GWE NTE	1-29	30-39	40-59
ZZAKA EGGIBWAMU	Temuggibwamu Zzaka	Muggibwamu ennyana ya mwaka gumu	Muggibwamu ennyana ey'emyaka ebiri

Singa ente ziwera 60 nokusingawo mu buli 30 ageyongeramu tuggyamu ennyana/ente yomwaka ogumu.

Ate ku buli 40 tuggyamu ente ewezezza emyaka ebiri.

ZZAKA EGGIBWA MU MBUZI.

OMUWENDO GWE MBUZI	1-39	40-120	121-200	201-399
ZZAKA EGGIBWAMU	Temuli Zzaka	Emzubi emu	Embuzi bbiri	Emzubi ssatu

Singa ziwera embuzi 400 n'okusingawo, buli 100 ekyeyongeramu embuzi emu yeggibwamu.

NB: Embuzi enkadde eyettulu eyonsa ney'olubuto teziwebwayo.

ZZAKA Y'EBIRIME.

Zzaka ekakata okugyibwa mu birime mu mpeke n'ebibala ngobulombolombo busatu butuukiridde.

1. Birina okubeera nga biriibwa era nga bisobola okuterekebwa nga kasooli n'ebirala.

Wabula ebitaliibwa nga naye biterekebwa omwo temugyibwamu Zzaka.

2. Okuweza ekigero ekiggibwamu Zzaka.

3. Okubeera ng'ebirime bibyo mu kiseera webibeera bikakatibwa okuggyamu Zzaka.

Kikakata okutoola **10%** ku birime ebifukiriddwa enkuba ng'omulimi ssi yabadde abifukirira.

Ate ebyo ebibadde bifukirirwa omulimi muggibwamu **5%**.

Ate ebyo ebibadde bifukirirwa ennaku ezimu ng'ate endala enkuba y'ebifukirira, tugoberera ekisinze okubeerawo, olwo okubala tukwesigamya ku nnaku ezibaddemu okufukirirwa ne zitabaddemu.

ZZAKA EGGIBWA MU BY'OBUGAGGA.

Bino bya mirundi ebiri; 1. Zaabu **2.** Feeza.

Zaabu amala kuweza grams **85** olwo nemuggibwamu Zzaka.

Feeza amala kuweza grams **595** nemuggibwamu Zzaka.

Sente ziggibwamu Zzaka nga zimaze okuweza omuwendo ogubeera gukerekeddwa **2¹/₂** ku buli 100 zeziggibwa ku sente ezituukirizza obulombolombo bwa Zzaka.

Singa olina eky'obugagga naye nga okikozesa bukozesa totolamu Zzaka. Wabula bwekiba kya kupangisa sente ezivaamu bweziwera omutemwa olwo Zzaka evaamu.

Singa enfuna y'omuntu ebadde ng'a leero nnungi ate ng'olulala mbi, nga kizibu gyali okutereka ensimbi ezo nagyamu Zzaka, afuna olunaku/ekiseera walabira nti lwalina obusobozi era Zzaka neggibwamu.

Singa obadde ofuna musaala oba olina mayumba oba ekintu kyonna kyopangisa naye nga sente zoggyamu tofissaawo z'otereka, olwo Zzaka tekukakatako.

Naye singa obeerako kyotereka nekiyitako omwaka olina okutoolamu Zzaka.

ZZAKA YEBBANJA

Omuntu alina gw'abanja nga mugagga oba nga alina sente ezimala okusasula ebbanja. Wonna webamusasulira atoola Zakka y'amyaka ebiri egyemabega.

Nebwekina nga abadde abanjibwa egisukka kw'ebiri.

Bwekiba nti gwabanja mwavu takakatwako kutoola Zakka yonna.

ZZAKA MU BY'OBUSUUBUZI

Zzaka etoolebwa mu byobusuubuzi oluvannyuma lw'okutuukiriza obulombolombo buna.

1. Okubeera nga Business yiyo era nga ggwe ogifuga.

2. Okubeeranga yaginuyirira/gikakasa nti ddala Business.

3. Okubeera ng'eweza ekigero ekitoolwamu Zzaka.

4. Ng'eyiseeko omwaka.

Bwoba olina obugagga nga bwabintu ebyenjawulo ogatta omuwendo gwabyo notoola Zakka.

ZZAKA AL-FITRI

Zzakat Al Fitri ekakata ku buli musiraamu abeera alina kyafisizzawo ng'amaze okufuna kyanalya n'abantube ku lunaku lwa Idd n'ekiro kyalwo.

Yetoolero natoolera nabo bonna baalabirira kabeere mwana muwere buli omu ekigero kya $2 \frac{1}{4}$ eky'emmere esinga okulibwa mu kitundu ekyo.

Kya sunna okugitoola ku lunaku lwa Idd nga esswala tennatandika. Tekikkirizibwa kugitoola ngesswala ewedde. Naye kikkirizibwa okugwayo nga wabula olunaku lumu oba bbiri.

ZZAKA NGA BWEWEBWAAYO

Zzaka etoolebwawo. Kikakata okutoolera omwana omuto nomulalu singa obugaggabwe buweza ekigero.

Kya sunna nanyini sente okugyawulamumu singa ogiwaayo nga Sadaq eyabulijjo tofuna mpeera za Zzaka.

Kirungi Zzaka okugitoolera mu baavu bekitundu kyo. Tekirina kabi konna singa ogitwala mu kitundu ekirala olw'ebigendererwa ebirungi.

EMITENDERA GYA BANTU ABAFUNA ZZAKA.

Giri munaana:

1. Abaavu.
2. Bamufuna mpola.
3. Abakola ku bya Zzaka.
4. Eyakayingira obusiraamu aweebwa olw'okukola ku byetaago bye.
5. Ali mu buddu ng'a yagala kununulwa.
6. Alina amabanja.
7. Ali mu kkubo lya Allah.
8. Ali mu lugendo ngentanda oba entambula emuwedde.

Buli omu mu mitendera egimenyeddwawe abawebwa okusenziira ku bwetaavu bwalina.

Okuggyako abo abakola ku Zzaka bo bawebwa okusenziira ku kigero kyayo ka kibeere nti omuntu yo agikozeko mugagga.

Zzaka ewebwa omuntu yenna kabeere mwononefu tugimuwa singa agwa mu mutendera ogwabo abafuna.

Kikkirizibwa era nyiniyo nafuna empeera wadde nga omukulembeze alagidde Zzaka etoolebwe lwa mpaka.

Bano tebawebwa Zzaka.

1. Omukaafiiri.
2. Omuddu atalina ssuubi kuteebwa.
3. Omugagga.
4. Omuntu gwokakataka okulabirira.
5. Abali mu lulyo lwa Nabbi.

Singa Zzaka ogiwa omuntu atasaanidde oba atateekeddwa kugifuna nga tomanyi oluvannyuma nokizuula tofunamu mpeera.

Ate singa ogiwa omuntu ng'olowooza nti mwavu oluvannyuma n'okizuula nti mugagga ate ekyo tekibeera kibi.

SADDAKA ENDALA.

Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *Ebimu kw'ebyo omukkiriza byalisanga mu mirimu gye n'ebirungi bye Allah nga muggye mu nsi ye Ilimu gyeyasomesa era nagisaansanya, nomwana omulongoofu gwalese ku nsi oba Quran gyeyasikiza abalala oba omuzikiti gweyazimba oba ekizimbe kyeyaleka nga kiyamba abatambuze. Oba oluzzi lweyasima oba Sadaq gyeyawaayo ng'akyali mulamu.*

OKUSIIBA

Okusiiba kukakata ku buli; Musiraamu, ategeera, omukulu ng'asobola okusiiba nga tali mu nsonga oba nga tavaamu musaayi gwakizadde singa abadde mukazi. Omwana omuto akkirizibwa okusiiba asobole okwemanyiiza.

Kitegeerekeka nti okusiiba omwezi gwa Ramadhan kutuuse nangeri emu ku bbiri;

1. Singa embonekerera erabiddwa ngagirabye musiraamu, omwesimbu era nga muntu mukulu mukazi oba musajja.

2. Singa omwezi gwa Shaban guweza ennaku 30.

Okusiiba kutandika nga Al Fajri eyamazima evuddeyo okukoma ngenjuba egudde. Tewali kubuusabuusa mu kusiiba okwetteeka olina okubeera ne nniya nga Al Fajiri tenavaayo.

EBYONOONA OKUSIIBA.

1. Okukola emikolo egyabafumbo. Singa okikola emisana; oliwa notoola n'omutango ogw'okuta omuddu.

Singa obeera tomufunye, osiiba emyezi ebiri egiriraanaganye, singa kigaana oliisa abanaku 60, singa byonna bigaana oleka.

2. Okuvaamu amazzi agazaala kiyinza okubeera nga kivudde ku kunywegera, oba kukwata ku mukazi oba omukazi okukwata ku musajja oba okwezannyisazanyisa. Wabula singa weroterera tekirina mutawaana.

3. Okulya n'okunywa ng'ogenderedde. Naye bwoba werabidde okusiiba kwo kubeera kutuufu.

4. Okuvaamu omusaayi nga werumika, wabula singa gubeera mutono ddala oba singa guvaamu togenderedde ekyokulabirako ng'ofunye ekiwundu okusiiba awo tekufa.

5. Okwegoga ng'ogenderedde.

Singa enfuufu etuuka mu mumiro, oba onyumunguza mu kamwa oba ofeesafeesa mu nyindo, amazzi negatuuka mu mumiro oba singa olowooza amazzi agazaala negakuvaamu oba singa weroterera oba omusaayi negukuvaamu oba ebisesemye nga togenderedde okusiiba kwo tekufa.

Singa olya ng'olowooza nti obudde bukyali kiro n'okizuula nti bwakedde dda, obeera olina okuliwa.

Singa olya ekiro ng'obuusabuusa nti Al Fajiri evuddeyo tekyonoona kusiiba.

Singa olya emisana ng'obuusabuusa nti enjuba yagudde obeera olina okuliwa.

EBIKWATA KU MUNTU ASIIBULUKUKA.

Kiri Haramu obutasiiba mu mwezi gwa Ramadhan nga tolina kisonyiyisa.

Ate kikakata okusiibulukuka ku mulwadde wa Haidhi nowa Nifaasi.

Kya Sunna ali ku safari okusiibulukuka era nokusala ku Sswala singa okusiiba kuyinza okumukalubirira mu safari.

Kikkirizibwa okusiibulukuka singa otandika safari emisana.

Ow'olubuto noyo ayonsa singa batya nti okusiiba kuyinza okubakosa oba okukosa abaana basiibulukuka. Era oluvannyuma babeera balina okuliwa kwokka.

Ow'olubuto nayonsa singa basiibulukuka nga batidde nti okusiiba kunaakosa abaana babwe, ku kuliwa bongezaako okuliisa maskiini buli lunaku.

Omuntu bwalemwa okusiiba olw'obukadde oba obulwadde obutasuubirwa kuwona, buli lunaku aliisa omunaku omu era tateekwa kuliwa.

Ate oyo alindiriza okuliwa ng'alina ensonga okutuusa ate Ramadhan

endala netuuka aliwa buliyi naye singa talina kisonyiyisa afuna amuliisiza masikiin omu buli lunaku. Bwaba nga abadde alindirizza okuliwa ng'alina ekisonyiyisa bwafa tewali kimubanjibwa. Naye singa abadde akikoze nga talina kisonyiyisa, bwafa nga tannaliwa abantube baliisa omunaku omu olw'a buli lunaku lwatasiiba. Era kiri sunna ku b'olugandalwe okusiiba ennaku zeyazannyiramu ng'ali mu kuliwa Ramadhan oba okusiibwa okwa Nadhiri yonna gyeheetema. Okutuukiriza Nadhiri y'omufu gyafa nga tannatuukiriza kiba kumuyamba ku kugondera Katonda.

Singa osiibulukuka ng'olina ekisonyiyisa nekiggwawo emisana wekuuma notaddamu kukola bya muntu atali musiihi.

Singa omuntu asiramuka oba owa Haidhi awona/atukula oba omulwadde awona oba abadde ali mu lugendo singa atuuka, singa omwana akula oba singa abadde omulalu atereera emisana nga bonna baabadde tebasiibye, babeera balina okuliwa n'okusiiba ebbanga erisigaddeyo.

Singa okkirizibwa okusiibulukuka mu Ramadhan era nobeera nga tosiiba, tokkirizibwa kusiibira mu mwezi gwa Ramadhan kusiiba kwa Sunnah.

OKUSIIBA OKWA SUNNAH.

- Okusiiba okusinga obulungi kwekubeera ngosiiba olunaku ate nolya olunaku.
- Kuddako okusiiba ku bbalaza ne ku lw'okuna.
- Kuddako okusiiba ennaku ssatu mu buli mwezi ne nnaku ezo zennaku enjeru, (13, 14, 15) mu buli mwezi nga bwegubalibwa mu busiraamu.

Kya Sunna okusiiba mu mwezi gwa Muharramu ne Shaban n'olunaku lwa Ashura, n'olunaku lwa Arafat ne nnaku omukaaga mu mwezi gwa Showal.

Ate kibi okwawulawo omwezi gwa Rajab n'olunaku lw'ejjuma n'olwo mukaaga n'olusiiba, n'okusiiba olunaku lw'obusabuusa nalwo lwe lunaku mu mwezi gwa Shaban.

Kiri haram okusiiba olunaku lwa Idd zombi, ne nnaku, z'okwanika ennyama. Okuggyako eri oyo alina ensonga ngali mu Hijja.

NB:

❖ Omutu abeera ne kizuusi ekinene nga Janaba oba Haidhi ne Nifaasi singa batukula nga Al Fajiri tennavaayo, bakkirizibwa okukeereya okunaaba okutuusa nga Adhan ya Sswala Subuh ewedde, ate yo ddaaku bagiriira mu budde obutuufu wadde nga tebannanaaba. Era okusiiba kwabwe kubeera kutuufu.

❖ Omukazi akkirizibwa okukozesa eddagala neyeziyiza okugenda mu nsonga zabwe mu mwezi gwa Ramadhan asobole okusiiba singa eddagala teriyinza kumukosa.

❖ Omusiibi akkirizibwa okumira amalusu nebikolondolwa singa kibadde kimuvuddemu nakizzaayo natawanda.

❖ Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti *“Ekibiina kyange tekigenda kulekayo kubeera nga kiri bulungi ebbanga lyekirimala nga kyanguyiriza okusiibulukuka ate nekikeereya ddaaku.* **Ahmad yeyayogera Hadith eno.**

Era Nabbi yagamba nti; *“Eddiini egenda kusigala nga neyolefu ebbanga abantu lyebalimala nga banguyiriza okusiibulukuka, kubanga abayahudi nabanaswara bo bakeereya okusiibulukuka”* **Abu Dauda yeyagyogera.**

❖ Kya Sunnah okusoma edduwa ng'osiibulukuka. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti; *“Mazima omusiibi mu kiseera wasiibulukukira edduwa ye eyitamu buyisi (Allah agyanukula).*

Mu dduwa Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) zeyasomesa mulimu eno *“Ennyonta ewewedde nemisuwa gitotobadde n’empeera z’okusiba zikakase Allah bwanabeera ayagadde”*.

- ❖ Kya Sunna okusiibulukukira ku bintu e bibisi bwoba tobifunye, olwonno siibulukukira ku ntende bw’obeera tozifunye ku mazzi.
- ❖ Kyetaagisa nnyo omusiibi okwewala okukozesa ebintu ebisiigiddwa ku mimwa, maaso namatu. Wabula singa akikola nga yejjanjaba tekirina mutawaana.
- ❖ Kya Sunna okusenya nga wasiibye.
- ❖ Omusiibi kimukakatako okwewalira ddala okugeya, olugambo, obulimba n’ebiringa ebyo.

Era singa omuntu yenna amusosonkereza, namuvuma agambe, nti; “Nze nasiibye, alina okukuuma olulimilwe n’ebiyungobye byonna nga tabikozesa bya bwonoonefu olw’okukuuma ekisiibo kye. Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) yagamba nti; *“Omuntu bwataleka bigambo bya bulimba n’obutabikolerako talina nsonga lwaki ava kuby’okulya bye n’ebiyokunwa”* Bukhari.

- ❖ Kya Sunna/kirungi singa omusiibi wabadde waliwo amuyise ngayagala kumugabula, asabire obulungi oyo aba amuyise kyokka bwaba nga tasiibye, kiba kirungi agende alye.

EKIRO KYA LAILATUL QADRI.

Kyekiro ekisinga obulungi mu mwaka. Kifunika mu nnaku ekkumi ezisembayo mu mwezi gwa Ramadhan.

Ekisinga okubeera ekinywevu mu njigiriza nti ekiro ekyo kye 27. Emirimu emirungi gyokoleramu gisinga emirimu egikolebwa mu myezi 1000. Era erina obubonero nga mulimu bunu;

- ❖ Enjuba okuvaayo nga mpoterevu. Eyinza okuyita nga togitegedde nolwekyo kikakata ku buli musiraamu okunyiikira okukola emirimu emirungi mu mwezi gwa Ramadhan naddala mu nnaku 10 ezisembayo.

Era omusiraamu alina okuwankawankira buli mulimu omulungi gwonna. Singa asaala Tar-weeh mu Jamat sikirungi kuva mu Masjid nga Imaam tannamaliziza Sswala olwo alyoke afune empeera z’omuntu ayimiridde ekiro.

ITIK AAFU

Kitegeeza, omusiraamu nga ategeera bulungi okusalawo natuula mu muzikiti olw’okugondera Allah.

Obulombolombo bw’okutuula mu masjid (Itikaaf).

- ❖ Atudde itikaafu atekwa okubeera nga mutukuvu nga talina kizuusi kinene.
- ❖ Talina kuva mu masjid okujjako nga waliwo ensonga etebeereka, nga okulya, okumala ekyetaago n’okunaaba okwetteeka.

Itikaafu eyonooneka singa afuluma awatali kyetaago oba singa akola ebikolwa eby’obufumbo.

Kya Sunna okutuula Itikaafu mu budde bwonna naye ate mu Ramadhan kyankizo ate naddala mu nnaku 10 ezisembayo mu Ramadhan.

Ekiseera ekisembayo obutono okutuukiramu Itikaafu ebeera ssaawa emu. Naye kya Sunna itikaafu obutakka wansi wa lunaku lulamba.

Omukazi tatuula itikaafu nga bba tamukkirizza.

Kya Sunna atudde itikaafu okwemalira ku Ibaada n’okukola ebikolwa ebyokugondera Allah n’okwewala ebintu byonna ebitalina mugaso.

HIJJA NE UMRAH

Hijja ne Umra bikakata ku musiraamu omulundi gumu mu buwangaazi.

OBULOMBOLOMBO OBUKAKASA KU MUNTU HIJJA;

1. Ateekwa okubeera omusiraamu.
2. Ng'ategeera.
3. Nga mukulu.
4. Nga mwana wabobwe.
5. Ng'alina obusobozi.

Nga kino kitegeeza okubeera ng'alina entanda ne ntambula.

Singa omuntu takola Hijja ng'abadde alina obusobozi nafa baja mu byobugaggabwe ensimbi nemukolerwa.

Hijja yatali musiraamu oba omulalu tetuuka.

Ate ye omwana omuto n'omuuddu etuuka wabula asigala ng'abanjibwa hijja etuukana n'obulombolombo bwetwayogedde.

Omuntu atalina busobozi ng'OMWAAVU singa yewola Hijja etuuka.

Singa omuntu takolanga Hijja kyokka nagenda akolera omulala, Hijja eyo ebalibwa kwono yennyini agenze.

OKULAAMIRIZA/OKUNUYIRIRA KWA HIJJA.

Kya Sunna omuntu ayagala okunuyirira, anaabe yeyonje bulungi, yekube kalifuwa yeyambulemu engoye entunge yesuulire essuuka yesibe enkutu nga byeru ate nga biyonjo.

Oluvannyuma anuyirire ng'agamba nti *Labbayika Allahumma Umra* oba

Labbayika Allahumma Hijja oba

Labbayika Allahumma Hijja wa Umra.

Naye singa atya nti ayinza obutasobola kutuuka Makka kirungi asseewo akakwakkulizo ng'agamba nti;

Singa wan'abeerawo ekinkutte nja kubeera nga nva mu mizizo gino awo wennabeera nkwatiddwa.

Hijja yabika bisatu era omuntu wa ddembe okulondako omuteeko gwabeera ayagadde era gyegino;

1. Attamatuhu: Hijja eyekika kino omuntu alaamiriza okukola Umra mu myezi gya Hijja. Bwamala nava mu mizizo ate oluvannyuma nalaamiriza Hijja.

2. Al-Ifraad: Kwekunuyirira oba okulaamiriza Hijja yokka.

3. Al-Kiraan:- Kwekulaamiriza Umra ne Hijja omulundi gumu oba nasooka alaamiriza Umra yokka oluvannyuma nayingira nayo mu mikolo gya Hijja.

Agenda mu Hijja alina okugenda ng'agamba nti;

Labbayika Allahumma Labbayika, Labbayika Laa sharika laka Labbayika.

Innal-hamuda wa nimata laka wal-muluku Laa sharika laka.

Amakulu nti; Nyanukudde Ayi Allah nyanukudde, tewali kikwegattako, nyanukudde mazima amatendo nebyengera, nobufuzi byonna bibyo tewali kikwegattako.

Kirungi okuyitiriza ebigambo ebyo n'okusitula eddobozi ng'obyogera. Wabula abakyala tebakkirizibwa kusitula malobozi.

Ebitali birungi kukola ku muntu ali mu mizizo gya Hijja biri mwenda;

1. Okwemwako enviiri.
2. Okusalako enjala.

3. Okwambala engoye entunge ku musajja okujjako nga tofunye nkutu oyambala empale oba singa tafunye ssapatu ayambala engatto naye nga ziri wansi wabukongovule era tawa mutango.

4. Okwebikka ku mutwe ku musajja.

5. Okwekuba kalifuwa ku mubiri ne mungoye.

6. Okuyigga.

7. Okuwoowa.

8. Okwenywegera mu ngeri eyobwagazi wadde nga takutte ku bitundu eby'ekyama omutango gwawa ebeera mbuzi oba asiiba ennaku ssatu, oba okuliisa ba masikiini mukaaga.

9. Okwegatta mu bikolwa eby'obufumbo. Singa kino akikola nga tannava mu mizizo omulundi ogusooka Hijja efa, wabula era abeera alina okugimaliriza ate alina okugiriwa omwaka oguddako. Kuno agattako okusala engamiya negabirwa abetaavu b'omu Makkah.

Singa yegatta mu mikolo gy'obufumbo nga amaze/avudde mu mizizo egisooka, Hijja tefa naye awa omutango.

Singa akikolera mu Umra efa, era awa omutango gwa mbuzi era nagiriwa.

Hijja/Umra tebifa okujjako ng'omuntu akoze mukolo gwa bufumbo.

Mu Hijja ne Umra ebikwata ku musajja era byebikwata ku mukazi okujjako ye omukazi ayambala ebitunge, naye teyebikka mu maaso.

OMUTANGO.

Omutango gwa mitendera ebiri;

1. Ogw'okweronderako.

Muno mwe muli omuntu asazeeko enviiri, oba eyekubye kalifuuwa oba asazeeko enjala oba abisse ku mutwe oba omusajja ayambadde engoye entunge. Akoze ekimu kwebyo yeronderawo ku bino kyabeera ayagadde.

a. Okusiiba ennaku essatu.

b. Okuliisa abanaku mukaaga buli omu awebwa kilo ($1\frac{1}{2}$) ez'emmere.

2. oba okusala embuzi.

3. Okuwa omutangong'osinziira mu order.

Omutango ogw'engeri eno gukwata ku muntu eyalaamiriza Hijja eya tamattu-u n'owa Ikraan awa mbuzi.

Akoze emikolo gy'obufumbo atanga ngamiya singa tasobodde asiiba ennaku ssatu ngakyali mu Hijja nasiibayo nendala musanvu ng'azze ewabwe.

Okusala n'okuliisa birina kukolerwa banaku b'omu makka.

OKUYUNGIRA MU MAKKAH.

Omulamazi bwayingira mu Haram asoma edduwa ezisomebwa ng'oyingira mu muzikiti n'otandika n'okwetoolola olwetoolola lwa Umra kw'oyo agenda okukola Hijja eya tamatu-u.

Oba yetoolola olwetoolola olw'okutuuka ku kaaba bwabeeranga agenda kukola Hijja eya Ifrad oba Ikran.

eyetoolola akikola yesibye essuuka era atandikira ku Jinja eriddugavu, alinywegera oba alazaayo emikono nagamba nti *Bismilla Allahu Akbar*, akola bwatyo buli mulundi gwatuuka ku nsonda awali e jinja eriddugavu. Yetoolola nga Kaaba eri ku mukonogwe ogwa kkono neyetoolola emirundi musanvu ng'agenda ayanguyiriramu mu mirundi esatu egy'okwetoolola egisooka ate

emirundi ena egisembayo yetoloola atambula butambuzi buli lwatuuka ku nsonda eriko ejinja eriddugavu alazaayo era nasoma edduwa eno *“Rabbana atina fi dduniya hasana wafil Akhirat hasana wakina adhaba nnaari”*.

Ebitegeeza nti; Omulezi waffe Allah tuwe muno mu nsi ebirungi ne ku nkomerero otuwe ebirungi era otukingirize ebibonerezo by’omuliro.

Era asoma edduwa endala zabeera ayagadde.

Bwamala okwetoloola asaala e Raka bbiri ng’azisaalira e mabega wa makaamu Ibrahim bw’abeera nga akisobodde.

Asoma Suratul-Kafiruuna ne Ikhlas bwamala nanywa ku mazzi ga Zamu Zamu, kirungi nanywa agawerako.

Adda awali e jinja nga asobodde nasoma edduwa, bwamala ayolekera e Swaffa nagamba nti; ntandise ne Allah kyeyatandika nakyo n’asoma ekigambo kya Allah. Ekivvunula nti “Mazima Swaffa ne Marua bwe bumu ku bubonero bwa Allah omuntu bwakola Hijja oba Umra talina kabi singa atambula wakati wa Swaffa ne Marua, oyo yenna agonda kyekirungi mazima Allah asiima era mumanyi nnyo. Era agamba nti; Allah Akbaru, Lailaaha Illa llahu nayolekera kaaba nasitula emikonogye nasaba Allah natandika ng’aserengeta adda e Marua akola nga bweyakoze ng’ali ku Swaffa wabula tasoma Ayat.

Atambula ng’ava ku Swaffa adda ku Marua emirundi musanvu.

NB: Okuva e Swaffa okudda e Marua, gubeera mulundi gumu n’okudda e Swaffa gibeera ebiri bwegiwera omusanvu ogw’omukolo abeera agumaze.

Bwamala akendeeza ku nviirize oba azimwako naye okumwako kyekisinga obulungi okujjako kw’oyo agenda okukola Hijja eya tamattuh kubanga abeera alina okuddamu okusalako enviiri ng’amalirizza e mikolo egya Hijja.

Wabula agenda okukola Hijja eya Ikiraan n’owa Ifraad tamwa oluvannyuma lw’akwetoloola kaaba nga yakatuuka. Amwa amaze okukuba ekiwagi ekikulu ku lunaku lwa Idd.

Omukazi n’omusajja emikolo bagikola kyekimu okugyako nti omukazi tayanguyirira mukwetoloola kaaba oba ku Swaffa ne Marua.

HIJJA NGA BWEKOLEBWA.

Ku lunaku olw’omunaana mu mwezi gwa Zul Hijja omulamazi anuyirira mu makka namalirira okusula e Minah ekiro ky’olw’omwenda.

Enjuba bwevaayo ey’olunaku lw’omwenda atambula nga agenda mu Arafat.

Enjuba bw’ekyuka asaala Zuhur ne Aswir ng’azigasse ate ng’azisazeeko.

Arafa yonna eyimirirwamu okujjako akasenyi akayitibwa Uranat.

Ng’ali mu Arafat ayitiriza nnyo ebigambo bino; “Tewali asinzibwa mu butuufu bw’okusinzibwa okujjako Allah. Ali omu Allah tewali kimwegattako, obufuzi bubwe n’amatendo gage, era muyinza ku buli kintu kyonna.

Omulamazi alina okwongeramu ennyo amaanyi mu kusaba, mu kwenenya n’okusuubira ebirungi nokubyagala okuva ewa Allah.

Enjuba bw’egwa ayolekera olwemuzidalifa atambula mpola wamu n’obwegendereza. Agenda ayogera nti Labbayika Allahumma Labbayika.

Bw’atuuka e Muzidalifa asaala Magrib ne Isha ng’azigasse, nga Isha agisazeeko, era awo waasula. Subuhi agisaalira awo. Bwebukya ng’enjuba tennavaayo atambula nayolekera e Minah era olutuukayo atandikira ku kukuba kiwagi, akikuba obuyinja musanvu, bulina kubeera butono. Buli

kayinga kakasuka agamba nti; Allahu Akbar (Katonda munene). Alina okusitula omukonogwe ng'akasuka akayinja.

Akayinja kalina okugwa mu kisowaani ekyetolodde ekiwagi wadde nga akayinja tekakubye kiwagi kasita kagwa mu kisowaani. Talibiyat (Labbayika) zikoma watandikira okukuba ekiwagi; bwamala okukuba ekiwagi agenda nasala oluvannyuma namwa enviiri.

Omulamazi eky'okukuba ekiwagi n'okumwa enviiri bimuggya mu mizizo era abeera waddembe okukola kyayagala okuggyako eky'okwegatta mu mikolo gy'obufumbo.

Ayolekera Makka neyetoolola olwetoolola oluyitibwa Ifadhwa olwetoolola luno lwa tteeka era lwerujjuza Hijja.

Bwamala adduka Swaffa ne Marua bwabeera yakoze Hijja eya Tamattu oba singa teyadduka Swaffa ne Marua lweyasooka okutuuka ku kaaba.

Bwamala ebyo abeera amalirizza emizizo gya Hijja gyonna era ng'akkirizibwa n'okwegatta ne munne owa Halal mu bufumbo.

Bwamala adda e Minah nasulayo era agenda nakuba ekiwagi, kino akikola enjuba ekyuse.

Buli kiwagi kikubwa amayinja musanvu (Bubeera buyinja butono obutayinza kulumya muntu.

Atandikira ku kiwagi ekisooka natambula ng'ayolekera eky'okubiri nayimirira nasaba Allah, olwo natambula natuuka ku kiwagi eky'omu makkati, nakikuba obuyinja musanvu era nasaba Allah. Ayolekera ekiwagi eky'okusatu wabula tayimirirawo.

Ne ku lunaku olw'okubiri bwatyo bwakola.

Bwabeera nga tayagadde kulwa Minah avaayo ng'enjuba tennagwa. Singa enjuba egwa ku lunaku 12 ng'akyali Minah abeera alina okusulayo nakuba n'ekiwagi enkeera walwo.

Wabula singa abadde amaliridde okuva e Minah omugotteko negumulemesa okufuluma tabeera namusango, nebwafuluma ng'enjuba egudde.

Akoze Hijja eya Kiraan n'owa Ifrad bafanaganya ebikolwa, enjawulo eriwo nti yye akoze Kiran asala embuzi nga eyakoze tamattu.

Singa ayagadde okudda ewaabwe alina kumala kwetoolola kaaba ng'agisiibula, okujjako omukyala owa Haidhi n'omukazi owa Nifaasi bbo basonyiyibwa olwetoolola olwo olusiibula.

Singa ova mu Makka nga tewetoolodde, odda ne wetoolola singa obadde obeera kumpi, naye singa obadde we wala osala ekisolu.

EMPAGI ZA HIJJA

1. Okulaamiriza era nga kuno kwekuleeta niya eyingira mu mikolo gya Hijja.
2. Okuyimirira mu Arafa.
3. Okwetoolola kaaba.
4. Okudduka Swaffa ne Marua okwa Hijja.

EBIKAKATA OKUKOLA MU HIJJA BIRI MUNAANA.

1. Okulaamiriza mu bifo ebyateekebwawo.
2. Okuyimirira mu Arafa okutuuka e kiro.
3. Okusula e Muzidalifa okutuuka mu makkati g'ekiro.
4. Okusula e Minah ebiro byonna eby'ennaku z'okwanika ennyama.

5. Okukuba e biwagi.
6. Okumwako oba okukendeeza enviiri.
7. Okwetoolola kaaba ng'ogisiibula.
8. Okusala ekisolo ku muntu eyanuyirira Hijja eya Tamattu no'wa Kiraani.

EMPAGI ZA UMAR ZIRI SSATU.

1. Okulaamiriza.
2. Olwetoolola olwa Kaaba olwa Umra.
3. Okudduka Swaffa ne Marua okwa Umra.

EBIKAKATA KU MUNTU AKOLA UMRA BIRI BIBIRI.

1. Okulaamiriza mu kifo ekyamuteekerwawo.
2. Okumwa oba okukendeeza enviiri.

Singa omulamazi aleka empagi ya Hijja, Hijja ye tetuuka.

Singa aleka ekikolwa ekikakata akijjuuliriza nakusala kisolo.

Singa aleka ekikolwa ekya Sunna mu Hijja, tekibeera kyamutawaana ku Hijja ye.

OBULOMBOLOMBO OBUTUUSISA OKWETOLOOLA KAABA BULI 13.

1. Ateekwa okubeera nga musiraamu.
2. Ategeera bulungi.
3. Ng'ayaleese eniya mu mutima gwe nti agenda kwetoolola kaaba.
4. Okubeera ng'ekiseera kya kwetoolola si kya aSswala.
5. Okubeera ng'obwereere abubisse kw'oyo alina obusobozi.
6. Okubeera nga mutukuvu talina kizuusi kyonna okujjako omwana omuto.
7. Okujjuza emirundi omusanvu.
8. Okwetoolola kaaba ngeri ku mukono gwo ogwa kkono.
9. Okuddamu ekyo kyokozeemu ensobi.
10. Obutatwala budde buwanvu wakati w'okwetoolola omulundi ogusooka nemirala.
11. Alina kwetoolola mu Masjid (Haram) munda.
12. Okutandikira okwetoolola ku nsonda awali e jinja eriddugavu.

SUNNA Z'OKWETOLOOLA KAABA.

Okwolekera e jinja eriddugavu n'okulinywegera era n'okugamba nti Allahu Akbar.

OBULOMBOLOMBO BWOKUDDUKA SWAFFA NE MARUA

1. Okubeera omusiraamu.
2. Ng'otegeera bulungi.
3. Okuleeta e Niyat.
4. Buli kimu okukiyunga ku kinne wakyo.
5. Okutambula kw'oyo asobola.
6. Okuweza emirundi omusanvu.
7. Okumalayo ng'otuuka.
8. Okudduka Swaffa ne Marua ng'omaze kwetoolola kaaba okutuufu.
9. Okutandikira e Swaffa ng'odda e Marua.

SUNNA Z'OKUDDUKA SWAFFA NE MARUA.

- Okwetukuza okuva mu bizuusi byonna.
- Okubikka obwereere.
- Okutendeeza Allah. Ng'eno bwodduka Swaffa ne Marua.
- Okwanguyirira n'okutambula mu bifo byabyo.

Okugattawo amangu wakati w'okwetoolola kaaba n'okudduka Swaffa ne Marua.

NB: Ekisinga obulungi kwekukuba ebiwagi ku lunaku olwo lwennyini. Naye nebw'atakubirawo kiwagi nakuba enkeera oba nakuba ku nkomerero y'ennaku z'okukalirira tekibeera namutawaana.

OKUSALA DHUHIYA

Ekikolwa kino kya Sunna enkakafu.

Omwezi gwa dhulhaji bwegutandika oyo yenna anaasala takkirizibwa kweggyako kooya oba lwala oba kantu konna ku mubiri gwe okutuusa ng'amaze okusala.

AKIIKA

Okusala akiika Sunna omwana omulenzi asalirwa embuzi bbiri ate omuwala ebeera embuzi emu.

akiika esalibwa ku lunaku omwana lwaweza ennaku musanvu ng'azaaliddwa. Kya Sunna nga awezezza (Omulenzi) ennaku ezo omusanvu, okumumwako enviiri n'osaddaaka okusinziira ku kigero/buzito bwazo. Era omwana natuumibwa erinnya. Amannya agasinga obulungi ge ga Abdukkah, Abdul-Rahman.

Kiri haraam okutuuma omwana omuddu w'ekintu ekirala ekitali Allah eky'okulabirako Abdu Nabbi oba Abdu Rasuul.

Singa olunaku kwa akiika lukwatagana n'olwa Dhuhiya ekimu kimalira ekirala.

EBINTU KU BINTU EBY'OMUGASO

Omuntu ayingira mu muzikiti gwa Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) atandika nakusaala Tahiyyatul-Masjid zibeera e Raka bbiri.

Bwamala agenda awali entaana ya Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) nayimirira ngakubye e kibula amabega ng'ayolekedde entaana ya nabbi. Amutoolera salaam ng'amulabira ddala n'agamba nti; "Assalam Alayika ya Rasuula llah warah matuLLah wabarakatuhu. Bwamala atambula oluta nga lumu nagamba nti Assalaam Alayika ya Aba Bakri swidiq, Assalam ALayika ya Umaral farooq.

"Emirembe gibeere ku ggwe Abu Bakar owa mazima nawe Umar eyayawula wakati w'amazima n'obulimba. Ayi Allah bawe empeera kulw'obuvUmu okwewaayo kwabwe, nabyonna byebaweereza obusiraamu, bwamala ayolekera e kibula ng'ekisenge kya Nabbi akirese ku mukono gwe ogwa ddyo nasaba Allah.

Ebibi;

Biggwawo era nebisangulwawo n'ebimu ku bino;

- Okwenenya okwamazima.
- Okusaba Allah okukusonyiwa.
- Okukola emirimu emirungi.
- Okutuukibwako ebizibu.
- Okusaddaaka.
- Omuntu omulala okukusabira singa ofa nga Allah takusonyiwe, obonerezebwa mu kaburi, oba ku lunaku lwe nkomerero oba ng'omaze okuyingizibwa omuliro okutuusa ekibonerezo lwe kiggwayo. Olwo aliyingizibwa e jjana singa yali yafiira ku tawuhiidi (ng'ayawula Katonda). Naye oyo eyafa nga agatta ku Allah ebintu ebirala oba omnanfusi ye agenda kubeeramu olubeerera.

OBWONOONEFU NAMAZAMBI BIRINA KINENE KYEBIKYUSA OMUNTU.

Ku mutima; afuna ekiwuubaalo, ekizikiza, okukakkanyizibwa, endwadde n'okwesamba Allah.

Ate ku ddiini; era afuna ebiringa ebyo ebimenyeddwaga waggulu nagattako okubeera nga n'okugondera Allah kumummibwa, n'okusabirwa Nabbi wamu neb a Malayika.

Ate mu byenfuna; Allah amufundiza embeera nabeera nga takyafuna, ebyengera ebye birungi bikendeera, ebyo bugaggabwe biggwamu omukisa.

Ku yye yennyini; emikisa gyeandibadde afuna mu buwangaazibwe gyonna giggwawo, abeera mu mbeera eyakanyigo, buli kimu kimukaluubirira.

Emirimugye; Allah abeera takyagikkiriza.

Ate ku Bantu banne; Amazambi gamalawo emirembe, galeeta abalamuzi nabakulembeze ababi, gaviirako enkuba obutatannya n'ebirala.

OKUWANKAWANKA.

Omutima okubeera nga gulina eddembe ne ssanyu n'okubeera nga teguliimu kuwankawanka buli muntu kyeeyetaaga. Era embeera eyo evaako omuntu okufuna obulamu obulungi.

Okutuuka ku bulamu obw'engeri eyo kisinziira ku nsonga ez'eddiini ez'obutonde n'emirimu. Bino byonna tebiyinzira kubeera mu muntu mulala yenna okujjako omukkiriza.

Era omukkiriza yabeera akola bino;

1. Okukkiriza Allah.
2. Okukola Allah byeyalagira n'okwewala byeyagaana.
3. Okuyisa obulungi ebitonde mu bikolwa, mu bigambo ne mungeri endala zonna.
4. Okukola emirimu egigasa mu nsonga ez'eddiini oba ez'ensi.
5. Obutaloolworeza mu bijja oba ebyayita wabula alowooleza mu kyalina okukola olunaku olwo.
6. Okuyitiriza okutendereza Allah.
7. Okwogera/Okunyumya kubyengera Allah byeyakuwa ebyeyolefu n'ebitali.
8. Okutunuulira oyo akuli wansi n'obutatunuulira oyo akusinga.
9. Okusaba Allah okukumalirawo ebizibu.

Ibrahim Al-Khawass (Allah amusasire) yagamba nti; eddagala ly'omutima liri mu bintu bitaano;

1. Okusoma Quran ngogenda ofumintiriza ku buli kyosomye.
2. Okujja mu lubuto buli ekitetaagisa.
3. Okuyimirira ekiro.
4. Okubeera omwetoowaze.
5. Okutuula nabalongoofu.

OKUWASA.

Okuwasa kiri Sunna ku muntu alina obwagazi nga atya okukola ebikolwa ebyobwenzi.

Ate kirungi okuwasa wadde ng'abadde talina bwagazi.

Ate kyyatteeka okuwasa, eri oyo ayinza obutekuuma bwenzi era kikulembezebwa ku Hija.

Kiri Haraam okutunuulira omukazi, ate okutunuulira omukazi n'obwagazi kyakabi nnyo kaabe mukazi mukulu oba omuvubuka embula kalevu.

OBULOLOMBO B'WOKUWASA BULI BUTAANO;

1. Okubeera ng'abafumbiriganwa bombi webali. Tekikkirizibwa mukadde w'omuwala okugamba nti; "Nkufumbizza omu ku bawala bange".
2. Okubeera ng'abagenda okufumbiriganwa bombi basiimaganye era nga bakulu nga bategeera bulungi.
3. Wateekwa okubeerawo omusajja ng'ono ye Taata w'omuwala oba oyo gwabeera asigidde yekka, ye omukazi teyegaba. Asookera ddala ku buvunanyizibwa bw'okugaba omuwala ye taatawe, bwabeera taliwo jajjawe amugaba okudda waggulu.
4. Wateekwa okubeerawo abajulizi babiri nga basajja, bakulu, nga bategeera bulungi ate nga beesimbu.
5. Bateekwa okubeera nga tebalina kibagaana kufumbiriganwa ng'okubeera nga balina oluganda olw'okuyinka, oba olulyo oba obuko.

ABAZIYIZIBWA OKUFUMBIRIGANWA.

Buno bulimu emitendera ebiri;

1. Abaziyizibwa obugenderevu nga mulimu bano;
 - ❖ Singa abafumbiriganwa balina oluganda ekyokulabirako nga maama oba jajja n'okudda waggulu muwalawe oba muwala wa mutabani n'okudda wansi, ne mwanyina yekka ne muwala wa mutabaniwe oba muwala wa muwalawe oba muwala wa mugandawe yenna ne bawala baabwe nabawala babaana babwe n'okukka wansi, ne senga ne maama omuto n'okudda waggulu.
2. Okuzira olw'okuyonka.

Kuno nakwo kulinga bwekiri mu kuzira kw'olulyo n'okutuusiza ddala ku byobuko.
3. Ku ludda olw'obuko muno mwemugendera maama w'amukyalo ne jajja w'amukyala, n'abaana b'omukyala (abajja nanyina) n'okukka wansi.

ABATAWASIBWA NGA KYA KISEERA.

1. Okugatta wakati w'aboluganda ababiri n'okugatta wakati w'omukazi ne sengawe oba maamawe omuto.
2. Olwensonga eyinza okuvaawo nga muk'omusajja.
 - * Taata w'omulenzi talina buyinza buwaliriza mutabaniwe kuwasa muntu gwatayagala. Era omwana takakatibwako kugondera mukaddewe ku nsonga eyo, era singa omulenzi agaana ekyo tekibalibwa nti abeera agyemedde mukaddewe.

OKUWA TALAQ.

Kiri haraam okuta omukazi ng'ali mu nsonga oba ng'alina omusaayi gw'ekizadde ogumuvaamu oba ng'oluvannyuma lw'okutukula yegattako naye. Kibi okuta omukazi nga tewali nsonga.

Kikkirizibwa okuta omukazi bwewabeerawo ensonga.

Ate kya Sunna eri oyo akaluubiriziddwa obufumbo.

Sikya tteeka okugondera abazadde mu nsonga za talaq.

Abeera ayagadde okuta mukaziwe takkirizibwa kumuta mirundi gisoba mugumu, mu kifo ekimu.

Ateekwa okumuta nga mutukuvu era nga taddangamu kwegatta naye kasokedde ava mu nsonga ze.

Bwamuwa Talaq amuleka okutuusa lwamalako ekiseerakye eky'okutuula.

Kiri haraam kw'oyo abeera aweereddwa talaq esooka okutambula naava awakawe, era takkirizibwa bba kumugoba mu nju nga Iddat tenaggwako.

Talaq ekakata singa ayatula ekigambo naye ssi kukirowozaako.

EBIRAYIRO

Obulombolombo buna obukakasisaawo okuwa omutango olw'okulayira.

1. Okubeera ng'ogenderedde.

Okuwa omutango tekukakata singa oyogera n'olulimilwo naye nga togenderera kulayira ekyokulabirako singa ogamba nti Laa wallah, oba Balaa wallah.

2. Singa kyolayira kya kiseera ekijja.

Omutango teguweebwa singa alayira ku kintu ekyekiseera ekyayita naye nga takimanyi, oba yye ng'akakasa nti kituufu oba ng'alimba ng'amanyi (enkola ey'engeri eyo ebalibwa mu mazambi amanene).

Oba singa omuntu alayira ku kintu ekijja mumaaso ng'alowooza nti ali ku mazima kyokka oluvannyuma n'akizuula nti bulimba.

3. Alayira alina okubeera nga yeyagalidde nga tewali amukase.

4. Singa akola kyeyalayira okuleka oba aleka kyeyalayira okukola. Naye singa alayira nagattako nti Insha Allah olwo tawa mutango. Kino kirina obukwakkulizo bubiri;

1. Okugatta ekirayiro ne Insha Allah.

2. Okugenderera okugatta ekirayiro ne Insha Allah, nga bwayinza okugamba nti wa Allah – Insha Allah.

Singa omuntu alayira ku kintu nalaba ate nga waliwo emigaso emirala egizze okyusa kiri Sunna okusazaamu ekirayiro natoola omutango olwo nakola kyabeera yali yalayira okuleka oba okukola.

OMUTANGO GW'OKULAYIRA.

Kwekuliisa abanaku kkumi nga buli omu omuwa $1\frac{1}{4}$ ez'emmere oba okubawa eby'okwambala.

Oba okuta omuddu naye singa abadde tafunye ebyo asiiba ennaku ssatu nga ziriraanaganye. a abeera alina okuguwa.

Singa omuntu alayira emirundi egisoba mu gumu ku kintu ekimi awa omutango gwa mulundi gumu, naye singa alayira ku bintu ebyenjawulo buli kimu akiweera omutango.

OKWEYAMA.

Emitendera gy'okweyama;

1. Okweyama okutayawula, ng'okugamba nti; "Ku lwa Allah neyamyeye singa mpona njakukola ekintu gundi". Natannyonyola ddala kiki kyagenda kukola bwawona atoola omutango ogw'okulayira.

2. Okulayira olwensonga n'obusungu.

Kwekugatta okweyamakwe ku kakwakkulizo k'okuleka okukola ekintu oba okukikola eky'okulabirako nagamba nti; " Bwenaddayo okwogera nawe njakusiiba omwaka mulamba", wano alina okukola ekimu ku bibiri okusiiba omwaka omulamba oba okutoola omutango.

3. Okweyama okukkirizibwa, ekyokulabirako; "Nja kwambala olugoye lwange" wano alondawo wakati w'okwambala olugoyelwe n'okutoola omutango.

4. Okweyama okubi kwekuno; Kulwa Allah nina okuta mukyala wange, ono alina kutoola mutango tassa munkola kyeyeyamyeye naye singa abadde agenze mumaaso nakikola tawa mutango.

5. Okweyama okw'obujeemu ekyokulabirako; "Ku lwa Allah nina okubba" ono tatuukiriza kweyamakwe okwo, atoola mutango, singa akikola nabba abeera akoze ezambi ate tatoola mutango.

6. Okweyama okw'okutya okugondera Allah eky'okulabirako; "KU lwa Allah njakusaala bwenti", ng'agendereramu okudda eri Allah, singa kino akissaako ensonga oba akakwakkulizo ng'okuwona obulwadde abeera alina okukituukiriza, singa obulwadde buwona. Singa tekuli kakwakkulizo era kyeyeyama akituukiriza.

OKUYONSA.

Okuyonsa kuziza okufumbiriganwa ng'oluganda bwelukola. Okuyonsa kuliko obukwakkulizo busatu;

1. Okubeera ng'amabeere ga kizadde/ng'omukyala ayonsa atwalibwa nti nakawere.

2. Okuyonsa nga kuli wakati w'emyaka ebiri egy'obuzaale bw'omwana.

3. Okubeera nga ennyonsa ziva ku ttaano okudda waggulu ekiyitibwa okuyyonsa y'emwana okusika ebbeere okutuusa lwalivaako yekka so ssi kumala kukkuta.

Eky'okuyonsa tekitegeeza nti oyo ab'akakatibwako okulabirirwa oba okusikira emmaali.

❖ OKULAAMA.

Kukakata ku muntu alina ebbanja lyamunne, nga alaamira abantube okulisasula. Ekiraamo kiri sunna ku muntu aba alese ebyobugagga ebingi, kirungi alaame ekiku eky'okutaano eky'obugaggabwe kiweebwe ow'oluganda omwavu atalina kifo mu bamusikira. Bwekitaba kityo kiweebwe maskini oba omumanyi oba omuntu yenna omulongofu.

Omuntu atalese byabugagga biwera sikirungi kulaama nga agabako. Be ppo nga byalaama gibadde minyago. Era kiri haramu okulaama nga agabira owebweru ekisukka mu kimu ekyokusatu kyemmaali, era kiri haramu okulaamira omusika ekintu kyonna kakibe kitono kitya okugyako nga basika banne bamukkiriza. Ekiraamo kibalibwa nti kifu singa eyakikola agamba nti nsazizzaamu oba nkyusizza ekiraamo kyennali nkoze.

Kiri Sunna bwaba akiwandiika agambe nti: kino kyekiraamo kya gundi (assaawo amannyage) akakasa nti mazima ddala tewali kisinziibwa okugyako Allah yekka awatali kimwegattako era akakasa nti mazima Muhammad

mudduwe era mubakawe, era nti mazima ejjana gyeri era nti n'omuliro bwegutyo, era nti mazima olunaku lwenkomerero lugenda kutuuka, teruliimu kubuusabuusa era akakasa nti mazima Katonda agenda kuzuukiza abali mu Kaburi era nnaamira abantu bange bendese ku nsi okutya Katonda era bakolagane nnyo, era bagondere Katonda n'omubakawe bwebaba ddala nga bakkiriza, era mbalaamira ebyo Ibrahimu ne Yakub byebaalamira ezadde lyabwe.

❖ **OKUSAALIRA NABBI.**

Kiri sunna omuntu bw'asaalira Nabbi okuba nga agatta wakati w'okumusaasira n'okumusabira emirembe era talina kukozeesaako kimu ku bibiri, abatali ba Nabbi tebasaalirwa nga Abu Bakar (^{Sal-lal-laahu} _{alaihii wa sal-lam}). Wabula abamanyi bassa kimu nti abatali ba Nabbi kisoboka okubagatta mu sswala esaaliddwa ba Nabbi n'ogamba nti: ayi mukama Katonda ssa okusaasira ku Muhammad ne ku benju y'a Muhammad ne ku banne ne ku bakyalabe ne ku zzadderye.

Kiri sunna okusabira okusiima n'okusaasira bibe ku ba Swahaba n'ababaddira mu bigere nga ba Nabbi n'abasinza ennyo Katonda n'abaddu abalala abalungi. Omuntu asobola okugamba nti: Abu Hanifa, Malik, Shafi ne Ahmad Katonda abasiime oba abasaasire.

❖ **Okusala ebisolo.**

Ekisolo ekyokulya kiri wajib okukisala. Ekyo okutuukirira obulombombo obuddako bulina okubaawo.

1. Ekisolo kiteekwa okuba nga kiri halali okuliibwa.
2. Okuba nga kikwatika.
3. Okuba nga kiramu kya ku lukalu.

ate era:

- a. Aasala atekwa okuba nga ategeera.
- b. Ekisazisibwa kiteekwa okuba nga si linnyo wadde olwala, anti tekikkirizibwa okubisazisa.
- c. Ekisalibwa kiteekwa okutulwa eddokooli n'omusuwa ogwomusayi.
- d. Asala atekwa okusoma Bismillah nga atandika okusala, naye bwagyerabira temubanjibwa nga era kwasobola okugyogerera mu lulimi lwonna, era kiba kirungi okuleeta Takibiira nga y'akasoma Bismillah.

❖ **OKUYIGGA.**

Ensolo eyiggibwa eriko obulombolombo:

- a. Eteekwa okuba nga eri halali okuliibwa.
- b. Eteekwa okuba nga mu butonde y'amunsiko.
- c. Eteekwa okuba nga teyinza kuba y' mu maka.

Olwo nno aba ajaagadde nga agenderera kugirya akkirizibwa okugiyigga, naye sikirungi kugitta olwokuzannya n'okunyumirwa ate bweba nga esobola okutuusa akabi ku bantu olwokugirondoola kiba haramu okugiyigga.

Okuyigga kukkirizibwa nga ebintu bina bimaze okutuukirira:

1. Ayigga atekwa okuba nga ekisolo kyasaze kiriibwa.
2. Ekisazisibwa kiteekwa okuba nga kyekisaze kikkirizibwa nga okuba nti kyogi nga effumu nakasaale nebirala, bwaba ayiggisa kiramu nga kakubampanga oba embwa kiteekwa kuba nga kitendeke.
3. Ekikolwa ekyokutta ensolo eyo kiteekwa okuba nga kigenderere, nakyo kwekuba nti ekikozesebbwa mu kutta ekisolo nga kikasukiddwa/kisindikiddwa mu

bugenderevu, naye singa embwa ekwata akasolo nga nyiniyo si yagisindise tekaliibwa.

4. Omuyizzi atekwa okusoma Bismillah nga akasuka oba nga asindika kyayiggisa. Mu mbeera eno tewali Bismillah lwesonyiyibwa ne bwaba agyerabidde. Kiri haramu okulya ennyama enjigge nga tesomeddwako *Bismillah*.

❖ **EBIRIIBWA.**

Nabyo tutegeeza kyonna ekiriibwa oba ekinywebwa okutwalira awamu ebintu byonna biri halali n'olwekyo ebyokulya biba halali okusinziira ku nsonga ssatu:

- 1.** Ekiriibwa okuba nti kitukuvu.
- 2.** Ekiriibwa kiteekwa okuba nga tekiriimu kabi konna ku bulamu.
- 3.** Kiteekeddwa okuba nga tekyenyinyalwa.

N'olwekyo kiri haramu okulya buli kintu ekinajisifu nga omusayi ne nyamanfu, n'ebyo ebirimu akabu ku bulamu bw'omuntu nga obutwa n'ebyo ebyenyinyalwa nga obusa n'omusulo nensekere, era kiri haramu mu bisolo eby'okulukalu okulya ambalasi ezitali z'a mu nsiko, nakyonna ekiyiggisa enjala zaakyo nga empologoma, engo, omusege, ekibe, embwa, embizzi, enkima ne kkaapa kabibe bya ku lukalu, okugyako empisi.

Ate mu binyonyi kiri haramu okulya ekyo kyonna ekiyiggisa omumwa gwakyo nga kamunye n'empungu, nabuli kyonna abantu b'omu kitundu kyebalaba nti kibi, kati nga abawarabu bwebataagala kulya ebiwuka ebibuuka, enjuki, enswera, ebiwojjolo, namunnungu n'emisota, era si kirungi kulya ekyo kyonna e Shariyah kyeyalagira okutta, na buli kyonna ekizaalibwa nga kiva mu kiriibwa n'ekitaliibwa, wabula ekizaalibwa nga kiva mu biriibwa ebibiri ebyenjwulo kyo tekiziyizibwa ekyokulabirako ennyumbu nayo y'ensolo ezaalibwa wakati wendogoyi ey'omunsiko nenfalasi. Ebisolo byonna ebyo mu maka ebitali ebyo biriibwa, nabwekityo ebyo mu nsiko nga ebinyonyi, enkoko, nyonyimuzinge, enjiibwa, embaata, ebinyonyi by'oku mazzi, nebiramu byo mu nyanja nga ogyeko ekikere n'emisota ne ggoonya.

Ekimera kyonna ekinywekerezebwa oba nekiriisibwa n'ebigimusa ebinagisifu biri halali okubirya, okugyako nga olusu oba empooma y'obunagisifu nga ebirabiseemu. Tekyandibadde kirungi omuntu okulya amanda, ettaka, enfuufu, obutungulu oba katungulu kyumu nga tabifumbye. Wabula enjala bweba emutta atekwa okulyako ekyo ekikuuma obulamubwe.

❖ Kiri haramu okuyozayoza abakafiiri ku nnaku zaabwe enkulu oba okujaguza nabo, era nga bwekitali kirungi kubatoolera ssalaamu. Bo bwebaba bagitutooledde tubaanukula nga tugamba nti ne ku mmwe, era kiri haramu okusituka mu ngeri y'okuwa ekirtiibwa netuyimiririra abakafiiri n'abantu ba bid'a. Mu ngeri yeemu tekyandibadde kirungi okubakwata mu ngalo. Kyo ekyokubagiza, n'okubalambula awatali nsonga yaddiini ekikkirizisa ssi ky'ekisinga obulungi.

OBUJJANJABI OBW'OKUSOMERERA OBULI MU MATEEKA G'OBUSIRAMU

Omuntu yenna eyetegereza enkola ya Katonda amanya bulungi nti okugezesebwa kiri mu nkola ya Katonda mu ngeri gye yatondamu ebintu nokubigerageranya. Katonda agamba nti: *“Tujja kubagezezeza ddala nebintu nga okutya, enjala, okukendeeza emmali, okufa, nebimera naye sanyusa abagumikiriza”*.

Abantu abamu bakola nsobi okulwooza nti abakozi bemirimu emirungi bo bali wala nokugezesebwa, songa okugezesebwa kabonero ka bukkiriza, anti Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yabuuzibwa nti, *“bantu ki abasinga okugezesebwa? Nagamba nti: ba Nabbi, ssaako abakozi bemirimu emirungi ssaako abaddirira n'abaddirira abo. Omuntu agezesebwa okusinziira ku ddiiniye, eddiiniye bwebeera nga nzigumivu, ebbalaayi libeera ddene, songa eddiiniye bwebeera njabayaba, akenderezebwa ku bbalaayi,* **Hadith ya Ibn Majah.**

Okugezesebwa kamu ku bubonero obulaga okwagalibwa kwo muddu eri Katondawe. Nabbi agamba nti, *((Mazima Katonda bwaba ayagala abantu, abagezesa))* **Ahmad.** Era obumu ku bubonero obulaga nti Katonda omudduwe amwagaliza birungi, Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) agamba nti: *(Katonda bwaba ayagalizza omudduwe ebirungi amwanguyiza okumukangavvula kuno ku nsi, ate bwaba amwagaliza ebibi amuterekera amazambige okutuusa ku lunaku lwe nkomerero nagamuwa mu bulambalamba))* **Hadith ya Tirimidhi.**

Okugezesebwa kusangulawo amazambi ne bwekuba kutono, Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) agamba nti: *(Omusiramu yenna talina kabi kamutuukako, kalibe liggwa oba okusingako ku liggwa, okujjako nga Katonda asangulawo nako ebibibye (ne bikunkumuka) nga omuti bwegusuula ebikoola byagwo”* **Hadith ya Bukhari ne Muslim.**

Okusinziira kwebyo omusiraamu yenna aba agezeseddwa, bwaba mukozi wa mirimu mirungi, okugezesebwa okwo kuba ku musangulako ebibi ebyayita oba ku musitula mu madaala, ate bwaba mujeemu, kuba ku musangulako bibibye. Nokumujjukiza akabi akava mu bibi ebyo.

Katonda agamba nti, *((obwononefu bumaze okwelaga ku lukalu ne munyanja olwebyo abantu bye bakola, Katonda nalyoka abaloza ku bukaawu bwebyo byebakoze, balyoke becomeko)).*

EMITEEKO GY'OKUGEZESEBWA

Okugezesebwa n'ebirungi nga okweyongera kwe by'enfuna,

Okugezesebwa nebibi nga okutya, enjala nokukendeera kwe maali.

Katonda agamba nti: *(Tubagezesa nebibi nebirungi mu kubakema),* waliyo agezesebwa nobulwadde, nokufa, naddala ekiba kivudde ku kiiso n'eddogo olwensaalwa. Nabbi agamba nti: *(Abantu abasinga obungi okufa nga ojjeeko enteekateeka yaKatonda nokugerakwe, bafa lwabulwadde bwa kiiso).* **Hadith ya**

Twayalisi.

EBIKWATA KU KUGEMA EKIISO N'OKUGEMA EDDOGO. **Okugema kusinga okujjanjaba tusaana tukyettanire nnyo nga n'ekisinga mu kyo:**

★ Okunyweeza omwoyo ne (Tauhiid) okusinza Katonda yekka, nokukkiriza nti alina obuyinza obwenkomeredde ku nsi eno, ye Katonda yekka, okwo ssaako okukola emirimu emirungi emingi. ★ Okwesiga nti Katonda mulungi nokumwesiga nobutatukiranga ku kulwooza ku ddogo olwembeera yonna eba ebaluseewo. Okutuukira ku kulwooza eddogo oba ekiiso, ekyo kyennyini bulwadde, Abasawo bagamba nti; ebitundu bibiri byakusatu mu balwadde be

biyungo baba balwadde lwakulowooza nti balwadde naye mubutuufu tebaba balwadde. * Omuntu bwamanyika nti alwaza ekiiso oba nti mulogo, tumwesamba lwa kumwekengera so si kumutya. * Okwogera ku Katonda n'okusaba emikisagye buli bwoba olabye ekikwesittaza.

Nabbi agamba nti: *(omu ku mmwe bwabanga yerabyeko ekibi oba ku by'obugaggabwe oba ku munne ateeddwa okusaba emikisa, anti ekiiso gyekiri.* **Hadith ya Haakimu.**

Nekiyitibwa Tabrik (okusaba emikisa) kwekugamba nti: Katonda akuteeremu emikisa so si kugamba nti: "Tabaaraka Allah".

Okudda eri Katonda nokumwesiga nokumusaba okukuyamba okukuwonya ekiiso neddago nokwekumira ku (Athikaari) nokusaba Katonda okukukuuma kumakya nolweggulo.

1. Athikaari ezo zirina kinene kyezikola ekisobola okweyongera oba okukendeera nga Katonda bwaba ayagadde okusinziira ku nsonga bbiri:-

1- Okukkiriza nti Athikaari ezo zamazima era nti zigasa nga Katonda akkirizza.

2- Okwatula n'olulimi nga azoogera, n'amatuge negaziwulira, nga n'omutimagwe gukkalidde bulungi, anti kuba kusaba ate nga okusaba tekwanukulwa bwekuba kuva mu mutima omugayaavu oguzannya, bwekityo bwekyava ku Nabbi.

EKISEERA KYA ATHIKAARI N'OKUSABA OKUKUMIBWA. Athikaari z'okumakya zisomwa luvannyuma lwa Sswalat Ssubuhi so nga zo ez'olweggulo zisomebwa luvanyuma lwa Sswalat Al-Asiri, omuntu bwaba nga yazerabidde okuzisoma, oba nga yazigayaliridde asaana azisomere waaba azijjukiridde.

OBUBONERO OBULAGA OBULWADDE BWE KIISO N'EBIRALA.

Tewali kukonagana wakati w'obujjanjabi obw'ekisawo n'obweddiini, kubanga mu byombi mulimu okuwonya obulwadde obwomubiri n'obulwadde obwomwoyo, omuntu bwaba nga talina bulwadde bwa mubiri atuukibwako obuntu obutonotono gamba nga omusujja, okumyukirira mu kyenya, entuuyo, okufuyisafuyisa buli kaseera, obutaagala kulya, okubuguma oba okunyogoga mu biyungo ebimu, okufuna entunnansi, obulumu bw'omugongo, ebibegabega, okuzitowa mu kifuba, obutebaka bulungi ekiro, kwennyamira n'okutya okusuffu, gattako obusungu, mu ngeri etali ya bulijjo, okwagala okweyawula okuva ku bantu abalala, okugayaala n'obukoowu, okusumagira, n'obuzibu obutali bumu nga bukwata ku bulamu.

Ebyo byonna bisangibwa oba ebimu ku byo, mu bungi oba mu butono okusinziira ku maanyi g'obulwadde oba obunafu bwaabwo.

Omusiraamu atekwa okubeera owamaanyi mu bukkirizabwe ne mu mutimagwe, aleme kutuukibwaako bimulabankanya era aleme kwetuuma bulwadde bwatalina olwokutuukibwako obumu ku bubonero obwogeddawo, anti kwetuuma obulwadde kyekisinga obuzibu mu kujjanjaba era obubonero obwogeddawo omuntu ayinza okuba n'obumu kubwo so nga ate mulamu. Ate obubonero obwo buyinza okubeera ku muntu nga kiva ku mubiri gwa muntu, songa ate era buyinza okuva ku bunafu bwa Imaani, nga okuzitowa mu kifuba, okunakuwala, obukoowu. Kale nno aba atekwa okwekebera alabe enkolaganaye ne Katondawe.

Ate obulwadde bwebuba nga buvudde ku kiiso, 1. Kiiso: Buzibu obuva ku Majinni nga kituusa akabi ku muntu akirogeddwa Katonda bwaba akkirizza, olwebigambo ebibi oba okwegomba ebiva kw'oli akiroga, aba alina zi Sitane era nekiba nga kikoleddwa ku muntu ataliiko kikitangira nga okwogera ku Katonda n'okusaala n'ebirala. Obujulizi kwekyo Nabbi yagamba nti: "ekiiso gyekiri" Bukhari. Ate mu njogera endala Nabbi ayongerako n'agamba nti: "kijirako Sitane n'ensalwa y'omwana adamu. Hadith yayogerwa Ahmad. Kiyitibwa kiiso lwakuba nti eriiso lyeliraba awetaaga okuteeka obulwadde bw'ekiiso, so si lwakuba nti eriiso lyerireeta obulwadde obwo. Nga nekikakasa ekyo, muzibe asobola okulwaza munne obulwadde bw'ekiiso so ng'ate talaba.

okubujjanjaba nga Katonda akkirizza kuba nekimu ku bintu bibiri:-

1) Bwekiba nti wategedde eyasindise ekiiso olwo nno omulagira anaabe amazzi, ate ggwe ogalembeke oba otwale ekintu kyonna kyegatuseeko olwonno ggwe oganaabe era onyewko.

2) Kwekuba nga tekimanyiddwa gwekivuddeko, mu mbeera eyo okuwonyezebwa obulwadde obwo kubaawo na dduwa oba kusaba oba okulumika.

Wabula obulwadde bwebuba nga buvudde ku ddogo, olwo nno okujjanjaba kuba nemu ku nsonga eziddirira:-

1- Kwekumanya ekifo awalogeddwa kasita alaba eddogo alitaggulula nga bwasona essula ebbiri falaq ne Nansi, olwo nabyokya.

2- Okujjanjabisa obujjanjabi obukkirizibwa mu mateeka g'eddiini y'obusiraamu. Nga okusoma ayaati mu Kur'ani naddala esuula ebbiri Falaq ne Nansi, ne Bakarar nedduwa ezijja mumaaso.

3- Okusumulula, kulimu emirundi ebiri:

a. Okuli haramu nakwo kwekuwonya eddogo ng'okozesa eddogo nokugenda ewomulogo alikugyeko.

b. Okuli halali nga okufuna ebikoola bya sidiri musanvu nabisekula nabisomerako Surat Kafiruna, Ikhlas, Falaq ne Nansi emirundi esatu, oluvannyuma nabiteeka mu mazzi olwo nno nanywako era nanaaba, akikola okutuusa lwawona insh'allah. Abdul Razak.

4- Okufulumya eddogo nga okuliwaliriza okufuluma nga anyway eddagala erigonza olubuto bweriba nga liri mu lubuto, oba okulumika bweriba mu kifo ekirala.

OBULOMBOLOMBO BW'OKUVUMULA MU BUSIRAMU.

1- Kuteekwa kuba nakusoma Ayaati za Kur'ani nedduwa ezikkirizibwa mu mateeka.

2- Kiteekwa kuba mu lulimi luwarabu naye era osobola okusaba mu lulimi olulala lwonna.

3- Okumanyira ddala nti obujjanjabi obwo obwogerwako sibwebuvumula nga bwo, wabula Katonda ye nannyini kuvumula. Olwokwagala okuggumiza omulimu gwa rukuya etekwa okuba nga esomebwako kur'ani ku lwekigendererwa ky'okuwona n'okulungama kwa bantu na majinni. Kur'ani yakka nga kya kulungama nakuwonya, tagisoma na nniya y'akutta jinni okugyako nga amakubo amalala agogeddwa galededdwa.

OBULOMBOLOMBO BW'ASOMA EDDUWA Z'OKUVUMULA.

1. Ateekwa kuba musiraamu akola emirimu gyeddiini emirungi nga mutya Katonda, gyakoma okuba omutya Katonda, gyakoma okusaanira okufuna ekigendererwa mu ddiini.



2. Mu kujanjabakwe nokusomakwe edduwa atekwa okuba nga abyolekeza Katonda mu ngeri ey'amazima nga akozesa omutimagwe nolulimilwe, naye ekisinga obulungi omuntu yeesomera ye yennyini, kubanga omulala atali yye omutimagwe guba nebigutawaanya, ate tewali muntu yenna aba awulira nga yye bweyewulira, era amanya bwetaavubwe nga yye bwabumanyi, so nga abalina obwetaavu Katonda yabalaganyisa okubaanukula.

OBULOMBOLOMBO BWASOMERWA EDDUWA ZA RUKUYA.

1. Kyandibadde kirungi asomerwa edduwa za rukuyah okuba omukkiriza omulongoofu, gyakoma okuba omukkiriza edduwa gyekoma okutuuka ku kigendererwa, Katonda owekitiibwa agamba nti, (Tussa mu Kur'ani ekyo kyonna ekiwonya era nga kya kusasira eri abakkiriza songa bo abalyazamaanyi tekibongera okujjako okufafaganirwa).

2. Okusaba Katonda nga akakasa okumuwonya.

3. Tayanguyiranga kusuubira kuwonyezebwa mangu kubanga okunoonya okuwonyezebwa kuba kusaba bwaba nga asuubira okwanukulwa mu bwangu ate nga ayinza obutanukulwa mu bwangu. Nabbi ^{(Sal-lal-laahu} *(alaihi wa sal-lam)* agamba nti, *(omuntu ayanukulwa ebbanga lyamala nga tayanguyiriza kulinda kwanukulwa mu bwangu natuuka okugamba nti nasaba Katonda natanyanukula)* Hadith ya

Bukhari ne Muslim.

OKUSABA EDDUWA NE RUKUYA KUBA MU NGERI ZA MIRUNDI ESATU:

1. Okusoma edduwa za Rukuya nga bwowanda obulusu obutonotono mu kibatu.

2. Okusoma nga towanze bulusulusu.

3. Okutabula amalusu nettaka nosiiga awali obulumi ng'okozesa olugalo.

AYA NE HADITH EZISOMBWA OKUVUMULA OMULWADDE.

Essula (Ali Fatihah), (Ayatul Kurusi), Aya ebiri ezisembayo mu Surat Al Bakara, Suratul Kafiruna, Suratul Ikhlas, Suratul Falaq ne Suratul Nnansi.

❖ Aya egamba nti:

❖ **اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْحَيُّ الْقَيُّومُ لَا تَأْخُذُهُ سِنَّةٌ وَلَا نَوْمٌ لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ مَنْ ذَا الَّذِي يَشْفَعُ عِنْدَهُ إِلَّا بِإِذْنِهِ يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ وَلَا يُحِيطُونَ بِشَيْءٍ مِنْ عِلْمِهِ إِلَّا بِمَا شَاءَ وَسِعَ كُرْسِيُّهُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَلَا يَئُودُهُ حِفْظُهُمَا وَهُوَ الْعَلِيُّ الْعَظِيمُ** ❖

Ebitegeza nti: Katonda yooyo tewali kisinziibwa kyonna okugyako yye, omulamu eyeyimirizaawo yekka takwatibwa kusumagira wadde otulo, bibye byonna ebiri mu ggulu omusanvu n'ebyo ebiri mu nsi ani ayinza okuwolereza mu maasoge okugyako nga akkirizza amanyi ebyo ebiri mu maaso gaabwe n'ebyo ebiri emabega waabwe tebasobola kumanya ku bujjuvu ebyo ebiri mu kumanyakwe okugyako kyaba ayagadde, entebeye ngazi okumalayo eggulu n'ensi so ng'ate okubirabira byombiriri tekimukooya era yye ye wa waggulu owekitiibwa.

❖ **ءَامِنَ الرَّسُولُ بِمَا أُنزِلَ إِلَيْهِ مِنْ رَبِّهِ وَالْمُؤْمِنُونَ كُلٌّ ءَامِنُ بِاللَّهِ وَمَلَيْكَتِهِ وَكُتُبِهِ وَرُسُلِهِ لَا نَعْرِفُ بَيْنَ أَحَدٍ مِنْ رُسُلِهِ وَقَالُوا سَمِعْنَا وَأَطَعْنَا غُفْرَانَكَ رَبَّنَا وَإِلَيْكَ الْمَصِيرُ ﴿٢٨٥﴾ لَا يُكَلِّفُ اللَّهُ نَفْسًا إِلَّا وُسْعَهَا لَهَا مَا كَسَبَتْ وَعَلَيْهَا مَا اكْتَسَبَتْ رَبَّنَا لَا تُؤَاخِذْنَا إِنْ نَسِينَا أَوْ أَخْطَأْنَا رَبَّنَا وَلَا تَحْمِلْ عَلَيْنَا إِصْرًا كَمَا حَمَلْتَهُ عَلَى الَّذِينَ مِنْ قَبْلِنَا رَبَّنَا وَلَا تُحَمِّلْنَا مَا لِطَافَةِ لَنَا بِهٖ وَاعْفُ عَنَّا وَاعْفِرْ لَنَا وَارْحَمْنَا أَنْتَ مَوْلَانَا فَانصُرْنَا عَلَى الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ** ❖

Ebitegeza nti: Akkirizza omubaka ebyo ebyassibwa gyali nga biva ewa Mukama omulabiriziwe n'abakkiriza (nabo bwebatyo bakkiriza), buli omu ku bo akkiriza Katonda neb a Malayikabe n'ebitaboye n'ababakabe (nga bagamba nti) sitwawula

wakati womu ku babakabe era bagamba nti tuwulidde era tugonze tusaba ekisonyiwo kyoyi Mukama omulabirizi waffe era gyoli yeeri obuddo.

Katonda tawaliriza muntu okugyako ekyo kyasobola (buli mwoyo) gulisasulwa ebyo byegwakola era neguvunaana ebyo byegwayoona. Ayi Mukama omulabirizi waffe totuvunaana bwetuba twerabidde oba nga tusobezza. Ayi Mukama omulabirizi waffe era totutikka bizito nga bwewabitikka abo abatukulemba era totutikka ebyo byetutalinaako busobozi tulekere era otusonyiwe era otusaasire. Ggwe mukuumi waffe tutaase ku bantu abakafiiri.

﴿ فَسَيَكْفِيكَهُمُ اللَّهُ وَهُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴾ ❖

Ebitegeeza nti: Katonda ajja ku bakumalira era ddala yye awulira nnyo mumanyi. [2:173]

﴿ يَنْقُومَنَا أَجِيبُوا دَاعِيَ اللَّهِ وَآمِنُوا بِهِ، يَعْفِرْ لَكُمْ مِنْ ذُنُوبِكُمْ وَيَجْرِمَ مِنْ عَذَابِ آيَةٍ ﴾ ❖

Ebitegeeza nti: abange bantu baffe mwanukule omukowooze wa Katonda era mumukkirize (olwo nno Katonda) ajja kubasonyiwa ebibi byammwe era abawonye ebibonerezo ebiruma. [46:31]

﴿ وَنَزَّلَ مِنَ الْقُرْآنِ مَا هُوَ شِفَاءٌ وَرَحْمَةٌ لِّلْمُؤْمِنِينَ وَلَا يَزِيدُ الظَّالِمِينَ إِلَّا خَسَارًا ﴾ ❖

Ebitegeeza nti: era tussa mu kur'ani ebyo ebyokuwonya nokusaasira eri abakkiriza era ekyo abeeyisa obubi kibongera kufaafaganirwa. [17:82]

﴿ أَمْ يَحْسُدُونَ النَّاسَ عَلَى مَا آتَاهُمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ ﴾ ❖

Ebitegeeza nti: oba bakwatira abantu ensaalwa olwekyo Katonda kyeyabawa mu birungibye. [4:54]

﴿ وَإِذَا مَرِضْتُ فَهُوَ يَشْفِينِ ﴾ ❖

Ebitegeeza nti: era bwendwala yye yamponya. [26:80]

﴿ وَيَشْفِ صُدُورَ قَوْمٍ مُّؤْمِنِينَ ﴾ ❖

Ebitegeeza nti: era ewonya ebifuba byabantu abakkiriza. [9:14]

﴿ قُلْ هُوَ الَّذِي يَهْدِي النَّاسَ لِرِجَالِهِمْ وَيَهْدِي إِلَيْهِمْ سُبُلَهُمْ ﴾ ❖

Ebitegeeza nti: bagambe nti yyo (Kur'ani) yaabo abakkiriza nga kya kulungamya era kyakuwonya. [41:44]

﴿ لَوْ أَنزَلْنَا هَذَا الْقُرْآنَ عَلَى جَبَلٍ لَّرَأَيْتَهُ خَاشِعًا مُّصَدِّعًا مِّنْ خَشْيَةِ اللَّهِ ﴾ ❖

Ebitegeeza nti: singa kur'ani eno twagissa ku lusozi waalilulabye nga lugonda nga lweyasa olwokutya Katonda. [59:21]

﴿ فَأَرْجِعِ الْبَصَرَ هَلْ تَرَى مِنْ فُطُورٍ ﴾ ❖

Ebitegeeza nti: Zzaayo amaaso abaffe olabamu ebituli. [67:3]

﴿ وَإِنْ يَكَادُ الَّذِينَ كَفَرُوا لِيَرْتَفُونَكَ أَبْصَرِهِمْ لِمَا سَمِعُوا الذِّكْرَ وَيَقُولُونَ إِنَّهُ لَمَجْنُونٌ ﴾ ❖

Ekitegeeza nti: newakubadde nga abakafiiri bandi yagadde okukumalawo n'amaaso gaabwe bwe bawulira okubuulirira nebatuuka okugamba nti mazima yye mulalu. [68:51]

﴿ وَأَوْحَيْنَا إِلَىٰ مُوسَىٰ أَنْ أَلْقِ عَصَاكَ إِذْ آتَاهَا تَلْقَفُ مَا يَأْفِكُونَ ﴿١٣٧﴾ فَوَقَّ الْحَقُّ وَبَطَلَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٣٨﴾ فَعَلِبُوا هُنَالِكَ وَانْقَلَبُوا صَعِرِينَ ﴾ ❖

Ebitegeeza nti: era twatumira Musa nti kanyuga wansi omuggogwo yagenda okulaba nga ggwo gumira byonna byebaagingirira, olwo nno amazima negatuukirira byonna byebaali bakola nebifa, awonno nebawangulirwa awo nebafuuka abantu ab'owansi. [7:117-119]

﴿ ثُمَّ أَنْزَلَ اللَّهُ سَكِينَتَهُ عَلَىٰ رَسُولِهِ وَعَلَىٰ الْمُؤْمِنِينَ ﴾ ❖

Ebitegeeza nti: yye yooyo eyassa obutebenkeyu eri omubaka we n'eri abakkiriza

﴿ قَالُوا يَمُوسَىٰ إِنَّمَا أَنْتَ نَجْوَىٰ وَإِنَّمَا أَنْتَ نَجْوَىٰ وَإِنَّمَا أَنْتَ نَجْوَىٰ ۗ قَالُوا بَلَّ الْقَوْمَ فَإِذَا جَاءَهُمْ وَعَصِيَّتُهُمْ بِخَلِّ إِلَيْهِ مِنْ سِحْرِهِمْ إِنَّهَا لَسَعْيٌ ﴿١٦﴾ فَأَوْجَسَ فِي نَفْسِهِ خِيفَةً مُوسَىٰ ﴿١٧﴾ فَلَمَّا لَا تَخَفُ إِنَّكَ أَنْتَ الْأَعْلَىٰ ﴿١٨﴾ وَالَّذِي مَا فِي يَمِينِكَ لَتَفْعَلَنَّ مَا صَنَعُوا إِنَّمَا صَنَعُوا كَيْدٌ سِحْرٍ وَلَا يُفْلِحُ السَّاحِرُ حَيْثُ أَتَىٰ ﴾

Ebitegeeza nti: owange Musa oba osooka okukasuka oba ffe tubeere abasooka okukasuka, naagamba nti wabula mmwe mukasuke, yagenda okulaba emiguwa gyabwe n'emiggo gyabwe olw'eddogo lyabwe, nga bimulabikira nti mazima ddala byo bitambula, Musa naafuna okutya mu mutimagwe netumugamba nti yotyta mazima ggwe owawaggulu era suula ekyo ekiri mu mukonogwo ogwaddyo kijja kumira byebakoze mazima byebakoze nkwe z'amulogo ate bulijjo omulogo tawangula mu ngeri yonna gyaba azze. [20:65-69].

﴿ فَأَنْزَلَ اللَّهُ سَكِينَتَهُ عَلَيْهِ وَأَيَّدَهُ بِجُودٍ لَمْ تَرَوْهَا ﴾

Ebitegeeza nti: olwo nno Katonda yassa ku ye emirembegeye era namuwagira n'amagye gemutaalaba. [9:40]

﴿ فَأَنْزَلَ اللَّهُ سَكِينَتَهُ عَلَىٰ رَسُولِهِ وَعَلَى الْمُؤْمِنِينَ وَأَلْزَمَهُمْ كَلِمَةَ التَّقْوَىٰ ﴾

Ebitegeeza nti: olwo nno Katonda nassa emirebegeye ku mubakawe ne ku bakkiriza era nabakakasaako ekigambo kyokutya Katonda. [48:26]

﴿ لَقَدْ رَضِيَ اللَّهُ عَنِ الْمُؤْمِنِينَ إِذْ يُبَايِعُونَكَ تَحْتَ الشَّجَرَةِ فَعَلِمَ مَا فِي قُلُوبِهِمْ فَأَنْزَلَ السَّكِينَةَ عَلَيْهِمْ وَأَثَبَهُمْ فَتْحًا قَرِيبًا ﴾

Ebitegeeza nti: mazima Katonda yasiima abakkiriza bwebaakuwa obweyamo nga muli wansi w'omuti olwo nno yamanya ebiri mu mitima gyaabwe nassa emirembegeye ku bo naabasasula nga abawa obuwanguzi obwokumpi. [48:18]

﴿ هُوَ الَّذِي أَنْزَلَ السَّكِينَةَ فِي قُلُوبِ الْمُؤْمِنِينَ لِيَزَادُوا إِيمَانًا مَعَ إِيمَانِهِمْ ﴾

Ebitegeeza nti: yye yooyo eyassa obutebenkevu mu mitima gya bakkiriza olwo nno babe nga beeyongerera obukkiriza ku bukkiriza bwabwe. [48:4]

Ate zo Hadith:

- "*Asi alu llaaha al adhwima rabbal arishi al adwimi an yashfiyaka*". Nsaba Katonda owekitiibwa omulabirizi wa Arishi eyekitiibwa abe nga akuwonya, "akyogera emirundi musanvu".
- "*Uidhuka bi kalimatil laahi al ttamma min kulli shaitwani wahhaama wa min kulli ayinin laamma*". Nkukingiriza n'ebigambo bya Katonsda ebijjuvu ku buli Sitane erabankanya, era nekingiriza n'ebigambo bya Katonda ku buli liiso ebbi "akyogera emirundi esatu".
- "*Allahumma rabba nnansi adhibibil b'asa ishfi anta sshaafi laa shifa'illa shifauka shif'an laa yugaadiru sakaman*". Ayi Mukama omulabirizi w'abantu jjawo ekizibu, wonya ggwe owonya, tewali kuwonya okugyako okuwonyakwo, (nkusaba owonye) oluwonya olutalekaawo kalwadde konna "akyogera emirundi esatu".
- "*Allahuma adhibu anhu harraha wa bardaha wa waswabaha*". Ayi Mukama mugyeko ebbugumu ly'obulwadde, n'obunyogovu bwabwo n'buvune bwabwo "akyogera omulundi gumu".
- "*Hsbiya llaahu laa ilaaha illa huwa alaihi tawakkaltu wahuwa rabbul arishi al adwimu*". Katonda ammala tewali kisinziibwa kyonna okugyako yye, ye yekka gwenneesiga era yye ye mulabiriza wa arishi eyekitiibwa "ekyo akyogera emirundi musanvu".
- "*Bismillahi urkiika min kulli d'ain y'udhika wa min sharri kulli nafsini awu ayinin haasidin allahu yashfikaka bismillah arkiika*". Ebitegeeza nti: ku lwelinywa

lya Katonda nkujjanjaba buli ndwadde ekuluma na ku buli muntu oba eriiso eryensalwa.

Katonda akuwonye nkujjanjaba ku lwelinyya lya Katonda "akyogera emirundi esatu".

- Ossa omukonogwo ku kifo awali obulumu n'ogamba nti: *Bismillahi*. Ekitegeeza nti ku lwelinyya lya Katonda. "okyogera emirundi esatu".
- *Audhu bi izzati llahi wa kuduratihii min sharri m'a ajidu wa uhaazdiru*. Ebitegeza nti: nekingiriza nekitiibwa kya Katonda n'obuyinzabwe ku bibi bwebyo e bintuukako era byentya. "akyogera emirundi musanvu".

BINO BYANKIZO NNYO:

1. tekikkiriizbwa okukkiriza ebiyiye ebyobulimba ku bikwata ku muntu akwaasa obulwadde bw'ekiiso, gamba nga okunywa omusulogwe era nokulwooza nti okunywa omusulogwe tekituukiriza kigendererwa kya kuwonya singa aba akitegedde.
2. Si kituufu okwambala eyirizi, keebe nga ekoledwa mu ddiba oba mu kikomo ebyenjwulo olw'ekigendererwa ky'okwekuuma obulwadde bw'ekiiso. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) agamba nti: *(Omuntu yenna ayambala oba eyesiba akantu konna Katonda akamulekera)* **Hadith ya Tirimidhi**. Bwekiba nga kyayambadde Aya za mu Kur'ani, abamanyi bakyawukanamu, naye okukireka kyekisinga obulungi.
3. Okuwandiika ekigambo (ما شاء الله وقاك الله) oba okukuba ekifananyi kyekitala, oba ekiso, oba eriiso, oba okuteka Kur'ani eyekitiibwa mu motoka, oba okutimba aya za Kur'ani ezimu mu nyumba, ebyo byonna tebigoba bulwadde bwakiiso, mpozzi ate biyiza okulamulwa nga eyirizi ezitakkirizibwa.
4. Omulwadde atekwa okukakasa nti Katonda ajja kumwanukula, era tasaana kulwooza nti okuwona tekisoboka ne bwebaba nga bamugambye nti okuwona kimwetaagisa kukozeza ddagala mu bulamubwe bwonna obusigadde tekimutiisa, naye atya singa rukuya etutte ebbanga awamu n'okuba nti buli nyukuta gyasoma اساسulwamu ate nga buli lusasulwa lubazibwamu emirundi kkumi, bulijjo atekwa okusaba n'okwegayirira n'okusaddaaka ennyo anti ebyo byebimu ku bimuyamba okuwona.
5. Okusoma okwawamu kwawukana ku nkola eya sunna era n'ebikusubirwamu biba binafu, era okwemalira ku bikwate ku byuma ebikwata amaloozi anti byo tebireeta (Niya/Okumalirira) ate nga enniya kamu kubukwakulizo obwetagisa mu bujjanjabi obweddiini, newakubadde nga okuwuliriza ebyo ebikwata ku byuma mulimu emikisa nempeera. Kyandibadde kirungi obujjanjabi obweddiini okubuddingana, okutuusa nga omulwadde awonye okujjako bwebuba nga bukooya omulwadde, bukekerezebwa buleme kuba nga bumwetamya nokuddingana okusoma aya za (Kur'ani) nedduwa mu miwendo egyenjwulo sikituufu okujjako nga waliwo endagiriro entuufu.
6. Waliwo obubonero obumu obulaga nti omujanjabi akozesa dogo so si Kur'ani tetusaanye kubuzibwabuzibwa okulabikakwe nga munaddiini, anti ayinza okutandika nokusoma Kur'ani, oluvannyuma nadda mu birala, ayinza nokuba nga tava mu muzikiti, olwokwagala okubuzabuza byakola, asobola nokwoogera ennyo ku Katonda mumaaso gomuntu yenna, kale tasaanye kutukwenyakwenya, tufeeyo nnyo.

OBUBONERO OBULAGA ABALOGO SSAKO ABALIMBA ABABUZABUZA.

* Okubuuza omulwadde erinnyalye nelya maamawe anti, okumanya erinnya nobutalimanya tekirina wekyekusiza ku bujjanjabi mu buli ngeri. * Okusaba engoye zomulwadde oba obugoyebwe obwomunda. * Ayinza nokusaba omulwadde aleete ekisolo kyonna, nga kirina ebitendo ebyenjwulo mbu akisalira amajinni, oba olyawo asiige nomusaayi gwekisolo ku mulwadde. * Okuwandiika oba okusoma ennujuta ezitalina makulu gategerekeka. * Okuwa omulwadde olupapula nga lulina ensonda nnya munda walwo nga mulimu ennujuta ne namba nga baziyita (Ebikusike). * Okulagira omulwadde obutegatta nabantu ngaali mu kisenge ekikutte ekizikiza ekyo kiyitibwa (Kwekweka). * Okuziyiza omulwadde obutakwata ku mazzi ebbanga eggere. * Okuwa omulwadde ekintu kyalina okuziika mu ttaka oba okwokya olupapula neyenyokeza nalwo. * Okwogera ku bikwata ku mulwadde nga ye yennyini siyabyogedde, gamba nga okumubulira erinnyalye, gyavudde nobulwadde obumuleese. * Oluba okuyingira awali omulwadde nayogera ekika ky'obulwadde nga akozesa essimu oba okugamba nti Sitane okukolera omulogo amala kukafuwala nakuwakanya Katonda.

Eddogo omuteeko ogwokubiri lya zzambi kkulu erizikiriza omuntu. Eddogo lyombiriri libaawo nga Katonda akkirizza.

7. Endaba ya ba Ahli Sunna – Walijamaa, balaba nti, amajinni gatambulira wamu nabantu, nga besembesa ekigambo kya Katonda ekigamba nti, (*Abonna abalya emmali eya (Riba) tebagenda kuziikira kuva ku kaburi zaabwe okugyako nga balinga Sitane besudde eddalu*). Abavvunuzi bawukana bonna bassa kimu mu kuvvunula aya zino nga bagamba nti, zitegeeza nti eddalu lya Sitane erikwata omuntu lwansonga yakuba nti, amajinni gamuyingidde.

OKUJULIRIZA. Eddogo werili. Era okuba nti lirina kyelikola ku muntu kiri mu Kur'ani nenjigiriza ya nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) era lyaziyizibwa, lyerimu ku mazambi amanene, anti Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) agamba nti, (*Mwewale ebizikiriza omusanvu. Baamubuuza nti owange Nabbi byebiruwa? Nabagamba nti okugatta ku Katonda ebintu ebirala ne ddogo*) **Hadith ya Bukhari ne Muslim.**

Katonda agamba nti: (*Mazima baamanya nti omuntu yenna asalawo okozesa eddogo tagenda kuba na mugabo gwonna ku nkomerero*).

Eddogo lya miteeko ebiri:-

1. Ebifundikwa newuzi omulogo ebimusobozesa okozesa Sitane nga ayagala okuloga omuntu.

2. Erikosa omubiri, amagezi nebirala ebyoyo aba alogeddwa, oba biyite okumubuzabuza nokumutabula alogeddwa nabanga buli kintu akikyusa nerikifanana. Eddogo lyomuteeko ogwasoose, kuba kugatta ku Katonda ebintu ebirala. _

EDDUWA/OKUSABA

Ebitonde byonna biri mu bwetaavu eri ebyo ebiri ewa Katonda, ate yye talina kyeyeetaaga.

Wabula Katonda yalaalika abaddube okubera nga bamusaba, agamba nti, (*Munsabe ndyoke mbanukule abo bonna abekuluntaza nebatansaba bajja kuyingira omuliro Jahannama nga baswavu*). Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) agamba nti, (*Omuntu atasaba Katonda amunyugira*). **Hadith ya Ibn Majah.** Awamu nebyo Katonda asanyuka olwomudduwe okumusaba, era ayagala nnyo abagenda ewala okumusaba, era kibasembeza gyali.

Ba Swahaba ba Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) bategeera nnyo ekigambo kyokusaba Katonda waabwe, omu kubo nga talina kyatasaba Katonda, era nga tebalina gwebawanjagira mu bitonde byaKatonda okugyako yye. Ekyo baakituukako olwenkolagana yaabwe ne Katonda waabwe kubanga ali kumpi nabo nga nabo bwebaaberanga okumpi naye, nga batuukiriz aKatonda kyagamba nti, (*Abaddu bange bwebabanga bakumbuuzizza bagambe nti mazima nze ndi kumpi nabo*).

Eduuwa oba okusaba kulina ekifo kya kumwanjo nnyo ewa Katonda, anti ky'ekisinga okuba ekyekitiibwa gyali.

Kiyinza nokuyimiriza okugera kwa Katonda okwasooka, nabuli asaba Katonda amwanukula ensonga zo kwanukulwa bwezibaawo ate newatabaawo bikiziyiza, era Katonda awa abamusabye ekimu ku bigambo Nabbi byeyatutegeeza bweyagamba nti (*Tewali musiramu yenna asaba kyonna kyaba asabye nga tekirimu bujeemu wadde okukutula oluganda, okugyako nga Katonda amuwa mu kwanukula okusabakwe ekimu kubintu bisatu: okumwanguyiriza okumuwa kyaba asabye, oba okumuterekerera kunkomerero, oba okumugyako akabi konna ekenkaba kyo. Nebamugamba nti bwekiba bwekityo tuyitirize okumusaba, naabagamba nti Katonda yaasinga okuyinniwaza*). **Hadith ya Ahmad.**

EMITENDERA GYEDDUWA GIRI EBIRI:

1. Okusaba nga osinza nga okusaala nokusiiba.
2. Okusaba nga olina ekyetaago oba kyoyagala okufuna.

OKUSINGANA KWEMIRIMU:-

Okusoma Kur'ani kwekusinga, oba okwogera ku Katonda? Oba okubaako ebyataago byosaba Katonda?

Okusoma Kur'ani kwe kusinga emirimu gyonna. Okwo kuddako okwogera ku Katonda n'okumutendereza, ne kuddako okumusaba byewetaaga, ekyo bwekityo bwekiri mu kutwalira awamu, naye wayinza okubawo ekiseera nga ekisingibwa ate kyekisinga gamba nga okusaba ku lunaku lwa (Arafah), kwe kusinga okusoma Kur'ani, era okwogera ku Katonda oluvannyuma lwabuli Sswala, eza faraza kwe kusinga okusoma Kur'ani.

ENSONGA EZIVAako OKWANUKULWA.

Waliwo ensonga enneyolefu n'ensonga ennekusifu.

1. Ensonga enneyolefu, kwekukulembeza emirimu emirungi nga okusadaaka nokutawaaza ne Sswala nokwolekera ekibulah, nokusitula emikono gyombiriri, okutenda Katonda n'ebitendo ebimusaana n'okukozesa amannya g'aKatonda, n'ebitendobye ebikwatagana nedduwa esabwa. Bwekubera nga okusaba kwajjana okusaba kuba kumusaba olwebirungibye n'okusasirakwe,

ate bwekuba okusaba nga kusabira mulyazamanyi akolebweko, amannya nga (omusasizi alina okusaasira okubuna الرحمن) oba omugabi (الكريم) tegakozesebwa mu kusaba okwo, wabula agakozesebwa mu kusaba okwo owamanyi (الجبار) oba omukasi (القهار) ezimu ku nsonga z'okwanukulwa kwedduwa kwekusaalira ku Nabbi (Sal-lal-laahu (alaihii wa sal-lam) ku ntandikwa ate ne ku nkomerero yedduwa, n'okukkiriza nti tulina ebisobyo ku Katonda waffe, okumwebaza olw'ebyengerabye byatugabirira entakera, n'okweyuna e biseera eby'enkizo ebyatulagirwa, anti bye birowozebwamu okwanukulwa okusinga ebirala, ate nno nabyo bingi ddala, mu lunaku olulamba nga otwaliddemu emisana n'ekiro. Ebimu ku byo: kimu kya kusatu ky'ekiro e kisembayo, anti Katonda akka ku ggulu erisemba ku nsi, n'ekiseera wakati wokwaziina, n'okukima eSswala, n'oluvannyuma lw'okufuna ewuzu, ne mu kiseera nga ovunamy'e ku kyeniky'o, n'ekiseera nga tonatoola salaamu nga omalako eSswala, noluvannyuma lwe Sswala eza faraza n'ekiseera nga omalako okusoma Kur'ani ennamba, n'ekiseera nga enkoko ekokolima. Ne mukiseera nga oli ku lugendo, e dduwa yooyo aba alyazamanyiziddwa, nedduwa yo'muntu nga ali mu buzibu, n'edduwa y'omuzadde gyasabira omwanawe, n'omusiraamu kwasabira musiraamu munne nga tamulabako, nedduwa nga musisinkanye n'omulabe mu lutalo.

❖ Mu week ennamba edduwa y'olunaku lwe juma, naddala essawa esembayo.

❖ Ate mu myezi edduwa y'omwezi gwa Ramadhan naddala mu kiseera kyo kusiibuluka, nemukiseera ky'okulya ddaaku ne mu kiseera kya Lailatul Kadir, ssako olunaku lwa (Arafat).

❖ Ate mu bifo ebyekitiibwa, emizikiti gyonna okutwalira awamu, ne ku kaaba, naddala ekifo ekiyitibwa omulyango gwa kaaba, n'ekifo ekiyitibwa makaamu Ibrahim, ne ku kasozi Swafa, ne Maruwa, ne bifo nga Arafaati, Muzidalifah, Mina, mu kiseera kya Hijjah ne mu kifo nga Zamzam n'ebirala.

2. Ensonga ennekusifu nga tonnaba kusaba:-

Okukulembeza okwenenya okwamazima, okuzzayo byewalyazaamanya eri banyinibyo, n'okuba nga okulya, okunywa ebyambalo, n'ensula, byonna ebyo nga biva mu nfuna eya Halaali, n'okuyitiriza okukola emirimu emirungi, nokwewala byonna ebya Haraamu. N'okwekuuma ebintu ebibusibwabusibwa n'ebiyobwagazi, n'edduwa nga omutima gw'omuntu mutereevu, n'okukkiririza mu Katonda nga wekakasa, mu kusuubira okwamanyi mu ye yekka, n'okudda gyalii n'okwewombeeka n'okusaba Katonda entakera, n'okwesigamya ebintu byonna eri Katonda, n'obutasuubira buyambi bwonna okujjako eri Katonda, n'okuba ne ssuubi mu kwanukula kwa Katonda.

EBIZIYIZA OKWANUKULWA KWE DDUWA.

Omuntu ayinza okusaba naatayanukulwa oba okwanukulwa nekukeerewa, ensonga zekyo nyingi ddala:-

❖ Okusaba Katonda nga omugattako ebirala.

❖ Okulandagga mu kusaba ngokusaba okuwona okwokya kwomuliro Jahannama, nobufunda bwagwo nekizikiza kyagwo so nga kimala okusaba okuwona omuliro kyokka.

- ❖ Omusiraamu okwesabira edduwa embi oba okusabira omulala, mu bulyazamanyi.
- ❖ Okusaba ebitali birungi oba okukutula oluganda.
- ❖ Okusaba nga kwesigamizibwa ku kwagala kwa Katonda, nga kugamba nti (Ayi mukama Katonda nsonyiwa bwoba nga oyagadde). Nebifaananako nga ebyo.
- ❖ Okusuubira okwanukulwa okw'amangu, nga okugamba nti, nsabye Katonda naye n'atannyanukula.
- ❖ Okugayaala, noova ku kusaba olwokukoowa n'okwegayaaza.
- ❖ Okusaba nga omutima mugayaavu nga ali mukuzannya.
- ❖ Obutewombeka mu maaso ga Katonda nga asaba anti Nabbi ^(*Sal-lal-laahu*) _(*alaiti wa sal-lam*) yawulira omusajja nga asaba mu Sswalaye natasaalira ku Nabbi, Nabbi nagamba nti, (ono ayanguyirizza) oluvannyuma yayita omusajja oyo namugamba oba nagamba atali musajja oyo nti (Omu kumwe bwabanga asaba atekwa kusooka kutendereza Katonda nokumusuuuta oluvannyuma asaalire Nabbi olwonno alyoke asabe ebyo byayagala). Hadith ya Tirimidhi.
- ❖ Okusaba edduwa etasoboka, gamba ngokusaba okubeera mu nsi obugenderevu.
- ❖ Okwewaliriza okusaba nga atontoma, Katonda agamba nti, (Musabe Katonda namwe nga mwetowaza anti yye tayagala basuka kikomo). Ibn Abbasi (A.S.) agamba nti genderera okutontoma ng'osaba okwewale anti nze nabeera nga ne Nabbi ne ba Swahaba be baali tebakola ekyo, nga kyategeeza nti baali bewala okutontoma nga basaba). Hadith ya Bukhari.
- ❖ Okusaba nga olekaana, Katonda agamba nti, (Tolekaana nga mukusaba kwo, era tosaba nga mukaama akayitiridde, beera wa mu makkati nga osaba). Ayisha agamba nti (Edduwa ebeera mu mbeera bwetyo).

Kyandibadde kirungi asaba okuteekateeka edduwaye ku ngeri bweti:

1. Okutendereza n'okusuuuta (Katonda).
2. Okusaalira Nabbi.
3. Okwenenya n'okukkiriza nti alina amazambi.
4. Okwebaza Katonda ebyengerabye byamugabirira.
5. Okutandika okusaba nga assa nnyo essira ku dduwa ezibuna naddala edduwa za Nabbi nezaava ku balongoofu abaatukulembera.
6. Okufundikira edduwa n'okusabira Nabbi ^(*Sal-lal-laahu*) _(*alaiti wa sal-lam*).

EDDUWA ENKULU OMUNTU ZEYALIBADDE YEKWATA ERA NAZISABISA NAZO:.



<p>Nga oghenda okwebaka ne nga ovudde mu tulo.</p>	<p>"Bi Ismika allahumma amuutu wa ahya". (Kulinnya lya mukama Katonda ntandika okwebaka nokuzuukuka). Ate bwaba azuukuse. (الحمد لله الذي أحيانا بعد ما أماتنا وإليه النشور) "Al Hamdu Lillaahi alldhi ahyaana bada ma amatana wa ilaihi nnushuri". "Amatendo amalungi ga Katonda oyo atuzuukusa oluvannyuma lwokutwebasa era ajja kutuziikiza".</p>
<p>OMUNTU ABA YEEKANZE MU TULOTWE.</p>	<p>"Audhu bi kalimaati llahi attammaati min gadwabihi wa ikaabihi wa min sharri ibaadihi wa min hamazaati shayaatwini wa an yahdwiruuna". Nsaba Katonda ankuume nebigambo bye ebijjuvu neme kufuna busungubwe nokubonerezebwakwe nobubi bwa baddube nemububibwe ddala lya Shaitane.</p>
<p>BWABA NGA ALOOSE.</p>	<p>Abanga alabye mumwe endooto nga agyagala eba evudde waKatonda asanye atendereze Katonda kulwendooto eyo era aginyumye, ate Bwaba talabye endooto gyatayagala eyo eba evudde wa Sitane osaana osabe Katonda okumuwonya obubi bwayo era taagibuulira muntu yenna era terina kabi kesobola kumutuusaako.</p>
<p>BWABA AFULUMA OKUVA MUNJUYE.</p>	<p>اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ أَنْ أَضِلَّ أَوْ أَضَلَّ أَوْ أَزِلَّ أَوْ أَزَلَّ أَوْ أَظْلِمَ أَوْ أَظْلَمَ أَوْ أَجْهَلَ أَوْ يُجْهَلَ عَلَيَّ "Allahumma inni awudhu bika an adwillah awu udwalla awu azilla awu uzalla awu udhulimu awu udhulamu awu ajhala awu yujhalu alayyah" Ayi mukama Katonda mazima nze nsaba obukuumibwo, neme kubula, oba okubuzibwa oba okugwa mubutego oba okubusuulibwamu oba okulyazaamanya oba okulyazamanyizibwa oba obutamanya oba obutamanyizibwa. "Bismillahi tawakkaltu alaa llaahi laa hawla walaa kuwwatan illa billahi". "Kulwelinya lya Katonda nesize Katonda tewali nkyukakyuka zonna era tewali maanyi gonna okujjako nga Katonda akkirizza".</p>
<p>BWABA AYAGALA OKUYINGIRA OMUZIKITI.</p>	<p>Bwabanga ayingira omuzikiti akulembeza okugulukwe okwaddyo nga bwagamba nti: "باسم الله والسلام على رسول الله اللهم اغفر لي ذنوبي وافتح لي أبواب رحمتك". "bismillahi wa ssalaamu alaa rasuuli llaahi, allahumma igfirli dhunuubi waftah lii abwaaba rahmatika". "kulwelinnya lya Katonda emirembe gibeere ku mubaka wa Katonda. Ayi mukama Katonda nsonyiwa ebyonoono byange onzigulirewo emiryango gyokusaasirakwo.</p>
<p>BWABA AFULUMA OKUVA MU MUZIKITI.</p>	<p>Bwaba nga afuluma okuva mu muzikiti akulembeza okugulukwe okwa kkono nga agamba nti: باسم الله والسلام على رسول الله اللهم اغفر لي ذنوبي وافتح لي أبواب فضلك". "bismillahi wassalaamu alaa rasuuli llaahi allahumma igfirli dhunuubi waftah lii abwaaba fadhlika". "kulwelinnya lyaKatonda emirembe gibeere eri omubaka waKatonda, Ayi mukama Katonda nsonyiwa ebyonoono byange onzigulirewo emiryango gyebirungibyoy.</p>
<p>EYAKAWASA</p>	<p>"Baraka llahu laka wa baaraka alaika wa ja'ma bayinakuma fii khairin". Katnda akuwe omukisa era akuteremu mu mukyala oyo omukisa era abagatte mwembi mu bulungi.</p>

<p>Aba awulidde enkoko ekookolima oba endogoyi ekaaba oba okuboggola kwembawa.</p>	<p>Bwemubanga muwulidde okukaaba kwendogoye musabe Katonda obukuumi bwokukaabakwo anti eba erabye Sitane ate bwemubanga muwulidde okokolima kwenkoko musabe Katonda abawe ebirungi byokukokolima kwayo anti eba erabye malayika". Bwemubanga muwulidde okuboggola kwembwa nokukaaba kwendogoyi ekiro musabe Katonda obukuumi.</p>
<p>EDDUWA Y'OBUZIBU</p>	<p>"لا إله إلا الله العظيم الحليم، لا إله إلا الله رب العرش العظيم، لا إله إلا الله رب السموات ورب الأرض ورب العرش الكريم.</p> <p><i>Laa ilaaha Illah Allah Rabbul Al Arushi Al Azwim, Laa ilaaha illa Allah Rabbu Assamawaat wa Rabbul Arush wa Rabbul Arushi al Karimu,</i></p> <p>Tewali Katonda asinzibwa mu mazima okujjako kato nda omu oweekitiibwa oweekisa.</p> <p>Tewali Katonda asinzibwa mu mazima okujjako Katonda ali omu nannyini Arushi eyeekitiibwa, era omulabirizi w'ensi era omulabirizi wa Arishi egulumizibwa,</p> <p><i>Allah Allah Rabbi laa ushrik bili shai.</i> Allah Allah ye mulabirizi wange simugattako kintu kyonna,</p> <p><i>yaa hayyu yaa khayum birahamatika asitagüthu.</i> Ayi Mukama umulamu eyeyimirizaawo nsaba okutaasibwa n'okusaasirakwo.</p> <p><i>subhaana Allah Al Azwiim</i>". wanjawulo nnyo Katonda owekitiibwa.</p>
<p>OMUNTU BWAKUGAMBA NTI AKWAGALA KU LWA KATONDA.</p>	<p>Nga bijibwa ku Anasi ^(Radi Allahu anhu) anyumya nti: omusajja yali awali Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) newayitawo omuntu naagamba Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) nti owange omubaka wa Katonda mazima nze ono mwagala Nabbi n'amugamba nti "wakimutegeeza"? omusajja naagamba nti nedda. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) n'amugamba nti kimutegeeze, naagenda gyali n'amugamba nti mazima nze nkwagala kulwaKatonda, munne naamugamba nti akwagale oyo gwonjangadde ku lulwe".</p>
<p>Mugandawo omusiraamu bwaaba ayasimudde</p>	<p>Omuntu yenna mu mmwe bwayasimulanga, atekwa agambe nti: <i>(Al hamdu lillah)</i> ekitegeeza nti: amatendo ga mukama Katonda, ate mugandawe oba munne amuddemu nti: <i>(Yarhamuka llah)</i>, ekitegeeza nti: Katonda akusaasire, ate munne addemu nti: <i>(Yahadiikum-Allah)</i> ekitegeeza nti: Katonda abalungamye era alongoose embera yammwe. Ate oMukafiiri bwaaba nga y'ayasimudde natendereza Katonda, mugambe nti Katonda abalungamye naye tomugamba nti Katonda akusaasire.</p>
<p>EDDUWA ESABIRWA ABALABE.</p>	<p>"اللَّهُمَّ منزل الكتاب ومجري السحاب سريع الحساب أهزم الأهزاب اللَّهُمَّ أهزمهم وزلزلهم"</p> <p><i>Allahumma Munazzila Al Kitaab wa Mujiri Asahaabu Samo Al Hisabi Ihizimul Al Ahazaab, Allahuma Ihizimuhum wazal zalhim</i>".</p> <p>Ebitegeeza nti: Ayi mukama Katonda eyassa ekitaboo (Kur'ani), atambuza ebire, agenda okubala ebitonde mu bwangu, afufuggaza ebibinja byabalabe, Ayi Katonda bafufuggaze obakankanye baleme kutebenkera.</p>
<p>OKUWAWAMUKA MU TULO</p>	<p>Omuntu aba awawamuse mu tulo ekiro oluvannyuma n'agamba nti:</p> <p>الحمد لله سبحانه ولا إله إلا الله والله أكبر ولا حول ولا قوة إلا بالله، ثم قال اللَّهُمَّ اغفر لي".</p> <p><i>Laa Ilaaha Illa Allah wahdahul laa shariika lahu lahul muluk walahul Al hamudu wahuwa alaa kulli shaine khadiiru. Al hamudu</i></p>

	<p><i>lillah wa subuhaana Allah wala ilaaha illa Allah wa Allahu Akbaru wala haula wala kuvata illah billahi, Allahumma igfirilli.</i></p> <p>Ebitegeeza nti: Tewali Katonda asinzibwa mu mazima okugyako Katonda omu, era Katonda yaasinga buli kintu kyonna era tewali akyusa mbeera yonna era alina maanyi gonna okugyako Katonda, oluvannyuma naagamba nti Ayi Katonda nsonyiwa, oba n'asaba ayanukulwa. Ate nno singa aba afunye ewuzu nasaala essalaye ekkirizibwa.</p>
<p>EDDUWA ESABWA NGA WALIWO EKINTU EKIREMYE</p>	<p>"اللَّهُمَّ لَا سَهْلًا إِلَّا مَا جَعَلْتَهُ سَهْلًا وَأَنْتَ تَجْعَلُ الْحَزْنَ إِذَا شِئْتَ سَهْلًا".</p> <p><i>"Allahumma la sahalaa Illa ma Jaalitahu sahalaa, waanita tajjalu al hazan in swalla sahalaa"</i>. Ebitegeeza nti: Ayi Katonda tewali kyangu okujjako kyoba ofudde ekyangu, era ggwe ennaku bwoba oyagadde ogifuula obwangu.</p>
<p>EDDUWA Y'OKUSASULA EBBANJA</p>	<p>"اللَّهُ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ مِنَ الْهَمِّ وَالْحُزْنِ وَالْعُجْزِ وَالْكَسَلِ وَالْجُبْنِ وَالْبَخْلِ وَضَلَعِ الدِّينِ وَغَلْبَةِ الرِّجَالِ".</p> <p><i>Allahumma Inni Auzhu bika minal alihami wali hazani wali ajiza wali kasali, wali jubuni wali buhuli wa dwalie daini wa galabati rijaali.</i></p> <p>Ebitegeeza nti: Ayi mukama Katonda mpa obukuumi mu bindabankanya n'ebinakuwaza n'okulemererwa n'obugayaavu n'obutitiizi n'obukodo n'okulemererwa ebbanja n'okuwangelwa abantu.</p>
<p>Kabuyonjo (ebiyigo).</p>	<p>Bwaba ayingira kabuyonjo agamba nti: "اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ مِنَ الْخَيْبِ وَالْخِيَابِ".</p> <p><i>"Allahumma inn Authubika minal khubuthi wali khabaeth"</i>.</p> <p>Ebitegeeza nti: Ayi mukama Katonda nkusaba onkuume mu bubu majinnii amasajja n'amajinni amakazi.</p> <p>Ate bwaba nga afuluma okuvaayo agamba nti; "غفرانك".</p> <p><i>(Ggufraanaka).</i> Ekitegeeza nti: Ayi Katonda nsaba onsonyiwe.</p>
<p>EBIRABANKANYA MU SSWALA</p>	<p>(Eyo Sitane eyitibwa (khanizabu) bwoba ojiwulidde saba obukuumi okuva eri Katonda, owande ku kkonoowo emirundi esatu).</p>
<p>NGA OVVUNNAMYE</p>	<p>Ogamba nti: "اللَّهُمَّ اغْفِرْ لِي ذَنْبِي كُلَّهُ دِقَّةَ وَجْهِهِ وَأَوَّلَهُ وَآخِرَهُ وَعَلَانِيَتَهُ وَسِرَّهُ".</p> <p><i>(Allahumma egifirili zanbii kullahu di kkahu wa jillahu wa awwalahu wa akhiraahu wa alaaniyataahu wa sirrahu).</i> Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda nsonyiwa amazambi gange gonna amakusike naameyolefu, agasooka nagasembayo, agolwatu nagekyama).</p> <p><i>(Subuhaanaka rabbi wa bihamudika Allahumma gifirli).</i> Oli mwawufu ku bitondebyo Katonda omulezi wange, era olw'ebitendobyo ayi Mukama Katonda nsonyiwa).</p> <p>"اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِرِضَاكَ مِنْ سَخَطِكَ وَبِمَعْفَاتِكَ مِنْ عِقَابِكَ وَأَعُوذُ مِنْكَ لَا أَحْصِي ثَنَاءً عَلَيْكَ أَنْتَ كَمَا أَثْنَيْتَ عَلَيَّ نَفْسِكَ".</p> <p><i>(Allahumma inni audhu biridhwaka mini sakhatwika wabi mua'afatika mini ukuubatika wa audhu bika minka laa-uhuswi thana-a alayika anta kama athinayita ala nafusika).</i> (Ayi Mukama Katonda mazima nze nkusaba obukuumi ku lw'okusiimakwo omponye obusungubwo era ku lw'ekisonyiwokyo nkusaba omponye ebibonerezobyo, Era nkusaba ggwe wennyini onnyambe nkuwone, siyinzza kumalayo ku kutenda ggwe oli nga bweweetenda.</p>

<p>OKUVUNNAMA NGA OBADDE OSOMA KUR'ANI</p>	<p>"اللَّهُمَّ لك سجدت وبك آمنت ولك أسلمت سجد وجهي للذي خلقه وصوره وشق سمعه وبصره تبارك الله أحسن الخالقين".</p> <p>(<i>Allahumma laka sajaditu wabika aamanitu walaka asilamutu, sajada wajihil lilladhi khalakahu wa swawarahu washakka samu-ahu wa baswarahu tabaaraka llahu ahasanul khalikiina</i>).</p> <p>Ebitegeeza nti: (Ayi mukama Katonda nvunnanye ku lulwo era ggwe nzikiriza era nnasiramuka ku lulwo ekyenyi kyange kivunnamidde oyo eyakikola nakiwa ekifananyi kyakyo nakissaako okuwulira kwakyo n'okulaba kwakyo wakitiibwa nnyo Katonda asinga abatonzi bonna).</p>
<p>EDDUWA EGGULAWO ESSWALA</p>	<p>"اللَّهُمَّ باعد بيني وبين خطاياي كما باعدت بين المشرق والمغرب، اللَّهُمَّ تقني من خطاياي كما ينقى الثوب الأبيض من الدنس، اللَّهُمَّ اغسلني بالماء والخلج والبرد".</p> <p>(<i>Allahumma baa-edi bayini wabayina khatwayaya kama b'aadita bayinal mashiriki wali magaribi, Allahumma nakkini min khatwayaaya kama yunakka athawubul abyadhu mina ddanasi Allahumma igisilini bili m'ae wa thaliji wali baradi</i>). Ebitegeeza nti: (Ayi Mukama Katonda njawukanya n'amazambi gange nga bwewayawukanya obuvanjuba ku bugwanjuba. Ayi Mukama Katonda nnazaako amazambi gange nga olugoye olweru bwe lunaazibwa okulugyamu ekko, Ayi Mukama Katonda nnaaza n'amazzi n'omuzira n'amazzi amakwafu).</p>
<p>KU NKOMERERO YE SSWALA</p>	<p>"اللَّهُمَّ إني ظلمت نفسي ظلماً كثيراً ولا يغفر الذنوب إلا أنت فاغفر لي مغفرة من عندك وارحمني إنك أنت الغفور الرحيم".</p> <p>(<i>Allahumma inni dwalamutu nafusi dwuluman kathiira walaa yagafiru dhunuuba illa anta, fagfiruli magfiratan min indika warhamuni innaka anta ali gafuuru arrahiim</i>). Ebitegeeza nti: Ayi mukama Katonda ndyazamanyizza omwoyo gwange olulyazaamanya olusuffu, ate tewali asonyiwa mazambi okujjako ggwe, nkusaba onsonyiwe olusonyiwa oluva gyoli era onsaasire, mazima ggwe muyitirivu w'okusonyiwa era omusaasizi ennyo).</p>
<p>OLUVANNYUMA LWE SSWALAH</p>	<p>"اللَّهُمَّ أعني على ذكرك وشكرك وحسن عبادتك، اللَّهُمَّ أعوذ بك من الكفر والفقير وعذاب القبر".</p> <p><i>Allahumma A-inni Alaa dhikrika wa shukrika wa husuni ibadatika</i>. Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda nsobozesa okukwogerako n'okukwebaza n'okukusinza mu ngeri entuufu).</p> <p><i>Allahumma Inni Audhu bika minal kufri walfakri wa adhabil kabri</i>. (Ayi Mukama Katonda mazima nze nkusaba onkuume obutakafuwala, era onkuume nneme kwawuwala era onkuume nneme kutuukibwalo bibonerezo bya mu kabbuli).</p>
<p>ERI ABA AKOLEDDWA OBULUNGI</p>	<p>Omuntu aba akoleddwa ekirungi naagamba akimukoledde nti: "جزاك الله خيراً" Ekitegeeza nti: Katonda akusasule obulungi. Mazima omuntu oyo aba atuukirizza okusiima. Ate munne addamu nti: "وياك" Oba agamba nti: "وياك". Ekitegeeza nti: naawe akusasule. Oba agamba nti: "وياك". Ekitegeeza nti: n'awe bwotyo.</p>
<p>ENKUBA NGA EGENDA KUTONYA</p>	<p>Agamba nti: "اللَّهُمَّ صيباً نافعاً" (<i>Allahumma Swaiba naafia</i> × 2 oba × 3) Ebitegeeza nti: Ayi mukama Katonda tukusaba enkuba ennungi ey'omugaso.</p> <p>(<i>Mutwiruna bifadhili llahi wa rahmatih</i>). Tufunye enkuba nga birungi ebiva eri Katonda era nga kusasirakwe. Olwonno naasaba byaba ayagadde anti enkuba etonnya edduwa eyanukulwa.</p>

<p>OMWEZI NGA GUBONESE</p>	<p>"اللَّهُمَّ أهله علينا باليمن والإيمان والسلامة والإسلام هلال خير ورشد ربى وربك الله" <i>Allahumma ahilluhu alayina bilyumni wal-imaani was salaama wal-islamu. Hilaalu khairin wa rushdin rabbi wa rabuki llahu.</i> Ebitegeeza nti: (Ayi Mukama Katonda omwezi guno gutufuulire gw'amukisa gw'abukkiriza gw'amirembe gw'abusiramu nga mwezi gwa birungi era nga gw'abulungamu. (Owange ggwe mwezi) Mukama Katonda ye mulabirizi wange era ye mulabiriziwo.</p>
<p>KIBUYAGA NGA AKUNTA</p>	<p>"اللَّهُمَّ إني أسألك خيرها وخير ما فيها وخير ما أرسلت به وأعوذ بك من شرها وشر ما فيها وشر ما أرسلن به." <i>(Allahumma inni asi-aluka khairaha wa khaira maa fiha wa khaira m'a ursilati bihi wa audhubika min sharriha wa sharri m'a fiha wa sharri m'a ursilat bihi).</i> Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda mazima nze nkusaba obulungi bwa kibuyaga oyo n'obulungi bwatumiddwa nabwo, era nkusaba obukuumi mu bubu bw'akibuyaga oyo n'obubi bwatumiddwa nabwo.</p>
<p>OMUNTU NGA ASIIBULA MUNNE AGENDA KU LUGENDO</p>	<p>"أستودع الله دينك وأمانتك وخواتم عملك." <i>(Asita-udiu llaaha diinaka wa amaanataka wa khawaatima amalika).</i> Ebitegeeza nti: Eddiniyo n'obuvunanyizibwabwo n'enkomerero y'emirimugyo mbikwasizza Katonda. Gwasiibula addamu nti: "أستودعكم الله الذي لا تضيع ودائعه." <i>(Asitaudiikumumu llaaha aladhi la tadwi-u wa daa-i-uhu).</i> Ebitegeeza nti: Nange nkukwasizza Katonda oyo atabuza bimukwasiddwa.</p>
<p>SINGA OLABA KY'OYAGALA OBA KY'OTAYAGALA</p>	<p>"الحمد لله الذي بنعمته تتم الصالحات" <i>(Alhamdu lillah alladhi bi ni-imatihi tatimmu sswalihaatu).</i> Ebitegeeza nti: Amatendo ga mukama Katonda oyo ku lw'ebyengera bye emirimu emirungi gjituukirira. Ate bweyabanga alabye ky'atayagala, ng'agamba nti: <i>Alhamdu lillahi alaa kulli haal.</i> Ekitegeeza nti: Amatendo ga Mukama Katonda ku buli ngeri yonna.</p>
<p>EDDUWA YA SAFAALI (OLUGENDO)</p>	<p>"الله أكبر الله أكبر الله أكبر (سبحان الذى سخر لنا هذا وما كنا له مقرنين وإننا إلى ربنا لمنقلبون). اللَّهُمَّ إنا نسألك في سفرنا هذا البر والتقوى ومن العمل، ما ترضى اللَّهُمَّ هون علينا سفرنا هذا واطو عنا بعده اللَّهُمَّ أنت الصاحب في السفر والخليفة في الأهل، اللَّهُمَّ إني أعوذ بك من، وعثاء السفر وكآبة المنظر وسوء المنقلب في المال والأهل." <i>(Allahu Akbar, Allahu Akbar, Allahu Akbar. Subuaana Ildhi Ssakhara lana khadha wa maa kunna lahu mukriniin wa innaa ilaa rabbinna lamunkalibuun. Allahumma Inna nas-aluka fii safarina haadha albirra wa ttakwa wa minal amali ma tardwa, Allahumma hawwin ala-ina safarana wa t-wi anna bu-dahu Allahumma anta sswahibu fi ssafari wal khaliifatu fil ahali Allahumma inii A-udhu bika min wa-athaa-issafari wa ka-abatil mandwari wa su-u ilmunkalabi fil maali wal ahli.</i> Ebitegeeza nti: Katonda musukulumu, Katonda musukulumu, Katonda musukulumu, yayawukana Katonda oyo eyatugondeza entambula eno tetwaali badde abagisobola, era mazima ffe tujjakudda eri Katonda waffe. Ayi Mukama Katonda mazima ffe tukusaba otuwe mu lugendo lwaffe luno okweyisa obulungi n'okukutya n'emirimu gyosiima, Ayi Mukama tugondeze olugendo lwaffe luno, ofunze n'obuwanvu bwalwo, Ayi Mukama, ggwe gwetuba naawe mu lugendo, era ggwe osigala mu bantu baffe. Ayi Mukama mazima nze nkusaba omponye ebizibu byo mu kkubo</p>

n'obunyikaavu n'enkomerero embi mu byenfuna n'ebyo mu maka.
Bwakomawo okuva mu lugendo, ku dduwa eyo ayongerako nti:
 "آييون تائبون عابدون لربنا حامدون" *Ayi bunna ta-a-ibuuna a-abiduuna lirabbina haamiduuna*) Ebitegeeza nti: Tukomyewo nga twenyezza eri Katonda waffe, nga tusinza Katonda waffe, era nga tumutendereza.

**NGA
OGENDA
OKWEBAKA**

"اللَّهُمَّ أسلمت نفسي إليك وفوضت أمري إليك وألجأت ظهري إليك ورغبة إليك لا ملجأ ولا منجأ منك إلا إليك آمنت بكتابك الذي أنزلت ونبيك الذي أرسلت"،
(Allahumma aslamtu nafsii ilaika wa fawadh-tu amrii ilayka, wa – alja-atu dwahrii ilayka, rahabatan wa ragabatan ilayka, laamal ja-a walaa manja minka illa ilayka, amantu bi kitaabika alladhi anzalta, wa binabiyika alladhi arsalta) Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda mpaddeyo omwoyo gwange gyoli nabuli kintu kyange kyona nkirekedde ggwe, era omugongo gwange nguzzizza gyoli lw'akukutya na kukwagala. Tewali buddukiro wadde obuwonero okusobola okukuwona okujjako nga omuntu azze gyoli..

"الحمد لله الذي أطعمنا وسقانا وكفانا وآوانا فكم ممن لا كافي له ولا مؤوي"
Alhamdu lillah lladhi atu-amana wa sakaana wa kafaana wa awaana fa kam mimman laa kaafiya lahu wa laa mu-uwiya
 Nzikirizza ekitabokyo ekyo kyewassa nenzikiriza ne Nabbiwo oyo gwewatuma. Amatendo ga Mukama Katonda oyo atugabirira ebyokulya naatunywesa natumalira buli kimu natubudamya, bameka abatalina abamalira wadde ababudamya?.

"اللَّهُمَّ قني عذابك يوم تبعث عبادك"
Allahumma kinii adhabaka yawma tab-athu ibaadak , Ayi Mukama Katonda mponya ebibonerezobyo ku lunaku lwolizuukiza abaddubo. Wayawukana ku bitondebyo..


"سبحانك اللهم ربّي بك وضعت جنبي وبك أرفعه إن أمسكت نفسي فاغفرها وإن أرسلتها فاحفظها بما تحفظ به عبادك الصالحين".
Subhaanaka llahumma rabbi bika wa dwa-atu janbii wa bika arfa-uhu. In amsakta nafsii fagfir laha wa in arsaltaha fah fadhuha bima tahfadhu bihi ibaadak sswalihiiina. Ayi Mukama omulezi wange ntadde olubiriizi lwange wansi ku lulwo, era ku lulwo njakulusitulawo. Omwoyo gwange bwoba ogukwatiddeyo gusonyiwe, ate bwoba ogutatde gukuume nga bwokuuma abaddubo abalongoofu.

Olwo nno awanda obulusu mu bibatubye naasoma essula ebbiri Falaki ne Nnansi bwamala nasiimula omubirigwe gwonna.
 Tesaanye kwebaka kiro kiramba nga tasomye: Alif lamu miimu Al sajida ne Tabarakal mulku.

**OKUFULUMA
NGA
OGENDA MU
SSWALA**

"اللَّهُمَّ اجعل في قلبي نورا وفي لساني نورا وفي سمعي نورا وفي بصري نورا ومن فوقني نورا ومن تحتي نورا وعن يميني نورا وعن شمالي نورا ومن أمامي نورا ومن خلفي نورا واجعل لي في نفسي نورا وأعظم لي نورا وأعظم لي نورا واجعل لي نورا واجعلني نورا اللهم أعطني نورا واجعل في عصى نورا وفي لحمي نورا وفي دمي نورا وفي شعري نورا وفي بشري نورا".

(Allahumma ij-al lii fii kalbii nuura, wa fii lisaanii nuura, wa fii sam-ii nuura, wa fii baswarii nuura, wa min faukii nuura, wa min tahtii nuura, wa-an yamiini nuura, wa an shimaalii nuura, wa min amaamii nuura, wa min khalfii nuura, waj al lii fii nafsii nuura, wa a-azwamlii nuura, wa adwim lii nuura, waj al lii nuura, waj alnii nuura, allahumma atwini nuura waj al fii aswabii nuura wa fii lahmii nuura wa fii damii nuura wa fii sha-arii nuura wa fii basharii



nuura. Ebitegeeza nti: Ayi mukama Katonda teeka mu mutima gwangwe e kitangaala ne mu matu gange e kitangaala ne mu maaso gange e kitangaala ne waggulu wange e kitangaala ne wansi wange e kitangaala ne ku kkono wange e kitangaala ne mumaaso gange e kitangaala n'emabega wange e kitangaala ne mu mwoyo gwange e kitangaala, e kitangaala kyange okifuule kyamanyi, era e kitangaala kyange okifuule kya kitiibwa, era onteerewo e kitangaala n'ange onfuule e kitangaala. Ayi Mukama mpa e kitangaala onteere e kitangaala mu binywa byange ne mu nnyama yange osseemu e kitangaala, ne mu musaayi gwange osseemu e kitangaala ne mu nviiri zange osseemu e kitangaala ne ku lususu lwange osseemu e kitangaala.

**EDDUWA
Y'OKWEBUZA
KU KATONDA
(AL
ISTIKHAARAH)**

Omuntu yenna aba afunye ensonga nga tannasalawo asaanye asaale e raaka bbiri nga ssi za Sswala ezalalikibwa (nga za ssunna) oluvannyuma agambe nti:

"اللَّهُمَّ إِنِّي أَسْتَخِيرُكَ بِعِلْمِكَ وَأَسْتَقْدِرُكَ بِقُدْرَتِكَ وَأَسْأَلُكَ مِنْ فَضْلِكَ فَإِنَّكَ تَقْدِرُ وَلَا أَقْدِرُ وَتَعْلَمُ وَلَا أَعْلَمُ وَأَنْتَ عَلَامُ الْغُيُوبِ، اللَّهُمَّ فَإِن كُنْتَ تَعْلَمُ هَذَا الْأَمْرَ خَيْرًا لِي فِي دِينِي وَمَعَايِشِي وَعَاقِبَةِ أَمْرِي/فِي عَاجِلِ أَمْرِي وَأَجَلِهِ/فَاصْرِفْهُ عَنِّي وَاصْرِفْني عَنْهُ وَاقْدِرْ لِي الْخَيْرَ حَيْثُ كَانَ ثُمَّ رَضْنِي بِهِ".

Allahumma inni astakhiiruka bi ilmika wa astakdiruka bi kudratika wa as aluka min fadwlika fa innaka takdiru wala akdiru wa ta-lamu wala a-alamu wa anta allamul guyuubi, allahumma fa in kunta ta-alu khadal amra (Olwo nno ayogera ensongaye emuluma) khairan lii fii diinii wa ma-ashi wa akibati amrii/fii ajili amrii wa a'jilihi/faswufuhu annii waswifnii anhu wak-dir lii al khaira haythu kaana thumma radwinii bihi.

Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda mazima nze nkwebuuzako olwokumanyakwo era nkusaba ongerere ku lw'obuyinzabwo era nkusaba mu birungibyoo anti mazima ggwe osobola ate nga nze ssisobola era omanyi ate nga nze ssimanyi era nga ggw'omanyidde ddala ebyekusifu. Ayi Mukama bwoba omanyi nga ensonga eno (awo nagyatula) nungi gyendi era nga nungi eri eddiini yange n'obulamu bwange n'enkomerelo y'ebigambo byange gingerere era ojinnyanguyize era oginteeremu omukisa. Naye bwoba omanyi nti ensonga eno mbi gyendi n'eri eddini yange n'obuwangaazi bwunge n'enkomerero yange (asobola okugamba nti: ku ntandikwa y'ekigambo kyange ne ku nkomerer yaakyo) nkusaba oginzigyeko nange onzigye ku yo era ongerere obulungi buntuukeko okuva yonna gyebuli ate oluvannyuma onneesimise nabwo.

**EDDUWA
Y'OMUFU**

"اللَّهُمَّ اغْفِرْ لَهُ وَارْحَمْهُ وَعَافِهِ وَاعْفُ عَنْهُ وَأَكْرِمْ نَزْلَهُ وَوَسِّعْ مَدْخَلَهُ وَاعْسِلْهُ بِالْمَاءِ وَالشَّلْحِ وَالْبَرْدِ وَنَقِّهِ مِنْ خَطَايَا كَمَا نَقَيْتَ الثَّوْبَ الْأَبْيَضَ مِنَ الدَّنَسِ، وَأَبْدِلْهُ دَارًا خَيْرًا مِنْ دَارِهِ وَأَهْلًا خَيْرًا مِنْ أَهْلِهِ وَزَوْجًا خَيْرًا مِنْ زَوْجِهِ وَأَدْخِلْهُ الْجَنَّةَ وَأَعِذْهُ مِنَ عَذَابِ الْقَبْرِ وَمِنْ عَذَابِ النَّارِ".

Allahumma igfir lahu war hamhu wa-afihi wa-afu-anhu wa akrim nuzulahu wa wassi-i mud khalahu wa gssiluhu bil ma-i wa thalji wal baradi wa nakkhihi minal khatwaya kamaa nakkayta athawbal abyadhwa mina ddanasi wa abdiluhu daaran khayiran min daarihi wa zawjan khairan min zawjihi wa adkhilluhu al jannata wa a-izhuhu min athaabil kaburi wamin athaabi nnaari. ¹ Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda musonyiwe omusaasire omuwe emirembe oleme kumuvunaana omuwe obugenyi obwekitiibwa ogaziye ne wayingira,

omunaaze n'amazzi n'omuzira n'obunnyogovu.
Omutukuze okuva mu mazambige nga bwotukuza olugoye olweru nga olugyamu ekko. Omuwe enju nga yeestinga obulungi kw'ebadde enjuuye omuwe munne ng'asinga kw'oyo abadde munne mu nsi era omuyingize ejjana era omukingirize ebibonerezo by'o mu kabuli ne byo mu muliro.

EDDUWA NGA WALIWO EKIKULABANKANYIZZA MU BIROWOOZO BYO.

Omuntu bwatuukwako ekitawaanya ebirowoozobye oba ekimunakuwaza, bwasoma edduwa eddako Katonda amuggirawo ebirowoozo ebyo n'ennakuye mu kifo kyabyo namuwanyisizaamu essanyu.

"اللَّهُمَّ إِنِّي عَبْدُكَ وَابْنُ عَبْدِكَ وَابْنُ أُمَّتِكَ نَاصِيَتِي بِيَدِكَ مَاضٍ فِي حُكْمِكَ عَدْلٌ فِي قَضَائِكَ أَسْأَلُكَ بِكُلِّ اسْمٍ هُوَ لَكَ سَمِيَتْ بِهِ نَفْسُكَ أَوْ عَلِمْتَهُ أَحَدًا مِنْ خَلْقِكَ أَوْ أَنْزَلْتَهُ فِي كِتَابِكَ أَوْ اسْتَأْثَرْتَ بِهِ فِي عِلْمِ الْغَيْبِ عِنْدَكَ أَنْ تَجْعَلَ الْقُرْآنَ رَبِيعَ قَلْبِي وَنُورَ صَدْرِي وَجَلَاءَ حَزَنِي وَذَهَابًا هَمِّي."

Allahumma inni abduka wabnu abdika wabnu amatika n'aswiyatii bi yadika m'adwin fiyya hukmuka adilun fiyya kadwa-uka as-aluka bi kullismin huwa laka ssamayta bihi nafsaka aw allamtahu ahadan min khalkika aw anzaltahu fii kitaabika aw ista-atharta bihii fii ilmil gaybi indaka an taj ala-l kur'ana rabii-a kalbii wa nuura swadrii wajila-a huznii wa thihaaba hammii.

Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda mazima nze ndi mudduwo omwana w'omudduwo omwana w'omuzaanawo akawompo kange kali mu mikonogyo okulamulakwo kwe ku nkolako era okusalawo ku nze kwa bwenkanya. Nkusaba nga nkozesa buli linnya eryo eriryo nga ggwe walyeyita oba nga waliyigiriza ekimu ku bitondebyo oba walissa mu kitabokyo oba nga walikusika mu bitamanyiddwa ebiri gyoli, nkusaba ofuulee Kur'ani nga yetebenkeza omutima gwange era nga kyekitangaala ky'ekifuba kyange era nga yejjawo ennaku yange era nga yeemalawo okuwankawanka kwange.

OBUSUUBUZI OBUKOLA AMAGOBA

Katonda yasukkulumya omuntu namwawula ku bitonde byona bweyamuwa ekyengera kyokwogera naamuwa ekyengera nga lwelulimi ekyengera ekyo kikozezebwa mu bulungi ne mububi, omuntu bwakozesa ekyengera kyolulimi mu bulungi afuna okwesiima mu nsi nebifo ebya waggulu mu jjana.

Nomuntu akozesa ekyengera ekyo mu ngeri embi afuna okuzikirira kuno ku duniya ne akhira. Ekiseera ekisinga obulungi mu kukozeza olulimi olwo oluvannyuma lwokusoma Kur'ani kwekwogera ku Katonda.

OBULUNGI OBULI MUKWOGERA KU KATONDA.

Waliwo Hadithi nnyingi ezogera kwekyo mwemuli ekigambo kya nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) ekigamba nti: Abange mbategeeze egisinga obulungi mu mirimu gyammwe era egisinga okuba emitukuvu okuba egyamadaala agawagulu era nga gyegisinga okugaba zaabu n'esente era nga gyegisinga obulungi gyemuli okusinga lwemusisinkana abalabe bammwe, nemubatema e nsingo nabo nebatema ensing zammwe? Nebaddamu nti yye tubuulire. Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) naabagamba nti: **okwogera ku Katonda Hadith ya Tirimidhi.**

Era Nabbi yagamba nti: *Ekifananyi ky'omuntu ayogera ku Katondawe nooyo atayogera ku Katondawe kifaanana nga omuntu omufu n'omuntu omulamu.* **Hadith ya Bukhari ne Musilim.** Katonda oweekitiibwa agamba mu Hadith ali kudusi nti: *Nze mbeera nga omuddu wange bwaba andowoozaako, era nze mba wamu naye buli lwanjogerako, bwanjogerako nga ali yekka, nange mwogerako nga ndi nzekka, bwanjogerako nga ali mu kibinja, nange mwogerako nga ndi mu kibinja ekisinga obulungi, bwanseemberera ekigero kya luta lumu nze museemberera ekigero kya yaadi namba.* **Bukhari.**

Era Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) agamba nti: *Bakulembede abawula Katonda nga bamutendereza . Ba Swahaba kwekumubuuzi nti be baliwa abo owange ggwe omubaka wa Katonda? N'abagamba nti: abasajja abogera ennyo ku Katonda wamu nabakyala.* **Hadith ya Muslim.**

Era Nabbi (*Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam*) bweyali alaamira omu ku ba Swahababe, yagamba nti: *olulimilwo tolukkiriza okukala, lusaana lubeere nga lutobye olw'okwogera ku Katonda.* **Tirimidhi. waliwo ne Hadith endala nyingi.**

EMPEERA OKUBAZIBWAAMU Empeera z'emirimu emirungi zongezebwamu, okugeza nga empeera z'okusoma Kur'ani bwe zongezebwamu.

Ekyo kiri bwekityo lwa bigambo bibiri:- **1.** Kisinziira ku bukkiriza ne ikhlas ebiri mu mutima gw'omuntu n'okwagala ku lwa Katonda n'ebikugenderako. **2.** Kisinziira kukuba nti omutima ebirowoozo byonna gubitadde ku Katonda n'okuba nga kyeguliko kyokka. Tekimala okukyogera obwozezi n'olulimi, ekyo bwekiba bwekityo Katonda asangulawo ebisobyobye n'okukendeera kw'okukola kw'omutima ebyogeddwa kusalulwa mu ngeri yeemu.

EMIGASSO GYOKWOGERA KU KATONDA. Sheikh Al-Islaam yagamba nti:

★ Okwogera ku Katonda mu mutima gw'omuntu kiringa amazzi eri ekyenyanja, butya bwekibeera nga kyawukanye naamazzi!.

★ Okwogera ku Katonda kusembeza omuddu eri okwogera ku Katonda n'okusembera gyalu n'okumusiima nokumwegendereza n'okumuwa ekitiibwa n'okwenenya n'okudda gyalu nekimuyamba n'okumugondera.

- ★ Kijja okuwamanta nokuwankawanka ku mutima nekiguleetera essanyu era nekireetera omutima okuba nensonyi namanyi nobutukuvu.
- ★ Mu mutima mulimu obukendevu mu kukwogera ku Katonda era obukakanyavu bwomutima bugonzebwa nakwogera ku Katonda.
- ★ Okuwona kw'omutima nedagala lyagwo namanyi gaagwo nobuwomerevu bwagwo tewali kyenkana kwogera ku Katonda buba bulwadde bwa mutima.
- ★ Obutono bwokwogera ku Katonda kitegeeza bunafunsi nokuyitiriza okwogera ku Katonda kitegeeza manyi gabukiriza obwa maanyi nokwagala okwa mazima anti omuntu bwayagala ekintu ayitiriza okukyogerako.
- ★ Omuddu bwamanya Katonda we nga amwogerako mu mbeera nga ali bulungi era amanya Katondawe ne bwaba mu buzibu naddala mukiseera kyokufa nobukawu bwabwo.
- ★ Okwogera ku Katonda nsonga ewonya omuntu e bibonerezo bya Katonda era n'okumussaako obukakamu n'okubunduggulwako okusaasira n'okwegayirira kwa ba Malayika.
- ★ Okwogera ku Katonda kuyamba olulimi lw'omuntu obutayogera bintu bitaliimu n'okugeya n'olugambo n'obulimba nebirala ebitayagalwa ebyaziizibwa.
- ★ Okwogera ku Katonda ye ibaada ennyangu n'olwekyo kyeve eba nga y'esinga ekitiibwa era y'esinga obulungi era gwe musingi gw'ejjana.
- ★ Okwogera ku Katonda kwambaza nannyinikwo ekitiibwa n'obuwomerevu n'obwanjulukufu bwe kyenyezi era kitangaala kya ku nsi ne mu kabbuli ne ku nkomerero.
- ★ Okwogera ku Katonda kukakasa nti nannyinikwo Katonda amuwa emikisa ne ba Malayika okumusabira era Katonda oweekitiibwa abamwogerako yewaana nabo eri ba Malayika.
- ★ Emirimu egisinga obulungi gy'egyogererwamu ennyo Katonda, n'olwekyo abasiibi abasinga obulungi be bo aboogera ennyo ku Katonda nga bali mu kusiiba kwabwe.
- ★ Okwogera ku Katonda kugonza ebizibu ne kukendeeza ne ku byandizibuwadde kuleeta ne riziki nekuwa omubiri amaanyi.
- ★ Okwogera ku Katonda kugoba Sitane n'okugikonziyiba n'okugiswaza n'okujikakanya.

EDDUWA EZISOMWA BULI LUNAKU ENKYA N'OLWEGGULO

N	EDDUWA EGAMBA NTI:	EMIRUNDI GY'ESOMWA N;EKISEERA MWESOMERWA	EKIGISOMESA N'OMUGASO GWAYO
1	<u>Ayatul kurusi,</u> ¹	Esomwa ku makya n'olweggulo, nebwoba nga ogenda okwebaka, na buli luvannyuma lwa Sswala eza faradha.	Sitane tasobola kumusemberera era efuuka ensonga y'okuyingira ejjana.
2	Aya eb biri ezisembayo ku Ssura Bakarati ²	Zisomwa omulundi gumu ekiro, era zisomebwa mu nju ekiseera kyonna.	ziyamba ku buli kabi konna.
3	Essura Al Eklaasi n'enkuumi e bbiri Falaq ne Nansi	zisomebwa emirundi esatu (3) ku makya n'emirundi esatu (3) olweggulo.	zimumalira buli kintu kyonna.
4	<i>Bismillahi Alladhi laa yadwurru ma-a ismihi shaiu fil ardhi wala fii ssama-e wahuwa ssamii-u al aliim.</i> Ebitegeeza nti: Ku lwelinya lya Katonda oyo awatali kiyinza kuleetawo kabi konna ku nsi wadde mu ggulu nga erinnyaye weeriri okugyako nga ayagadde, era nga ye muwulizi omumanyi".	esomebwa emirundi esatu (3) ku makya n'emirundi esatu (3) olweggulo.	Tewali kikangabwa kyonna kiyinza ku mutuukako era tewali kabi konna kasobola ku mutuukako.

١ **الله لا إله إلا هو الحي القيوم لا تأخذه سنة ولا نوم له ما في السموات وما في الأرض من ذا الذي يشفع عنده إلا بإذنه يعلم ما بين أيديهم وما خلفهم ولا يحيطون بشيء من علمه إلا بما شاء وسع كرسيه السموات والأرض ولا يئوده حفظهما وهو العلي العظيم**

Ebitegeeza nti: Katonda yooyo tewali kisinzi bwa kyonna okugyako yye, omulamu eyeyimirizaawo yekka takwatibwa kusumagira wadde otulo, bibye byonna ebiri mu ggulu omusanvu n'ebyo ebiri mu nsi ani ayinza okuwolereza mu maasoge okugyako nga akkirizza amanyi ebyo ebiri mu maaso gaabwe n'ebyo ebiri emabega waabwe tebasobola kumanya ku bujjuvu ebyo ebiri mu kumanyakwe okugyako kyaba ayagadde, entebeye ngazi okumalayo eggulu n'ensi so ng'ate okubirabira byombiriri tekimukooya era yye ye wa waggulu owekiti bwa.

٢ **أَمَّا أَرْسُولٌ يَمَا أَنْزَلَ إِلَيْنَا مِنْ رَبِّنَا وَالْمُؤْمِنُونَ كُلٌّ آمَنَ بِاللَّهِ وَمَلَيْكِيهِ وَكُتُبِهِ وَرُسُلِهِ لَا نُفَرِّقُ بَيْنَ أَحَدٍ مِنْ رُسُلِهِ وَقَالُوا سَمِعْنَا وَأَطَعْنَا غُفْرَانَكَ رَبَّنَا وَإِلَيْكَ الْمَصِيرُ ﴿٢١٥﴾ لَا يُكَلِّفُ اللَّهُ نَفْسًا إِلَّا وُسْعَهَا لَهَا مَا كَسَبَتْ وَعَلَيْهَا مَا اكْتَسَبَتْ رَبَّنَا لَا تُؤَاخِذْنَا إِنْ نَسِينَا أَوْ أَخْطَأْنَا رَبَّنَا وَلَا تَحْمِلْ عَلَيْنَا إَصْرًا كَمَا حَمَلْتَهُ عَلَى الَّذِينَ مِنْ قَبْلِنَا رَبَّنَا وَلَا تُحَمِّلْنَا مَا لَا طَاقَةَ لَنَا بِهِ وَاعْفُ عَنَّا وَاعْفُرْنَا وَارْحَمْنَا أَنْتَ مَوْلَانَا فَانصُرْنَا عَلَى الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ**

Ebitegeeza nti: Akkirizza omubaka ebyo ebyassibwa gyali nga biva ewa Mukama omulabiriziwe n'abakkiriza (nabo bwebatyo bakkiriza), buli omu ku bo akkiriza Katonda neb a Malayikabe n'ebitabobye n'ababakabe (nga bagamba nti) sitwawula wakati womu ku babakabe era bagamba nti tuwulidde era tugonze tusaba ekisonyiwo kyo ayi Mukama omulabirizi waffe era gyoli yeeri obuddo.

Katonda tawaliriza muntu okugyako ekyo kyasobola (buli mwoyo) gulisasulwa ebyo byegwakola era neguvunaana ebyo byegwayonoona. Ayi Mukama omulabirizi waffe totuvunaana bwetuba twerabidde oba nga tusobezza. Ayi Mukama omulabirizi waffe era totutikka bizito nga bwewabitikka abo abatukulembera era totutikka ebyo byetutalinaako busobozi tulekere era otusonyiwe era otusaasire. Ggwe mukuumi waffe tutaase ku bantu abakafiiri.

5	<p><i>Audhu bikalimaatil laah attaamaati min sharri maa khalaka. Ebitegeeza nti: Nekingiriza n'ebigambo bya Katonda ebijjuvu ku bubi bwebyo byonna byeyatonda.</i></p>	<p>Esomebwa emirundi esatu (3) ku makya n'olweggulo, oba nga otuuse mu kifo kyonna.</p>	<p>Ekuuma ebifo ku buli kabi.</p>
6	<p><i>Hasibia llaahu laa ilaaha illa huwa alaihi tawakaltu wahuwa Rabbul-arshi al adwiimu.</i></p>	<p>Esomebwa emirundi musanvu (7) ku makya n'emirundi musanvu (7) olweggulo.</p>	<p>Katonda amumalira buli kintu kyonna ekimutawaanya mu byensi ne by'enkomerero.</p>
7	<p><i>Radwitu billahi Rabban wabil -islami diina wabi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) Nabiyyan. Ebitegeeza nti: Nsiimye Allah okuba nga ye mulabirizi wange n'obusiramu okuba nga y'eddiini yange ne Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) okuba nga ye Nabbi wange.</i></p>	<p>Esomebwa emirundi esatu (3) ku makya n'emirundi esatu (3) olweggulo.</p>	<p>Omuntu agisoma kiba kikakafu ku Katonda okumusanyusa.</p>
8	<p><i>Allahumma bika aswbahna wa bika amsayna wa bika nahyaa wa bika namuutu wa ilayka nnushur. Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda ku lulwo tukeesezza era ku lulwo tuwungeezezza era ku lulwo tubeera abalamu era ku lulwo tufa ng'ate gyoli yeeri obuddo. Ate olweggulo nagamba nti: Allahumma bika amsayna wa bika asbahna wa bika nahya wa bika namuutu wa ilaykal maswiru.</i></p>	<p>Esomwa enkya n'olweggulo.</p>	<p>Tukubirizibwa nnyo okugisoma.</p>
9	<p><i>Asbahana ala fitwratil-islamu wa kalimatil-ikhlaaswi wa diini nabiiyyina Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) wa millati abiina Ibrahim ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) Haniifan Musliman wama kaana minal mushrikiina. Ebitegeeza nti: Tukeesezza nga tuli ku bubumbwa bw'obusiramu ne ku kigambo kya ikhlaswi ne ku ddiini ya Nabbi waffe Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) era nga y'eddiini ya Jajja ffe Ibrahim eyayawukana n'ebisinzibwa byonna ebitali Katonda omu, ate nga yali yewaayo eri Katonda era tabeerangako mu bagatta ku Katonda bintu birala. Esomwa ku makya.</i></p>	<p>Esomebwa ku makya.</p>	<p>Omugaso gwayo: Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagisabisanga</p>
10	<p><i>Allahumma ma aswbaha bi min niemati aw bi ahadin min khalkika fa minka wahdaka laa sharika laka falakal hamdu wa laka shukru. Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda ekyengera kyonna kyenkedde enkya nga nkirina oba ekitondekyo ekirala kyonna kyekirina, kiba kivudde gyoli ggwe wekka tewali kikwegattako ebitendo byonna bibyo n'okutenderezabwa kwonna kukwo. Ate olweggulo agamba nti: Allahumma maa amsa bi.</i></p>	<p>Esomwa ku makya n'olweggulo.</p>	<p>Omuntu bwagikozesa mu kusaba, aba atuukirizza okwebaza kwateekwa okukola mu lunaku olwo n'ekiro kyalwo.</p>
11	<p><i>Allahumma Inni Asbahatu Ushhiduka wa ushhidu hamalati arshika wa mala-ikatika wa anbiya-ika</i></p>	<p>esomebwa emirundi ena</p>	<p>Omuntu bwasoma</p>

<p><i>wa jami-i khalkika bi annaka anta llahu laa ilaaha illa Anita wa anna Muhammadan Abduka wa Rasuluka.</i></p> <p>Ebitegeeza nti: Ayi Mukama mazima nze nkeesezza enkya nga nkukakasa era nga nkakasa abawaniridde arshiyo, ne ba Malayikabo neb a Nabbibo_n'ebitondebyo byonna nti mazima ddala ggwe, gwe Katonda tewali kisinzibwa okugyako ggwe era nti mazima Muhammad mudduwo era Mubakawo. Esomwa ku makya.</p> <p>Ate olweggulo agamba nti: <i>Allahumma Inni Amsaytu...</i></p>	<p>(4) ku makya n'emirundi ena (4) olweggulo.</p>	<p>edduwa eyo emirundi ena (4), Katonda amuta okuva mu muliro.</p>
<p><i>Allahumma fatwira ssamawaati wal arudwi Alalimul gaibi wa shahaadat rabbi kulli shay-in wa maliikihi ash-hadu alla ilaaha illa anta awudhu bika min sharri nafsi, wa min sharri shaytwani wa shirkihi wa an aktarifa ala nafsii su-uan au ajurrahu ila muslimin.</i></p> <p>Ebitegeeza nti: Ayi mukama Katonda eyabumba eggulu ne nsi, omumanyi w'ebikusike n'ebylwatu omulezi wa buli kintu era omufuzi waakyo, nkakasa nti tewali Katonda_ asinzibwa mu mazima okugyako ggwe Katonda omu, nkusaba onkuume mu bibi by'omwoyo gwange ne mu bibi bya Sitane n'ebyo byakugattako nneme okwetusaako akabi konna wadde okukatuusa ku Musiramu.</p>	<p>Esomebwa ku makya n'olweggulo, n'omuntu nga agenda okwebaka.</p>	<p>Ekuuma omuntu ku kulabankanya kwa Sitane.</p>
<p><i>Allahumma Inni Audhu bika minal hammi wal huzni wa Audhu bika minaAl ajzi wal kasal wa Audhu bika minal jubni wal bukhi wa Audhu bika min ghalabati-ddayni wa kahri-rijaali.</i></p> <p>Ebitegeeza nti: Ayi_Mukaka Katonda mazima nze nsaba obukuumibwo neme kuwankawanka wadde okunakuwala era nsaba_obukuumibwo neme okuba alededdwa oba omugayaavu, era nsaba obukuumibwo neme kuba mutiitiizi oba omukodo era nsaba obukuumibwo neme kulemererwa bbanja n'okuwangulwa abantu. Esomebwa omulundi gumu ku makya n'olweggulo.</p>	<p>Esomwa omulundi gumu (1) ku makya n'omulundi gumu (1) olweggulo.</p>	<p>Agisoma emugyako ebimulabakanya a n'ebimweraliikiriza nebyabanjibwa nebisasulwa.</p>
<p><i>Allahumma anta rabbi la- ilaaha illa anta khalaktani wa ana abduka, wa ana ala-ahdika wa wa-adika mastatwa-atu Audh bika min sharri ma swana-atu abu-u laka bi ni-matika alayya wa abu-u laka bi dhanbi fagfir li fa innahu laa yagfiru-dhunuuba illa anta.</i></p> <p>Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda ggwe mulezi wange, tewali Katonda asinzibwa mu butuufu okugyako ggwe eyankola era nze ndi mudduwo era ndi ku ndagaanoyo n'ebisubizobyo engeri yonna gyemba nsobodde</p>	<p>Edduwa eyo y'ensaale eri omuntu ayagala okwetondera Katonda, esomebwa ku makya n'olweggulo.</p>	<p>Omuntu agikikirizaamu bwagisoma emisana naafa kwolwo, oba naagisoma ekiro naafa mu kiro ekyo, abalibwa mu bantu bo mu jjana.</p>

	neeyanza ebyengerabyo byongabirira mu ngeri yeemu nkwenyera olw'ebyonoono byange nolwekyo nkusaba onsonyiwe anti mazima tewali asonyiwa byonoono okugyako ggwe.		
15	<p><i>Yaa Hayyu yaa kayyum birahmatika asiagithu aswlihli sha-ani kullahu wala takilni ilaa nafsu twarfata ayni.</i></p> <p>Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda omulamumu eyemalirila, nkusaba ku lw'ekisakyo onnongoseze embeera yange yonna era oleme kundekera mwoyo gwange wadde lutemya lwariiso.</p>	Esomwa ku makya n'olweggulo.	<p>Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagikalaaatira muwalawe Fatuma (<i>Radi Allahu anhu</i>).</p>
16	<p><i>Allahumma afini fii badani Allahumma afini fii samu-i, Allahumma Afini fii baswari Allahumma inni Audhu bika minal kufri wal fakri, Allahumma inni Audhu bika min adhabil Kabri, laa ilaaha illa anta.</i></p> <p>Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda nkuumira omubiri gwange nga gweyagala, Ayi Mukama Katonda nkuumira amatu gange nga malamumu, Ayi Mukama Katonda nkuumira amaaso gange nga galaba, Ayi Mukama Katonda mazima nze nsaba obukuumi mpone obukafiiri n'obwavu, Ayi Mukama Katonda nkusaba obukuumi nneme kubonerezebwa mu kabbuli tewali Katonda asinzibwa mu butuufu okugyako ggwe wekka.</p>	Esomwa emirundi esatu (3) ku makya n'emirundi esatu (3) olweggulo.	<p>Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yawulirwa nga agisabisa.</p>
17	<p><i>Allahumma Inni as-aluka Al-afiya fii ddiini wa dunyaaya wa ahli wa maali, Allahummas turawrati, Allahumma Ifidhuni min bayn yadayya wa min khalfii wa-an yamiini wa-an shimaali wa min fawkii, wa audhu bi adhwamatika an ugaala min tahtii.</i></p> <p>Ebitegeeza nti: Ayi Mukama Katonda mazima nze nkusaba mbeere mu mirembe mu ddiini yange ne mu nsi yange ne mu bantu bange ne mu byobugagga byange, Ayi Mukama Katonda mbikikirira obwerere bwange era onkuume mu maaso gange ne mabega wange ne ku ddyo wange ne ku kkono wange ne waggulu wange era nsaba olwekitiibwakyomu mbe nga sitemulwa.</p>	Esomwa ku makya n'olweggulo.	<p>Ebigambo ebyo Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) teyabirekaayo wadde kumakya n'olweggulo.</p>
18	<p><i>Subhaana-llahi wa bihamdihi adada khalkihi wa ridwa nafsihi wa zinata arshihi wa midaada kalmaatihi.</i></p> <p>Ebitegeeza nti: Yasukkuluma Katonda n'ebitendo byatendebwa nabyo, okwenkana omuwendo gw'ebitondebye n'okusiimakwe n'obuzito bwa Arshiye ne bwino eyawandiika ebigambobye.</p>	Esomwa ku makya emirundi esatu (3).	<p>Yenungi okusinga omuntu okutuula ng'ayogera ku Katonda okuva mambya lwesala okutuusa olweggulo</p>


EBIGAMBO NEBIKOLWA EBYAKAKASIBWA NTI BIRIMU EMPEERA E NSUKULUMU.

N	OMULIMU OMULUNGI OGWOWERWAKO	NABBI ^(Sal-lal-laahu alaihii wa sal-lam) KYAGWOWERAKO N'EMPEERA EZIGUSASULWA
1.	Laa ilaaha illa Ilah wahdahu laa shariika lahu, lahul-mulk walahul - hamdu wahuwa ala kulli shay-in kadiir. Ebitegeeza nti: Tewali Katonda asinzibwa mu butuufu okugyako Katonda omu yekka, tagattibwako kintu kyonna mu kumusinza, ye nannyini bufuzi era y'atenderezabwa era asobola buli kintu kyonna.	Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihii wa sal-lam) yagamba nti omuntu bwayogera ekigambo ekyo mu lunaku emirundi kikumi (100), kyenkana n'okuta abaddu kkumi (10) era awandiikwako ebirungi kikumi (100) n'asangulwako ebibi kikumi (100), era bimubeerera obukuumi ku Sitane netamulabankanya ku lunaku olwo okutuusa olweggulo, era tewali muntu ayinza kukola kisinga ekyo kyakoze be ppo nga akikoze mu bungi okusinga yye bwakikoze.
2.	Subhaana Ilahil adhwim wa bihamdihi. Ebitegeeza nti: Musukkulumu Katonda owekitiibwa, era nga bwali omusukkulu olw'ebitendobye.	omuntu ayogera ekigambo ekyo, asimbirwa omuti gw'entende mu jjana.
3.	Subhaana Ilahi wa bihamdihi Subuhaana Ilahil adwim. Ebitegeeza nti: Musukkulumu Mukama Katonda n'ebitendo bye, musukkulumu Katonda owekitiibwa.	omuntu bwayogera ekigambo ekyo emirundi kikumi (100), ajjibwako ebibibye ne bwebiba nga byenkana ejjovu ly'okunyanja, ate tewali agenda kujja ku lunaku lwa nkomerero na mulimu gusinga akoze ekyo, okugyako omuntu aliba akoze nga yye oba n'ayongerako, era Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihii wa sal-lam) agamba nti: "ebigambo bibiri byangu bya kwogera ku lulimi ate nga bizitowa nnyo ku minzaani ate nga biganzi nnyo ewa Katonda omusaasizi oweekisa ekingi....."
4.	Laa hawla walaa kuwwatan illa billahi. Ebitegeeza nti: Tewali busobozi wadde amaanyi okugyako nga Katonda akkirizza.	"Owange nkulagirire e rimu Ku mawanika g'omu jjana? Nengamba nti yee!! Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihii wa sal-lam) naagamba nti: Laa hawla walaa kuwwatan illa billahi".
5.	OKUSABA EJJAANA N'OKUSABA OBUTAYINGIRA MULIRO.	"Omuntu yenna asaba Katonda ejjana emirundi esatu, ejjana egamba nti ayi Katonda muyingize ejjana, n'omuntu yenna asaba Katonda okuwona omuliro emirundi esatu omuliro gumusabira nti ayi Katonda muwonye omuliro.
6.	OKUVA MU KIFO	Omuntu bwatuula mu kifo naayitiriza okwogereramu ebigambo ebitaliimu, wabula bwaba nga ava mu kifo ekyo naagamba nti: "سبحانك اللهم وبمحمدك أشهد أن لا إله إلا أنت أستغفرك وأتوب إليك" "Subhaanaka Ilahumma wa bihamdika, Ash-hadu Alla-ilaaha illa An-ta astagfiruka wa atuubu ilayka", Ebitegeeza nti: Wasukkuluma ayi Mukama Katonda olw'ebitendobyo, nkakasa nti tewali kisinziibwa kyonna okugyako ggwe, nkusaba onsonyiwe era nkwemenyera. asonyiyibwa ebyo ebibadde mu kifo ekyo.
7.	OKUKWATA MU MUTWE AYAATI EZ'OMUSSURAT KAHAFI	Omuntu bwakwata mu mutwe aya kumi (10) okuva ku ntandikwa ye surat Kahafi, aweebwa obukuumi Dajjaali naaba nga tagenda kutaataaganya bukkirizaabwe.
8.	OKUSAALIRA NABBI	Omuntu bwansaalira omulundi gumu, Katonda amusaalira emirundi kumi (10), n'aggibwako ebibi kkumi era n'asitulwa

9.	<p>(<i>Sal-lal-laahu</i> <i>alaihii wa sal-lam</i>).</p> <p>OKUSOMA ESSURA EZIMU NE AYA EZIMU MU KUR'ANI</p>	<p>amadaala kkumi (10).</p> <p>Omuntu bwasona mu lunaku n'ekiro aya amakumi ataano (50), tawandiikibwa mu bagayaavu, ate omuntu bwasona aya kikumi (100), awandiikibwa mu bagondera Katonda, ate asoma aya ebikumi bibiri (200), Kur'ani tegenda kubaako kyemuvunaana ku lunaku lw'enkomerero, ate omuntu bwasona aya ebikumi bitaano (500) awandiikibwako empeera ensuffu, era Nabbi (<i>Sal-lal-laahu</i> <i>alaihii wa sal-lam</i>) yagamba nti: "قل هو الله أحد" "Kul Huwa llah Ahadun" essura eyo yenkana kimu kya kusatu kya Kur'ani).</p>
10.	<p>EMPEERA Y'OMWAZIINYI</p>	<p>Mazima tewali muntu wadde ejjini wadde ekintu kyonna ekiwulira eddoboosi ly'omwaziinyi okugyako nga ebyo byonna bigenda ku muwaako obujulizi ku lunaku lw'enkomerero. Era Nabbi (<i>Sal-lal-laahu</i> <i>alaihii wa sal-lam</i>) yagamba nti: Abaaziinyi be baliba n'ensingo empanvu okusinga abantu abalala ku lunaku lwe nkomerero.</p>
11.	<p>OKUDDAMU OMWAZIINYI NG'AYAZIINA N'OKUSOMA EDDUWA OLUVANNYUMA LW'OKWAZIINA</p>	<p>Omuntu awulira omwaziinyi, bwagamba nti: <i>Allahumma Rabba Hadhihi dda'wati ttaamma wa Sswalaatul Kaaimat A'ti Muhammadan al waswilata wal Fadhwilata wab-athuhu mak'aman mahmudan alladhi wa-adtahu</i>. Ebitegeeza nti: Ayi Katonda nannyini kukowoola okwo okujjuvu, ne Sswala eteekwa lunaku lw'enkomerero, omuwe n'ebirungi bingi, omuzuukize ngaali mu kifo ekyettendo ekyo kyewamulagaanyisa. Omuntu oyo Nabbi (<i>Sal-lal-laahu</i> <i>alaihii wa sal-lam</i>) yagamba nti: kiba kinkakaseeko okumuwoleza ku lunaku lw'enkomerero.</p>
12.	<p>OKUFUNA EWUZU MU BUJJUVU</p>	<p>omuntu bwafuna ewuzu natuukiriza ebigikwatako mu bujjuvu, ebibiibye biva mu mubirigwe okutuusa lwebifulumira ne wansi w'enjalaze.</p>
13.	<p>EDDUWA OLUVANNYUMA LW'OKUFUNA EWUZU</p>	<p>Tewali omu ku mmwe afuna wuzu n'agijjuliza ddala oluvannyuma n'agamba nti: <i>Ash-hadu Alla ilaaha illa llah wa Anna Muhammadan Abduhu wa Rasuluhu</i>. Ebitegeeza nti: Nzikiriza nti tewali Katonda asinzibwa mu butuufu okugyako Katonda, ali omu, era Nabbi Muhammad (<i>Sal-lal-laahu</i> <i>alaihii wa sal-lam</i>) muddu wa Katonda era mubakawe. Omuntu oyo Katonda amuggulirawo emiryango gye Janna omunaana (8) ng'ayingira mu gwaba asiimye.</p>
14.	<p>OKUSAALA ERAKA BBIRI (2) OLUVANNYUMA LW'OKUFUNA WUZU</p>	<p>Tewali muntu yenna afuna wuzu n'agirongoosa oluvannyuma n'ayimirira n'asaala e raaka bbiri nga ataddeyo omutima gwe era naavunnama n'ekyenyikyey okugyako nga ejjana eba emukakaseeko.</p>
15.	<p>OBUNGI BW'ENTA OMUNTU ZATAMBULA NG'AGENDA KU MUZIKITI</p>	<p>Omuntu bwagenda kumuzikiti ogusaala jama'a oluta lumu lwatambula lumusanguzaako ekibi ate olulala nerumuwandiisako ekirungi, ekyo kibeera bwekityo amagenda n'amadda.</p>
16.	<p>OKWETEKATEEKA WAMU N'OKUGENDA NGA BUKYALI ERI ESSWALA Y'E JJUMA</p>	<p>Omuntu bwayoza ku lunaku lwejjuma n'anaaba, oluvannyuma nakeera naagenda mangu, naatambuza bigere, naatakozesa ntambula ndala, naabeera kumpi ne Imam era naawuliriza khutuba naatagizannyiramu, buli kigere afunamu empeera ya mulimu gwa mwaka nga mugenderamu okusiiba n'okusaala. Era Nabbi (<i>Sal-lal-laahu</i> <i>alaihii wa sal-lam</i>) yagamba nti: Omuntu tayinza</p>


	kunaaba ku lunaku lw'ejjuma neyeetukuza nga bwasaobola, neyesiiga ku bizigobye oba neyefuuyira ku kalifuuwa we, oluvannyuma naafuluma naatatabula Bantu bali obumu. Oluvannyuma naasaala Sunna oluvannyuma naawuliriza Imam byagamba, okugyako nga omuntu oyo asonyiyibwa ebibi ebiri wakati w'ejjuma eyo n'ejjuma eddako.	
17.	OKUSANGA IMAMU KU TAKIBIRA EGGULAWO ESSWALA	Omuntu asaala ku lwa Katonda ennaku makumi ana (40) ng'asaala jjama, nga atandika ne Imam takibiira e sooka, awandiikibwako okubeera ng'awonye ebintu bibiri (2) omuliro n'obunanfusi.
18.	OKUSAALA ESSWALA YA FARADHWA MU JJAMA	e sswala ya jjama e singa e sswala omuntu gy'asaala ng'ali omu, emirundi amakumi abiri mu musanvu (27).
19.	ESSAWALA YA ISHA NE SUBUHI MU JJAMA	Omuntu bwasaala e sswala ya Isha ne Subuhi mu jjama aba nga ayimiridde kimu ky'akubiri ky'ekiro, ate omuntu bw'asaala subuhi mu jjama aba nga asadde mu kiro kyonna.
20.	OKUSAALIRA KU LUNYIRIRI OLUSOOKA	Singa abantu baali bamanyi ekiri mu kwaziina n'okusaalira ku lunyiriri olusooka nebwekyandibeetaagisizza kukuba kalulu okubifuna baalikakubye.
21.	OKUJJUMBIRA SUNNA Z'O KU SSWALA EZA FARADHWA	Omuntu bwasaala mu lunaku emisana n'ekiro eraaka kkumi na bbiri (12) azimbirwa ennyumba mu jjana. Nazo z'Eraaka nnya (4) nga tanasaala dhuhuri ne bbiri oluvannyuma lwayo n'azzako ebiri (2) oluvannyuma lwa Magarib, ssaako eraaka bbiri (2) oluvannyuma lwa Isha n'eraaka bbiri (2) nga tanasaala Subuhi.
22.	OKUYITIRIZA ESSWALA EZA SUNNA N'OKUFAAYO OKUZISAALA MU KYAMA	Yitiriza okuvunnama ku lwa Katonda anti tolina luvunnama lw'ovunnama okugyako nga Katonda akusitula eddaala ate n'akusangulako ekisobyo, era Nabbi (<i>Sat-lal-laahu alaihi wa sat-lam</i>) yagamba nti: e sswala y'omuntu etali ya faradhwa gyasaala ng'abantu tebamulaba yenkana amadaala amakumi abiri mu ataano (25) bwoba ogigeragiranyizza ne sswala gy'asaala ng'abantu bamulaba.
23.	ESSWALA EYA SUNNA ESAALIBWA NGA TONNANAALA SUBUHI NE SSWALA YA SUBUHI YENNYINI	Eraaka bbiri ezisaalibwa nga tonnasaala Subuhi nungi nnyo okusinga ensi n'ebigirimu. Nabbi (<i>Sat-lal-laahu alaihi wa sat-lam</i>) era ayongerera n'agamba nti: Omuntu asaala e sswala ya Subuhi abeera mu bukuumi bwa Katonda.
24.	ESSWALA YA DHUHA	Bukeera enkya nga ku buli kiyungo kyomu mu mmwe kiteekwa okutoola Saddaaka anti buli Tasbiha saddaaka era nabuli Tahmiida saddaaka na buli Tahaliila saddaaka. Buli Takibiira saddaaka n'okulagira okukola obulungi saddaaka n'okuziyiza okukola ebibi saddaaka, songa eraaka ebiri eza Dhuha omuntu zasaala, ziyimirira mu kifo kyebyo byonna.
25.	OMUNTU ATUULA MU KIFO MWASAALIDDE NAABA NGA AYOGERA KU KATONDA	Malayika zisabira omu kumwe ebbanga ly'amala ng'akyali weyasaalidde, era naaba nga akyalina ewuzuye. Nga zigamba nti: Ayi Mukama Katonda musonyiwe Ayi Mukama musaasire.
26.	OKWOGERA KU KATONDA	Omuntu bwasaala e sswala ya Subuhi mu

	<p>OLUVANNYUMA LW'E SSWALA YA SUBUHI EYA JJAMA OKUTUUSA ENJUBA LWEVAAYO, OLWONNO OMUNTU NASAALAYO ERAAKA BBIRI</p>	<p>jjama oluvannyuma n'asigala ng'atudde ng'ayogera ku Katonda okutuusa enjuba lwevaayo, olwonno n'asaala eraaka bbiri (2) afuna empeera nga eza Hijja ne Umura enzijuvu, enzijuvu, enzijuvu..</p>
27.	<p>OMUNTU AGOLOKOKA EKIRO OKUSAALA N'AGOLOKOSA MUKYALAWE</p>	<p>Omuntu bwazuukuka ekiro era naazuukusa mukyalawe ne basaala eraaka bbiri (2) nga bali wamu bawandiikibwa mu basajja n'abakyala aboogera ku Katonda ennyo.</p>
28.	<p>OMUNTU AMALIRIRA OKUSAALA EKIRO OTULO NETUMUSINZA AMAANYI</p>	<p>Tewali muntu yenna amalirira okusaala ekiro otulo netumubba okugyako Katonda amuwandiikako empeera z'esswala eyo, olwo nno okwebakakwe okwo nekumufuukira saddaaka.</p>
29.	<p>EDDUWA Y'OMUNTU AYINGIRA MU KATALE</p>	<p><i>Laa ilaaha illa llahu wahdahu laa sharika lahu, lahul-mulku walahul-hamdu yuhyi wa yumiitu wa huwa hayyun laa yamuutu biyadihil khairu wa huwa alaa kulli shay-in kadiir.</i> Ebitegeeza nti: Tewali Katonda asinzibwa mu butuufu okugyako Katonda ali omu yekka, tagattibwako kintu kirala kyonna. Alina obufuzi n'amatendo, yaawa obulamu era yatta era mulamu tagenda kufa, buli kirungi kyonna kiri mu mikonogye era alina obusobozi ku buli kintu kyonna. Omuntu asoma edduwa eyo: Katonda amuwandiikako ebirungi million namba (1,000,000) ate naamusangulako ebibi million namba (1,000,000) ate naamusitula amadaala million namba (1,000,000).</p>
30.	<p>SUBHAANA LLAH WAL-HAMDU LILLAHI WA LLAHU AKBAR × 33 NAABIFUNDIKIRA NE LA ILAAHA ILLAH LLAHU BULI LUVANYUMA LWA SSWALA EYA FARADHWA</p>	<p>Omuntu bwasoma subhaana llah emirundi asatu mu esatu (33) oluvannyuma lw'esswala ya faradhwa era naagamba "Al hamdu lillahi" emirundi asatu mu esatu (33) era naagamba Allahu Akbaru emirundi asatu mu esatu (33), egyo giba giweze kyenda mu mwenda (99) ogw'ekikumi naagamba nti "Laa ilaaha illa laahu wahdahu laa shariika lahu lahul mulku wa lahul-hamdu wa huwa ala kulli shay-in kadiir". Asonyiyibwa e bibibye ne bwebiba nga byenkana ng'ejjovu ly'enyanja.</p>
31.	<p>OKUSOMA AYATUL KURUSI BULI LUVANNYUMA LW'E SSWALA EYA FARADHWA</p>	<p>Omuntu bwasoma Ayatul Kurusi ku nkomerero yaabuli sswala eya faradhwa, tewali kimugaana kuyingira jjana okugyako okuba nti tannafa.</p>
32.	<p>OKULAMBULA OMULWADDE</p>	<p>Tewali musiramu alambula musiramu munne mu biseera eby'okumakya okugyako ng'afuna okusabirwa kwa ba Malayika emitwalo musanvu (70,000) okutuusizza ddala olweggulo, ate bwambulambula mu biseera eby'olweggulo asabirwa ba Malayika emitwalo musanvu (70,000) okutuusizza ddala ebiseera by'okumakya ate naafuna Khirriifu mu jjana.</p>
33.	<p>EDDUWA OMUNTU GYASABA BWALABA OYO KATONDA GW'AGEZESEZZA</p>	<p>Omuntu alaba oyo Katonda gwaba aleetedde ekigezo, bwagamba nti: <i>Alhamdu Lillaahi Alladhi Afaani min ma Ibtalaaka bihi wa fadhwalanii Ala kathiri mi man Khalaka tafdhwila.</i> Ebitegeeza nti: okutendezebwa kwa Katonda oyo eyamponya ekyo ky'akugezesezza nakyo era eyampa enkizo ansuffu ku bitonde byonna byeyakola. Nabbi agamba nti: oyo asoma edduwa eyo ekikemo ekyo Katonda tamugezesa nakyo.</p>




34.	OKUKUBAGIZA OMUNTU ABA AFIIRIDDWA	Omuntu yenna asaasira oyo aba afiiriddwa afuna empeera nga eyooyo agezeseddwa. Era Nabbi yagamba nti: Tewali mukkiriza asaasira mugandawe omukkiriza mu kigezo kyaaba agezeseddwa nakyo okugyako nga Katonda amwambaza ebyokwewunda ebyekitiibwa.
35.	OKUSAALIRA OMUFU N'OKUWEREKERA E JJENEZA OKUTUUSA OKUZIIKA	Omuntu bwabeera awali omufu okutuusizza ddala lwasaalirwa afuna kiiraatwi emu, ate omuntu abeerawo okutuusizza ddala okuziika afuna kiiraatwi bbiri. Nabbi yabuuzibwa nti: kiiraatwi ebbiri kye kki? naagamba nti: zenkana ensozi bbiri e nnene. Ibn Umar ^{(Radi} _(Allahu anhu) kwekugamba nti twafiirwa dda Kiiraatwi nyingi!.
36.	OKUZIMBA EMIZIKITI KU LWA KATONDA	Omuntu bwazimba ku lwa Katonda omuzikiti nga gwenkana nga ekisu kye nyonyi, Katonda amuzimbira ennyumba mu jjana.
37.	OKUGABA	Tewali lunaku lukya eri abaddu ba Katonda okugyako nga lulimu ba Malayika babiri abakka okuva mu ggulu, omu kubo asaba nti ayi Katonda ddizaawo agabye, ate Malayika omulala naasaba nti ayi Katonda omuntu atalina kavaako bimwononekere.
38.	OKUSADDAKA	Dirihamu emu esinga Dirihamu emitwalo ekkumi (100,000) nebagamba nti: owange omubaka wa Katonda at'etya? n'agamba nti: ye muntu okuba nga alina dirihamu bbiri n'akwata emu naagisaddaaka ate omuntu omulala n'aba ng'alina emmaali nyingi n'agya mu mmaaliye eyo ennyingi dirihamu emitwalo kkumi naye n'azisaddaaka. Era yagamba nti: tewali Musiraamu asimba ekisimbwa kyonna, oba asiga ekisigwa kyonna, ebinyonyi nebikiryako oba Abantu oba ebisolo, okugyako nga gyakoze kibeera saddaaka ye.
39.	OKUWOLA OKUTALIIMU KUZZA MAGOBA	Tewali musiraamu awola musiraamu munne emirundi ebiri okugyako nga aba nga amusadaakidde omulundi mulamba.
40.	OKUGUMIKIRIZA OW'EBBANJA ATALINA BUSOBOZI BUSASULA	Omuntu agumikiriza ow'ebbanja atalina busobozi busasula, buli lunaku lwamugumikiriza nga okusasula ebbanja tekunnatuuka ebalibwa nti saddaaka emu, so nga okusasula ebbanja bwekutuuka naayongera okumugumikiriza buli lunaku lwamugumikiriza abalibwa nga atodde saddaaka bbiri.
41.	EMPEERA Y'OKUSIIBA OLUNAKU KU LWA KATONDA	Omuntu bwasiiba olunaku lumu ku lwa Katonda, Katonda amwesambisa omuliro emyaka nsanvu.
42.	EMPEERA Y'OKUSIIBA ENNAKU ESSATU MU BULI MWEZI, N'OLUNAKU LWA ARAFI N'OLUNAKU LWA ASHURAH	Okusiiba ennaku ssatu mu buli mwezi, empeera za kwo z'enkana okusiiba omwaka. Ate bweyabuuzibwa ku kusiiba olunaku lwa Arafa yagamba nti: Kikuggvisaako ebisoby by'omwaka oguba guyise n'oguddako. Ate bweyabuzibwa ku kusiiba olunaku lwa Ashurah yagamba nti: Lukuggvisaako e byonoono by'omwaka oguyise.
43.	EMPEERA Y'OKUSIIBA ENNAKU OMUKAAGA MU MWEZI GWA SHAWAALI	Omuntu asiiba omwezi gwa Ramadhan naagoberezaako ennaku mukaaga mu mwezi gwa Swawaali empeera afuna za muntu aba asiibye omwaka mulamba.
44.	EMPEERA Y'OMUNTU	Mazima omuntu asaala ne Imaam okutuusa Imaam

	ASAALA TALAWUYA EMABEGA WA IMAAM NAAMALAKO NAYE	Iwamala abalibwako empeera z'omuntu asadde ekiro kyonna.
45.	EMPEERA YA UMURAH MU RAMADHAN	Umurah mu Ramadhan yenkana Hijja namba, oba omuntu akoze Hijja ne Nabbi. Era Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Omuntu bweyetoolola Kaaba emirundi musanvu bwamala n'asaala eraaka bbiri afuna empeera za muntu atadde omuddu omulamba.
46.	EMPEERA YA HIJJA EKKIRIZIDDWA	Omuntu bwakola Hijja naatakoleramu bya bukaba era naatakoleramu bya bwonoonefu ava mu Hijja ng'alinga o lunaku maamawe lweyamuzaaala. Era Nabbi yagamba nti: Hijja ekkiriziddwa telina mpeera ndala yonna okugyako ejjana.
47.	EMPEERA Y'EMIRIMU EMIRUNGI EGIKOLEBWA MU NNAKU E KKUMI EZISOOKA MU MWEZI GWA DHUL HIJJA	Tewali nnaku zisinga kukolebwamu mirimu gisinga kwagalwa eri Katonda okukira ennaku ekkumi eza Dhul Hijja, banne ba Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) kwekumubuuzza nti owange omubaka wa Katonda, yadde Jihaadi mu kkubo lya Katonda? Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) naddamu nti: yadde Jihaadi mu kkubo lya Katonda, mpozzi nga waliwo omusajja eyava mu makaa ge n'ebyobugaggabye naatazzaayo kintu kyonna.
49.	EMPEERA Y'OMUMANYI NE NKIZO YE	Enkizo y'omumanyi gyalina ku muntu asinza obusinza nga ssi mumanyi, y'enkizo eri wakati wange n'asembayo mu mmwe okuba ow'awansi, omubaka yayongera naalambulula ng'agamba nti: mazima Katonda ne ba Malayika be n'abo abali mu ggulu omusanvu ne mu nsi, okutuusiza ddala ne nsanafu mu binnya byaazo n'ebyenyanja byonna bisabira omuntu asomesa abantu ebirungi.
50.	OMUNTU OKUSABA KATONDA OKUFA NGA SHAHIIDU ERA NGA DDALA AKITEGEEZA	Omuntu kwasaba Katonda amutte nga shahiidu ng'akakasa, Katonda akimutuusaako ne bwaaba afiiridde ku buliri bwe.
51.	OKUKAABA OLW'OKUTYA KATONDA N'OKUKUUMA KU LWA KATONDA	Amaaso ga mirundi ebiri tegagenda kwokebwa ku muliro, eriiso eryakaaba olw'okutya Katonda n'eriiso eryasula nga likuuma mu kkubo lya Katonda.
52.	OKWESIGA KATONDA N'OBUTEYOKYAYOKYA KU LWOKUVUMULWA N'OBUTASABA KUSOMERERWA ZI RUKUYA N'OBUTEERAGUZA LAGUZA	Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yayanjulirwa mu kirooto ebibiina bya bantu bonna, naalaba ekibiinakye nga mulimu emitwalo musanvu abagenda okuyingira e jjana nga tebabaliddwa wadde okubonerezebwa, nabo nno be bateyokyayokya nga bavumulwa, era abatasaba kubasomerera zi rukuya era nga tebeelaguzalaguza na binyonyi n'ebirala ebiringa ebyo, anti bbo beesiga Katonda waabwe yekka.
53.	EMPEERA Y'OMUNTU AFIIRIDDWA ABAANA NGA BATO	Tewali musiramu yenna afiirwa baana basatu nga tebannetuuka okugyako Katonda amuyingiza e jjana olwokulumwa omuntu oyo kwaaba alina ku bo.
54.	OMUNTU AGUMIRA OKUBA NTI YAZIBA AMAASO	Mazima Katonda yagamba nti bwemba ngezesezza omuddu wange n'ebiyungobye ebibiri ebiganzi, n'agumikiriza muwanyisizaamu ejjana. Ebiyungo ebibiri ebiganzi g'emaaso.
55.	OKWEWALA EKINTU KYONNA OLWOKUTYA	Mazima gwe toyinza kuleka kintu kyonna olwokutya Katonda oweekitiibwa okugyako nga Katonda



	<p>KATONDA akuwaamu ekisinga obulungi.</p>
<p>56. OKUKUUMA OBWEREERE N'OKUKUUMA OLULIMI</p>	<p>Omuntu ankuumira ekyo ekiri wakati wemba zen'ekyo ekiri wakati wa magulu ge muwa obweyamu okuyingira ejjana.</p>
<p>57. OKUSOMA BISIMILLAH NGA OYINGIRA MU NJU NE BWOOPA NGA OGENDA OKULYA</p>	<p>Omuntu yenna bwayingira a wakawe n'ayogera ku Katonda ng'ayingira, ne bwaaba agenda okulya, Sitane egamba nti: wano tewali kisulo kya Sitane wadde ekyeggulo, naye ate bwaaba ayingira n'atayogera ku Katonda Sitane egamba nti: wano mujja kusulawo ate bwatayogera ku Katonda nga agenda okulya agamba nti wano waliwo ekisulo n'ekyeggulo.</p>
<p>58. EDDUWA NGA OMAZE OKULYA NE BWOBA NGA OYAMBALA OLUGOYE OLUPYA</p>	<p>Omuntu yenna bwaalya emmere n'agamba nti: <i>Alhamdu Lillahi Alladhi Atw-amani Hadha wa razakanihi min gairi hawli minni walaa kuwwatan.</i> Ebitegeeza nti: Amatendo ga Katonda oyo angabidde emmere eno nga tegabadde maanyi gange wadde okutetenkanya kwange, omuntu oyo asonyiyibwa amazambige ag'akulembera. Ate bwayambala olugoye olupya n'agamba nti: <i>Alhamdu Lillahi Alladhi kasaani Hadha wa razakanihi min gairi hawli minni walaa kuwwatan.</i> Ebitegeeza nti: Amatendo ga Katonda oyo annyambazizza olugoye luno nga tegabadde maanyi gange wadde okutetenkanya kwange. Omuntu oyo asonyiyibwa amazambi ge agaakulembera.</p>
<p>59. OMUNTU AYAGALA OKUWEWULIRWA KU MIRIMUGYE EGY'AWAKA</p>	<p>Fatuma Muwala wa Nabbi ^(<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yasaba omukozi waawaka, Nabbi ^(<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) namugamba ye ne bba Ali ^(<i>Radi Allah anhu</i>) Mwandiyagadde mbalagirire ekisinga ku ekyo kyemusabye? bwemubanga mugenda okweebaka mugambenga: <i>Allahu Akbaru</i> emirundi asatu mwena (34) era mugambe <i>Subhaana Allah</i> emirundi (33) asatu mu esatu ate era mugambenga <i>Alhamudu Lillahi</i> emirundi asatu mu esatu (33) ebyonno byebibasingira omukozi gwemusabye.</p>
<p>60. EDDUWA Y'ABUFUMBO NGA BAGENDA OKWEGATTA</p>	<p>Singa omuntu yenna ayagala okwegatta ne mukyala we, agambenga nti: <i>Bismillah Allahumma Jannibuna Shaytswana wa Jannibu shaytswana ma Razaktana.</i> Ku lwelinnya lya Katonda, ayi Katonda tuteeke wala ku Sitane era oteeke wala Sitane tesembera ekyo kyonotugabira. Nga edduwa eyo esomeddwa, singa baweebwa omwana mu mbeera eyo, Sitane talina waayinza kumutawanyiza.</p>
<p>61. OMUKYALA AKOLERA BBA EBIMUSANYUSA</p>	<p>Omukyala bwasaala e sswalaze ettaano n'asiiba n'omwezigwe ogwa Ramadhan, neyeekumira bba, n'amuwa ekitiibwa, agenda kugambibwa nti: yingira e jjana ng'oyita mu mulyango gwonna gwooba oyagadde. Era Nabbi ^(<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Omukyala yenna bwafa nga bba musiimu ku ye ayingira ejjana.</p>
<p>62. OKUYISA OBULUNGI ABAZADDE ABABIRI N'OKUYUNGA OLUGANDA</p>	<p>Okusiima kwa Katonda kuyitira ku kusiima kwa muzadde. ERA Nabbi ^(<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Omuntu yenna gwekisanyusa okuba nga Katonda amugaziiriza ebyenfuna era n'aterwawo okwogerwako obulungi oluvannyumalwe, ateeddwa okuyunga oluganda lwe.</p>
<p>63. OKULABIRIRA BA MULEKWA</p>	<p>Nze n'omuntu yenna alabirira ba mulekwa tugenda kuba fembi mu jjana nga tulinga engalo ebbiri yalaza n'engalo ze bbiri.</p>

64.	EMPISA ENNUNGI	Mazima omukkiriza olwenneyisaye ennungi atuuka ku ddaala ly'omuntu asiiba ate nga ayimirira nasaala ekiro. Nze Nabbi (^{Sal-lal-laahu} <i>alaihi wa sal-lam</i>) ndagaanyisa ennyumba mu jjana eyaawaggulu eri omuntu eyeeyisa obulungi.
65.	OKUSAASIRA EBITONDE N'OKUBIKWAATA EMPOLA	Mazima ddala Katonda asaasira mu baddube abo abasaasira banaabwe, era yagamba nti: musaasire abali ku nsi nammwe ali mu ggulu abasaasire.
66.	OKWAGALIZA ABAKKIRIZA EBIRUNGI	Omuntu yenna tayinza kuba mukkiriza omujjuvu okugyako nga ye yenyini ayagaliza muganda we omusiraamu ekyo kyeyeyagaliza.
67.	ENSONYI	Ensonyi tezireeta okugyako birungi byereere. Era yagamba nti: empisa ennungi kitundu ku bukkiriza. Era yagamba nti: Ebintu bina bya mu nkola y'ababaka ba Katonda: ensonyi, okwekuba obuwoowo, n'okusenya n'obufumbo.
68.	OKUTOOLA SALAAMU	Omusajja yajja ewa Nabbi (^{Sal-lal-laahu} <i>alaihi wa sal-lam</i>) naagamba nti: Assalamuu Alaikum, Nabbi naagamba nti: eryo kkumi, oluvannyuma omusajja omulala nagamba nti: Asalaamu Alaikum Warahmatullah, Nabbi naagamba nti: ago makumi abiri oluvannyuma omusajja omulala najja nagamba nti: Asalamu Alaikum Warahmatullahi Wabarakatuhu, Nabbi nagamba nti: agonno makumi asatu. Awo wonna byeyabalanga ategeeza ebirungi.
69.	OKUKWATAGANA MU NGALO NGA MUSISINKANYE	Abasiraamu ababiri tebayinza kusionkana ne bakwatagana mu ngalo, okugyako nga basonyiyibwa awo wennyini nga tebanaba kwawukana.
70.	OKULWANIRIRA EKITIIBWA KYA MUSIRAAMU MUNNO	Omuntu ataasa ekitiibwa kya musiraamu munne Katonda agenda kumutaasa omuliro ku lunaku lwokuzuukira.
71.	OKWAGALA ABALONGOOFU N'OKUTUULA NABO	Buli muntu agenda kubeera mu jjana nooyo gweyali ayagala. Anasi (^{Radi} <i>Allah anhu</i>) yagamba nti: Ba Swahaba ba Nabbi tebaasanyukako nga bwebasanyukira Hadithi eyo.
72.	ABAAGALANA KU LWA KATONDA	Katonda owekitiibwa ekisukkulumu agamba nti: Abo abaagalana ku lwange n'ekitiibwa kyange ba kubeera n'ebituuti ebitangaala, ba Nabbi, nabafiira mu ntalo, entalo z'eddiini batuuke okubeegomba.
73.	OKUSABIRA MUSIRAAMU MUNNO EDDUWA ENNUNGI	Edduwa y'omuntu omusiraamu gyasabira munne nga tali naye eyanukulirwawo. Ku mutwe gw'asaba kubaako Malayika nga ekola kwekyo, buli lwasabira mugandawe obulungi Malayika oyo agamba nti: amiina naawe bakusasule ng'ekyo.
74.	OKWEGAYIRIRA KATONDA ASONYIWE ABAKKIRIZA ABASAJJA N'ABAKAZI	Omuntu yenna kwasaba Katonda asonyiwe abakkiriza abasajja n'abakazi, Katonda amuwandiikira empeera nnamba ey'ekirungi ku buli mukkiriza omusajja n'omukazi.
75.	OKUJJA MU KKUBO EKITUUSA OBULABE KU BANTU	Mazima nalaba omusajja nga yegiriisiza mu jjana lw'amuti gweyatema okuva waggulu w'ekukubo nga gwaali guyisa bubi abantu.
76.	OKWEWALA OKUKAAYANA N'OKULIMBA	Nze Nabbi ndagaanyisa ennyumba waggulu mu jjana eri omuntu aleka okukaayana nebwaba nga yaali ku mazima. Ne nnyumba mu makkati g'ejjana eri oyo aleka okulimba newakubadde ng'asaaga.
77.	OKUFUGA	Oyo yenna afuga obusungu bwe, awamu n'okuba nga



	<p>OBUSUNGU</p> <p>asobola okwesasuzza, Katonda agenda kumukowoola ku lunaku lw'enkomerero ng'abantu bonna balaba amugambe nti: Ba Huuru aini baabo londako gwoyagala.</p>
<p>78.</p>	<p>OKWOGERWAKO EBIBI OBA EBIRUNGI</p> <p>Oyo yenna abantu gwemuba mwogeddeko ebirungi ejjana eba emukakaseeko, ate gwemuba mwogeddeko ebibi omuliro guba gumukakaseeko, mwe bajulizi ba Katonda mu nsi.</p>
<p>79.</p>	<p>OKUGGYA OMUSIRAAMU MU KIZIBU N'OKUMUYAMBA MU BINTU BYAKOLA N'OKUMUBIKKIRIRA MU NSOBI ZE</p> <p>Omuntu yenna ayamba omukkiriza yenna mu kizibu kye mu bizibu by'okunsi, Katonda agenda kumuyamba ku bizibu bye ku lunaku lw'okuzuukira. Ate omuntu bwayanguyiza ali mu buzibu Katonda amwanguyiza ebizibu by'o ku nsi ne kunkomerero, ate omuntu bwabikka obumogo bwa munne Katonda agenda ku mubikkirira ku lunaku lw'okuzuukira.</p>
<p>80.</p>	<p>OKULOWOOZA ENNYO KU LUNAKU LW'ENKOMERERO</p> <p>Omuntu bwaba nga enkomerero ky'ekigendererwa kye Katonda amuwa obugagga mu mutima gwe naamuwumbira wumbira edduniya nejja gyali lwampaka.</p>
<p>81.</p>	<p>OBWENKANYA BW'OMUFUZI, OBULONGOOFU BWA BAVUBUKA, OKUDDINGANA EMIZIKITI N'OKWAGALANA KU LWA KATONDA.</p> <p>Abantu musanvu ba kubeera mu kisiikirize kya Katonda olunaku lwe watagenda kubaawo kisiikirize kyonna okugyako ekisiikirize kya Katonda: omufuzi omwenkanya, omubuvuka eyakula ng'asinza Katonda we, n'omusajja yenna nga omutima gwe gulinga omusibire mu muzikiti, n'abantu babiri nga bayagalana ku lwa Katonda, nga beegatta ku lulwe ate nebaawukana ku lulwe, n'omusajja nga waliwo omukazi oweekitiibwa omulungi eyamusendasenda, omusajja naagamba nti: nze ntya Katonda, n'omuntu yenna eyawaayo saddaaka mukyama nekiba nti omukono gwe ogwakkono teguyinza kumanya ddyo kyagabye, n'omuntu ayogera ku Katonda nakaaba awatali nsonga ndala yonna emukaabya.</p>
<p>82.</p>	<p>OKUSABA EKISONIWO KYA KATONDA</p> <p>Omuntu bweyeekuumira ku kusaba Katonda okumusonyiwa, Katonda amuwa obuweerero mu buli kizibu, era naamuwa engeri gyava mu buli kizibu ekimweralliikiriza ate naamugaziiriza mu ngeri gyatasuubira.</p>

Nr.	OMULIMU OMULUNGI	Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihii wa sal-lam) yagamba nti:
1	BINO BYAZIYIZIBWA ERA TEBIKOLEBWA	Okukola omulimu gwonna nga ogendereramu bandabe Katonda agamba nti: Nze ssetaagira ddala kungattako kintu kyonna, omuntu bwakola omulimu nangattako ekintu kyonna ekitali nze mulekera ekyo kyaaba angasseeko.
2	OBULONGOOF U KU NGULU SONGA MU NDA BWONOONEFU.	Manyidde ddala abantu abagenda okujja ku lunaku lw'okubalibwa nga balina ebirungi ebyenkana ensozi ze Tihaamah nga zzaabu, Katonda alyooke afuule emirimu gyaabwe nga enfuufu efuumuuka. Thaubaan n'agamba nti: owange omubaka wa Katonda tubuulire ebitendo byaabwe obinnyikize ssi kulwa nga tuba mu bo nga tetumanyi. Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihii wa sal-lam) n'agamba nti: naye mazima bo baganda bammwe era ba mu mmwe, basaala ekiro nga bwemusaala, naye bo bwebaba tebali nammwe badda ku Katonda byeyaziyiza nebabityoobola.
3	OKWEKULUNTAZA	Tagenda kuyingira jjana omuntu yenna alina mu mutimagwe obuzito bwa kanyinkuuli mu kwekuluntaza. okwekuluntaza kwekugaana amazima n'okunyooma abantu.
4	OKUKWEYESA ENKUTU	Okukweyesa kubalibwa ku nkutu ne ku kkanzu n'ekitambaala, omuntu yenna akweyesa ekintu kyonna nga agenderera kwekuluntaza, Katonda tagenda kumutunulako ku lunaku lw'enkomerero.
5	ENSAALWA	Mwewale ensaalwa anti mazima ensaalwa erya ebirungi by'omuntu byaba akoze ng'omuliro bwegulya enku, oba ebisubi.
6	RIBBA EMAALI ENNYONGEZEEMU	Katonda yakolimira omuli wa Ribaa nooyo agiwaayo, dirhamu emu eya Riba omuntu bwagirya ng'aamanyi y'asinga obubi ku muntu aba anyaze emirundi (36) asatu mu mukaaga.
7	OMUNYWI W'OMWENGE	Tagenda kuyingira jjana omuntu anywa omwenge olubeerera, wadde omuntu akkiririza mu ddogo, nooyo akutula oluganda. Omuntu bwanywa omwenge e sswalaaze ez'ennaku makumi ana tezikkirizibwa.
8	OKULIMBA	Okubonaabona kuli ku buli anyumya embooji olw'okusesa abantu ng'alimba, okubonaabona kube kuye okubonaabona kube kuye.
9	OKUKETTAKETTA	Omuntu awuliriza embooji y'abantu nga bo tebandi yagadde agiwulire, agenda kufukirirwa mu matuuge amasasi amasaanuuse.
10	OKUKUBA EBIFAANANYI	Mazima abantu abalisinga okubonerezebwa ku lunaku lw'enkomerero abakola ebifaananyi. Malayika teziyingira mu nju yonna erimu embwa wadde ekifaananyi.
11	OLUGAMBO	ow'olugambo tagenda kuyingira jjana. Olugambo kwe kutambuza ebighambo wakati w'abantu nga ekigendererwamu okwonoona wakati waabwe.
12	OKUGEYA	Mumanyi ekiyitibwa okugeya? nebagamba nti Katonda y'amanyi n'omubakawe, Nabbi n'abagamba nti kwe kwogera ku mugandawo byatayagala, nebebuuzi nti olaba otya byamwogerako bwebiba ebituufu? Naddamu nti byamwogerako ne bwebiba ebituufu mazima oba omugeyezza, naye bwebiba nga ssi bituufu oba omutemerredde.
13	OKUKOLIMA	Okukolimira omukkiriza kyenkana n'okumutta. Tokolimiranga



	kibuyaga, anti mazima kibuyaga aba alagiddwa, so nga omuntu akolimira ekintu kyonna nga sikituufu, ekikolimo ekyo kimuddira.
14	OKWOGERA EKYAAMA KYA MUNNO Mazima omu ku balisinga okubeera mu mbeera embi ewa Katonda ku lunaku lw'okuzuukira ye musajja alabagana ne mukyalawe nga beegasse ate omusajja n'agenda alalaasa mukyalawe.
15	OBWONONEFU Mazima omuntu agenda okusinga embeera embi ku lunaku lw'okuzuukira ye muntu abantu gwe beekeka okubeera naye olw'okutya obwononyibwe. Ebisobyoye by'omuntu ebisinga obungi bya lulimi lwe.
16	OKUTEMERERA OMUSIRAAMU OBUKAFIIRI Omuntu yenna agamba mugandawe nti owange ggwe omukafiiri, kiba kw'omu ku babiri, kale bwekiba nga yye bwagamba, (kiba kyekyo) bwekita ekyo ye gwekiddira.
17	OKWESSA KW'ATALI KITAAWO Omuntu bweyeeyita atali kitaawe ate nga amanyi kitaawe, ejjana eri haramu ku ye. Era Nabbi (صلى الله عليه وسلم) yagamba nti: Temwegananga ba kitammwe omuntu eyegaana kitaawe obwo buba bukafiiri.
18	OKUTIISA OMUSIRAAMU Tekikkirizibwa omusiramu okutiisa musiraamu munne. Era Nabbi (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti: Oyo yenna asonga mu mugandawe eky'okulwanyisa, mazima Malayika zimukolimira okutuusa lwakissa wansi.
19	OKUTTA OMUNTU AWEEREDDWA OBUBUDAMU MU NSI Y'OBUSIRAAMU Oyo yenna atta omuntu aweereddwa obubudamu awatali nsonga, tagenda kuwunyirwa lusu lw'ajjana, so nga mazima olusu lwe jjana lugenda kuwulirwa mu bbanga eritambulirwa emyaka kikumi.
20	OKUWALANA MIKWANO GY'A KATONDA Mazima Katonda yagamba nti: Omuntu awalana mukwaano gwange yenna nange mulangirirako olutalo.
21	OKUWANGAMYA OMUNNANFUSI N'OMWONOONYI Temwetantalanga okuyita omunanfusi nti mukama wammwe anti bwekiba kituufu mazima muba munyiizizza Katonda omulezi wammwe.
22	ABAFUZI ABATUUKIRIZA BUVUNAANYIZIBWA ERI BAAFUGA Tewali muddu w'aKatonda yenna Katonda gwaawa bufuzi naafa ng'afudde ssi mwenkanya eri baafuga okugyako nga Katonda yamuziyizaako ejjana.
23	OKUKOLA FATUWA AWATALI KUMANYA Omuntu aweebwa fatuwa nga agimuwadde tasinzidde ku kumanya n'agikozesa, ekibi kyaayo kidda kwooyo aba agimuwadde.
24	OMUNTU ALEKA ESSWALA Y'E JUMA OBA ASRI Omuntu aleka ejjuma ssatu mu ngeri y'okuzilagajjalira, Katonda ateeka envumbo ku mutimagwe. Era Nabbi (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti: Omuntu aleka e sswala ya Asri emirimugye giba gimufudde.
25	OKUGAYAALIRIRA ESSWALA N'OKUGIREKA Enjawulo eri wakati waffe n'abatali basiramu ye sswala, kale nno omuntu aba agirese aba akafuwadde. Era Nabbi (Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti: Enjawulo eri wakati w'omusiramu N'obagatta ku Katonda ebintu ebirala n'abakafiiri, kuleka sswala.
26	OKUYITA MU MAASO G'OMUNTU ASAALA Singa ayita mu maaso g'omuntu asaala amanyi akabi akakirimu, okuyimirira n'alinda ennaku makumi ana kye kyali musingidde okuyita mu maaso g'asaala.
27	OKUNYIIZA ABASAALA Omuntu bwalyanga obutungulu, ne katungulu kyumu n'ekibala kyonna ekirina olusu olubi tasembereranga wetusaalira, anti mazima ba Malayika ziyisibwa bubi mu

		buli kyonna ekiyisa obubi omuntu.
28	OKUBBA ETTAKA	Omuntu yenna akumpanya oluta ku ttaka mu bulyazamanya, Katonda agenda kumwambaza ettaka eryo okkuvira ddala ku nsi ey'omusanvu.
29	EBIGAMBO EBINYIIZA KATONDA	Mazima omuddu wa Katonda ayinza okwojera ekigamba nga kiri mu binyiiza Katonda nga tafuddeeyo n'amaliriza nga kimusudde mu muliro emyaka nsanvu.
30	OKUYITIRIZA EBIGAMBO NGA TEMULI KWOGERA KU KATONDA	Temuyitirizanga okwojera ennyo ebigambo ebitaliimu kwogera ku Katonda, anti ebigambo ebitaliimu kwogera ku Katonda bivaako obukakanyavu bw'omutima.
31	ABABOGGOLA NGA BOGERA	Mazima omuntu alisinga okusunguwalirwa n'okuba ewala nange ku lunaku lw'okuzuukira, beebo abakalakya, aboogezza ebboggo n'abemanyi.
32	OKUGAYAALIRIRA OKWOGERA KU KATONDA	Abantu tebayinza kutuula mu kifo kyonna nga teboogedde ku Katonda, era nga tebasaalidde ku Nabbi waabwe okugyako nga bafuna obukendeevu, Katonda bwayagala ababonereza oba abasonyiwa.
33	OKWANIKA EBIWEBUULA OMUSIRAAMU	Toyolesanga ebiwebuula omusiramu. Era Nabbi (<i>Sat-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Oyo yenna aweebuula munne olw'ekisobyo kyakoze, tayinza kufa okugyako nga naye akikoze.
34	ABASIRAAMU OBUTAKOLAGANA NA BASIRAAMU BANAABWE	Tekikkirizibwa omusiraamu butakolagana na musiraamu munne kusussa nnaku ssatu (3), omuntu yenna atakolagana na munne okusukka ebbanga eryo, naamala afa ayingira omuliro.
35	OKUJEEMERA KATONDA MU LWAATU	Abantu b'ekibiina kyange bonna ba kusonyiyibwa okugyako abajeema nga boolesa obujeemu bwabwe.
36	EMPISA EMBI	Mazima empisa embi zoonona ddala e mirimu nga khalli bwayonona omubisi gw'enjuki
37	OMUNTU AGABA EKINTU ATE N'AKYEDDIZA	Omuntu eyeddiza ekintu kyaaba agabye alinga embwa esesema ebisesemye ate n'ebirya. Era Nabbi (<i>Sat-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Tekikkirizibwa omuntu okugaba ekintu ate bwamala n'akyeddiza.
38	OKUYISA OBUBI MULIRANWA	Omusajja okwenda ku bakazi kkumi (10) ky'ekyangu okusinga bw'ayenda ku muka muliraanwawe. Era omuntu okubba mu nnyumba kkumi (10) ky'ekyangu ku ye kusinga okubba ewa muliraanwawe.
39	OKUTUNULA KU BYA HARAAMU	Omuntu yawandikibwaako omugabogwe mu bwenz,i atekwa butekwa okugutuukako tewali kiyinza kukikyusa, okwenda kw'amaaso kutunula, ate okw'amatu kuwuliriza, ate okw'olulimi kwogera, okwenda kw'engalo kukwata ate okw'ebigere kutambula, ate omutima okwenda kwagwo gwagala ne gwegomba ebyo byonna ekibikakasa bwe bwereere bw'omuntu oba ne bubilimbisa.
40	OMUSAJJA OKUKWAATA KU MUKAZI ATAMUKKIRIZIBWA MU MATEEKA	Omusajja okufumitibwa ku mutwegwe n'ekyuma ky'ekirungi okusinga okukwata ku mukazi atamukkirizibwa. Era Nabbi (<i>Sat-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Nze sikwaata mu ngalo z'abakazi.
41	OKUWASA MU NGERI Y'OKUWAANYISIGANYA	Nabbi (<i>Sat-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) "yaziyiza okuwanyisiganya" nakyo: ye musajja okufumbiza muwalawe ate nooli n'amufumbiza owuwe nga tewali awadde



		munne Mahare.
42	OKUKUBA EBIWOUBE	Omuntu bwakubirwa ebiwoobe agenda kubonerezebwa olwekyo, ku lunaku lw'enkomerero. Era Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Omufu abonerezebwa mu Kabbuli olw'ebiwobe ebimukubirwa.
43	OKULAYIRA EBITALI KATONDA	Omuntu alayira ekitali Katonda mazima aba akaafuwadde, oba aba agasse ku Katonda ebintu ebirala. Era Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Omuntu bwabanga alayira, atekwa kulayira Katonda oba si kyo asirike. Era Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Omuntu alayira nti alayidde mazima si wa mufu.
44	OKULAYIRA NG'OLIMBA	Omuntu alayira nga yegaana n'atwaala n'ekirayirokya e maali ya musiraamu munne ng'ate ddala mukyamu, alisisinkana Katonda ng'amunyiigidde.
45	OKULAYIRA NG'OTUNDA	Mwewale okuyitiriza okulayira nga mutunda, anti okulayira kuyamba okutunda naye nekukumalamu e mikisa. Era Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Okulayira kiyamba okutunda eby'amaguzi ne kusangulawo e mikisa mu kutunda.
46	OKWEFAANYIRIZA ABAKAFIIRI	Omuntu eyefananyiriza abantu aba wa mu bo. Era Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Si wa mu ffe eyefananyiriza a bantu abatali ba kibiina kyaffe.
47	OKUZIMBA KU KABBULI	Omubaka wa Katonda (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagaana okusementinga kabbuli wadde okugituulako oba okugizimbako.
48	OKUMENYA ENDAGAANO N'OKUKUMPANYA	Katonda bwalikunganya abasooka nabasembayo ku lunaku lwe nkomerero, buli ayawukana ku ndagaano agenda kuwanikirwa bendera nga bagamba nti kuno kwe kumenya endagaano ya gundi mutabani wa gundi.
49	OKUTUULA KU KABBULI	Singa omu ku mmwe atudde ku lyanda neryokya engoyeze, omuliro negutuuka ne ku ddibalye, kye kyalimusingidde okukira okutuula ku kabbuli.
50	OMUNTU AYAGALA OKUMUSITUKIRA NG'AZZE	Omuntu ayagala abantu okumugondera nga bayimirira alindirire ekifookye mu muliro.
51	OKUUSABA AWATALI BWETAAVU	Omuddu tayinza kuggulawo mulyango gwa kusaba okugyako Katonda amuggulirawo omulyango gw'obwaavu. Era Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yagamba nti: Omuntu kwasaba abantu ng'ayagala kufuna bingi, ddala aba asaba lyanda. Kale kiri gyaali okukendeeza oba okwongeza.
52	OKUPAAZA EMIWENDO MU KUTUNDA N'OKUGULA	Mu nnakibuga taguliranga mu nnakyalo era temupaazanga emiwendo nga bannamwe bagula oba nga batunda, era omu ku mmwe tawaaliriranga okugula oba okutunda nga munne atunda oba ng'agula.
53	OKULANGA EKIBUZE MU MIZIKITI	Omuntu bwawuliranga omusajja nga ekibuze akirangira mu muzikiti, asaanye amugambe nti singa Katonda takikuddiza. Anti e mizikiti tegyazimbirwa ekyo.
54	OKUVUMA SITANE	Temuvuma Sitane wabula musabe obukuumi bwa Katonda, abawonye obubi bwayo. Omu ku ba Swahaba yagamba nti: Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) yampeeka ku nsoloye, n'esererera nze kwekugamba nti: Sitane azikirire, Nabbi (<i>Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam</i>) n'agamba nti: togambanga nti Sitane azikirire, anti bwogamba bwoty, Sitane yegulumiza n'azimba neyenkana enyumba nga bwagamba nti ku lwamanyi gange, wabula ogambanga nti "Bismillah" anti bwokyogera akogga n'abanga ensowera.

55	OKUVUMA OMUSUJJA	Temuvumanga omusujja, anti omusujja gujjawo ebisobyoy by'omuntu ng'okwokya ekyuma bwekukimalako obukyafu bwonna.
56	OKUSAASAANYA EBYAZIYIZIBWA N'OKUBYOGERERA	Omuntu ayita abantu okujja eri obubuze, ebibiibye byenkana n'ebibi byabo bonna abamugoberera ng'ate yye takendeeza ku bibi byabwe kintu kyonna.
57	EBYAZIYIZIBWA NG'OMUNTU ANYWA	Omubaka wa Katonda ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagaana okunyweera ku mumwa gw'ekyombo, ekyokulabirako nga okunwera ku kidomola. Era Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagaana omuntu okunywa ng'ayimiridde. Era Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yaziyiza okussiza mu binyweerwamu.
58	OKUNYWEERA MU BIKOPO EBYA ZAABU NE FEEZA	Temunyweeranga mu bikopo ebikoleddwa mu zaabu oba feeza era temwambalanga engoye eza siliki omuzito oba omuwewufu anti ebyo ku nsi by'abantu abatali mmwe ate nga ku lunaku lw'amazuukira bigenda kuba byammwe.
59	OKUYWEESA OMUKONO OGWA KKONO	Omuntu yenna mu mmwe teyeetantalanga okuliisa o mukonogwe ogwa kkono wadde okugunywesa, anti Sitane alya n'akkono era gwanywesa.
60	AKUTULA OLUGANDA	Tagenda kuyingira jjana akutula, amakulu nti: atayunga lugandalwe.
61	OBUTASAALIRA NABBI ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam)	Omuntu yenna atansaalira nga njogereddwako waali ennyindoye esaanye erwale kokolo. Era Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti: Omukodo yooyo atansaalira nga njogeddwaako.
62	OKUFUGA EMBWA	Omuntu yenna afuga embwa nga si y'akuyigga wadde ey'okulunda ebisolo mazima ekendeeza ku mpeera z'emirimugye, buli lunaku kiraatwu bbiri.
63	OKUBONYABONYA EBISOLO	Omukazi yabonerezebwa lwa kappa, yagiggalira awantu okutuusa lweyafa omukazi oyo n'ayingira omuliro, olwa kkapa eyo. Era Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti: Temuddiranga e kintu ekirina omwooyo nemukifuula ekyokugezezezaako eby'okulwanyisa byammwe.
64	OKUTEKA EKIDE MU BISOLO	Malayika tezitambula na bantu balina mbwa oba kide. Era Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yagamba nti: Ekide ndere za Sitane.
65	EBYENGERA OMUJEEMU BY'AFUNA	Bwolaba Katonda awa omudduwe mu nsi ebimweyagaza ng'ate omuddu amujeemera, ekyonno kuba kumutwaliriza mu bujeemu, oluvannyuma Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) yasoma aya nagamba nti: Bwebaaleka ebyo byebajukizibwa nabyo netubaggulirawo buli mulyango gwa buli kintu, okutuusa lwebeeyagala nebyo byetwabawa, olwo nno nebavumbagirwa okugenda okulaba nga tebakyalina kantu konna.
66	OKUKULEMBEZA OBULAMU BW'ENSI	Oyo yenna alafuubanira obulamu bw'ensi bwokka Katonda amulaga mu maasoge obwaavu n'amutabangulira e nsi era n'atamuwaamu okugyako ebyo byokka eyamugererwa mu yo.

Katonda agamba nti: Abange mmwe abakkiriza mutye Katonda omuntu

**asaanye alabe biki byategekede o lunaku lwenkya.
OLUGENDO OLW'OBULAMU OBW'OLUBEERERA,
EKKUBO ERIKUTWALA ERI EJJANA OBA O MULIRO.**

KABBULI/ENTAANA.

Ekifo ekisookerwamu mu bifo byo ku lunalu lw'enkomerero kinnya kya muliro eri omukafiiri n'omunafunsi oba kifo ekirungi mu bifo byomujjana eri omukkiriza. Nabbi (^{Sat-lal-laahu}_{alathi wa sat-lam}) yatunyonyola ebimu ku bibonerezo ebyo okusinziira ku mazambi abantu gebakola, nga mwemuli: obutewala musulo, olugambo, n'okusomola ku minyago, obulimba, okwebaka mu kiseera kye sswala, okusenguka Kur'ani, obwenzi, ebisiyaga, ne rriba, obutasasula bbanja, nebiralala.

EKIWONYA EBIBONEREZO BY'O MU KABBULI.

Emirimu emirungi nga gikolebwa ku lwa Katonda yekka, n'okusaba obukuumi obutagwa mu bibonerezo ebyo, n'okusoma essula al mulku, n'ebiralala. Katonda awa obukuumi obwenjawulo obutatuukwako bibonerezo ebyo eri abafa entalo z'eddiini, nabewaayo nebafuluma okuweereza mu kkubo ly'a Katonda, afudde ku lunaku lw'ejjuma, naafudde nga obulwadde obumusse buvudde mu lubuto nabalala.

OKUFUUWA MU NGOMBE.

Engombe nnene Israafiil yagiteekadda ku mumwa alindiridde lunaku lwaliragirwa okugifuuwa olufuuwa olw'entiisa, Katonda agamba nti:

"يوم يُنْفَخُ فِي الصُّورِ فَمَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَمَنْ فِي الْأَرْضِ إِلَّا مَا شَاءَ اللَّهُ" **Amakulu nti: *Olunaku engombe lwelifuuyibwa ebiri mu ggulu ne mu nsi byonna nebitya okugyako oyo Katonda gwaliba ayagadde.*** olwo ensi yonna eritabuka, ate oluvannyuma lw'emyaka makumi ana (40) Israfiil alifuuwa engombe olufuuwa olw'okuzuukira Katonda agamba nti: "ثم نُفَخُ فِيهِ أُخْرَى فَإِذَا هُمْ يَنْظُرُونَ"

Amakulu nti: Oluvannyuma erifuyibwa omulundi omulala olwonno abantu baligenda okulaba nga bazuukidde era nga balaba.

OKUZUUKIRA.

Oluvannyuma Katonda alitonnyesa enkuba emeze emibiri nga gitandikira ku nkizi y'omugongo, olwo gibeere mu butonde bupya awatali kufa nga bali bwerere abatalina ngatto nga balaba ba Malayika nama Jinni, bagenda kuzuukizibwa okusinziira ku mirimu gyaabwe gyebaali bakola.

OKUKUNGAANA.

Katonda alikungaanya ebitonde olw'okubalibwa, baliba mu kutya nga balinga abatamiivu ku lunaku olw'ekitalo olulyenkana emyaaka emitwaalo etaano, ebbanga lyebaamala mu nsi liriba nga e saawa emu. Enjuba egenda kusembera mu bbanga lya mayilo emu, abantu bagenda kuzikirira ng'entuuyo z'ezibazikiriza okusinziira ku mirimu gyaabwe, abanafu nga bakaayana n'abaali abamaanyi abekuluntazanga, omukafiiri ng'akaayanya Sitane yye n'ebiyungobye, abamu nga bakolimira banaabwe omulyazamanyi aliruma emikonogye, omuliro Jahannama nga gusikibwa emiguwa emitwaalo musanvu nga buli muguwa gusikibwa ba Malayika emitwalo musanvu, olwonno omukafiiri bwaligulaba agenda kwagala okwenunula oba wakiri afuuke ettaka.

Naye bbo abagyeemu: Omuntu eyawakanya Zzaka naatagiwa, e maaliye egenda kusaanuusibwa efuuke omuliro gwebalimwokesa abekuluntaza bagenda kukunganyizibwa nga ensanafu.

Eyasomola ku maali y'eminyago, n'eyayawukana ku ndagaano n'omunyazi bagenda kuswaazibwa. Omubbi agenda kujja n'ebyo bye yabba, ebikusike bigenda kweyoleka.

Naye abatya Katonda tebagenda ku ba nakutya anti bagenda kuyita ku muliro mu kaseera akenkana nga esswa ya Dhuhuri.

OKUWOLEREZA OKW'ENKIZO.

Kweyawulidde Nabbi waffe Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) aliwolereza ebitonde byonna ku lunaku lw'okubalibwa bwalisaba Katonda abantu abajje mu kizibu kyebalimu era atandike okubabala.

OKUWOLEREZEBWA OKUBUNA.

Okwo nga kwa ba Nabbi naabatali ba Nabbi nga okuwolereza abakkiriza bave mu muliro n'okubasitula amadaala mu jjana.

OKUBALIBWA.

Abantu bagenda kwanjulwa ewa Katonda wa bwe nga bali mu nnyiriri, alyooke abalage emirimu gyaabwe era babuuzibwe kugyo, n'obuwangaazi bwaabwe, obuvubuka, ebyobugagga, okumanya, endagaano, n'ebyengera, okuwulira, okulaba, n'omutima.

Abakafiiri na bananfusi balibalibwa mu lujjudde lw'ebitonde mu ngeri ey'okubaswaaza n'okubawaako obujulizi n'okubalumiriza, nga abantu babawaako obujulizi ne nnaku n'ebiro nebyobugagga byaabwe ne ba Malayika n'ebiyungo byaabwe olwo omusango gubasinge nabo bakkirize.

Omukkiriza Katonda agenda kumuzza ku bbali amulage amazambige okutuusa lwalirabira ddala nti azikiridde mu mazambige Katonda alimugamba nti: Nakubikkirira kw'ebyo mu nsi neleero mbikusonyiye.

Ekibiina ekigenda okusooka okubalibwa kye kya Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) ate omulimu ogulisokerwako mu kubala ye sswala n'ensonga ezikwata ku musaayi gw'abantu.

OKUSAASANYIZIBWA KW'EBITABO (FAYILO).

Oluvannyuma ebitabo bigenda kugabibwa buli omu akwaate (ekitabo ekitagenda kulekayo kantu akatono katya wadde akanene), omukkiriza agenda kukwaata e kitabokye n'omukonogwe ogwa ddyo ate omukafiiri n'omunanfunsi mu mukonogwe ogwa kono, ate nga misibire emabega wo mugongogwe.

MINZANE (OKUPIMA EMIRIMU).

Oluvannyuma emirimu gy'ebitonde gibalibwe. Katonda alyooke agibasasule nga gipimibwa ku minzaane ey'amazima ensukkulumu elina ebipimo bibiri ekirizitoya e mirimu kwekuba nti yakolebwa okusinziira ku mateeka geddiini ate nga yakolebwa kulwa Katonda, mubirizitoya emirimu ekigambo kya Laa ilaaha illa Llaahu empisa ennungi, okwogera ku Katonda nga Al Hamdu Lillahi, ne Subhana llah Wa bihamdika Subhana llah Al Adhwim, n'abantu bagenda kw'ebanja ku birungi n'ebibi bye beekola.

OLUZZI.

Oluvannyuma abakkiriza bagenda kunywa ku luzzi omuntu alirunywako tagenda kuddayo kufuna nyonta, buli Nabbi agenda kuba n'oluzzilwe naye olulisinga obunene lwe lwa Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) amazzi gaalwo meeru nga amata, mawoomu okusinga asaali akawoomu kaago kasinga Misiki ebikopo by'okuluzzi olwo byakolebwa mu zaabu ne ffeeza ate nga obungi bwabyo

bwenkana obungi bwe munyeenye, obuwanvu bwalwo bwenkana okuva e Jordan okutuuka e Yaman, amazzi gaalwo gava mu luzzi lwa Kautharah.

OKUGEZESA ABAKKIRIZA.

Ku lunaku olulisembayo mu nnaku zebbaliro Abakafiiri bagenda kugoberera ba katonda baabwe bebaali basinza ku nsi abalibatuusa mu muliro nga bali mu bibinja nga ebye nsolo ezirundwa nga batambulira ku bigere byaabwe oba ku byenyi byaabwe. Tewageda kusigala okugyako abakkiriza n'abananfusi olwo Katonda alyoke ajje gyebali ababuuzze nti; kiki kyemulinda, baddemu nti; tulinda Katonda waffe omu, olwo nabo babumanye nga abikkudde ku ntumbweye olwo bagwe wansi nga bavunnama okugyako abananfusi, Katonda agamba nti: (Olwo Katonda lwalibikkula ku ntumbwe (Abananfusi) nebakowoolwa okuvunnamira Katonda ate nga tebagenda kusobola). Oluvannyuma abakkiriza n'abananfusi bagenda kugoberera Katonda olwo siratwa eriteekebwawo, agenda kuwa abakkiriza ekitangaala, ate ekitangaala kya bananfusi kizikizibwe.

SIRATWA.

Lutindo olulitekebwa waggulu w'omuliro Jahannama, abakkiriza basobole okugusomoka batuuke mu jjana, Nabbi (^{Sat-lal-laahu}_{alahi wa sal-lam}) bweyali ayogera ku lutindo olwo yagamba nti: Luseerera nnyo luliko amalobo nenkolombojjo ezinga amaggwa ge Sa-adaani, kino kitundu kisangibwa Najidi (*Saudi Arabia*). *Lutono nnyo okusinga oluviiri ate obwogi bwaalwo businga obwekitala.* Hadith ya Muslim.

Awo ku lutindo olwo abakkiriza webagenda okuweerwa ekitangaala okusenziira ku mirimu gyaabwe nga alisinga aliba n'ekitangaala ekyenkana ensozi ate ow'ebirungi ebitono e kitangalekye kigenda kukoma ku kyalakisajja w'ekigerekye waakoma. Ekitangaala ekyo kiribamulisiza olwo nno nebaluyitako okusenziira ku mirimu gyaabwe. Omukkiriza agenda kuluyitako mu lutemya lw'aliiso, oba ng'olumanya oba empewo oba ng'ekinyonyi oba nga enfaraasi enzirusi ennyo. (*Waliwo abaliyita ku lutindo mu miremba waliwo abaliluyitako nga bataaguddwa ate waliwo abaligwa mu muliro Jahannama*) Hadith ya Bukhari.

Bo abananfusi tebagenda kuba na kitangaala, bagenda kukoma awo baddeyo oluvannyuma watekebweewo ekikomera wakati waabwe n'abakkiriza, olwo nno balyaagala okusomoka bayite ku lutindo wabula baliwandagala mu muliro.

OMULIRO.

Abakafiiri be balisooka okuguyingira, oluvannyuma abamu ku bajeemu mu bakkiriza, n'abananfusi, ku buli lukumi (1000) olulamba (999) baakuguyingira. Gulina emiryango musanvu, mukambwe okukira omuliro gwokunsi emirundi nsanvu (70), omukafiiri waakugejja mu butonde nga ali mu muliro alyooke abonerezebwe nga yenkana wakati weekibegabega kye n'ekirala ebbanga elitambulirwamu ennaku ssatu (3), erinyolye libenga olusozi lwe Uhudi, eddiba lyomubirigwe ligenda kufuulibwa ggumu nga likyusiddwa alyooke abonerezebwe, ebyokunywa bye mazzi agookya agalikutulakutula ebyenda byaabwe, ebyokulya byaabwe, eriba mmere ey'amaggwa n'olweje n'amasira.

Agenda okuba n'ebibonerezo ebisinga okuba ebyangu, yooyo gwebagenda okuteeka wansi weebigerebye byombiriri amanda abiri naye nga geeseza obwongobwe, mu muliro okusiriiza amaliba, n'olusirasira n'okwokya ebyenyi byaabwe n'okusibwa enjegere n'empingu nga obuwanvu bwaagwo buli wala nnyo

singa muba musuuliddwamu omwana yaalimaze emyaaka nsanvu (70) alyoke atuuke ebuziba bwaagwo. Enku zaagwo bakafiiri na mayinja. Empewo yaagwo eyokya, ebisiikirize byaagwo mukka muddugavu, nebyambalo ebiriyambalwa abaligubaamu muliro. Gulyokya buli kintu awatali kotaliza, guwulirwa nga gutokota, gwokya e mibiri ate nga gutuuka ku magumba ne ku mitima.

EKIFO EKIRI WAKATI W'EJJANA N'OMULIRO.

Nabbi (^{Sat-lal-laahu}_{alaih wa sal-lam})yagamba nti: *Abakkiriza bagenda kuwona omuliro naye bayimirizibwe mu kifo ekiri wakati w'ejjana n'omuliro balyooke basasulagane amabanja wakati waabwe olwebyo byebeekola ku nsi, bwebalimala okusengejebwa ne basunsulwa olwo balikirizibwa okuyingira e jjana. (Ndayira oyo alina omwoyo gwa Muhammad mu mikonogye, buli omu ku bo agenda kumanya ekifokye mu jjana okusinga bwamanyi amakaage mu nsi).* Bukhari.

EJJANA.

Bwe buddo bw'abakkiriza, yazimbibwa mu zaabu ne feeza ekyaliiro kyayo kijjudde Misiki, ettaka lyaayo lya Z'afarani.

Erina emiryango munaana (8) obugazi bw'o gumu ku gyo watambulirwa ennaku ssatu (3), naye nga gujjudde abantu, e jjana erina amadaala kikumi (100), ebbanga eriri wakati w'a madaala abiri lyenkana ebbanga eriri wakati w'eggulu ne nsi. Fridausi y'ejjana esinga okuba ey'a waggulu era e migga gigenda kukulukuta nga gisibuka mu yo. Akasolya k'ejjana ye Arushi y'aKatonda omusaasizi oweekisa ekiyitirivu. Emigga gyamu gya asaali, mata n'omwenge n'amazzi, nga gikulukuta naye nga tewali binnya mwegikulukutira. omukkiriza aligiragiranga negidda gy'ayagala, ebyokulya byo mu jjana biriba kumpi ate nga byangu okutuukako. Mulibaamu weema eyakolebwa mu lu-ulu eriba mpoole, ng'abugazi bwayo mayilo (60) nkaaga, nga ku buli nsonda yaayo kulibaako abaweereza abavubuka empulakalevu sibakukaddiwa wadde engoye zaabwe tezirikaddiwa. Mu jjana temuliba musulo bya mpitambi wadde ebyenyinyalwa byonna. Ebisanirizo byabwe biriba bya zaabu, obuwoowo buliba bwa misiki. Abakyaala b'omujjana baliba balungi nga mbeerera nga balina amabeere g'a bituttwa.

Agenda okusooka okugiyiingira ye Nabbi Muhammad (^{Sat-lal-laahu}_{alaih wa sal-lam}) ne ba Nabbi abalala, alisembayo okufuna ekitono mu yo, yooyo aly'egomba kyeyeegombye nekibazibaamu emirundi kkumi (10). Abaweereza bo mu jjana baliba bavubuka nga batemagana nga amayinja ago muwendo agasasaanyiziddwa. N'ebimu ku byengera byo mujjana ebirisinga obukulu, kwe kulaba Katonda waffe oweekitiibwa n'okufuna okusiimakwe, n'okubeera mu jjana olubeerera.

EKITALEKEKA. Ebyo byebintu ebikulu omukkiriza n'omunanfusi n'omukafiiri byebayitamu nga tebannatuuka eri obuddo bwabwe obwolubeerera.

ENGERI OMUNTU GYATAWAZAAMU



Okufuna ewuzu tekituuka okugyako nga okozesezza amazzi amatukuvu Nago:- g'emazzi agaba gakyali ku bitendo byago, oba agakyuse mu bbala lyaago, okuwooma kwago oba olusu lwago naye nga gakyuse na kintu kitukuvu gamba nga agakyuse ekimu ku bitendo byago olwokulwa mu kifo. * Si kirungi okutawaaza n'amazzi agannyogoga oba agookya n'okwogera ng'ofuna wuzu. * Amazzi amatono gakyafuwala kasita gagwamu e nagisi yonna. Amazzi amangi Ltr **210** n'okugenda waggulu go gakyafuwala nakukyusa ekimu ku bitendo byaago ebisatu.



Okufuna wuzu kutandikwa nakusoma Bismillah kyandibadde kirungi okunaaba ebibatu byombiriri lwonna omuntu lwafuna wuzu. So nga omuntu ava mu tulo otwekiro atekwa buteekwa okubinaaba emirundi esatu. * Eyeerabidde okusoma Bismillah, wuzuye eba ntuufu. Naye bwakijjukira nga akyafuna wuzu, agisomera wo. So ssi kuddamu kufuna wuzu. * Si kirungi ku muntu afuna wuzu okunaaba e kiyungo emirundi egisukka esatu.



Oluvannyuma anyumunguza mu kamwa omulundi gumu naye nga abunyisa amazzi mu kamwa konna, ekisingako kunyumunguza mirundi esatu. * Si kibi okumira amazzi oluvannyuma lw'okunyumunguza mu kamwa. * Okunyumunguza okwogeddwaako kwe kutuufu. * Kirungi okusonya w'onyumunguliza mu kamwa. * Kirungi okunyumunguza mu kwamwa n'okufeesafeesa mu nnyindo n'olubatu lwamazzi lumu, nga amazzi agamu ga kunyumunguza so nga amalala ga kufeesa mu nnyindo.



Ediddako afeesafeesa amazzi mu nnyindo omulundi gumu, nga asika amazzi nomukka oguva munda natwala amazzi mu nnyindo zombiriri. Kyalibadde kirungi gibeere e mirundi e satu. * Okwo kwefeesafeesa okutuusa wuzu. * Kyalibadde kirungi kukolebwe n'omukono ogwaddyo ate okufulumya amazzi kukolebwe kkonno. * Kyalibadde kirungi okunyumunguza ennyo n'okufeesafeesa ennyo ku muntu atali musiibi.



Okwo azzaako okunaaba ekyenyi nakyo kitandikira ku kutu okutuuka ku kutu okwokubiri mu bugazi, ate nekitandikira okuva ku nviiri okutuuka ku kalevu mu buwanvu. * Ateekwa okusunsula ekirevu bwekiba nga si kisaakaativu, so nga bwekiba kisaakativu okukisunsula kiba Sunna. * Ekyenyi tekisiigibwa mazzi wabula kinaazibwa bunaaazibwa. * Kirungi okusooka okunyumunguza mu kamwa n'okufeesafeesa mu nnyindo nga tannanaaba kyenye. * Si kirungi kunaaba mu maaso munda. * Kirungi okukozesa amazzi amangi ku kyenye naye nga si kudiibuuda.



Ekiddako kunaaza mikonogye ng'atandikira ku ngalo okutuukira ddala ku nokola zombiriri. * Kirungi okukulembeza ddyo ku kkonno mu kuginaaba n'okugikuutako ekko. * Kiri Sunna okunaaza ebibatu byombiriri ng'atandika okutawaaza, wabula ate wano atekwa okuginaaza. * Kiri Sunna okusosola ennwe z'engalo.



Ekiddako, asiiga ku amazzi ku mutwe gwonna okuva wegutandikira okutuuka ku nkoona. Ate bwamala naaguzza ng'ava ku nkoona okutuuka ku ntandikwa y'omutwe, nga talessewo katandu konna. Oluvannyuma engalozze zebayita vva mu mba aziyingiza mu matu ge gombiriri olwo nno n'asiigisa kyalakisajja ku ngulu kwa matu. Wabula bwaba asiige mu ngeri endala yonna kiba kimala. * Si tteeka okusiiga enviiri empanvu ezisukka ekyabulijj o. * Atalina nviiri asiiga ku lususu lw'omutwe. * Ekitundu ekiri wakati wenviiri n'amatu nakyo kisiigiba anti kibalibwa nga kitundu ku mutwe.



* Sikirungi kusiiga kusukka ku mulundi gumu. * Sikirungi kunaaza nviiri mu kifo ky'okuzisiiga, newakubadde nga kisobola okumala.

Ekiddako, anaaza ebigere byombiriri nga atwaliddemu n'obukongovule. Kirungi kukulembeze ddyo ku kkonno, era nga kirungi ebigere abikuute.

* Era kirungi okusunsula obugere.

Afuna ewuzu atekwa okugobereganya ebiyungo ebitawaazibwa, kale atekwa atandike na kunyumunguza mu kamwa n'okufeesafeesa, azzeeko okunaaza ekyenyi, olwo azzeeko e mikono gyombiriri agoberezeeko okusiiga omutwe akomekkereze na kunaaza bigere byombiriri.

Era afuna wuzu atekwa obutawa kabanga mu kunaaza ebiyungo ebitawaazibwa, atekwa abe nga bwanaaba ekiyungo takirinda kukala olwo nno nalyoka anaaza ekirala. Kikkirizibwa okusiimuula ebiyungo byotawaazizza nobikaza, naye obutakikola ky'ekisingako.

* Era tekyandibadde kirungi okusammula amazzi nga ogajja ku biyungo by'otawaazizza.

* Ewuzu teba ntuufu singa ebiyungo byonna obinaazizza omulundi gumu, gamba nga okwesuula mu kidiba oba mu luzzi ng'onuyiridde wuzu. * Kifunyisa empeera oluvannyuma lw'okufuna wuzu bwogamba nti: " أشهد أن لا إله إلا الله وحده لا شريك له وأشهد أن محمداً عبده ورسوله." *Ashihadu An-laa ilaaha illa llahu wahdahu Laa shariika lahu wa Ashhadu Anna Muhammadan Abduhu wa Rasuluhu.*

Amakulu nti: Nzikiriza nomwoyo gwange ne nkakasa n'olulimi lwange nti tewali Katonda asinzibwa mu butuufu okugyako Katonda ali omu yekka, atagattibwaako kintu kyonna, nga era bwenkakasa nti mazima Nabbi Muhammad mudduwe era mubakawe. Era kiba kirungi asaale e raaka bbriri oluvannyuma lwedduwa eyo.

ENGERI GYETUSAALAMU



Omuntu bwayimirira okusaala atandika na takbira nagamba nti: Allahu Akbaru, Imaam akyogera lwaatu era takibira endala zonna azireeta mulwaatu abamugoberera basobole okuziwalira ate bo bazoogera mu kyaama. Asitula emikonogye nga engalo azigasse wamu ku ntandikwa ya takibiira neyenkanya emikonogye n'ebibegabagabye ate omugoberenzi naye aleeta takibiira nga Imaamu amaze eyiye.

*Kya teeka omuntu asaala okuyimirira nga yeegolodde mu kiseera waleteera Takibira eggulawo e sswala y'omuntu ategolodde oba atudde nga talina kimusonyiyisa kuyimira tetuuka. *Kifunisa empeera eri oyo asaala singa yeteerawo ekiziyiza okumuyita mu maaso, era asana akisemberere ate yye Ma-muuma e kiziyiza kya Imaam kimumalira. *Asaala atekwa okuleeta enniya era agikolera mu mutima, tateekwa kugvatula. *Emikono tagisitula kisukkiridde era tasaanye kugayaalirira nsonga y'akusitula mukono nga aleeta takibiira. *Mu mpagi ez'ebigambo kikakafu asaala okwatula ekimala nti yeewuliza yennyini nebwaba ali mu sswala ey'ekyama. Akaama akasembayo okuba akatono kwekuba nti asobola okwewuliza ye yennyini. *Si kirungi okumagamaga n'okusitula amaaso ssaako okugazibiriza wadde okuyimirira ku kugulu okumu awatali nsonga oba okugatta amagulu oba okugaawula ennyo.



Ekibatukye ekya ddyo akissa ku kibatu oba ekisekeseke ky'omukono ogwa kkono nakwata wansi w'ekifubakye. Amaaso go agatunuza w'anaavunnama. E sswala agigguzzaawo n'emu ku dduwa ezajjibwa ku Nabbi waffe.

Bwamala asoma audhu billahi min-shaytwanir-rajiimu olwo nno aba asaba Katonda amuwe obukuumi ku Sitane aleme ku mulabankanye. Bwamala n'asoma Bismillah. Ebyo byonna tabisoma mu lwaatu. Bwamala naasoma Al fatiha ate okwo nazzaako okusoma ekyo kyonna ekimwanguyira mu Kur'ani. Imaamu asoma lwaatu mu sswala eya Subuhi n'eraaka ezisooka ku Magareb ne Isha, ezitali ezo asoma mu kyaama.

* Si kirungi kuddingana Al fatiha mu Raaka emu, era sikirungi okusoma yyo yokka mu Raaka ebbiri ezisooka. * Tekiri wajibu ku ma-amum okusoma Al Fatiha mu Raaka ez'olwaaatu, anti Imaamu amumalira. Naye kiri sunna okusoma Al fatiha Imaamu wasirikiram. * Si kibi kuddingana suula emu mu Raaka ebbiri, wadde okugigabanya mu Raaka ebbiri, nga bwekitali kibi okugatta e ssuula eziwerako mu Raaka emu, oba okusoma e nkomerero ye suula oba wakati waayo oba okusoma e ssuula emu olubeerera naye nga akkiriza nti asobola n'okusoma endala. * Kiri sunna okusoma Kur'ani nga e ssuula azirinaanyisa nga bweziri, era si kirungi okuzisoma mu kyennyume, ate nga kiri haramu okusoma aya oba e ssuula ng'ogiva mabega.



Bwaamala ebyo aleeta Takibiira n'asitula e mikonogye gyombiriri naakutama ku maviivi naateeka emikonogye gyombiriri ku maviivige naaba nga agakutte, era ayanjuluza e ngalozze n'agolola omugongogwe olwonno n'agamba nti: Subuhaana Rabiya Adhwim. Si kirungi okuyogera omulundi gumu, emirundi egyandisnze obutono giri esatu.

* Kikikafu okwaatula Takibiira ne Samia llahu liman Hamidahu waberera nga ajjululukuka era okujjululukuka tekuteekwa kubaawo nga tannaleeta Takibira oba nga amaze kubanga ekyo kifo kya kikulwa kirala. *Okukutama omuntu nabalibwa nti akutamye, kwekuba nti asobola okussa ebibatubye ku maviivige teyewaliriza oba okukola ekitono ennyo mu kutuukiriza ekyo. * Okutama ku maviivi kyekisalawo nti omuntu e raaka omuntu agisanze oba agifunye, era okubalibwa nti afunye e raaka atekwa okukwatagana ne Imaamu mu kukutama ku maviivi nga Imaamu tannasitula mutwegwe kugavaako. * Azze okusaala bwayingira omuzikiti nga Imaamu ajjululukuse okuva ku maviivi, kirungi amwegatteko era amugoberere naye nga e raaka eyo atekwa okugiriwa. * Si kirungi kusoma Kur'ani ng'omusaaze ali mu kukutama ku maviivi wadde nga avunnamye ku ttaka okugyako nga edduuwa gyasomye eri mu aya ya Kur'ani olwo nno tekiba kibi ekyokulabirako: Rabbana atina fi dduniya Hasanatan wa Fil Akhirati.



Bwamala asitula omutwegwe ng'agamba nti: Samia llahu Liman Hamidahu, era asitula e mikonogye, bwateereera nga ayimiridde agamba nti: Rabbana walakal Hamdu, Hamudan Kathiira Twayyiban Mubaarakan Fiihi Mil-a-ssamawaati Wa Mil-a Maa Shi-ita Min Shayi-n Ba-adahu.

*Asaala tagamba nti: Rabbana walakal Hamdu okugyako nga amaze okutereera ng'ayimiridde oluvannyuma lwokuva ku maviivi, era ekigambo ekyo tekyogera nga tannavaayo anti ekifo kyakyo amala kuyimirira ng'avudde ku maviivi. *Bwayagala e mikonogye gyombiriri agita negireebeeta ng'amaze okusituka okuva mu kukutama, bwakitaba ekyo, ateeka ddyowe ku kkono. *Ebigambo ebiteendereza mu kifo ekyo ebikakasibwa nti byava ku Nabbi (s.a.w.) biri bina nabyo:- 1. Rabbana Walakal Hamdu. 2. Rabbana Lakal Hamdu. 3. Allahumma Rabbana wa lakal Hamdu. 4. Allahumma Rabbana Lakal Hamdu. *Kiba kirungi okukozesa ku kino na kiri mu sswala ez'enjawulo.



Oluvannyuma agenda wansi okuvunna nga bwaleeta Takibira nga e mikonogye tagissa ku mbiriizi, n'olubutolwe talussa ku bisambibye ate n'ebisambibye abijja ku ntumbweze ebibatubye abyenkanyankanya n'ebibegabegabye, atuulira ku busongezo bw'ebigerebye, ennwe z'ebigerebye n'ezengaloze biba byolekedde kibula olwo nno n'agamba nti: **Subhaana Rabbiyal A-ala. Kiri sunna okukyogera emirundi esatu naye nga asobola**

n'okwongerako oba okusaba ng'akozesa edduwa endala ezaava ku Nabbi (s.a.w.).

- * Si kirungi kussa mikono gyonna ku ttaka mu kuvunna ng'ebisolo bwebituula.
- * Okugaziwa kuba kulungi singa tekiyisa bubi bamuliraanya era asobola okwesigamya enkokolaze ku bisambibye singa okuvunna ku maviivi kuba kuwanvuye. * Okuvunna kuteekwa kubeera ku biyungo musanvu: Ennwe z'ebigere, a maviivi, e bibatu, e kyenyi n'ennyindo.
- * E sswala efa singa omuntu alese mu bugenderevu okuvunna ku bimbu ku biyungo ebyo.



Oluvannyuma asitula omutwegwe nga bwaleeta Takibira olwo nno naatuula. Okutuula wakati w'envunna ebbiri kirina ebifaananyi bibiri: **1. Kwe kutuula ku kugulukwe okwa kkono naasimba okwaddyo naaweta ennwe z'ebigere byo kugulu okwo nga abyolekeza e kibula. 2. Kwe kusimba e bigerebye byombiriri nga ennwe z'ebigere azoolekeza e kibula naatuula ku bisinzirobyei, nga bwagamba nti: Rabbig-fir-ii akyogera e mirundi esatu era ng'asobola okwongerako n'agamba nti: Warhamuni wajburuni warfa-ani warzukuni wan-suruni wahdini wa A-afini wa-afu anni. Oluvannyuma avunna oluvunna olw'okubiri nga bweyakoze mu lwasoose. Oluvannyuma asitula omutwegwe nga bwaleeta Takibira era asituka naddayo waggulu ng'asitukira**

ku bibatu bye bigerebye, nasaala e raaka eyokubiri nga bweyakoze mw'esooka.

- * Si kirungi kutuula ntuula ndala etali emu kw'ezo ebbiri ezogeddwa, Kubanga si bwe kyayigirizibwa.
- * Kikkirizibwa okutuula n'owumulumu katono nga oddayo ku raaka e ndala. Olutuula olwo lufaanako olutuula olutuulibwa wakati w'envunna e bbiri mpozzi okugyako luno lumpi ddala, olwo nno naasituka naddayo waggulu. Bwatuula olwokuwumulumu aleeta Takibira ng'atuula naye taleeta takibira ndala ng'asituka. * Asaala tasoma al fatiha okugyako ng'amaze okutereera ddala ng'ayimiridde, anti al fatiha esomwa nga omuntu ayimiridde, bw'agisoma nga tannatereera mu kuyimirira, addamu n'agisoma okuva ku ntandikwa yaayo. Bwekitaba ekyo e sswala eba efudde.



Bwamala e raaka e bbiri atuula naasoma Tahiyatu esooka, ateka omukonogwe ogwa kkono ku kisambikye ekya kkono, n'ogwaddyo n'agussa ku kya ddyo, wabula ku gwa ddyo engalo eya nnasswi n'egiddirira azifunyak, ate kyala kisajja n'agiweta ng'engango ng'agikwasa ku y'awakati olwo nno naasongesa vva mu mba nga bwasona Atahiyatu Lillaahi wa sswalawaatu wa Twayibaatu Oluvannyuma e sswala webwa y'araaka ssatu oba nnya ayimuka ng'aleeta Takibira n'asitula emikonogye nasaala ebisigadde nga bweyakoze mu raaka ezasoose, wabula tasoma mu lwatu mu raaka zino era asoma al fatiha yokka tayongerako ssula ndala.

- * Kiri sunna omuntu ng'ali mu Tahiyatu amaasoge agasse ku vva mumbawe owaddyo.
- * Kiri sunna okusimba olugalolwe n'okuluwetamu katono ng'ali mu Tahiyatu.
- * Kiri sunna obutawanvuya lutuula luno kusinga kigero kyetaagisa kusomeramu Atahiyatu.



Oluvannyuma atuula olutuula olwa Twahiyatu esembayo, olutuula olwo lulina engeri ssatu entuufu, lutuulibwa mu Tahiyatu esembayo ku sswala eya tahiyatu e bbiri olwo nno naasoma atahiyatu okutuusa lwagimalayo, olwo nno nasaalira Nabbi ng'agamba nti: **Allahumma Swalli ala Muhammad wa ala a-li Muhammad okutuusa lwamalayo. olwo nno n'asaba nga bwaba ayagadde.**

*** Engeri z'okutuula mu tahiyatu esembayo: 1.** Yeyalirira okugulu okwa kkono nakufulumiza wansi w'entumbwe y'okugulu okwaddyo, naasimba okugulu okwa ddyo nga go amatuuliroge gali ku ttaka. **2.** Kiringa ekifaananyi ekisoose naye nga okugulu yeyalirira kwaddyo. **3.** Kiringa ekifaananyi ekyasoose naye nga okugulu okwa kkono akussa wakati w'entumbweye n'ekisambikye. * Kiri sunna wano asabirewo edduwa ng'akozesa edduwa ezajjibwa ku Nabbi (s.a.w.) nga: *Audhu billahi min adhabi naari, wa adhabil kabri wa fitnatil mahya wal mamaati wa fitnatil masih dajjal..* ne dduwa endala: *Allahumma inni dhwalamtu nafsii dhulman kathiira wa la yagfil dhunuuba illa an-ta fag firli magfiratan min Ondika war hamni innaka an-tal gafuur rahiimu.* * Si kirungi okwesigama omukono mu lutuula olwa tahiyatu nga tewali bwetaavu.



Bwamala n'atoola Salamu emirundi ebiri, akyuka nga adda kudduyo nga bwagamba: **Assalaamu Alaykum Warahmatu Llahi era bwatyo bwaakolane ku kkono, bwaamala okutoola ssalaamu asoma edduwa eyava ku Nabbi (sa.w.) ng'akyaatudde awo weyasaalidde.** * Kifunisa empeera okukyuka nga atoola ssalaamu, era kirungi bwaba atoola asooke kutunula ku mukono gwa ddyo nga tannatunula ku kkono. Kibi ddala okukulembeza kkono.

- * Sikirungi okunyeenya omukono nga ng'atunaza ku ddyone ku kkono oba okugisitula gyombiriri oluvannyuma n'agissa ng'atoola ssalaamu.

OKUMANYA KWEYOLEKERA MU KUKOLA

Obuyivu nga tebukozezeddwa, Katonda n'omubakawe n'abakkiriza babuvumirira. Katonda agamba nti: *(Abange mwe abakkiriza lwaaki mwoogera bye mutakola* Katonda asunguwalira nnyo okwogera bye mutakola)* **Essura Swaffu 2-3.**

Abu Hurairah ^(Radi Allah anhu) yagamba nti: Obuyivu obutakozesebwa bulinga e gwanika eritaggwibwamu bigasa mu kkubo lya Katonda.

Al Fudhwail ^(Allah amusasire) yagamba nti: Omumanyi asigala nga tamanyi okutuusa lwassa mu nkola ebyo bye yayiga.

Maalik Bin Dinaar ^(rahmahu llahu) yagamba nti: Osanga omuntu nga talina nnyukuta yonna gyasobya naye nga emirimu gye gyonna nsobi njereere.

Muganda wange omusiraamu naawe wanyinaze omusiramu, nsaba Katonda akusobozese okusoma ekitabo kino eky'omugaso. Era osigaze ebibala by'okusomakwo, nga nabyo kwe kukozesa ebyo ebirimu.

❖ Mu kukisoma olabye e bitundu bya Kur'ani ebimu ebivvunuddwa, kale nno fuba okukozesa ebyo byoyize mu aya ezo, anti banne ba Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) baali basoma ku Mubaka wa Katonda ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) aya kkumi (10) naye nga tebagenda ku kkumi (10) eziddako okugyako nga bamaze okutegeerera ddala n'okussa mu nkola ekkumi erisooka.

Bagamba ba Swahaba ba Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) bagenda mu maaso nebagamba nti: Olwo nno twamanya okuyiga n'okukola. Era e Sharia ekyo ekikkaatiriza nnyo anti Ibn Abbasi ^(Radi Allah anhu) bweyatuka ku kigambo ky'a Katonda ekigamba nti: *(Basoma Kur'ani mu butuufu bw'okugisoma)* **Bakarat 121**, yagamba nti: kitegeeza nti bagigoberera obutuufu bw'okugigoberera. Fudhwail yagamba nti: (Mazima Kur'ani yakka ebe nga ekozesebwe, abantu bo nebafuula okugisoma nti kwekugikozesa.

❖ Era mu kukisoma olabye ezimu ku Sunna za Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) kale nno yanguwa okukkiriza n'okussa mu nkola byoyize, anti mazima abalongoofu mu kibiina kya Nabbi Muhammad ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) baali tebayiga kintu kyonna okugyako nga bavuganya mu kukissa mu nkola n'okuyita abalala okujja okukikola. Nga mweekyo bagondera ekigambo kya Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) ekigamba nti: *Bwembanga mbalagidde ekintu mukolengako kye musobola ate kyembanga mbaziyizza mukyewale mu bulambalamba* **Hadith ya Bukhari ne Muslim.**

Era baakolanga batyo olwokutya ebibonerezo bya Katonda ebiruma nga bwekiri mu kigambo kya Katonda ekigamba nti: *Abo abawukana ku kiragirokye bateekwa beekengere okutuukibwako ekikemo oba okutuukibwako ebibonerezo ebiruma ennyo.* **Suratu Noor Aya 63.**

N'ebiyokulabirako ebimu:

• **Maama w'a bakkiriza Ummu Habiibah** ^(Radi Allah anhu) ayogera Hadith egamba nti: *Omuntu bwasaala e raaka kkumi nabbiri (12) mu musana n'ekiro, azimbirwa mu jjana enju olweeraaka ezo.* **Muslim.** Umu Habiibah

^(Radi Allah anhu) yagamba nti: E raaka ezo okuva lwennaziwulira okuva ku Nabbi ^(Sal-lal-laahu alaihi wa sal-lam) ssaazirekaayo.

• **Ibn Umar** (^{Radi}_{Allah} anhu) ayogera Hadith nga ajiggya ku Nabbi (^{Sal-lal-laahu}_{alaiti wa sal-lam}) egamba nti: *Tewali Musiramu yenna alina kyateekwa kulaama naamala ennaku bbiri (2) okugyako nga ekiraamokye ekyo kiwandiikiddwa.* **Muslim.** Era agamba nti: Bwennamala okuwulira ekyo okuva ku Nabbi (^{Sal-lal-laahu}_{alaiti wa sal-lam}) tewali kiro kyampitako okugyako nga ekiraamo kyange nkirina.

• **Imaamu Ahmad** (^{Allah}_{amusaasire}) yagamba nti: Sawandiika Hadith yonna okugyako nga ngissa mu nkola, okutuusa lwennalaba Hadith egamba nti Nabbi (^{Sal-lal-laahu}_{alaiti wa sal-lam}) yalumikibwa era naawa Aba Twayiba Dinaar emu, olwo nno nawa omulumisi Dinaar emu bwennamusaba annumike.

• **Imaam Bukhari** Katonda amusaasire yagamba nti: Saddayo kugeya muntu yenna okuva lwennamanya nti mazima okugeya kuli haraamu, mazima nze njagala nsisinkane Katonda kunvunaana lwakugeya muntu.

• Nabbi (^{Sal-lal-laahu}_{alaiti wa sal-lam}) yagamba nti: *Omuntu asoma Ayatul Kursi ku nkomerero y'a buli sswala tewali kimulobera kuyingira jjana okugyako okuba nti aba tannafa.* **Nassa-i.**

Ibnul kayyim Katonda amusaasire yagamba nti: Namanya okuva ku Sheikh Al Islaamu nti mazima yagamba nti: Buli lwennamalanga okusaala ssagirekako mpozzi nga nnerabidde oba ensonga eringa eyo.

❖ Oluvannyuma lw'okumanya n'okussa mu nkola, oteekwa okuyita abantu okujja eri ebyengera Katonda byakugabidde era oleme kwemma mpeera wadde okuzimma banno anti Nabbi (^{Sal-lal-laahu}_{alaiti wa sal-lam}) yagamba nti: *Omuntu alagirira abalala okukola obulungi afuna empeera nga ezooyo gwalagiridde z'afuna* **Muslim.** Era Nabbi (^{Sal-lal-laahu}_{alaiti wa sal-lam}) yagamba nti: Abasinga obulungi yooyo eyayiga Kur'ani ate naagiyigiriza abalala. Al Bukhari. Era Nabbi (^{Sal-lal-laahu}_{alaiti wa sal-lam}) yagamba nti: *Mutuuse eri abantu okuva ku nze wadde nga Aya emu.* **Bukhari ne Muslim.**

Gyokoma okuyigiriza abantu ebirungi, empeeraayo gyekoma obulungi n'obungi, era bulijjo funa ebirungi mu bulamu n'oluvannyuma lwokufa Nabbi (^{Sal-lal-laahu}_{alaiti wa sal-lam}) yagamba nti: *Omuntu bwaafa emirimugye gyonna giba gikomye awo okugyako ebintu bisatu: Saddaaka ekulukuta oba e yilimu egasa oba omwana omulongoofu asabira mukaddewe.* **Muslim.**

OKUTANGAAZA.

Tusoma essura Al fatiha emirundi egisukka mu kkumi n'omusanvu (17) buli lunaku era nga tusaba Katonda obukuumi mu kusaba okwo obutagwa mu ttuluba ly'abo (abaasunguwalirwa) wadde (Abaabula) ate mwattu bwetumala netubafaanana mu bikolwa byaabwe. Netuba nga tuyiga naye nga tetussa mu nkola. Mu mbeera eyo netufaanana abayudaaya abasunguwalirwa oba tetuyiga netuba nga tukolera mu butamanya olwo nno netufaanana abanaswara abaabula.

Tusaba Katonda atuwe ffe naawe yirimu egasa era atuwe okukola e mirimu emirungi, Katonda yaasinga okumanya.

Katonda asse okusaasira n'emirembe ku mukama waffe era mukwaano gwaffe Muhammad ne ku b'olugandalwe ne ba Swahaba be bonna.



وَيْلِيهِ

أَحْكَامُهُ لِلْمُسْلِمِ

www.islamic-invitation.com

Obwannanyini ku Kitabo kino bwa buli Musiramu kavuna takyusaamu kintu kyonna.